

# القرآن الحكيم

Enzivuunula n'Ennyinyonnyola Ya  
KURAANE ENTUKUVU

*Yakolebwa*

SHEIKH ABDAL-RAZAK MATOVU

(Mufti wa Uganda)

*Esaasaanyizibwa*

THE ISLAMIC FOUNDATION

P.O.Box 30611, NAIROBI, KENYA





الْقُرْآنُ الْحَكِيمُ

KURAANE ENTUKUVU



## OLUKALALA LW'EJJUZO

<i>Essuula</i>	<i>Olupapula</i>	<i>Essuula</i>	<i>Olupapula</i>
<b>Jjuzu</b>		<b>Jjuzu</b>	
1. Alif Laam Miim	1	16. Kaala Alam	606
2. Sayakuulu	56	17. Iktaraba Li-Nnaasi	653
3. Tilkar-Rusulu	109	18. Kad Aflaha	692
4. Lan Tanaalu	150	19. Wa Kaala Al-Lazhiina	732
5. Wal-Muhsanaat	196	20. Amman Khalaka	776
6. Laa-Yuhibbu	232	21. Uflu Maa Uuhiya	810
7. Wa-Idhaa Sami'uu	269	22. Waman Yaknut	866
8. Walau Annanaa	305	23. Wamaa Liya	912
9. Kaalal-Malau	339	24. Faman Adhilamu	962
10. Wa-Alamuu	375	25. Ilayhi Yuraddu	998
11. Ya-Atazhiruuna	409	26. Haa-Miim	1049
12. Wamaa Min Daabbatin	445	27. Kaala Famaa Khatbukum	1100
13. Wamaa Ubarri'u	483	28. Qad Samia	1159
14. Rubamaa	523	29. Tabaraka	1216
15. Subhaana Al-Lazhi	562	30. Amma	1287

## OLUKALALA LW'ESSUULA

<i>Essuula</i>	<i>Olupapula</i>	<i>Essuula</i>	<i>Olupapula</i>
1. Al-Faatiha	1	19. Mariamu	613
2. Al-Bakara	5	20. Tawaha	631
3. Al-Imraane	125	21. Al-Anbiyaa	653
4. An-Nisaai	184	22. Al-Hajji	673
5. Al-Maaida	241	23. Al-Muuminuuna	692
6. Al-An'aam	281	24. An-Nuuru	710
7. Al-Aaraaf	321	25. Al-Furkaani	728
8. Al-Anfaal	365	26. Ash-Shuaraa	742
9. At-Tauba	384	27. An-Namuli	766
10. Yunusu	419	28. Al-Kasasi	782
11. Huudu	443	29. Al-Ankabuuti	801
12. Yusufu	470	30. Ar-Ruum	819
13. Ar-Raad	497	31. Lukmaan	836
14. Ibrahim	510	32. As-Sajdah	847
15. Al-Hijri	522	33. Al-Ahzaab	854
16. An-Nahali	535	34. Sabaa	879
17. Al-Israa'i	562	35. Faatir	895
18. Al-Kahafi	590	36. Yaa-Siin	908

<i>Essuula</i>	<i>Olupapula</i>	<i>Essuula</i>	<i>Olupapula</i>		
37.	Asw-Swaaffaat	922	76.	Ad-Dahr	1276
38.	Swad	941	77.	Al-Mursalaat	1281
39.	Az-Zumara	955	78.	An-Nabaa	1287
40.	Al-Muumin	970	79.	An-Naaziaat	1293
41.	Fussilat	990	80.	Abasa	1299
42.	Ash-Shuuraa	1001	81.	At-Takwiir	1304
43.	Az-Zukhruf	1016	82.	Al-Infitaari	1309
44.	Ad-Dukhaan	1033	83.	Al-Mutwaffiina	1312
45.	Al-Jaathiya	1042	84.	Al-Inshikaak	1318
46.	Al-Ahkaaf	1051	85.	Al-Buruuj	1323
47.	Muhammad	1060	86.	At-Twarik	1326
48.	Al-Fathu	1070	87.	Al-Aalaa	1329
49.	Al-Hujuraat	1081	88.	Al-Ghaashiyah	1333
50.	Kaaf	1088	89.	Al-Fajri	1339
51.	Adh-Dhaariyaat	1096	90.	Al-Balad	1345
52.	At-Tuur	1104	91.	Ash-Shamsi	1349
53.	An-Najmi	1111	92.	Al-Layli	1352
54.	Al-Kamar	1121	93.	Adh-Dhuhaa	1355
55.	Ar-Rahmaan	1130	94.	Alam-Nashirah	1358
56.	Al-Waakia	1139	95.	At-Tiini	1361
57.	Al-Hadiid	1148	96.	Ik-Raa	1364
58.	Al-Mujaadilah	1159	97.	Al-Kadri	1367
59.	Al-Hashri	1167	98.	Al-Bayyinah	1369
60.	Al-Mumtahinat	1176	99.	Zil-Zaal	1373
61.	Asw-Swaff	1183	100.	Al-Aadiyaati	1376
62.	Al-Jumu'a	1188	101.	Al-Kaaria	1379
63.	Al-Munaafikuun	1192	102.	At-Takaathur	1381
64.	At-Taghaabun	1198	103.	Al-Aswiri	1383
65.	At-Talaaq	1203	104.	Al-Humaza	1385
66.	At-Tahriim	1209	105.	Al-Fiil	1387
67.	Al-Muluk	1216	106.	Al-Kuraish	1389
68.	Al-Kalam	1223	107.	Al-Maa'uun	1391
69.	Al-Haakkat	1231	108.	Al-Kawthara	1394
70.	Al-Ma'aarij	1238	109.	Al-Kaafiruuna	1396
71.	Nuuhu	1244	110.	An-Naswiri	1399
72.	Al-Jinn	1249	111.	Al-Lahabi	1401
73.	Al-Muzzammil	1256	112.	Al-Ikhlaaswi	1403
74.	Al-Muddaththir	1261	113.	Al-Falak	1406
75.	Al-Kiyaama	1270	114.	An-Naasi	1409



## EBIFA KU SSUULA AL-FAATIHA MU BUFUNZE (I)

Essuula Al-Faatiha ye yaggulawo ekitabw kya Katonda Omugulumivu Kuraane, era kyeeyava etuumibwa erinnya eryo "Al-Faatiha". Essuula eno yakkira Makka era erina aya musanvu nga ne "BIS-MILLAAH-RAHMAAN-RRAHIIM" ye Aya esooka.

Essuula eno erina amannya mangi agalaga ekitiibwa kyayo n'enkizo gy'erina ku ssuula endala. Agamu ku mannya gaayo eyitibwa: Ummu-l-Kitaabi, ekitegeeza nti y'ensibuko y'ekitabo Kuraane; Asswalaatu, kubanga esswala tetuuka wabula ku lwa kugisoma; era eyitibwa essuula Evumula, ku lw'ekigambo kya Nabbi kye yagamba nti essuula Al-Faatiha evumula buli ngeri ya butwa; era eyitibwa Omusingi, kubanga kwe kuyimirira Kuraane yonna; era eyitibwa Emala, kubanga tewali ssuula yonna eyimirira mu kifo kyayo; era eyitibwa Ggwanika, Nnamusanvu, oba Eddinganwa kubanga erina Aya Musanvu, era eddinganwa mu sswala mu buli Raaka.


Buli muntu aba asomye Kuraane ey'ekitiibwa ne yeetegereza amakulu gaayo, n'ebigendererwa byayo, asanga nti: "Essuula Al-Faatiha" yakunngaanya ebigendererwa ebyo byonna, era Kuraane yonna ennyonyola ebyo Al-Faatiha bye yakunngaanya, n'olwekyo erinnya Essuula Al-Faatiha lye yatuumibwa lyatuukirira okuba nti ye yaggulawo Kuraane, era nga ye nnyina wa Kuraane. Essuula Al-Faatiha ye ssuula yokka mu Kuraane Abayisiraamu bonna gye balagirwa okusoma mu sswala zaabwe.

Essuula Al-Faatiha nnyangu era buli muntu asobola okugisoma buli kiseera wonna w'aba ayagalidde, bw'abeera mu buzibu atekwa okugisoma kubanga D'uwa, era bw'abeera ne mu ssanyu agisoma kubanga ssuula ya kwebaza na kutendereza Mukama Katonda omulezi w'ebitonde byonna.

Essuula Al-Faatiha yakunngaanya emisingi gyonna egiyimiriddeko obulongoofu bw'omuntu n'okufuuka omuntumulamu ku nsi kuno n'awangaala mirembe, era ne yeesiima n'ebyengerwa bya Katonda ku nkomerero, kubanga mazima ddala omuntu tayinza kubeera mujjuvu okuggyako nga alina amagezi n'alowooza n'akozesa n'okutegeera kwe. Bw'amala okufuna ebyo n'ayolekera okwenoonyeza ebiyimirizaawo obulamu bwe. Ekyo tayinza kukifuna okuggyako na kukola; omuntu nga akozesezza amagezi ge asobola okutuuka ku mazima n'agagoberera n'afuuka omukkiriza. Omuntu nga anoonya ebiyimirizaawo obulamu bwe nga bwe nnayogedde okusooka, atekwa kukola n'alafuubana asobole okuwangaala nga mulamu. Kale atekwa okufuna ebiyimirizaawo obulamu bwe nga ayita mu kkubo eddungi eririmu okulungooka kwe ku nsi ne ku nkomerero. Emisingi gy'obulamu egyo gye njogeddeko gisangibwa mu Ssuula Al-Faatiha. Mu kitundu ekisooka eky'essula eno mulimu ensibuko y'okubeerawo kwaffe kuno ku nsi era n'ensibuko y'okuwangaala emirembe, kubanga ekitundu kino kikakasa nti Katonda ye mulezi w'ebitonde byonna. Okusaasira kwe okuyitiridde kuli mu aya eyaddirira ekakasa nti Katonda ye mulezi w'ebitonde byonna. Ekintu ekyo kirina amakulu mangi, kiyinza okutegeeza nti okulera kwa Katonda okw'ebitonde, si ye nsibuko y'ekitiibwa kye n'obugulumivu bwe kubanga ebyo ddala bitendo butendo ebya Katonda omugulumivu. Eky'okulera ebitonde ke kabonero akalaga okusaasira kwe okungi eri ebitonde byonna kubanga okusaasira kwe ebitonde byonna kwe biyimiridde, era ku lw'okusaasira kwe tujja kuzuukira ku Lunaku Lw'enkomerero. Abakozi b'ebibi ba kubitebya mu maaso ge, era abakozi b'emirimu emirungi baja kuyingira ennyumba ey'emirembe ku lw'okusaasira kwe.

Ekitundu kino ekisooka ku Ssuula Al-Faatiha kikakasa nga Katonda yekka bw'au omufuzi w'Olunaku Lw'enkomerero, olunaku lw'okusasulirako empeera, ekitundu kino kye kirimu amazima ge njogeddeko, ago omuntu alina amagezi g'ayinza okulaba n'agagoberera era ekyo ne kikakasa nga bw'alina amagezi amajjuvu.

Ekitundu eky'okubiri kinnyonnyola emisingi emikulu egiyimiriddeko okulongooka kw'omuntu mu kusinza kwe Katonda ne mu nkolagana n'abantu banne b'awangaala nabo; Katonda yekka y'asinzibwa, era yekka gwe tusaba okutubeera era Ye yekka gwe tuteekwa okusaba okutulungama mu kkubo eggolokofu kubanga ye yekka y'alungama era gwe tuteekwa okusaba okutwewaza amakubo amabi.



## ESSUULA AL-FAATIHA

Yakkira Makka: erina aya 7.

1. Ku linnya lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'ekisa Ekingi,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Atenderezebwe Katonda, Omulezi  
w'ebitonde (byonna).

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ

3. Omusaasizi okusaasira okubuna,  
Omusaasizi okusaasira okwawufu.

الْعَالَمِينَ ②

4. Omufuzi w'Oulunaku lw'Okusasulwa  
(olw'enkomerero),

الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ③

مَلِكِ يَوْمِ الدِّينِ ④

1. Katonda yatandika Ekitabo ekitukuvu Kuraane n'okwogera ku linnya erimwawula okuba nga y'ateekwa okusinziywa, awatali kumugattako kintu kirala; era y'alina obuyinza okusaasira ebitonde byonna kuno ku nsi — Abamukkiriza ne bamugondera n'abo abamujeemera ne batamukkiriza. Era n'ategeza nga bw'alina okusaasira kwe yayawulira abamukkiriza n'abamugondera, kw'alibawa mu bulamu Obw'oluvannyuma. Katonda yatandika Ekitabo Kye Kuraane n'okwogera ku linnya Lye, n'ebitonde Bye, eby'obujjuvu alyoke atuyigirize engeri gye tunaafunanga emikisa ku lw'okwogera ku nnya Lye, era tusobole okumutendereza olw'ebiyengeri Bye by'atugabira, era tumusabe mu birungi Bye.

Olw'ekyo atekwa buli yenna aba agenda okukola omulimu omulungi oba ekigambo ekirungi asooke kwogera ku linnya lya Katonda nga asoma *Bismi Llaahi*.

Nabbi (okusaasira n'emirembe bibe ku ye) yagamba nti: "Buli kigambo ekirungi bwe kiba nga tekitandikiddwa na *Bismi Llaahi* kibeeera kya nkuggu, era kiba n'omukisa mutono, ne bwe kijjula mu kulaba; naye mu makusi: tekiba kijjuvu."

Ne *Bismi Llaahi*, Aya ku ssuula Al-Faatiha, era ku buli Ssuula kw'eba yawandiikibwa.

2. Buli kitendo eky'obujjuvu kitendebwa Katonda, era kibalibwa nga kitendo Kye kubanga ye yatonda ebitonde byonna, era y'ayimiridde ku kubirabirira era ye Mulezi waabyo.

3. Era y'alina okusaasira okutaggaawo, omugabi w'ebiyengeri byonna ebinene n'ebitono, eby'oku nsi n'eb'y'omu Bulamu Obw'oluvannyuma.

4. Era Ye yekka Omufuzi w'Oulunaku olw'Okusasulwa n'okubalibwa, olwo lwe lunaku olw'Enk - merero mw'alibeerera n'obuyinza yekka, awatali kumwegattako muntu mulala nga bwe yagamba mu kitundu ekirala ng'ategeza ku lunaku olwo nti: "Obufuzi bwani olwa leero? Bwa Katonda yekka Oyo Omukasi." Era nga bwe yagamba nti: "Obufuzi obw'amazima ku lunaku olwo buliba bwa Katonda omusaasizi, olunaku olwo luliba luzito ku batakkiriza." Ku lunaku olwo tewalibaa w'alina buyinza oba kulagira nga bwe kiri kuno ku nsi, okuggyako ye yekka Katonda omugulumivu.



5. Ggwe wekka gwe tusinza, era Ggwe wekka gwe tusaba okutuyamba.

إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ  
نَسْتَعِينُ ٥

6. Tulungame mu Kkubo eggolokofu,

إِهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ ٦

7. Ekkubo ly'abo be wagabira; eritali ly'abo be wasunguwalira oba ery'a-babuze.

صِرَاطَ الَّذِينَ أَنْعَمْتَ  
عَلَيْهِمْ ٧  
غَيْرِ الْمَغْضُوبِ عَلَيْهِمْ  
وَلَا الضَّالِّينَ ٨

5. "Ggwe wekka gwe tusinza" ne tukawula awatali kukugattako kintu kirala, era tukawula mu kubeera nga tewali akyyusa oba ow'amaanyi asobola okutuyamba wabula Ggwe wekka. N'olw'ekyo obuyambi bwonna tubusaba gy'oli.

6. Tukasaba otulungame otulage ekkubo ettufu eritutuusa eri obulungi n'okwesiima.

7. Eryo ly'ekkubo ly'abaddu Bo be walungame olw'okukkiriza n'obawa ekyengera ky'okulungama n'okubasiima: Bannabbi n'abakkiriza ab'amazima n'abaafiira mu ntalo z'eddiini n'abalongoofu. Abo Katonda be yayogerako mu kitundu ekirala n'agamba nti: "N'oyo agondera Katonda, n'Omubaka We abo bali wamu n'abo Katonda be yagabira mu Bannabbi, n'abakkiriza ab'amazima; n'abaafiira ku ntalo z'eddiini; n'abalongoofu balungi okuba ab'omukwano; okwo kwe kuweebwa okwava eri Katonda: kimale okuba nga Katonda y'amanyi."

Kyokka totukwasa ekkubo lye bakwata abo abakakatako obusungu Bwo, abaabula ne bava ku mazima ne baawukana ku bukkiriza n'okugondera ebiragiyo Byo. Abo Katonda be yayogerako mu Ssuula Al-Maaida nti: "Abaffe mbategeeze abalina ekifo ekibi awali Katonda okusinga, abo be bo Katonda be yakolimira n'abasunguwalira; abamu mu bo n'abafuula enkobe n'embizzi. Ne basinza bakatonda ab'obulimba. Abo be balina ekifo ekibi, era be baabula okuva ku kkubo eggolokofu." Kirungi kw'oyo aba asomye essuula Al-Faatiha agambe nga amaze okugisoma nti: *Amiina*. Ekitegeeza nti: Ayi Katonda yanukula. Kye kimu kw'oyo ali mu sswala oba ebweru w'esswala, ne bw'aba nga agoberera bugoberenzi era alina okugamba nti: "*Amiina*, singa imaamu amaliriza okusoma Al-Faatiha. Abu Huraira yagamba nti: Mazima Omubaka wa Katonda (okusaasira n'emirembe bibe ku ye) yagamba nti: "Imaamu bw'agambanga nti *Amiina*, nammwe mugambenga nti *Amiina*; kubanga mazima *Amiina* y'omuntu bwe yegatta ne *Amiina* ya Bamalayika, Katonda amusonyiwa ebibi bye ebyakulemba bw'aba nga yeewaze okukola ebibi ebinene."



## EBIFA KU SSUULA AL-BAKARA MU BUFUNZE (2)

Essuula eno y'emu kw'ezo ezakkira e Madiina, oluvannyuma lw'okusenguka kwa Nabbi Muhammad (s.a.w.) okuva e Makka n'alaga e Madiina. Eno y'essuula esinga obuwanvu mu ssuula zonna eziri mu Kitabo Ekitukuvu Kuraane. Erina aya 286.

Essuula eno eyitibwa Al-Bakara (ekitegeeza Ente), okusinzira ku kyafaayo ekikulu ekyogerwako mu aya 67-73. Abaisraeli batta omuntu n'atamanyibwa ani amusse mu bo; kale Katonda kwe kulagira Nabbi waabwe Musa (emirembe gibe ku ye), abagambe batte ente, baddire ebitundu byayo babikube ku mufu oyo. Bwe baakikola Katonda n'amulamusa era n'ayogera eyamusse; obwo ate ku ludda olulala ne buba obujulizi obulaga nga Katonda bw'azuukiza abafu.

Essuula eno etandikidde ku kulangirira nga Kuraane bw'eri Ekitabo ky'obulunggamu n'olw'ekyo n'eba nga y'ensibuko y'okulunggama, era ekoowoola abantu eri Obulunggamu. Kuraane, nga bwe kiri ekitabo eky'Amazima omutali kutankanwa: Mulimu okunnyonyola empagi okwesigamirwa obukkiriza, — ng'empagi ezo kwe kukkiriza okubaa wo kwa Katonda Omu, okukkiriza Obwannabbi n'obubaka obwatumibwa Bannabbi ba Katonda bonna, n'obulamu obw'oluvannyuma n'okukkiriza Kuraane. Okusinzira ku ddaala ly'obukkiriza, abantu baawuddwamu mu ssuula eno emitendera esatu: Abakkiriza, abatakkiriza n'abannanfuusi. Obubonero bwa buli mutendera bunnyonyoddwako kaate, olwo enjawulo eri wakati w'abalongoofu, n'aboonoonefu n'eyolekwa.


Mu ssuula y'emu mulimu okuttottola ebyafaayo by'entandika y'okutondebwa kw'omuntu (Nabbi Adamu - emirembe gibe ku ye), oyo omuzadde w'abantu bonna, era ennyonyola ebyafaayo ebikulu ebyo ebyaliwo mu kiseera ky'obulamu bwe, ng'okubeera kwe mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), okukembwa kwe Sitaane, okufuulibwa kwe omusigire wa Katonda ku nsi n'ebirala; ebyo ebyoleka enkizo n'ekitiibwa Katonda kye yawa omuntu.

Essuula y'emu mulimu okwolekeza okuyita okweyunira Obulunggamu eri Abaana ba Israeli (Abayudaaya). Ebyafaayo byabwe ebyayita nga Nabbi Muhammadi tannatumibwa n'ebyo eby'oluvannyuma n'okutuusa kaakati binnyonyoddwa. Abayudaaya abo abaali baliraanye Ekitebe ky'eddiini y'Obusiraamu, Ekibuga Madina bakubirizibwe bakkirize era bagoberere Nabbi Muhammadi (s.a.w.) oyo eyali azze n'okulunggama kwe kumu nga kwe baali bafunye ku Nabbi waabwe Musa. Kyokka olw'ebikolwa byabwe eby'ekivve effujjo n'enkwe, abakkiriza balabulwa teekeke Abayudaaya olw'obubi bwabwe n'effutwa ebiva ku nsaalwa gye baabalinako. Ob'ukuvu bw'enzikiriza ya Nabbi Ibrahiimu, olulyo lwe n'okulunggama kwe bittottoddwa, oyo bo Abayudaaya gwe baagulumizanga ennyo nga Jjajjaabwe era gwe baagambanga nti nabo baamugobereranga nga naye Nabbi Muhammadi bwe yali amugoberera. Ebyo nno ebifa ku Baana ba Israeli bitwalira ddala kimu kyakusatu n'okusingako eky'essuula, nga omwo mwe muli n'ebimu ebyetabulamu ku nsonga ezikwata ku Basiraamu mw'ebyo ebyaliwo nga bali wamu n'Abayudaaya n'Abakristaayo. Okuzimbibwa kwa Kaaba (Omuzikiti Ogw'emizizo — Makka) kwogeddwako ebyafaayo byakwo olw'okubanga oluvannyuma yo

Kaaba ye yali ey'okufuuka obwolekero (Al-Kibla) bw'Abasiraamu mu kusaala, nga bukyusibwa okuggibwa ku Ssinzizo ekkulu ery'e Jerusaalemu (Baitul-Makdis).

Ebitundu by'essuula ebisigadde essira bisinze kulissa ku kunnyonyola amateeka n'ebiragi ebikwata ku kugulumiza Katonda n'okumusinja, era n'ebikwata ku mbeera y'abantu mu kukolagana kw'obuntubulamu wakati waabwe mu bulamu obwa bulijjo, kubanga mu kiseera ky'okukka kw'Essuula eno, abakkiriza mu kiseera ekyo baali mu kutegeka enfuga ekwatagana n'eddiini y'Obusiraamu. Eno y'essuula esingayo okunnyonyola amateeka amangi agakwata ku ddiini y'Obusiraamu. Mu mateeka n'ebiragi ebilagiddwa olw'okusobozesa abakkiriza okwetendeka mu mpisa n'ebikolwa ebirungi eby'obuntubulamu mwe muli agakwata ku Sswala, Okusiiba, Okutoola Zakaati, Okukola Hija n'Okulwana mu Kkubo lya Katonda (okulwana mu ntalo z'eddiini). Okwo kw'oteeka okubuulirirwa okukoleddwa eri abakkiriza bagondere ab'obuyinza, babeere benkanya, batuukirize obweyamu n'endagaano era baweeyo emmaali n'ebirala mu kkubo lya Katonda. Amateeka amalala n'ebiragi bikwata ku byanfuna, n'ebyenfuga nga kw'otwalidde n'enkolagana wakati w'amawanga ag'enjawulo. Ebikwata ku bufumbo enneyisa mu maka, abakyala, okugattulula abafumbo ababiri (okutalaka) n'ebirala ebifuga abafumbiriganwa binnyonyoddwa kubanga obufumbo gwe mulamwa gw'egwanga. Ate kwo okunywa ebitamiiza, okukuba zzaala n'okuwola essente olw'okufunako amagoba biwereddwa olw'okukuuma eddembe n'obuntubulamu.

Essuula eno emalirizza na kwogera ku musingi n'empagi okwesigamirwa obukkiriza. Era omulanga gukubiddwa eri abakkiriza beenenye badde eri Katonda, era bamusabe abaggyeko ebikoligo by'obubuze. era abataase eri abalabe baabwe. Abantu bayigirizibwa bakolerere ebirungi by'ensi n'eb'Enkomerero sso ssi kukolerera bya nsi yokka ne balagajjalira Enkomerero, — kubanga bwo obulamu bw'ensi bwa kiseera buseera, ate nga bwo Obw'enkomerero bwa lubeerera. Kale olw'ekyo, abantu kyebavuude bayigirizibwa basabe Katonda ebirungi by'ensi n'Enkomerero, era beegayirirenga Katonda okubasonyiwa n'okubasaasira.



## ESSUULA AL-BAKARA (2)

Yakkira Madiina: erina ebitundu 40 ne aya 286.

*Ku linnya lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Alifu Laamu Miimu.

الْحَمْدُ

2. Ekyo Ekitabo (Kuraane); tewali kubuusu mu kyo, (okuba nga kyava eri Katonda), mazima nga kya kulungama abatya Katonda;

ذَلِكَ الْكِتَابُ لَا رَيْبَ فِيهِ هُدًى لِّلْمُتَّقِينَ

3. Abo abakkiriza ne bakakasa bye batalabako, ne bayimirizaawo esswala mu bujjuvu, ne bagaba nga baggya mw'ebyo bye Tubagabidde;

الَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِالْغَيْبِ وَيُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنْفِقُونَ

1. Ezo cnnyukuta essatu Katonda yazitandisa essuula ezimu mu Kuraane okutumanyisa nti Ekitabo Kuraane kyawandiikwa nga kigattibwa mu nnyukuta Abawarabu ze beeyambisa mu lulimi lwabwe olwabalijjo, awamu n'ekyo baalemwa okuteekawo ekitabo ekyefaananyiriza Kuraane. Ekyo kiraga nga Kuraane bwe bitali bigambo bya muntu buntu wabula obubaka obwava eri Katonda. Era Katonda y'amanyi amakulu g'ennyukuta ezo mu bujjuvu.

2. Eno Kuraane eweereddwa Nabbi Muhammadi nga bubaka obuvudde eri Katonda, Ow'amagezi, Omwenkanya: tebuyinza kutankanwa mu mazima gaabwo. Bulaga obwennyini bw'ebigambo n'okunnyonyola amateeka g'eddiini. Era mu kyo mulimu okulungama okujjuvu eri abo abecwaddeyo okutya Katonda, nga banoonya amazima bagagoberere, balyoke bawone ebibonerezo Bye, era basuubire okusaasira Kwe olw'okukakasa Obubaka Nnabbi bwe yajja nabwo.

3. Wano Katonda annyonyola ebitendo by'abo abamutya n'agamba nti be bo abakkiriza amazima n'okubaawo kw'ebyo bye batalaba: Gamba nga okukkiriza okubaawo kwa Balamayika n'Olunaku Lw'enkomerero wamu n'ebyo ebirukunnaanidde, kubanga omusingi oguyimiriddeko obunnaddiini kwe kukkiriza ebyo ebitalabikako. Era bo bawaayo mu makubo g'obulungi nga baggya mw'ebyo Katonda by'abagabidde ku lw'okusuubira okusiima Kwe, n'empeera eziva gy'Ali.

Era aya eno yeeyongerera okunnyonyola nga okuyimirizaawo esswala, bwe kuli okutuukiriza amateeka gaayo awamu n'okwolekeza ebiwoozo byonna eri Katonda, n'okusembeza okumutya mu mitima n'ebiyungo, n'okwewombeekera ekitiibwa Kye.

4. Era abo abakkiriza ebyo ebyassibwa gy'Oli (Ggwe Muhammadi), n'ebyo ebyassibwa oluberyeberye lwo, era ne babeera bo nga bakakasa Enkomerero (obulamu obw'oluvannyuma).

وَالَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِمَا  
أُنزِلَ إِلَيْكَ وَمَا أُنزِلَ  
مِن قَبْلِكَ ۚ وَبِالْآخِرَةِ  
هُمْ يُوقِنُونَ ﴿٣﴾

5. Abo be bali ku bulungamu obuva eri Mukama waabwe, era abo be b'okulokoka.

أُولَئِكَ عَلَىٰ هُدًى مِّن رَّبِّهِمْ  
وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٤﴾

6. Mazima abo abagaana okukkiriza, tewali njawulo gye bali: oba obatiisiza (ebibonerezo bya Katonda); oba tobatiisizza si ba kukkiriza.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا سَوَاءٌ عَلَيْهِمْ  
أَنذَرْتَهُمْ أَمْ لَمْ تُنذِرْهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٥﴾

7. Katonda yazibikira ku mitima gyabwe ne ku matu gaabwe, ne ku maaso gaabwe kuliko ekibikka; balina ebibonyobonyo ebinene (mu bulamu obw'oluvannyuma).

خَتَمَ اللَّهُ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ  
وَعَلَىٰ سَمْعِهِمْ وَعَلَىٰ أَبْصَارِهِمْ غِشَاوَةٌ  
وَلَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٦﴾

4. Ebu...la mu bitendo by'abatya Katonda kwe kukkiriza ne bakakasa amazima g'ebyo ebiri mu Kuraane, Katonda gye yassa ku Muhammadi (s.a.w.), era ne babigoberera nga bakola nga bw'egamba. Era ne bakakasa amazima g'ebitabo byonna ebyassibwa ku Bannabbi abaamusooka, okugeza nga: Taurati eyassibwa ku Nabbi Músa (emirembe gibe ku ye), Enjiri eyassibwa ku Nabbi Isa (emirembe gibe ku ye) n'ebirala, kubanga obubaka bwa Katonda bwe yatuma Bannabbi bulina ensibuko emu, tekutuuka okukkirizaako obumu n'olimbisa obulala. Era bo abakkiriza bakakasa okubaawo kw'Olunaku olw'Enkomerero n'ebyo ebirulimu; nga okubalibwa n'okusasulwa ku lw'ebirungi omuntu bye yakola, era n'okubonerezebwa olw'okujeemera ebiragiro bya Katonda.

5. Abo aboogeddwako bamalayo ensonga ezituusa omuntu ku bulungamu obwa namaddala era, balina n'ekitangaala okuva eri Katonda waabwe: Bakakataka okubalibwa mw'abo ab'okulokoka era abalysesiiama olw'okutuuka ku kiruubirwa kyabwe. Ba kusasulwa empera olw'okwewaaayo kwabwe n'obunyikivu bwabwe mu kutuukiriza ebiragiro bya Katonda n'okwewala ebyo bye yagaana.

6. Katonda wano ayogera kw'abo abagaanira ddala okukkiriza okutuusa emitima gyabwe lwe gyagubaasira: ku bo kye kimu, oba babuuliddwa akabi akali mu butakkiriza oba tebabuuliddwa. Okugeza nga Abu Jahal ne banne abo abaawalaaza empaka ne balemera ku bukaafiiri ne bagezaako n'okuziyiza abantu okukkiriza Nabbi, era ne bagezaako n'okuzikiza ekitangaala kya Katonda Nabbi kye yabaleetera.

7. Abo obukaafiiri bwe bwamala okunywera mu mitima gyabwe Katonda n'abamma obulungamu, n'azibikira ku mitima gyabwe ne gibera nga tegikyasobola kuyingiramu kitangaala kya bukkiriza; n'amatu gaabwe nga tegasobola kuwulira mazima, ne ku maaso gaabwe nga kuli ng'okuli ekibikka: Abo nno baba tebakyasobola kulungama kale bakakataka ebibonyobonyo bya Katonda ebinene mu bulamu obw'oluvannyuma.

8. Ne mu bantu mulimu abagamba nti: Tukkiriza Katonda n'Olundaku Olw'enkomerero nga ate sibakkiriza.
9. Balowooza nti bakwenyakwenya Katonda n'abo abakkiriza, sso bambi bakwenyakwenya mitima gyabwe, naye tebakitegeera!
10. Mu mitima gyabwe mulimu obulwadde, ne Katonda n'abongera obulwadde era balina ebibonyobonyo eb'y'amaanyi, ku lw'ebyo bye beerimbanga mu kweyita abakkiriza.
11. Bwe baba bagambiddwako nti: Temwonoona mu nsi, baddamu ne bagamba nti: Mazima ffe tuli abalongoosa!
12. Abange mazima bo be bo aboonoonyi, naye tebakitegeera.

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَقُولُ آمَنَّا بِاللَّهِ  
 وَيَأْتِيهِمْ الْآخِرُ وَمَا هُمْ بِمُؤْمِنِينَ ٨  
 يُخَادِعُونَ اللَّهَ وَالَّذِينَ آمَنُوا  
 وَمَا يَخْدَعُونَ إِلَّا أَنفُسَهُمْ  
 وَمَا يَشْعُرُونَ ٩  
 فِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ فَزَادَهُمُ اللَّهُ  
 مَرَضًا وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ١٠  
 بِمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ١١  
 وَإِذْ أُنزِلَتْ لَهُمْ لَا تَقْسِدُوا فِي الْأَرْضِ  
 قَالُوا إِنَّمَا نَحْنُ مُصَلِحُونَ ١٢  
 أَلَا أَنَّهُمْ هُمُ الْمَقْسِدُونَ وَلَكِن  
 لَا يَشْعُرُونَ ١٣

8. Wano Katonda ayogera ku muteeko omulala ogw'abatakkiriza, abo abawuliriza ekigambo ky'obukkiriza, naye emitima gyabwe ne gisigala nga tegikkirizza. Bano tebabalibwa mu bakkiriza wabula bo bayitibwa bannanfuusi.

9. Mazima abannanfuusi bakwenyakwenya Katonda n'ekigambo byabwe, era ne bakwenyakwenya abakkiriza olw'okubalaga nga bwe bali wamu nabo. Bakola batyo nga balowooza nti Katonda talaba ebyo ebiri mu mitima gyabwe, sso nga Ye Katonda amanyi ebyama n'ebyo byonna abantu bye bakweka mu mitima gyabwe. Ddala mu butuufu bo beekwenyakwenya bokka kubanga akabi k'ebikolwa byabwe kadda gye bali, sso ssi eri Katonda, era ssi eri abakkiriza, — wabula bo olw'obusiru bwabwe ekyo tebakitegeera.

10. Katonda ategeera nga abannanfuusi bwe bali abalwadde mu mitima gyabwe ku lw'ensaalwa, obukukuuzi okubusabuusa n'obwonoonefu bw'enzikiriza yaabwe bye balina ku bakkiriza. Bo Katonda abongera bulumi ku bulumi nga ataasa abakkiriza n'okwolesa amazima. Ekyo kyongera okubaluma n'ensaalwa. Kale balina ebibonyobonyo ebiruma kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma ku lw'obulimba bwabwe n'okuwakanya amazima. Nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Naye abo abakkiriza kyabongera bukkiriza nabo ne basanyuka, naye abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe kyabongera bubi ku bubi bwabwe." Amakulu nti kyabongera kubula ku bubuze bwe baaliko.

11. Bwe bagambiddwako nga babuulirirwa balekeyo okwonoona mu nsi nga baziya abantu okukwata ekkubo lya Katonda, era balekeyo okusaasanya efitina, n'okutabulatabula wakati w'abantu, ebintu ebivirako abantu okulwanagana, — beegaana ne beebala nga bwe batali boonoonyi; era beebala nga bwe bali abalongoosa. Eyo y'empisa y'aboonoonyi, ababi: buli kiseera beeyongerako obwonoonefu nga okwonoona kwabwe bakuyita kulongoosa.

12. Wano Katonda yeekesa abakkiriza baleme kugayaaiziba bigambo bya bannanfuusi.

13. Bwe baba bagambiddwa nti: Mukkirize ng'abantu (abalala) bwe bakkiriza (Abasiraamu) baddamu ne bagamba nti: Tukkirize nga abasiru bwe bakkiriza? Naye mazima ate bo nga be basiru wabula bambi nga tebamanyi (busiru bwabwe).
14. Bwe babeera basisinkanye abo abakkiriza, bagamba nti: Tukkiriza. Ate bwe baba nga beeyawudde ne baddayo eri basitaane baabwe, babagamba nti: Mazima ffe tuli wamu namwe; wabula mazima ffe tujerega bujerezi (bakkiriza).
15. Katonda alibasasula mu bubuze bwabwe era n'abongera mu bubuze bwabwe nga babulubuuta.
16. Abo be bo abaagula obubuze mu bulungamu, ebyamaguzi byabwe tebyagobolola, era ssi balungamu.
17. Ekifaananyi kyabwe bafaanana nga oyo eyakuma omuliro, bwe gwamala

وَإِذْ أَقْبَلُ لَهُمْ آيَاتِنَا كَمَا آمَنَ  
النَّاسُ قَالُوا اتُّوعِمِن كَمَا آمَنَ  
السُّفَهَاءُ ۗ أَلَا إِنَّهُمْ هُمُ السُّفَهَاءُ  
وَلَكِن لَّا يَعْلَمُونَ ﴿١٣﴾

وَإِذْ الْقَوْمَ الَّذِينَ آمَنُوا قَالُوا آمَنَّا بِ  
وَلِأَنَّ إِلَى شَيْطَانِهِمْ  
قَالُوا إِنَّا مَعَكُمْ ۗ إِنَّمَا نَحْنُ  
مُسْتَهْزِئُونَ ﴿١٤﴾

اللَّهُ يَسْتَهْزِئُ بِهِمْ وَيَمُدُّهُمْ  
فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١٥﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ اشْتَرُوا الضَّلَالَهَ  
بِالْهُدَىٰ ۖ قَمَّارَ بَحْتٍ تِجَارَةً لَّهُمْ  
وَمَا كَانُوا مُهْتَدِينَ ﴿١٦﴾

مَثَلُهُمْ كَمَثَلِ الَّذِي اسْتَوْفَدَ

13. Singa omuntu agezaako okubabuulirira, nga abalungamya bakkirize enzikiriza entuufu, nga ey'abakkiriza abajjuvu (abo abakkiriza kungulu ne munda), baddamu n'obunyoomi nga beeraga nga bwe batasobola kukkiriza nzikiriza y'abasiru, abo abakkiriza omulundi ogumu amazima nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ne bamugoberera bulambalamba.

14. Abannanfuusi bwe baba basisinkanye abakkiriza booleesa okukkiriza kwabwe n'omukwano ne babagamba nti tukkiriza wamu namwe. Ekyo bakikola balwoozese abakkiriza nti bali wamu nabo nga kye bagenderera kwe kuwona akabi akandibakoledwa, era nga baagala okufuna ebyo abakkiriza bye bafuna. Naye bwe baawukana ne basisinkana basitaani baabwe. (abo abakulu baabwe mu Bayudaaya, ne mu batakiriza, ne mu bannanfuusi), babagamba mu bukakafu nti abo abagoberezi ba Muhammadi tubajerega bujerezi, ne tubazannyisa naye nga tetuli ku nzikiriza yaabwe.

15. Bwe batyo bali mu kubulubuuta bubulubuusi. Era abakasaako okunyoomebwa, era abongera okubula ne batasobola kulungama. Buli kiseera babeera nga babulubuutira mu bizikiza by'obutamanya n'obubuze nga tebasobola kulaba mazima.

16. Abo baasiimawo okubula mu kifo ky'okulungama, ne babeera nga omusuubuzi asuubula ebyamaguzi ebibi ebitavaamu magoba ne bituuka okumudibirira n'afirwa n'ensimbi ezaabigula

okumumulisiza ebyo eberi emabbali we (ne guzikira) Katonda n'aggyawo ekitangaala kyabwe n'abaleka mu nzikiza nga tebalaba.

نَارًا فَلَمَّا أَضَاءَتْ مَا حَوْلَهُ  
ذَهَبَ اللَّهُ بِنُورِهِمْ وَتَرَكَهُمْ  
فِي ظُلُمَاتٍ لَا يُبْصِرُونَ ﴿١٤﴾

18. Bakiggala, bakasiru, bamuzibe, sibakuddirira (okuva ku bubuze).

صَمَّ بِكُمْ لِمِى فَنَهَمُوا  
يَرْجِعُونَ ﴿١٥﴾

19. Oba bali nga abali mu nkuba etonnya nga eva waggulu nga erimu ebizikiza, n'okubwatuka n'okumyansa. Bakwata mu matu gaabwe (bassa ennwe mu matu) olw'okutya okubwatuka n'okufa. Naye mazima Katonda yetoolodde abatakkiriza!

أَوْ كَصَيْبٍ مِّنَ السَّمَاءِ فِيهِ  
ظُلُمَاتٌ وَرَعْدٌ وَبَرْقٌ يَجْعَلُونَ  
أَصَابِعَهُمْ فِي آذَانِهِمْ مِّنَ  
السَّوَاعِقِ حَذَرَ الْمَوْتِ وَاللَّهُ  
مُخِيطٌ بِالْكَافِرِينَ ﴿١٩﴾

20. Olumanya lusemberera okusikula mu amaaso gaabwe, buli wonna we

يَكَادُ الْبَرْقُ يَخْطَفُ أَبْصَارَهُمْ

17. Katonda yafaananya bannanfuusi ku lw'engeri gye baasiimamu obubuze ne baleka obulunngamu, — nti balinga omuntu akuma omuliro oluvannyuma lw'okuba mu nzikiza, naye omuliro bwe gumala okwaka ne gumugasa n'alaba ebyo ebimwetoolodde n'abeera nga talina kutya kwonna, ate mu kiseera ekyo omuliro bwe guzikira abeera mu nzikiza esukkiridde nga tasobolera ddala kulaba. Bwe batyo n'abannanfuusi bwe baali, Katonda yabaggyako ekitangaala kyabwe kye baali bafunye olw'okukkiriza n'okulagibwa amakubo g'obulunngamu naye ne batagakwata: kale baasigala nga amaaso gaabwe tegalaba wabula nga babulubutira mu bubuze.

18. Abo balinga bakiggala abatawulira kubanga mazima baabulwa omugaso gw'okuwulira mu kiseera bwe baagaana okuwulira amazima n'okugagoberera. Era balinga bakasiru abatayogera olw'obutasobola kwogera mazima, era balinga bamuzibe abatalaba olw'obutasobola kulaba kkubo lya bulunngamu. Ddala okulaba kwabwe tekubagasa, n'olw'ekyo tebasobola kuddirira kuva ku bubuze bwabwe.

19. Kino kifaananyi kirala. Katonda yakikuba ku bannanfuusi abamu abo oluusi abaalabanga amazima ate oluusi ne babeera mu kubusabuusa. N'olw'ekyo bali mu kusamaalirira n'okuzitowereera, n'obutamanya ekyo ekinaabagasa oba ekinaabaletera akabi. Engeri yaabwe balinga abantu abatonyerwa enkuba ey'amaanyi erimu okubwatuka n'okumyansa, ne bateeka ennwe zaabwe mu matu baleme okuwulira okubwatuka kw'eggulu, nga batya okubaviramu okufa. Balowooza nti okuteeka ennwe mu matu kiyinza okubakuuma.

Bwe kityo bwe kiri ku bannanfuusi; ebigambo bya Kuraane eyo erimu okunnyonyola ebizikiza by'obukaafiiri n'ebitiiso eberi ku oyo agaanye okukkiriza n'okunnyonyolwa ekitangaala ky'obukkiriza, - babyawukanako ne bagezaako okubivaako nga balowooza nti ekyo kinaabawonya ebibonerezo bya Katonda, sso nga Katonda yetoolodde okumanya ebikolwa byabwe.



lubaweera ekitangaala bakitambuli-ramu, bwe kiba nga kibazikiddeko bayimirira. Singa Katonda yayagala yanditutte okuwulira kwabwe n'okulaba kwabwe; kubanga mazima Katonda muyinza ku buli kintu.

كَلَّمَا أَضَاءَ لَهُمْ مَشْوَافِيَهُ ۖ  
وَإِذَا أَظْلَمَ عَلَيْهِمْ قَامُوا ۖ وَرُو  
شَاءَ اللَّهُ لَذَّهَبَ بِسَمْعِهِمْ  
وَأَبْصَارِهِمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ  
شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٦﴾

21. Abange mmwe abantu! Musinze Mukama wammwe; Oyo eyabaton-da era eyatonda n'abo abaabasooka, oba olyawo ne mubeera abatya Katonda;

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اعْبُدُوا رَبَّكُمُ الَّذِي خَلَقَكُمْ  
وَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٦﴾

22. Oyo (Katonda) eyabafuulira ensi ek-yaliiri ne musobola okutereerako, n'eggulu n'alifuula akasolya; n'assa nga aggya waggulu amazzi (enkuba); n'afulurnya nago ebibala okuba nga byakulya byammwe (musobole oku-beerawo); (n'olwekyo) kale temuteekanga ku Katonda Omutonzi bakatonda ab'obulimba nga nammwe mumanyi (nti tewali Katonda abaga-bira wabula Ye).

الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ فِرَاشًا ۖ  
السَّمَاءَ بِنَاءً ۖ وَأَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً  
فَأَخْرَجَ بِهِ مِنَ الثَّمَرَاتِ رِزْقًا لَكُمْ ۗ فَلَا  
تَجْعَلُوا لِلَّهِ أَدْنَىٰ آدَاءٍ ۚ وَأَنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٧﴾

23. Bwe muba nga muli mu kubuusabu-usa mw'ekyo (Ekitabo Kuraane) kye

وَإِنْ كُنْتُمْ فِي رَيْبٍ مِمَّا نَزَّلْنَا

20. Olumanya (akamyanso) olwo olutiisa lusemberera okuggyamu amaaso gaabwe olw'amaanyi gaalwo, kyokka buli lwe luba nga lubaakidde batambulira mu kitangaala kyalwo, ate bwe luzikira ne bayimirira nga basamaaliridde tebamanyi kkubo lye banaakwata. Bwe kityo n'abannanfuusi oluusi amazima gabeeyolekera ne bafuna ekitangaala ky'obukkiriza ne baagala okukkiriza, naye ate oluvannyuma lw'ekiseera baddayo mu kizikiza ky'obukaafiiri n'obunnanfuusi, ekkubo ery'obulu-ningamu ne libabula.

21. Katonda annyonyola nga bw'ali Omu mu Bwakatonda Bwe, kubanga Ye ye yagabira abantu ekyengeri ky'okubaawo bwe yabatonda nga abaggya mu butabaawo. Era Ye Mutonzi wa buli kintu, n'olw'ekyo Ye yekka y'Ateek wa okusinzi bwa awatali kumugatta na kintu kirala kyonna.

22. Katonda yekka Y'oyo eyabategekera ensi n'eba ng'ekyaliiri. - ssi nakanyavu etetuulikako ate ssi ngonvu etesoboka kutereerwako. Nga bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Y'oyo eyabafuulira ensi obutebenkero n'afuula eggulu akasolya, n'abakola ng'alongoosa ekifaananyi kyammwe, n'abagabira ebirungi. Oyo mmwe ye Katonda wammwe. Yatukula Katonda Omulezi w'ebitonde." N'olw'ekyo nga bwe tumanyi ddala nga ali bw'omu mu Bwakatonda Bwe kale tumu-sinze nga tumwawula awatali kumugatta na kintu kyonna mw'ebyo bye yatonda.

Twassa ku Muddu waffe (Muhammadi), kale muleeteyo essuula efaanana nga kkyo, era muyite abajulizi bammwe abatali Katonda Omutonzi bwe mubeera ab'amazima (mu kubu-usabuusa kwammwe).

24. Bwe muba nga temukikoze kati — era mu mazima temugenda kukikola — mutye omuliro ogwo, okukumwa kwagwo gukumirwa ku bantu n'amayinja, gwateekerwateekerwa abatakkiriza.
25. (Ggwe Muhammadi) Sanyusa nga obuliira abo abakkiriza ne bakola

عَلَىٰ عَبْدِنَا فَأْتُوا بِسُورَةٍ مِّنْ  
مِّثْلِهِ ۚ وَادْعُوا شُهَدَاءَكُمْ مِمَّنْ  
دُونِ اللَّهِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٤﴾  
فَإِنْ لَّمْ تَفْعَلُوا وَلَنْ تَفْعَلُوا فَاتَّقُوا  
النَّارَ الَّتِي فَوُودَهَا النَّاسُ وَ  
أَحْجَارَةٌ فِيهَا أَعْدَتٌ لِّلْكَافِرِينَ ﴿٢٥﴾  
وَكَبِيرٌ لِّلَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا

23. Mu kitundu kino Katonda yakakasa amazima g'obwannabbi bwa Muhammadi (s.a.w.). Yagamba abo abalina okubusuabuusa mu bubaka bwa Nabbi bw'azze nabwo — n'ekyo nga kye Kitabo Ekitukuvu Kuraane, ekyava eri Ye, nti: "Kale nammwe mugezeeko okuleeta essuula emu efaananako n'essuula esinga okuba ennyimpi mu Kuraane. Eteekwa okuba nga egifaananako mu makulu ne mu bunnyonyofu bwayo, ne mu ntegeka, ne mu kumatiza wamu n'okulunganya kwayo. Era muleete kw'ebyo abajulizi mmwe abanaabajulira nga ebyo bye muleese bwe bifaanana n'ebyo ebiri mu Kuraane, bwe mubeera ab'amazima mu kubuusuabuusa kwammwe".

24. Bwe muba nga temusobodde kuleeta essuula efaanana n'ezo eziri mu Kuraane, ne mukakasa okulemwa kwammwe era temujja kusobolera ddala wadde mu kiseera ekijja kubanga Kuraane terimu kusobola kwa bantu, wabula Yo Kigambo kya Katonda Omutonzi. Kati ekiri ku mmwe kwe kukkiriza musobole okwesamba ebibonerezo bya Katonda, nabyo gwe muliro ogukumirwa ku bantu n'amayinja ogutafaanana na muliro gwa ku nsi ogukumirwa ku nku n'ebirala. Katonda yagutegeka okuba ekibonerezo ky'abatakkiriza, abo abadda mu kuwalaaza empaka.

Katonda yayogera ku bintu bingi nga awakanya abatakkiriza nga bwe batasobola kuleeta kiwandiiko kyonna ekifaananako ne Kuraane nga bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Bagambe nti abantu n'amageege wadde ka babe nga bakunngaanye (bateese) okuleeta ekifaanana n'eno Kuraane, tebasobola kukireeta newan'ubadde abamu nga bayamba ku bannaabwe". Ate n'agamba mu kitundu ekirala nti: "Tebeeranga eno Kuraane egunjibwawo obugunjibwa — etevudde eri Katonda, naye yo ekakasa amazima g'ebyo (ebitabo) ebyagisooka. Tewali kubuusuabuusa okuba nti yava eri Katonda, Omulezi w'ebitonde". Era yagamba nti: "Abaffe bagamba nti Nabbi yagijunjawo? Bagambe nti kale muleete essuula kkumi ezigifaanana. muyite oyo gwe muba musobodde okuyita okubayamba, atali Katonda bwe muba nga mwogera mazima mu kigambo kye mugamba nti Nabbi Kuraane yagunjawo nngunje". Awamu n'okubeera nga Abawarabu baali bamanyi bulungi Oluwarabu era nga bagezi, tewali n'omu yasobola kwetantala kugezaako kugunjawo bigambo bifaanana ebyo ebiri mu Kuraane, era na buli kati tewali bigambo bya muntu ebiyinza okufaanana n'ebigambo by'Omutonzi bye yawa Bannabbi Be. Ekyo kyamagero ekisingira ddala ekivuganya n'omutundu gw'abantu ogusinga okuba ogwa waggulu, kubanga okuva ddi okutuuka ddi teribaayo alireeta kiwandiiko kifaananako na Kuraane. Sso nga abawandiika ebitabo be bantu abasinga okutegeera.

Katonda yagamba nti: "Ekigambo kya Katonda kyajjula mu mazima ne mu bwenkanya". Kuraane cyogera mazima mu kunyumya ebyafaayo era ya mazima mu mateeka g'eteeka, n'ebigambo byayo bikunngaanidde ku mazima mereere na bulungamu. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Buli Nabbi mu Bannabbi ba Katonda be yatuma, yaweebwanga ekyamagero abantu kwe basinziranga okumukkiriza. Ekyange bwe bubaka Katonda bwe yantumira (Kuraane) n'okubeera nga nze ndibasinza (bannabbi abalala) okuba n'abagoberezi abangi ku Lunaku Lw'enkomeero".

emirimu emirongoofu; nti mazima balina Ejjana (Ennyumba ey'emirembe), emigga gikulukutira wansi waayo. Buli lwonna lwe baligabirwanga ebibala mu yo, nga bagamba nti: Bino bye byo bye twaweeredwa mu kusooka, kubanga biribareeterwa nga bifaanagana (kyokka nga byawufu mu mpooma); era balinamu abakyalababatukuvu, nabo ba kuba mu yo bugenderevu na bugenderevu (sibakuvaamu era sibakufa).

26. Mazima Katonda takwatibwa nsonyi kukuba kifaananyi (kugeraageranya) kintu kyonna nga agereza, okuva kw'ekyo ekiringa ensiri — n'ekyo ekigisingako. Mazima abo abakkiriza bamanyi nti ekyo kya mazima agavudde eri Muka-

الصَّلِحَاتِ أَنْ لَهُمْ جَنَّتِ تَجْرِي  
مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ كُلَّمَا رَفَعُوا  
مِنْهَا مِنْ ثَمَرَةٍ رَرْتًا قَالُوا هَذَا  
الَّذِي رَزَقْنَا مِنْ قَبْلُ وَأَنْتُمْ بِهِ  
مُتَشَابِهَاتٍ وَلَهُمْ فِيهَا أَزْوَاجٌ  
مُطَهَّرَةٌ وَهُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٥﴾

إِنَّ اللَّهَ لَا يَسْتَعِجِ أَنْ يَضْرِبَ  
مَثَلًا لِمَا بَعُوضَةٌ مِمَّا فَوْقَهَا فَأَمَّا  
الَّذِينَ آمَنُوا فَيَعْلَمُونَ أَنََّّهُ الْحَقُّ

25. Katonda bwe yamala okwogera ku batakkiriza aboonoonyi n'ebibonerezo bye yabateekera-teekera mu bulamu obw'oluvannyuma n'atandika okwogera ku bakkiriza abalongoofu, abo abalaga obukkiriza bwa bwe nga bakola emirimu emirungi, Ye gy'asiima. Ategeza nga bo bwe yabateekera-teekera Ejjana (Ennyumba ey'emirembe). Era bagenda kuweebwanga ku bibala byamu. Buli lwe balibireetanga birirabika nga bye baalidde okusooka, kyokka nga bibifaanana bufaananyi, naye nga mu mpooma n'akaloosa birina enjawulo. Era aya eno etutegeza nti bo abakkiriza balina mu Jjana abakyalababajuvu, abatukuvu, abatalina kamogo ku mibiri gyabwe, oba mu mpisa zaa bwe. Awamu n'okwesiima n'ebiyengera, ate ba kubeera mu (Jjana) bugenderevu ssibakuvaamu era ssi ba kufa.

26. Katonda akubira abantu ebifaananyi alyoke abannyonyole obutuufu bw'ebigambo eby'Ekiitiibwa. Olw'ekyo takwatibwa nsonyi kukuba kifaananyi kyonna oba kitono oba kinene kasita kiba nga kirina amakulu ge kiwa — k'ebe nsiri oba ekigisingako — nga bwe yakuba ekifaananyi ky'abo abasaba ebitali Katonda, N'agamba nti: "Abange abantu; Katonda yakuba ekifaananyi mukiwulirize; Mazima abo be musaba abatali Katonda, tebasobola kutonda nsowera newankubadde ka babe nga bakunngaanye bona ku lw'ekyo ate singa ensowera ebanyazeeko ekintu tebayinza kukigigyako. (N'olw'ekyo) avunaana munafu ne gwe bavunaana naye bw'atyo". Amakulu nti, singa ensowera ezze n'egwa ku bifaananyi bye musinza n'enyunyunta ebyo bye muba mubisiize, abo bakatonda bammwe tebayinza kwervanako ne baggyako ensowera ekyo kye ziba zinyunyunta. Kale oba tebasobola kwervanako, ngeri ki bwe basobola okubayamba mw'ebyo bye mubasaba?

Era nga bwe yagamba nti: "Tolaba engeri Katonda bwe yakuba ekifaananyi ky'ekigambo eki-rungi? Kiringa omuti omulungi nga ekikolo kyagwo kinyewu (mu ttaka). nga amatabi gaagwo gali waggulu — guleeta ebibala buli kiseera ku lw'obuyinza bwa Katonda waagwo. Ate kyo ekifaananyi ky'ekigambo ekibi: Kiringa omuti omubi ogwavundira kungulu kw'ensi nga tegulina butebenkeero. Mu ngeri y'emu Katonda bw'anyweza abo abakkiriza n'ekigambo ekinyewu mu bulamu bw'ensi ne mu bulamu obw'oluvannyuma. Era yagamba nti: Ekifaananyi ky'abo abateekawo bamukama abatali Katonda Omutonzi. — balinga Nnabbubi atekawo ennyumba: n'ennyumba esinga obwabirivu mu mayumba ye nnyumba ya Nnabbubi".

Bw'atyo Katonda bw'akubira abaddu be ebifaananyi awatali kimuziyiza balyoke balabirako oba otyawo ne balongoosa. Ab'amazima bamanya ne bakakasa nga bwe gali amazima, era ne bategeera

ma waabwe; naye abo abagaana okukkiriza bagamba nti: Katonda yagenderera ki mu kukuba ekifaananyi eky'engeri eyo? Abuza nakyo bangi n'alungamya nakyo bangi; era tabuzibwa wabuula aboonoonyi.

27. Abo abamenya endagaano ya Katonda oluvannyuma lw'okugikakasa, ne baktutula ekyo Katonda kye yalagira okuyunga, era ne boonoona mu nsi; abo bo be bafaafaaganiddwa.
28. Ngeri ki bwe mugaana okukkiriza okubaawo kwa Katonda nga mwali abatalina bulamu, Katonda n'abatonda, n'abatekawo; bw'alimala n'abatta ate n'abazuukiza oluvannyuma; era oluvannyuma mulizzibwa gy'Ali.

مَنْ رَبَّهُمْ وَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا  
فَيَقُولُونَ مَاذَا أَرَادَ اللَّهُ بِهَذَا  
مَثَلًا يُضِلُّ بِهِ كَثِيرًا وَيَهْدِي بِهِ  
كَثِيرًا وَمَا يُضِلُّ بِهِ إِلَّا الْفَاسِقِينَ ﴿٣٧﴾

الَّذِينَ يَنْقُضُونَ عَهْدَ اللَّهِ مِنْ  
بَعْدِ مِيثَاقِهِ وَيَقْطَعُونَ مَا أَمَرَ اللَّهُ  
بِهِ أَنْ يُوصَلَ وَيُفْسِدُونَ فِي  
الْأَرْضِ أُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿٣٨﴾

كَيْفَ تَكْفُرُونَ بِاللَّهِ وَلَنْتُمْ  
أَمْوَاتًا فَأَحْيَاكُمْ ثُمَّ مُمِيتَكُمْ ثُمَّ يُحْيِيكُمْ  
ثُمَّ إِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٣٩﴾

ekigendererwa mu kukuba ekifaananyi, naye abo abatakkiriza bakiwakanya ne bawalaaza empaka; ne bagamba nti Katonda yagenderera ki mu kifaananyi ekyo? Kale ebeera ensonga y'okubula kw'abo abatanooonya kumanya mazima era abatagaagala. Ate ku ludda olulala ebeera ensonga y'okulungama kw'abakkiriza kuba bafuna okumanya amazima ago ge banoonya buli kiseera.

27. Era Katonda yayongera okwogera ku boonoonyi abo abamenya endagaano Ye, eyo gye yalagaana n'abaddu Be: nabyo bye biragiro bye yabalagira mu kumugondera. n'ebyo bye yabagaana ebyo ebiri mu bitabo bye yassa ku babaka Be, era n'ebyo bye yayisa ku nnimi za Bannabbi. N'okumenya endagaano, kwe kulema okukozesa amateeka Ge, n'obutaleka ebyo bye yagaana. Era abajeemu baktutula ebyo Katonda bye yalagira okuyunga, — nga okuyunga oluganda, n'okwagalana, n'okusaasiragana wakati w'abantu. Kale boonoona mu nsi olw'enkolagana embi ebaawo wakati waabwe; ne basiikuula efitina n'okukoleeza entalo ezisibukako okuzikiriza obulamu n'emmaali y'abantu. Abo ab'engeri eyo be bafaafaaganiddwa ku lw'okwonoona obutonde bwabwe, n'okwekutula ku bantu. Ekyo kibafunisa obuswavu kuno ku nsi ate teekako n'ebibonerezo bye balisanga mu bulamu obw'oluvannyuma.

28. Wano Katonda yannyonyola obuyinza Bwe, era nga bw'Ali Omutonzi w'obulamu era abuggyawo. Yeewuunya engeri omuntu gy'awakanya okubaawo Kwe, n'agamba nti: "Ngeri ki bwe muwakanya Katonda nga tewali kibatuusa kw'ekyo, kubanga mwali abataliwo Katonda n'abatcekawo, n'abagabira obulamu era n'abatonda mu kifaananyi ekisinga obulungi?" Nga bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Mazima twatonda omuntu mu kifaananyi ekisinga obulungi." Era mumaanyi nti Ye y'alibatta n'aggyawo obulamu bwammwe oluvannyuma lw'okutuuka entuuko zammwe, era Y'oyo agenda okubazuukiza mubeere abalamu omulundi omulala, olwo mulyoke mubalibwe n'okusasulwa empeera z'emirimu gyammwe gye mwakola ku nsi.

29. Ye Katonda oyo eyabatondera ebyo ebiri ku nsi byonna; bwe yamala n'atonda eggulu n'azikola nga ziri eggulu musanvu; era Y'amanyi buli kintu.

هُوَ الَّذِي خَلَقَ لَكُمْ مَّا فِي الْأَرْضِ  
جَمِيعًا ثُمَّ اسْتَوَى إِلَى السَّمَاءِ فَسَوَّاهُنَّ  
سَبْعَ سَمَاوَاتٍ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٢٩﴾

30. Era jjukira ekisera Katonda wo we yagambira Bamalayika nti: Mazima Nze nja kussa mu nsi omusigire, ne bamugamba nti: On'ossa mu yo oyo anagyonooneramu era ayiwe n'omusaayi ate nga ffe tukutendereza n'ebitendo Byo (ne tukawula), nga tugulumiza erinnya Lyo ettukuvu? N'abagamba nti: Mazima Nze mmani ebyo bye mutamanyi.

وَإِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلَائِكَةِ إِنِّي  
جَاعِلٌ فِي الْأَرْضِ خَلِيفَةً قَالُوا  
أَتَجْعَلُ فِيهَا مَنْ يُفْسِدُ فِيهَا  
وَيَسْفِكُ الدِّمَاءَ وَنَحْنُ نُسَبِّحُ  
بِحَمْدِكَ وَنُقَدِّسُ لَكَ قَالَتْ  
إِنِّي أَعْلَمُ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٣٠﴾

31. Katonda n'ayigiriza Adamu amannya g'ebintu byonna; bwe yamala n'aganjulira Bamalayika, n'abagamba nti: Muntegeze amannya g'ebyo bwe muba ab'amazima.

وَعَلَّمَ آدَمَ الْأَسْمَاءَ كُلَّهَا ثُمَّ  
عَرَضَهُمْ عَلَى الْمَلَائِكَةِ فَقَالَ أَنْبِئُونِي  
بِأَسْمَاءِ هَؤُلَاءِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٣١﴾

29. Katonda yaleeta obujulizi obulala mw'ebyo abantu bye balaba: nga okutonda ensi n'eggulu, bye yatonda ku lw'okugasa ffe abantu era n'atutondera ebiri mu nsi byonna n'abitugondeza tusobole okwegasa nabyo.

30. Katonda Omugulumivu annyonyola ekikolo ky'okubaawo, n'okumanya kwe yawa omuntu ne kumusobozesa okuzimba ensi. Yagamba nga ayogera ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti: "Jjukira ggwe Muhammadi ekyengera ekirala kye Nagabira omuntu", nakyo kwe kwanjulira Bamalayika nti: "Mazima Nze nja kussa mu nsi oyo gwe Naawa obuyinza, mu yo, era Mufuule alina obufuzi mu yo — Naye ye Adamu n'ezzadde lye. Katonda yabasigiza mu nsi balyoke bagizimbe, era nga abamu badda mu bifo bya bannaabwe. Olw'okubanga Bamalayika baali bamanyi obutonde bw'omuntu: nga bw'alina obwagazi okwegomba n'obusungu ebimuleetera okwonoona n'okuyiwa omusaayi, kye baava baddamu ne bagamba nti: "Onossa mu nsi oyo anagyonooneramu ku lw'obujeemu, era oyo anaayiwa omusaayi nga atta banne, sso nga ffe tukawula kw'ebyo ebitasaana kukugattako ku lw'ekitiibwa Kyo, era ne tukutukuza n'okwogera ku bitendo byo?" Katonda kwe kubaddamu n'abagamba nti: "Mazima nze mmani ebyo bye mutamanyi mu migaso egiri mu kusigiza omuntu afaanana bw'atyo nga bwe mugambye."

31. Wano Katonda yayagala okulaga Bamalayika ekitiibwa kya Adamu n'enkizo gy'alina ku bo ey'okumanya ebyo bye batamanyi. Katonda yamuyigiriza (Adamu) amannya g'ebintu byonna n'omugaso gwabyo alyoke asobole okutebenkera ku nsi n'okwegasa n'ebyo ebigerimu. Oluvan-nyuma yasaba Bamalayika bamubuulire amannya g'ebintu by'oku nsi, bwe baba ab'amazima ku kulowooza nti be batuufu okuba abasigire ku nsi, era ne ku lw'ekigambo kyabwe kye baalowooza nti teribaayo kitonde kisinga bo mu kumugondera, n'obutamujemera.

32. Ne bagamba nti: Oyawulwa ggwe! Tetulina ffe kumanya wabula (tumanya) ekyo ky'oba otuyigirizza. Mazima Ggwe olina okumanya kwonna, era Ggwe Mukakasa w'ebigambo.
33. N'agamba nti: Wamma Adamu babuilire amannya gaabyo bwe yamala okubabuilira amannya gaabyo; n'abagamba (Katonda) nti: Saabagambye mmwe nti mazima nze mmanyi ebyo ebitalabika (ebyama) mu ggulu ne mu nsi? Era mmanyi ekyo kye mwolesa n'ekyo kye mukweka?
34. Jjukira ekiseera lwe Twagamba Bamalayika nti: Muvunnamire Adamu ne bavunnama okuggyako Ibliisi (Sitaane) Eyagaana ne yekuluntaza, era n'abalibwa mu batakkiriza.
35. Ne Tugamba nti: Owange Adamu tula ggwe ne mukyala wo mu Jjana

قَالُوا سُبْحٰنَكَ لَا عِلْمَ لَنَا اِلَّا مَا  
عَلَّمْتَنَا ط إِنَّكَ أَنْتَ الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ ﴿٣٢﴾

قَالَ يٰۤاٰدَمُ اَنْزِلْ مَعِ رَبِّكَ  
اَنْبَاَهُمْ بِاسْمَائِهِمْ قَالَ اَلَمْ اَقُلْ  
لَكُمْ اِنِّيْ اَعْلَمُ غَيْبِ السَّمٰوٰتِ  
وَالْاَرْضِ وَاَعْلَمُ مَا تُبْدُوْنَ وَمَا  
كُنْتُمْ تَكْتُمُوْنَ ﴿٣٣﴾

وَإِذْ قُلْنَا لِلْمَلٰٓئِكَةِ اسْجُدْ وَاِلٰدَمَ  
فَسَجَدُوْا اِلَّا اِبْلٰسَ اَبٰى وَاَسْتَكْبَرَ  
وَكَانَ مِنَ الْكٰفِرِيْنَ ﴿٣٤﴾

وَقُلْنَا يٰۤاٰدَمُ اسْكُنْ اَنْتَ وَزَوْجُكَ

32. Bamalayika baalaga obwetowaze n'obutasobola bwabwe, ne bagamba nti: Mazima ffe tukwawula ayi Katonda waffe olwawula olukusaanira, ne tukakasa obutasobola bwaffe. Tetusobola kumanya wabula (tumanyi) okumanya okwo kwokka kwe watuwa. Ggwe Omanyi buli kintu, era Ggwe Mukakasa wa buli kigambo ky'oba okoze.

33. Bamalayika bwe baalemwa okunnyonyola amannya g'ebintu, Katonda n'alagira Adamu agabategeze. Adamu n'atandika okwogera erinnya lya buli kintu, awo nno enkizo ne yeeyoleka. Katonda kwe kubagamba nti: "Sibagambye nti nze mmanyi ebyo ebitalabikako mu ggulu ne mu nsi, ebyo ebitamanyiddwa mulala yenna okuggyako Nze. Era Mmanyi ebyama byammwe nga bwe Mmanyi eby'olwatu, tewali kye musobola kunkweka."

34. Wano Katonda yannyonyola ekitiibwa kye yawa omuntu, bwe yalagira Bamalayika okuvunnamira Adamu olw'okulaga ekitiibwa kye, oluvannyuma lwa Adamu okubategeza amannya g'ebyo bye baali batamanyi. Era yabalagira beetonde mw'ebyo bye baali boogedde ku Adamu olwo bonna ne bagondera ekiragiro kya Katonda, ne bavunnama okuggyako Ibliisi (Sitaane), ayeesukkuluma nga yeeraba nga bw'atasaanira kuvunnamira Adamu, kubanga y'amusanga. Kyokka teyatunuulira eri kitiibwa ky'Oyo amulagidde, n'abeera nga yali wa mu batakkiriza.

Mu kitundu kino tuyigamu nga okwekuluntaza bwe kuli okubi, — kutuusa n'omuntu ku bukaafiiri. Era tufunamu okumanya nti omuntu atekwa buteekwa okugondera ekiragiro Katonda ky'aba amulagidde awatali kunoonyereza nsonga yonna ya kwekwatiriza, oba okumanya ekyama ekiri mu kiragiro ekyo. Na buli kyonna Katonda ky'aba alagidde kiba kikakafu okukolebwa okutuusa lwe wabaawo okunnyonyola okulala okukiggya ku kuba ekikakafu.

35. Oluvannyuma lw'okutonda Adamu ne mukyala we Haawa, Katonda yabalagira bombi babeere mu Jjana. Yamugamba nti: "Owange Adamu tebenkera ggwe ne mukyala wo mu Jjana.



(Ennyumba ey'emirembe), mulye mu yo ebyo byonna bye mwagala; kyokka temusemberera mwembi omuti ogwo, si kulwa nga mwembi muba ab'omu balyazaamaanyi (Abajecmu).

36. Sitaane n'abaseereza okubaggya mu yo, n'abaggya mw'ebyo (ebirungi) bye baali balimu. Ne tubagamba nti: Mukke (ku nsi), mugenda kubeera balabe mwekka na mwekka. Era mulina mu nsi obutebenkero n'okweyagala okumala ebbanga eggere (okutuuka ku ntuuko yammwe).
37. Adamu n'ayiga ebigambo (eby'obulungamu) okuva eri Mukama we, (Katonda) n'akkiriza okwenenya kwe; mazima Ye, Y'oyo akkiriza okwenenya (kw'abaddu Be era Y'oyo) omusaasizi.

الْجَنَّةَ وَكَلَّا مِنْهَا رَعَدًا حَيْثُ شِئْتُمَا  
وَلَا تَقْرَبَا هَذِهِ الشَّجَرَةَ فَتَكُونَا  
مِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٣٦﴾

فَازِلْهُمَا الشَّيْطَانَ عَنْهَا فَأَخْرِجْهُمَا  
مِمَّا كَانَا فِيهِ وَقُلْنَا اهْبِطُوا بَعْضُكُمْ  
لِبَعْضٍ عَدُوٌّ وَلَكُمْ فِي الْأَرْضِ  
مُسْتَقَرٌّ وَمَتَاعٌ إِلَىٰ حِينٍ ﴿٣٧﴾

فَتَلَقَىٰ آدَمَ مِنْ رَبِّهِ كَلِمَاتٍ فَتَابَ  
عَلَيْهِ إِنَّهُ هُوَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿٣٨﴾

Mulye buli kyonna kye mwagala nga mweyagala awatali kuziyizibwa, era awatali kutegana - mubeeremu nga mulya buli kibala kyonna kye mwagala, era nga mugenda mu buli kifo we mwagala". Wabula Katonda yabagaana okulya ku muti gumu omwawufu era n'abeekesa okugusemberera, nti singa baligulyako bagenda kubeera mu balyazaamaanyi, abajecmu, abo abateeka ebintu mu bitali bifo byabyo.

36. Kyokka sitaane eyakolimirwa, era amanyiddwa nga omulabe ow'ensaalwa ku Muntu, yatandika okubasikiriza — Adamu ne mukyala we, balye ku muti ogwali gubagaaniddwa okugusemberera, okutuusa lwe yabaseereza ne balya ku bibala byagwo. Katonda yabasunguwalira n'abaggya mw'ebyo ebyengera n'eddembe lye baalimu, n'abalagira bakke mu nsi babeere omwo n'ezzadde lyabwe. Era n'abategeza nti abamu mu zzadde lyabwe (ffe abantu) bagenda kuba balabe ba bannaabwe ku lw'ensonga y'okuvuganya n'okubuzibwazibwa sitaane. Era n'abategeza nga bwe balina okutebenkera mu nsi n'okweyagala n'ebyenfuna by'ensi okutuusa ekiseera ky'obulamu bwabwe lwe kiriggwaako. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Olunaku olusinga obulungi enjuba mw'evii-rayo, lwe lunaku lw'Ejjuma (olwokutaano): Mu lwo Adamu mwe yatonderwa, era mwe yayingirira mu Jjana, era mu lwo lwe yaggyibwa mu Jjana." Kino ekitundu kinnyonnyola okuggyibwa kwa Adamu (emirembe gibe ku ye) mu Jjana ku lw'ekisobyo ekimu. Kino kya kuyiga kunene eri buli muntu, nti nga Adamu bwe yaggyibwa mu Jjana ku lw'ekisobyo ekimu ekirabika ng'ekitono, ngeri ki omuntu bw'asuubira okuyingira Ejjana wamu n'okuba nga ebibi bimwetuumyeko?

37. Adamu ne Haawa bwe baamanya nga basobeza, era ne bategeera nga bwe beeryazaamaanyizza bokka ku lw'okulya ku muti Katonda gwe yabagaana ne bennyamira. Olwo Katonda n'abayigiriza ebigambo bye banaayogeranga nga beenenya gy'ali n'okwegayirira okusonyiyibwa mu maaso Ge, awo ne batandika okubyogera. Katonda okuva oluberyeberey Musaasizi eri abaddu Be kubanga banafu tebasobola kutuukiriza mateeka Ge gona; oba okwewala ebibi byonna. N'olwe-kyo kyeyava abateerawo omulyango gw'okwenenya basobole okudda gy'Ali.

Ebimu mu bigambo Adamu bye yayigirizibwa by'ebyo ebiri mu kitundu ekigamba nti: "Katonda waffe tulyazaamaanyizza emyoyo gyaffe, singa Onooba totusonyiye n'otusaasira tujja kubeera ddala ab'omu bafaafaaganiddwa." Era mu Kuraane mulimu ebitundu bingi ebitegeza nga Katonda

38. Ne Tubagamba nti: Mukke okuva mu yo mwenna, mazima obulungamu lwe bulibatuukako okuva gyendi; abo abaligoberera okulungamya kwange, tebalina kutya era bo sibakunakuwala.

كُنَّا أَهْبَطُوا مِنْهَا جَمِيعًا فَأَمَّا  
يَأْتِيَنَّكُمْ رَبِّي هُدًى فَمَنْ تَبِعَ  
هُدَايَ فَلَا خَوْفَ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ  
يَحْزَنُونَ ﴿٣٨﴾

39. Naye abo abawakanya ne batakkiriza, ne balimbisa ebigambo Byaffe, abo be bannannyini kuyingira mu muliro; abo ba kuba mu gwo bugendererevu, sibakuvaamu.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا  
أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا  
خَالِدُونَ ﴿٣٩﴾

40. Abange Abaana ba Israili! Mujjukire ekyengera kyange ekyo kye nabagabira mmwe, era mutuukirize endagano yammwe nange, Nange ntuukiri-

يَبْنِي إِسْرَائِيلَ أَذْكَرٌ وَأَنْعَمَتِي  
الَّتِي أَنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَأَوْفُوا

bw'akkiriza okwenenya kw'omuntu aba amaze okukola ekibi nga bwe yagamba nti: "Abaffe tebamanyi nti mazima Katonda Y'oyo akkiriza okwenenya kw'oyo aba yeenenyezza." Ekyo akikola ku lw'okusaasira n'okulumirwa kw'alina ku baddu Be abakkiriza.

38. Katonda yalagira Adamu ne mukyala we, wamu n'ezzade kyabwe, ne sitaane (Ibliisi) bakke ku nsi nga bava mu Jjana (Enyumba ey'emirembe). N'abategeza nga bw'Ajja okussa eri abantu b'oku nsi ebitabo, era Abatumire Ababaka ne Bannabbi nga bajja n'obulunngamu obuva gy'Ali.

Yabagamba nti: "Abo abaligoberera okulungamya Kwange, ne bakwata ebiragiro Byange ababaka bye bazze nabyo, tebalina kutya kw'ebyo ebinaddirira mu bulamu obw'oluvannyuma era ssi ba kunakuwala olw'ebyo bye baliba baaleka mu bulamu bw'ensi, kubanga Katonda agenda kubasasula empeera z'emirimu gyabwe mu bujjuvu."

39. Abo abalimbisa Bannabbi ne bawakanya amateeka ga Katonda n'ebiragiro Bye ababaka bye bazze nabyo, bo ba kutuula mu muliro obugendererevu, era tebagenda kuweera ku bulumi bwa bibonerezo olubeerera.

40. Ekitundu kino okuviira ddala ku Aya eno kyogera ku Baana ba Israeli — Abayudaaya.

Ne Israeli linnya lya Nabbi Yakubu Mutabani wa Ibrahiimu: ezadde lye kyeliva liyitibwa Abaana ba Israeli. Katonda ajjukiza abo abali ku mulembe guno ebyengera bye yawa bajajjaabwe. Mu aya eno Katonda ayogera n'Abaana ba Israeli abaaliwo mu kiseera kya Nnabbi Muhammad, abo be yasanga e Madiina abaagezaako ennyo okulwanyisa obubaka bwe nga beeyambisa buli kakubo konna. Sso nga ekyali kiwoozebwa mu Bayudaaya abaali e Madiina kwe kukkiriza obubaka bwa Nabbi Muhammad (s.a.w.) mu bwangu kubanga Kuraane, Ekitabo Nabbi Muhammad kye yajja nakyo kyali kikakasa amazima g'ebigambo ebiri mu Kitabo Tauraati ekyakka ku Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye), ekyo kye baalina. Era bo Abayudaaya baali baalindirira dda obubaka bwa Nabbi anaatumwa, okusinzira ku kulangibwa kwe n'ebitendo bye, ebyali mu kitabo kyabwe Tauraati. Era baalinga basaba Katonda abayambe bawangule Abawarabu abasinza ebifaananyi ku lwa Nabbi anaatumwa ow'enkomerero. Wabula eky'okwewuunya bwe yamala okujja (Muhammad) n'amazima ge bamanyi, ne bamuwakanya era ne bagezaako okulwanyisa eddiini ye olw'okwagala okwekuumira ku kitiibwa kyabwe n'ebyenfuna byabwe.

Katonda kye yava assa ekitundu kino nga abajjukiza ebyengera bye yabawa okuva mu byafaayo ebiwanvu, ebyo bajajjaabwe bye baafuna ku mulembe gwa Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye), kubanga bonna baali ba lulyo lumu, era yakissa ng'abajjukiza okujja kwa Nabbi Muhammad:



ze endagaano Yange nammwe, Nze Nzekka gwe muba mutya.

بِعَهْدِي أُوفِ بِعَهْدِكُمْ وَإِيَّايَ  
فَأَرْهَبُونَ ﴿٤٠﴾

41. Era mukkirize ekyo kye nassa (Kuraane), ekakasa amazima g'ekyo kye mulina (Tauraati), temubeera abasoose okugiwakanya, era temuguzisa ebigambo byange ebintu eby'emiwendon emitono; (ng'ebitiibwa n'ebyo-kufuna), Nze Nzekka gwe muba mutya.

وَأَمْنُوا بِمَا أَنْزَلْتُ مُصَدِّقًا لِمَا  
مَعَكُمْ وَلَا تَكُونُوا أُولَٰئِكَ  
بِهِمْ سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ ﴿٤١﴾

42. Temutabula amazima n'ebitali bitufu, era temukweka amazima nga nammwe mugamanyi.

وَلَا تَلْبِسُوا الْحَقَّ بِالْبَاطِلِ وَتَكْفُرُوا  
الْحَقَّ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٤٢﴾

43. Muyimirezeewo esswala era mutoole ne Zzakaati, era mukutame nga muli wamu n'abakutama (nga basaba).

وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ  
وَارْكَعُوا مَعَ الرَّاكِعِينَ ﴿٤٣﴾

44. Abaffe mulagira abantu okukola obulungi, ate mmwe ne mwerabira

أَتَاْمُرُونَ النَّاسَ بِالْبِرِّ وَتَنْسَوْنَ

"Bwe muliba nga mukoze ekyo, Nange Nngenda kutuukiriza endagaano yammwe gye Nabalagaa-nnya: nakwo kwe kubasasula empeera ennungi, n'ebyangera ebitagwaawo: Era mutye Nze nga munngondera, temutya omulala yenna atali Nze."

41. Katonda alagira Abaana ba Israeli bakkirize Kuraane, Ekitabo Nabbi Muhammadi ky'azze nakyo, ekikakasa nga ekitabo kyabwe Tauraati kye balina bwe buli obubaka obwava eri Ye, bwe yajja nabwo Nabbi Musa. Era mu ngeri y'emu Kuraane ekakasa nga Enjiri bw'eri obubaka bwa Katonda, bwe yajja nabwo Nabbi Issa era n'ebitabo byonna Katonda bye yawa Bannabbi (emirembe gibe ku bonna). N'olw'ekyo Abayudaaya balina okukkiriza Nabbi Muhammadi oyo gwe baasanga nga yalangibwa dda okujja kwe mu bitabo byabwe. Tebateekwa kuwakanya awamu n'okuba nga balina kye baali bamumanyiiko.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu ayeeyigiriza okumanya mw'ebyo by'asaana okuyiga nga anoonya kusiimwa Katonda, wabula ye ate n'aba nga abiyiga alyoke afune ebyokufuna by'ensi: omuntu oyo tagenda kuwunyirwa lusu lwa Jjana, (Ennyumba Ey'emirembe) ku Lunaku Lw'enkomerero."

42. Katonda alabula Abayudaaya abalina Tauraati n'abo Abakristaayo abalina Enjiri, nti tebatubula amazima ago ge balina n'ebiyobulimba, ebyo bye bagunzeewo nga bagenderera okuwubisa abantu, era tebagakweka: Ne mu go amazima ago, mwe muli okulangibwa Kwa Nabbi Muhammadi — nga ate nabo bamanyi olw'ebyo bye basanga nga byawandiikwa mu bitabo bwe balina, era bamanyi akabi akali mu kukweka amazima — kiviirako okubuza abantu okubagya ku kkubo eggokofu.

43. Musaale nga muli wamu ne Nabbi (Muhammadi), era muweeyo gy'ali omuteeko ogwabalaalikwa okugya mu maali yammwe, era mukutame nga muli wamu n'abakutama nga basaala: nabo be Basiraamu.

44. Kibasaanira kitya mmwe abalina ekitabo okuba nga mulagira abantu okukola obulungi ate

emyoyo gyammwe, nga nammwe musoma ekitab; abaffe temugeziw-ala?

45. Mweyambisenga okugumiikiriza n'okusaala (nga munoonya obuyambi okuva eri Katonda): Mazima kyo kizito, wabula (si kizito) ku bagonde-ra Katonda,
46. Abo abakkiriza nti ddala bajja kusi-sinkana ne Mukama waabwe, era nti gy'Ali y'eri obuddo bwabwe.

أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٤٥﴾  
 أَنْفَسَكُمْ وَأَنْتُمْ تَتْلُونَ الْكِتَابَ

وَأَسْتَعِينُوا بِالصَّبْرِ وَالصَّلَاةِ  
 وَإِنَّهَا لَكَبِيرَةٌ إِلَّا عَلَى الْخَاشِعِينَ ﴿٤٦﴾

الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ أَنَّهُمْ مَلْفُؤًا  
 رَبِّهِمْ وَأَنَّهُمْ إِلَيْهِ رَاجِعُونَ ﴿٤٧﴾

mmwe ne mulagajjalira emyoyo gyammwe okugoberera ebyo bye mulagira abantu abalala, sso nga nammwe musoma ekitab ekirimu okutegeeza akabi akali kw'oyo alagajjalira ebragiro bya Katonda?

Ekitundu kino kikwata ku buli munnaddiini abeera nga alagira abantu okugoberera amateeka g'eddiini, n'okuleka ebyo Katonda bye yagaana, ate ye n'abeera nga tabuuliridde mwoyo gwe: kubanga ekisaanira ku mumanyi yenna kwe kukola ekyo ky'alagira abalala okukola nga ali wamu n'abo b'alagira. Kya kabi kanene ku bannaddiini bwe baba nga balagira abantu n'emimwa gyabwe ebyo bye batasobola bo kussa mu nkola. Ne kubeera ng'okubuulira eddiini n'okukuyusakyusa ebigambo bya Katonda ku lw'okwagala okutuukiriza ebyo bye baagala mu byokufuna by'ensi, n'ebitiibwa byayo. Mazima okulagira abantu okukola obulungi, ate abo ababalagira ebikolwa byabwe ne byawuka n'ebigambo byabwe, kiba kya kabi nnyo kubanga kireetera abantu okubuusa-buusa mu babuulizi abo n'okubaggyamu obwesige, era n'okubuggya ne mu bigambo byabwe by boogera.

Ekyo - kibaawo lwa kubanga abantu bawulira ebigambo ebirungi ebiva mu mubuulizi oyo, ate ekiseera kye kimu ne balaba ebikolwa ebibi ku mubuulizi y'omu oyo. Olwo bafuna okusamaalirira olw'okukoonagana kw'ebigambo by'omubuulizi n'ebikolwa bye. Ekyo kireeta mu mitima gy'abantu okuggya obwesige mu ddiini oluvannyuma lw'okubuggya mu bannaddiini; kubanga mu butonde abantu tebayinza kwesiga bigambo bya muntu ne babikkiriza wabula nga ebikolwa bye bikwata-gana bulungi n'ebigambo bye. Olw'ekyo Nnabi Shuaibu kyeyava agamba abantu b'ekibiina kye nti: "Saagala kubaaawukanako kukola ekyo kye mbagaana. Ssirina kye nngenderera, wabula njagala kulongoosa ekyo kye nsobodde. Tekuli okulunnigama kwange wabula ku lwa Katonda, neesize ye era neeneneyezza okudda gy'Ali.

Omubaka wa Katonda (s.a.w.) yagamba nti: "Nayita ku kibiina olunaku lwe natwalibwa mu ggulu ne ndaba nga abantu abo bakutulwa emimwa gyabwe ne makansi ez'omuliro. Ne mbuuzi nti: Abo be baani? Ne bagamba nti: be babuulizi ab'omu kibiina ky'omu bantu b'oku nsi, abo abaalina balagira abantu okukola obulungi ate bo ne beerabira emyoyo gyabwe, ate nabo nga basoma ekitab."

45. Mu kitundu kino Katonda yalagira abaddu Be beeyambise okugumiikiriza, n'okusaala balyoke bafune ebyo bye basuubira, ka bibcere bya nsi oba bya mu bulamu obw'oluvannyuma. Okweyambisa okugumiikiriza Katonda yakiddingana mu bifo bingi mu Kitabo Ekitukuvu Kuraane, kubanga okugumiikiriza y'entanda y'omuntu gy'ateekwa okweyambisa mu kwennganga ebizibu. N'ekizibu ekisinga obunene ye muntu okulekulira obukulu n'obukulembeze n'emigaso gyabyo, n'ebyenfuna ku lw'okuwa amazima ekitiibwa, n'okugakulembeza ku byonna; era n'okukkiriza ekyo ky'alabye nga ge mazima era n'okugagondera, newankubadde ku nyona; era n'okukkiriza okufiirwa obukulu n'ekitiibwa. Olw'ekyo Kuraane kyeyava eyolekera abantu okutwalira awamu beeyambise okugumiikiriza mu byonna ebiba bibatuuseko.

47. Abange Abaana ba Israili! Mujjukire ekyengera kyange ekyo kye nabagabira, era mazima Nze nabasukkulumya ku balala bonna (okufuna obubaka bwange).

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا اذْكُرُوْا النِّعْمَةَ الَّتِيْ  
اَنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَاِنِّيْ فَضَّلْتُكُمْ  
عَلَى الْعٰلَمِيْنَ ﴿٤٧﴾

48. Mutye olunaku omwoyo lwe gutaligasa mwoyo mulala mu kantu konna, era lwe kutalikirizibwa okuwolereza mwoyo gunnaagwo, era lw'eteritwalibwa mu lwo ennunuzi, era tebali bo (abatakkiriza) ba kutaasibwa kuva wantu wonna.

وَاتَّقُوا يَوْمًا لَا تَجْزِيْ نَفْسٌ عَنْ  
نَفْسٍ شَيْئًا وَلَا يُقْبَلُ مِنْهَا شَفَاعَةٌ  
وَلَا يُؤْخَذُ مِنْهَا عَدْلٌ وَلَا هُمْ  
يُنصَرُونَ ﴿٤٨﴾

49. Era mujjukire (mmwe Abaana ba Israili) ekiseera lwe nabawonya abantu ba Fir'auna (wamu naye), abaalinga babalundira ku bibonyobonyo ebyitiridde, nga basala batabani bammwe ne balekawo bawala

وَإِذْ نَجَّيْنٰكُمْ مِنْ آلِ فِرْعَوْنَ  
يَسُوْمُوْنَكُمْ سُوْءَ الْعَدٰۤاِبِ يَدْبَحُوْنَ  
اَبْنَآءَكُمْ وَيَسْتَحْيُوْنَ نِسَآءَكُمْ ط

47. Katonda alagira Abaana ba Israeli bajjukire ebyengera bye yagabira bakadde baabwe abaayita; n'eryo eddaala lye baaliko okubeera nga basukkulumya ku bantu bonna abaaliwo mu kiseera ekyo; ng'okubcera nga Ababaka ne Bannabbi baavanga mu bo, Katonda n'abawa ebitabo. Nga Katonda bw'ategeeza mu kitundu ekirala nti: "Jjukira mu kiseera Musa bwe yagamba ekibiina kye nti: Abange kibiina kyange, mujjukire ekyengera Katonda kye yabawa mu kiseera bwe yassa mu mmwe Bannabbi, era n'abafuula bakabaka, n'abawa ebirungi ebyo by'ataawa muntu n'omu mulala yenna mu bitonde.

N'enkizo y'Abaana ba Israeli gye baalina yali ya kiseera ekyo bwe baali nga Katonda b'ayawulidde okulondebwamu abakulembeze ne Bannabbi. Naye bwe baamala okujeema ne babula nga bawakanya Bannabbi baabwe ne bamenya n'endagaano za Katonda, olwo Katonda n'abakolimira n'okubasungwalira, era n'abaswaza nga bwe kinecyongera okutegeerekeka mu maaso eyo. Era abajjukiza bano abaliwo kati ebyo bye yawa bakadde baabwe basobole okuddirira mu bujemu bwabwe, bakkirize obubaka bwa Nabbi Muhammadi, batuukirize endagaano ya Katonda balyoke beddizeewo ekitiibwa kyabwe eky'okubalibwa mu bakkiriza.

48. Katonda yeekesa abantu akabi akalibaawo ku Lunaku Olw'enkomerero kubanga buli muntu agenda kuvunaanibwa yekka, era n'okubalibwa kugenda kubeera ku buli kinnoomu. Omuntu tagenda kugasa muntu mulala. Okuwolereza tekugenda kugasa oyo atakulembeza kukkiriza na kukola mirimu emirongoofu Katonda gy'ayagala. Era temuli mu lunaku olwo kwenunula omuntu alyoke asonyiyibwe ebibi bye, era tewali mutaasa alirwanirira abajemu alyoke abawonye ekibambulira ky'ebibonerezo bye.

49. Era Abajjukiza ekyengera kye yagabirira bwe yabawonya okubonyabonyezebwa Kabaka Fir'auna mu Misiri wamu n'abayambi be, abo abaalinga babalundira ku bibonyobonyo okufaanana nga embuzi bw'erundibwa ku muggo: ne mu byo mwe mwali okusalanga omwana omulenzi azaaliddwa mu Baisraili ne baleka abawala basobole okubawereza, nga kye bagenderera kwe kubanafuya. Ekyo baakikola lwa kulowooza nti mu zzadde lya Israeli mwe muliva omwana omulenzi aliba ensonga y'okugwaawo kw'obwakabaka bwa Fir'auna. Katonda n'abawonya nga

- bammwe; ne mw'ekyo mwalimu eki-gezo kya maanyi okuva eri Mukama wammwe.
50. Era mujjokire ekiseera bwe Twaya-wulayawula mu Nnyanja ku lwammwe ne Tubawonya, ne Tusaanyaawo abantu ba Fir'auna nga nammwe mutunula.
51. Era mujjokire ekiseera bwe twalaganya Musa ebiro amakumi ana, oluvannyuma lw'okugenda kwe ne mu-fuula ennyana (eky'okusinza), era kino kyali kikolwa kya bulyazaama-anyi.
52. N'oluvannyuma lw'ekyo ne tubasonyiwa oba olyawo ne mwebaza.
53. Era mujjokire bwe Twawa Musa Ekitabo (Tauraati) n'Obubonero ekyawula wakati w'ebituufu n'ebyo-noonefu, oba olyawo ne mulungama.
54. Era mujjokire ekiseera Musa bwe yagamba ekibiina kye nti: Mazima
- وَفِي ذٰلِكُمْ بٰلَآءٌ مِّن رَّبِّكُمْ عَظِيْمٌ ﴿٥٠﴾
- وَإِذْ قَرَّبْنَا بِلْحَمِي الْبَحْرِ فَأَنْجَيْنَاكُمْ وَأَغْرَقْنَا آلَ فِرْعَوْنَ وَأَنتُمْ تَنْظُرُونَ ﴿٥١﴾
- وَإِذْ وَعَدْنَا مُوسَىٰ أَرْبَعِينَ لَيْلَةً ثُمَّ اتَّخَذْتُمُ الْجِبَلَ مِنْ بَعْدِكُمْ وَأَنْتُمْ ظَالِمُونَ ﴿٥٢﴾
- ثُمَّ عَقَوْنَا عَنَّا كُم مِّن بَعْدِ ذٰلِكَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٥٣﴾
- وَإِذْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتٰبَ وَالْفُرْقٰنَ لَعَلَّكُمْ تُهْتَدُونَ ﴿٥٤﴾
- وَإِذْ قَالَ مُوسَىٰ لِقَوْمِهِ اٰقِمْو

ayisa ku mukono gwa Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye) ebibonerezo by'okusaanyaawo Fir'auna n'eggye lye mu Nnyanja Emmyufu — Red Sea).

50. Wano Katonda yannyonyola engeri gye yawonya Abaana ba Israeli mu kiseera bwe baava mu Misiri ne Nabbi Musa, Fir'auna n'abawondera nga abanoonya, Katonda n'alagira Musa okukuba ku nnyanja ne yeetemamu omuwaatwa, Musa n'ayisaamu Abaana ba Israeli. Eggye lya Fir'auna bwe lyaggweera mu nnyanja nga libawondera, ennyanja n'eddawo - Fir'auna n'asaanawo mu nnyanja wamu n'eggye lye, nga bo Abaisraeli bali mitala bamaze okusomoka.

51. Era Katonda ajjukiza Abaana ba Israeli ekyengera Kye, bwe yabasonyiwa lwe baasinza ennyana, Samiriyyu gye yabaweseza mu kikomo, oluvannyuma lwa Musa okugenda ku ndagaano Katonda we gye yamulagaanya eyamala ennaku amakumi ana nga ali ku lusozi Sinai. Ensonga eyo eja mu ssuula Twaaha nga nnyinyonyofu mu bujuvu.

52. Katonda era ajjukiza Abaana ba Israeli bwe yabagabira ekyengera, eky'okussa ku Nabbi waabwe Musa, Ekitabo Tauraati; ekyo ekyawula wakati w'amazima n'ebitali bituufu, ne kyawula ekitukuvu ku kibi, n'obulungamu ku bubuze, balyoke balunggame baleme kubula, singa baba beetegereza ebyo ebikirimu ne babigoberera.

53. Katonda ajjukiza Abaisraeli ekyafaayo ekikulu mu byafaayo byabwe, mu kiseera Nabbi

mmwe abantu bange! Mweryazaam-aanyizza mwekka ku lw'okufuula kwamwwe ennyana (Katonda). Mutekwa mwenyene eri Omutonzi wammwe, mwette mwekka (abamu bante bannaabwe mw'abo aboonoonyi); ekyo kye kisinga ku mmwe mu maaso g'Omutonzi wammwe. (awo Katonda) n'akkiriza (okwenenya kwamwwe), mazima Y'oyo akkiriza okwenenya era Omusaasizi.

55. Era mujjukire ekiseera bwe mwagamba nti: Owange Musa! Tetujja kukukkiriza ckutuusa lwe tunaalaba Katonda olwatu, okubwatuka n'okumyansa eby'ensusso n'ebibajjira (ne mufa) nga nammwe mulaba.
56. Oluvannyuma lw'okufa kwamwwe ne Tubazuukiza; Oba olyawo ne mwebaza.
57. Ne Tubasiikiriza n'ekire (muleme okwokebwa akasana) Ne Tubassiza Al-manna (emmere) ne assalwaa (ennyama y'ennyonyi) (ne tubagamba

إِنَّكُمْ ظَلَمْتُمْ أَنْفُسَكُمْ بِاتِّخَاذِكُمُ  
الْعُجْلَ فَتُوبُوا إِلَى بَارِيكُمْ  
فَاتَّقُوا أَنْفُسَكُمْ ذَٰلِكُمْ خَيْرٌ  
لَّكُمْ عِنْدَ بَارِيكُمْ فَمَاتَبَ عَلَيْكُمْ  
إِنَّهُ هُوَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿٥٧﴾

وَأَذَقْنَا لِمِوَسَىٰ لَنْ تُوْبَ مِنْ  
لَكَ حَتَّىٰ تَرَىٰ اللَّهَ جَهْرَةً فَأَخَذْنَاكَ  
الصَّعِقَةَ وَأَنْتُمْ تَنْظُرُونَ ﴿٥٥﴾

ثُمَّ بَعَثْنَاكَ مِنْ بَعْدِ مَوْتِكَ  
لَعَلَّكَ تَشْكُرُونَ ﴿٥٦﴾

وَوَلَّلْنَا عَلَيْكُمُ النَّمَامَ وَأَنْزَلْنَا عَلَيْكُمُ  
الْمَنَّاءَ وَالسَّلْوَٰطِيَّ كُلًّا مِنْ طَيْبَاتِ

waabwe Musa bwe yabasanga nga ennyana ya Saamiriyu gye yaweesa nga gye bafudde Katonda asinzibwa.

Bwe yabanenya ne bategeera nti mazima bo babuze, ne basitukiramu ne bagondera ekiragiro kya Katonda, ne batandika mw'abo abaagisiza okwettinngana awatali kulumirwa — omwana n'atta kitaawe, ow'oluganda n'atta muganda we awatali kufaayo, n'oluvannyuma Katonda n'akkiriza okwenenya kwabwe.

55. Era Katonda ajjukiza Abaisraeli okuwalaaza kwabwe empaka, n'okuwakanya Bannabbi nga bagenderera okubalemesa, n'abagamba nti: "Mujjukire ekiseera bwe mwagamba Musa Nabbi wammwe nti: 'Tetujja kukukkiriza okutuusa lwe tunaalaba Katonda mu lwatu n'amaaso gaffe.'" N'abo abaasaba okulaba Katonda be bo Musa be yalonda agende nabo nga be basinga obulungi mu Baisraili. Bwe baatukayo ku lusozi baawulira ebiganbo bya Katonda ne bagamba Musa nti: "Tetujja kukukkiriza okutuusa lwe tunaalaba Katonda n'amaaso gaffe."

56. Mu kiseera ekyo we baasabira okulaba Katonda ne bawulira okubwatuka kw'eddoboosi essuffu bonna ne bazirika ne bafa. Musa n'ayimirira ne yeegayirira Katonda nga bw'akaaba, n'asaba nti: "Katonda wange Abaisraeli naabagamba ntya bwe naddayo nga omaze okutta ababasinga obulungi? Singa wali oyagadde wandibasse olubereberye awamu nange, n'otuzikiriza ku lw'ebyo ababi mu ffe bye baakola." Oluvannyuma Katonda yabazza engulu ne bazuukira.

57. Ne mu byengera Katonda bye yagabira Abaana ba Israeli kwe kubasiikiriza n'ekire mu musana ppereketya mu kiseera bwe baali mu ddungu omutali muti gwe basobola kugwewogomamu. Yabasiikiriza n'ekire ekirimu obunnyogovu buli wonna we baalaganga, n'abawa emmere eyitibwa

- nti): mulye ku birungi ebyo bye tuba-gabidde (era ne bagaana); tebalyaza-amaanyanga Ffe wabula baalinga balyazaamaanya myoyo gyabwe.
58. Era mujjukire ekiseera bwe Twabagamba nti: Muyingire ekibuga kino (Jerusaalemu), mulye mu kyo ebyo byonna bye mwagala; era muyingire mu mulyango nga muvunnama, era nga masaba (okusonyiyiwa). Tujja kubasonyiwa ebisobyo byammwe era tujja kwongeza abalongoofu (empeera).
59. Naye abo abalyazaamaanya ne bawanyisa ekigambo ekyo ekyabagambwa; ne tussa kw'abo abalyazaamamany ebibonerezo (endwadde ya kawumpuli) okuva mu ggulu, ku lw'okwewaggula ne basobyanga (Ebira-giro Byaffe) olubeerera.
60. Era mujjukire ekiseera Musa bwe yasabira ekibiina kye okunywesebwa

مَا رَأَيْتُمْ كُفْرًا وَمَا ظَلَمُونَا وَلَكِنْ كَانُوا أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٥٨﴾

وَإِذْ قُلْنَا ادْخُلُوا هَذِهِ الْقَرْيَةَ  
فَكَوُفُوا مِنْهَا حَيْثُ شِئْتُمْ رَغَدًا  
وَادْخُلُوا الْبَابَ سُجَّدًا وَتَوَلَّوْا  
حِطَّةً نَعْفِرْ لَكُمْ خَطِيئَتَكُمْ  
وَسَازِرِئِدِ الْمُحْسِنِينَ ﴿٥٩﴾

فَبَدَّلَ الَّذِينَ ظَلَمُوا قَوْلًا  
غَيْرَ الَّذِي قِيلَ لَهُمْ فَأَنْزَلْنَا عَلَى  
الَّذِينَ ظَلَمُوا رِجْزًا مِنَ السَّمَاءِ  
فَمَا كَانُوا يَفْقَهُونَ ﴿٦٠﴾

وَإِذِ اسْتَسْقَى مُوسَى لِقَوْمِهِ

Al-Manna n'ennyama y'ennyonyi eyitibwa Assalwa. Ne bafuna eddemba n'okweyagala; kyokka tebaasobola kwebaza ebyo Katonda bye yabawa wabula baalyazaamanya emyoyo gyabwe, kubanga akabi k'obutebaza kadda gye bali.

58. N'ekibuga kyojeddwako wano ye Jerusalemu, ekyo Katonda kye yalagira Abaisraeli bayingire oluvannyuma lw'okuva e Misiri, nga bali wamu ne Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye), basobole okugobamu abantu abayitibwa Al-Amaaligati abaali bakirimu mu kiseera ekyo. Abaisraeli baajema ne bagaana okukiyingira, ne bagamba Nabbi waabwe Musa (emirembe gibe ku ye) nti: "Owange Musa! mazima mulimu ekibiina eky'abasajja ab'amaanyi, mazima ffe tetujja kukiyingira okutuusa lwe banaavaamu, bwe banaaba bavuddemu mazima ffe olwo tuli ba kukiyingira." Era baagamba Musa nti: "Mazima ffe tetujja kukiyingira obugenderevu okumala ebaga lye banaamala nga mwe bali. Genda ggwe ne Katonda wo mulwane (nabo), mazima ffe (nga) tutudde wano."

Ne mu kiseera ekyo kyennyini Katonda n'abatecekako okubulubuuira mu ddungu okumala emyaka amakumi ana (40) nga tebasobodde kuvaamu bonna. Abo Musa be yajja nabo wamu naye ne basirikka ne wasibukawo omulembe omulala omupya. ogw'abo abaali bakulemberwa Nabbi Joswa Mutabani wa Nuuni, bwe baawangula ekibuga Jerusalemu ne bakiyingira; kyokka nabo mu kiseera ky'okuyingira nga bavunnama — ekyo ekiraga obugonvu bwabwe n'eggonjebwa bye balina eri Katonda, n'okubera nga bagamba nti "tuggyeeko ebibi byaffe otusonywe", — ekyo tebaakikola ne bayingira mu ngeri etaabalagirwa.

59. Katonda n'abasaako ebibonerezo okuva mu ggulu, ku lw'obwonoonyi bwabwe, n'okwawu-kana kwabwe ku biragiro Bye.

60. Nabbi Musa yasaba Katonda awe Abaana ba Israeii amazzi ag'okunywa nga bali mu ddungu. Katonda kwe kumulagira akube n'omuggo gwe ku jjinja cryali awo ery'enjawulo, ne

amazzi ne Tugamba nti: Kuba ejjinja n'omuggo gwo. Ne mufukumuka mu lyo ensulo (z'amazzi) kkumi na bbiri. Mazima buli kibinja mu bo baamanya obunywero bwabwe we banaanywera. Mulye, munywe mu bigabwa bya Katonda temweyisa nga aboononyi ku nsi.

61. Era mujjokire ekiseera bwe mwagamba nti: "Owange Musa! Tetujja kugumiikiriza kulya mmere ya kika kimu (buli lunaku); tusabire Mukama wo atuggiyeyo mw'ebyo ettaka lye bimeza: mu nva zaalyo, n'emboga zaalyo, ne katungulu kkyumu waalyo, ne ddengu waalyo, n'obutungu-

فَقُلْنَا اصْرُبْ بِعَصَاكَ الْحَجْرَ  
فَانْفَجَرَتْ مِنْهُ اثْنَا عَشَرَ عَيْنًا  
قَدْ عَلِمَ كُلُّ أُنَاسٍ مَّشْرَبَهُمْ  
كُلُوا وَاشْرَبُوا مِنْ رِزْقِ اللَّهِ وَلَا  
تَعْتُوا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿٦٠﴾  
وَإِذْ قُلْتُمْ يَا مُوسَى لَنْ نَصْبِرَ عَلَى  
طَعَامٍ وَاحِدٍ فَادْعْنَا رَبَّنَا  
يُخْرِجْ لَنَا مِمَّا تُثْمِرُ الْأَرْضُ مِنْ  
بَقَالِهَآ وَتِلْكَ آيَاتُهَا وَقَوْمٌ مِّنْهَا وَعَدَسَهَا

lifukumukamu ensulo z'amazzi kkumi na bbiri, ng'ekigero ky'ensibuko y'Abaana ba Israeli — baalina ensibuko kkumi na bbiri ng'omuwendo gw'Abaana ba Nabbi Yakubu bwe baali — Naye yayitibwanga Israeli. Bwe kityo buli kiseera baalinga becyawula, buli kika nga kibalibwa okuviira ddala ku jjaaja waakyo, omukulu: Naye oyo nga y'omu ku baana ba Yakubu ekkumi n'ababiri. Olw'ekyo ebika by'Abaisraeli biri kkumi na bibiri; buli kika kyanywanga ku nsulo yaakyo, kw'ezo ekkumi n'ebbiri.

Katonda n'agamba nti: "Mulye, munywe mu bigabwa bya Katonda", kubanga baali mu ddungu ejjereere omutali mazzi wadde mmere, era nga mwaka omusana ppereketya. Katonda yabasiikiriza n'ebire, n'abagabira emmere eya Al-Manna, n'ennyama y'Assalwa, n'amazzi amannyogovu agaavanga mu jjinja: byonna nga byengera ebyava eri Katonda ebyetaagisa okumwebaza n'okumutya, n'okuleka okwonoona mu nsi.

Kyokka baagaana okugoberera ebyo Katonda bye yabalagira, wabula ne batandika okusaba Musa asabe Katonda abawe emmere endala eyo gye baali baamanyiira okulya nga bali e Misiri.

61. Newankubadde nga Katonda yawonya Abaisraeli mu kubonyabonyezebwa kwe baalimu mu Misiri, n'abalagira bagende ne Nabbi Musa e Jerusalemu abawe ensi eyo entukuvu, era abasitule okubaggya mu buswavu bwe baalimu, ne mu ffugabbi era n'abagabira mu lugendo olwo emmere ennungi eterina kutegana: kyokka olw'empaka zaabwe n'obwonononefu bwabwe, tebaasobola kwebaza ebyo Katonda by'abawadde, wadde okugondera Nabbi waabwe, wabula baatandika okumusaba asabe Katonda abawe ebyokulya ebyo bye baali bamanyidde nga bali e Misiri: Ng'obutungulu wamu n'ebivaavava, ebirala. Nabbi Musa kwe kubagamba nti: "Muddidde ebyokulya ebya wansi bye muba muvaanyisaamu ebyokulya ebisinga obulungi? Mugende e Misiri oba mu bibuga ebifunwamu ebyo bye musabye ekyo tekyetaagisa kusaba Katonda kubanga ebyo ssi bya bbula mu Misiri oba mugende mu bibuga ebirala. Muddeeyo eri obulamu bwammwe obw'okukoozesebwa kagiri bwe mwalimu nga muli e Misiri, obwali obwa wansi obuzibu. obw'ekiddu, eyo gye munaafuna ebyo bye musabye." Ekyo Musa yakibagamba lwa kubanenya na kubawemuukiriza; n'olw'ekyo Katonda Abayudaaya n'abateckako obuswavu n'obwennyamivu olw'okweraliikirira.

Era yabasunguwalira olw'empaka zaabwe n'okuwakanya ebiragiro Bye, ne batuuka ne kukuttanga Bannabbi be yabatimiranga mu bitali bituufu olw'obujeemu bwabwe, n'obutakuuma bikono



lu bwalyo. (Musa) n'abagamba nti: Munaawaanyisa ekyo ekya wansi (ekibi) n'ekyo ekisinga obulungi? Mukke mugende mu kibuga kyonna, (oba e Misiri omulimwa), mazima mujja kufuna ebyo bye musabye! Ne bajjuzibwa obuswavu n'obunakuw-avu ne bagattako n'okusunguwalir-wa okuva eri Katonda. Ekyo (kyaba-tuukako) ku lw'okuba mazima bo baalinga bawakanya ebiragiro bya Katonda ne battanga Bannabbi be mu bitali bya mazima. Ekyo (baaki-kolanga) ku lw'obujecemu era ne ba-beera nga basukka (ekigero mu ku-jeema kwabwe).

62. Mazima abo abakkiriza (Abasiraamu), nabo Abayudaaya (ab'omulembe gwa Musa), n'Abakiristaayo ab'omulembe gwa Isa), n'abo Abaswab-iina (abataasinzanga balubaale mu Bawarabu) — n'oyo eyakkiriza

وَبَصَلِّهَا مَا قَالَ اَنْتَبَدُّ لَوْنِ الَّذِي  
هُوَ اَدْنَى بِالَّذِي هُوَ خَيْرٌ لِّهٖ طُوبٰ  
مُصْرًا اِنَّ لَكُمْ مَّا سَأَلْتُمْ وَضُرِبَتْ  
عَلَيْهِمُ الدِّالَةُ وَالْمَسْكَنَةُ  
وَبَاءَ وَبِغَضِبٍ مِّنَ اللّٰهِ ذٰلِكَ  
يَا اَنتَهُمُ كَانُوْا يَكْفُرُوْنَ بِآيٰتِ اللّٰهِ  
وَلَقَدْ تَوَلَّوْا النَّبِيْنَ بَعْدَ الْحٰجِثِ ذٰلِكَ  
بِعِصْيَانٍ وَّكَانُوْا يَعْتَدُوْنَ ﴿٦٢﴾

اِنَّ الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا وَالَّذِيْنَ هَادُوْا  
وَالنَّصٰرَى وَالصّٰبِئِيْنَ مِّنْ اٰمَنٍ  
بِاللّٰهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَعَمَلٍ صٰلِحًا

by'amateeka ga Katonda. Ebyo Abaisraeli baabituukako nga ekiseera kimaze okuyitawo kinene okuva ku mulembe gwa Nabbi Musa. Katonda kwe kujjukiza bano abaliwo kati obuswavu n'okunyoombeba kwe baaliko nga bali e Misiri, n'obukakanyavu bwe baalina, n'okuwalaaza kwabwe empaka nga bali wamu ne Nabbi Musa. — oyo eyabawonya mu buddu n'effugabbi lya Fir'auna.

Kyokka tewali mu byafaayo by'abantu bonna kasookanga lubanga lwa mmindi, bantu bakakanyavu ab'empaka, abalumbaganyi era abajecemu okwenkana Abaisraeli. Battanga Bannabbi ba Katonda ne babasala ng'embuzi: Baabasalangamu n'emisumeeni. Bannabbi abangi atali omu, — n'ekyo ky'ekikolwa ekisinga obubi okukolebwa ku bantu abakowoola abantu okudda eri amazima. Mazima Abaisraeli baakaafuwala olukaafuwala olubi, ne bakola ebyonoono ebisuffu; Katonda n'abakakasaako obusungu bwe, n'ebikolimo ku lw'ebikolwa byabwe ebibi. Ate bo beeyogerako nga bwe bali abalungamu bokka, era beeyita ekibiina kya Katonda ekyawule, era nti be bokka abalifuna empeera okuva eri Katonda.

Kyokka Kuraane ebalimbisa n'ekakasa nga etteeka bwe liri nti buli yenna akkiriza okukkiriza okw'amazima, n'akola ebirungi Katonda by'ayagala, n'aleka ebibi ebyo bye yagaana: oyo y'alina enkizo n'ebirungi mu maaso ga Katonda, sso si kubaawo kika oba ggwanga lirina nkizo mu maaso Ge.

62. Abakkiriza be bo abagoberera Nabbi Muhammadi (s.a.w.), Abasiraamu. N'Abayudaaya be bagoberazi ba Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye); ate bo abaayawukana ku basinza balubaale be Bawarabu - bo baamanya okubaawo kwa Katonda ne batasinza kintu kirala kyona, n'ekibiina ekyo kyaliwo nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) tannatumibwa. Ekitundu kino kikakasa nti mazima abantu abakkiriza Katonda n'olunaku olw'enkomerero ng'abo aboogeddawo, ne bakola emirimu emirongoofu; ddala abo ba kufuna empeera zaabwe okuva eri Katonda, era tebalina kutya kwe balisanga wadde okunakuwala.

N'enzikiriza ezo ezitali ddiini ya Busiraamu zaabalibwa nga ntuufu mu kiseera nga Nnabbi Muhammadi tannatumwa, naye oluvannyuma lw'okutumwa kwe, yasigala nga eddiini eri emu



Katonda mu bo n'olunaku lw'enkomerero n'akola emirimu emirungi,-bonna balina empeera yaabwe awali Mukama waabwe; era tebalina kutya era bo sibakunakuwala.

فَلَهُمْ أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٦٢﴾

63. Era mujjukire (Mmwe Abaana ba Israili) lwe twatwala endagaano yammwe, ne Tusitulira waggulu wammwe olusozi (Sinai); nga tubagamba nti: mukwate ebyo bye tubawadde n'amaanyi mujjukirenga ebyo ebirimu oba olyawo ne mutya Katonda.

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَكُمْ وَرَفَعْنَا قَوْكُمْ الطُّورَ خُدُّوْا مَا آتَيْنَاكُمْ بِقُوَّةٍ وَاذْكُرُوا مَا فِيهِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿٦٣﴾

64. Oluvannyuma lw'ekyo ate ne mukyuka; era singa tekyali kisa kya Katonda ky'alina ku mmwe, n'okusaasira kwe, mwandibadde abafaafaaganidwa.

ثُمَّ لَوْلَيْتُمْ مِّنْ بَعْدِ ذَلِكَ قُلُوبًا فَضَلَّ اللَّهُ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ لَكُنْتُمْ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٦٤﴾

65. Era mazima mwamanya (mmwe Abayudaaya) abo abaayisa ekikomo mu mmwe ne bavuba ku lw'omukaaga, ne tubagamba nti: Mufuuke enkobe, abanyoomwa era ababoolwa.

وَلَقَدْ عَلِمْتُمُ الَّذِينَ آتَدُوا مِنكُمْ فِي السَّبْتِ فَقُلْنَا لَهُمْ كُونُوا قِرَدَةً خَاسِرِينَ ﴿٦٥﴾

ekkirizibwa mu maaso ga Katonda, nayo y'eddiini y'Obusiraamu. ekunngaanya awamu enzikiriza zonna. Katonda yagamba mu kitundu ekirala nti: "Omuntu anoonya obutali Busiraamu okuba eddiini, tekkirizibwa eddiini eyo okuva gy' ali, era oyo ku Lunaku Lw'enkomerero agenda kuba ow'omu bafaafaaganiddwa."

63. Katonda agamba Abaana ba Israili abaliwo ku mulembe guno bajjukire ekiseera lwe ya kola endagaano n'obukalu nabo (bakadde baabwe) bwe batekwa okutuukiriza, nga asitulidde olusozi waggulu waabwe nga lulinga manvuuli ebabikkiridde, okutuusa lwe baatya ne bagondera ekiragiro Kye. Katonda n'abagamba nti: "Mukwate ebyo bye tubaleetede mu kulungama, n'okulangirira ebiri mu Tauraati: mubikwase maanyi n'obunyikivu, mujjukirenga ebyo ebirimu nga mubikozesa oba olyawo ne mukuuma emyoyo gyammwe (obutagyolekeza) mu bibonerezo bya Katonda

64. Oluvannyuma Abaisraeli baamenya endagaano eyo eyabakasisibwako okutuukiriza. Nabbi agamba nti: "Singa tekyali kisa kya Katonda ky'alina ku mmwe n'okusaasira Kwe, n'akkiriza okwenyanya kwammwe, n'atuma Bannabbi gye muli, mwandibadde abafaafaaganiddwa ku lw'obujemu."

65. Abaisraeli baasaba Katonda abafuulire olunaku lw'omukaaga olw'okuwummula. Katonda n'alufuula olunaku olutukuvu, nga tebalukoleramu mirimu gya nsi. Wabula ya bagezesa n'ebyenyanja ebyayalanga ku lunaku olwo ate nga mu nnaku endala byekweka ne biba bya bbula, kale ne bavubanga n'okubitega ku lunaku lw'omukaaga, ne babitegulula enkeera. Katonda n'abafuula enkobe, n'abassa wala n'empisa z'omuntu ku lw'okumenya endagaano Ye, n'okukola amawgagali agatasaanira muntu ategeera.

66. Ne tukifuula (ekyafaayo ekyo) eky'okulabirako eri abo abaaliiwo mu kiseera ekyo n'eri abo abalijja oluvan-nyuma lwakyo, era ne tukifuula eky'okuyigiriza eri abo abatya Katonda.
67. Era mujjukire ekiseera Musa bwe yagamba ekibiina kye nti: Mazima Katonda abalagira okusala ente, ne mugamba nti: Otufudde eky'okusekerera? N'abagamba nti: Nekingiriza ne Katonda okuba ow'omu bata-tegeera!
68. Ne bamugamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonyole y'eruwa ente! N'abagamba nti: Ye agamba nti, mazima ente eyo ssi nkadde ate ssi nto, wabula eri mu makhati awo (mu myaka); kaakati mukole ekyo ekibalagiddwa!
69. Ne bamugamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonyole ebbala lyayo

فَجَعَلْنَاهَا نَكَالًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهَا  
وَمَا خَلْفَهَا وَمَوْعِظَةً لِّلْمُتَّقِينَ ﴿٦٦﴾

وَإِذْ قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ إِنَّ اللَّهَ  
يَأْمُرُكُمْ أَن تَذْبَحُوا بَقَرَةً ۗ  
قَالُوا أَتَتَّخِذُنَا هُرُوفًا وَقَالَ أَعُوذُ  
بِاللَّهِ أَن أَكُونَ مِنَ الْجَاهِلِينَ ﴿٦٧﴾

قَالُوا ادْعُ لَنَا رَبَّكَ يُبَيِّنْ لَنَا مَا هِيَ  
قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا بَقَرَةٌ ۖ لَا  
فَارِصٌ وَلَا يَذْوُ عَوَانٌ بَيْنَ  
ذَلِكَ ۗ فَاقْعَبُوا مَا تَوَمَّرُونَ ﴿٦٨﴾

قَالُوا ادْعُ لَنَا رَبَّكَ يُبَيِّنْ لَنَا

66. Ekyafaayo ky'okufuula abo Abayudaaya enkobe kya kuyigirako eri abalala, nabo baleme okukola ng'abo bye baakola eby'okujeeera Katonda, era kya kubuulirira eri abo abalijja, abo abatya Katonda.

67. Mu kitundu kino Katonda yanyuma nga Abaana ba Israeli bwe baabuuza Nabbi Musa embuuza eya kiremwa, nga abalagidde okusala ente, eryoke ebeere ensonga eneeyoleka oyo eyatta omuntu eyali tamanyiddwa amusse. Ekyo ne kiraga obukakanyavu bwabwe, n'empaka zaabwe, n'okusikattira kwabwe ku kugoberera ebiragiro bya Katonda. Sso singa baasala ente yonna gye bandisanze kyandibamaze, naye beezitowereza ku lw'ebibuuzo byabwe, Katonda naye n'abazitowereza. Nabbi waabwe, era omukulembeze waabwe oyo eyabawonya mu bibonyobonyo bwe baali e Misiri. Era kyali kibamala okumanya nti ekyo ky'abagamba ssi kiky'e wabula kiragiro kya Katonda, naye bo baamugamba nti: "Otufudde ba kuzannyisa?" Ekyalaga obutaba na mpisa, na ggonjebwa, bwe baalooowa Nabbi waabwe okuba nti abazannyisa buzannyisa: ekyo ekitasaanira muntu wa kitiibwa kukola, naye kitya ku Nabbi era Omubaka wa Katonda okuddira Katonda n'amufuula eky'olusaago! Nabbi Musa yabaddamu n'eggonjebwa n'abagamba nti "Nekingiriza ne Katonda okubeera nze ow'omu basiru". Olw'empaka zaabwe baagenda mu maaso na kugamba Musa asabe Katonda we abannyonyole nte ki? Ng'ekyo kiringa ekiraga nti bakyalimu akakunkuna nti oba olyawo Musa yali abazannyisa buzannyisa. Laba bwe baamuyita Katonda wa Musa nga bo ataali Katonda waabwe, era n'ekigambo ekigamba nti "Y'eruwa" kitegeeza kugaana na kujerega, kubanga baali bamaze okutegeezebwa nti nte — awatali kubagamba nti ya ngeri gundi oba eri bw'eti. Musa yabaddamu engeri omusomesa gy'asaanira okudda mw'oyo atamanyi, gw'ayagala ayige, ng'abategeeza nti ente ebagamiddwa ssi nkadde era ssi nto, eri mu makhati w'ezo zombi. Era n'ababuulirira nga abagamba nti: "Mukole ekyo kye mulagiddwa." Ekyo kyali kimala okumatiza eri

liri litya. N'abagamba nti: Mazima ye agamba nti, yo nte myufu, linnyikivu ebbala lyayo, esanyusa abatu-nuulizi!

مَا لَوْهَا قَالَتْ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا  
بَقْرَةٌ صَفْرَاءٌ فَاقْعَمْ عَنْهَا  
تَسْمُرَ النَّظِيرِينَ ﴿٦٩﴾

70. Ne bamugamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonyole y'eruwa yo: Mazima ku ffe ente zonna zirabika zifaanagana; era mazima ffe Katonda bw'anaaba ayagadde tunaalungama.

قَالُوا ادْعُ لَنَا رَبَّكَ يُبَيِّنْ لَنَا  
مَا هِيَ إِنَّ الْبَقَرَ تَشْبَهُ عَلَيْنَا  
وَإِنَّا لَأَن شَاءَ اللَّهُ لَمُهْتَدُونَ ﴿٧٠﴾

71. N'abagamba nti: Ye agamba nti: Mazima yo nte ssi nzikakkamu (enyoomwa) efuukuula ettaka (erima) era ssi efukirira ennimiro, era teriiko kamogo. Temuli bbala mu yo. Ne bamugamba nti: Mazima kaakati ozze n'amazima. Olwo ne bagisala, (naye nga basigaddemu akakunkuna), era baabula kata butagisala.

قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا بَقْرَةٌ لَا  
ذَلُولٌ تُثِيرُ الْأَرْضَ وَلَا تَسْقِي الْحَرْثَ  
مُسَلَّمَةٌ لَا شِيَةَ فِيهَا قَالُوا لَنْ نَجِدَ  
كَ بِالْحَقِّ قَدِ اجْرَاهَا مَا كَادُوا لَيَقْعَلُونَ ﴿٧١﴾

72. Mujukire bwe mwatta omuntu ne mwegaana ku kumutta Sso nga Katonda (yali) wa kuggyayo ekyo kye mubadde mukweka.

وَإِذْ كُنْتُمْ نَفْسًا فَاذْرَأْتُمْ فِيهَا  
وَاللَّهُ خَرَجَ عَلَيْكُمْ تَحْمُونَ ﴿٧٢﴾

oyo ayagala okumatira kyokka bo baagenda mu maaso na bibuuzo byabwe.

69. Baagamba Musa abuuze Katonda we ebbala ly'ente, Musa n'abaddamu nti: Mazima Ye (Katonda) agamba nti eeteekwa kuba mmyufu, cyannyikira mu bbala lyayo, ssi nkovvu era ssi mbi, wabula eeteekwa okuba ng'esanyusa buli yenna aba agitunuddeko." Ebyo byali bimala okuba nga balekeraawo ebibuuzo, naye bo baayongera okweteekako obuzito ne Katonda n'abubasaako.

70. Era Abaisraeli tekyabamala kusala ente ebalagiddwa, wabula beeyongera okweteekako obuzito nga basaba Nabbi waabwe era abuuze Katonda we nti nte ki? Wano ne baleeta n'ekigambo eky'okwetonda nti: "Ente zitutabudde, era mazima Katonda an'aba ayagadde tujja kulungama okukola ekyo ekitulagiddwa."

71. Olw'ebibuuzo ebyo, ebitendo by'ente byeyongera ebyali bitabagambiddwa singa tebaabuza. Olwo ne balagirwa basale ente envubuka, emmyufu, eteriimu bbala, eterima era etafukirira nimiro; era nga teriiko kamogo konna. Olwo ne bagamba Nabbi waabwe nti "Kati ozze n'amazima", n'abeera nga cyabadde alimba mu kuddamu ebibuuzo ebyasoose ng'ayanukula buli kyonna kye bamusabye, olwo ne basala ente ebalagiddwa, oluvannyuma lw'okwessaako obuzito olw'obukakan-yavu bwabwe, n'obuteesiga Nabbi waabwe.

72. Abaisraeli mu kitundu kino Katonda yanonyonyola ensonga lwaki baalagirwa okusala ente. Yagamba nti yayagala abalage obuyinza Bwe, era nga bw'asobola okuzuukiza oyo aba afudde. Abaisraeli baali basse omuntu kyokka nga tebamanyi yamusse: buli kibiina mu bo nga kyegaana, nga kiteeka ekibi ekyo ku kinnaakyo; era nga tewali bujulizi bulaga ani yasse omuntu oyo, Katonda n'ayagala okwolesa amazima, nga cyatiddwa yennyini y'ayogera yamusse.

73. Ne Tubagamba nti: Mukube (omufu) n'ekimu ku bitundu byayo (ente). Bw'atyo Katonda bw'alizuukiza abafu, n'abalaga ebyamagero Bye oba olyawo ne mutegeera.
74. Okuva olwo ne gikakanyala emitima gyammwe ne gifuuka nga enjazi, oba n'okuzisinga obukakanyavu. Kubanga mu zo enjazi mulimu ezifukumu-mukamu emigga, endala (enjazi) bwe zaatikayatika zivaamu amazzi; waliwo ate (endala) ezikka ku lw'okutya Katonda. Katonda tagayaalirira ebyo bye mukola.
75. Abaffe (mmwe abakkiriza) musuubira mutya (Abayudaaya) okubakkiriza (ne bayingira mu ddiini yammwe)? Ate nga mazima kyali ekibiina mu bo ekyawuliranga ebigambo bya Katonda, bwe baamalanga ne babikyusa oluvannyuma lw'okubitegeera.

فَقُلْنَا أَصْرُبُوكُمْ بِبَعْضِهَا كَذَلِكَ  
يُحْيِي اللَّهُ الْمَوْتَى وَيُرِيكُمْ آيَاتِهِ  
لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٧٣﴾

ثُمَّ قَسَتْ قُلُوبُكُمْ مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ  
فَهِىَ كَالْحِجَارَةِ أَوْ أَشَدَّ قَسْوَةً  
وَإِنَّ مِنَ الْحِجَارَةِ لَمَا يَتَفَجَّرُ  
مِنْهُ الْإِنهْرُ وَإِنَّ مِنْهَا لَمَاءٌ  
يَشْقَى فَيَخْرُجُ مِنْهُ الْمَاءُ وَإِنَّ  
مِنْهَا لَمَاءٌ يَهْبِطُ مِنْ خَشْيَةِ اللَّهِ  
وَمَا اللَّهُ بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٧٤﴾

أَفَتَطْمَعُونَ أَنْ يُؤْمِنُوا بِالْكُمْ وَقَدْ  
كَانَ فِرْقَانٌ مِّنْهُمْ لِيُؤْمِنُوا  
اللَّهُ ثُمَّ يَحْرُتُونَكَ مِنْ بَعْدِ مَا  
عَقَلُوا وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿٧٥﴾

73. Yalagira ebitundu by'ente ebimu bikubwe ku muntu eyatiddwa: baakikola omuntu n'alumuka n'ayogera eyamusse, bw'atyo Katonda n'abikkula amazima era n'alaga obuyinza Bwe, engeri nga bw'asobola okuzuukiza abafu, kubanga ky'aba ayagadde kibe agamba bugambi nti ba ne kiba nga bw'aba akyagadde, era mu kiseera w'akyagalidde.

74. Wano Katonda yawemuukiriza Abaisraeli n'okubakoona olw'ebyamagero by'abalaze. N'agamba nti: "Ate oluvannyuma emyoyo gyabwe ne gikakanyala, ng'enjazi oba okusinga enjazi kubanga mulimu mu zo ezivaamu amazzi." — Nga olwazi bo bennyini lwe baalabako nga lufukumukamu ensulo kkumi na bbiri oluvannyuma lwa Musa okululukubako omuggo, era ne balaba olusozi nga lwessa Katonda lwe yeeyolekera eri olusozi olwo. Nabbi Musa n'agwa wansi nga azirise. Naye kyokka emitima gy'Abaisraeli tegisobola kugonda oba okutya Katonda wabula gyagubaasira, mikakanyavu, gya mpaka.

75. Kyali tekisaanira ku mmwe abakkiriza abagoberenzi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) okubeera nga mululunkanira okulaba nga Abayudaaya bayingira mu ddiini y'Obusiraamu. Ekyo temukilulunkanira era temukisuubira kubanga emitima gyabwe ssi myetegefu kuyingira mu bukkiriza olw'obukakanyavu bwagyo, n'obutatya Katonda; kubanga baakola dda ebibi ebyabateeka ewala n'okugoberera amazima. Mu bo mulimu ekibiina kya bannaddini, abamanyi, nga bategeera amakulu g'ebigambo bya Katonda. Kyokka olw'obujeemu bwabwe baakyusakyusanga ebigambo

76. Bwe baba nga basisinkanye abo abakkiriza, bagamba nti: Tukkiriza. Naye bwe baba nga beeyawudde eri bannaabwe, babagamba (nga babaninya) nti: Abaffe mubanyumiza mutya ebyo Katonda bye yabaggulirawo balyoke bagifuule empoza ebasinza omusango awali Mukama wammwe? Temutegeera ekyo?

وَأَذِ الْقَوْلَ الَّذِينَ آمَنُوا قَالُوا آمَنَّا  
وَأَذِ أَخْلَا بَعْضُهُمْ إِلَى بَعْضٍ قَالُوا  
أَتُحَدِّثُونَهُمْ بِهَا فَتَعْلَمُ اللَّهُ عَلَيْكُمْ  
لِيَجْازِبَكُمْ بِهِ عِنْدَ رَبِّكُمْ  
أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٧٦﴾

77. Abaffe, tebamanyi nti mazima Katonda amanyi ebyo bye bakweka n'ebyo bye boolesa?

أَوَلَا يَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا  
يُسِرُّونَ وَمَا يُعْلِنُونَ ﴿٧٧﴾

78. Ne mu bo (Abayudaaya) mulimu ababuyabuya abatamanyi (kusoma) Kitabo, wabula ebisuubizo (bye bayiga ku bakulu baabwe) era tebali bo wabula abateebereza obuteebereza.

وَمِنْهُمْ أُمِّيُونَ لَا يَعْلَمُونَ  
الْكِتَابَ إِلَّا الْأَمَانِي وَإِنَّهُمْ  
لَآ لَاطِفُونَ ﴿٧٨﴾

79. Okubonabona kuli kw'abo abawan-diika Ekitabo n'emikono gyabwe

قَوْلٍ لِلَّذِينَ يَكْتُمُونَ الْكُتُبَ

bya Katonda ne babiva amakulu amalala ku lw'okwagala okutuukiriza n'okufuna bye beetaaga eby'obulam bw'ensi ate nga bamaze n'okutegeera bulungi amakulu g'ebigambo ebyo, n'ekigendererwa kya Katonda nga bwe bitateekwa kukyusibwa kuggyibwa ku kigendererwa kyabyo.

76. Abaisraeli abamu bwe baasisinkananga abakkiriza eddiini y'Obusiraamu ne bagoberera Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga babagamba nti: tukkiriza nga Muhammadi bw'ali Nabbi Katonda gwe yatuma okusinzira kw'ebyo ebiwandiiko bye balina mu Tauraati, ku kulangibwa kwe, era ne bakakasa mazima nga bwe baali balindirira okujja kwe, n'okutumibwa kwe. Era buli kiseera nga basaba Katonda abayambe okumalawo obukaafiiri ku lw'okuwagirwa ne Nabbi oyo.

Naye bwe beeyawulanga ne baba bokka nga batandika okunenywa abo abagambye nti "tukkiriza", nga babagamba nti: "Ngeri ki bwe munyumiza Abasiraamu ebyo Katonda bye yabaggulirawo ebifa ku bubaka bwe — Nabbi; temumanyi nti ekyo bayinza okubufuula obujulizi bwe balibasinga nabwo mu maaso ga Katonda wammwe ku lunaku lw'oluvannyuma? Abaffe temutegeera?" Boogera ekyo ne balowooza nti Katonda tagenda kubavunaana — sso singa basirise ne bakweka amazima kye kyandisinzze kubanga olwo tewalibaawo abawaako bujulizi.

77. Wano Katonda kwe kutegeeza nga Ye bw'atalina kwetaaga eri bujulizi obwo, kubanga Ye amanyi ebyo bye bakweka, n'ebyo bye boolesa.

78. Ekibiina ekimu mu Bayudaaya kya bantu abatamanyi kusoma, era abatalina kye bategeera kw'ebyo ebiri mu Kitabo Tauraati, ekyo Katonda kye yawa Nabbi waa bwe Musa (emirembe gibe ku ye). Okuggyako bamanyi ebisuubizo bye hawulira okuva ku bakulu baabwe, nga okubagamba nti: Mmwe Abaana ba Israeli temugenda kubonerezebwa, era mmwe kibiina Katonda kye yasiima era ky'asonyiwa buli kyonna kye basobya, oba kye bakola mu bibi ebyo bye yagaana. Bo bagoberera ebirowoozo obulowoozo n'okufumiiitiriza.

79. Okuzikiriza n'ebibonezezo bigenda kuba kw'abo abamanyi okusoma (bannaddiini) mu

oluvannyuma ne bagamba nti; Bino bivudde eri Katonda, balyoke babitunde ku miwendo emitono (mu yokufuna kw'ensi)! Okubonabona kuli ku bo ku lw'ebyo emikono gyabwe bye gyawandiika era okubonabona kuli ku bo olw'amagoba ge bafunamu.

80. Ne bagamba nti: Omuliro tegugenda kututuukako wabula nnaku mbale bubazi. Bagambe nti: Mwafuna okuva eri Katonda endagaano kw'ekyo Katonda abeere nga tayawukana ku ndagaano ye oba mwogera ku Katonda ckyo kye mutamanyi?
81. Wabula abo abanoonya amagoba okuva mu bibi, ebibi byabwe ne bibetooloola abo be bannannyini kuyingira Muliro; Bo ba kubeera mu gwo bugenderevu (si ba kuvaamu).
82. Naye abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, abo be bannann-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا  
عِنْدَ اللَّهِ لَيْسَ تَرَوْا بِهِ مَمْنًا قَلِيلًا  
فَوَيْلٌ لَهُمْ مِمَّا كَتَبَتْ أَيْدِيهِمْ  
وَوَيْلٌ لَهُمْ مِمَّا يَكْسِبُونَ ﴿٤٩﴾

وَقَالُوا لَنْ نَمَسَّنَا النَّارَ إِلَّا أَيَّامًا  
مَعْدُودَةً قُلْ أَتَّخَذُ ثُمَّ عِنْدَ اللَّهِ  
عَهْدًا فَلَنْ يُخْلِفَ اللَّهُ عَهْدَ لَا  
أَمْرًا تَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٥٠﴾  
بَلَىٰ مَنْ كَسَبَ سَيِّئَةً وَأَحَاطَتْ  
بِهِ خَطِيئَتُهُ فَأُولَٰئِكَ أَصْحَابُ  
النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٥١﴾

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ أُولَٰئِكَ

Bayudaaya, abo abakyusakyusa ebigambo ebiri mu Tauraati, ne bawandiika ebiwandiiko nga bagamba abo abatamanyi kusoma nti ebyo bye bawandiika ye Tauraati, ekyo Ekitabo ekyava eri Katonda, Musa (okusaasira n'emirembe bibe ku ye) kye yaleeta. Bakola batyo nga kye bagenderera kwe kufuna ebyo bye beetaaga mu bulamu bw'ensi, ne bakakatako okubonaabona mu bulamu bw'oluvannyuma olw'ebyo bye baakola mu kukyusakyusa ebigambo bya Katonda, n'okukweka amazima ge bali bamanyi.

80. N'ekibalibwa mu kusuubira kwabwe okw'obulimba kwe baggya ku bayigiriza baabwe oku takwatagana na bwenkanya bwa Katonda, kwe kulwoowa kwabwe nti mazima ba kuwona ebibonerezo bya Katonda awamu n'okuba nga bakola ebibi ebibakakasaako okubonerezebwa. Ne bagamba nti Omuliro gugenda kubooyako nnaku mbale bubazi oluvannyuma bagende mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe n'okwesiiama). Sso nga ekyo kya bulimba bwereere era bisuubizo bye baggya ku bamanyi baabwe, abaava ku nzikiriza entuufu, era ne beera bira eddiini entuufu mpozzi ne basigaza linnya bunnya. Katonda kyeyava abaddamu mu kitundu ekidirira nga abategeeza ekituufu.

81. Wano Katonda abategeeza nti amazima ge gano: Okulamula kwa Katonda kwenkanyankanya abantu. Tewali nkizo eweebwa Muyudaaya oba omuntu yenna omulala: buli yenna akola ekibi kimwetoooloola okutuusa lwe kizibikira omutima gwe, ne watasigalawo kasekeso kaguyingizaamu bukkiriza wadde okwenya, oba okwennyamira olw'ekisobyo ky'asobeza. Abo ab'ekika ekyo ba kubeera mu muliro obugenderevu ssi ba kuvaamu.

82. Abo abakkiriza okukkiriza okutuufu, ne bakkiriza Nabbi ow'enkomerero, ne bakola

yini Jjana (Ennyumba ey'emirembe):  
bo ba kubeera mu yo bugenderevu.

83. Era mujjokire ekiseera lwe twaggya obukalu ku Baana ba Israili obugamba nti: Temusinzanga (kintu kyonna) wabula Katonda Omutonzi; mu-yise bulungi abazadde bammwe n'ab'oluganda olw'okumpi, ne bamulekwa n'abanaku (bakateyamba), era mwogeze eggonjebwa eri abantu; era muyimirizeewo esswala, era mutooole zzakaati (omutemwa ogwalaalikwa). Oluvannyuma ne muva okwo ne muddirira okuggyako abatono mu mmwe, era na buli kati mweyongera (okwonooneka) nga mudda emabega.
84. Era mujjokire bwe twakola endagaano nammwe, nti: Temuyiwanga

أَصْحَابِ الْجَنَّةِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٨٣﴾

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَ بَنِي إِسْرَائِيلَ لَا تَعْبُدُونَ إِلَّا اللَّهَ تَعَالَى وَبِالْوَالِدَيْنِ إِحْسَانًا وَذِي الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَقُولُوا لِلنَّاسِ حُسْنًا وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ ثُمَّ تَوَلَّيْتُمْ إِلَّا قَلِيلًا مِّنْكُمْ وَأَنتُمْ مُّعْرِضُونَ ﴿٨٤﴾

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَكُمْ لَا تَسْفِكُونَ

emirimu emirongoofu egikwatagana n'okuyigiriza kwa Katonda ne Nabbi Muhammadi, abo be b'okuyigirira mu Nnyumba Ey'emirembe, sso ssi abo abasubira okuwona ebibonerezo bya Katonda awamu n'okujeema kwabwe.

83. Wano Katonda ajjukiza Abaisraeli ebiragiro ebyo bye yabalagira okutuukiriza, bye yabaggyirako n'endagaano. Wabula kyokka endagaano cyo ne bagimenya, ne bava kw'ebyo ebyabalagirwa mu bugenderevu nga babimanyi. Yabalagira okusinza Katonda baleme okumugattako ekintu ekirala, era bw'atyo bwe yalagira n'abantu abalala bonna. Era ekyo kye kikulu ekyabatonza nga bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Tetwatuma mubaka yenna olubereberye lwo (Ggwe Muhammadi), wabula twamutumiranga agambe abantu nti: Mazima tewali Katonda asinzibwa wabula Nze, munsinze." Era nga bwe yagamba nti: "Mazima twatuma mu buli kibiina omubaka agambe abantu nti: "Musinze Katonda Omutonzi, mwewale bakatonda b'obulimba." N'okusinza Katonda yekka lye bbanja erisinga amabanja gona agavunaanwa omuntu kubanga lyo bbanja lya Katonda.

Oluvannyuma ne kulyoka kuddako ebivunaanwa by'abantu: n'ekisinga obukakafu kwe kuyisa obulungi bakadde bo bombi, olw'ekyo Katonda ky'ava agatta ku kulagira okumusinzira omuntu okulongoosa eri abakadde bombi, nga Katonda bwe yagamba nti: "Mazima Neebaza Nze ne bakadde bo. Gyendi y'eri obuddo. Era n'agamba nti: Katonda wale muleme okusinza (ekirala kyonna) wabula musinze Nze nzekka, n'abazadde ababiri mubayisenga bulungi".

Nabbi (s.a.w.) yabuuzibwa nti: "Mulimu ki ogusinga obuiungi?" N'addamu nti: "Okusaalira esswala mu kiseera kyayo." N'abuuzibwa nti: "Kuddako guluwa?" N'agamba nti: "Okulwana mu kkubo lya Katonda ku lw'okusitula eddiini Ye."

Era abantu baalaalikwa okuyisa bulungi bamulekwa, n'abanaku. Ne mulekwa be baana abato abatalina kitaabwe abakolercera, era nga tebasobola kwerabirira: n'abanaku be bo abatafuna kibayamba oba okuyamba abantu baabwe: n'abantu okwogera nabo obulungi, kwe kubagamba ekigambo ekirungi, nga okubalagira okukola obulungi n'okubagaana okukola ebibi. nga balagirwa ebyo n'ebigambo ebiveevu. Katonda n'ayongera okuggumiza ebiragiro ebisoose, n'okulagira abantu okusaala — okulimu okusinza Katonda, n'okutoola zzakaati okulimu okuyisa obulungi abanaku. Wabula Abayudaaya ebyo byonna baabivaako ne batabituukiriza, ne bamenya endagaano ya Katonda.



omusaayi gwammwe, temugobaganyanga bantu bammwe kuva mu maka gammwe. Bwe mwamala ne mukakasa nga nammwe mujulira (nga bwe kiri ekituufu).

85. Oluvannyuma mmwe mwennyjini mmwe mwetta mwekka ne muggya ekibiina mu mmwe mu maka gaabwe; ne muyamba abalabe baabwe nga babayigganya, mu nsobi wamu n'obukyayi; ate abawambe bwe baba nga babajjidde mubanunula, ate nga kizira ku mmwe okubaggyamu (mu maka gaabwe). Abaffe mukkirizaako ebimu ebiri mu Kitabo, ne muwakanya ebirala? Tewali mpeera kw'oyo akola ekyo mu mmwe wabula kuswazibwa mu bulamu bw'ensi, era ku lunaku lw'Okuzuukira balizibwa eri ebibonyobonyo ebiyitirivu. Katonda tassude muguluka ebyo bye mukola.

دِيَارِكُمْ وَلَا تَخْرُجُوا أَنْفُسَكُمْ مِنْ دِيَارِكُمْ ثُمَّ أَقْرَبْتُمْ وَأَنْتُمْ تَسْهَوْنَ ﴿٨٥﴾

ثُمَّ أَنْتُمْ هُمْ لِأَنْتُمْ تَقْنُونُ أَنْفُسَكُمْ وَتَخْرُجُونَ فَرِيقًا مِنْكُمْ مِنْ دِيَارِهِمْ تَطْمَرُونَ عَلَيْهِمْ بِالْإِثْمِ وَالْعُدْوَانِ وَإِنْ يَأْتُواكُمْ أُسْرَى فَغَدَوْهُمْ وَهُوَ حُمْرٌ مَرٌّ عَلَيْكُمْ إِخْرَاجَهُمْ أَفْتَرُؤُونَ بِبَعْضِ الْكِتَابِ وَتَكْفُرُونَ بِبَعْضٍ فَمَا جَزَاءُ مَنْ يَفْعَلُ ذَلِكَ مِنْكُمْ إِلَّا خِزْيٌ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ يُرَدُّونَ إِلَى أَشَدِّ الْعَذَابِ وَمَا اللَّهُ بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٨٥﴾

84. Era Abayudaaya abajjukiza bwe yakola awamu nabo endagaano eri mu Tauraati, ebagaana okutinningananga ne bayiwa omusaayi gwabwe, n'obutasengulagananga mu mayumba gaabwe.

85. Wano Katonda anenya Abayudaaya abaali ku mulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.). Okunnyonyola ensonga eyo kiri nti: Nga Obusiraamu buli kumpi okujja, Abayudaaya abaali batuula mu Madiina baasangamu ekika ekya Ba-Ausi n'ekya Bakhazaraji. Ebika ebyo byali birwanagana buli kakedde, ng'entalo zaabwe tezikoma. Bo Abayudaaya baalimu ebika bisatu: batabani ba Naziiri ne batta omukago n'ekika kya Khazaraji, n'aba Kuraida ne Kainakaai ne batta omukago n'Ab-Ausi. Olutalo bwe lwasitukangawo wakati w'ebika ebibiri ebya Ausi ne Khazaraji, ng'Abayudaaya buli bamu bayamba ab'omukago gwabwe. Oluusi Abayudaaya ne batta Bayudaaya bannaabwe abaali ku ludda olulala, sso nga ekyo kyali kizira ku bo okusinziira ku ndagaano ya Katonda eri mu Tauraati. Oluusi baabagobanga mu maka gaabwe ne babalesa ebintu byabwe, ne bawamba abamu mu Bayudaaya bannaabwe sso nga n'ebyo byombi byali bizira ku bo okusinziira ku ndagano ya Katonda eri mu Tauraati. Olutalo bwe lwaggwanga nga Abayudaaya batandika okununula Bayudaaya bannaabwe okusinziira ku tteeka lya Katonda eriri mu Taurati erigamba nti: "Mazima ggwe Omuisraeli tosanganga Omuisraeli munno nga awambiddwa, wabula omununulanga n'omuta okuva mu buddu." Eyo y'enkolagana gye baalina, naye baamenyangako ebitundu ebimu mu biri mu ndagaano, ne batuukirizaako ekintundu ekimu kyokka eky'okununula. Katonda kwe kubanenya olw'ekikolwa kyabwe ekyo ekibi, n'agamba nti: "Abaffe mukkirizaako ekintundu ekiri mu Kitabo ne muwakanya ekintundu ekirala?" Olw'okumenya endagaano eyo, Katonda ky'ava abatiisa nga bwe balina obuswavu kuno ku nsi, era nga bwe balisanga ebibonerezo ebiyitirivu mu bulamu obw'oluvannyuma.



86. Abo be bo abagula obulamu bw'ensi (nga babuguzisa) obw'enkomerero: ebibonyobonyo si bya kubakendeezebwako, era bo si ba kutaasibwa.

أُولَئِكَ الَّذِينَ اشْتَرُوا الْحَيَاةَ  
الدُّنْيَا بِالْآخِرَةِ نَزَلًا يُخَفِّفُهُمْ  
عَنِ الْعَذَابِ وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ﴿٨٦﴾

87. Era mazima twawa Musa Ekitabone tumugoberezaako Ababaka (bangi) oluvannyuma lwe, ne tuwa Isa mutabani wa Mariyamu Obunnyonnyofu, era ne tumuwagira ne Mwoyo mutukuvu (Malayika Jibriiru). Buli lwonna omubaka lw'anaabajjiranga n'ebyo emyoyo gyammwe bye giteetaaga, nga mwekuluntaza, nga mulimbisa abamu nga n'abalala mubatta?

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ وَقَفَّيْنَا  
مِنْ بَعْدِهَا بِالرُّسُلِ وَأَتَيْنَا عِيسَى  
ابْنَ مَرْيَمَ الْبَيِّنَاتِ وَأَيَّدْنَاهُ  
بِرُوحِ الْقُدُّسِ أَفَكُلَّمَا جَاءَكُمْ  
رَسُولٌ بِمَا لَا تَهْوَى أَنْفُسُكُمْ  
اسْتَكْبَرْتُمْ هَٰذَا فَفَرِقْنَا كَذَّبْتُمْ  
وَفَرِقًا تَفْتَرُونَ ﴿٨٧﴾

88. (Abayudaaya) ne bagamba Nabbi nti: Emitima gyaffe misaanikire (tegitigeera). Nedda ssi bwe kiri, wabula Katonda yabakolimira olw'obukafiiri bwabwe. Kitono nnyo kye bakkiriza.

وَقَالُوا أَتُوقَلُونَ بَلْبٌ لَعَنَهُمُ  
اللَّهُ بِكُفْرِهِمْ فَقَلِيلًا مَّا  
يُؤْمِنُونَ ﴿٨٨﴾

86. Wano Katonda akyukira abantu bonna, nga alangirira abo mu bo abamenya endagaano Ze ku lw'ebyo bye baagala okufuna mu bulamu bw'ensi, ng'ebitiibwa n'emmal, n'eddembe, n'agamba nti: "Abo be bo abagula obulamu bw'ensi nga babuguzisa obulamu obw'oluvannyuma. Tagenda kubakendeereza ku bibonerezo ku Lunaku lw'Enkomerero, era tebalina mutaasa alibawonya n'abaggya mu bibonerezo Bye.

87. Abaisraeli ensonga gye baawanga ebagaana okuyingira mu ddiini y'Obusiraamu y'eno nti baalina okumanya okumala kwe baggya ku bannabbi baabwe. Era nti mazima bo baali ku ddiini ya Bannabbi baabwe, nga bagoberera amateeka n'ebiragiro ebiri mu bitabo byabwe. Wano Katonda kwe kubikkula ekyama ku bo, n'annyonyola enneyisa yaabwe embi gye beeyisangamu nga bali ne bannabbi baabwe, n'engeri gye baajeemeranga Bannabbi — mu bo nga mwe muli Nabbi Musa eyajja n'Ekitabone Tauraati. Katonda yamugoberezaako Bannabbi abalala abajjiranga omujjirano okuutusa lwe yatuma Isa, gwe yawa ebyamagero bye banaasinziirako okumukkiriza.

Wano Katonda kwe kubawemuukiriza n'agamba nti: "Buli lwonna omubaka lw'anaabajjiranga n'ekyo emitima gyammwe kye gitaagala nga mwekuluntaza?" Oluusi Abaisraeli baalimbisanga Bannabbi abamu, ate abamu oluusi ne babatta: nga bwe batta Yahaya, ne Zakariya; era nga bwe baali baagala okutta Nabbi Issa (emirembe gibe ku bo) Katonda n'amusitula n'amutwala mu ggulu. Era baagezaako okwagala okutta Nabbi Muhammad (s.a.w.) emirundi n'emirundi.

88. Nabbi Muhammad bwe yayita Abaisraeli okujja eri eddiini y'Obusiraamu, era bamukkirize nga bw'ali Nabbi, omubaka wa Katonda, era nga bwe baali bakimanyi mu kitabo kyabwe Tauraati:

89. Ekitabo (Kuraane) bwe kyabajjira nga kiva eri Katonda, nga kikakasa amazima g'ekyo kye baalina,- sso nga baalinga oluberyeberye basaba okuyambibwa okuwangula abo Abaagaana okukkiriza, — Naye bwe yabajjira n'ekyo kye baamanya (okuba ekituufu) ne bakiwakanya. Ekikolimo kya Katonda kibeere ku bawakanyi (abatakkiriza).
90. Kibi nnyo ekyo kye baatundamu emyoyo gyabwe: okuba nga bawakanya ekyo Katonda kye yassa, ku lw'ensaalwa n'obunyoomi okubeera nga Katonda asizza mu birungi bye (obubaka bwe) kw'oyo gw'ayagadde mu baddu be (naye ye Muhammadi): Ne bakakatako okusunguwalirwa (Katonda) ku kusunguwalirwa okwasooka. Abatakkiriza balina abibonyobonyo ebinyoomesa.
91. Bwe baba bagambiddwa (Abayudaaya) nti: Mukkirize ebyo Katonda

وَلَمَّا جَاءَهُمْ كِتَابٌ مِّنْ عِنْدِ اللَّهِ  
 مُصَدِّقٌ لِّمَا مَعَهُمْ وَكَأْوَابُنْ  
 قَبْلُ يَسْتَفْتِحُونَ عَلَى الَّذِينَ  
 كَفَرُوا فَلَمَّا جَاءَهُمْ فَأَعْرَفُوا  
 كَفْرَ وَإِيَّاهُ فَكَفَعْنَهُ اللَّهُ عَلَى الْكَافِرِينَ ﴿٨٩﴾  
 بِسْمِ اللَّهِ أَشْرَوْا وَإِيَّاهُ أَنْفُسُهُمْ أَنْ  
 يَكْفُرُوا وَإِنَّمَا أَنْزَلَ اللَّهُ بُعْيًا أَنْ  
 يُنَزِّلَ اللَّهُ مِنْ قُضَيْبٍ عَلَى مَنْ يَشَاءُ  
 مِنْ عِبَادِهِ قَبَائِدٌ وَيَعْصِبُ عَلَى  
 غَضَبٍ طَوِيلٍ لِّلْكَافِرِينَ عَذَابٌ  
 مُّهِينٌ ﴿٩٠﴾  
 وَإِذْ أُنزِلَ لَهُمُ الْوَابِئَاتُ أَنْزَلَ

Baddamu nga bamugamba nti: "Emitima gyaffe giri mu kibikka miggalivu, tegisobola kuyingiramu kukkiriza kwonna." Ekyo baakyogera Nabbi aleme okusuubira nti Abayudaaya banaayingira Obusiraamu, era bo eyo gye baafuula ensonga ebagaana okukkiriza. Katonda kwe kubaddamu n'agamba nti: Si kkyo wabula ekibagaana okukkiriza (Iwa kuba) Katonda yabakolimira ku lw'empaka zaabwe, n'abagoba mu kusaasira Kwe, n'abateeka wala n'obulungamu, — batono nnyo mu bo abo abakkiriza."

89. Abayudaaya baali balinda Nabbi anajja era nga basaba Katonda abayambe okumalawo obukaafiiri, bawangule abatakkiriza nga bali wamu ne Nabbi oyo. Kyokka Nabbi Muhammadi bwe yajja n'Ekitabo Kuraane omuli okukakasa nga Tauraati bwe kiri ekitabo eky'amazima Katonda kye yawa Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye), ate Kuraane ne bagiwakanya, ne bagaana okukkiriza Nabbi oyo gwe baamala ebbanga eddene nga bamulindirira: N'olw'ekyo obukaafiiri bwabwe ne busukka ekigero ne bakakatako ekikolimo kya Katonda.

90. Kibi nnyo ekyo kye baatundamu emyoyo gyabwe, okubeera nga omuwendo ogwagigula kwe kuwakanya amazima ge bamanyi, ne bagaana okukkiriza Nabbi Muhammadi ku lw'ensaalwa gye baalina mu mitima gya bwe; olw'okulaba nga Katonda yassa obubaka Bwe kw'oyo gw'ayagadde mu baddu be ataali wa mu bo Abayudaaya. Ne batamwa ekyo Katonda ky'asazeewo ku lw'ensaalwa eyo ne bafaafaaganirwa kuno ku nsi olw'obuteegatta ku kibiina eky'ekitiibwa eky'abakkiriza, era ne bafiirwa mu bulamu obw'oluvannyuma olw'ebyo mu bionerezo ebinyoomesa ebibalindiridde. Ekyabatuusa kw'ekyo y'ensaalwa gye baalina ku Mubaka wa Katonda Muhammadi (s.a.w.), okubanga ye yalondebwa okuba omubaka oyo eyali alindirirwa, nga bwe yalangibwa mu Kitabo kyabwe Tauraati. Kale olw'ok wawukana ku mazima ge baali bamanyi, Katonda kwe kubakakasaa-ko obusungu bwe nga byongera kw'obwo bwe yabasunguwalira olw'okutyoboola amateeka Ge agali mu Tauraati.

by'asizza, Bagamba nti: Tukkiriza ebyo ebyassibwa ku ffe: Ne bawakanya ebyo ebyajja oluvannyuma lwa-byo, nga nabyo bya mazima ebikakasa amazima g'ebyo bye balina. Bagambe (Ggwe Muhammad) nti: Lwaki mwatta Bannabbi ba Katonda mu kusooka bwe muba abakkiriza?

اللَّهُ قَالَ لَوْ نُرِيدُ أَنْ نَمُنَّ بِمَا نُنَزِّلُ عَلَيْكَ  
وَنُكَلِّمُوكَ مِنْهَا لَمَوْجِدًا وَمَا تَسْمَعُ مِنْهَا  
شَيْئًا وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ  
مُصَدِّقًا لِمَا مَعَهُمْ قُلْ فَلِمَ  
تَقْتُلُونَ أَنْبِيَاءَ اللَّهِ مِنْ قَبْلُ  
إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٩١﴾

92. Era mazima Musa yabajjira n'obunyonnyofu; oluvannyuma nate ne mufuula ennyana (katonda) oluvannyuma lw'okugenda kwe, nammwe muli balyazaamaanyi (olw'okusinza ennyana).

وَلَقَدْ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مِنْ أَنْفُسِكُمْ  
يَتْلُو آيَاتِهِ وَيُزَكِّيكُمْ فِي الْأَرْضِ  
وَيُخْرِجُكُمْ مِنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ  
وَإِنَّكُمْ كُنْتُمْ لَكَاذِبِينَ ﴿٩٢﴾

93. Era mujjukire bwe twatwala obukalu bwammwe nga tusitulidde waggulu wammwe olusozi (Sinai), (ne tubagamba nti): Mukwate ebyo bye tubaleetedde n'amaanyi era muwulire ebi-balagirwa, ne bagamba nti: Tuwulid-

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَكُمْ وَرَفَعْنَا  
فَوْقَكُمْ الطُّورَ خُذُوا مَا آتَيْنَاكُمْ  
بِقُوَّةٍ وَاسْمِعُوا طَائِفًا لِمَا أُنزِلَ  
عَلَيْكُمْ فَاصْبِرُوا لَهُمْ إِنَّهُ صَبِيرٌ  
كَرِيمٌ ﴿٩٣﴾

91. Abayudaaya bwe baagambibwanga okukkiriza Kuraane, Ekitabob Nabi Muhammad (s.a.w.) kye yajja nakyoo, era bayingire mu ddiini y'Obusiraamu, nga baddamu ne bagamba nti: "Tukkiriza ebyo ebyassibwa kuffe" — byo byokka bimala, era go ge mazima. Ne bawakanya ebyo ebyajja oluvannyuma lw'ebyo, — kye kimu ebyo Nabbi Issa bye yajja nabyo ebiri mu Njiri, oba ebyo Nabbi Muhammad bye yajja nabyo ebiri mu Kuraane. Sso nga ebyo ebiri mu Kuraane bikakasa amazima g'ebyo bye balina; kyokka ekituufu nabyo tebaabikkiriza wabula baagoberera bwagazi bwa myoyo gyabwe, kubanga bo baali bawakanya dda nnyo Bannabbi baabwe bye babaaleetera. Kale Katonda kwe kulagira Nabbi Muhammad (s.a.w.) abagambe nti: "Lwaki mwattanga Bannabbi ba Katonda sso nga ekyo Katonda yakiziza mu Kitabob kyammwe era nga yabalagira kubagoberera sso si kubatta.

92. Era Katonda ayongerera okunnyonyola obutakkiriza bw'Abayudaaya, n'empaka zaabwe nga bali ne Nabbi waabwe Musa, kubanga bagaana okukkiriza ebyo ebigambo ebinnyonyofu bye yabaaleetera. Ne baddira n'ennyana ne bagifuula Katonda, ne bagisinzira oluvannyuma lwa Musa okugenda ayogere ne Katonda. Awo kwe kubabuza nti: Abaffe ekyo kitegeeza nga mukkiriza ebyo ebyassibwa ku mmwe? Okuddamu kuli nti: Nedda!

93. Wano Katonda ategeeza Abaisraeli abaliwo kati ebyo bakadde baabwe bye baakola ebiraga ng'okujjemera Bannabbi n'okuwalaaza empaka bw'eri empisa yaabwe okuva edda; okuviira ddala ku mulembe gwa Nabbi waabwe Musa (emirembe gibe ku ye), oyo eyali ensonga y'okuzikirira kw'omulabe waabwe Fir'auna, oyo eyali abakooza kagiri. N'abagamba nti: "Mujjukire ekiseera bwe mwaleeterwa ekitabob Tauraati ne mulaba ebirimu (amateeka amazito) ne muzitowererwa okugatuukiriza, ne mutandika okugabuusabuusaamu. Katonda n'abalaga ekyamagero, n'asitula olusozi waggulu w'emitwe gyammwe, ne mukakasa nti luyinza okubagwako mu kiseera ekyo." Awo ne mulyoka mukkiriza nga mukakasa nga bwe munaagoberera Tauraati. Ne tukola nammwe endagaano enkakafu, ne mugamba nti: "Tuwulidde" kyokka obutakozesa bwammwe ebyo ebiri mu

de ne tujeema. Ne bannyikira mu mitima gyabwe (okwagala) ennyana olw'obukaafiiri bwabwe. Bagambe nti: Kibi nnyo ekyo obukkiriza bwammwe kye bubalagira, bwe muba nga muli bakkiriza!

94. Bagambe nti: bw'ebeera Ennyumba Ey'enkomerero awali Katonda nga yammwe mwekka awatali bantu balala, mwegombe okufa (mukusabe) bwe muba nga muli ba mazima.
95. Ssibakukwegomba okufa obugenderu ku lw'ebyo (ebibi) emikono gyabwe bye gyakulembeza (okukola). Ne Katonda amanyi abalyazaamazanyi (aboonoonyi).
96. Ojja kubasanga (Abayudaaya) nga mazima be basinga abantu bonna okulunkanira obulamu, n'okusinga abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala (abatakkiriza kuzuukira). Buli omu mu bo ayagala singa awangaala emyaka lukumi: sso nga tekiri ekyo ekimuwonya ebibonyobonyo. Kubanga Katonda alaba byonna bye bakola.
97. Bagambe (abantu, Ggwe Muhammad) nti: Omuntu yenna abeera nga

وَعَصَيْنَا وَأَشْرُورًا قَالُوا بِهِمُ  
الْعُجْلُ يُقْرَهُ هُمْ قُلْ بِسْمِ اللَّهِ مَا لَهُمُ  
بِهِ إِيْمَانُكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٩٤﴾

قُلْ إِنْ كَانَتْ لَكُمْ دَلَالَةُ الْآخِرَةِ  
عِنْدَ اللَّهِ خَالِصَةً مِّنْ دُونِ النَّاسِ  
فَتَمَتُّوا الْمَوْتَ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٩٥﴾

وَلَنْ يَّمُنُّوكَ أَبَدًا إِمَّا قَدَّ مَتَّ  
أَيُّدِيَهُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالظَّالِمِينَ ﴿٩٥﴾

وَلَيَعْدَنَّهُمْ أَحْرَصَ النَّاسِ عَلَى  
حَيَاتِهِ وَمِنَ الَّذِينَ أَشْرَكُوا ۗ  
يَوْمَ أَحَدُهُمْ لَوْ يُعْمَرُ لَفِ سَنَةٍ  
وَمَا هُوَ مُرْجِرُ حَرْجِهِ مِنَ الْعَذَابِ إِنَّ  
يُعْمَرُ وَاللَّهُ بَصِيرٌ لِّمَا يَعْمَلُونَ ﴿٩٦﴾

قُلْ مَنْ كَانَ عَدُوًّا لِلْجِبْرِيلَ فَإِنَّهُ

Kitabo ekyo ne kiraga nga bwe mujeemye. "N'olw'ekyo singa bafa abo abajeemu, baba bafiiriddwa kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma ku lw'ebibi bye baakola.

94. Abayudaaya buli kiseera balinga becyogerako nga bagamba nti: "Ffe kibiiina kya Katonda kye yayawula, era ffe balungamu, era ffe tuli ab'okwesiima mu bulamu obw'oluvannyuma. Tewali muntu yenna atali ffe alina mugabo mu bulamu obw'oluvannyuma." Katonda kwe kulagira Nabbi we Muhammad (s.a.w.) abayite, buli ludda luyimirire basabe Katonda azikirize abalimba ku bibiina byombi: ekibiina kya Nabbi n'ekibiina ky'Abayudaaya. Wano Katonda kyeyava agamba nga Abayudaaya bwe batasobola kusaba kufa olw'okubanga bamanyi nti balimba mw'ebyo bye boogera. Era batya nti singa basaba Katonda ayinza okwanukula okusaba kwabwe ne bafa wamu n'okuba nga bamanyi ebyo bye bakola tebibasaanyiza kuba na mugabo gwonna mu bulamu.

96. N'olw'ekyo Abayudaaya obasanga nga be basinga abantu bonna okulunkanira obulamu, okusinga n'abakafiiri, abo abatakkiriza nti waliyo okuzuukira. Buli omu mu bo yeegomba singa awangadde emyaka lukumi. Sso nga ekyo tekiyinda kumussa wala na bibonerezo bya Katonda, ne bw'abanga agiwangadde.

97. Abayudaaya ku lw'obukyayi bwe baalina ku mubaka ku Katonda Muhammad (s.a.w.),

mulabe wa Malaika Jibriiru, mazima ye yatuusa Kuraane ku mwoyo gwo ku lw'okusiima kwa Katonda, ckyo nga kikakasa amazima g'ebyo ebyayita, era nga kulungamyana na kusanyusa eri abakkiriza,

98. Omuntu yenna abeera nga mulabe eri Katonda ne Bamalaika be n'ababaka be, ne Jibriilu ne Mikailu, mazima Katonda mulabe w'abatakkiriza.
99. Era mazima twassa ku ggwe (Muhammadi) ebighambo ebinnyonyofu, kale tayinza n'omu kubiwakanya wabula abo abajeemu.
100. Abaffe buli lwonna lwe banaakolanga endagaano, nga ekibiina mu bo tebakkiriza? Nedda, wabula abasinga obungi mu bo tebakkiriza.
101. Omubaka bwe yamala okubajjira nga ava eri Katonda (ono ye Mu-

نَزَّلَهُ عَلَى قَلْبِكَ بِإِذْنِ اللَّهِ مُصَدِّقًا  
لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ وَهُدًى وَبُشْرَى  
لِّلْمُؤْمِنِينَ ﴿٩٨﴾

مَنْ كَانَ عَدُوًّا لِلَّهِ وَمَلَائِكَتِهِ  
وَرُسُلِهِ وَجِبْرِيلَ وَمِيكَالَ فَإِنَّ  
اللَّهَ عَدُوٌّ لِّلْكَافِرِينَ ﴿٩٩﴾

وَلَقَدْ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ آيَاتٍ بَيِّنَاتٍ  
وَمَا يَكْفُرُ بِهَا إِلَّا الْفَاسِقُونَ ﴿١٠٠﴾

أَوْ كَلَّمَآ عَمْدًا وَآهَدَّا إِلَيْدَا فَرِيقًا  
مِّنْهُمْ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٠١﴾

وَلَمَّا جَاءَهُمْ رَسُولٌ مِّنْ عِنْدِ اللَّهِ

n'obusungu obwabakwata okulaba nga Katonda gwe yalonda okuba omubaka ow'enkomerero, baatuuka n'okwatula ekigambo ekinene ne bagamba, nti: "Malaika Jibriiru mulabe waffe."

Katonda kwe kulagira Nabbi abagambe nti: "Oyo abeera nga mulabe wa Jibriiru olw'okussa obubaka ku ggwe, mazima Jibriiru yabussa ku mwoyo gwo ku lwa kiragiro kya Katonda. Ne Kuraane ku bwayo ekakasa amazima g'ebyo ebitabo ebyagikulembere nga biva mu ggulu, kubanga ekikolo ky'eddiini kiri kimu, era ebitabo byonna byajja kulungamyana bantu: okubalaga ekkubo ettufu; era byajja na lwa kusanyusa abakkiriza ku lw'okwesiima kwe bafuna kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma olw'ebirungi bye bakola.

Abaisraeli tebaali bakkiriza, era tebaatyanga Katonda: empisa yaabwe yali ya kwawula wakati w'eddiini, na wakati wa Bannabbi, okutuusa lwe baatuuka n'okwawula wakati wa bamalaika ba Katonda — abo be baawuliranga obuwulizi amannya gaabwe n'emirimu gyabwe, ne batuuka n'okugamba nti mazima baalina omukwano ne Malaika Mikailu, kyokka ssi na Jibriiru.

98. Katonda yannyonyola nga Bamalaika bonna bwe bali ekintu ekimu, era n'ategeza nga oyo aba awalanye omu ku bo bw'aba omulabe wa bamalaika bonna; era aba mulabe wa Katonda na Babaka bonna. Ne Katonda mulabe wa batakkiriza abo abaawula mu Bannabbi Be, ne Bamalaika. Be.

100. Wano Katonda ategeza nga bw'eri empisa y'Abayudaaya okumenya endagaano n'okuzisuala Muguluka ekyo bakikola ku lw'okubanga abasinga obungi mu bo tebakkiriza mu butufu bwa kukkiriza. Mu ndagaano ze baamenya mwe muli eyo gye baalagaana ne Katonda cy'okutuukiriza ebyo ebiri mu Tauraati, awo bwe baatya olusozi okubagwira. Era baamenyanga, n'eza Bannabbi baabwe abasooka. Ate ku nkomerero ne baawukana ku ndagaano gye baakola ne Nabbi Muhammad (s.a.w.) mu kiseera bwe yali kyajje atuuke e Madiina: Naye y'endagaano cyalimu obulombolombo obwawufu, kale ne babeera nga be baasooka okwetaba n'abalabe ba Nabbi, ne

hammadi — emirembe gibe ku ye), nga akakasa amazima g'ebyo bye baalina, ekibiina mu abo abaawcebwa Ekitabo ne bakisuula muguluka (Ekitabo Kuraane). Mazima baabeera nga abatamanyi bikirimu!

102. Ne bagoberera ebyo sitaane bye zisoma ebikwata ku bwakabaka bwa Sulaiman. Mazima Sulaiman teyakaafuwala naye sitaane ze zaakaafuwala, nga ziyigiriza abantu eddoga, n'ebyo ebyassibwa ku Bamalaika ababiri abaali e Baabiila (Babuloni) Haaruuta ne Maaruuta. Wabula (bamaiaika abo bombiriri) tebaayigirizanga muntu n'omu nga tebamutegezezza nti: Ffe tuli kikemo n'olwekyo tokaafuwala. (Abantu) ne bayiga okuva ku bo engeri y'okusiga obutateegeragana wakati w'omusajja ne mukyala we; naye baali tebayinza kuleeta kabi ku muntu yenna wabula ku lw'obuyinza bwa Katonda. Ne bayiga ebyo ebibaleetera akabi sso si kubaganyula. Sso nga mazima baamanya nti oyo aligula eddoga talina mugabo gwonna mu bulamu obw'oluvannyuma. Era kibi nnyo ekyo kye

مَصِدِّقًا لِمَا مَعَهُمْ نَبَأَ فِرْعَوْنَ  
مِنَ الَّذِينَ أَوْتُوا الْكِتَابَ كَتَبَ اللَّهُ  
وَرَأَوْهُمْ كَأَنَّهُمْ كَالِإِغْلَامِ  
وَاتَّبَعُوا مَا تَتْلُو الشَّيَاطِينُ عَلَى  
مُلْكٍ سَلِيمٍ ۗ وَمَا نَفَرَ سَلِيمٌ  
وَالَّذِينَ الشَّيَاطِينُ كَفَرُوا يَعْلَمُونَ  
الَّذِينَ السَّحَرَةَ وَمَا نَزَّلَ عَلَيَّ  
الْمَلَائِكِينَ بِيَأْتِل هَارُونَ وَمَارُونَ  
وَمَا يَعْلَمُونَ مِنْ أَحَدٍ حَتَّى يَقُولَا  
إِنَّمَا نَحْنُ قُتْنَةٌ فَمَا تُكْفِرُوا  
فَيَتَعَلَّمُونَ مِنْهُمَا مَا يُفَرِّقُونَ  
بَيْنَ بَيْنِ الْمَرْءِ وَرَوْجِهِ وَمَا هُمْ  
بِضَالِّينَ بِهِ مِنْ أَحَدٍ إِلَّا يَذَنُ  
اللَّهُ وَيَتَعَلَّمُونَ مَا يَضُرُّهُمْ وَلَا

babalaganyisa okubayamba nga batiyoboola eddiini y'Obusiraamu, n'okugezaako okuleetawo olusalosalu wakati w'Abasiraamu, sso nga ebyo byonna endagaano yali ebigaana.

101. Wano Katonda ategezza nga Abayudaaya abamu bwe baasuula Ekitabo Kye emabega w'emigongo gyabwe, ne batakozesa ebyo ebikirimu oluvannyuma lwakyo (Ekitabo Kuraane) okujja ekikakasa amazima g'ekyo kye baalina. Sso nga mu kyabwe Katonda yabakakasaako okukkiriza buli Nabbi yenna gw'alituma, era nti bateekwanga okumuyamba ayanguyirwe okutuukiriza obubaka bwe era n'okumuwa ekitiibwa. Kyokka Nabbi Muhammadi bwe yajja n'Ekitabo Ekiyudde eri Ye, ekikakasa amazima g'ekyo kye baalina (Tauraati), ekibiina mu bo ne bakisuula emabega w'emigongo gyabwe wamu n'ekitabo Nabbi kye yajja nakyo (Kuraane).

N'ekigendereddwa n'okusuula: kwe kubecra nga baakiwakanya ne bagaana okukikozesa era ne bakiteeka wala n'endowooza yaabwe, n'obulamu bwabwe.

102. Wano Katonda ategezza nga Abayudaaya, oluvannyuma lw'okusuula Tauraati emabega waabwe, bwe baagoberera ebyo sitaane bye zanyumanga ku bufuzi bwa Nabbi Sulaimani eby'obulimba, nga zigenderera okubuzabantu, bwe zaagamba nti Sulaimani teyali Nabbi wabula omulogo, era nti n'cbintu byonna okumugondera byamugonderanga ku lwa ddogo lye yali amanyi. Katonda kwe kutegezza nga Sulaiman bw'atakaafuwalanga kubanga okukozesa eddoga kya mu bukaafiiri. Wabula zo sitaane ze zaakaafuwala.

baatundamu emyoyo gyabwe, singa baali bamanyi!

يَنْفَعُهُمْ طَوْلَقَد عَلِمُوا مَنْ شَرَّهُ  
مَالَهُ فِي الْآخِرَةِ مِنْ خَلْقٍ تَش  
وَلَيْسَ مَا نَشْرُوا بِهِ أَنْفُسَهُمْ أَكُونُوا  
يَعْلَمُونَ ﴿١٢٠﴾

103. Singa mazima bakkiriza ne batya Katonda (yandibasasudde) kubanga empeera eziva awali Katonda ze zisinga obulungi, singa baali bamanyi!

وَأُولَئِكَ هُمُ امْتَنُوا وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي هُوَ  
عِنْدَ اللَّهِ حَيْثُ تُولُونِ ﴿١٢١﴾

104. Abange mmwe Abakkiriza! Temugambanga (omubaka) ebigambo ebitaamukamu makulu wabula mukozesenga ebyo ebiwa ekitiibwa; era mumuwulirizenga. Balina abatakkiriza ebibonyobonyo ebiruma.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقُولُوا رَاعِنَا  
وَتُؤْمَرُوا بِالْطَّقَاتِ وَاللَّكْفِيرِينَ  
عَذَابُ الْيَمِينِ ﴿١٢٢﴾

Bamalaika abo ababiri, Haaruta ne Maaruta, baali kikemo eri abantu ku lw'ensonga gye tutamanyi, era bombi tebasobolanga kuyigiriza muntu ddogo wabula nga bamutegeezza nga bwe bali ekikemo, era ne bamugaana okweyigiriza eddogo. Baamulabulanga nti: "Tokaafuwala kubanga okukozesa eddogo kya bukaafiiri".

Wabula abantu abamu beceremanga ne balemera ku ky'okuliyiga. Katonda agamba nti: "Ne bayiga ku bombi ekyo kye basobola okwawukanya nakyo wakati w'omusajja ne mukyala we, ku lw'okutabula wakati wa bombi. Kyokka newankubadde kiri bwe kityo (abalogo) tebasobola kuleeta kabi ku lw'eddogo lyabwe, wabula lwa buyinza bwa Katonda." Kubanga tewali kibaawo kyonna wabula nga Katonda akkiriza kibeewo. Katonda agamba nti: "Ne beeyigiriza ekyo ekibaleetera akabi ne kitabagasa, kimale okuba nga akabi k'eddogo eri oyo alikozesezza kwe kuba omukafiiri." N'omuntu kasita asalawo okukozesa eddogo aba amaze okweyoonoona omugabo gwe yandifunye ku nkomerero.

103. Wano Katonda agamba Abayudaaya abo abaagoberera ebigambo bya sitaane, ne babeera nga bye batamburako, ne basalawo okukozesa eddogo nti beefiiriza ebirungi okuva eri Ye. Era tebandifaaganiddwa babeera kuba nga bamanyi ne basobola okwawula wakati w'ekibi n'ekirungi.

104. Abayudaaya (Abaisraeli) buli lwe bajjanga awali Nabbi (s. a. w.) nga bagezaako nga bwe basobola kungulu mu bikolwa okwolesa nga bwe bamussaamu ekitiibwa; sso nga munda mu mitima gyabwe nga bafuba nnyo okukozesa buli kakisa okumujerega n'okumunyooma. Baakozesanga ebigambo ebirina amakulu agatali gamu oba nga babyoogera banyoolesa ennimi ne bitaatuka mu ngeri nnungi ewa ekitiibwa, basobole okumuvuma. Okugeza, bwe baayagalanga afeeyo ku kyonna kye baagala nga bamugamba nti: "Raai-naa" ekitegeza nti 'Mwattu tulabirire'. Ekigambo kino mu Luyudaaya kirina amakulu amalala nti "Wuliriza, singa ofuuka kiggala." Ate nga ne mu Luwarabu amakulu gaakyo amalala gali nti "Omuntu eyekuluntaza omwewulize era ekigwengeregwengere." Ng'oggyeeko ebyo, mu njogerayogera eza bulijjo kitegeza nti "Singa otuwuliriza, naffe tujja kukuwuliriza." Ate bwe baanyoolezanga ennimi olwo nga kyatuka bulala n'amakulu nti "Omulunzi waffe". Kale okuggyawo ekigambo nga ekyo ekizaalukukamu amakulu agavuma singa kikozesebwa



105. Tebaagala, abo Abatakkiriza mw'abo abalina Ekitababo wadde mw'abo abasinza ebitali Katonda, kissibwe ku mmwe kirungi kyonna okuva eri Mukama wammwe. Sso nga Katonda ayawulira okusaasira kwe n'akuwa oyo yenna gw'aba ayagadde, kubanga Katonda Ye nnannyini byengera ebinene.

مَا يَكْفُرُوا مِنَ أَهْلِ الْكِتَابِ  
وَالَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ  
وَالَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ  
خَيْرٌ مِنْ رَبِّكُمْ وَاللَّهُ يَخْتَصُّ بِرَحْمَتِهِ  
مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ١٥

106. Tetuggyaawo tteeka lyonna oba ne tulyerabiza, wabula tuleeta mu kifo kyalyo erisinga obulungi oba eriryenkana: Abaffe tomanyi nti mazima Katonda Muyinza ku buli kintu?

مَا نَسْخَرُ مِنْ آيَةٍ أَوْ نُنسِهَا نَأْتِ بِخَيْرٍ  
مِنْهَا أَوْ مِثْلَهَا أَلَمْ تَعْلَمْ أَنَّ اللَّهَ  
عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ١٦

107. Tomanyi nti Katonda ye nnannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi? Era okuggyako Ye temulinaayo mukuumi (mulala) wadde omutaasa.

أَلَمْ تَعْلَمْ أَنَّ اللَّهَ لَهُ مَلَكٌ  
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا لَكُمْ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ مِنْ وَّلِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ ١٧

108. Abaffe mwagala okubuuza nammwe omubaka wammwe (Nabbi Muham-madi) nga Musa bwe yabuuzibwa edda? Wabula oyo yenna awaanyisa

أَمْ تَرِيدُونَ أَنْ نَسْأَلَ رَسُولَكُمْ  
كَمَا سَأَلْ رَسُولِي مِنْ قَبْلُ وَمَنْ

abantu ababi, Katonda kyeyava agaana Abakkiriza okukozesanga "Raanaa" nga boogera eri Nabbi (s.a.w.), wabula yabalagira bakozesenga ekigambo ekirala ekirina amakulu ge gamu kyokka nga tekisoboka kukyusibwa makulu malala — naky'o kye kigambo "Unzur-Naa" ekitegeeza nti: "Tulabirire".

Era yabalagira bagondere ebiragiro ebibalagirwa, eno nga bw'abatiisa obuddo bw'abatakkiriza, abo abatagondera biragiro Bye.

106. Tekiri nga abamu (abayudaaya) bwe balowooza nti aya za Kuraane ezimu zisangulwawo oba ne zecerabizibwa abantu, wabula zikyusibwamu endala ezisingako oba ezizifaanako mu makulu.

Amateeka n'obubaka bwa Katonda tebikyuka emirembe gyonna, wabula byawukanamu okusinzira ku biba bisaanira omulembe mwe bikkira okuva eri Katonda. Kale kirabika nga buli Nabbi yajjanga n'amateeka agasaanira omulembe gwe: Nabbi Isa bwe yajja n'Enjiri yakyusa mu mateeka aganiwa agaali mu Tauraati, ate Kuraane nayo bwe yajja n'ekyusa mu mateeka agaali mu Njiri. Era Katonda okuggyawo etteeka n'azzaawo eddala si kizibu, kubanga Ye Muyinza ku buli kimu: okugeza nga okukyusa obwolekero mu kusaala (ekibula) ne buuzibwa e Makka, n'okuggyawo obukakafu bw'okusaala mu ttumbi ne wazibwawo esswala ettaano. Era ng'okukyusa mu tteeka ly'omukazi okutuula omwaka omulamba bw'aba afiiriddwaako bbaawe ne wazibwawo okutuula emyezi ena (4) n'ennaku kkumi (10); n'amateeka amalala mangi agaakyusibwa.

108. Katonda yagaana abakkiriza okuyitiriza okubuuzaabuza Nabbi ebibuuzo ebirabika nga bigenderera kulemesa: okufaananako ng'Abayudaaya abaabuuzanga Nabbi waabwe Musa chy'ekika ekyo — nga Katonda bwe yaboogerako mu Kuraane mu bitundu ebitali bimu nga bwe



obutakkiriza mu bukkiriza, aba abuze (okuva) ku kkubo eggolokofu.

يَتَّبَدَّلُ الْكُفْرَ بِالْإِيمَانِ فَقَدْ  
ضَلَّ سَوَاءَ السَّبِيلِ ﴿١٠٩﴾

109. Bangi mu Bannannyini kuba na Kitabo baagala singa babazizza (mmwe Abakkiriza) mu butakkiriza oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe, ku lw'ensaalwa gye balina mu mitima gyabwe oluvannyuma lw'amazima okubeeyolekera (bo). Musonyiwe, mulekere okutuusa Katonda lw'ana-tuukiriza ekiragiro Kye. Mazima Katonda muyinza wa buli kintu.

وَدَكْشِيرٌ مِّنْ أَهْلِ الْكِتَابِ لَوْ  
يُرِيدُ وَيُكْفِرُ مِّنْ بَعْدِ إِيْمَانِكُمْ  
لَقَارَأْتُمْ حَسَدًا مِّنْ عِنْدِ أَنْفُسِهِمْ  
مِّنْ بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمُ الْحَقُّ  
فَاعْفُوا وَاصْفَحُوا حَتَّىٰ يَأْتِيَ اللَّهُ  
بِأَمْرٍ إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١١٠﴾

110. Muyimirizeewo esswala era mutoole zzakaati, era ekyo ekirungi kyonna kye mukulembeza (ne mukiwa eri Katonda wammwe ku lw'okuwonya) emyoyo gyammwe, mugenda kukisanga mu maaso ga Katonda: Mazima Katonda Alaba ebyo byonna bye mukola.

وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ  
وَمَا تَقْدِرُوا مَوْلَا أَنْفُسِكُمْ مِّنْ  
خَيْرٍ تَجِدُوهُ عِنْدَ اللَّهِ ط إِنَّ  
اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿١١١﴾

111. (Abayudaaya) ne bagamba nti: Tewali aliyingira Jjana (Ennyumba ey'emirembe) wabula oyo eyali ku nsi nga Muyudaaya oba Mukristaayo. Okwo kwe kusuubira kwabwe (okutagasa). Bagambe nti: Muleete obu-

وَقَالُوا لَنْ نَدْخُلَ الْجَنَّةَ إِلَّا  
مَنْ كَانَ هُودًا أَوْ نَصْرًا تِلْكَ  
أَمَانِيُّهُمْ ظ قُلْ هَاتُوا بُرْهَانَكُمْ

baasaba Musa abalage Katonda bamulabeko n'amaaso. Katonda yeekesa Abasiraamu baleme kufaanana n'Abayudaaya mw'ekyo, kubanga okubuza okw'ekika ekyo kuba kuddira bukkiriza n'obugulamu obutakkiriza, era akola ekyo aba abuze n'ava ku kkubo eggolokofu.

109. Bangi mu Bayudaaya baayagalanga singa basobodde okuyusa abakkiriza babagye ku ddiini yaabwe, nga ekyo bakikola olw'ensaalwa eyali mu mitima gyabwe, awamu n'okuba nga bamanyi nti eddiini Nabbi Muhammadi gy'aleese ya mazima, kubanga yali yannyonyolwa dda bulungi mu bitabo byabwe. Katonda n'agamba abakkiriza nti: "Mubasonyiwe era mubaleke mmwe mugende mu maaso n'okusinza Katonda wammwe okutuusa Katonda lw'anaaleeta ekiragiro Kye."

110. Mwekuume mu kutuukiriza esswala n'okutoola zzakaati, kubanga emirimu gyonna gye mukola nga musuubira okusasulwa empeera, mugenda kugisanga mu maaso ewa Katonda ku Lunaku lw'okuyimirira mu maaso Ge.

111. Wano Katonda annyonyola engeri Abayudaaya bwe baagambanga nti tewali aliyingira Jjana (Ennyumba ey'emirembe) -- ey'obulamu obutaggaawo wabula oyo eyali ku nsi nga

julizi bwammwe kw'ekyo bwe muba ab'amazima.

112. Wabula oyo ayeewaayo yenna eri Katonda Era nga mulongoofu (mu bikolwa), alina empeera ye awali Mukama we; era abo tebalina kutya kwonna, wadde tebali bo ba kunakuwala.

إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١١١﴾  
 بَلَىٰ مَنْ أَسْلَمَ وَجْهَهُ لِلَّهِ وَهُوَ  
 مُحْسِنٌ فَلَهُ أَجْرُهُ عِنْدَ رَبِّهِ  
 وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ  
 يَحْزَنُونَ ﴿١١٢﴾

113. Ate ne bagamba Abayudaaya nti: Tebalina kintu kyonna (kwe beesigamye) Abakristaayo, n'Abakristaayo bagamba nti Abayudaaya tebalina kwe beesigamye; Sso nga nabo basoma Ekitabo (Abayudaaya n'Abakristaayo). Bwe kityo n'abo abatamanyi kusoma bwe bagamba; okufaanana n'ekigambo kyabwe (eky'Abayudaaya n'Abakristaayo). Naye Katonda aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuyimirira mu maaso Ge, mw'ekyo kye baalinga baawukanamu (ekigambo ky'eddiini).

وَقَالَتِ الْيَهُودُ لَيْسَتِ النَّصْرَىٰ  
 عَلَىٰ شَيْءٍ مَّا وَقَالَتِ النَّصْرَىٰ لَيْسَتِ  
 الْيَهُودُ عَلَىٰ شَيْءٍ وَلَا وَهُمْ يَتَّبِعُونَ  
 الْكِتَابَ كَذٰلِكَ قَالَ الَّذِيْنَ لَا  
 يَعْلَمُوْنَ مِثْلَ قَوْلِهِمْ ۗ فَاَللّٰهُ  
 يَحْكُمُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيٰمَةِ فِىْمَا  
 كَانُوْا فِيْهِ يَخْتَلِفُوْنَ ﴿١١٣﴾

114. Ani omulyazamaanyi okusinga oyo azyizya okutendereza Erinnya Iya Katonda mu Mizikiti (amasinzizo) Gye n'agenderera okugyonona

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ مَّنَعَ مَسْجِدَ  
 اللّٰهِ اَنْ يُذَكَّرَ فِيْهَا اسْمُهُ وَسُئِلَ

Muyudaaya. Bwe batyo n'Abakristaayo bwe baagamba nti tewali aliyingira Jjana (Ennyumba ey'emirembe) wabula oyo eyali Omukristaayo. Wano Katonda kwe kutegeeza nga okwo okusubira kwabwe bwe kuli okw'obulimba, kwe batalinaako na bujulizi.

112. Si bwe kiri nga bwe bagamba, wabula oyo aliyingira Ejjana, y'oyo eyatukuza eddiini ye ku lwa Katonda. Era nga alongoosa ebikolwa: gamba nga okugoberera Nabbi Muhammadi, n'okwawula Katonda obutamugattako kintu kirala mu kumusinza. Abo (abalongoofu) si ba kweraliikirira ku lunaku lw'oluvannyuma.

113. Katonda annyonyola mu kitundu kino enkoonagana eyali wakati w'Abayudaaya n'Abakristaayo. Buli kibiina kyagambanga kinnaakyo nga bwe kitali ku mazima awamu n'okuba nga buli bamu balina ekitabo kye basoma. N'Abawarabu abaali basinza balubaale nga tebalina kitabo kye basoma. bwe baalaba enkoonagana eyo n'engeri abaalina ebitabo gye baabikuyisanga mu ne bayingizaamu ebitali bituufu, nabo ne bagamba nti: Abayudaaya n'Abakristaayo tebali ku kintu kibalibwa nti kya mazima.

114. Ne kyongerera okulaga obulabe obuli wakati w'Abayudaaya n'Abakristaayo: Ebiina ebimu mu bo kwe kugezaako okwonoona amasinzizo g'abalala, era ng'abatakkiriza b'omu Makka bwe baazyizya Abasiraamu okuyingira mu Muzikiti Ogw'emizizo. Tewali mulyazamaanyi asinga

obwonoonyi? Abo tebaalibadde ba kugiyingira wabula nga bali mu kutya. Balina mu nsi muno obuswavu, era balina mu bulamu obw'enkomerero ebibonyobonyo ebinene.

فِي خَرَابِهِمْ وَأُولَئِكَ مَا كَانَ لَهُمْ  
أَنْ يَدَّخُلُوهُمَا إِلَّا خَائِفِينَ لَهُمْ  
فِي الدُّنْيَا خِزْيٌ وَ لَهُمْ فِي الآخِرَةِ  
عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١١٣﴾

115. Obuvanjuba n'Obugwanjuba bya Katonda: Buli wonna we muba mwolekedde awo we waba Katonda. Mazima Katonda Mugazi era Mumanyi wa byonna.

وَلِلَّهِ الْمَشْرِقُ وَالْمَغْرِبُ فَآيَمَا  
تَوَلَّوْا فَمَتَّ وَجْهَ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ  
وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿١١٤﴾

116. Ne bagamba nti: Katonda Omutoenzi yeeteerawo omwana: Ayawulwa mu Bwakatonda bwe! Nedda, ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bitonde Bye: Era byonna bigondera Ye.

وَقَالُوا اتَّخَذَ اللَّهُ وَلَدًا سُبْحٰنَهُ  
بَلْ لَّهٗ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ  
مُحِطٌ بِمَا كَانَتْ تَوَنُّونَ ﴿١١٥﴾

117. Ye Mutonzi w'eggulu n'ensi Era bw'asalawo ku kintu, Akigamba nti: Ba ne kiba.

بَدِيعُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ ط وَإِذَا  
قَضَىٰ أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُ كُنْ  
فَيَكُونُ ﴿١١٦﴾

oyo eyeekiika wakati w'okusinza Katonda, n'agaana abantu okugenda mu masinzizo okumusinja, n'anyiikira okwonoona amasinzizo ga Katonda, n'okugafuula ebifulukwa sso nga ekituufu kwe kukuuma ekitiibwa kyago n'obutaziya muntu yenna ayagala okusinziza mu go.

115. Ekitundu kino kyakka okusanyusa Nabbi wamu n'abagoberezi be, mu kiseera abatakiriza bwe baabagoba mu Makka ne babaawukanya n'Omuzikiti Ogw'emizizo. Olw'okubanga Nabbi bwe yali ali mu Makka yasaalanga nga ayolekedde Kaaba ne ku ludda lw'e Jerusaalimu, naye bwe yatuuka e Madiina n'alagirwa ayolekerenga e Jerusaalimu, olw'okubanga kyali tekisoboka kubigatta byombi, olwo n'asaala nga ayolekedde Jerusaalimu yokka okumala emyezi kkumi na mukaaga (16). Ekyo kyasanyusa nnyo Abayudaaya. Oluvannyuma etteeka ate ne likyusibwa, Katonda n'alagira Nabbi n'abagoberezi be boolekerenga ku Kaaba e Makka. N'agamba nti "Wonna we mubanga muli, mwolekezenga amaaso gaamwe ku ludda lwayo." Ekyo kyanakuwaza Abayudaaya ne bagamba n'okugamba nti: Kiki ekibaggye ku bwolekero bwabwe obwo bwe baaliko? Nakwo kwe kwolekera Jerusaalimu. Katonda kwe kuleeta ekitundu kino ekigamba nti: "Bagambe nti ebuvanjuba n'ebugwanjuba wonna wa Katonda, awo wonna we muba mwolekedde, ku lw'ekiragiro kya Katonda, awo we wali oludda lwa Katonda (obwolekero Bwe). Mazima Katonda mugazi" — Agaziya okugaba Kwe n'ebirungi Bye eri abaddu Be, era amanyi emirimu gyabwe n'ebigendererwa byabwe — tewali kiva ku kumanya Kwe. Abdalla mutabani wa Abbaasi yagamba nti: 'Etteeka eryasooka okukyusibwa mu Kuraane bwe bwolekero mu kiseera ky'okusaalaa.'

116. Ekitundu kino kikwata ku buli bantu bonna abagamba nti Katonda alina omwana. nga

118. Abo abatamanyi kusoma (abakafii-ri) bagamba nti: Singa Katonda ayo-geedde naffe, oba ekyamagero ne kitujjira! N'abalala bangi abaabasooka bwe batyo bwe baayogeranga. Emitima gyabwe gyafaanana mu butakkiriza. Mazima tunnyonyodde obujulizi mu bujjuvu eri abo bonna abakakasa.

وَقَالَ الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ لَوْلَا  
 يُكَلِّمُنَا اللَّهُ أَوْ تَأْتِينَا آيَةٌ كَذَلِكَ  
 قَالَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ مِثْلَ  
 قَوْلِهِمْ تَشَابَهَتْ قُلُوبُهُمْ قَدْ  
 بَيَّنَّا الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يُوقِنُونَ ﴿١١٨﴾

119. Mazima Ffe twakutuma (Gwe Muhammadi) mu mazima nga oli asanyusa abakkiriza era nga oli alabula. Togenda kubuuzibwa ku bannannyini kuyingira muliro (Oluvannyuma lw'okugaana kwabwe okukukkiriza).

إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ بِالْحَقِّ بَشِيرًا وَ  
 نَذِيرًا وَلَا تُسْأَلُ عَنْ أَصْحَابِ  
 الْجَحِيمِ ﴿١١٩﴾

Abakristaayo bwe bagamba nti Isa mwana wa Katonda; n'Abayudaaya ne bagamba nti Uzairu mwana wa Katonda; N'Abawarabu abatakkiriza baagambanga nti bamalaika bawala ba Katonda. Katonda wano awakanya ekigambo ekyo n'ategeza, nga ebintu byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bw'Ali Ye ye'abitonda, "Kale talina kye yeetaaga kubanga Ye ye w'obuyinza. Singa aba ayagadde ekintu agamba nti: "Ba ne kiba", kale aba yeetaagira ki omwana?"

117. Wano Katonda kwe kwongera okulaga obuyinza Bwe, n'agamba nti Ye: "Ye yagunjaawo eggulu ne nsi", awatali kifaananyi kyasookawo alyoke alabireko. Era bw'aba amaze okusalawo ekigambo okubaawo agamba bugambi nti beera ne kiba nga bw'akyagadde: n'olw'ekyo tekyewuunyisa Katonda okutonda Nabbi Isa n'ekigambo BEERA, mu lubuto lwa Mariamu n'abeera awatali kulabagana na musajja, nga bwe yagamba nti: "Ekigambo kye yasuula ku Mariamu, okwo kwe kuzaalibwa kwa Nabbi Isa (Emirembe gibe ku ye)."

118. Abawarabu abakaafiiri baagamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga amaze okubategeza nga bw'ali omubaka wa Katonda atumiddwa gye bali, nti: "Bw'oba nga oli mubaka wa Katonda nga bw'ogamba, kale gamba Katonda ayogere naffe, nga tuwilira ebigambo Bye, atutegeze nga bw'oli omubaka we." Katonda n'alyoka assa ekitundu kino nga ategeza nga ekigambo ky'abakafiiri abo Abawarabu abaali batalina kitabo kye basoma nga kiva eri Katonda, bwe kifaananye ekigambo ky'Abakaafiiri abaasooka — abaasabanga Bannabbi Katonda be yabatimiranga eby'amagero. Wano Katonda kwe kugamba nti: "Emitima gyabwe gyafaanana mu mpaka n'okuwakanya amazima. Mazima ffe twannyonyola obujulizi obulaga amazima ga Bannabbi eri ekibiina ekikakasa." N'olw'ekyo tekyetaagisa kwongera kusaba birala, ebyo bwe bajja nabyo bimala okumatiza oyo akkiriza n'agoberera ababaka. Okuggyako oyo Katonda gwe yazibikira ku mutima gwe, n'amuziba amaaso n'amatu, y'atasobola kukkiriza na kulunnigama.

119. Mu kitundu kino Katonda yakakasa omubaka we Nabbi Muhammadi nga bwe yamutuma n'amazima, era nga omulimu gwe bwe guli ogw'okubuulira abakkiriza ng'abasanyusa nga bwe bali ku kwesiima kuno ku nsi olw'emirimu gyabwe emirungi ate mu bulamu obw'oluvannyuma ba kuyingira Ejjana; wabula atiise abatakkiriza ebibonerezo bya Katonda. Era nga Katonda bw'atali-mubuuzi ku abo abajeemu, abaliyingira omuliro, ku nsonga cyabagaana okukkiriza. Ekyo lwa kubanga omulimu gw'omubaka gwa kutuusa bubaka kyokka, olwo ne kisigala eri oyo obubaka gwe butuuseeko okussa mu nkola ebyo ebimulagiddwa. Nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekirala, nti; "Buulira mazima oli mubuulizi. Toli wa maanyi ku bo (olyoke obakake)", era nga bwe yagamba

120. Tebayinza kukusiima Abayudaaya wadde Abakristaayo okutuusa mpozzi nga ogoberedde eddiini yaabwe. Bagambe nti: Mazima okulungamya kwa Katonda kwe kulungamya (okutuufu) kwokka. N'olw'ekyo bw'on-ooba ogoberedde okwagala kwabwe oluvannyuma lw'okumanya okukutuuseeko, olwo on'oba tolina muyambi oba omutaasa eri Katonda.

وَلَنْ نَرْضَىٰ عَنْكَ الْيَهُودَ وَلَا  
النَّصَارَىٰ حَتَّىٰ تَتَّبِعَ مِلَّتَهُمْ قُلْ  
إِنَّ هُدَىٰ اللَّهِ هُوَ الْهُدَىٰ وَلَئِن  
اتَّبَعْتَ أَهْوَاءَهُمْ بَعْدَ الَّذِي  
جَاءَكَ مِنَ الْعِلْمِ مَا لَكَ مِنَ  
اللَّهِ مِنْ وَّالِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ ﴿١٢٠﴾

121. Abo be twawa Ekitabo, abakisoma mu mazima g'okukisoma, abo bakikiriza: N'abo abakiwakanya, be bo abafaafaaganiddwa.

الَّذِينَ اتَّيْنَهُمُ الْكِتَابَ يَتْلُونَهُ  
حَقًّا تِلَاوَتِهِ أَوْ لِيَاك يُوْمِنُونَ  
بِهِ وَمَنْ يَكْفُرْ بِهِ فَأُولَٰئِكَ  
هُمُ الْخٰسِرُونَ ﴿١٢١﴾

122. Abange abaana ba Israili! Mujjukire ekyengera kyange ekyo kye nabagabira, era mazima Nze nabasukkulumya ku balala bonna (mu kwetikka obubaka bwange).

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰتٰىنَا الْكِتٰبَ  
الَّذِيْنَ اٰتٰىنَاكَ اَنْتَ وَآلُكَ  
وَالَّذِيْنَ اٰتٰىنَاكَ اَنْتَ وَآلُكَ  
فَاَتَّبِعُوْنَا لَعَلَّكُمْ  
تَتَّقُوْنَ ﴿١٢٢﴾

nti: "Buulira ne Kuraane nga obuulirira oyo atya ebitiiso byange." N'ebitundu ebirala bingi ebifaanana nga ebyo, ebiraga nga omulimu gw'omubaka bwe guli ogw'okutuusa obubaka kyokka, sso n'atavunaanwa singa abantu bagaanye okugoberera ekibagambiddwa.

120. Katonda agamba Nabbi nga kitwaliramu n'abamukkiriza nti, Abayudaaya n'Abakristaayo tebasobola kumusiima ne bw'anaaba abakolede buli kyonna ekirungi, mpozzi nga ogoberedde eddiini yaabwe, n'olw'ekyo teyeetawaanya na kunoonya kumusiima wabula abaleke bulesi, anoonye okusiimbwa okuva eri Katonda. Kyokka agende mu maaso nga abayita okujja eri amazima ago agamutumiddwa okutuusa eri abantu boma. Era abagambe nti okulungamya kwa Katonda okwo kw'abaleetedde, nayo ye ddiini y'Obusiraamu, — bwe bulungamu bwokka, era ye ddiini entuufu enzijuva, eggatta enzikiriza ya Bannabi ba Katonda bonna.

121. Mu Bayudaaya ne mu Bakristaayo, mulimu abasoma ebitabo byabwe mu butuufu ne balaba amazima ne bagogoberera sso ne batagoberera kwagala kwabwe; abo be bakkiriza amazima g'Ekitabo Kuraane. Naye abo abagiwakanya ne bagoberera okwagala kwabwe, abo be b'okufaafaaganirwa, abafiirwa obukkiriza bwabwe.

122. Katonda ayongerera okujjukiza Abaana ba Israeli ebyengera bye yabawa ebitagambika: nga okubawonya omulabe waabwe Fir'auna, n'okutuma Bannabbi abasinga obungi nga bava mu bo, n'ebirala ebirungi bye bingi. Era yabasukkulumya ku bantu bonna, mu kiseera obwannabbi bwe bwali nga bukyava mu bo: n'olw'ekyo baali batekwa okukkiriza obwanabbi bwa Muhammadi.

123. Era mutye olunaku omwoyo lwe gutalimalira mwoyo mulala kintu kyonna, era ennunuzi lw'eterikkirizibwa okuva eri emwoyo, era okuwolereza lwe kutaligugasa; era tewali wa kutasibwa kuva walala wonna.

وَأَتَقُوا أَيَّامًا لَا تَعْبُرُونَ نَفْسًا  
عَنْ نَفْسٍ شَيْئًا وَلَا يَقْبَلُ مِنْهَا  
عَدْلًا وَلَا تَنْفَعُهَا شَفَاعَةٌ وَلَا  
هُمْ يُنصَرُونَ ﴿١٢٣﴾

124. Jjukira ekiseera Ibrahiimu bwe yagezesebwa Mukama we n'ebiragiro, (Ibrahiimu) n'abituukiriza (Katonda) n'amugamba nti: Mazima Nze nkufudde omukulembeze mu nsi (anaagobererwanga mu nzikiriza). (Ibrahiimu) n'agamba nti: Ne mu zzadde lyange teekamu abakulembeze! (Katonda) n'amugamba nti: Tebalifuna ndagaano yange (ya bukuulembeze) abakozi b'ebibi.

وَأَذِ ابْتَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ رَبُّهُ بِكَلِمَاتٍ  
فَاتَّمَّهُنَّ ۖ قَالَ إِنِّي جَاعِلُكَ  
لِلنَّاسِ إِمَامًا ۖ قَالَ وَمِنْ  
دُرِّيَّتِي ۖ قَالَ لَا يَنَالُ عَهْدِي  
الظَّالِمِينَ ﴿١٢٤﴾

125. Era jjukira ekiseera bwe twafuula Ennyumba (Kaaba) obuddukiro

وَأَدْجَعَلْنَا الْبَيْتَ مَثَابَةً لِّلنَّاسِ

bakakase — n'amazima g'obubaka bw'azze nabwo, olwo basobole okwesigalizaawo ekitiibwa kyabwe.

124. Mu kitundu kino Katonda yagamba Nabbi Muhammadi nga amutegeeza ekyafaayo kya Nabbi Ibrahiimu Jjajja w'abakkiriza nti: Jjukira Katonda bwe yawa Ibrahiimu ekitiibwa mu kiseera bwe yamulonda okuba omukulembeze w'abantu bonna — anaagobererwanga mu nzikiriza, oluvannyuma lw'okumugezesa n'ebiragiro bye yamulagira okutuukiriza n'ebyo bye yamuziyiza okukola; byonna n'abituukiriza okubikola nga bwe byamulagirwa. Katonda n'alyoka amugamba nti: "Mazima nkufudde omukulembeze anaagobererwanga."

Era nga Katonda bwe yamwogerako mu kitundu ekirala, nga amujilira nga bwe yatuukiriza ebyo ebyamulagirwa, n'agamba nti: "Ne Ibrahiimu oyo eyatuukiriza." Wano Ibrahiimu kwe kusaba Katonda era ateeke ne mu zzadde lye abakulembeze oluvannyuma lwe. Katonda yamuddamu n'amutegeeza nga bwe munaabeera mu zzadde lye aboonoonyi, abajeemu, era bo tebagenda kuba bakulembeze kubanga endagaano Ye ey'obukulembeze tefunibwa abo abalyazaamaanyi ku lw'okukola ebibi: nga okugatta Katonda n'ebintu ebirala, na buli kibi kyonna mu maaso ga Katonda.

Eky'obwonoonyi kiziyiza omuntu okuba omukulembeze mu ngeri yonna ka bube bukulembeze bwa kuba mubaka wa Katonda, oba bukulembeze bwa ddiini, oba bukulembeze bwa kusaza sswala. Omuntu bw'ataba mulongoofu aba yeggye yekka mu kifo ky'obukulembeze kubanga eddiini tetunuulira eri buzaale bwa muntu, wadde eggwanga lye oba ekitundu mw'asibuka, wabula etunuulira nzikiriza ye, na mirimu gye, na mpisa ze.

Wano kirabika nga Katonda yakkiriza okusaba kwa Nabbi Ibrahiimu bwe yaggya Bannabbi abasinga obungi mu zzadde lye — nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "ne tussa qbwannabbi mu zzadde lye n'ebitabo." Buli Nabbi yenna Katonda gwe yatuma oluvannyuma lwa Ibrahiimu yava mu zadde lya Ibrahiimu, okutuusa lwe yaggalawo obubaka bw'obwannabbi n'okutuma Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga ava mu lukolo lwa Nabbi Ismaili mutabani wa Ibrahiimu (Emirembe gibe ku bo).

125. Era bwe kityo bwe kiri ekyafaayo kya Ibrahiimu eky okuzimba Al-Kaabat (Ennyumba

bw'abantu era ekifo eky'eddembe; ne tugamba nti: Mufuule ekifo kya Ibrahiimu ekisaalirwamu (ekisabirwamu). Ne tulagira Ibrahiimu wamu ne Ismaili nti: Mutukuze Ennyumba yange (Kaaba) ku lw'abo abagyetooloola, n'abo abagituulamu n'abakutama okuvunnamiramu nga basaala.

وَأَمَّا وَإِذْ أَخَذْنَا مِنَ النَّبِيِّينَ مِيثَاقَهُمْ لَعَنَّاهُمْ أَنْ يَقُولُوا إِذْ سَأَلْتَهُمْ لَنْبُرَأِيَكُمْ إِنْ جَاءَنَا بِبُرْهَانٍ مِنَ رَبِّهِمْ قَالُوا إِنَّا بِمَا نُرَاءُ كَافِرُونَ ﴿١٥٠﴾

126. Era jjukira ekiseera Ibrahiimu bwe yagamba nga asaba nti: Ai Mukama wange! Fuula kino ekibuga Makka eky'emirembe ogabire Abantu bamu ebibala, abo mu bo abakkiriza Katonda n'Olunaku Lw'enkomerero. (Katonda) n'agamba nti: N'oyo eyagaana okukkiriza nngenda kumweyagaza ekiseera ekitono, oluvannyuma mmuulealewale okumutwala mu bibonyobonyo by'omuliro, — N'obuddiro obusinga obubi bwe bwo.

وَلَقَدْ قَالَ لَهُمْ رَبِّي أَعْجَلِ خَشْيَةَ اللَّهِ فَإِنْ أَتَىٰ بِبُرْهَانٍ مِنْ رَبِّهِمْ قَالُوا إِنَّا بِمَا نُرَاءُ كَافِرُونَ ﴿١٥١﴾

ey'emirembe) mu Makka nga bali wamu n'omwaana we Ismaili — eyo Ennyumba Katonda gye yafuula obuddukiro bw'ebitonde (Abantu), nga bagenda okumusinja, nga baddinggana gy'Eri awatali kukoowa, era n'agifuula ey'eddembe ekuuma buli yenna aba agenze gy'eri obutalumbibwa oba okutuusibwako akabi.

Katonda yalagira abantu bonna bafuule ekifo kya Ibrahiimu — awo awali ejjinja kwe yayimirira nga azimba Ennyumba Kaaba — bakifuule ekisaalirwamu. Katonda agamba nti: "Ne tulagira Ibrahiimu nga bali wamu ne Ismaili batukuze Ennyumba yange Al-Kaabat okugikuumu mu buli byonna ebitasaanira kitiibwa kyayo, nga bagitegekera abagijirira ku lw'okugyetooloola n'okutuulamu nga basaba Katonda; n'abo ababa baze okusaaliramu.

N'olw'ekyo Al-Kaabat Nnyumba ya mizizo era ssi nnyumba ya muntu yenna wabula ya Katonda, — yagiteerawo abantu lwa kumusinza. Tewali alina buyinza kuziyiza mukkiriza yenna ayagala okusaaliramu, oba oyo ajjiridde okugyetooloola. Ne Nabbi Ibrahiimu ne Ismaili si yaabwe, wabula Katonda yabateekawo kugiribirira n'okugiyonja obutagiyingizaamu bitasaana, nga ebifaananyi. Yabateekawo bagikumire abo abajja okugirambula nga bava mu buli bitundu bya nsi (Ba Hajji) ku lw'okusinza Katonda waabwe n'okumusaba; era omwo mwe babcera nga bali mirembe awatali kutya mulabe yenna kutuusa kamogo konna ku bulamu bwabwe oba ku mmaaliti yaabwe.

126. Wano Nabbi Ibrahiimu yasaba Katonda afuule ekibuga Makka, ekirimu Ennyumba ya Katonda Al-Kaabat, eky'emirembe ekitayibwamu musaayi oba okunyagirwamu ebintu by'abantu. Era n'amusaba agabire abatuuze baamu ebibala by'omu nsi n'ebirungi byamu: nga abigabira abakkiriza Katonda n'Olunaku Olw'enkomerero. Katonda yamuddamu n'amugamba nti: "N'abo abatakkiriza nja kubagabiranga mbeeyagaze mu bulamu buno obw'Ensi obw'ekiseera ekitono, oluvannyuma mbatuuse ku bibonerezo by'omuliro ku Lunaku Olw'enkomerero." olw'obujemu bwabwe n'okugaana okukkiriza Obw'omu bwa Katonda ne Bannabbi be vatuma.



127. Era jjukira ekiseera Ibrahiimu ng'ali ne Ismaila bwe baasitula ebisenge by'Ennyumba (Kaaba), (n'essaala eno): Mukama waffe! Kkiriza okuva gye tuli (omulimu gwaffe guno): Kubanga mazima ggwe Awulira byonna, era Amanyi byonna (ebigendererwa byaffe).

وَأَذِّنْ لَهُمْ أَهْلَهُمُ الْقَوَاعِدَ مِنَ  
الْبَيْتِ وَالْمِعْبَدِ لِرَبِّنَا لَقَبَلْ  
مِنَّا إِنَّكَ أَنْتَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿١٢٧﴾

128. Mukama waffe! Tufuule ffembi abakugoberera (Abasiraamu), ne mu zzade lyaffe (oteekemu) ekibiina ekikugoberera, era otulage (obutuufu) bw'okusinza kwaffe, okkirize okwenenya kwaffe; kubanga mazima Ggwe okkiriza okwenenya (kw'abadu bo), era Omusaasizi asinga bona.

رَبَّنَا وَاجْعَلْنَا مُسْلِمِينَ لَكَ  
وَمِنْ دُرِّيَّتِنَا أُمَّةً مُّسْلِمَةً لَّكَ  
وَإِنَّا مَنَا سَكْنَا وَنُوبُ عَلَيْنَا  
إِنَّكَ أَنْتَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿١٢٨﴾

129. Ai Mukama waffe! Tumira gye bali Omubaka nga ava mu bo, nga abasomera ebigambo Byo, abayigirize Ekitabo n'amateeka, era abatukuze, kubanga mazima Ggwe w'ekitiibwa, Omukakasa w'ebigambo.

رَبَّنَا وَابْعَثْ فِيهِمْ رَسُولًا  
مِّنْهُمْ يَتْلُو عَلَيْهِمْ آيَاتِكَ  
وَيُعَلِّمُهُمُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ  
وَيُرَكِّبُهُمْ طَائِفَاتٍ لِّكَ  
الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ﴿١٢٩﴾

130. Ani ayagala okuva ku ddiini ya Ibrahiimu mpozzi wabula oyo aba

وَمَنْ يَرْغَبْ عَنَّا فَلْيَعْبُدْ  
إِلَهَ رَبِّهِ

127. Era wano baasaba Katonda akkirize omulimu gwabwe babeere nga bagukoze ku lulwe, kubanga Ye awulira okusaba kwabwe, ate y'amanyi ekigendererwa kyabwe.

128. Era ne bamusaba abafuule abagoberera amateeka Ge, agaabalagirwa. Baamusaba mu zzade lyabwe atekemu ekibiina ekigoberera amateeka Ge: era abalunggamyere eri obutuufu mu kukola emirimu gy'okumusinza — okusinza okukwatagana n'Ennyumba eyo.

129. Wano Ibrahiimu ne Ismaili baayongerera okusaba Katonda atume omubaka nga amuggya mu zzade lyabwe bombi, nga omubaka oyo aweebwa Ekitabo ky'asomera abantu, era abeere nga abayigiriza amakulu g'ebigambo byakyo; abayigirize amateeka ga Katonda, abatukuze okubaggya mu mpisa embi — nga okusinza ebifaananyi n'okusaba ebyo cibali Katonda. "Mazima ggwe Katonda ow'ekitiibwa akakasa mu buli kyonna ky'okola, ne ky'oyogera." Katonda yayanukula okusaba kwabwe bombi, n'atuma Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ng'ava mu lukolo lwa Ismaili, omwana wa Ibrahiimu (emirembe gibe ku bo). N'amufula Nabbi ow'enkomerero, tewali Nabbi mulala alijja oluvannyuma lwe.

130. Katonda agamba nga adda mw'ebyo abatakkiriza bw'omu Bwe bye bagunjawo mu kumugatta n'ebintu ebirala mu Bwakatonda Bwe, ne bava ku ddiini ya Nabbi Ibrahiimu (emirembe gibe ku ye): Oyo Katonda gwe yayawula n'amufuula ow'omukwano, agobererwa mu nzikiriza, era



asiriwazza omwoyo gwe? Mazima Twamwawula mu nsi: Era mazima ye aliba mu balongoofu mu Bulamu Bw'enkomerero.

131. Jjukira ekiseera Mukama we bwe yamugamba nti: Ngoberera, (Ibrahiimu) n'agamba nti: Ngoberedde Katonda Omulezi w'ebitonde.
132. (Eddiini eyo) Ibrahiimu n'agiraamira batabani be, ne Yakubu bwe yakola (nga bagamba); — Baana bange mazima Katonda abaloneddedde eddiini; kale mazima temufanga wabula nga muli Basiraamu (abagoberezi b'amateeka ga Katonda).
133. Abaffe mwali weemuli mu kiseera okufa bwe kwatuuka ku Yakubu bwe

إِلَّا مَنْ سَفِهَ نَفْسَهُ وَلَقَدْ  
اصْطَفَيْنَاهُ فِي الدُّنْيَا وَرَأَيْنَاهُ  
فِي الآخِرَةِ لِمَنِ الصَّالِحِينَ ﴿١٣١﴾

إِذْ قَالَ لَهُ رَبُّهُ أَسْلِمَ قَالَ  
أَسَلَّمْتُ لِربِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٣٢﴾

وَوَصَّي بِهَا إِبْرَاهِيمَ بَيْنِي  
وَبَيْنَهُ إِذْ أَخَذَ مِنْهُ  
الْحَبْلَ وَإِنْ لَأَخِذُوا  
بِكُمْ أَلْسِنَتِكُمْ وَأَعْيُنُكُمْ  
إِلَّا وَأَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ﴿١٣٣﴾

أَمْ كُنْتُمْ شُهَدَاءَ إِذْ حَضَرَ

eyakkiriza Katonda n'amwawula obutamugatta na kintu kirala kyonna mu kumusinza, era n'ayawukana n'abo abasinza ebintu ebirala ebitali Katonda Omutonzi: — okuviira ddala mu buto bwe okutuusa lwe yasenguka abantu b'ekika kye ne kitaawe, olw'okulemera kwabwe ku kusinza ebifaananyi, ebyo bye baabajjanga mu mayinja n'emikono gyabwe.

Nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekirala nti, Ibrahiimu n'agamba nti: "Abange ab'ekibiina kyange! Mazima nze njawukanye nammwe mw'ebyo bye mugatta ku Katonda." Era nga bwe yagamba nti: "Jjukira ekiseera Ibrahiimu bwe yagamba kitaawe n'ekibiina kye nti: Mazima nze njawukanye kw'ebyo bye musinza, wabula nja kusinza oyo eyantonda, naye ajja kunnunganya."

Wano Katonda keyayava agamba nti: "Tewali ayagala kuva ku ddiini ya Ibrahiimu wabula oyo asiriwazza omwoyo gwe" n'agukotoggera ku lw'okwawukana ku mazima, n'akwata amakubo amakyamu, n'ayawukana ku kkubo lya Ibrahiimu omukulembeze w'abakkiriza — oyo Katonda gwe yayawula n'amulunganya okuva mu buto bwe."

N'eddiini ya Ibrahiimu y'eddiini y'Obusiraamu, eddiini yawula Katonda mu Bwakaatonda Bwe. Nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Ibrahiimu teyali Muyudaaya oba Mukristaayo, naye yali atukuza eddiini ku lwa Katonda. Yali Musiraamu (eyeewaayo okugoberera amateeka ga Katonda), era teyali wa mu bagatta Katonda na bintu birala. Olw'ekyo Katonda yawawula mu nsi n'amufuula alibalibwa mu balongoofu abalysesima mu bulamu obutagwaawo.

132. Obusiraamu — Y'eyo eddiini entuufu, eddiini ya Jjajja wa Bannabbi, era omukulembeze w'abakkiriza. — Ibrahiimu gye yalaamira batabani be obutagivaako. Era y'eddiini Nabbi Muhammad gye yajja nayo nga akoowoola abantu bonna bagiyingire olw'okwanukula omulanga gwa Nabbi Ibrahiimu, era kye kyali ekiraamo kya Nabbi Yakubu, kye yaddingana mu kiseera ky'okufa kwe — nga akiraamira abaana bwe yali assa olussa lwe olw'enkomerero mu kiseera ky'okufa.

133. Abayudaaya baalinga bagamba nti bali ku ddiini Yakubu gye yafiirako. Katonda kwe kubabuza nti: "Mwaliwo mu kiseera Yakubu bwe yali nga atusizza okufa, awo bwe yakunnganya abaana be ababuze kye balisiza oluvannyuma lwe? Baamukakasa nga bwe balisiza Katonda we,

yabagamba batamani be nti: Kiki kye mulisinzira oluvannyuma lwange? Ne bamugamba nti: Tugenda kusinza Katonda wo, era Katonda wa bakadde bo, Ibrahiimu, Ismaili ne Ishaka, Katonda ali Omu mu Bwakatonda bwe; era naffe twewaddeyo okumukiriza n'okumugondera.

يَعْقُوبَ الْمَوْتِ إِذْ قَالَ  
لِيُنِّيءَ مَا تَعْبُدُونَ مِنْ  
بَعْدِي فَقَالُوا تَعْبُدُ إِلَهَكَ  
وَاللَّهُ أَبَاكَ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ  
وَإِسْحَاقَ إِلَهًا وَاحِدًا وَنَحْنُ  
لَهُ مُسْلِمُونَ ﴿١٣٣﴾

134. Ekyo Ekibiina mazima kyayita. Kirikungula mw'ebyo bye kyakola, nammwe mw'ebyo bye mukoze! Temugenda kubuuzibwa kw'ebyo bye baalinga bakola!

تِلْكَ أُمَّةٌ قَدْ خَلَتْ لَهَا  
مَا كَسَبَتْ وَلَكُمْ مِمَّا  
كَسَبْتُمْ وَلَا تَسْأَلُونَ عَمَّا  
كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٤﴾

135. Era (Abayudaaya) ne bagamba nti: Mufuuke Bayudaaya (n'Abakristaayo ne bagamba mufuuke) oba Bakristaayo lwe munaalungama. Baga-

وَقَالُوا لَوْ كُنَّا هُودًا أَوْ نَصَارَى  
تَهْتَدُوا وَآ قُلْ بَلْ مِلَّةَ إِبْرَاهِيمَ

era Katonda wa bazadde be — Ibrahiimu, Ismaili ne Ishaaka Oyo Katonda Omu mu Bwakatonda Bwe; Nabbi Yakubu tcyalina kitawaanya birowoozo bye mu kiseera ky'okufa kwe, wabula kumanya nzikiriza ki abaana be gye banaabeerako oluvannyuma lw'okufa kwe, era nga kye kikulu mu by'obusika bw'abalekedde. N'abaana baatereza ebirowoozo bya kitaabwe bwe baamuddamu nti: "Tujja kusinza Katonda wo era Katonda wa bakadde bo — Ibrahiimu, Ismaili ne Ishaaka — Katonda Omu. Naffe twewaddeyo okumugondera." Obwo bwe bujulizi Katonda bw'akakasizza nga eyo ye yali eddiini ya Yakubu n'abaana be, era kye kiraamo kya Nabbi Ibrahiimu kye yalaamira abaana be — kye baateekwa okukuuma abaana ba Yakubu. N'olw'ekyo Yakubu taberangako Muyudaaya wadde Omukristaayo wabula yali ku ddiini ekkiriza Obw'omu bwa Katonda, n'okwe-waayo kw'omuntu. mu bikolwa bye n'enneeyisa ye, eri Katonda — nayo y'eddiini y'Obusiraamu.

134. Ekibiina ky'abo Ibrahiimu ne Ismaili ne Ishaaka wamu ne Yakubu ne bazzukulu baabwe, kyayita ne kiggwaawo; oba balina ebirungi bye baakola, ebyo tebiyinzira kubagasa singa abo abaliwo kati (Abayudaaya n'Abakristaayo ku mulembe gwa Muhammadi) tebakoze birungi, newankubadde nga baava mu lukolo lwabwe — kubanga bo balina okusasulwa emirimu gyabwe gye baakola, na bano halina kusasulwa gyabwe gye bakoze. Era bano tebagenda kubuuzibwa kw'ebyo bajajjaa-bwe abo bye baakola, nga nabo bwe batalibuuzibwa bya bano.

Ekibiina ekiri EKIMU mu maaso ga Katonda, ky'ekyo ekiri ku nzikiriza emu n'eddiini emu: newankubadde abantu baawukana mu bazaale ne mu mawanga. N'olw'ekyo abantu tebayinza kutalibwa mu maaso ga Katonda, nti bali ekibiina kimu, singa enzikiriza zaabwe njawufu ne bwe baba ab'ekika ekimu.

135. Abayudaaya baagamba Nabbi n'abagoberezi be nti babeere ku ddiini y'Ekiyudaaya.

mbe (Ggwe Muhammadi) nti: Nedda, tuli ku ddiini ya Ibrahiimu, eddiini entukuvu, teyali (Ibrahiimu) wamu na bagatta Katonda n'ebintu ebirala.

136. (Mmwe Abasiraamu) mugambe nti: Tukkiriza Katonda Omutonzi n'ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebiyassibwa ku Ibrahiimu, Ismaili, Ishaaka, Yakubu ne Bannabbi abaava mu zzadde lya Yakubu, n'ebyo ebyaweebwa Musa ne Isa, n'ebyo ebyaweebwa Bannabbi bonna nga biva eri Mukama waabwe. Tetwawula wakati w'omu mu bo, (ne tuba nga tukkirizaako abamu ne tuwakanya abalala), ffe tuli abagondera ebiragiyo bya Katonda (mu Busiraamu).

137. Bwe baba nga bakkirizza okufaana na nga bwe mukkiriza mu mazima, banaaba balungamye. Naye bwe baba nga bavudde ku nzikiriza eyo, mazima bo bali mu kwawukana olw'okuwalaaza empaka. Naye Katonda ajja kukumalira (okukutaasa) eri bo, Ate nga Ye Awulira era Amanyi byonna.

138. (Eddiini yaffe) ddiini ya Katonda (gye yannyikamu abaddu be). Ani

حَدِيثًا وَمَا كَانَ مِنَ  
الْمُشْرِكِينَ ﴿١٣٦﴾

قَوْلُوا آمَنَّا بِاللَّهِ وَمَا أُنزِلَ إِلَيْنَا  
وَمَا أُنزِلَ إِلَىٰ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ  
وَيَحْيَىٰ وَيَعْقُوبَ وَالْإِسْبَاطَ وَمَا  
أَوْتِيَ مُوسَىٰ وَعِيسَىٰ وَمَا أُوتِيَ  
النَّبِيُّونَ مِنْ رَبِّهِمْ لَا نُفَرِّقُ  
بَيْنَ أَحَدٍ مِنْهُمْ وَنَحْنُ لَهُ  
مُسْلِمُونَ ﴿١٣٧﴾

فَإِنْ آمَنُوا بِمِثْلِ مَا آمَنْتُمْ  
بِهِ فَقَدْ اهْتَدَوْا وَحَدَّ الْأَرْوَاحُ  
تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا هُمْ فِي شِقَاقٍ  
فَسِيَّكُمْ فِيهِمْ اللَّهُ وَهُوَ  
السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿١٣٨﴾

صِبْغَةَ اللَّهِ وَمَنْ أَحْسَنُ

N'abakristaayo ne bamugamba nti ye n'abagoberezi be babeere ku ddiini y'Ekikristaayo. Katonda n'abagatta wamu n'agamba Nabbi we nti: "Bagambe nti wabula tudde ffenna nammwe ku ddiini ya Ibrahiimu eddiini entukuvu, teyali Ibrahiimu nga agatta Katonda n'ebintu ebirala.

136. Katonda yalagirira abakkiriza enzikiriza entuufu nayo kwe kukkiriza amazima g'ebitabo byonna ebyassibwa ku Bannabbi abo be yatuma, awatali kwawulayawulamu ne bakkirizaako abamu ate ne bawakanya abalala; nga Abayudaaya n'Abakristaayo bwe baakola: bwe bakkirizaako Ebitabo ebimu ne bawakanya Ebitabo ebirala sso nga byonna bubaka obwava eri Katonda. Katonda n'alagira Abasiraamu bakkirize Kuraane cyassibwa ku Nabbi Muhammadi era bakoze amateeka gaayo, era bakkirize obubaka bwonna Katonda bwe yassa ku Bannabbi bonna abaakulemba nga bwe bwali abatuufu awatali kubaawulayawulamu kubanga Bannabbi bonna baali ekintu kimu, tewali Nabbi yalimbisa Nabbi munne kubanga enzikiriza eri EMU — okukkiriza Katonda n'ababaka Be newankubadde nga buli Nabbi yalina amateeka agasaanira omulembe gwe agatafaanana na mateeka ga Nabbi mulala. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti "Mukkirize Tauraati

asinza Katonda eddiini ennungi? Era  
Ye Yekka gwe tusinza.

مِنَ اللَّهِ صِبْغَةً زَوَّجْنَا  
لَهُ عِيْدُونَ ﴿١٣٨﴾

139. Bagambe (Bannannyini Kitabo) nti:  
Mutukaayanya mu kwawula Kato-  
nda, nga ate Ye ye Mukama waffe era  
ye Mukama wammwe? Tulina obu-  
vunaanyizibwa ku mirimu gyaffe  
nammwe ku gyammwe. Ffe era tu-  
tukuzi emirimu gyaffe ku lulwe  
(Yekka)!

قُلْ أَتُحَاجُّنَا فِي اللَّهِ وَهُوَ رَبُّنَا  
وَرَبُّكُمْ ۖ وَلَنَا أَعْمَالُنَا  
وَلَكُمْ أَعْمَالُكُمْ ۖ وَتَحْنُ لَهُ  
مُخْلِصُونَ ﴿١٣٩﴾

140. Abaffe, oba mugamba nti mazima  
Ibrahiimu ne Ismaila ne Ishaaka ne

أَمْ يَقُولُونَ إِنَّ رَبَّهُمْ وَإِسْمَاعِيلَ

n'Enjiri, (Yo) Kuraane ebamale okuba nga gye mukozesa."

138. Katonda yatuuma eddiini y'Obusiraamu *Okunnyika Mu Langi* kubanga Obusiraamu bweyoleka ku Musiraamu olw'emirimu gye — nga erangi bwe yeeyoleka ku lugoye lw'ennyikiddwamu. Olw'ekyo eddiini kyeva eyitibwa "okunnyika mu langi". Ne Katonda y'asanga okuba ne langi ennungi gy'annyikamu abamukkiriza, ne bamwawula mu Bwakatonda Bwe; era ne bamusinza awatali kumugattako kintu kirala. N'eddiini ya Katonda bwe Busiraamu.

Abdallah mutabani wa Abbaasi yagamba nti: "Abakristaayo bwe baazaalanga omwana n'aweza ennaku omusanvu nga bamunnyika mu mazzi, kye bayita okumubatiza (okubatiza). Nga olwo kye babala nti bamutukuzizza afuuse Omukristaayo omutuufu mu kifo ky'okumukomola, kubanga n'okukomola kuba kutukuzi.

Katonda kwe kubaddamu wano nti: "Okunnyika kwa Katonda kwe kusinga", — nayo y'eddiini y'Obusiraamu, eyo eddiini ekwatagana n'eya Nabbi Ibrahiimu (Emirembe gibe ku ye). Kubanga Ibrahiimu yakomola ekikuta ky'omubiri gwe, ne kabeera nga kabonero kakulu mu bubonero bw'eddiini, akatayinza kuva ku mukkiriza. N'olw'ekyo okwennyika mu mazzi tekuyinza kudda mu kifo kya kukomola.

Obusiraamu bukakasa ku muntu okunaaba n'okukomola, singa ayagadde okubuyingira. Bw'atyo Nabbi yalagira omusajja Thumaamat bwe yali ayagala okuyingira mu ddiini y'Obusiraamu okugenda okunaaba, bwe yamala n'asaala eraaka bbiri olwo Nabbi (s.a.w.), n'agamba nti: "Kulongoose okusiramuka kwa munnammwe." Era bwe kityo Nabbi (s.a.w.) yagamba ku kukomola (okutayirira) nti: Okukomola tteeka lya dda, n'eyasooka okutayirira yali Nabbi Ibrahiimu: yeekomoza mbazzi nga aweza emyaka egy'obukulu kinaana."

139. "Tewali nsonga lwaki mutukaayanya olw'okukkiriza kwaffe Obw'omu bwa Katonda, kubanga Ye ye Katonda waffe, era ye Katonda wammwe. Ffe tugenda kubalibwa ku lwaffe emirimu gyaffe, nammwe mulina ekibi ky'ebikolwa byammwe. Naffe tukola ku lulwe nga tusuubira empeera gy'Ali, nga tumusinza awatali kumugattako kintu kirala. Eyo y'enzikiriza y'eddiini y'Obusiraamu, n'olw'ekyo tekyetaagisa kuleetawo nkaayana na nnyombo."

140. Abayudaaya baagambanga nti Nabbi Ibrahiimu ne Bannabbi abalala abaava mu zzadde lye, baalinga Bayudaaya; n'Abakristaayo ne bagamba nti Ibrahiimu ne Bannabbi abaava mu lulyo lye baali Bakristaayo. Katonda kwe kulagira Nabbi Muhammadi abagambe nti: "Mmwe mumanyi abo eddiini gye baaliko oba Katonda y'amanyi?" Era okusinziira ku lye bye musoma mu bitabo byammwe mumanyi nga Ismaili ne Ishaaka ne Yakubu n'ezzadde lye baali Bayudaaya oba Bakristaayo (tebaali ku emu ku ezo zombiriri), wabula baali ku ddiini entukuvu etegatta Katonda na kintu kirala, era obujulizi obwo mubulina mu Bitabo byammwe n'era bwe mulinamu obwo obukakasa nga Katonda bw'alituma omubaka ow'enkomerero, nga ali ku ddiini ya Ibrahiimu,

Yakuubu ne Bannabbi abaava mu zzadde lya Yakuubu nti baali Bayudaaya oba baali Bakristaayo? Bagambe nti: Mmwe musinga Katonda okumanya? Ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo akweka obujulizi bw'alina obwava eri Katonda? Katonda tasudde muguluka ebyo bye mukola.

141. Ekyo ekibiina ky'abo mazima kyayita, balina empeera y'ebyo bye baakola nammwe mulina empeera y'ebyo bye mukoze. Era temugenda kubuuzibwa ku ebyo bye baalinga bakola.

142. Abamu mu bantu abalina okutegeera okunafu baja kugamba nti: Kiki ekyabakyusa okuva ku bwolekero (Kibula) bwabwe obwo bwe baaliko?

وَأَسْحَبُ وَيَعْقُوبُ وَالْأَسْبَاطُ  
كَانُوا هُودًا أَوْ نَصَارَى قُلْ إِنْ كُنْتُمْ  
أَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ عِنْدَهُ مِنْ  
كُلِّ شَيْءٍ عَدَدَةٌ مِمَّنْ آتَى اللَّهَ  
وَمَا لِلَّهِ بِغَافِلِينَ عَمَّا يَعْمَلُونَ ﴿١٤١﴾

تِلْكَ أُمَّةٌ قَدْ خَلَتْ لَهَا مَا  
كَسَبَتْ وَلَكُمْ مَا كَسَبْتُمْ وَلَا  
تَسْأَلُونَ عَمَّا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٤٢﴾

سَيَقُولُ السُّفَهَاءُ مِنَ النَّاسِ  
مَا وَلَهُمْ عَن قِبَلَتِهِمُ الَّذِي كَانُوا

eddiini entukuvu: eragira okusiza Katonda awatali kumugattako kintu kirala. Era nammwe mumanyi nti Ibrahimu ne Bannabbi abalala baaliwo nga eddiini y'Ekiyudaaya n'Ekikristaayo tezinnabaawo. Olwo kisoboka kitya Bannabbi abo okuba kw'emu ku ddiini ezo zombi?" Wano Katonda kwe kubategeeza nti: "Tewali mulyazaamaanyi asinga oyo alyazaamaanya amazima n'agakweka nga agenderera okugabuza n'okugabikkako, nga awalaaza empaka."

141. Yamaliriza nga ategeeza nga ekibiina kya bannabbi abo bwe kyayita ne kiggwaawo. Katonda agenda kubasasula empeera z'emirimu gyabwe, nabo balina empeera z'emirimu gyabwe, tebagenda kubuuzibwa kw'ebyo bannabbi bye baakola. Era tekigenda kubagasa okubeera nti babalibwa mu lukolo lwabwe, singa baba nga tebagoberedde nzikiriza yaabwe: ey'okugondera ebiragiro bya Katonda n'okugoberera ababaka abo Katonda be yatuma okubuulirira abantu, n'okubalungama ku bukkiriza awatali kuwakanyaako n'omu kubanga okuwakanya omu mu bo obanga awakanyizza bonna. N'olwekyo kikakafu ku bantu bonna abali ku mulembe guno okukkiriza obubaka bwa Nabbi Muhammad (s.a.w.) awamu n'okumugoberera kubanga Katonda gwe yasiima okuba ow'enkomerero mu Bannabbi; teri Nabbi alijja oluvannyuma lwe (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye ne ku Bannabbi bonna).

142. Ekitundu kino kinnyonnyola okulangirira nga obwolekero bw'Abasiraamu bwe bwakuyisibwa okuggyibwa e Jerusaalimu ne buuzibwa eri Omuzikiti ogw'emizizo oguli e Makka, mu kiseera ky'okusaala.

Era Katonda yategeeza ebinaabawo oluvannyuma lw'okulangirira etteeka eryo, n'ebigambo ebinaayogerwa nga biva mw'abo abalina okutegeera okutono — nabo be Bayudaaya kubanga bo baaloozoza nti Katonda Ali mu kifo kimu, kale okukuyisibwa kw'ekibula ku bo kwali nga okuva ku kusinza Katonda. Swahaaba ayitibwa Al-Baraa mutabani wa A'azibi yagamba nti: Nabbi (s.a.w.) bwe yali kyajje atuuke e Madiina, yasaalanga nga ayolekedde Jerusaalimu okumala emyezi kkumi na mukaaga oba kkumi na musanvu; kyokka nga kimusaalizza nnyo singa obwolekero bwe bubadde ku ludda oluliko Ennyumba Ey'emizizo (al-Kaabat). N'Abayudaaya kyali kibasanyusa okulaba nga

Bagambe nti: E Buvanjuba n'e Bugwanjuba (wonna) wa Katonda. Alunngamya oyo gw'ayagadde okumulaza eri ekkubo eggolokofu.

143. Era bwe kityo twabafuula mmwe ekibiina eky'omu makkati, mubeere abawa obujulizi ku bantu, era omubaka abeere abawaako obujulizi. Te-twateekawo obwolekero obwo (Kibula) bwe mwaliko (oluberyeberye) wabula tulyoke tumanye oyo anaagoberera omubaka, nga yawukana

عَلَيْهَا قُلُوبُ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ  
يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ إِلَى صَوَابٍ مُسْتَقِيمٍ  
وَكَذَلِكَ جَعَلْنَاكُمْ أُمَّةً وَسَطًا  
لِتَكُونُوا شُهَدَاءَ عَلَى النَّاسِ  
وَيَكُونَ الرَّسُولُ عَلَيْكُمْ شَهِيدًا  
وَمَا جَعَلْنَا الْقِبْلَةَ الَّتِي كُنْتَ

Nabbi (s.a.w.) asaala ayolekedde e Jerusaalimu.

Obwolekero bwe bwakuyusibwa n'alagirwa ayolekeze ekyenyi kye eri Ennyumba ey'Emizizo (Al-Kaabat), Abayudaaya ekyo tebakisiima, ne bagamba nti: "Kiki nate ekibaggye ku bwolekero bwabwe obwo bwe baaliko?" Katonda n'agamba Nabbi (s.a.w.) nti: "Singa bagamba bwe batyo, bagambe nti: Obuvanjuba n'Obugwanjuba byonna bya Katonda — amakulu nti empuyi z'ensi zonna, n'ensi yonna ya Katonda. Buli wonna omuntu w'aba ayolekedde ku lw'ekiragiro kya Katonda, obwo bwe bwolekero bwa Katonda bw'aba asiimye. "Ne Katonda alunngamya oyo gw'aba ayagadde n'amulaga ekkubo eggolokofu." Ne Katonda okusiima Ennyumba Ey'emizizo (Al-Kaabat), okubeera obwolekero bwe mu kiseera ky'okusaba (okusaala), kwali kubalunngamya na kubalaga kkubo ettuuifu lye bateekwa okutambuliramu.

Mu kulaba, tekiyuzika kuobuuzi nga Abasiraamu tebalina bwolekero bwawufu, gye boolekera nga basaba obubaawula ku bantu b'eddiini endala. N'olwekyo Abasiraamu kyebaava bagaanibwa okwefaananyiriza n'ab'eddiini endala: nga mu kwambala ebyambalo ebyeyawudde, oba okwefaananyiriza mu ngeri endala yonna. Ekyo tekitegeeza nti eddiini y'Obusiraamu esosola, wabula buli kibiiina oba eddiini eteekwa kubecra nga erina obubonero obugyawula nga bulaga endowooza y'omuntu n'enzikiriza ye.

Olwekyo Nabbi (s.a.w.) kyeeyava agamba nti: "Temunsukulumyanga nga Abakristaayo bwe baasukulumya Isa mutabani wa Mariyamu, mazima nze ndi muddu wa Katonda. Mugabanga (nga munjogerako) nti omuddu wa Katonda era Omubaka we." Lumu Nabbi yatuuuka awali ekibiina ky'abantu bonna ne bayimirira, n'abagamba nti: "Temuyimiriranga (nga mundabye) nga ab'amawanga amalala bwe bayimirira ku lw'okugulumiza bannaabwe." Singa empisa oba enngombo, oba ennyambala erina eddiini oba ekika ekigikozesa, Obusiraamu bugaana empisa eyo. Okusinzira kw'ebyo Abasiraamu bateekwa okuba n'empisa yaabwe ebaawula nga bwe balina enzikiriza enjwufu, nga ebyo byonna babiggye ku kuyigiriza kwa Katonda n'okulunngamya kwa Nabbi Muham-madi (s.a.w.); tebalina kweyagalira kwonna oluvannyuma lw'ekiragiro kya Katonda.

Kale Katonda kyeeyava abaaawulira oludda gye banaayolekeranga nga basaba (basaala). Nayo y'Ennyumba ya Katonda Ey'emizizo, era obwolekero bwa Nabbi Ibrahimu Ennyumba Katonda gye yasiima okuba obuddo bw'abantu mu kumusinza n'okumusaba. Katonda yagamba mu kitundu ekirala nti: "Buli omu alina oludda ye gy'ayolekera (nga asaba). Muvuganyenga mu kutuuuka eri ebirungi: wonna we mulibeera. Katonda agenda kubaleeta mwenna, abakunngaanye wamu ababale. Mazima Katonda Muyinza ku buli kitundu.

143. Katonda yategeeza mu kitundu kino nga ekibiina kya Nabbi Muham-madi (s.a.w.) bwe yakifuula ekyenkanya, era ekyawule ku lw'okulunngamya abantu baakyo eri eddiini entuufu, n'ebikolwa ebirungi; era ne kibeeera ekibiina ekikakasa amazima ga bannabi bonna n'obutuufu bw'amateeka gaabwe ge baaleetanga okuva eri Katonda. Era yabatuma bawe ku bantu obujulizi, nga bwe baatuusa eri abantu obubaka Katonda bwe yabalagira, okusinzira mw'ebyo bye basoma

kw'oyo anaakyukira ku kisinziro kye; newankubadde kyali (kigezo) kinene wabula (ssi) kw'abo Katonda be yalungamya. Era Katonda tabanga wa kwonoona bukkiriza bwamwwe: (Kubanga) mazima Katonda Mukwatampola ku bantu, Omusaasizi.

عَلَيْهَا إِلَّا لِنَعْلَمَ مَنْ يَتَّبِعُ  
الرَّسُولَ وَمَنْ يَنْقَلِبْ عَلَى  
عَقْبَيْهِ ط وَإِنْ كَانَتْ لَكَبِيرَةً  
إِلَّا عَلَى الَّذِينَ هَدَى اللَّهُ ط  
وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيُضَيِّعَ إِيْمَانَكُمْ ط  
إِنَّ اللَّهَ بِالنَّاسِ لَكَرِيمٌ ﴿١٤٤﴾

144. Mazima tulaba okukyuka kw'amaso go (Ggwe Muhammadi nga otunula) ku ggulu (olyoke olunngamizibwe). Mazima tujja kukwolekeza (mu kusaala eri) obwolekeri bw'osiima. Kale yolekezanga ekyenyi kyo (nga osaala) ku ludda lw'Omuzikiti Ogw'emizizo (Kaaba), na buli wonna we mubanga muli (Mmw Abasiraamu), mwolekezenga ebyenyi byamwwe ku ludda lwagwo (nga musaala). Mazima abo abaaawebwa Ekita-

قَدْ نَرَى تَقَلُّبَ وَجْهِكَ فِي  
السَّمَاءِ فَتَوَلَّيْنَاكَ قِبْلَةً  
تَرْضَاهَا قَوْلٌ وَجْهِكَ شَطْرَ  
الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَحَيْثُ مَا كُنْتُمْ  
فَوَلُّوْا وُجُوْهَكُمْ شَطْرَهُ ط وَإِنَّ  
الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ لَيَعْلَمُونَ

mu kitabo Ekitukuvu Kuraane. Ate Omubaka Muhammadi (s.a.w.) ye yatumwa abeere awa obujulizi ku b'ekibiina kye, nga bwe yabatusaako obubaka obwamutumwa okuva eri Katonda. Katonda yannyonyola ensonga eyateesaawo obwolekeri obwasooka — obw'okwolekeri e Jerusaalimu, oluvannyuma ekyakyusibwa okuzibwa e Makka, eri Omuzikiti Ogw'emizizo (Al-Kaaba). N'agamba nti: "Ensonga eyatuteesaawo obwolekeri obwasooka ate oluvannyuma etteeka eryo ne tuliggyawo — twakikola lwa kugezesa abakkiriza, alyoke amanyireko oyo anaagobereri Omubaka mu buli kyonna ky'anaaba amulagide awatali kusikattira; ayawukane kw'oyo anaakyuka n'ava ku kugobereri olw'ensonga y'obwolekeri okukyusibwa." Newankubadde nga eky'okulagira okwolekeri eri Omuzikiti Ogw'emizizo (Kaaba) ku ludda lw'e Makka kyali kinene era ekizito mu mitima gy'abantu abamu, okuggyako abo abakkiriza Katonda be yalungamya ne bakakasa amazima ga buli kigambo omubaka We ky'aba ayogedde okuva eri Ye, era nga bw'ali ow'eddembe okuwaliriza abaddu Be okugobereri ebiragiro Bye, era alina okuggyawo etteeka mu kifo kyalyo n'ateekawo eddala.

Era Katonda yali tasobola kwonoona nzikiriza ya baddu Be abamukkiriza, n'okusinza kwabwe, ebbanga lye baamala nga boolekeri mu kusaala e Jerusaalimu — wa kulisasula kubanga baayolekerayo ku lwa kiragiro ekyava eri Ye; ate nga Ye muyitirivu mu kulumirwa abaddu Be n'okubasaasira. N'olw'ekyo abasasula empeera eza buli mulimu gwe bakola ku lw'okugondera ebiragiro Bye.

144. Omubaka wa Katonda (s.a.w.) bwe yasenguka okuva e Makka n'alaga e Madiina, Katonda yamulagira okwolekeri e Jerusaalemu nga asaala. Ekyo Nabbi n'akikola okumala ebbanga lya myezi kkumi na mukaaga oba na musanvu. Kyokka yalinga ayitiriza nnyo okutunula ku ggulu, nga bw'asaba Katonda singa obwolekeri bukyusibwa ne buzzibwa e Makka ku Nnyumba Ey'emizizo.



bo (Abayudaaya n'Abakristaayo) bamanyi nti go ge mazima agavudde eri Mukama waabwe. Ne Katonda ssi mugayaavu kw'ebyo bye bakola.

أَنَّهُ الْحَقُّ مِنْ رَبِّهِمْ وَمَا اللَّهُ  
بِغَافِلٍ عَمَّا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٧﴾

145. Ne bw'onooba nga oleetedde abo abaawebwa Ekitabo (Abayudaaya) buli bujulizi bwonna, tebandigobere-dde bwolekero bwo (Kibla) era toli ggwe wa kugoberera bwolekero bwa-bwe; era abamu mu bo ssi ba kugoberera bwolekero bwa balala (Abayudaaya balina gye boolekera n'Abakristaayo balina gye boolekera). Kale bw'onooba nga ogoberedde okwagala kwabwe oluvannyuma lw'ebyo ebikujjidde mu kumanya, mazima olwo ggwe ojja kubalibwa mu balyazaamaanyi (abajeemu).

وَلَكِنَّ آتَيْتَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ  
بِحُكْمٍ آيَةٍ مَا تَتَّبِعُوا قِبَلَتَكَ وَمَا  
أَنْتَ بِتَائِعٍ قِبَلَتِهِمْ وَمَا بَعْضُهُمْ  
بِتَائِعٍ قِبَلَةَ بَعْضٍ وَلَكِنَّ اتَّبَعْتَ  
أَهْوَاءَهُمْ مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَكَ  
مِنَ الْعِلْمِ إِنَّكَ إِذًا لَكِن  
الظَّالِمِينَ ﴿١٣٨﴾

146. Abo be twawa Ekitabo bamumanyi (Nabbi Muhammadi n'obwannabbi bwe) nga bwe bamanyi abaana baabwe. Era mazima ekibiina mu bo ba-

الَّذِينَ آتَيْنَاهُمُ الْكِتَابَ يَعْرِفُونَهُ  
كَمَا يَعْرِفُونَ أَبْنَاءَهُمْ وَإِنَّ

(Al-Kaabat); — bwolekero bwa Ibrahiimu, Nabbi wa Katonda era omwagalwa We. Katonda kwe kwanukula okusaba kwe n'amugamba nti: "Mazima tulaba okukyukakyuka kw'amaaso go nga otunula ku ggulu. (Kale) Tujja kukwolekeza mu bwolekero bw'oyagala."

Katonda n'amulagira awamu n'abagoberezi be boolekerenga nga basaala ku ludda oluliko Omuzikiti Ogw'emizizo (Kaaba), buli wonna we babeeranga basaalidde. Era Katonda n'amutegeza nga abo Abayudaaya, abalina Ekitabo Tauraati, bwe bamanyi nga ekyo bwe kiri eky'amazima era ekituufu, ku lw'ebyo ebyawandiikwa mu bitabo byabwe, ebiraga nga bwolekero bwa Nabbi ow'enkomerero bwe buliba ku Kaaba (Omuzikiti Ogw'emizizo). Wabula bo ekyo baakikweka bukweni olw'ensaalwa n'okuwalaaza empaka ebyali bibajjudde emitima.

145. Mu kitundu kino Katonda annyonyola Nabbi Muhammadi (s.a.w.), era Omubaka We ow'enkomerero, ng'abo abaawebwa Ekitabo (Tauraati n'Enjiri), bwe bali mu kuwalaaza empaka ku mazima ge bamanyi okuva mu bitabo ebyo, mw'ebyo ebikwata ku Nabbi. N'olw'ekyo tebasobola kumatira na bujulizi bwonna bw'aba abaleetedde ye Muhammadi, kubanga ekibagaana okukkiriza ssi kuba nti balina okumanya kutono, oba nti tebasobola kutegeera mangu, naye lwa kubeera nga ssi bamalirivu kugoberera amazima gonna wadde ge bamanyi. Era ssi bectegefu okuleka okugoberera okwagala kwabwe n'okunoonya ebitiibwa by'ensi, kale olw'ekyo ssi ba kugoberera bwolekero bwa Mutume ne bw'abaleetera obujulizi obwenkana wa, kubanga bo bagerera kwagala kwabwe.

Wano Katonda kwe kubeekesa abakkiriza akabi akali mu kugoberera okwagala kwabwe oluvannyuma lw'amazima okubatuukako — n'agamba nti: "Singa mazima on'ogoberera okwagala kwabwe, oluvannyuma lw'okumanya okukutuukako, mazima Gwe ojja kuba wa mu balyazaamaanyi", abo abassa ebintu mu bitali bifo byabyo.

146. Abamanyi mu Bayudaaya n'Abakristaayo bamanyi obutuufu bw'obubaka bwa Nabbi Muhammadi n'amazima ge, nga omu mu bo bw'amanya omwana we. Omaru yabuza Abdallah



kweka amazima (gonna) nga nabo bamanyi.

فَرِيقًا مِّنْهُمْ لِيَكْتُمُونَ الْحَقَّ  
وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿١٣٦﴾

147. Amazima ge go agavudde eri Mukama wo (Ggwe Muhammadi), kale tobeera wa mw'abo ababusabuusa.

الْحَقِّ مِنْ رَبِّكَ فَلَا تَكُونَنَّ  
مِنَ الْمُنْتَرِينَ ﴿١٣٧﴾

148. Buli omu alina obwolekero ye gy'ayolekera (nga asaba); kale mwanguwe nga mugenda eri ebirungi. Wonna we muba muli Katonda agenda kubaleeta mwenna (abakunngaanye ku lunaku lw'okubalibwa). Mazima Katonda Muyinza ku buli kintu (ky'ayagadde).

وَلِكُلِّ وُجْهَةٍ هُوَ مَوْرِبٌ إِلَيْهَا  
فَاسْتَبِقُوا الْحِزْبَ طَائِفِينَ مَا  
تَكُونُوا آيَاتٍ بِكُمْ اللَّهُ جَمِيعًا  
إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٣٨﴾

149. Buli wonna w'obanga ogenze (Ggwe Muhammadi, mu kiseera ky'okusaalala) yolekezanga amaaso go ku ludda lw'Omuzikiti Ogw'emizizo. Ddala go ge mazima agavudde eri Mukama wo. Era Katonda ssi mugayaavu kw'ebyo bye mukola.

وَمِنْ حَيْثُ خَرَجْتَ فَوَلِّ وَجْهَكَ  
شَطْرَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَإِنَّهُ  
لَلْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ ؕ وَمَا اللَّهُ بِغَافِلٍ  
عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿١٣٩﴾

mutabani wa Salaamu, oyo eyali Omuyudaaya era kabona, oluvannyuma n'ayingira mu ddiini y'Obusiraamu, nti: "Owange Abdallah, omanyi-Muhammadi nga bw'omanyi omwana wo?" N'amuddamu n'amugamba nti: "Yee, era mumanyi okusinga bwe mmanyi omwana wange omwesigwa". (Malaika) Jibriilu yakka okuva mu ggulu n'ajja eri omwesigwa mu nsi (Muhammadi), nga azze n'ebitendo bye ne mmumanya. Mazima nze simanyi ku mwana wange ebyo nnyina bye yakola." Abamu mu bannannyini Kitabo bakweka ebifa ku Muhammadi bye bamanyi n'obugenderevu awamu n'okumanya kwe babirirako.

147. Katonda yayongera okugumya n'okunyweza Nabbi We (s.a.w.) akakatire ku bubaka obumutumiddwa kubanga go ge mazima, aleme kuwuliriza ebigambo by'ababuze. Ne mw'ebyo by'ateekwa okunyererako y'ensonga y'okukyusibwa kw'obwolekero okuggyibwa e Jurasaalimu ne buzzibwa e Makka, eri Omuzikiti Ogw'emizizo (Kaaba).

148. Buli bantu oba mu buli ddiini balina oludda lwe basiima okwolekera nga basaba: Abayudaaya balina gye boolekera n'Abakristaayo balina gye boolekera. N'oludda Katonda lwe yasiimira Abasiraamu, ab'ekibiina kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.), kwe kwolekera nga basaala ku ludda lw'Omuzikiti ogw'emizizo (Kaaba). Olw'ekyo tekyetaagisa kuddu mu kuwakana.

Wabula ffe abakkiriza tulina kunyiikira kukola mirimu emirungi, n'okwanguwa okugenda eri okufuna ebirungi kubanga ffenna tuli ba kudde eri Katonda atukunngaanye, era atubale alyoke atusale empeera z'emirimo gyaffe.

149. Katonda ayongera okukakasa Nabbi nga bw'ateekwa okwolekera ku ludda lw'Omuzikiti Ogw'emizizo buli wonna w'anaagendanga: kye kimu oba ali ku lugendo oba ali waka, kubanga go ge mazima g'ateekwa okunyererako ye Muhammadi n'abagoberezi be.

150. Era buli wonna w'obanga oli yolekezanga amaaso go ku ludda lw'Omuzikiti Ogw'emizizo; era buli wonna we mubanga muli (mmwe Abasi-raamu) mwolekezenga amaaso gam-mwe ku ludda lwagwo (bwe muba musaala). Abantu baleme okubeera nga balina ku mmwe ensonga (gye beekwasa babalumbagane), okuggyako abo abalyazaamaanyi mu bo — Temubatya, wabula mutye Nze nzekka! Era ndyoke nzijuze ekyengera kyange ku mmwe, oba olyawo ne mulungama;

وَمِنْ حَيْثُ خَرَجْتَ قَوْلٌ وَهَكَ  
 شَطْرَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَحَيْثُ مَا  
 كُنْتُمْ فَوَلُّوا وُجُوهَكُمْ شَطْرَهُ  
 لِئَلَّا يَكُونَ لِلنَّاسِ عَلَيْكُمْ حُجَّةٌ  
 إِلَّا الَّذِينَ ظَلَمُوا مِنْهُمْ فَمَا  
 تَخْشَوْهُمْ وَاخْشَوْنِي تِلْكَ  
 نِعْمَتِي عَلَيْكُمْ وَلَعَلَّكُمْ  
 تَهْتَدُونَ ﴿٥٠﴾

151. Nga bwe twatuma mu mmwe omubaka nga tumuggya mu mmwe, nga abasomera ebigambo byaffe era n'abatu-kuzi, era abayigirize Ekitabo n'ama-

كَمَا أَرْسَلْنَا فِيكُمْ رَسُولًا مِنْكُمْ  
 يَتْلُوا عَلَيْكُمْ آيَاتِنَا وَيُزَكِّيكُمْ

150. Katonda yayongera okunyweza ensonga y'okwolekera mu kiseera ky'okusaala ku ludda lw'Omuzikiti Ogw'emizizo (Kaaba). N'akiddinnanga emirundi egiwera esatu miramba, lwa nsonga zino: Okusooka, okukyusibwa kw'obwolekero (Kiblat) kyali kizibu nnyo mu mitima gy'abantu kale. Katonda ensonga eno kwe kugiddinnanga emitima gyabwe giryokwe gitereere. Ensonga ey'okubiri, kubanga okukyusa obwolekero ly'etteeka eryasooka okukyusibwa mu mateeka agali mu Kitabo Ekitukuvu Kuraane. Ensonga endala abannyonnyozi bagamba nti Katonda yaddinnanga etteeka eryo, nga kitegeeza nti singa omuntu asadde nga alaba (Kaaba), atekwa okugyolekera yo yennyini — naye bw'aba ali wala nayo, kyokka nga ali mu Makka wabula nga tagiraba — ayolekera oludda kw'eri. Era mu ngeri y'cmu bw'aba nga ali mu nsi endala alina okwolekera oludda oluliko Makka.

Katonda yalagira abakkiriza wonna we baba bali boolekerenga Omuzikiti Ogw'emizizo; era n'ategeeza nga ekyo bwe kijja okwonoona ensonga z'abantu ze baali bawo ku nsonga y'okukyusa obwolekero. Nga Abawarabu abatakkiriza bwe baagamba nti: Muhammadi agamba nti: Ndi ku ddiini ya Ibrahiimu, ate n'ava ku bwolekero bwa Ibrahiimu? Okuggyako abo ababuze era abalyazaamaanya mazima be bajja okusigala nga boogera ebitali bituufu, ng'abo abaagambanga nti: Muhammadi ensonga emukyusisizza obwolekero okubuzza e Makka lwa kwekubiira ku ddiini ya bakadde be era na kwagala nsi ye mwe yazaalibwa. Katonda kwe kugamba abaddu Be, abakkiriza, nti: Abo ab'engeri eyo "Temubatya" kubanga tebalina kye basobola kubakola n'ol'wekyo temubafaako. "Mutye Nze nzekka" nga mugondera ebiragiro Byange, n'amateeka Gange. Nange Nze nteekwa okutiibwa kubanga Nze nnina obuyinza ku mmwe muno mu nsi ne mu bulamu bw'oluvannyuma.

Era Katonda kwe kubategeeza ebinaddirira (abakkiriza), nti singa banyweredde ku kumutya n'okugondera amateeka Ge, n'okulungama mu kkubo Lye ettuuufu; an'abajjuliza ebyengera Bye era abafuule abalungamu.

151. Ebibalibwa mu byengera Katonda bye yabagabira (abakkiriza) kwe kubalaga obwolekero obutuufu, n'abaawula ku bibiina by'abantu abalala bonna, nga ebyo bijja byeyongera ku kyengera ky'okubatimirira omubaka Nabbi Muhammadi (s.a.w.), ng'ava mu bo (Abawarabu) oyo ow'enkomerero wa Bannabbi bonna. Okutumwa kwe yali ensonga y'okwanukula okusaba kwa Nabbi

teeka, era abayigirize n'ebyo bye mwalinga temumanyi.

وَيُعَلِّمُكُمُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ  
وَيُعَلِّمُكُمُ مَا لَمْ تَكُونُوا تَعْلَمُونَ ﴿٥١﴾

152. (N'olw'ekyo) munzijukire, nange mbajjukire. Munnebazenga era temunnegaananga.

فَإِذْ كُرُونِي أَذْكَرْكُمُ وَأَشْكُرُونِي  
وَلَا تَكْفُرُونِ ﴿٥٢﴾

153. Abange mmwe abakkiriza! Mweyambisenga (mu bigambo byammwe

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اسْتَعِينُوا بِالصَّبْرِ

Ibrahiimu, bwe yasaba nga ali wamu n'omwana we Ismaili nga basitula omusingi gw'Ennyumba Kaaba. Baasaba ne bagamba nti: "Era tuma mu bo omubaka ng'ava mu bo, nga abasomera amateeka go, nga abayigiriza Ekitabo n'amateeka, era nga abatukuza" — okubaggya mu bubuze n'obutamanya Katonda.

Katonda yayanukula edduwa yaabwe, n'asiima era n'alonda Nabbi Muhammadi (s.a.w.) okuba omubaka yekka avudde mu lukolo lwa Nabbi Ismaili mutabani wa Ibrahiimu; n'aggyawo obukyafu bw'enzikiriza n'obutamanya ebyali bikyafuwaza emitima gy'abantu n'empisa zaabwe. Oluvannyuma ne babeera abatukuvu, abakkiriza Katonda Omu, era abamusinza awatali kumugattako kintu kirala. Ne beesamba byonna ebyali byonoonye empisa ez'obuntubulamu, bonna ne bafuuka ekibiina kimu ekyagalana era ekyenkanya. Nabbi oyo n'abayigiriza okusoma Ekitabo Kuraane, omuli okulunganya kwa Katonda, n'abannyonyola amateeka g'eddiini yaabwe, era n'abayigiriza ebyo bye baali tebamanyi.

152. Mu kitundu kino Katonda yawa omukkiriza ekitiibwa cky'ensusso bwe yamulagaanyisa nti, singa amujjukidde n'amugondera, ne Katonda ajja kumujjukira amuwe ku birungi Bye n'ebigabwa Bye ebitatendeka.

Nabbi yagamba, nti Katonda agamba nti: "Omuntu bw'anzijukira ngali yekka, nange mujjukira nga ndi Nzekka, n'omuntu anzijukira ng'ali mu kibiina, Nange mujjukirira mu kibiina ekirungi okusinga ekibiina kye. Era Nabbi yagamba nti Katonda yagamba nti: "Owange omwana w'omuntu bw'obanga onzijukidde ng'oli wekka, Nange nkujjukira nzekka. Bw'oba onzijukidde ng'oli mu kibiina Nange nkujjukira nga ndi mu kibiina kya bamalaika Bange; -singa osembedde gyendi oluta, nsembera gy'oli mukono mulamba. Bw'osembera gyendi omukono nsembera gy'oli yaadi nnamba; bw'oba nga ozze gyendi nga otambula, Nzija gy'oli nga ntemerera."

N'okujjukira Katonda tekimala bw'oba nga omujjukira na kumwogerako bwogezi kyokka, wabula okujjukira okugendererwa wano, kwe kuba nga okujjukira okwo kwefuze omutima gwo, n'okakasa okubaawo Kwe n'obuyinza Bwe — Okukakasa okwo ne kukusindika eri okugondera amateeka Ge, n'okwogera ku linnya Lye nga omutendereza, era n'okumwebaza n'omanya ebirungi Bye by'agabira ebitonde Bye, n'omukwatirwa ensonyi okulaba nga omujeemera — ebyo byonna n'obikola nga wegomba okumusisinkana.

Okwebaza kukolebwa ebintu bisatu: okwebaza n'olulimi, okwebaza n'omutima mu mwoyo gwo, n'okwebaza n'ebikolwa. N'okwegana Katonda kwe kumujeemera n'okola ebyo bye yagaana.

Era mu kitundu kino Katonda Ow'ekisa atukubiriza olw'ebirungi by'atwagaliza, n'olw'akabi k'atutiisa, n'atugamba nti: "Munzijukire" nga munngondera Nange Mbajjukire nga Mbasasula empeera olw'okunngondera. "Muneebaze" Mbongere okubawa ebirungi, temwegaananga ebirungi bye Mbawadde ne munjeemera olwo ne mukakatako ebonerezo Byanga.

153. Katonda bw'amaze okwogera ku kwebaza n'atandika okwogera ku kugumiikiriza, kubanga omuntu bulijjo atera okubeera kw'emu ku ngeri ebbiri mu ddembe oha mu buzibu. Bw'aba mu ddembe atekwa kwebaza, bw'aba mu buzibu atekwa kugumiikiriza. Olw'ekyo Nnabbi (s.a.w.) kye yava agamba nti: "Omusiraamu omukkiriza yeewuunyisa: bwe kiba ek'y'essanyu kimutuuseeko ne

byonna) okugumiikiriza n'okusaala. Mazima Katonda ali wamu n'abagumiikiriza.

وَالصَّالِحِينَ إِنَّ اللَّهَ مَعَ الصَّادِقِينَ ﴿١٥١﴾

154. Era temugambanga abo ababa batiddwa mu kkubo lya Katonda (ku

وَلَا تَقُولُوا لِمَنْ يُقْتَلُ فِي

yeebaza kibeera kirungi gy'ali. Akabi bwe kaba kamutuuseeko n'agumiikiriza, kiba kirungi gy'ali. Era Katonda kwe kunnyonyola nti mazima ekisinga obulungi omuntu ky'ateekwa okweyambisa singa atuseeko obuzibu kwe kugumiikiriza n'okusaala.

Okugumiikiriza kulimu emiteeko esatu:-

Omuteeko ogusooka:-

Okugumiikiriza n'oyawukana n'okujcemera Katonda, kubanga ekyo kyetaaga okulwanyisa okw'amaanyi, obeere nga oyita mu buzibu bw'osanga mu kkubo erikutuusa ku kulungama nga weetakuluzza ebikoligo by'obwagazi; n'okutula emigwa gya sitaane. N'ekyo okulwanyisa ekisobola okuyamba, kwe kugumiikiriza.

Omuteeko ogw'okubiri:-

Kwe kugumiikiriza ne weewaayo okugondera Katonda nga otuukiriza amateeka Ge n'ebiragi Bye: Nakwo kwetaaga okweewaayo ne weeresa ebyo by'oyagala ku lw'okutuukiriza ebiragi ebyo, n'obeera nga onoonya okusiima kwe ku lw'okumugondera: newankwabde nga ekyo kinaakutuusa okusubwa by'oyagala, wadde ne bwe kiba nga kituusa akabi ku bulamu bwo. Toyinza kutuuka ku ddaala lya kugondera Katonda wabula nga weyambisizza okugumiikiriza.

Omuteeko ogw'okusatu:-

Kwe kugumiikiriza mu bizibu ebiba bikuguddeko, nga: obulwadde, oba okufuna abalabe, oba okufuna obuzibu obuva mu batamanyi singa obadde obayita okujja eri ekkubo eggolokofu; oba okulaba nga Katonda aluddewo okukudduukirira, oba okubeera nga tofunya buwagizi bumala mu kusaasanya ekigambo kya Katonda. Ebyo byonna osobola kubiwangula na kintu kimu — kugumiikiriza, omwoyo gwo ne gutereera ku lw'okwesiga Katonda. Awamu n'ekyo omuntu nga bw'ali omunafu mu negeri ye yonna, oyo alina amaanyi ag'ekigero atekwa buteekwa okubeera nga yeyambisa kwegatta ku maanyi ga Katonda, Oyo atalemwa, nga anoonya obuyambi okuva gy'Ali singa obuzibu bususse okusobola kwe.

Mu byonna omuntu ky'alina okukola kwe kweyambisa okusaala kubanga kwo kwe kumuyunga ku Katonda; okusaala y'endagaano Katonda gye yalagaanyisa omuntu okusiinkana naye, amwanjulire ebizibu bye. Era bwe buddukiro bw'omuddu mu kiseera nga amaze okutaayizibwa abalabe. Olw'ekyo Nabbi (s.a.w.), ekigambo bwe kyabanga kimuzitooweredde nga ayanguwa okugenda okusaala kubanga mu kusaala mwe muli okusisinkana ne Katonda. Okusinja Katonda kye kiwewula obuzibu omuntu bw'asanga kubanga kwo kutereza omutima n'ebirowoozo, N'olw'ekyo Katonda kyeyava alagira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) okusaalanga ekiro, n'okusomanga Kuraane, ekyo kisobole okumuyamba ku kwennanga okusitula obuzito bw'obubaka obwamuweerezebanga.

Katonda n'agamba bw'ati:

“Owange eyeebikikiridde, yimirira ekiro nga oosaala, okuggyako ekiseera ekitono oba kimu kyakubiri eky'ekiro oba, kendeerangako, oba yongerangako osomenga Kuraane olusoma. Mazima ffe tujja kukusuulako ekigambo ekizito.” Katonda kwe kumaliriza ekitundu kino nga asanyusa abagumiikiriza, era nga abategeza nga bw'ali nabo mu kubayamba, n'okubawagira, n'okubanyweza; taja kubaleka bokka. N'agamba nti: “Mazima Katonda ali wamu n'abagumiikiriza”.

154. Katonda mu kitundu kino yategeza nga abo ababa bafiiridde ku lutalo lw'eddiini bwe bataba bafu nga abantu bwe balwozoza, wabula Ye abawa obulamu oluvannyuma lw'obulamu bunu obw'oku nsi — obulamu obwo obw'oluvannyuma bwe businga okwesiimisa; n'olw'ekyo omuntu tasaanyek kutya kugenda kulwanirira ddiini olw'okuba ajja kufa, wabula asaana agumiikirize n'obuvumu yeeweeyo okulwana. Kubanga singa Katonda amugeredde okuttirwa mu lutalo

lw'okutaasa eddiini ya Katonda—Jihaadi) nti Bafu; wabula balamu naye (mmwe) temukitegeera.

155. Era mazima tujja kubagezesanga n'e-kintu mu kubaleetera okutya n'enjala, n'obukendeecu bw'enfuna (n'obwa) abantu n'ebibala; naye sanyusanga abagumiikiriza,
156. Abo akabi bwe kaba nga kabatuu-seeko, bagamba nti: Mazima ffe tuli ba Katonda, era mazima ffe tuli ba kudda gy'Ali:
157. Abo abalina okusaasira okuva eri Katonda waabwe n'okubalumirwa. Era abo be balungamu.
158. Mazima (Obusozi bw'e Makka) Sswaffaa ne Al-Marwat bubalibwa mu bubonero bwa Katonda. Omuntu aba alambudde Ennyumba (Kaaba)

سَبِيلَ اللَّهِ آمَوَاتٍ ط بَلْ  
أَحْيَاءٌ وَلَكِنَّ اللَّهَ شَعْرُونَ ﴿١٥٦﴾  
وَلَنَبَاؤُكُمْ بَشَىءٌ مِّنَ الْخُوفِ  
وَالْجُوعِ وَنَقْصٍ مِّنَ الْأَمْوَالِ  
وَالْأَنْفُسِ وَالْمَرْبِ وَبَشَىءٍ الصِّدْرِ ﴿١٥٧﴾  
الَّذِينَ إِذَا أَصَابَهُمُ مُّصِيبَةٌ  
قَالُوا إِنَّا لِلَّهِ وَإِنَّا إِلَيْهِ رَاجِعُونَ ﴿١٥٨﴾  
أُولَئِكَ عَلَيْهِمْ صَلَوَاتٌ مِّن  
رَّبِّهِمْ وَرَحْمَةٌ تَدْوَأُولَئِكَ  
هُمُ الْمُهْتَدُونَ ﴿١٥٩﴾  
إِنَّ الصَّفَا وَالْمَرْوَةَ مِن شَعَائِرِ  
اللَّهِ فَمَن حَجَّ الْبَيْتَ أَوْ اعْتَمَرَ

olwo, aba afunye eddaala erya waggulu erisinga amadaala amalala mu bulamu obw'oluvannyuma. Nabbi (s.a.w.), yategeza nga emyoyo gy'abafiira ku ntalo z'eddiini bwe giri mu bisakiro by'ennyonyi mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe): nga zitaayaaya wonna we ziba zaagadde." Oluvanyuma emibiri gyabwe bwe giriba gizuukidde emyoyo egyo gigenda kuzibwa mu mibiri gyagyo.

155. Katonda ategeza nga bw'ajjanga okugeza abantu be oluusi abawe eddembe babeere mu kweyagala ate oluusi abaleetera okutya omulabe, oluusi abaleetera enjala n'emmaali yaabwe okukendeera, era n'abantu bennyini okukendeera nga bafa, n'ebibala okukendeera ku lw'ekyeya oba ku lw'ebissi ebirala. Ekya akikola alyoke alabe abaddu Be abagumiikiriza ne badda gy'Ali mu kiscera ky'okutuukwako obuzibu.

Oyo aba agumiikirizza Katonda amusasula empeera z'okugumiikiriza kwe. Katonda kyeyava agamba nti: "Sanyusa abagumiikiriza" olw'empeera ze baliifuna okuva eri Katonda.

156. Abagumiikiriza be bakakasa singa akabi kaba kabatuu-seeko nti, tewali kyonna kibatuukako wabula nga kiva mu kusalawo kwa Katonda, era ffe tuli baddu Be, alina okutukola kyonna ky'aba ayagadde. Era tetulina buddo gye tulidda wabula gy'Ali. Tuteekwa butekwa okumwebaza buli kyonna ky'aba atuwadde, ate ne tugumiikiriza ku buli kabi konna k'aba atuleetedde ku lw'okusuubira okusaasira Kwe, n'okusasula Kwe.

158. Nga Katonda bwe yawa Kaaba ekitiibwa n'agifuula okuba nga bwe bwolekero Omusiraamu yenna gy'ateekwa okwolekera nga asaala, bwe kityo n'obusozi obubiri obugiriraany: nabwo bwe Sswaffa ne Al-Marwa, yabuwa ekitiibwa bwe yabufuula obubonero obw'ekitiibwa mu ddiini y'Obusiraamu. Kikakafu ku buli muntu aba akoze Hijja oba akoze AL-UMURA okudduka wakati w'ebbanga eriri wakati waabwo emirundi musanvu.

ku lw'okukola Hijja, oba aba akoze Umura, ssi kibi ku ye okubwetooloola bwombi (nga baddukira mu bbanga eriri wakati wa bwombi nga bwe yali empisa y'Abakaafiiri). Mazima oyo akola obulungi (ajja kufuna empeera, kubanga) mazima Katonda Yeebaza, era Amanyi.

159. Mazima abo abakweka ebyo bye twassa mu bunyonnyofu ne mu bulungamu, oluvanyuma lw'okumala Ffe okubinnonyola abantu mu kitabo, abo Katonda abakolimira n'abakolimi (bonna) ne babakolimira (babavumirira — bamalaika n'abantu abakkiriza),

فَكَرِحْنَا عَلَيْهِ أَنْ يَطَّوَّفَ بِهِمَا  
وَمَنْ تَطَوَّعَ خَيْرٌ أَلَّا فَإِنَّ اللَّهَ  
شَاكِرٌ عَلِيمٌ ﴿٥٠﴾

إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ مَا أَنزَلْنَا  
مِنَ الْبَيِّنَاتِ وَالْهُدَىٰ مِنْ بَعْدِ  
مَا بَيَّنَّاهُ لِلنَّاسِ فِي الْكِتَابِ  
أُولَٰئِكَ يَلْعَنُهُمُ اللَّهُ وَيَلْعَنُهُمُ  
اللَّعِينُونَ ﴿٥١﴾

Abannyonnyozi bategeeza ensonga y'okuja kw'etteeka lino nti kyava mu mpisa y'Abawarabu abakafiiri abo abaliwo nga eddiini tenajja. Baalinga badduka wakati w'obusobozi obwo bwombi; eddiini bwe yajja Abasiraamu ne balaba nga kibi okudduka wakati waabwo. Ye Katonda kwe kussa etteeka lino eriragira okubwetooloola.

N'olwekyo Nabbi bwe yatuuka mu Makka yeetooloola Ennyumba (Kaaba) emirundi musanvu, bwe yamala n'asaalira emabega w'ekifo kya Nabbi Ibrahiimu, ate ekyo nga akimaze n'anywegera ejjinja eriddugavu. Ekyo bwe yakimala n'agenda ku kasozi Sswaffa n'atandika okudduka nga alaga ku kasozi Al-Marwa nga bw'agamba nti: "Mazima Sswaffa ne Al-Marwa bwombi bwa mu bubonero bwa Katonda" — n'addukawo emirundi musanvu. N'okudduka wakati wa Sswaffa ne Marwa mpagi nkulu mu mpagi eziyimiriddeko obutuufu bwa Hijja; singa Hajji tadduse wakati wa bwombi Hijja ye tetuuka.

159. Katonda avumirira buli yenna akweka ebigambo Bye ebyo bye yannyonnyola ebirungama abantu. Buli mumanyi yenna akweka amazima g'amanyi mu ddiini: ng'amazima ago ageetaagibwa okumatiza abantu, abanga akwatibwako etteeka lino. Nabbi (s.a.w.), yagamba nti: "Omuntu abuzibwa eky'okuyiga ky'amanyi n'akikweka, Katonda agenda kumwambika ku Lunaku Lw'enkomerero mu kamwa ke enkoba ez'omuliro" — nga ekyo kye kibonerezo olw'amazima ge yasirikira. Ekyo kiraga nti omumanyi atekwa okutuusa ku bantu ebyo by'amanyi mu ddiini. Okumanya okutuufu awatali kusaba kumusasula, kubanga omuntu tateekwa kusasulibwa kw'ekyo ekimukakatako okukikola. Okugeza nga omuntu bw'atasasulwa ku lw'okuyingira eddiini y'Obusiraamu.

Okuyita mu bufunze, amakulu g'etteeka lino gali nti mazima omuntu bw'abanga agenderede okukweka amazima g'amanyi, aba ajemedde ekiragiro kya Katonda ekyo. Naye bw'aba si ky'agenderede, si kikakafu ku ye okubunyisa buli kyonna ky'amanyi bw'aba amanyi nti waliwo omulala akimanyi. Naye kyokka bw'abanga abuziddwa ku kyo, olwo aba atekwa butekwa okunnyonnyola oyo amubuuzizza amazima ago g'amanyi, newankubadde nga amanyiyo omulala akimanyi. Katonda n'agamba nti: "Abo abakweka amazima ge bamanyi mu ddiini Katonda abakolimira" n'abateeka wala n'okusasira Kwe. "Era ne babakolimirwa abakolimi:" nabo be bamalayika, n'abakkiriza. Babakolimira nga bavumirira ekikolwa eky'okukweka ebigambo bya Katonda bye bamanyi nga mazima meereere.

Wabula si kirungi okutegeeza abantu ekyo kye batasobola kutegeera: nga okubategeeza ebimu eddiini bye yakkiriza ate bo ne bakyeyambisa kukola ebyo Katonda bye yaziyiza. Kirungi ku

160. Wabula abo abeenenya ne baiongosa ne bannyonnyola (ebyo bye baakweka), abo nzikiriza okwenenya okuvudde gye bali. Nange Nze Omuyitirivu w'okukkiriza okwenenya, Omusaasizi.
161. Mazima abo abatakkiriza, ne batuusa okufa nga sibakkirizza; abo kiri ku bo ekikolimo kya Katonda ne bamalayika n'abantu bonna;
162. Ba kubeera mu kyo (ekikolimo) lubeerera. Ssi ba kukendeezebwa ku bibonerezo, era bo ssi ba kulindirizibwa.
163. Ne Katonda wammwe ye Katonda ali Omu (mu Bwakatonda bwe); tewali mulala wabula Ye yekka, Omusaasizi (alina) okusaasira okubuna, Omusaasizi (alina) okusaasira okwenjawulo.
164. Mazima mu kutondebwa kw'eggulu n'ensi, n'okwawukana kw'ekiro ku misana, n'amaato ago agaddukira mu nnyanja (nga geetisse) ebyo

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا وَأَصْلَحُوا وَبَيَّنُّوْا  
فَأُولَٰئِكَ أَتُوبُ عَلَيْهِمْ وَأَنَا  
التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿١٦٠﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَمَاتُوا وَهُمْ  
كُفَّارًا أُولَٰئِكَ عَلَيْهِمْ لَعْنَةُ اللَّهِ  
وَالْمَلَائِكَةِ وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ ﴿١٦١﴾

خُلِدِينَ فِيهَا لَا يُخَفَّفُ عَنْهُمْ  
الْعَذَابُ وَلَا هُمْ يَنْظُرُونَ ﴿١٦٢﴾

وَاللَّهُمَّ اللَّهُ وَاحِدٌ لَا إِلَهَ إِلَّا  
هُوَ الرَّحْمَنُ الرَّحِيمُ ﴿١٦٣﴾

إِنَّ فِي خَلْقِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَإِخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَالْعُلُوقِ

mubuulizi abuulire ebyo abantu b'abuulira nga basobola okubitegeera ne bibagasa. Nabbi (s.a.w.) Yagamba nti: "Temummanga amagezi bannyinigo ne muba nga mubalyazaamaanyiza. Ate temugateekanga ku batali bannyinigo ne mugalyazaamaanya." Era Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mubuuliranga abantu ebyo bye basobola okutegeera; — mwagala balimbise Katonda n'Omubaka we?"

161. Ensonga eno ekwata kw'abo ababa bagaanye okukkiriza okutuusa lwe batuuka ku nkomerero y'obulamu bwabwe ne bafa nga tebakkiriza — olwo ekikolimo kya Katonda ne bamalayika n'abantu bonna awamu kikka ku bo ne bakakatako okubonaabona.

N'olw'ekyo si kituufu okukolimira omuntu olw'obutaba mukkiriza kubanga tewali amanyi nkomerero ya bulamu bwe bw'enaabeera. Wabula singa omuntu avumiridde abakozi b'ebibi awatali kwawulamu gundi, ekyo kye kigwana. Kyokka ssi kikakafu ku ye okubavumirira, okukireka n'okukikola kye kimu.

163. Katonda ali omu, yeeyawula mu Bwakatonda Bwe. Tewali asinzibwa wabula Ye yekka, era y'Alina obufuzi obujjvu kubanga ebitonde byonna bitonde Bye, n'abantu bonna baddu Be. Y'oyo alina okubasaasira n'okubagabira mu bulamu buno obw'ensi ne mu bulamu obw'oluvannyuma.

164. Katonda yalaga omuntu obujulizi obulaga okubaawo K we bw'aba nga yeetegeezza ebintu ebyo ebimwetooloodde, ebyo Katonda bye yatonda, kyandimuzame okumanya okubaawo kw'oyo eyabitonda — naye ye Katonda ali Omu mu Bwakatonda Bwe.

Singa omuntu azigula bulungi amagezi ge, n'atandika okutunuulira ebyo ebimwetooloodde mu bitonde ebinene ebitiisa, engeri bwe biri ku ntegeka eyecwuunyisa, n'atunuulira eggulu n'obugazi



ebigasa abantu, n'ago amazzi Katonda g'assa nga agaggya mu ggulu, n'alamusa nago ettaka oluvannyuma lw'okufa kwalyo, era n'assa mu nsi buli kiramu ekitambula, n'okukyu-sakyusa empewo n'ebire ebyagonze-bwa wakati w'eggulu n'ensi: (mazima ebyo byonna) bubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekitegeera.

165. Ne mu bantu mulimu (ate abo) abafuula (ebintu ebirala) ebitali Katonda Omutonzi bakatonda, nga babaagala nga okwagalibwa kwa Katonda (Omutonzi kw'akakatirwa) — kyokka bo abakkiriza bayitirivu mu kwagala Katonda — Singa abo abalyazaamaanya (emoyo gyabwe) ba-

الَّتِي تَجْرِي فِي الْبَحْرِ بِمَا يَنْفَعُ  
النَّاسَ وَمَا أَنْزَلَ اللَّهُ مِنَ السَّمَاءِ  
مِنْ مَاءٍ فَأَحْيَا بِهِ الْأَرْضَ بَعْدَ  
مَوْتِهَا وَبَثَّ فِيهَا مِنْ كُلِّ دَابَّةٍ  
وَتَصْرِيْفِ الرِّيحِ وَالسَّحَابِ الْمُسْتَبْرِ  
بَيْنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ لَا يَت  
لِقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿١٦٥﴾

وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يَتَّخِذُ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ أَنْدَادًا يُحِبُّونَهُمْ  
كَحُبِّ اللَّهِ وَالَّذِينَ آمَنُوا أَشَدُّ  
حُبًّا لِلَّهِ وَلَوْ يَرَى الَّذِينَ ظَلَمُوا

bwalyo era n'atunuulira ensi n'emiseetwe gyayo, n'ensozi zaayo, n'emigga, n'ennyanya, n'ebyonu-gagga ebitalika bye yateeka munda waayo, era ne yeetegeera omusana n'ekiro bwe biddingana ku bulamu bwe, yeesanga nga buli kimu kijjira mu kiseera ekikisaanira awatali kwosa.

Era bw'akyuka n'atunuulira amaato bwe gasobola okutambulira ku nnyanya awamu n'okuba nga gasitudde ebizito, ebyo ebigasa abantu: gamba nga eby'obusuubuzi okubiggya mu nsi emu okubiraza mu nsi endala, era n'atunuulira amazzi g'enkuba engeri gye gafukumuka okuva mu ggulu n'engeri bwe gasobola okumeza n'okumulisisa ebimera n'okukuza ebibala ku lw'amaanyi Katonda ge yagassaamu, era n'atunuulira ebiramu ebitambula ku nsi eby'engeri n'engeri; n'atunuulira empewo ekunta mu ngeri ey'enjawulo — oluusi ereeta nkuba oluusi n'ereeta kibuyaga, nga eva ku buli ludda nga Katonda bw'aba ayagadde; era n'ebeera nga y'empewo eyo eyingira buli wantu omuntu asobole okussa.

Era bw'atunuulira ebire Katonda bye yateeka wakati w'eggulu n'ensi engeri gye bisobola okwe-kunngaanya enkuba n'etonnya, n'engeri gye bisaasaana enkuba n'ekya, — singa omuntu yeetege-geza ebintu ebyo byonna n'amaaso agalaba era n'omutima ogutegeera, ogufunye ekitangaala ky'obukkiriza, — byo byandibadde obujulizi obumala okukakasa okubaawo kwa Katonda Omutonzi eyasobola okutonda ebitonde ebyo byonna ku ntegeka eyeewuunyisa.

165. Katonda yayogera kw'abo abatakkiriza, abamugattako ebintu ebirala, n'annyonyola engeri yaabwe gye baliko kuno ku nsi wamu n'ebyo ebiribatuukako mu bulamu obw'oluvannyuma olw'okuddira Katonda ne bamugattako bakatonda abalala be beeteerawo. Nga babasinza era nga babaagala nga bwe bandyagadde Katonda Omutonzi. Sso nga Katonda Ali Omu mu Bwakatonda Bwe, tewali gwe yegatta naye. Nabbi (s.a.w.) yabuuzibwa nti kibi ki ekisingayo? N'agamba nti kwe kuddira Katonda n'omuteekako bakatonda abalala, kyokka bakkiriza, abo abaawula Katonda ne bamusinza awatali kumugattako birala, bo bayitirivu mu kumwagala, kubanga bamuwa ekitiibwa ne bamusinza yekka, era ne bamwesiga ne badda gy'Ali nga bamusaba okubamalira ebyetaago byabwe.



liba balabye (akabenje ke balibaa-mu) mu kiseera bwe baliraba ebibonyobonyo (ku lunaku lw'ekiyaama, balimanya) nti mazima amaanyi gonnaga Katonda Omutonzi, era (ne bamanya) nga mazima Katonda muyitirivu wa kubonyabonya (abajemu)!

166. (Bajjukize Olunaku) mu kiseera abagobererwa lwe balyegaana abo abagobereranga (kuno ku nsi), nga bamaze okulaba ebibonyobonyo, (olwo) ensonga (ezaabagattanga) ne zikutuka.
167. (Awo) abo abagoberezi ne bagamba nti: Singa mazima tulina (obusobozi) okuddayo (ku nsi), ne tubeegaana nga bwe batwegaanye (ne tubaawukanako). Bwe kityo Katonda bw'alibalaga (ebibala bye) emirimu gyabwe (emibi) mu kufiirwa kwabwe, era tebali bo ba kuva mu muliro.
168. Abange abantu! Mulye mw'ebyo ebiri mu nsi ebitukuvu, ebirungi, temugobereranga amakubo ga sitaane. Mazima ye mulabe wammwe omweyolefu.

إذ يرون العذاب أن القوة لله جميعاً وإن الله شديد العذاب

إذ تبأ الذين اتبعوا من الذين اتبعوا وأرأوا العذاب وتقطعت بهم الأسباب

وقال الذين اتبعوا لو أن لنا كرة فنتبأ ومنهم كما تبأوا ومنأ كذالك يريهم الله أعمالهم حسرت عليهم وما هم بخارجين من النار

يأيها الناس كلوا مما في الأرض حلاً طيباً ولا تتبعوا خطوات الشيطان إنه لكم عدو مبين

Era Katonda yagamba nti singa abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe balaba ku bibonerezo Bye, bandisobodde okumanya nti amaanyi n'obuyinza byonna bibye, era ebintu byonna biri wansi wa buyinza Bwe na bufuzi Bwe. Era bandisobodde okumanya nga mazima Katonda bw'alina ebibonerezo ebityitirivu.

166. Ku lunaku lw'enkomerero, abakulembeze (abakungu abafuzi mu bantu, ne basitaane ne bakatonda ab'obulimba) abaabuzanga abantu ne babaggya ku bulunngamu, bagenda kwegaana abagoberezi baabwe babagambe nti ffe tetubalagiranga kutugondera mw'ekyo ekirimu okujjemera Katonda, wabula mwakozesanga kwagala kwammwe. Mu kiseera ekyo baliba nga bamaze okulaba ku bukakali bw'ebibonerezo, olwo ensonga ezaali zibagatta n'omukwano ogwali wakati waabwe ne biggwaawo.

167. Abagoberezi baliwanjaga nga bagamba nti singa tulinayo akakisa okudda ku nsi, twandiyawukanye kw'abo abaatubuzwa, ne twawula Katonda nga tumusinza awatali kumugattako kintu kirala. Mu kiseera ekyo, lwe baliraba okufiirwa kwe baafiirwa olw'ebikolwa byabwe ebibi, awo nga bakakatako okubecera mu muliro olubeerera awatali kuguvaamu.

168. Katonda bw'amaze okunnyonyola nga bw'Ali Omu mu Bwakatonda Bwe n'atandika okunnyonyola nga era Ye bw'Ali alabirira ebitonde Bye; n'akkiriza abantu balye ebitukuvu era ebirungi mw'ebyo ebiri mu nsi ebitali ebyo bye yabagaana okulya, oba ebyo ebireeta akabi ku

169. Mazima ye (sitaane) abalagira kukola (bikolwa) bibi na byabuwemu, era (abalagira) mwogere ku Katonda ebyo bye mutamanyi.
170. Era bwe baba nga bagambiddwa nti: Mugoberere ebyo Katonda bye yassa (ku Nabbi, — baddamu) ne bagamba nti: Wabula tujja kugoberera ebyo bye twasangako bakitaffe. Abaffe ne bwe baba bakitaabwe nga baali tebategeera kintu kyonna (mu ddiini) era nga (tebasobola) kulungama?
171. N'ekifaananyi ky'abo abatakkiriza (okubageraageranya n'ekya Nabbi) kiringa ekifaananyi ky'oyo aleekaana nga ayita ekitawulira, okuggyako okuwulira okuwoowola n'okuyita (eddoboozi n'okuleekaana). Bakigga ala tebawulira, mazima bakasiru teboogera, mazima bamuzibe tebalaba mazima, nabo tebategeera.
172. Abange mmwe abakkiriza! Mulye mu birungi ebyo bye twabagabira,

إِنَّمَا أَمْرُهُمْ بِاللَّسْوَةِ وَالْفَحْشَاءِ  
وَأَنْ تَقُولُوا عَلَى اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿١٦٩﴾

وَلَا يُقِيلُ لَهُمْ اتَّبَعُوا مَا أَنْزَلَ  
اللَّهُ قَالَ الْوَابِلُ نَتَّبِعُ مَا الْفَيْنَا عَلَيْنَا  
أَبَاءَنَا طَأُولُو كَانْ أَبَاؤُهُمْ  
لَا يَبْقُونَ شَيْئًا قِ لَا  
يَهْتَدُونَ ﴿١٧٠﴾

وَمَثَلُ الَّذِينَ كَفَرُوا كَمَثَلِ  
الَّذِي يَبْعَثُ بِمَا لَا يَسْمَعُ إِلَّا دَعَاءً  
وَيَنْدَاءُ صُؤْمُكُمْ عَمِّي  
فَهُمْ لَا يَعْقِلُونَ ﴿١٧١﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كَلِمَاتٍ

bulamu bwabwe. "Temukwatanga amakubo ga sitaane ne mubula okuva ku bulungamu; kubanga sitaane mulabe wammwe omweyolefu ow'olulango. Mumwekeke era mumudduke, tabaagaliza kalungi konna."

169. Mazima oyo sitaane mulabe wa bantu, abalagira kukola bibi byokka okutuusa n'okubakozesa eby'obuwemu: nga obwenzi, era n'abayigiriza okwogera ku Katonda ebyo bye batalinaako kumanya kutuufu. Ekyo kikwata ku buii yenna atakkiriza Bw'omu bwa Katonda na buli yenna omuzuuzi, agunja mu ddiini ebyo by'atalinaako kumanya kutuufu na bujulizi kwe byesigamye.

170. Katonda ayogera ku ngeri y'abo abatakkiriza Bw'omu Bwe: bwe baba bagambiddwa okugoberera ebigambo bya Katonda by'assizza ku Mubaka We, baleke eby'obubuze bye babaddeko n'obutamanya, baddamu nga bagamba nti — tetujja kukkiriza wabula tujja kugoberera ebyo bye twasangako bakadde baffe — eby'okusinza ebifaananyi ne bakatonda ab'obulimba. Wano kwe kubaddamu nti abo be bagoberera ne bakola ebyo bye baalinga bakola baali tebategeera kintu kyonna mu ddiini era nga tebasobola na kulungama n'akatono, ate bo babagoberera batya?

171. Katonda yafaananya abo abatakkiriza, mu ngeri y'okulemera kwabwe ku bubuze n'obutamanya ddiini ng'ebisolo ebyo ebitasobola kutegeera ekyo ekibigambibwa okuggyako okuwulira eddoboozi ly'omulunzi. Bwe kityo n'abo abalemera ku butakkiriza tebategeera ekyo ekisobola okubalungama okuggyako okuwulira obuwulizi eddoboozi ly'oyo aba abayita okujja eri obulungamu.

172. Katonda yalagira abakkiriza balyenga mu birungi bye yabagabira era beebazenga ebyo by'abawa n'okumugondera bwe baba nga bakakasa nga bwe bali abaddu Be, era abasinza Ye yekka awatali kumugattako kintu kirala.

era mweba. nga Katonda bwe mu-beera nga Ye yekka gwe musinza.

طَيِّبَاتٍ مَا رَزَقْنَاكُمْ وَاشْكُرُوا لِلَّهِ  
إِنْ كُنْتُمْ رَائِيًّا تَعْبُدُونَ ﴿٤٦﴾

173. Mazima Katonda yaziza ku mmwe (okulya) ennyamanfu n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekyogereddwako erinnya (eddala lyonna mu kusalibwa) eritali lya Katonda. N'omuntu aba atuuse ku buzibu (bw'enjala), nga ssi mwonoonyi era nga tasusse mateeka, talina kibi okulya (kw'ebyo, ekigero ekikuuma obulamumu bwe). Mazima Katonda Musonyi, Musaasizi.

إِنَّمَا حَرَّمَ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةَ وَالذَّمَّ  
وَالْحَمَّ الْخِنْزِيرِ وَمَا أَهَلَ بِهِ  
غَيْرِ اللَّهِ فَمَنْ اضْطُرَّ غَيْرَ بَاغٍ  
وَلَا عَادٍ فَلَا إِثْمَ عَلَيْهِ إِنَّ اللَّهَ  
عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٤٧﴾

174. Mazima abo abakweka ebyo Katonda bye yassa mu Kitabo (Kye), ne babiwanyisaamu omuwendo omuto-no (ebyokufuna kw'ensi), abo tebalya (nga bassa) mu mbuto zaabwe wabula omuliro. Era Katonda tage-

إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
مِنَ الْكِتَابِ وَيَسْتُرُونَ بِهِ ثَمَنًا  
قَلِيلًا أُولَئِكَ مَا يَأْكُلُونَ فِي

Omuntu okuba nga alya ebyo Katonda bye yakkiriza ne yeewala ebyo Bye yaziza, kuletera okusaba kwe okukkirizibwa Katonda singa abadde amusabye. Kyokka Katonda takkiriza kusaba kwa muntu oyo alya ebyo bye yaziza kubanga aba asusse ebikomo bye yagera.

173. Katonda bw'amaze okunnyonyola nga bwe yabakkiriza abakkiriza okulya ebirungi era ebitukuvu, n'atandika okunnyonyola ebibi ebyo bye yagaana okulya. N'agamba nti: "Mazima kyazira ku mmwe okulya ennyamanfu" — Nayo y'ennyama y'ekiramu ekikkirizibwa okuliibwa naye ne kiba nga tekisaliddwa mu mateeka ga ddiini ya Busiraamu. Era kizira okulya omusaayi (kafekkyia), bwe kityo mu ngeri y'emu kizira okulya ennyama y'embizzi, nga era bwe kizira okulya buli kintu ekisaliddwa ne kyogereddwako erinnya ly'ekintu ekirala eritali lya Katonda. Ng'aboogera ku mmanya ga balubaale baabwe n'amasanamu gaabwe, mu kiseera ky'okusala ebisolo. Era tekikkirizibwa okulya buli kyonna ekisaliddwa ku lw'okuwonga oba ku lw'amayembe, n'ebirala ebifaanana nga ebyo.

Wabula singa omuntu atuuse mu kabi k'okulumwa enjala n'atafuna kyonna kiyinza kumumula njala okuggyako ennyamanfu, oba ennyama y'embizzi, oba endala yonna ezira, olwo amateeka gamukkiriza okulya ku nnyama eyo ekigero kyokka ekisobola okukuuma obulamumu bwe, sso obutasukkawo.

Era omuntu oyo bw'aba nga ali mu lugendo olw'okumukozesa ebikolwa eby'okujeemera Katonda, oba okukola obulabe ku muntu yenna, olwo takkirizibwa kulya ku nnyamanfu newankubadde nga atuuse mu buzibu bw'enjala.

174. Okutiisa akabi akali mu kukisa amazima Katonda ge yassa mu Kitabo, kwali kugendererwa ku abo abalina Taurati n'Enjiri mu kiseera bwe baakisa ebitendo bya Nabbi Muhammaḍi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye), n'amazima g'obwannabi bwe, n'obubaka bwe; sso nga ebyo byali byannyonyolwa dda mu bitabo byabwe nga babimanyi.

Wabula mu kutwalira awamu ekitundu kino kikwata ku buli yenna akisa amazima g'amaze okutegeera mu butuufu ku lw'ensonga y'okufuna ekyo ky'ayagala mu by'okufuna by'ensi: okugeza

nda kwogera nabo ku lunaku lw'okuyimirira (mu maaso Ge), era tagenda kubatukuza. Era balina ebibonyobonyo ebiruma.

بُطُونَهُمْ إِلَّا النَّارَ وَلَا يَكْفِيهِمْ  
اللَّهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَلَا يُزَكِّيهِمْ  
وَأَلَّهُمْ عَذَابَ أَلِيمٍ ﴿١٤٦﴾

175. Abo be bo abagula obubuze (mu kifo kyo) obulungamu, era ne bagula ebibonyobonyo nga babiguzisa okusonyiyibwa. Kiki ekyabatusa ku kugumiikiriza okuyingira omuliro!

أُولَئِكَ الَّذِينَ اشْتَرُوا الضَّلَالَةَ  
بِالْهُدَى وَالْعَذَابُ أَجْرًا بِالْمَغْفِرَةِ  
فَمَا أَصْبَرَهُمْ عَلَى النَّارِ ﴿١٤٧﴾

176. Ekyo (ekibatuusizza ku bibonyobonyo) lwa kubanga mazima Katonda yassa Ekitabo (Kye) na mazima. Era mazima abo abayawukana mu Kitabo bali mu kwawukana okuli ewala (n'amazima).

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ نَزَّلَ الْكِتَابَ  
بِالْحَقِّ وَإِنَّ الَّذِينَ اخْتَلَفُوا  
فِي الْكِتَابِ لَكُنِيَ شِقَاقَ بَعِيدٍ ﴿١٤٨﴾

177. Tekibalibwa nti kwe kumalayo ebirungi (byonna) okuba nga mwolekera

لَيْسَ الْبِرَّ أَنْ تُوْتُوا وُجُوهَكُمْ

nga ekitiibwa n'emmaali oba olw'okwagala okufuna obuwagizi mu bantu. Abo baba baddidde eky'omuwendo omunene kye bafuna (nakwo kwe kumanya ebigambo bya Katonda), ne bakiwaayo bafunemu eky'omuwendo omutono ekinyoomwa; nabyo bye by'okufuna kw'ensi eby'okugwaawao.

Wano Katonda kwe kunnyonyola engeri yaabwe mu kiseera bwe balya ebyo bye bafunye ku lw'okukisa amazima ge bamanyi n'agamba nti: "Abo tebaalyanga wabula baateekanga mu mbuto zaabwe muliro" — Kubanga empeera yaabwe gye balifuna mu bulamu ob'oluvannyuma kwe kuyingira omuliro ne gubeera nga kye ky'okulya kyabwe, era kye kyambalo kyabwe. "Era Katonda tagenda kwogera nabo". Amakulu nti, tagenda kubafaako wabula okubaleka mu kunyoomebwa ku lw'okubasunguwalira olw'okukweka amazima. "Era tagenda kubatukuza", ebikolwa byabwe ebibi tagenda kubitukuza, era ssi wa kubasonyiwa, era balina ebibonyobonyo ebiruma.

175. Wano Katonda ayongera okunnyonyola engeri gye bawaanisawaanyisaamu ebigambo nga babiggya mu bifo mwe bisaanira. N'agamba nti abo be bo abaddiranga obulungamu ne babuwaayo ne batwalamu obubuze; ne baddira okusonyiwa (Kwa Katonda) ne batwalamu ebibonerezo Bye: Wano Katonda kwe kugamba bw'ati nga yeewuunya abantu abo nti: "Kiki ekyaayitiriza okugumiikiriza kwabwe ku muliro ogwo gwe baasiima, olw'okukola ebyo ebibakakasaako okuguyingira, mu kiseera bwe baakisa ebyo Katonda bye yassa mu Kitabo balyoke babinnyonyole abantu? Olwo abantu basobole okugoberera amateeka ga Katonda n'okugakozesa gasobole okunyera mu mitima gy'abantu mu nsi n'okutebenkera.

176. Mazima bakakatako ebibonerezo ku lw'okuwakanya Ekitabo kya Katonda kye yassa nga kiri ku mazima, ne baawukana mu kyo okwawukana okuyitirivu: nga ekibatuusa kw'ebyo kwe kwagala okuwalaaza empaka n'obutaagala kwolesa mazima, kubanga bagoberera okwagala kwabwe ne bakusakyusa Ekitabo kya Katonda amakulu g'ebigambo byakyo, ne babiwa amakulu agatali matuufu.

177. Abantu baayitiriza okwogera ku kigambo ky'okukyusa obwolekero (kibla), ne kiba nga nti eky'okwolekera oludda olwawufu nga kye kimalayo emirimu emirungi mu ndowooza zaabwe sso

za ebyenyi byammwe ku ludda lw'e-buvanjoba n'ebugwanjoba; Naye mazima obulungi (bwennyini) bw'oyo akkiriza Katonda Omutonzi n'olunaku lw'enkomerero n'Ekitabo (Kuraane) ne bamalayika ne bannabbi; era n'awaayo emmaali (ye) mu kwagala kwe (nga agiwa) ab'oluganda olw'okumpi ne bamulekwa n'abanaku n'abatambuze (abali mu buzibu) n'abasabirizi, n'okuta abaddu; n'ayimirizaawo esswala n'atoola zzaakati (omutemwa ogwalaalikwa mu mmaali). Era abo abatuukiriza endagaano zaabwe bwe bwa nga balaganyizza, n'abagumiikiriza mu bwavu obuyitiridde ne mu bulwadde obw'olukonvuba ne mu kiseera ky'olutalo. Abo (abamenyeddwa) be bo abakakasa (mu kukkiriza kwabwe). Era abo bo be batya Katonda.

قَبْلِ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ وَلِكِنَّ  
الْبَرِّ مَنْ آمَنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ  
وَالْمَلَائِكَةِ وَالْكِتَابِ وَالنَّبِيِّينَ وَآتَى  
الْمَالَ عَلَى حُبِّهِ ذَوِي الْقُرْبَىٰ وَ  
الْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَابْنَ  
السَّبِيلِ وَالسَّائِلِينَ وَفِي الرِّقَابِ  
وَأَقَامَ الصَّلَاةَ وَآتَى الزَّكَاةَ  
وَالْمُؤْتُونَ بَعْدَهُمْ إِذَا آتَاهُمُ  
وَالصَّابِرِينَ فِي الْبَأْسَاءِ وَالضَّرَّاءِ  
وَحِينَ الْبَأْسِ أُولَئِكَ الَّذِينَ صَدَقُوا  
وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُتَّقُونَ ﴿١٧٧﴾

nga ssi bwe kiri. Okukola ebikolwa kungulu ebirabibwako abantu naye nga omutima tegwehaddeyo, tekiraga bukkiriza na bulongoofu bwa muntu. Wa bula waliwo ebigambo ebikulu ebyimiriddeko obulungi nga ebimu mu byo bibalibwa mu mpagi za nzikiriza, n'ebirala nga bibalibwa mu bikolwa by'okusinza Katonda: N'ekisooka kwe kukkiriza Katonda, omuntu n'ava ku kusinza ebifonde n'alaga eri okusinza Katonda yekka Omutonzi, n'okukkiriza olunaku lw'okuzuukira, omuntu n'akakasa nti waliyo obulamu oluvannyuma lw'obwo obw'ensi. Katonda mw'alisasulira abaddu Be empeera y'emirimu gyabwe gye bakola ku nsi, era n'avunaana abo abaajemera ebiragiro Bye. N'okukkiriza okubaawo kwa bamalayika newankubadde nga omuntu tasobola kubalaba. N'okukkiriza ebitabo Katonda bye yawa bannabi Be. N'okukkiriza bannabbi bonna Katonda be yassaako obubaka Bwe n'okakasa nga bwe baatuusa eri abantu ebyo byonna Katonda bye yabalagira.

Era kibalibwa mu birungi by'omuntu, bw'awaayo emmaali ye n'omutima omulungi eri ab'oluganda lwe abectaavu, ne bamulekwa — n'abo be baana abato abafiriddwako kitaabwe, n'abanaku abo abali mu bwetaavu obuyitirivu. Era n'awa n'abatambuze abo abali mu lugendo, abakutuse ku nsi yaabwe ne baba nga tebalina kibayamba oba ekibasobozesa okubazzaayo ewaabwe. N'abasabi abo abali mu bwetaavu lwe bubatuusa ku kusaba. Era n'okuwaayo emmaali ku lw'okuyamba abo abali mu buddu basobole okubvuama.

Era nakyo kya mu birungi okukuuma esswala nga buli sswala ogisaaalira mu kiseera kyayo wamu n'okujjuza empagi zaayo n'obulombolombo bwayo; wamu n'okutoola zzaakati — nakwo kwe kuwaayo nga oggya mu mmaali yo ekigero Katonda kye yalaalika buli mwaka, nga ekigero ekyo okiwa eri abo abateekwa okukiwebwa. Gattako n'okutuukiriza endagaano z'oba olagaanyisizza. N'okugumiikiriza ku bizibu ebiba bikuguddeko ebikwata ku bulamu oba ebikwata ku nfunayo. Era n'okugumiikiriza n'obuvumu mu kiseera ky'olutalo (eky'ensisi oba okutya).

Abo abakunngaanya ebyo ebimenyeddwa ebikwata ku nzikiriza n'emirimu emirungi, abo be bakakasa mu kukkiriza kwabwe, era abo be batya Katonda ne beesamba obutakkiriza, era ne babeera wala n'ebibi.

178. Abange mmwe abakkiriza! Kwalaalikwa ku mmwe okuwoolera eggwanga mu kutta omuntu: omwana waboowo attibwa ku lw'okutta omwana waboowo, n'omuddu attibwa olw'okutta omuddu, n'omukazi attibwa olw'okutta omukazi. N'omuntu asonyiyibwa okuva eri muganda (w'oyo attiddwa—asasule oyo amusonyiye) ekintu, alina okubanja mu ngeri ennungi, n'asasula asasule lwa bulungi. Okwo kwe kubanguyiza okwava eri Mukama wammwe n'okusaasira. (Mu kiseera bwe yabaterawo okutwala engassi mu kifo ky'okuttibwa). N'omuntu alumba (oyo gw'asonyiye) oluvannyuma lw'okwo (okusonyiwa n'amutta ku lw'okutta muganda we) alina ebibonyobonyo ebiruma.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُتِبَ عَلَيْكُمُ  
الْقِصَاصُ فِي الْقَتْلِ أَمْحَرُ بِالْحَرِّ  
وَالْعَبْدُ بِالْعَبْدِ وَالْأُنثَى بِالْأُنثَى  
فَمَنْ عَفِيَ لَهُ مِنْ أَخِيهِ شَيْءٌ  
فَأْتِبَاءً بِالْمَعْرُوفِ وَأَدَاءً إِلَيْهِ  
بِإِحْسَانٍ ذَلِكَ خَفِيفٌ مِّنْ  
رَّبِّكُمْ وَرَحْمَةٌ مِّنْ  
أَعْتَدَى بَعْدَ ذَلِكَ فَلَهُ  
عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٧٨﴾

179. Era mulina mmwe mu tteeka ly'okuwoolera eggwanga obulamu, abange mmwe abalina amagezi, oba olyawo ne mutya Katonda (ne wesamba ekikolwa ky'obutemu).

وَلَكُمْ فِي الْقِصَاصِ حَيَوةٌ  
يَأُولِي الْأَلْبَابِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٧٩﴾

180. Kwalaalikwa ku mmwe (nti) singa okufa kusembedde eri omu ku

كُتِبَ عَلَيْكُمْ إِذَا حَضَرَ أَحَدَكُمُ

178. Lino ly'etteeka ly'okutta oyo ab'asse munne nga agenderedde.

Singa nnannyini muntu oyo attiddwa asonyiwa oyo eyasse omuntu we, oyo eyasse aba atekwa okuwa engassi eri ab'oluganda lw'oyo gw'asse. Kyokka nnannyini mufu alina okubanja engassi eyo mu ngeri ennungi, era n'oli asasula engassi alina okusasula mu ngeri ennungi awatali kulwisawo. Ekyo Katonda yakikola ku lw'okubakendeereza ku buzibu bw'okuttibwa, era na ku lwa kubasaasira kyeyava atekawo okuwa engassi mu kifo ky'okuttibwa bwe baba bannannyini muntu basiimye okutwala engassi. Naye singa nnannyini muntu alumba oyo gwe yamaze okusonyiwa ate n'amutta, naye attibwa: era alina ebibonerezo ebikambwe mu maaso ga Katonda; era oyo takkirizibwa kusonyiyibwa olw'okumenya endagaano gye yamaze okukakasa.

Etteeka lino lyakyusibwamu mu katundu akagamba nti: omwana waboowo attibwa olw'okutta omwana waboowo, n'omuddu attibwa olw'okutta omuddu, n'omukazi ku lw'okutta omukazi - ekyo kyakyusibwa n'ekitundu ekiri mu ssuula Al-Maa'idat ekigamba nti: "Omuntu attibwa ku lw'okutta omuntu." Kye kimu omwana waboowo bw'aba asse omuddu attibwa, n'omusajja bw'atta omukazi attibwa.

179. Ku lw'etteeka lino, abantu bafuna obulamu kubanga singa omuntu amanya nti bwe natta munnange nange bajja kunzita. olwo atya okumutta. Ekyo ne kibeera nga kiwonya obulamu bwa bombiriri.

180 Singa omuntu atuukwako obubonero bw'okufa: nga okuba nti alwadde obulwadde

mmwe, bw'abanga elese emmaali, atekwa okulaama nga alaamira abazadde bombi n'ab'oluganda olw'okumpi (nga abalaamira) mu ngeri ennungi. Ekyo kikakafu ku batya Katonda (Abakkiriza).

181. N'omuntu (yenna) akikyusa (ekiraamo) oluvannyuma lw'okukiwulira — mazima ekibi ekyo kiri kw'abo ababa bakikyusizza. Mazima Katonda Awulira, Amanyi.
182. N'omuntu aba atidde mu alaama okwekubiira oba ekibi, n'alongoosa wakati waabwe (abo abalaamid-dwa), ye talina kibi. Mazima Katonda Musonyiyi, (era) Musaasizi.
183. Abange mmwe abakkiriza! Kwalaalikibwa ku mmwe okusiiba, nga

الْمَوْتُ إِنْ تَرَكَ خَيْرًا الْوَصِيَّةُ  
لِلْوَالِدَيْنِ وَالْأَقْرَبِينَ بِالْمَعْرُوفِ  
حَقًّا عَلَى الْمُتَّقِينَ ٨٥

فَمَنْ بَدَّلَهُ بَعْدَ مَا سَمِعَهُ فَأَنَّمَا  
رِثَتُهُ عَلَى الَّذِينَ يَبْدُلُونَهُ  
إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ٨٦

فَمَنْ خَافَ مِنْ مَوْصٍ جَنَفًا  
أَوْ أِثْمًا فَاصْلِحْ بَيْنَهُمْ فَلَا إِثْمَ  
عَلَيْهِ إِنْ اللَّهُ عَفُورٌ رَحِيمٌ ٨٧  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّبِعُوا عَلِيمٌ ٨٨

obw'amaanyi, oba nga agenda kutambula olugendo oluwanvu, oba agenda ku lutalo; atekwa okulaama bw'aba abadde alina emmaali; — alaamira bakadde be n'ab'oluganda lwe. Mu kulaama okwo asaana aleme okwekubiira wabula atunuulire asinga okuba omwetaavu mu b'oluganda abo b'alaamira. Etteeka lino lyakyusibwamu n'etteeka eddala eriwa buli muntu omugabo gwe omugere. Abazadde bombi ne baweebwa emigabo gyabwe — n'olw'ekyo tekikyasoboka kulaamira bazadde oba ow'oluganda: Buli omu yenna alina omugabo omugere gw'ateekwa okufuna mu mmaali y'omufu

Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye), yagamba nti: Mazima Katonda amaze okuwa buli nnannyini mugabo, omugabo gwe; tewali nate kulaamira anaasika. "Amakulu, alina omugabo mu mmaali y'omufu. Wano okulaama ne kusigala kulaamira abo ab'oluganda abatalina mugabo mugereke. Nga okulaama okwo tekuyisa kimu kyakusatu kya mmaali omuntu oyo gy'aba alesse. Kyokka singa akoma ku kimu ekyokuna, ekyo kye kisinga obulungi ku lw'ekigambo kya Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) ekigamba nti kale kimu kyakusatu, naye n'ekimu ekyokusatu kingi. Singa mazima ggwe olese abasika bo nga bagagga kye kirungi okusinga okubaleka nga baavu abagenda nga basabiriza abantu."

181. Singa omuntu awulidde okulaama kw'omuntu, ate oluvannyuma n'akyusa ekiraamo ekyo omufu kye yalaama, ekibi ekyo kibeera kw'oyo aba akikyusizza. Ne Katonda y'aba omujulizi kubanga y'awulira ebyo omufu bye yalaama, era amanyi. N'olw'ekyo avunaana oyo aba akikyusizza.

182. Singa omuntu alaba ensobi mu kiraamo kya munne, nga okubeera nga yeekubidde n'awa omugagga n'alekawo omwavu, oba n'alekawo baganda be n'alaamira ab'ebballi, oba n'alaamira oyo alina omugabo mu mmaali ye, — omuntu oyo bw'alongoosa ensobi ezo eziri mu kiraamo ekyo, talina kibi mu maaso ga Katonda. Mazima Katonda Musonyiyi, Omusaasizi: tavunaana oyo atalina kibi ky'akoze.

183. Katonda annyonyola nga bwe yalaalika ku Basiraamu okusiiba, era nga etteeka ly'okusiba bwe liri ery'edda eryalaalikwa ku bakkiriza ab'emirembe gya bannabbi abasooka, nga ekigendererwa ekikulu mu kusiiba kwe kutendeka emitima gy'abakkiriza gisobole okutya Katonda -



bwe kwalaalikibwa kw'abo abaaba-sooka, oba olyawo ne mutya Katonda;

184. (Musiiba) ennaku mbale bubazi; omuntu aba mu mmwe nga mulwadde, obanga ali mu lugendo (mutambuze), alina okubala mu nnaku endala (ezitali za kusiibo n'aziriwa mu kusiiba); era ekiri kw'abo abakusobola (awamu n'okuzitowererwa nga abakadde) balina okuwa ennuzi: nga mmere gye bawa abanaku — N'omuntu akola ekitaamulaalikwa mu birungi (ebya *sunna*) nakyo kya mu birungi bye. Singa musiiibe kiba kirungi gye muli bwe muba nga mumanyi.
185. (Omwezi ogwalaalikibwa okusiibwa gwe gwo) Omwezi gwa Ramanzaane

الصِّيَامُ كَمَا كَتَبَ عَلَى الَّذِينَ  
 مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٨٤﴾  
 أَيَّامًا مَعْدُودَاتٍ فَمَنْ كَانَ مِنْكُمْ  
 مَرِيضًا أَوْ عَلَى سَفَرٍ فَعِدَّةٌ مِنْهُ  
 أَيَّامٌ أُخَرَ وَعَلَى الَّذِينَ يُطِيقُونَهُ  
 فِدْيَةٌ طَعَامُ مَسْكِينٍ فَمَنْ  
 تَطَوَّعَ خَيْرًا فَهُوَ خَيْرٌ لَهُ وَأَنْ  
 تَصُومُوا خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ  
 تَعْلَمُونَ ﴿١٨٥﴾  
 شَهْرُ رَمَضَانَ الَّذِي أُنزِلَ فِيهِ

Kubanga omusiibi yecwaayo okuluma enjala n'ennyonta era n'ayawukana n'okusanyuka ne bakyalaba, ku lwa kugondera Katonda na kumutya, nga anoonya kusima Kwe.

\* N'okusiiba y'empagi cyokuna ku mpagi z'Obusiraamu ettaano. Nnabbi (okusaasira n'emirembe bibe ku ye), yagamba nti: "Obusiraamu bwazimirwa ku mpagi ttano: (1) Okujulira n'okukakasa n'omwoyo nti tewali atekwa kusinzibwa mu biriwo byonna wabula Katonda yekka Omutonzi, na mazima Muhammadi mubaka wa Katonda. (2) N'okuyimirizaawo esswala, (3) n'okutoola Zzakaati, (4) n'okusiiba omwezi gwa Ramanzaane, (5) n'okukola Hijja. N'ekiyitibwa okusiiba kwe kumalira okulekayo okulya, n'okunywa, n'okulabagana ne mukyala wo, n'okugeya abantu, n'okulimba n'ebirala ebibi okuva emmamba lw'esala okutuusa enjuba lw'egwa; nga ekyo okikola ku lwa Katonda. Okusiiba kulina enkizo nnene mu maaso ga Katonda era kyama ekiri wakati w'omuddu ne Katonda we. Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye), yagamba nti: "Katonda agamba nti buli mulimu omwana w'omuntu gw'akola guba gugwe okuggyako okusiiba: Mazima kwo kwange era Nze nkusasula." Kubanga omuntu tasobola kusiiba lwa bandabe naye emirimu emirala oluusi omuntu ayinza okugikola olwa bandabe. N'olw'ekyo okusiiba kusiga mu mutima gw'omukkiriza okutya Katonda.

184. Wano Katonda ategeza nga okusiiba okwalaalikibwa bwe kuli kwa nnaku mbale bubazi, sso ssi banga ddene eriyinza okuzitowererwa omuntu. Nagwo mwezi gumu nga bwe tunaakitegeera mu kitundu ekinaddirira.

Ata omuntu azibuwaliirwa okusiiba olw'okuba mulwadde, alina obutasiiba okutuusa lw'assuuka; oba abadde mutambuze alina obutasiiba okutuusa ennaku ezo lw'aziriwa mu biscera ebirala ebitali bya kusiiba. Mu matandika g'etteeka ly'okusiiba kyali nti, singa omuntu azitowererwa okusiiba, yakkirizibwanga okusaddaakira abanaku emmere mu kifo ky'okusiiba, nga ayongerako ku kigero ekyamulagirwa n'abawa emmere ennyingi. Obulungi bw'ekyo budda gy'ali, kyokka bw'aba asiibe awamu n'okuzitowererwa, ekyo kye kisinga obulungi ku ye. Kyokka ekyo kyaggyibwawo n'etteeka erinaddirira eriragira okusiiba kwokka, awatali kusaddaaka mmere mu kifo ky'okusiiba. Wabula okusaddaaka emmere kyasigala ku mukadde atasobola kusiiba, n'omulwadde ow'olukonvuba atasubirwa kussuuka.

185. Katonda alaga enkizo omwezi gwa Ramanzaane gye gulina n'ekitiibwa kye gusinza ku



ogwo ogwakkiramu Kuraane ku lw' okulungamy abantu n'okunnyonyola obulungamu, era enjawuzi (eyawula wakati w'amazima n'obulimba). N'omuntu aba aliwo mu mwezi (ogwo) atekwa agusiibe, n'oyo abeera nga mulwadde oba nga ali mu lugendo, alina okubala (n'asasula enaku z'atasiibe) mu nnaku endala (ezitali mu mwezi gwa kisiibo). Katonda abaagaliza bwangu, era tabaagaliza buzito; muteekwa mujjuzi omuwendo (gw'ennaku), era mumugulumize Katonda kw'ekyo kye yabalungamyamu, oba olyawo ne mwebaza.

186. Abaddu bange bwe baba bakumbuzizza, (bagambe nti) mazima Nze ndi kumpi (nnyo nabo). Nnyanukula okusaba kw'ansaba singa abadde ansbye. Kale bannyanukule (n'okugondera amateeka gange) era banzi-

الْقُرْآنُ هُدًى لِّلنَّاسِ وَبَيِّنَاتٍ  
مِّنَ الْهُدَىٰ وَالْفُرْقَانِ فَمَنْ  
شَهِدَ مِّنْكُمْ الشَّهْرَ فَلْيَصُمْهُ ۖ  
وَمَنْ كَانَ مَرِيضًا أَوْ عَلَىٰ سَفَرٍ  
فَعِدَّةٌ مِّنْ أَيَّامٍ أُخَرَ يُرِيدُ اللَّهُ  
بِكُمُ الْيُسْرَ وَلَا يُرِيدُ بِكُمُ الْعُسْرَ  
وَلِتُكْمِلُوا الْعِدَّةَ وَلِتُكَبِّرُوا اللَّهَ  
عَلَىٰ مَا هَدَاكُمْ وَلَعَلَّكُمْ  
تَشْكُرُونَ ﴿١٨٦﴾

وَإِذَا سَأَلَكَ عِبَادِي عَنِّي فَإِنِّي  
قَرِيبٌ ۖ أُجِيبُ دَعْوَةَ الدَّاعِ إِذَا  
دَعَانِ فَلْيَسْتَجِيبُوا لِي

myezi emirala, kubanga gwo gwe yasiima gukkiremu Kuraane ey'ekitiwa nga ekka yonna omulundi gumu okutuuka ku ggulu crisooka awali ennyumba eyitibwa "Baitul-Izzi". Ate okutuusa lwe yakka ku Nnabbi (s.a.w.) mu bitundutundu. Katonda yagissa ku lw'okulungamy abantu, n'okubannyonyola mu bujjuzi ckkubo eribatuusa ku bulungi, era n'okubalaga enjawulo eri wakati w'amazima n'obulimba.

N'omuntu aba aliwo nga mulamu mu kuboneka kw'omwezi gwa Ramanzaane kyokka nga ssi mulwadde era nga ssi mutambuze, atekwa buteekwa kugusiiba. Bw'aba nga mulwadde oba nga ali mu lugendo ayinza obutasiiba oluvannyuma n'aliwa enaku ze yalya mu kisiibo, mu mwezi omulala ogutali gwa Ramanzaane — Kubanga Katonda abaagaliza abantu bwangu; n'olw'ekyo yakkiriza omulwadde oyo azitoowereddwa okusiiba alye mu kisiibo, naye oluvannyuma aliwe enaku z'atasiibe. Wabula omuntu bwe yecwaliriza n'asiiba nga mulwadde, obanga mutambuze, kye kisinga obulungi ku ye bwe kuba okusiiba okwo nga tekuleete kabi kanene ku bulamu bwe. Ekyo kiraga „ga eddiini y'Obusiraamu, bw'eri eddiini ennyangu, tewaliriza muntu kukola kiri waggulu wa usobola kwe.

Katonda yamalizira ekitundu kino nga agamba nti: "Era mwogerenga ku Katonda ku lw'okubalungamy" mu kiscera bwe muba nga mumaliriza okusiiba kwammwe, nga mulceta "Ttakibiira", era mumwaze olw'okubasobozesa okutuukiriza amateeka Ge n'okumugondera.

186. Omu mu Basiraamu yabuza Nabbi (s.a.w.) nti: Katonda waffe ali kumpi twogere naye, nandiki, oba ali wala tumukoowoole? Katonda n'assa ekitundu kino nga ategeza nga bw'ali okumpi n'abaddu Be, era amanyi ebyo bye bakola.

Katonda kwe kulagira Nabbi Muhammad abagambe nti: "Ndi kumpi (nnyo nabo) nnyanukula oyo ansbye — olw'ekyo bannyanukule nga bagondera amateeka gange, era bakkirize obw'omu

kirize, balyoke balungame (bwe bannaakola ekyo).

187. Kukkirizibwa ku mmwe mu biro by'ekisiibo okulabagana ne bakyala bammwe. Bo (abakyala) kyambalo kyammwe nammwe (abasajja) muli kyambalo kyabwe. Katonda yamanya nga mazima mwe mwalinga mukema emyoyo gyammwe kale n'abasonyiwa, kaakati mulabagane nabo. Kale (mwegatte nabo) munoonye ekyo Katonda kye yabagerera, mulye era munywe okutuusa lw'encebeeyolekera ewuzi enjeru (ekitangaala) nga eva ku wuzi enzirugavu (ekizikiza) okutuusa ku kusala kw'emmambya. Oluvanyuma mujjuze okusiiba okutuusiza ddala ekiro. Temulabagananga nabo (abakyala) nga nammwe mumaliridde okutuula mu Mizikiti (mu nnaku ekkumi ezisembayo mu kisiibo — *Etikaafu*). Ebyo by'ebikomo by'amateeka ga Katonda temubisemberera (ne mu-

وَلْيَوْمَ مَوْرِدِي لَعَاهُمْ  
يُرْشِدُونَ ﴿٣٧﴾  
أُحِلَّ لَكُمْ لَيْلَةَ الصِّيَامِ الرَّفَثُ  
إِلَى نِسَائِكُمْ هُنَّ لِبَاسٌ لَكُمْ  
وَأَنْتُمْ لِبَاسٌ لَهُنَّ عَلِمَ اللَّهُ أَعْيُنَكُمْ  
كُنْتُمْ تَحْتَاوُونَ أَنْفُسَكُمْ فَتَابَ  
عَلَيْكُمْ وَعَفَا عَنْكُمْ ۚ فَالْظَنَ  
بِأَشْرُوهُنَّ وَأَبْتَغُوا مَا كَتَبَ اللَّهُ  
لَكُمْ مَوَٰكِبًا وَأَشْرُوا حَتَّىٰ يَكْبِتَ  
لَكُمْ الْخَيْطُ الْأَبْيَضُ مِنَ الْخَيْطِ  
الْأَسْوَدِ مِنَ الْفَجْرِ ثُمَّ أَتُمُوا  
الصِّيَامَ إِلَى الْيَتْرِ وَلَا تَبْتَغُوا مِنْهُنَّ

bwange — eryo ly'ekkubo ly'okulunngama era ly'ekkubo ettuuu. "Kirungi omuntu asabe Katonda mu kiseera ky'okusiibulukuka kubanga okusaba okwo Katonda akukkiriza." Bw'atyo Nabbi (s.a.w.) bwe yagamba.

187. Mu matandikwa g'okulagira okusiiba etteeka lyali ligamba nti, bw'aba omuntu anaasiiba enkya, yali tateekwa kulabagana na mukyala we ekiro ekyo. Era bw'aba amaze okusiibulukuka ne yeebaka, aba takyaddayo kulya okutuusa enjuba okugwa enkeera. Abantu baalinga bakwenyakwanya emitima gyabwe: Abamu baalabagananga nabo mu kisiibo naye nga emitima gyetya nti basobezza. Oluusi abalala ne baagala okulabagana ne bakyala baabwe naye ne batya, oluusi abamu otulo twasobolanga okubatwala ne batalya, ate enkeera ne basiiba. Ekyo ne kiba nga kibazitoowerera. Katonda kwe kussa etteeka lino eriggyawo ebyo. N'abakiriza okulabagana ne bakyala baabwe ekiro mu mwezi gw'ekisiibo. Era ne bakkirizibwa okulya n'okunywa okutuusiza ddala emmambya okusala. N'ekigendereddwa mu wuzi enjeru kye kitangaala ky'omusana; ne wuzi enzirugavu kye kizikiza ky'ekiro. Baalagirwa bajjuzenga okusiiba kwabwe okutuusiza ddala lwe bamala okukakasa nti enjuba eggudde.

Olw'obwetaavu omusajja bw'alina ku mukyala, n'obwetaavu omukyala bw'alina ku musajja. Katonda kyeyava ayita buli omu ekyambalo kya munne n'okuba nga buli mubiri gw'omu gusisinkana ogwa munne nga olugoye bwe lusinginkana ku mubiri.

*Etikaafu* — kwe kumalirira mu kweyagalira oli n'atuula mu muzikiti mu nnaku ekkumi ezisembayo mu kisiibo nga atendereza Katonda n'okumulowoozaako ne yeelekereza eby'ensi byonna. Tava mu muzikiti mpozzi okufuluma yeyambe. Kale singa omuntu amalirira okutuula mu muzikiti — ekiro

gamenya amateeka ago). Bw'atyo Katonda bw'annyonyola amateeka Ge (eri) abantu oba olyawo ne batya (okugamenya).

وَأَنْتُمْ عَاكِفُونَ فِي الْمَسْجِدِ  
تِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ فَلَا تَقْرَبُوهَا  
كَذَلِكَ يبينُ اللهُ آيَاتِهِ لِلنَّاسِ  
لَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ ﴿١٤٧﴾

188. Era temulyanngananga emmaali yammwe mu ngeri eteri ntuufu, wadde ne mugitwala eri abalamuzi mulyoke mulye ekitundu mu mmaali y'abantu ne (mukola) ekibi nga nammwe manyi (nga bwe mutali batuufu).

وَلَا تَأْكُلُوا أَمْوَالَكُم بَيْنَكُم  
بِالْبَاطِلِ وَتُدْأُوا بِهَا إِلَى الْحُكَّامِ  
لِتَأْكُلُوا فَرِيقًا مِنْ أَمْوَالِ  
النَّاسِ بِالْإِثْمِ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١٤٨﴾

189. Bakubuuza ku mwezi (Ggwe Muhammad, engeri gye gukyukakyuka). Bagambe nti: gwo (gulaga) biseera bya bantu ne (ekiseera) kya Hijja. Era ssi kirungi okujja mu mayumba nga muyita emabega waago, naye

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الْأَهْلِ ط قُلْ هِيَ  
مَوَارِيثُ النَّاسِ وَالْحِجَابُ وَالْحِجَابُ  
الْبُرِّ بَانَ تَأْتُوا الْبُيُوتَ مِنْ

ekyo ky'aba anaatuula mu muzikiti tateekwa kulabagana na mukyala we. Katonda yamaliriza ekitundu kino nga ategeeza nga ago bwe gali amateeka Ge agatateekwa kusukibwa. Era bw'atyo bw'agannyonyola abantu basobole okutya okugasukka.

188. Katonda yagaana ab'ekibiina kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) abamu okulya emmaali ya bannaabwe mu makubo agatali matuufu: Kino kitwaliramu buli ngeri yonna omuntu gy'afunamu emmaali nga ayita mu makubo agatakkirizibwa mu ddiini y'Obusiraamu. Okugeza nga:

Okukuba zzaala, okuwola okw'okuzzaamu, okunyaga, okwegana ebbanja lya munno, okutwala emmaali ya munno nga tasiimye, emmaali eva mu kulagula, omukazi okwetunda, okutunda omwenge, n'ebirala ebifaanana nga ebyo.

Singa omuntu awaabye omulamuzi n'asala omusango omu n'asinga, kyokka nga asinze amanyi nti si mutuufu; emmaali eyo gy'asinze kizira okugitwala. Kubanga abantu abamu balina omukisa gw'okwogeta ennyo n'okwennyonyolako okusinga abalala. Awo kyanguyira omulamuzi nga agoberera ebyogeddwa mu bujulizi okusala omusango, oyo n'agusinga, n'atwala ekitali kikye.

189. Abantu baabuuza Nabbi (s.a.w.) nti lwaki omwezi gukyukakyuka ne gutaba ku ngeri emu — guba mutono mu ntandikwa ne gugenda nga gugejja mpolampota okutuusa lwe gufuuka ogwe ggabogabo; ate ne gutandika okutonwa ne guddayo nga bwe gwali, ne gutaba ku ngeri emu okufaanana n'enjuba?

Katonda n'assa ekitundu kino nga agamba Nabbi nti, bakubuuza ku mwezi, baddemu obagambe nti okukyukakyuka kw'omwezi nsonga ya mugaso ogukwata ku ddiini ne ku nsi. Omwezi kabonero akakuuma ebikomo by'ebiseera by'abantu mu nkolagana ekwata ku nfuna yaabwe, ne ku bulamu bwabwe, era n'okutegeera ekiseera kya Hijja. Eyo Hijja ebalibwa nga emu ku mpagi z'Obusiraamu. Singa omwezi guli ku ngeri (mbeera) emu okufaanana nga enjuba, tekyandisobose kumanya biseera bya myezi — oba gwa mbonekererwa oba ggabogabo, oba guweddeko. Era tekyanditegeerckese ekiseera kya Hijja n'amatandika g'okusiba n'okusibulukuka.

obulungi bw'oyo atya Katonda. Kale mujjenga mu mayumba nga muyita mu miryango gyago, era mutyenga Katonda, mulyoke mulokoke.

ظُهُورِهَا وَاللَّيْنِ الْبَدْرِ مَنِ  
الْقَمَرِ وَأَتْوَالِ الْبُيُوتِ مِنْ  
أَبْوَابِهَا وَأَتَقُوا اللَّهَ لَعَلَّكُمْ  
تُفْلِحُونَ ﴿١٨٩﴾

190. Mulwane mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula eddiini Ye) nga mulwanyisa abo ababa babalwanyisizza. Naye temulumbagananga (atabalwanyisizza). Mazima Katonda tayagala balumbaganyi.

وَقَاتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ الَّذِينَ  
يُقَاتِلُونَكُمْ وَلَا تَعْتَدُوا طَرِيقَ  
اللَّهِ لِرِجْبِ الْمُعْتَدِينَ ﴿١٩٠﴾

191. Era mubattenga (abo ababalwanyisizza obwereere) buli wonna we mu-

وَأَقْتُلُواهُمْ حَيْثُ ثَقِفْتُمُوهُمْ

B'Answaari (abasiraamu abaalwanirira Nnabbi) abazaaliranwa b'omu Madiina, bwe baabanga bakomyewo okuva okukola Hija, nga tebayita mu miryango gya mayumba gaabwe wabula nga bagayingira luvannyuma lwa kuwummula ekituli ku nnyumba ne bayingiriramu oba ne babuuka enkomera emmanju ne bayingirira mu miryango gy'emmanju. Ekyo baakirabanga nga ekirungi mu ddiini. Katonda kwe kussa ekitundu kino ekigamba nti: "Si kya mu birungi okubanga muyingira mu mayumba nga muyita emabega waago, naye ekibalibwa mu bulungi y'oyo atya Katonda. Muyingiranga amayumba nga muyita mu miryango gyago." Kale awo Katonda n'adibya empisa eyo ey'ekisiru etakwatagana na ddiini ntukuvu.

190. Okutandika n'ekitundu kino Katonda yalaalika Abasiraamu okulwanyisa abo ababa babalwanyisizza mu ngeri y'okwetaasa, n'abagaana okulumbagana oyo atabalwanyisizza. Nga okulwana okwo ekikugendererwamu kwe kukuuma eddiini ya Katonda n'okugisitula. Sso ssi lwa kufuna bitiibwa na bufuzi, oba okwekomya ettaka ly'abantu n'ebintu byabwe nga bwe kiri mu ntalo endala. Olw'ekyo singa eddiini etebenkedde ne waba nga tewali mulabe yenna agirumbagana, olwo eddiini y'Obusiraamu tekkiriza kutanuiwo lutalo ku bantu abatabalumbye.

Era Obusiraamu tebukkiriza kulumba abo abatali ku lutalo ng'abakyala n'abaana abato, nga mw'otwalidde n'abakadde. Era tebukkiriza kulumbagana bannaddiini abali mu Bigo byabwe ne mu Masinzizo gaabwe awatali kwawula ddiini gundi. Olw'ekyo Nabbi yalaamiranga abaduumizi b'eggye lye bwe yabasindikanga ku lutalo n'agamba bw'ati: "Mujja kusanga abantu abagamba nti emitima gyaffe gyemalidde ku Katonda, mubalekenga kw'ekyo kye beemaliddeko, era temutta omukazi obo omwana omuto obo omukadde".

Olwo lwe lutalo lw'Obusiraamu, era ago ge mateeka gaalwo n'ebigendererwa byalwo. N'Abasiraamu tebalwana, wabula ku lwa kukuuma nzikiriza yaabwe na kutaasa ddiini ya Katonda N'olw'ekyo balwanyisa oyo aba abalumbye ne yeekiika mu kkubo ly'okubunyisa eddiini ya Katonda mu nsi; era bamanyi nti tebasobola kuwangula mulabe waabwe wabula na kutaasa kwa Katonda, sso ssi lwa bungi bwabwe, oba na lwa kuba na byakulwanyisa bya maanyi.

191. Mazima omuntu okumulumbagana n'okumuwalagganya ku lw'eddiini kuba kumulumba ku kintu eky'omuwendu okusinga ebintu bye ebirala byonna by'alina nga n'obulamu mw'obutwalidde, n'olw'ekyo okufa kye kisinga obulungi okusinga okufiirwa eddiini ye.

Wano Katonda kyeeyava alagira Abasiraamu batte abo ababa babalumbaganye buli wonna we baba babasanze. Kyokka tebabattira mu Kibuga Eky'emiziko Makka, kubanga ekibuga ekyo

basanganga, era mubaggye (mu bitundu byammwe) bye baabaggyamu. N'effitina (obutakkiriza) y'embi empitirivu okusinga okutta. Kyokka temubalwanyisizanga awali Omuziki Ogw'emizizo (mu Makka) okutuusa bo lwe babalwanyisizaamu, (Naye) bwe babanga babalwanyisizza (awo we guli) nammwe mubalwanyisenga. Bw'etyo bw'eri empeera y'abatakkiriza.

192. Wabula singa baleseeyo, mazima Katonda Musonyiyi, Omusaasizi.
193. Mubalwanyise okutuusa waleme kubaa wo mpalana (esibuka ku ddiini), (olwo) ebeere eddiini nga ya Katonda. Bwe babeera nga baleseeyo (ne bava ku butakkiriza), tewali nate bulabe wabula ku balyazaamaanyi (abo abeeryazaamaanya bokka ku lw'obutakkiriza).
194. Omwezi ogw'emizizo (ekitiibwa kya gwo kikumwa obutalumbaganwa) mu Mwezi gw'emizizo, n'ebintu eby'ekitiibwa birina okuwoolerwa eggwanga. N'omuntu abalumbagana, mulumbenga engeri gy'abalumbye-

وَأَخْرِجُوهُمْ مِّنْ حَيْثُ أَخْرَجْتُمْ  
وَالْفِتْنَةُ أَشَدُّ مِنَ الْقَتْلِ وَلَا  
تَقْتُلُواهُمْ عِنْدَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ  
حَتَّى يُقْتَلُوا فِيهِ فَإِن قُتِلُوا  
فَاتُّوهُمْ كَذَلِكَ جَزَاءُ الْكَافِرِينَ ﴿١٩١﴾

فَإِن أَنهَوْا فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٩٢﴾  
وَقَاتِلُواهُمْ حَتَّى لَا تَكُونَ  
فِتْنَةً وَيَكُونَ الدِّينُ لِلَّهِ  
فَإِن أَنهَوْا فَلَا عُدْوَانَ إِلَّا  
عَلَى الظَّالِمِينَ ﴿١٩٣﴾

الشَّهْرُ الْحَرَامُ بِالشَّهْرِ الْحَرَامِ  
وَالْحُرُمَاتُ قِصَاصٌ فَمَنِ اعْتَدَى  
عَلَيْكُمْ فَاَعْتَدُوا عَلَيْهِ بِمِثْلِ

Katonda yakifuula kya mirembe, tekikkirizibwa kuttiramu muntu. Kyokka singa bagezzaako abalabe okubalwanyisiza mu Kyo, nammwe mubattiremu. Eyo y'empeera csaanira okusuala abalumbaganyi abatakkiriza Katonda.

192. Singa abalumbaganyi baba nga beeneyezza ne balekayo okuwalagganya abakkiriza n'okubalwanyisa, ne bakkiriza, Katonda abasonyiwa ebyo bye babadde bakoze kubanga Ye asonyiwa oyo eyeeneyezza era musaasizi. Ekikulu ekigendererwa mu lutalo lw'eddiini kwe kulekera abantu eddembe okuba ku ddiini yaabwe baleme okukyusibwa n'amaanyi okuggyibwa ku ddiini ya Katonda. Oba okwekiika mu kkubo ly'okukulaakulana kwayo. N'olwekyo okulwana kuteekwa okubaawo okutuusa amaanyi g'oyo omulabe agiziyiza lwe gamalibwawo olwo n'ebeera eddiini nga erina amaanyi agagikuuma ku balabe baayo.

193. Mu kitundu kino kitegeerekeka bulungi nti buli wonna lwe wabaawo omuntu alumbagana Abasiraamu okubaggya ku ddiini yaabwe, oba okubawalagganya olw'eddiini yaabwe, balina okwerwanako basobole okuyimirizaawo eddiini ya Katonda mu nsi, kubanga Abasiraamu eddiini ebawaliriza okubunyisa ekigambo kya Katonda mu nsi, n'okulwanyisa amaanyi gonna agaba geekiise mu kkubo ly'okubunyisa ekigambo kya Katonda okutuusa abantu lwe babeera nga be balina okusalawo ekyo kyonna kye baba baagadde, era balungame nga badda eri okukkiriza Katonda.

194. Katonda yagaana abakkiriza okulwanira mu Myezi Gy'emizizo n'agifuula gya ddembe olw'ekitiibwa kyagyo.

mu. Mutyenga Katonda, era muma-  
nye nga mazima Katonda ali wamu  
n'abamutya.

مَا عَتَدَىٰ عَلَيْكُمْ وَأَنْتَوَاللَّهِ  
وَأَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُتَّقِينَ ﴿١٩٣﴾

195. Muweeyo (emmaali) mu kkubo lya  
Katonda, era temwesuulanga n'em-  
kono gyammwe mu kuzikirira; era  
mulongoosenga. Mazima Katonda  
ayagala balongoosa.

وَأَنْفَعُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلَا تُلْقُوا  
بِأَيْدِيكُمْ إِلَى التَّهْلُكَةِ وَأَحْسِنُوا  
إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٩٤﴾  
وَاتَّبِعُوا الْحَبْرَةَ وَالْعُمَرَ لِلَّهِ فَإِنَّ

196. Mujuzenga Hijja ne Umura ku lwa  
Katonda. Bwe mubanga muziyizibb-

Naye singa omuntu atanudde ku Basiraamu olutalo n'amanya ekitiibwa kyagyo, nabo balina okwesasuzane ne beerwanako mu gyo kubanga empeera y'omuntu alwanidde mu bisceera eby'ekitiibwa n'ajolonga ekitiibwa kyabyo — naye atekwa asaluswe ekibi ekyo ky'aba akoze n'ekibonerezo ekikifaanana.

Wano Katonda kwe kugamba nti: "N'omuntu abalumbagananga nammwe mumulumbwe engeri gy'abalumbayemu, mutyenga Katonda, mazima Katonda ali wamu n'abamutya (Mu Kubataasa n'okubadduukirira)." N'emyezi egy'emizizo giri ena:-

1. Rajabu 2. Dhul-Kaadat 3. Dhul-Hijjat 4. Muharramu.

195. Okulwana entalo kwetaaga okuba n'abajaasi, era kwetaaga ebyokulwanyisa n'ebiyokutam-bulirako n'ebiyokulya. Kale Katonda kwe kukubiriza Abasiraamu baweeyo nga bwe basobola emmaali yaabwe mu kutugeka olutalo okulwanirira eddiini ya Katonda. Abasiraamu abasinga obungi ku mulembe gwa Nabbi (s.a.w.) baali baaavu kyokka nga bamalirivu okulwanirira eddiini n'enzikiriza yaabwe, naye baali tebasobola kwetegekera bye banaakozesa mu lutalo — okugeza nga ebyokulwanyisa n'emmere, n'ebinaabatambuza. Abamu bajjanga eri Nabbi ne bamusaba ebinaa-batwala, oluusi teyabifunanga, nga olwo baddayo bakaaba ku lw'obunakuwavu bwe balina olw'o-butagenda ku lutalo.

Olw'ekyo Katonda kwe kukubiriza ababa balina emmaali baweeyo mu kkubo lye ku lw'okusitula eddiini Ye, ekyo kisobozese okutegeka eggye, kubanga okugaana okuwaayo emmaali kuba kwe-suula mu kuzikirira kw'ekibiina kyonna olw'obunafu bwe kiba nabwo, n'okulemwa okwennanga omulabe.

Era yabalagira abantu okulongoosa kubanga mazima Katonda ayagala balongoosa abo abamu-sinza, ne baba nga abamulabako newankubadde nga tebamulaba mazima ye abalaba. Singa omuntu amala okukakasa nti Katonda amulaba, mu buli by'akola ekyo kimuleetera omuntu oyo okumutya n'okwesamba eby'obujecmu.

196. Katonda bwe yamala okunnyonyola etteeka ly'okusiiiba n'ebikwata ku ntalo z'eddiini (Jihaadi), n'atandika okunnyonyola ebikwata ku Hijja ne Umura — empagi eyokutaano ku mpagi z'Obusiraamu. N'agamba nti "Mujuzenga" emirimu gya Hijja ne Umura bwe muba mumaze okumalirira okukolako ekimu, oba byombi wamu. Olw'ekyo singa omuntu ayingidde mu mizizo gya Hijja takkirizibwa kuva mu mizizo egyo okutuusa lw'agimalayo. Bwe kityo era bwe kiri ku muntu ayingidde mu mizizo gya Umura. Era ekyo omuntu akikola ku lwa Katonda nga anoonya okusiima Xwe n'okumusasula empeera.

Hijja yakakasibwa ku buli Musiraamu asobola okugikola mu bulamu bwe omulundi gumu; bwe kityo ne Umura ekakata ku muntu omulundi gumu mu bulamu bwe, wabula yo Umura terina kiseera kigere. Bannamateeka abamu bagamba nti Umura teyakakasibwa ku Musiraamu, wabula kiri Sunna okugikola. Naye obujulizi obusinga amaanyi bulaga nga Umura bwe yakakasibwa ku Musiraamu okugikola nga ne Hijja bwe yamukakasibwako. Okuggyako yo Hijja erina ekiseera



wa (ne mutasobola kutuuka ku Kaaba), kale musaddaake ekyo ekiba kibanguyidde mu birabo (nayo ye Mbuzi). Temumwanga emitwe gya-mmwe okutuusa ekirabo lwe kimala okutuuka mu kifo we kikkirizibwa okuweebwa (ekifo awo we bakuziyirizza). Omuntu yenna abanga omulwadde mu mmwe obanga alina ebi-muluma mu mutwe gwe (nga ensekere, alina okumwa omutwe gwe) n'awa omutango oba okusiiba oba okusaddaaka emmere (eriise abanaku) oba okusala ensolo (embuzi). Wabula bwe mubanga muli mirembe, n'oyo asookanga (okukola) Umura ku Hijja alina okusala ekyo ekimwanguyidde mu birabo (nayo ye mbuzi). Omuntu aba tafunye (mbuzi) atekwa okusiiba ennaku ssatu mu biseera bya Hijja, era (musiibe) ennaku musanvu bwe mubanga muzzeyo (ewammwe); eryo ly'ekkumi erijjuvu (okugatta awamu). Ekyo kiri

أَحْصَيْتُمْ مَا اسْتَيْسَرَ مِنَ الْهَدْيِ  
وَلَا تَحْلِفُوا رُءُوسَكُمْ حَتَّىٰ يَبْلُغَ  
الْهَدْيُ مَحَلَّهُ فَمَن كَانَ مِنكُم  
مَّرِيضًا أَوْ بِهِ أَذًى مِّن رَّأْسِهِ  
فَفِدْيَةٌ مِّن صِيَامٍ أَوْ صَدَقَةٍ  
أَوْ نُسُكٍ فَإِذَا أُمِنْتُمْ فَمِن مَّنَعَرٍ  
بِالْعَمَلِ إِلَى الْحَجِّ فَمَا اسْتَيْسَرَ  
مِن الْهَدْيِ فَمَن لَّمْ يَجِدْ فَصِيَامٌ  
ثَلَاثَةَ أَيَّامٍ فِي الْحَجِّ وَسَبْعَةً إِذَا  
رَجَعْتُمْ تِلْكَ عَشْرَةٌ كَامِلَةٌ  
ذَلِكَ لِمَن لَّمْ يَكُنْ أَهْلَهُ حَاضِرِي  
الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَاتَّقُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا

ekyawufu mw'eteekwa okukolerwa nga bwe kinannyonyolwa mu kitundu ekinaddirira.

Bw'aba omuntu afunye ensonga emuziyiza okujjuza Hijja oba Umura oluvannyuma lw'okumaririra okuyingira mu mizizo gyabyo, okugeza nga omulabe okumuziyiza n'atasobola kutuuka ku Muzikiti Ogw'emizizo, olwo alina okuva mu mizizo gya Hijja oba egya Umura n'asala ekirabo ekiba kimwanguyidde. N'ebirabo ebigereddwa wano y'embuzi, endiga, ente, n'engamiya. Embuzi emala omuntu omu, ente emala abantu musanvu, n'engamiya emala abantu musanvu. Ekirabo ekyo alina okukisalira awo we bamuziyiriza, bw'amala n'amwa omutwe gwe oba n'akendeenzaako buken-deeza ku nviiri. Era omuntu nga abadde mulwadde obulwadde obumwetaagisa okumwa omutwe nga naye ali mu mizizo gya Hijja oba Umura, — nga okuba nga mu mutwe mulimu ensekere ezimuluma, olwo alina okumwa omutwe gwe oluvannyuma n'akola ekimu ku bisatu bino: okusiiba ennaku ssatu oba okusaddaaka emmere — nga agisaddaakira abanaku mukaaga, buli omu nga amuwa kkiro emu, oba okusala embuzi n'asaddaaka ennyama yaayo.

Bwe waba wabaddewo eddembe ne musobola okujjuza emirimu gya Hijja, mu biseera byayo, omuntu alina okusala ekyo ekiba kimwanguyidde mu birabo, nayo ye mbuzi, oba endiga. N'okun-nyonyola kino kuli nti singa omuntu atuuka mu bifo mw'atekwa okumalirira okukola Umura, n'amalirira okusooka okukola Umura, olwo n'atuuka e Makka, ne yetooloola Kaaba, n'adduka wakati w'obusozi Swafaa ne Marwa, n'amwa enviri oba n'azikendeenzaako: — olwo emirimu gya Umura giba giwedde, era aba atekwa okusala embuzi — olwo okugenda e Aarafa kuba kutuuse n'amalirira okukola Hijja nga asinziira mu Makka.

Naye Omuntu bw'atafuna mbuzi oba sente ezigigula, alina okusiiba ennaku ssatu nga akyali mu Hijja; ate n'asiiba ennaku musanvu oluvannyuma lw'okuddayo mu nsi y'ewaabwe. Ekyo kiri kw'oyo atali mutuuzwa wa mu Makka.



kw'oyo (aba) nga abantu b'omu ma-  
ka ge ssi batuuze mu (Makka) ku  
Muzikiti Ogw'emizizo. Era mutye  
Katonda era mumanye nti mazima  
Katonda muyitirivu mu kubonereza.

197. Hijja erina emyezi (mw'ekolerwa)  
egimanyiddwa, omuntu eyekakasa  
okukola Hijja mu gyo (ajjukire nti)  
tateekwa kukola bya bukaba wadde  
okwonoona oba okuwakana nga ali  
mu Hijja. N'ekyo kye mukola mu  
birungi Katonda akimanya. Era  
mwesibirenga entanda (ey'okubabe-  
ezaawo mu lugendo, naye) mazima  
entanda esinga obulungi kwe kutya  
Katonda. Era muntye, abange mm-  
we abalina amagezi agategeera.

198. Mmwe temulina kibi okunoonya  
ebyokufuna ebiva eri Mukama wam-  
mwe (okusuubula nga muli ku Hijja).  
Bwe muba nga mugumbulukuse  
okuva mu (lusenyi) Arafaat, mwoge-  
renga ku Katonda awo awali Obubo-

عَلَّمَ أَنْ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ۝

أَلْحَجَّ أَشْهُرٌ مَّعْلُومَاتٌ ۚ فَمَنْ  
فَرَضَ فِيهِنَّ الْحَجَّ فَلَا رَفَثَ وَلَا  
سُوقَ وَلَا جِدَالَ فِي الْحَجِّ ۗ وَمَا  
تَفَعَّلُوا مِنْ خَيْرٍ يَّعْلَمُهُ  
اللَّهُ ۗ وَتَزَوَّدُوا فَإِنَّ خَيْرَ  
الزَّادِ التَّقْوَىٰ وَالتَّقْوَىٰ نَيْلٌ لِّأُولِي

الْأَلْبَابِ ۝

لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَنْ تَبْغَوْا  
فَضْلًا مِّن رَّبِّكُمْ ۗ فَإِذَا أَقَضْتُمُ  
مِّنْ عَرَافَاتٍ فَأذْكُرُوا اللَّهَ عِندَ

وقوله من تقوى نيل لولي

N'ekitundu kino (etteeka) kyakka Nabbi bwe yali mu kifo ekiyitibwa Al-Hudaibat, abatakkiriza b'omu Makka bwe baamuziyiza okuyingira mu Makka n'okujjuza emirimu gya Umura.

197. Wano kitegeerekeka nga Hijja bw'erina ekiseera ekyawufu mw'eteekwa okukolerwamu. Era emyezi egyo omuntu mw'ateekwa okumalirira okukola Hijja, gye gino:

Shawaali, Dhul-Kadaat n'ennaku ekkumi ezisooka ku mwezi gwa Dhul-Hijja. Singa omuntu amaliridde okukola Hijja mu myezi egyo, tateekwa kulabagana na mukyala we nga akwali mu mirimu gya Hijja oba okukola ebisikiriza okulabagana naye nga okumunyewegera. Era tateekwa kukola kyonna ekirimu okujeemera Katonda; era tateekwa kuwakana na kukaayana; wabula ateeekwa kwemalira ku kusinza Katonda na kukola ebyo (Katonda) by'ayagala kubanga buli kirungi kyonna omuntu ky'akola Katonda akimanyi era wa kumusasula empeera zaakyo. N'olwekyo mwesibire entanda y'ebykulya n'okweyambisa eribayisa mu kiseera kye mumala nga muli ku Hijja, era ne mu buzibu bw'olonaku lw'enkomerero. N'entanda esinga obulungi kwe kutya Katonda n'okwekuuma obutakulaba nga okola bye yagaana, oba okuleka ebyo bye yakulaalika.

Mu kusooka nga obusiraamu bwakajja kyalowoozebwanaga nti okutwala entanda ku Hijja kyaali kisobyo mu ddiini, naye aya eno yakka n'ekifuula ekitali nsobi.

198. Abasiraamu baalinga batya okusuubula nga bali mu biseera by'okukola Hijja nga balo-woza nti kisobyo era nti ezo ennaku za Hijja za kutendereza Katonda kyokka. Katonda kwe kussa ekitundu kino ekigamba nti: "Mmwe temulina kabi okunoonya ebyokufuna ebiva eri Katonda" —kubanga omuntu bw'aba omukkiriza omutuufu, tewali kibi mu kusuubula n'afuna eky'okumu-beezaawo. Kale olwo ne bakkirizibwa okusuubula mu biseera bya Hijja; yabagamba nti: "Singa

nero Obw'emizizo (nakyo kye kifo ekiyitibwa Muzdalifa). Mumwogerengako nga bwe yabalungamya, newankubadde nga mu kusooka mwali mu babuze.

199. Era mugumbulukuke (n'obwangu) nga muva awo mu kifo abantu we bagumbye (mu Lusenyi lw'Arafaat), era mwegayirire Katonda. Mazima Ye Musonyiyi, Omusaasizi.
200. Bwe mubanga mumaze emirimu gya Hijja yammwe, mwogerenga ku Katonda (nga mumutendereza) nga bwe mwayogerenga ku bakitammwe oba okuyitiriza okumwogerako (Katonda okusinga engeri gye mwayogerenga ku bakitammwe). Wabula mu bantu mulimu oyo agamba (nga asaba Katonda) nti: Ayi Mukama waffe! Tuwe ebirungi mu nsi: Talina oyo (asaba bw'aty) mugabo gwonna mu bulamu obw'oluvannyuma.

الشَّعْرَ الْحَرَامِ وَإِذْ تُكَذِّبُوا كَمَا هَدَيْتُمُ  
وَإِنْ كُنْتُمْ مِنْ قَبْلِهِ لَمَنِ الطَّالِقِينَ ﴿١٩٩﴾

ثُمَّ أَيْضًا مِنْ حَيْثُ أَقَاضَ النَّاسُ  
وَاسْتَعْفَرَ وَاللَّهُ بَرَّانٌ اللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٠٠﴾

فَإِذَا أَقَضْتُمْ مِمَّا سَكَّمْتُمْ فَأَذْكُرُوا  
اللَّهَ كَذِكْرِكُمْ آبَاءَكُمْ أَوْ أَشَدَّ  
ذِكْرًا قِمِينَ النَّاسِ مَنْ يَقُولُ  
رَكِبْنَا آتِنَا فِي الدُّنْيَا وَمَالَهُ فِي  
الْآخِرَةِ مِنْ خَلْقٍ ﴿٢٠١﴾

mubanga mugumbulukuse nga muva mu kuyimirira mu lusenyi Arafaat", ne mutuuka mu kifo ekiyitibwa Muzdalifa, muyitirizenga okwogera ku Katonda nga mumutendereza awamu n'okumwawula nga bwe yabalungamya n'abaggya mu bubuze bwe mwalimu mu kusooka. N'okuyimirira Arafaat mpagi nkulu mu mpagi eziyimirddeko obutuufu bwa Hijja. Nakwo kubaa wo ku lunaku olw'omwenda mu mwezi gwa Dhul-Hijja.

199. Abawarabu ab'ekika ky'Abakuraish baalinga beesukkulumya ku bantu ab'ebika ebirala nga bo tebayimirira mu lusenyi oluyitibwa Arafaat wabula nga bayimirira Al-Muzdalifa we bakoma. Katonda n'alagira Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) abantu bonna bayimirirenga mu lusenyi Arafaat. Era bwe baba bagumbulukuse okuva mu Arafaat bonna bagumbulukuke lumu babeere mu kifo kimu kubanga Obusiraamu tebumanyi nkizo ya bika na mawanga, kubanga abantu bonna benkanankana tewali alina nkizo ku munn, wabula oyo abasinga okutya Katonda.

Olw'ekyo Abasiraamu kyebava bambala engoye ezifaanana nga bali mu mirimu gya Hijja, balyoke basisinkane ku Nnyumba ya Katonda nga ab'oluganda abenkanankana. Abantu beegayirire Katonda abasonyiwe ebyo ebisobyo ebibadde mu Hijja.

200. Katonda agamba Bahujjaaji nti singa baba bamaze emirimu gya Hijja, ne babeera nga bali e Minna, boogerenga nnyo ku Katonda nga bamutendereza. Baleke empisa yaabwe gye baaliko ey'okuwaana bakitaabwe nga bali mu kifo ekyo. Era bayitirize nnyo okumutendereza Katonda okusinga nga bwe baawaananga bakitaabwe. Abawarabu nga eddiini tennabeawo baalina empisa ey'ekisiru — bwe yaggwanga Hijja ne batuuka e Minna, baddanga mu kwogera nga beewaana mu byokufuna bye balina n'ebyo ebya bakadde baabwe bye baalina. Katonda kwe kubagaana empisa eyo wabula n'alagira batanderezeza Ye.

Wabula ate mulimu bahajji abamu abasaba Katonda nga bamusaba abawe ebirungi kuno ku nsi ne batasaba birungi bya mu bulamu obw'oluvannyuma. Katonda agamba nti abo tebalina mugabo gwe balifuna mu bulamu obw'oluvannyuma.

201. Ne mu bo mulimu oyo agamba nti: Ayi Mukama waffe! Tuwe ebirungi (muno) mu nsi (era) ne mu bulamu obw'oluvannyuma otuwe ebirungi, era otukingirize ebibonyobonyo by'omuliro.

وَمِنْهُمْ مَّنْ يَقُولُ رَبَّنَا آتِنَا فِي  
الدُّنْيَا حَسَنَةً وَفِي الْآخِرَةِ  
حَسَنَةً وَقِنَا عَذَابَ النَّارِ ﴿٢٠١﴾

202. Abo balina omugabo mw'ebyo bye bakola. Ne Katonda mwangu mu kubala.

أُولَئِكَ لَهُمْ نَصِيبٌ مِّمَّا كَسَبُوا  
وَاللَّهُ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٢٠٢﴾

203. Mwogerenga ku Katonda (nga mutendereza) mu nnaku embale. N'omuntu ayanguwa (okuva e Minna n'addayo ewuwe) mu nnaku eb-biri, talina kibi. N'oyo alwayo (n'amalayo ennaku essatu) naye talina kibi, singa atidde Katonda. Mutye-nga Katonda, era mumanye nga mazima mmwe muli ba kukunngaanyi-zibwa gy'ali (ababuuze emirimu gya-mmwe).

وَاذْكُرُوا اللَّهَ فِي أَيَّامٍ مَّعْدُودَاتٍ  
فَمَنْ تَعَجَّلَ فِي يَوْمَيْنِ فَلَا  
إِثْمَ عَلَيْهِ وَمَنْ تَأَخَّرَ فَلَا إِثْمَ  
عَلَيْهِ لِمَنِ الْكَلْبُ وَاتَّقُوا اللَّهَ  
وَأَعْلَمُوا أَنَّكُمْ إِلَيْهِ  
تُحْشَرُونَ ﴿٢٠٣﴾

204. Ne mu bantu mulimu oyo nga ebi-gambo bye bikusanyusa (Ggwe Mu-

وَمِنَ النَّاسِ مَن يُعْجِبُكَ قَوْلُهُ

201. Bahajji abalala bo basaba obulungi bw'onna obw'emirundi ebiri: obwa kuno ku nsi n'obw'oluvannyuma awatali kwawula nti bulungi gundi; wabula ekyo bakirekera Katonda alyoke Ye abasimire obulungi obwo bw'alaba obubasaanira.

202. Abo abasaba obulungi obw'emirundi ebiri balina omugabo n'empeera ezitali za kuggwaawo. Wano Katonda yatuyigiriza nti senga omuntu awaddeyo eri Katonda, ensonga ze zonna n'azeesigamya eri Ye, n'asiima ekyo Katonda ky'amugerekedde; mazima tayinza kusubwa bulungi bwa mirundi ebiri — obulungi ku nsi kuno n'obulungi obw'omu bulamu obw'oluvannyuma. Naye oyo ateka ebirowoozo bye byonna ku kwagala obulungi bw'ensi, aba afiriddwa obulungi obw'oluvannyuma.

203. Ennaku zoogeddwaako wano Hajji z'ateekwa okuyitiririzaako okwogera ku Katonda, lwe lunaku lwa Arafaat — "Olv'omwenda mu mwezi gwa Dhul Hija n'olunaku olw'ekkumi — olwa Idi-Al-Adhuha, n'olw'ekkumi n'olumu, n'olw'ekkumi n'ebbiri, n'olw'ekkumi n'essatu, mu mwezi ogwo. N'ezo ennaku essatu ziyitibwa *Ayyam-Tashriik*.

Hajji bw'aba ayagadde okwanguwa okuva e Minna n'amalayo olw'ekkumi n'olumu, n'olw'ekkumi n'ebbiri zokka, talina musango. N'oyo ayagadde okulwayo n'amalayo olw'ekkumi n'olumu, n'olw'ekkumi n'ebbiri, n'olw'ekkumi n'essatu, naye talina musango singa ekyo akikoze lwa kutya Katonda. N'olw'ekyo omuntu atekwa okutya Katonda buli wonna w'abecera na mu buli kiseera kubanga abantu bonna ba kudda eri Ye ababuuze ebyo bye baakolanga. Eyakolanga ebirungi asasulwe bulungi, eyajcemera Katonda, — abonerezebwe.

204. Ako ke kabonero k'abannanfuusi abalaga obukkiriza kungulu era ne balayira n'okulayira Katonda nga ebyo bye boogerra bwe biri ebituufu era ebirungi, sso nga be basinga okuba abakyamu

hammadi) mu bulamu bw'ensi. (Omuntu oyo) n'ajulira Katonda kw'ekyo ekiri mu mutima gwe; sso nga naye y'asinga obukyamu mu kukukaayanya.

205. (Naye ate) bw'aba nga agenze (okuva w'oli) ayanguwa mu nsi n'ayonoona n'asaanyaawo amalimiro n'ebiramu; ne Katonda tayagala bwonoonyi.

فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَيُشْهِدُ اللَّهُ  
عَلَى مَا فِي قُلُوبِهِ وَهُوَ أَلَدُّ الْخِصَامِ ﴿٢٠٥﴾

وَإِذَا اتَّوَلَّى سَعَى فِي الْأَرْضِ  
لِيُفْسِدَ فِيهَا وَيُهْلِكَ  
الْحَرْثَ وَالنَّسْلَ ط وَاللَّهُ لَا  
يُحِبُّ الْفَاسِدَ ﴿٢٠٥﴾

206. Bw'aba agambiddwa nti oteekwa otye Katonda, akwatibwa okwekuluntaza n'okwoonona (ekyo n'akibala nga kumunyooma). Kimumale okuba omuliro Jahannama (nga bwe buddo bwe) era bwe businga okuba obuddo obubi.

وَإِذَا قِيلَ لَهُ اتَّقِ اللَّهَ أَخَذَتْهُ  
الْعِزَّةُ بِالْإِثْمِ فَحَسْبُهُ جَهَنَّمُ  
وَلَيْسَ إِلَهًا مَعَهُ ﴿٢٠٦﴾

207. Ne mu bantu mulimu oyo awaayo omwoyo gwe ku lw'okunoonya okusiima kwa Katonda; ne Katonda alumurwa abaddu Be.

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَشْرِي نَفْسَهُ  
ابْتِغَاءَ مَرْضَاتِ اللَّهِ ط وَاللَّهُ  
رَعُوفٌ بِالْعِبَادِ ﴿٢٠٧﴾

abali ku kukaayana n'obutakkiriza. Mazima kino nga bakikola olw'okwagala okufuna ebyo bye beegomba mu byokufuna by'ensi.

205. Omuntu oyo oluvannyuma lw'ebigambo bye ebirungi, ebikolwa bye bivaamu bubi bwere, obuvaako okusaanyaawo amalimiro n'ebiramu olw'enkwe n'obukukuuzi ebiri mu mutima gwe n'obwonoonefu.

206. Omuntu oyo bw'aba abuliriddwa atye Katonda, alekeyo ebikolwa ebibi ebyo by'akola, anyiigira ekyo ekimugambiddwa ne yeekuluntaza n'ekibi ky'akola, n'akambuwala. N'ekinaamumala kw'ebyo by'akola, kwe kuyingira omuliro (Jahannama) Katonda gwe yategkera abajecemu, sso nga omuliro bwe buddo obusinga obubi.

207. Mu bantu mulimu omukkiriza eyeewaayo yenna n'emmaali ye nga anoonya okusiima kwa Katonda, nga tewali kiri waggulu w'ekyo. Abannyonyozi bagamba nti ekitundu kino kikwatagana bulungi n'ekyafaayo kya Suhaibu, mutabani wa Sinaani Omuruumi. Nakyo kiri bwe kit: Suhaibu bwe yasiramuka nga ali mu Makka n'atuusa okwagala okusenguka agenda e Madiina asisinkane ne Nnabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye), abantu b'e Makka ne bamugaana okusenguka n'emmaali ye, nga bamugamba nti, singa onoleka emmaali yo oli wa ddembe okusenguka. Yakkiriza okubalekera emmaali ye n'asenguka. Bwe yatuuka e Madiina, Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) n'amugamba nti: "Ebyamaguzi bya Suhaibu bigobolodde."

Ekyo ne kiba nga kikwatagana n'ekitundu (aya) kino kubanga Suhaibu yawaayo emmaali ye nga anoonya kusiima kwa Katonda. Na buli yenna eyeecesa, ky'alina, ka kibe mmaali oba bulamu, oba ekirala kyonna nga anoonya okusiima kwa Katonda, aba akwatibwako ekitundu kino. Era Katonda alumurwa abaddu Be abamugondera n'abasaasira.

208. Abange mmwe abakiriza! Muyingire mu Busiraamu bwonna (mugweeremu); temugobereranga amakubo ga sitaane. Mazima ye mulabe wammwe omweyolefu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا ادْخُلُوا فِي  
السَّلَامِ كَافَّةً وَلَا تَتَّبِعُوا خُطُوَاتِ  
الشَّيْطَانِ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ﴿٢٠٨﴾

209. Bwe mubanga museeredde (ne wuguka okuva ku mazima) oluvannyuma lw'okubatuukako obunnyonyofu, mumanye nti mazima Katonda wa Kitiibwa, Omulamuzi.

وَإِنْ زَلْتُمْ مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْكُمْ الْبَيِّنَاتُ  
فَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٠٩﴾

210. Abaffe, (abo abagaanye okukkiriza Muhammad) balindirirayo (ekirala kyonna) mpozzi Katonda okubajjira nga ali mu kisiikirize ky'ekire ne bamalayika bajjire (mu nnyiriri), olwo ekigambo (ky'okubazikiriza) kiggweerewo mbulaga? N'eri Katonda ebi-gambo byonna gye bidida.

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا أَنْ يَأْتِيَهُمُ اللَّهُ  
فِي ظُلْمٍ مِنَ الْعَمَامِ وَالْمَلَائِكَةِ  
وَقَضَى الْأَمْرَ وَاللَّهُ يُرْجِعُ  
الْأُمُورَ ﴿٢١٠﴾

211. Buuza Abaana ba Israeli bumeka obujulizi (obw'olwatu) bwe twabale-

سَلِّ بِنَبِيِّ إِسْرَائِيلَ كَمَا آتَيْنَاهُمْ

208. Mu kitundu kino Katonda yalagira abakkiriza bakakase amazima g'obubaka bwa Nabbi Muhammad (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye), beekwete ku mateeka g'eddiini y'Obusiraamu gonna, era bakole buli kyonna kye yabalagira baleke byonna ebyo bye yabagaana. N'olw'ekyo Omusiraamu atekwa okwewaayo yenna eri Katonda aleme okusigaza okweyagalira kwonna singa kuba nga kukoonagana n'okwagala kwa Katonda. Kuteekwa okumalirira kwe, okukola kwe, n'okwagala kwe, oba okutya — byonna bibeeere nga abikola lwa kugondera Katonda. Era nga obwesigwa bwonna abutadde mu Katonda. Era nga akakasa nti Katonda amwagaliza bulungi bwereere mu buli kyonna ky'amulagira oba ky'amugaana — kubanga emirembe gyonna n'obutebenkevu biva mu kusiima kwa Katonda.

Obusiraamu bwonna mirembe myereere, temugoberera sitaane nga mukwata amakubo ge, n'ababuza okubaggya ku kugondera Katonda; kuba ye sitaane abalagira kukola bibi, era mazima ye mulabe wammwe, ow'olulango, — nammwe mumufuule mulabe.

209. Singa muva kw'ebyo ebibannyonyodwa, oluvannyuma lw'okutegeera obujulizi obulaga amazima gaabyo, mumanye nti Katonda wa kitiibwa ow'amaanyi asobola okubonereza oyo aba amujeemedde awatali kumusumattuka. Era mwenkanya mu kusalawo Kwe ne mu kulagira Kwe.

210. Ekibuuzo kiri nti abo abagaanye okukkiriza, "Abaffe balinda olunaku olw'entiisa lumale kutuuka — olwo Katonda lwe yayogerako nti agenda kujjira mu kisiikirize ky'ekire, ne bamalayika bajjire mu nnyiriri nga tewali ayogera, wabula oyo Katonda gw'aliba akkiriza? N'ekigambo ne kiba nga kyaggwa dda, ekiseera ne kiggwaako ne wataba muntu w'awonera, ebitonde byonna biyimirire mu maaso ga Katonda, obuyinza bwonna ne budda gy'Ali; n'olw'ekyo ow'amagezi tasaanye kulinda kiseera ekyo, Katonda mw'atalikkiriza kukkiriza kwa muntu yenna oba okwenyanya kwe." Amakulu nti Katonda nga amaze okweyoleka omuntu, ne bamalaika Be, era nga n'ebibonerezo Bye bimaze okukka, oyo eyagaana okukkiriza aliba takyalina kimugasa, n'abwalikkiriza awo.

Nga bwe yagamba mu kitundu ekirala engeri omujeemu gy'alikomerezebwa nti "mazima wali mu bulagajjavu ku kino, kati tukubikkuddeko ekyali kikubisse — kati okulaba kwo kwogi."

211. Katonda ayogera ku Baana ba Israeli ng'abajjukiza bwe yabalaga obuyinza Bwe ku

etera? N'omuntu akyusa ekyengera kya Katonda oluvannyuma lw'okumuutuukako, mazima Katonda Muyitirivu wa kubonereza.

212. Obulamu bw'ensi bwanyirizibwa kw'abo abatakkiriza; ne banyooma abo abakkiriza. N'abo abatya Katonda bagenda kuba waggulu waabwe ku lunaku lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Ne Katonda agabira oyo gw'ayagadde awatali kubala.

213. Abantu baali ekibiina kimu (ekigoberera eddiini emu ey'amazima, Nabbi Adam gye yaleeta — oluvannyuma ne bayawukana). Katonda n'atuma Bannabbi ababuuzi era abatiisa (abantu ebibonerezo Bye), n'assa awamu nabo Ebitabo (ebinyonnyola) amazima balyoke balamule waka-

مَنْ آيَةٍ بَيِّنَةٍ وَمَنْ يُدَالِ  
نِعْمَةَ اللَّهِ مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْهُ  
وَإِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٢١١﴾

رُسُلِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَالْحَبِيبِ  
الدُّنْيَا وَيَسْخَرُونَ مِنَ الَّذِينَ  
آمَنُوا وَالَّذِينَ اتَّقَوْا فَوْقَهُمْ  
يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَاللَّهُ يَرْزُقُ مَنْ  
يَشَاءُ بِغَيْرِ حِسَابٍ ﴿٢١٢﴾

كَانَ النَّاسُ أُمَّةً وَاحِدَةً فَبَعَثَ  
اللَّهُ النَّبِيِّنَ مُبَشِّرِينَ وَمُنذِرِينَ  
وَأَنْزَلَ مَعَهُمُ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ لِيَحْكُمَ  
بَيْنَ النَّاسِ فِيمَا اخْتَلَفُوا فِيهِ

mulembe gwa Nabbi Musa, obwo obwali bumala okubamatiza bakkirize amazima g'oyo abaleetede ebyamagero, kyokka ne batakkiriza. Ne bakyuka okuva ku kyengera ky'okukkiriza n'amagoba gaakwo ne basimawo obutakkiriza. Katonda yagamba nti: "Omuntu akyusa ekyengera kya Katonda oluvannyuma lw'okumuutuukako. — amazima Katonda alina etibonerezo ebyitirivu" kw'oyo amujeemera.

212. Katonda abatakkiriza yabanyirizira eby'okufuna kw'ensi n'amasanyu gaayo, ne babera nga gye bakolerera ensi, ekyo ne kibatuusa n'okunyooma abakkiriza abo abakolerera obulamu obw'oluvannyuma — sso nga Katonda agenda kusitula abakkiriza abo abamutya babere mu madaala aga waggulu mu bulamu obwesiimisa, obw'oluvannyuma.

Katonda okuwa emmaali abatamukkiriza tekitegeza nti balina onkizo ku bakkiriza. kubanga ebyokufuna by'ensi tebigeraageranyizibwa na bukkiriza. Olusu Katonda agabira omujeemu obugagga ne buba nga kabi gy'ali; ate n'akendeza okufuna kw'oyo amukkiriza era amukongerera kya lw'okumugeza. Olw'ekyo, obugagga ssi kabonero akalaga ckusiimwa Katonda, kubanga Ye Katonda agabira oyo gw'aba ayagadde okuva awatali kubala.

213. Abantu bonna baali ku nzikiriza emu, era nga bwe baava ku kikolo ekimu nga bonna baana ba Adamu ne Haawa. Bwe baamala okwala, okwawukana mu nzikiriza ne mu ndwooza ne bitandika. Katonda n'atuma bannabbi nga abawadde ebitabo ebirimu amazima basobole okulamula wakati w'abantu mw'byo bye banaabanga baawukanyeemu.

N'ebitabo ebyo bye byokka abantu mwe bateekwa okuggya amateeka gaabwe, era gye bateekwa okudda singa babadde nga baawukanye mu nsonga yonna olw'okuba nga obubaka obwaweebwa bannabbi butuusa ku kigendererwa kimu bwonna; buli nga ekitabo ekimu ekinnyonny-

ti w'abantu mw'ekyo kye baawukan-yeemu. Tebaayawukana mu kyo (Ekitabo) wabula abo abaakiweebwa, oluvannyuma lw'okubatuukako obunnyonyofu; (baayawukana) lwa nsaalwa eyali wakati waabwe. Katonda n'alungama abo abakkiriza eri amazima g'ekyo kye baayawukanamu ku lw'okukkiriza Kwe. Ne Katonda alungama oyo gw'ayagadde okumulaza eri ekkubo eggolokofu.

214. Abaffe mulwoozu okuyingira Ejjana (ennyumba ey'Emirembe) nga tekinnabatuukako (ekizibu) ekifaana (nga ekyatuuka) kw'abo abaayita oluberyeberye? Baatuukibwako ebizibu n'ebikangabwa ne bakankana okutuusa omubaka (wa Katonda ng'ali wamu) n'abo Abakkiriza lwe baagamba, nti: okutaasa kwa Katonda kunajja ddi? Abange (mumanye

وَمَا اخْتَلَفَ فِيهِ إِلَّا الَّذِينَ  
أَوْتُوا مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْهُمُ الْبَيِّنَاتُ  
بَعِيَابِيْنَهُمْ فَهَدَى اللَّهُ الَّذِينَ  
آمَنُوا لِمَا اخْتَلَفُوا فِيهِ مِنَ الْحَقِّ  
بِإِذْنِهِ وَاللَّهُ يَهْدِي مَنْ  
يَشَاءُ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٢١٧﴾

أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تَدْخُلُوا الْجَنَّةَ  
وَلَمَّا يَأْتِكُمْ مَثَلُ الَّذِينَ خَلَوْا  
مِنْ قَبْلِكُمْ مَسَّتْهُمُ الْبَأْسَاءُ  
وَالضَّرَّاءُ وَرَلُّوا حَتَّى يَقُولَ  
الرَّسُولُ وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ

ola eddiini emu mu kutwalira awamu, kubanga byonna ebitabo ebyaweebwa bannabbi bizimbirwa ku musingi ogw'okwawula Katonda mu Bwakatonda Bwe, nga Ye y'asinzibwa yekka. Era n'okukakasa amazima g'ababaka bonna n'ebitabo byonna ebyava eri Katonda ebyo ababaka abo bye baja nabyo. Oluvannyuma buli kitabo ne kiba n'ennyinyonyola enjawufu okusenziira ku ngeri y'omulembe ogwo n'obwetaavu bw'abantu baagwo, okutuusa Katonda lwe yasiima obubaka bwa Nabbi Muhammad (s.a.w.) okubeera nga bwe bw'enkomerero.

Obubaka bwa Muhammad (s.a.w.) bukunngaanya obubaka bwonna obwasooka. Abantu tebaayawukana mw'ebyo ebiri mu kitabo, wabula abo abaaaweebwa okubimanya, oluvannyuma lw'okumala okubatuukako obunnyonyofu bwabyo. N'ensonga eyabatuusa ku kwawukana y'ensaalwa n'omululu, kubanga ebyo bye bisibukako okwawukana n'okuwalaza empaka. Abantu tebaawukana mu kigambo ekirabika nga kinnyonyofu, wabula nga mu mutima gw'omu mulimu okugoberera okwagala kwe.

214. Abakkiriza balabulwa nti tebalowooza nti balosobola okuyingira Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) nga Katonda tamaze kubageza n'okubaleetera ebizibu okufaana nga ebyo ebyatuuka ku bantu ab'ebibiina bya bannabbi abasooka. Mazima batuukibwako obuzibu n'obubenje bya maanyi okutuusa lwe baakankana ne batuuka ku nkomerero y'okugumiikiriza, omubaka waabwe n'abo abamukkiriza ne basaba Katonda nga bagamba nti: "Okutaasa kwa Katonda kunajja ddi?" Oluvannyuma lw'okumala okunywera n'okwesiga nti tewali mutaasa mulala anaabawonya mu buzibu bwe balimu, olwo Katonda n'alyoka abaanukula nti: "Okutaasa kwa Katonda kuli kumpi". Olw'okugumiikiriza ku bizibu, ebiba bikujjide, n'okwewaayo eri Katonda, n'omwesiga, olwo Omusiraamu lw'atuuka okuyingira Ejjana (Enyumba ey'emirembe).

Era nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Abaffe abantu balowooza nti baalekebwa ku lw'okugamba nti: "Tukkiriza" nga nabo tebagezesebbwa? Mazima twageza abo abaa-



buli kiseera) mazima okutaasa kwa Katonda kuli kumpi.

مَتَى نَصَرَ اللَّهُ إِلَّا أَنْ نَصَرَ اللَّهُ  
قَرِيبٌ ﴿١١٣﴾

215. Bakubuuza ngeri ki gye banaagabanga, (Ggwe Muhammadi). Bagambe nti: Ekyo kye mubanga mugabye mu mmaali ennungi (mukiwenga) abazadde ababiri n'ab'oluganda olw'okumpi ne bamulekwa n'abanaku n'abatambuze. Na buli kyonna kye mukola mu birungi mazima Katonda akimanyi.

يَسْأَلُونَكَ مَاذَا يُنْفِقُونَ قُلْ  
مَا أَنْفَقْتُمْ مِنْ خَيْرٍ  
فَلِلَّهِ وَاللَّذِينَ وَالْأَقْرَبِينَ  
وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَالْبَنِ  
السَّبِيلِ وَمَا تَفْعَلُوا مِنْ خَيْرٍ  
فَأَنَّ اللَّهَ بِهِ عَلِيمٌ ﴿١١٤﴾

216. Mulaalikiddwa okulwana olutalo, nga nakyö (eky'okulwana) temukyagala; naye oba olyawo muyinza okutamwa ekintu nga nakyö kirungi gye muli, ate oluusi muyinza okwagala ekintu nga nakyö kibi gye muli. Ne

كُتِبَ عَلَيْكُمُ الْقِتَالُ وَهُوَ  
كُرْهُ لَكُمْ وَعَسَىٰ أَنْ تَكْرَهُوا  
شَيْئًا وَهُوَ خَيْرٌ لَكُمْ وَعَسَىٰ

sooka, okutuusa Katonda lwe yamanyira ddala abo abakakasa mu kukkiriza "era n'amanyira ddala abalimba."

215. Abasiraamu baabuuza Nabbi engeri gye banaagabanga, era ani asaanidde okuweebwa? Okusooka yabalagira bagabanga mu mmaali ennungi, entukuvu, efuniddwa mu makubo amatu-kuvu mu mateeka g'eddiini. Era bawe oyo asinga okuba okumpi nabo: atekwa okuyambibwa mu kusooka be bakadde b'omuntu bombi, ne kuddako ab'oluganda lwabwe kubanga okuwa abo kyongerera okunyweza oluganda n'okwagalana, era bawe ne bamulekwa, abaana abato abafirwako bakitaabwe ne basigala nga tebalina buyambi. Era bawe abanaku abo abatasobola kufuna kibamala. n'abatambuze abo abakutuse n'ewaabwe. Nabbi (s.a.w.), yagamba omusajja nti "Sooka owe omwoyo gwo bwe waba wafisseewo, owe ab'omu maka go, bwe waba wafisseewo ekintu okiwe ab'oluganda lwo, bwe waba wafisseewo genda nga ogaba bw'otyo."

Katonda yamanya nti omuntu asinga kwagala mwoyo gwe, kwe kumulagira asooke ye okumala obwetaavu bwe oluvannyuma awe omulala. Olw'ekyo Nnabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) yagamba nti: "Okugaba okusinga obulungi kwe kwo okubeera waggulu w'okwetaaga. N'omukono ogwa waggulu gwe gusinga ogwa wansi, tandikiranga ku b'omu maka go." Katonda yalagira omuntu okugaba nga atandikira kw'abo b'asinga okulumirwa, kubanga omuntu asinga kulumirwa bulamu bwe, n'azzaako abantu be ab'omu maka ge, n'azzaako bakadde be, ne baganda be, ne Katonda ky'ava amulagira bw'atyo bw'aba akola. Oluvannyuma awe abo omuntumulamu b'ateekwa okusaasira — nabo be bamulekwa abaana abato abatalina kitaabwe, era abatalina buyambi — okutuusa ku nkomerero nga bwe yazze abamenya.

216. Mazima okulwana ku lw'okusitula ekigambo kya Katonda n'okukuuma eddiini teeka Katonda lye yalaalika ku bakkiriza, kyokka nga zbito. Awamu n'ekyo, abakkiriza bateekwa oku-

Katonda y'amanyi, nammwe temu-manyi (ekyo ekiyinzza okubagasa).

أَنْ تَحْبُوا شَيْئًا وَهُوَ شَرٌّ  
لَكُمْ ط وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ  
لَا تَعْلَمُونَ ع

217. Bakubuuza (Ggwe Muhammadi) ku Myezi Egy'emizizo okulwaniramu (kiri kitya). Bagambe nti: Okulwaniramu (mu myezi egyo kibi) kinene, kyokka okuziyiza (abantu) ku kkubo lya Katonda, n'okumuwakanya, (n'okubaziyiza abantu eri) Omuzikiti Ogw'emizizo, n'okuggyamu abantu baamu, kye (kibi) ekisinga obunene mu maaso ga Katonda; (kubanga) okuwalagganya (abantu) ky'ekine-ne (mu bibi) okusinga okutta. Era tebajja kukoma awo nga babalwanyisa okutuusa lwe banaabakyusa oku-

سِئَلُونَكَ عَنِ الشَّهْرِ الْحَرَامِ قِتَالٍ  
فِيهِ قُلْ قِتَالٌ فِيهِ كَبِيرٌ وَوَصَدَّ  
عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ وَكُفِّرَ بِنِهِ  
وَالْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَآخِرَ الْجَاهِ  
أَهْلِهِ مِنْهُ أَكْبَرُ عِنْدَ اللَّهِ  
وَالْقِتْلَةُ أَكْبَرُ مِنَ الْقَتْلِ  
وَلَا يَزَالُونَ يُقَاتِلُونَكُمْ حَتَّىٰ

tuukiriza etteeka eryo, kubanga mulimu obulungi bungi obudda gye bali bonna awamu n'eri buli kinn'omu.

Newankubadde nga abantu mu butonde bwabwe tebaagala kugenda ku lutalo, naye Katonda yabannyonyola "Oluusi muyinza okutamwa ekintu nga ate kirungi gy'emuli" — kubanga okulwana olutalo mulimu okuwangula abalabe n'okukuuma ekitiibwa kyammwe, n'ensi yammwe, n'eddiini yammwe, n'okufuna empeera okuva eri Katonda. Olw'okuba omuntu tayinza kumanya bya mu maaso. "Muyinza okwagala ekintu nga ate kibi gye muli". N'olw'ekyo omuntu byonna asaana abireke eri Katonda y'amanyi naye mmwe temumanyi" nkomerero ya bigambo byammwe.

217. Ekitundu kino kyakka nga kikakasa nga okulwanira mu Myezi egy'emizizo bwe kiri ekibi, naye eky'okuziyiza abantu ku kkubo lya Katonda" nga abatakkiriza b'omu Makka bwe baakola, n'okugaana okukkiriza obw'omu bwa Katonda n'Omuzikiti Ogw'emizizo — okwonoona ekitiibwa kyagwo, n'okugobaganya abakkiriza ku muzikiti gwabwe nga abatakkiriza b'omu Makka bwe baakola okutuusa Abasiraamu lwe baawalirizibwa okuvaamu, — ebyo bye bisinga obunene (mu bibi) mu maaso ga Katonda. N'okuwalagganya abantu ku lw'eddiini yaabwe kye kisinga obubi okusinga okutta. Ebyo byonna abatakkiriza b'omu Makka baabikola, n'olw'ekyo ekitiibwa ky'emyezi Egy'emizizo tekikyabakuuma kulema kulwanyisibwa na kuttibwa mu gyo — kubanga baakola dda ebibi ebisinga awo obunene. Katonda yabikkula ekyama kyabwe, n'ekiruubirirwa kya bwe, n'agamba nti: "Tebagenda kukomya kubalwanyisa okutuusa lwe banaabakyusa okubaggya ku ddiini yammwe, singa ekyo banaaba bakisobodde. Era ekyo kye kiruubirirwa kyabwe ekikulu wabula tebayinza kufuna mu bakkiriza ekyo kye baluubirira, kubanga obukkiriza bwe buba nga bumaze okwessogga omutima gw'Omusiraamu tebuyinza kuvaamu."

Era Katonda kwe kutiisa Abasiraamu akabi akali mu kukyuka okuva ku ddiini y'Obusiraamu, n'agamba nti: "N'omuntu akyuka mu mmwe Abasiraamu n'ava ku ddiini ye, n'ateenya okutuusa lw'afa nga ssi mukkiriza; abo ab'engeri eyo, emirimu gy'abwe giba gyoonese kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma. N'olw'ekyo tagenda kusalulwa, era ekibonerezo Katonda ky'alimuwa kwe kubeera mu muliro ebbanga lyonna awatali kuvaamu." Kyokka ye Omusiraamu, Obusiraamu

baggya ku ddiini yammwe, bwe bannaaba basobodde. N'omuntu akyuka mu mmwe okuva ku ddiini ye, n'afa nga naye ssi mukkiriza: Abo (ab'engeri eyo) emirimu gyabwe gyayononeka muno mu nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma. Era abo be bannannyini (kuyingira) mu muliro. Bo ba kugubaamu lubeerera ssi ba kuvaamu.

218. Mazima abo abakkiriza, era n'abo abaaasenguka (nga beewala okuyigganyizibwa ne balaga e Madina) ne balwana mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula ekigambo Kye), abo basuubira okusaasira kwa Katonda, ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

219. Bakubuuza ku mwenge ne zzaala (amateeka gabiramula gatyā?). Bagambe nti: mu byombi mulimu ekibi kinene (ku ludda lw'eddiini, ate mulimu) n'omugaso gw'abantu (ku ludda lw'ensi); Naye ekibi kyabyo kye

يَرُدُّوكُمْ عَنْ دِينِكُمْ إِن  
اسْتَطَاعُوا وَمَنْ يَرْتَدِدْ  
مِنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فِيمَتَ وَهُوَ  
كَافِرٌ فَأُولَئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ  
فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَأُولَئِكَ  
أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢١٨﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَاجَرُوا  
وَجَاهَدُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ أُولَئِكَ  
يَرْجُونَ رَحْمَتَ اللَّهِ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢١٩﴾

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الْخُمْرِ وَالْمَيْسِرِ  
قُلْ فِيهِمَا آثَمٌ كَثِيرٌ وَمَنَافِعُ  
لِلنَّاسِ وَإِنَّهُمَا آكْرَهْتُمْ

bwe buba nga buyingidde mu mutima ne gufuna ekitangaala ky'okukkiriza tekisoboka Musiraamu oyo kukyuka n'ava ku ddiini eyo newankubadde nga atuuse ku buzibu butya, okuggyako oyo aba ayononese olwonooneka olususse n'aba nga tasuubirwa kulongooka.

218. Abo abakkiriza mu mazima g'okukkiriza okutuufu, ekyo kyabatuusa ku kusenguka okuva mu nsi yaabwe ne bawannanguka olw'okutaasa eddiini ya Katonda gye bakkiriza ne beewaayo okugirwanirira — olwo kiryoke kibeeere nga ekigambo Kye (Katonda) kye kya waggulu mu nsi, nga ekigambo ky'obutakkiriza kifeebe mu nsi. Abo aboogeddwako mu aya eno balindirira okusasulwa okuva eri Katonda n'okusaasira Kwe.

219. Ekitundu kino ly'etteeka eryasooka okukka mu mateeka asatu agakka okuwera omwenge, ne zzaala. Abasiraamu baabuuza Nnabbi (s.a.w.) abategeeze ebifa ku mwenge ne ku zzaala — Katonda n'assa ekitundu kino nga annyonyola nga bwe birimu akabi akanene, ako akawata ku bulamu n'okwonoona amagezi g'omuntu, n'emmaali wamu n'okuleeta obusungu obuvaako okulwanagana n'okuwalagana. Newankubadde nga mulimu omugaso omutono, nga okusanyuka n'okufuna emmaali eri oyo agusuubula, kyokka omuntu tasaanye kutunuilira omugaso ogwo omutono, olw'okuba nga akabi kaabyo kanene okusinga omugaso gwabyo.

Olw'okubanga Abawarabu baali eky'okunywa omwenge n'okukuba zzaala nga baakifuula mpisa yaabwe, Obusiraamu tebwasookerawo kuwera mwenge mulundi gumu; wabula okusooka Katonda ya bannyonyola bannyonyozi nga mu kunywa omwenge n'okukuba zzaala bwe mulimu akabi, ekitegeeze nti okuguleka kye kisinga. Oluvannyuma ekiragiro ekyokubiri ne kijja ekiri mu Ssuula Al-Maaida nga kigaana Abasiraamu okusembera mu ssuala nga batamidde. N'ebisera bye

kinene okusinga omugaso gwabyo. Era bakubuuza nti bagabenga kigero ki? Bagambe nti: (mugabenga) ekifisise (ku kwetaaga kwammwe). Katonda bw'atyo bw'abannyonyola amateeka Ge, oba olyawo ne mulowooza —

لَفَعِهِنَّ ط وَبَسَّوْنَكَ مَا دَا  
يُنْفِقُوْنَ هُ قُلِ الْعَفْوَ كَذَلِكَ  
يُبَيِّنُ اللهُ لَكُمْ الْآيَاتِ  
لَعَلَّكُمْ تَتَفَكَّرُوْنَ ﴿٢١٩﴾

220. (Ne mulowooza mu bizza omugaso gye muli) mu nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma. Era bakubuuza ku bamulekwa (engeri gye banaabayisangamu). Bagambe nti: Okubalongoosa kirungi. Era bwe muba nga mwegasse nabo (ne muliira wamu era ne munywera wamu kirungi, kubanga) mazima (bo) baganda bammwe. Ne Katonda amanyi omwonoonyi n'alongoosa. Singa Katonda yali ayagaddde yandibazitoyerezza. Mazima Katonda wa Kitiibwa, Akakasa (ky'ayogera ne ky'asalawo).

فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ط وَبَسَّوْنَكَ  
عَنِ الْيَسْمِي ط قُلِ اِصْلَاحٌ لَهُمْ  
خَيْرٌ وَّ اِنْ تَحَالَطَوْهُمْ  
فَاِخْوَانُكُمْ ط وَا اللهُ يَعْلَمُ الْمُفْسِدَ  
مِنَ الْمُصْلِحِ ط وَاَوْشَاءُ اللهُ  
لَاغْتَابَكُمْ ط اِنَّ اللهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٢٠﴾

sswala bira bika nga ebisinga obungi biri kumukumu, kale tekimala ekiseera ekyo okuba nga omuntu atamiiriramu ate omwenge ne gumuggwaako nga ekiseera eky'esswala endala tekinnatuuka. Ekyo kyali kubamanyizi mpolampola bagende nga balekayo okunywa omwenge. Oluvannyuma etteeka eddala eriwerera ddala omwenge ne likka nga lirimu ebintu bina: okuwerera omwenge ne zzaala. n'okusinza ebifaananyi, nga kiraga nga ebintu ebyo kumpi byenkana mu bubu bwabyo. Katonda yagamba mu Ssuula An-nisaa nti: "Mazima omwenge ne zzaala n'ebifaananyi, n'okweragaza bibi, ebyenyinyalwa. Bibalibwa mu mirimu gya sitaane mubyewale oba olyawo ne mulokoka."

Ekibuuzo ekirala ekyali mu kitundu kino, baa buuzo ekigero kye bateekwa okugaba. Katonda n'abalagira bagabenga ekyo ekibanga kisigaddewo oluvannyuma lw'okumalawo obwetaavu bwabwe, sso sikugaba ekyo ekibayamba ate ne basigala nga kibeteaagisa okusaba abantu abalala oba okwewola. Okugaba kuno tekukwata ku kutoola zzaka wabula kuno kugaba kulungi. Katonda akusasulira okugaba kuno empeera naye tabonereza atagabye.

220. Ekitundu ekigamba nti "Temusebereranga emmaali ya bamulekwa wabula mu ngeri cyo esinga okuba ennungi," era n'ekitundu ekigamba nti: "Mazima abo abalya emmaali ya bamulekwa mu ngeri y'obulyazaamaanyi, mazima baba balya muliro gwe bassa mu mbuto zaabwe. Era ba kwesogga omuliro omukambwe." Ebitundu ebyo bwe byakka, byatiisa nnyo Abasiraamu, okutuusa buli omu eyalina mulekwa n'ayawulanga emmere ya mulekwa n'eba yokka n'ebiyokunye bye; ne lwe yabanga tagimazeewo nga bagimuterakera oluusi n'etuusa n'okwonooneka. Naye kye baasinga okutya n'okwewala y'emmaali ya mulekwa okwegatta n'eyaabwe ne bagirya. olwo ne basunguwalirwa Katonda.

Ekyo kye kyabavirako babuuzo Omubaka wa Katonda abategeeze engeri gye banaayisaamu bamulekwa, Katonda kwe kussa ekitundu kino nga abategeeza nga bwe kiri ekirungi okubalongoosa mu kubalabirira, era nga bwe kitali kibi okugatta awamu emmere yaabwe n'eya bamulekwa n'okudira emmaali cya bamulekwa ne bagigatta n'eyaabwe olw'okugikuumu n'okugyaza, kubanga nabo

221. Era temuwasanga abakazi abagatta Katonda n'ebintu ebirala okutuusa lwe bamalanga okukkiriza; (kubanga) omuzaana omukkiriza ye mulungi okusinga omukafiiri newankubadde babasanyusizza (olw'obulungi bwabwe n'obugagga bwabwe), era temufumbirwanga abakafiiri okutuusa lwe bamalanga okukkiriza, (kubanga) omuddu omukkiriza ye mulungi okusinga (omusajja) omukafiiri newankubadde babasanyusizza (olw'emmaali yaabwe). Oyo (omukafiiri) abakoowoola (abantu) okubatwala mu muliro, ne Katonda akoowoola (abantu) kubatwala mu Jjana (ennyumba ey'emirembe), n'okusonyiyibwa ku lw'obuyinza Bwe, era annyonyola abantu amateeka Ge oba olyawo ne bajjukira.

222. Era bakubuuza (Gwe Muhammadi) ku mukyala nga ali mu nnaku zaabwe (nga bali mu heezi). Bagambe nti: Gwo (omusaayi), kyenyinyalwa, kale mwawukane n'abakyala (obuteegaita nabo) nga bali mu bulwadde bwa-

وَلَا تَنْكِحُوا الْمُشْرِكِيْنَ حَتَّىٰ يُؤْمِنُوْا  
وَلَا مِمَّنْ مُّؤْمِنَةٌ خَيْرٌ مِّنْ  
مُّشْرِكَةٍ وَلَوْ أَعْجَبَتْكُمْ وَلَا  
تُنْكَحُوا الْمُشْرِكِيْنَ حَتَّىٰ يُؤْمِنُوْا  
وَلِعَبْدٌ مُّؤْمِنٌ خَيْرٌ مِّنْ مُّشْرِكٍ  
وَلَوْ أَعْجَبَكُمْ أُولَٰئِكَ يَدْعُوْنَ إِلَى  
النَّارِ وَاللّٰهُ يَدْعُوْا إِلَى الْجَنَّةِ وَ  
الْمَغْفِرَةِ بِإِذْنِهِ وَيُبَيِّنُ إِلَيْهِ  
اللّٰهُ لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُوْنَ ﴿٢٢١﴾

وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الْمَحِيضِ قُلْ  
هُوَ أَدْمَىٰ فَاعْتَزِلُوا مِنَ النِّسَاءِ فِي  
الْمَحِيضِ وَلَا تَقْرَبُوهُنَّ حَتَّىٰ

ba luganda mu ddiini. Katonda amanya oyo agenderedde okwonoona emmaali ya mulekwa n'oyo ayagadde okugikuuma N'olw'ekyoo Katonda teyayagala kubassaako buzito, singa yali ayagadde yandibazitoyereza n'abalagira okwawulanga emmaali yaabwe ku yammwe, n'emmere yaabwe ku yammwe.

221. Etteeka lino liziza Omusiraamu okuwasa abakafiiri abasinza balubaale oba ebifaananyi — abo abatali ku ddiini erina kitabo. Abo tebak kirizibwa kuwasibwa Musiraamu mpozzi nga bamaze okukkiriza. Katonda yagamba nti: Okuwasa omuzaana omukkiriza y'asinga awali Katonda okusinga omukyala, omwana waboowo agatta Katonda n'ebintu ebirala — (Asinza balubaale oba ebifaananyi, newankubadde olabye nga ekifaananyi kye kikusanyusizza. Bwe kityo omukazi omukkiriza tateekwa kufumbirwa mukaafiiri, — oyo asinza lubaale oba ebifaananyi, kubanga aba talina ddiini newankubadde nga abasanyusizza olw'obugagga bwe n'obulungi bwe, mpozzi nga amaze okukkiriza. Omuddu omukkiriza y'asinga omusajja, omwana waboowo. Abo tebasaaana kwetabula nabo kubanga okuba nabo kuyinza okukusikiriza ne kukutuusa ku kwagala ensi n'okwerabira enkomerero, olwo ne kukutuusa okukuyingiza omuliro. Sso Katonda ayita abaddu Be abakkiriza okubatuuza eri Ejjana (Ennyumba ey'emirembe) n'eri okusonyiyibwa ku lw'okukuuma amateeka Ge n'ebiragiro Bye, n'ebyo bye yagaana. "Era n'annyonyola abantu amateeka Ge oba olyawo ne bajjukira."

222. Akunnyonyola ensonga y'okukka kw'ekitundu kino: Mu kusooka Abayudaaya abasajja omukyala bwe yalwalanga obulwadde bwabwe (Heezi) nga tebalya naye era nga tebasula naye mu kisenge; abagoberezi ba Nabbi Muhammadi kwe kubuuza Nabbi ku nsonga eyo, Katonda olwo n'assa etteeka lino. Nabbi (s.a.w.) n'alangirira n'agamba nti: "Mukole buli kintu okuggyako okwe-

bwe (nga bali mu Heezi). Temubase-mbereranga okutuusanga lwe batukula. Bwe babeeranga batukudde (ne banaaba, olwo) mugendenga gye bali mu kifo awo Katonda we yabakkiriza (mwegattenga nabo emberi waabwe, sso ssi mabega). Mazima Katonda ayagala abeenenya, era ayagala abeetukuza.

223. Abakyaala bammwe ze nnimiro zammwe (mwe mufuna abaana) kale mujjenga mu nnimiro zammwe mu ngeri gye mwagala; (oba muyise mu maaso oba mabega kyokka nga ekifo kimu mberi wokka), era mukulembeze (okukola) ebirungi ku lw'emyoyo gyammwe, mutyenga Katonda era mumanyenga nti mazima mmwe muli ba kumusisinkana. Era sanyusa abakkiriza (nga obabuulira ebirungi bye balifuna).

224. Era temufuulanga erinnya lya Katonda, ekibaziya ku lw'okulayira kwamwe, okukola obulungi ne mutya Katonda ne mulongoosa wakati w'a-

يَطْهَرْنَ ۚ فَإِذَا أَتَطَّهَّرْنَ  
فَأَنوُهنَّ مِنْ حَيْثُ أَمَرَكمُ  
اللَّهُ ۗ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ التَّوَّابِينَ  
وَيُحِبُّ الْمُتَطَهِّرِينَ ﴿٢٢٣﴾

نِسَاءُكُمْ حَرَّتْ لَكُمْ فَأَنوُا  
حَرَّتْكُمْ أَلَىٰ شَيْئَمْ زَوْقِلْ مَوَا  
لِأَنفُسِكُمْ ۗ وَاقْوُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا  
أَنَّكُمْ مَلْفُوهٌ ۗ وَبَشِّرِ  
الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٢٤﴾

وَلَا تَجْعَلُوا اللَّهَ عُرْضَةً لِأَيْمَانِكُمْ  
أَنَّ تَبَرُّوا وَتَتَّقُوا وَتُصَلِّحُوا

gatta nabo." Amakulu nti tekizira okwebaka naye ku buliri obumu n'okulya naye, naye ekizira kwe kwegatta naye. Singa abadde nga ayagadde okusula naye ku buliri obumu atekwa okubikka omubiri gwe oguli wakati okuva ku kkundi okutuusa ku maviivi. Bw'aba awonye omusaayi ne gulekayo okujja, tokkirizibwa kwegatta naye okutuusa lw'amala okunaaba. Singa omuntu asobeza ne yegatta naye, alina okwenenya mu kibi ekyo ky'akoze kubanga Katonda ayagala nnyo oyo oba ayagala abo abeetuukuza ne beesamba ebikyafu ebyo Katonda bye yabagaana. Ne mu byo mwe muli okwegatta n'omukyala wo nga ali mu bulwadde bwabwe, nga n'omusaayi gukyajja, oba okwegatta naye emabega. Katonda kye yava agamba nti: "bwe babanga batukudde mujjenga gye bali mu kifo awo we yabalagira" — emberi waabwe.

223. Abayudaaya baagambanga nti singa omusajja alabaganye ne mukyala we nga amuyita emabega, bw'amufunisa olubuto omwana gw'azaala aba wa ndali. Katonda kwe kussa ekitundu kino ekikkiriza omusajja okwegatta ne mukaziwe nga ayita ku ludda lwonna lw'ayagala kyokka nga mberi wokka.

224. Katonda agamba nti temufuulanga okulayira erinnya Lye ensonga ebagaana okukola obulungi nga mwekwasa nti kubanga nalayira obutakola kino: nga okuyunga oluganda singa omuntu abadde alayidde okukutuka ku muganda we, oba nga alayidde nti gundi sigenda kumutoolera ssalaamu. Singa omuntu abadde alayidde obutakola ekyo ekirabika nga kirungi mu ddiini, atekwa butekwa okumenyayo ekirayiro ekyo, n'akola ekyo kye yalayirira oluvannyuma n'awa omutango gw'okumenya ekirayiro ekyo. Nnabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mazima nze ndayidde Katonda, sirayira kirayiro ne ndaba ekirala nga kye kirungi okusinga kye nalayiridde — wabula mmenyawo okulayira kwange ne nkola ekyo ekisinga obulungi. Era Nnabbi (s.a.w.) yagamba nti:



bantu. Ne Katonda Awulira, Amanyi.

225. Katonda tabavunaana mu kulayira kwammwe okw'olusaago. Naye abavunaana ekyo emitima gyammwe kye gikakasizza. Ne Katonda Musonyiyi, wa Kisa.

بَيْنَ النَّاسِ وَاللَّهِ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٢٥﴾  
لَا يُؤْخَذُكُمْ اللَّهُ بِاللَّغْوِ فِي أَيْمَانِكُمْ  
وَلَكِنْ يُؤْخَذُكُمْ بِمَا كَسَبْتُمْ  
قُلُوبَكُمْ وَاللَّهُ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٣٢٥﴾

226. Balina abo abalayidde obuteegatta na bakyala okubagumiikiriza okumala emyezi ena. Bwe baba nga babaddidde (ne beegatta nabo), mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

الَّذِينَ يُؤْتُونَ مِنْ نِسَائِهِمْ  
تَرْكِيضَ أَرْبَعَةِ أَشْهُرٍ فَإِنْ فَاءُوا  
فَإِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٣٢٦﴾

227. Bwe baba nga bamaliridde okubata, (ne babata), (kale bajjukire nti) mazima Katonda Awulira, Amanyi.

وَإِنْ عَزَمُوا الطَّلَاقَ فَإِنَّ اللَّهَ  
سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٢٧﴾

“Omuntu bw'alayiranga ekirayiro n'alaba nga ekirala kye kirungi okusinga ekyo atekwa awe omutango gw'okulayira, akole ekyo kye yalayiridde.” N'omutango gw'okumenya ekirayiro kwe kuliisa abanaku kkumi, oba okubambaza, oba okuta omuddu. Omuntu atasobodde ekimu kw'ebyo, atekwa okusiiba ennaku ssatu. era yagamba nti omuntu bw'alayira ekirayiro ky'okukutula oluganda, oba okukola ekintu Katonda kye yagaana, ekirungi kwe kumenyawa ekirayiro kye n'addirira okuva ku kulayira kwe.

225. Katonda ategeeza nga bw'atavunaana oyo aba alayidde nga tagenderedde wabula olulimi ne lumusumattuka obusimattusi nga takakasizza ekyo ky'alayiridde. Mukyala Aisha yagamba nti Nnabbi (s.a.w.) yagamba nti: “Okusaaga mu kulayira kwo, kye kigambo ky'omusajja nga ali mu maka ge, nti — Nedda ndayidde Katonda bwe kiri, oba okuba nga alayidde nga akakasa nti ekintu ekyo ky'alayiridde bwe kiri. Oluvannyuma ne kirabika nga tekiri nga bw'abadde akakasa. Oyo Katonda tamuvunaana naye avunaana oyo alayidde nga akakasa ekyo ky'alayirira ka kube kukola oba kuleka.

226. Etteeka lino likwata ku musajja oyo alayidde obuteegatta na mukyala we okumala emyezi ena oba okusingawo. Singa omusajja alayirira obuteegatta na mukyala we okumala ebbanga erisukka emyezi ena, omukyala oyo alina okusaba bba yeegatte naye oluvannyuma lw'okuggwaako emyezi ena, okwagala n'obutayagala, oba ssi ekyo amute. Singa agaartye okumuta omulamuzi alina okumuwaliriza amute oluvannyuma lw'okumuwaayo ekiseera ekitasukka nnaku kkumi na ssatu (13). Era bw'aba akyaaganye okumuta omulamuzi alina okumuta. Naye singa omusajja alayidde obuteegatta na mukyala we okumala ebbanga erikka wansi w'emyezi ena omukyala oyo alina okulindirira, era talina kusaba bba kwegatta naye; kubanga Nabbi (s.a.w.) yalayira obuteegatta na bakyala be okumala omwezi mulamba okutuusa lwe gwaggwaako. Amateeka tegalekera musajja ddembe liyitiridde, abeere nga asiba awo omukyala ebbanga lyonna ly'ayagala kubanga olulimi ayinza okuba nga agenderedde kuluma mukyala mu bitalimu, na kumusiba awo nga talina musajja. Amateeka ne galagira nga ebbanga omukyala ly'ayinza okugumiikiriza terisukka myezi ena, kubanga oluvannyuma lw'emyezi ena ayinza okunyiigibwa mu ngeri y'obutonde ne kimutuusa ne kukubambira abasajja abalala. Newankubadde nga enkula y'abantu njawufu, mulimu asobola okugumiikiriza ennyo n'oyo atasobola, kyokka ebbanga ery'emyezi ena limala bulungi omusajja okwerwooza; — oba agenda mu maaso n'obufumbo obwo mu mateeka, oba omukyala oyo



228. N'abakyala abateereddwa balindirira ku lwabwe (nga tebannafumbirwa basajja balala) okumala okutukula entukula ssatu. Tekukkirizibwa ku bo okukisa ekyo Katonda ky'aba atonze mu nnabaana waabwe bwe baba nga bakkiriza Katonda, n'olunaku lw'enkomerero. Ne babbaabwe be balina okubazza mw'ekyo (ekiseera nga tekinnaggwaako) bwe baba abasajja nga baagadde kulongoosa (sso si kubaddira lwa kubabonyabonya). Era balina abakyala (bye bavunaana abasajja) okufaanana nga ebyo ebiri ku bo (abasajja bye bavunaana) naye nga babikola mu ngeri

وَالْمَطْلَقَاتِ يَتَرَبَّصْنَ بِأَنْفُسِهِنَّ  
ثَلَاثَةَ قُرُوءٍ وَلَا يَحِلُّ لَهُنَّ أَنْ  
يَكْتُمْنَ مَا خَلَقَ اللَّهُ فِي أَرْحَامِهِنَّ  
إِنْ كُنَّ يُؤْمِنَنَّ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ  
وَبِعَوْنِهِمْ أَحْسَبُ بِرَدِّهِمْ فِي ذَلِكَ  
إِنْ أَرَادُوا إِصْلَاحًا وَلَهُنَّ مِثْلُ  
الَّذِي عَلَيْهِنَّ بِالْمَعْرُوفِ وَاللَّيْجَالِ  
عَلَيْهِنَّ دَرَجَاتٌ وَاللَّهُ عَزِيزٌ

amuleka n'amuta, n'amuddiza eddembe lye, buli omu n'atandika obulamu obulala. Ekyo kye kikuuma ekitiibwa ky'omukyala, era bwe bwenkanya. Wabula nga baddinnaganye okulabagana nga ebbanga eryo terinnaggwaako, Katonda abasonyiwa, kyokka omusajja alina okuliwa olw'ekirayiro ky'amenye. Era ebbanga nga liweddeko ne batannagana. kikkirizibwa oluvannyuma lw'ekyo bwe bateesagana ne bafumbiriganwa obuto. Obutamala gakutulawa bufumbo wabula luvannyuma lwa kwekkaanya.

228. Kino kye kiragiro ekyava eri Katonda nga kikwata ku bakyala ababa bateereddwa babbaabwe — nga balina okulindirira okumala ebbanga lye balwaliramu obulwadde bwabwe (Heezi) emirundi esatu, nga tebannaba kufumbirwa musajja mulala. Nga ensonga enkulu ezilindiriza omukyala oyo ziri bbiri: esooka nnabaana we kwe kumala okutukula ne kitegereka nti talina lubuto lwa bba oyo amatadde. Ensonga eyokubiri kwe kuwawo ebbanga bombi basobole okwero-wooza, oba olyawo muyinza okuba mu myoyo gyabwe nga musigaddemu okwagala okubasobozesa okuddinnagana oluvannyuma lw'obusungu okukkakkana. Kubanga oluusi kiyinza okuba nga ekibatabudde tekiriimu naye bwe bagenda okwetegereza ne basanga nga tekisaanye kubaawukanya, olwo ne baddinnagana, ate ne batandika buto obufumbo bwabwe.

Okuta omukyala Katonda akisunguwalira nnyo newankubadde nga yakukkiriza. N'olw'ekyo Omusiraamu tasaanye kukukozesa wabula luvannyuma lwa kubulawa kkubo ddala erisobola okutereza obufumbo. Omukyala tateekwa kukweka ekyo ekiri mu nnabaana we kale singa alina olubuto lw'omusajja oyo amatadde ateeekwa okwogera, oba alwadde obulwadde bwabwe alina okwogera kubanga tebakkirizibwa kukweka ekyo Katonda kye yatondera mu nnabaana waabwe bwe baba nga bakkiriza Katonda n'olunaku lw'enkomerero". Kyokka omusajja takkirizibwa kuta mukyala we ng'ali mu bulwadde bwabwe (Heezi) okutuusa lw'amala okutukula. Era tamuta bw'aba nga yeegeesse naye okutuusa lw'amala okulwala n'atukula, olwo nno n'amuta nga tanneegeatta naye. Singa baagadde okuddinnagana nga ekiseera ekyo tekinnaggwaako, omusajja yalina obuyinza bw'okuddira oyo mukyala we gwe yata — n'omukyala talina kugaana.

Kyokka bateekwa babere nga mu kuddinnagana okwo bagenderedde kulongoosa bufumbo sso sikulumya mukyala oyo oba okumuziyiza okufumbirwa omusajja omulala. Era abakyala balina bye bavunaana abasajja okubibakolera nga nabo bwe balina bye bateekwa okukolera abasajja. Okugeza abasajja balina okukolagana obulungi ne bakyala baabwe, era balina okubambaza n'okubaliisa n'okubafunira ennyumba mwe basula n'obutabasuala. N'abakyala balina okugondera babbaabwe n'obutafuluma mu maka gaabwe wabula nga babakkiriza, n'obutaleta mu maka gaabwe oyo gwe batakkiriza. Kyokka era abasajja balina eddaala (enkizo) gye basinza ku bakyala, — nga okulabirira

y'obuntubulamu, kyokka abasajja balina ku bakyala eddaala (enkizo gye basinga ku bakyala). Ne Katonda wa Kitiibwa, Mukakasa.

229. Okuta (omukyala) okw'okumuddira kukoma ku mirundi ebiri (egisooka). (Oluvannyuma kisaanye) okuba naye mu ngeri ey'obuntubulamu oba okwawukana (naye) mu ngeri ennungi. Temukkirizibwa kutwala ekintu kyonna kw'ebyo bye mwabawa (eby-abawasa); wabula mpozzi nga batidde bombiriri obutayimirizaawo (obutakuuma) nsalo za mateeka ga Katonda. Bwe muba mutidde nti te-bajja kuyimirizaawo nsalo za mateeka ga Katonda, (olwo) tewali kibi ku bo (abaami okutwala) ekyo kye baba beenunuzza abakyala. Ezo z'ensalo z'amateeka ga Katonda. Temuzisukanga. N'oyo asukka ensalo z'amateeka ga Katonda; abo be balyazaamaanyi.
230. Bw'aba nga amutadde (omulundi ogwokusatu), (olwo) takkirizibwa (kumuddira) oluvannyuma lw'ogwokusatu okutuusa lw'afumbirwa omu-

ع ۴  
حَكِيمٌ ۱۳۸

الطَّلَاقِ مَرَّتَيْنِ فَأَمَّا كَيْفَ يَعْرُودُ  
أَوْ تَسْرِيحٍ بِإِحْسَانٍ وَلَا يَحِلُّ لَكُمْ  
أَنْ تَأْخُذُوا بِمَا آتَيْتُمُوهُنَّ شَيْئًا  
إِلَّا أَنْ يَخْتَفَا أَلَا يُقِيمَا حُدُودَ اللَّهِ  
فَإِنْ خَفْتُمْ أَلَا يُقِيمَا حُدُودَ اللَّهِ  
فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا فِيمَا افْتَدَتْ  
بِهَا تِلْكَ حُدُودَ اللَّهِ فَلَا تَعْتَدُوهَا  
وَمَنْ يَتَعَدَّ حُدُودَ اللَّهِ فَأُولَئِكَ  
هُمُ الظَّالِمُونَ ۱۳۸

فَإِنْ طَلَّقَهَا فَلَا يَحِلُّ لَهُ مِنْ بَعْدِ  
حَتَّىٰ تَنْكِحَ زَوْجًا غَيْرَهَا فَإِنْ

amaka n'abaana, n'okukuuma obufumbo, n'okubeera ng'omusajja y'asinga omukazi amagezi. Ne Katonda wa kitiibwa, mukakasa; tewali ali waggulu We, era akakasa mw'ebyo byonna by'akola, n'amateeka g'ateekera abaddu Be.

229. Omusajja bw'ata mukyala we omulundi gumu oba ebiri alina okumuddira bw'aba ayagadde nga ebbanga eryagerekwa terinnaggwaako, awatali kuddamu kumuwoowa. Bw'aba ayagadde okumuddira oluvannyuma lw'ebbanga (Al-Idda) okuggwaako, alina okuddamu okumuwoowa buto. Singa amuta emirundi esatu olwo talina kumuddira okutuusa lw'amala okufumbirwako, nga bwe tunaakinnyonyola nga tukituuseeko.

Omusajja takkirizibwa kutwala ku mukyala kintu kyonna kw'eyo emmaali gye yawaayo nga amuwasa, era takkirizibwa kumubonyabonya alyoke yeenunule. Wabula singa wazzeewo obutategeragana nga buva ku ludda lw'omukyala, omukyala n'ayagala okuwaayo sente yeenunule, — olwo tekiba kibi ku musajja okutwala ekyo omukyala ky'aba amuwadde. Kyokka Katonda asunguwalira omukyala asaba bba okumuta awatali kabi konna. Nnabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) yagamba nti: "Omukazi yenna asaba bba okumuta awatali kabi konna, kizira ku mukazi oyo okuwulira olusu lw'Ejjana (ennyumba ey'emirembe).

Ago agoogeddwa ge mateeka ga Katonda amakakafu; temugamenyanga ne muba nga mweryazaamaanyizza mwekka, olw'okwonoona obutebenkevu bw'amaka n'eggwanga."

230. Singa omusajja atadde mukyala we emirundi esatu, kuba kumuzira okumuddira okutuusa lw'amala okufumbirwa omusajja omulala ne yeegatta naye oluvannyuma n'amuta, n'atuula ekisera

sajja omulala atali ye. Bw'aba nga (bba owokubiri) amutadde tewali kibi ku bombiriri okuddinngana bwe baba nga balowoozezza (mu kuddinngana okwo) nti baja kuyimirizaa-wo (kukuuma) ensalo z'amateeka ga Katonda. Ezo z'ensalo z'amateeka ga Katonda. Azinnyonyolera ekibiina ky'abamanyi.

231. Bwe mubanga mutadde abakyala (bammwe), ne batuusa ebbanga ly'okuggwaayo ekiseera kyabwe (Idda), mubaddiranga (nga ebbanga terinnaggwaayo mu ngeri) ey'obuntubulamu oba mubate mu ngeri ennungi. Temubaddiranga ku lw'okubabonyabony mulyoke mubazzeemu okutuula ekiseera ekirala (Idda). N'omuntu akola ekyo mazima aba yeeryazaamaanyizza yekka. Temufuulanga amateeka ga Katonda ag'olusaa-ga. Era mujjukire ekyengera kya Katonda kye yabagabira mmwe n'ebyo bye yabassiza mmwe mu kitabo n'amateeka, nga ababulirira nago. Era mutye Katonda, era mumanye nti mazima Katonda amanyi buli kintu.

232. Bwe mubanga mutadde abakyala ne batuusa ekiseera kyabwe, (mmwe

ekyamulagirwa bba. Olwo nno bw'aba ayagadde amuddira, n'addamu okumuwoowa buto. Omusajja amuwasisizza atekwa abeere naye mu bufumbo, naye bw'aba amuwasisizza lwa kumutukuliza bba eyasooka, olwo bba takkirizibwa kumuddira. Era Nnabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Katonda akolimira oyo awasa omukazi ku lw'okumutukuliza omulala — n'oyo gwe bamutukulizizza."

231. Singa omusajja atadde mukyala we n'alaba nga ekiseera kisemberedde okuggwaayo alina okumuddira bw'aba nga ky'agenderedde kuzzaawo bufumbo bwabwe obwo obwali busasise, era nga muli mumalirivu nti ajja kukolagana naye bulungi, era nga ajja kutuukiriza amateeka g'obufumbo. Naye sso tamuddira lwa kumubonyabony oba okwagala nti buli lw'anaamuddira nga nga amuta, ate nga addamu okutuula ekiseera ekirala. Katonda kwe kugamba nti: Omuntu akola ekyo aba yeeryazaamaanyizza yekka, n'asubwa eddembe eriri mu bufumbo, n'abantu ne bamuggyamu obwesige.

232. Etteeka lino likwata ku b'oluganda lw'omukyala oyo bba gw'atadde omulundi ogumu oba

طَلَقَهَا فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا أَنْ  
يَتَرَاجَعَا إِنْ ظَنَّا أَنْ يُقِيمَا  
حُدُودَ اللَّهِ ط وَتِلْكَ حُدُودُ  
اللَّهِ يُبَيِّنُهَا لِقَوْمٍ  
يَعْلَمُونَ ﴿٢٣١﴾

وَإِذَا طَلَقْتُمُ الرِّسَاءَ فَبَلَغْنَ  
أَجَلَهُنَّ فَأَمْسُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ  
أَوْ سَرِّحُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ مَوْلَا  
مُسْلِمٍ هُنَّ ضَرَاءٌ لَتَعْتَدُوا عَنْهُنَّ  
يَفْعَلُ ذَلِكَ قَدْ ظَلَمَ نَفْسَهُ ط  
وَلَا تَتَّخِذُوا آيَاتِ اللَّهِ هُزُوًا ر و  
أذْكُرُوا نِعْمَتَ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَمَا  
أَنْزَلَ عَلَيْكُمْ مِنَ الْكِتَابِ وَالْحِكْمَةِ  
يُعِظُكُمْ بِهِ ط وَاتَّقُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا  
بِشَيْءٍ أَنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٢٣٢﴾

ab'enganda z'omukyala) temubaga-ananga okufumbirwa (abaali) babbaabwe bwe baba nga basiimaganye wakati waabwe mu ngeri ey'obuntubulamu. Ekyo yeebuulirira nakyo oyo abeera mu mmwe nga akkiriza Katonda n'olunaku lw'enkomerero. Ekyo kye kitukuvu gye muli, era kye kirungi. Ne Katonda y'amanyi, naye mmwe temumanyi.

233. N'abazadde abakyala bayonsa abana baabwe (ebbanga) lya myaka ebiri emijjuvu; (ekyo kiri) eri oyo ayagala okujjuza okuyonsa. Kuli ku (musajja) gwe bazaalidde (omwana) okubaliisa n'okubambaza (omwana ne nnyina) mu ngeri ennungi. Omwoyo teguwalirizibwa wabula ekyo kye

أَجَاهُنَّ فَلَا تَعْضُوهُنَّ أَنْ  
يَنْكِحَنَّ أَزْوَاجَهُنَّ إِذَا تَرَاطَوْا  
بَيْنَهُمْ بِالْمَعْرُوفِ ذَلِكَ يُوعِظُ  
بِهِ مَنْ كَانَ مِنْكُمْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ  
وَالْيَوْمِ الْآخِرِ ذَلِكَكُمْ آزْوَاجُكُمْ  
وَاطَهُرُ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٢٣٣﴾  
وَالْوَالِدَاتُ يُرْضَعْنَ أَوْلَادَهُنَّ  
حَوْلَيْنِ كَمَا مَلَائِينَ لِمَنْ أَرَادَ أَنْ  
يُتِمَّ الرَّضَاعَةَ وَ عَلَى الْمَوْلُودِ لَهُ  
رِشْمُهُنَّ وَ كَسْوَهُنَّ بِالْمَعْرُوفِ ط

ebiri, n'atamuddira okutuusa ekiseera ekyamulagirwa okumala okuggwaako, oluvannyuma ne bateesaganya ne bakkiriziganya nate okuddamu okufumbiraganwa obuto.

Katonda agamba abo abalina obuvunaanyizibwa ku ye, — nga bakitaawe oba bannyina, nti “Temubaga-ananga okufumbirwa abo abaali babbaabwe, ekyo Katonda akibabuulirira, — bwe muba nga mukkiriza Katonda n'olunaku lw'enkomerero; kubanga ekyo kye kisinga okutukuzi emyoyo gyammwe. Katonda y'amanyi emigaso gyammwe mw'ebyo by'abalagira, n'akabi akali mw'ebyo by'aba abagaanye.”

Ensonga y'okukka kw'ekitundu kino ekwata ku musajja eyata mukyala we okutuusa ekiseera lwe kyaggwaako ekimukkirizibwamu okumuddira, naye n'ayagala amuddemu okumuwasa buto ne bakkiriziganya n'omukyala, wabula mwannyina w'omukyala n'amugaana. Katonda olwo, n'assa ekitundu kino nga abagaana okuziyizanga abakyala okuddayo okufumbirwa abaali babbaabwe.

233. Etteeka lino lika kasa ku nnyina w'omwana, okuyonsa omwana we obutasukka myaka ebiri ku lw'okumukuuma omuto aleme okulwala, oba okufuna akabi; kubanga amabeere ga nnyina w'omwana ky'ekyokulya ekikulu eri omwana, era y'emmere esaanira omwana oyo. N'olw'ekyo omuzadde tateekwa kugaanwa kuyonsa mwana we awatali nsonga ntuufu. Era kikakafu ku kitaawe w'omwana okuliisa nnyina w'omwana we awamu n'okumwambaza mu ngeri esaanira enfuna y'omusajja oyo awatali kumukaka ekyo ky'atasobola okumala ebbanga omukyala ly'amala nga akyayonsa omwana oyo. Ate n'omusajja tateekwa kubonyabonya nnyina ku lw'omwana we nga okumuwa ekyo ekitamumala. N'ekyo kigerebwa nga embeera y'ensi cyo bw'eri, wamu n'enfuna y'omuntu oyo. N'olw'ekyo ekibalibwa mu kubonyabonya nnyina w'omwana kwe kumuggyako omwana we olw'empaka nga temuyise mu kuteesa. Era ekibalibwa mu kubonyabonya kitaawe w'omwana kwe kumumuulira alyoke atawaane naye. Nga bwe kiri ekikakafu ku kitaawe w'omwana okuliisa nnyina w'omwana n'okumulabirira, bwe kityo kikakafu ku musika okulabirira oyo muzadde w'omwana ayonka. Singa abazadde bombiriri bakkiriziganyizza okuggya omwana waabwe ku mabeere nga emyaka ebiri teginnawera tebalina kibi kasita baba nga balabye nti kye kisinga okugasa omwana. Bwe baba bateesaganyizza omuzadde omukyala n'omuzadde omusajja okuwa omwana waabwe omuntu omulala amuyonse ku lw'ekizibu ekiba kiguddewo, oba ku ludda

gusobola. Tabonyabonyezebwa omuzadde omukazi ku lwa mwana we wadde oyo gwe bazaalidde omwana (omusajja, tabonyabonyezebwa) ku lw'omwana we. Era bwe kityo bwe kiri ku musika (singa bba w'omukyala afa). Bwe baba nga bombiriri bagagade okumuggya ku mabeere mu kukkiriziganya kwa bombi (abazadde) n'okutesaganya, tewali kibi ku bombi; era bwe mubanga mwagadde (omukyala atali nnyina wa mwana) okubayonseza omwana wammwe, tewali kibi ku mmwe bwe muba nga muwaddeyo ekyo kye mwabawa (mu kubalagaanyisa) mu ngeri ennungi. Mutyenga Katonda, era mumanye nti mazima Katonda alaba ebyo bye mukola.

234. N'abo ababa bafudde mu mmwe ne baleka abakyala, (abakyala) balindirira bo bennyini (nga tebannafumbirwa basajja balala) emyezi ena (4) n'ennaku kkumi (10). Bwe baba nga batuusizza ekiseera kyabwe (ebban-ga eryo ne ligywaako), olwo temulina kibi (mmwe bannannyini mugenzi) mw'ekyo kye baba bakoze okuva mu bo bennyini eky'obunt'ubulamu (eki-

لَا تَكْفُرْ نَفْسٌ إِلَّا وَسِعَهَا التَّضَاءُ  
وَالِدٌ لِّبَوْلَيْهَا وَلَا مَوْلُودٌ لِّهَا  
يَوْلِيهَا وَعَلَى الْوَارِثِ مِثْلُ ذَلِكَ  
فَإِنْ أَرَادَ إِفْصَالٌ عَنْ تَرَاضٍ مِنْهُمَا  
وَتَشَاوُرٍ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا وَإِنْ  
أَرَدْتُمْ أَنْ تَسْتَرْضِعُوا أَوْلَادَكُمْ  
فَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ إِذَا سَأَلْتُمْ  
مِمَّا آتَيْتُمْ بِالْمَعْرُوفِ وَاتَّقُوا  
اللَّهَ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ بِمَا  
تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٢٣٤﴾

وَالَّذِينَ يَتَّقُونَ مِنْكُمْ وَ  
يَذُرُونَ أَرْوَاجًا يَتَرَبَّصْنَ  
بِأَنْفُسِهِنَّ أَرْبَعَةَ أَشْهُرٍ وَعَشْرًا  
فَإِذَا بَلَغْنَ أَجَلَهُنَّ فَلَا جُنَاحَ  
عَلَيْكُمْ فِي مَا فَعَلْنَ فِي أَنْفُسِهِنَّ

lw'omukyala oba olw'omusajja, tewali kibi ku bombiriri — bw'aba omusajja اساسudde omukyala empccera ye mu bulungi ebbanga ly'amaze nga amuyonsa.

234. Lino etteeka likwata ku mukyala afiiriddwako bba (Nnamwandu), atekwa okumala ebbanga lya myezi ena n'ennaku kkumi nga akyali mu maka ga bba, era nga tannafumbirwa musajja mulala oba okwogerezebwa wadde nga takozesa byakwejalabya, — nga okwambala engoye ennungi n'okukozesa ebiwunya akawoowo. Ekyo ne kigyawo empisa y'Abawarabu gye baalik'o nga Obusiraamu tebusannajja. Omukazi bwe yafiirwanga bba nga bamuzimbira akasiisira nga ayambala engoye ezisinga okuba embi, olwo nga abeera mu kasiisira ako okumalira ddala omwaka mulamba. Obusiraamu bwe bwajja ne buggyawo empisa eyo, kati omukyala n'abeera nga amala emyezi ena n'ennaku kkumi nga ali mu maka ga bba.

Singa amulesse n'olubuto, olwo omukyala oyo atekwa okulinda okutuusa lw'amala okuzaal. Singa bamalako ekiseera kyabwe ekyo, abamuliko obuvunaanyizibwa tebalina kibi obutamuziyiza kw'ekyo ky'aba akoze ekitaliimu kujeemera Katonda, — nga okwambala obulungi n'okwenyiriza, n'okunoonya anaamuwasa.

kkirizibwa mu mateeka nga okwogerezebwa). Ne Katonda amanyi ebyama by'ebyo bye mukola:

235. Era tewali kibi ku mmwe (abasajja) mw'ekyo kye muba mubanjulidde nga temwatudde mu kwogereza abakyala (abo bannamwandu), oba kye muba mukwese mu mitima gyammwe (eky'okubaagala okubawasa). Katonda yamanya nti Mazima mmwe mujja kubalowoosanga. Naye temubalagaanyisanga (okubawasa) mu kyama okuggyako nga mwogeddde ekigambo ekirungi (mu mateeka). Naye temukakasanga endagaa-no y'obufumbo okutuusa ekiseera ekyalagirwa lwe kituusa ebbanga (lyakyo ery'okuggwaako) era mumanye nti mazima Katonda amanyi ebyo ebiri mu mitima gyammwe (n'olw'ekyo) mumwerinde; era mumanye nti mazima Katonda Musonyiyi, wa Kisa.

236. Temulina kibi mmwe bwe muba mutadde bakyala bammwe abo be mutalabaganye nabo, oba be muba temugerredde mugabo (mahare ge munaabawa). Mubawengayo ekina-abecyagaza, omugagga (amuwe) nga

بِالْمَعْرُوفِ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٢٣٥﴾

وَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِيمَا عَرَّضْتُمْ  
بِهِ مِنْ خُطْبَةِ النِّسَاءِ أَوْ أَكْنَنْتُمْ  
فِي أَنْفُسِكُمْ عَلِيمَ اللَّهِ أَنْكُمْ  
سَدُّ كُرُوهِنَّ وَلَكِنْ لَا  
تُوعِدُوهُنَّ سِرًّا إِلَّا أَنْ تَقُولُوا  
قَوْلًا مَعْرُوفًا وَلَا تَعْرِضُوا  
عُقْدَةَ النِّكَاحِ حَتَّى يَبْلُغَ الْكِتَابُ  
أَجَلَهُ وَأَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ  
مَا فِي أَنْفُسِكُمْ فَاحْذَرُوهُ ۗ وَ  
تَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٣٦﴾

لَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ إِنْ طَلَقْتُمْ  
النِّسَاءَ مَا لَمْ تَمْسُوهُنَّ أَوْ  
كَفَرْتُمْ بِالْهِنِّ فَرِيضَةٌ لَكُمْ ۗ

Omukyala ebbanga ly'amala nga ali mu kulinda okuggwaako emyezi ena n'ennaku ekkumi, oba okutuusa okuzaala, abeera nga akyajjukira bba n'engeri gy'asigadde mu maka ago, oluusi abeera nga akyalina abaana abato. Mu kutwalira awamu mu kiseera ekyo, si kituufu n'akatono okunyumya ku bikwata ku bufumbo, kubanga ekyo kyonoona ebirwoozo bye, n'okumujjukiza bba gw'abadde naye mu ddembe ly'obufumbo.

235. Okwanjulira omukyala afiriddwako bba kwe kumugamba mu ngeri y'okuyisa olugero awatali kumwatulira nga bw'oyagala okumuwasa: Okugeza nga okumugamba nti oba otyawo olifuna akuwasa, oba mukyala ggwe olifuna obufumbo, oba owoomera obufumbo, oba okumuton-era ekintu nga tolima ky'omugambye ekikwata ku bufumbo. Engeri eyo Katonda gy'agamba nti mmwe abasajja temulina musango bwe muba nga mukoze ekyo kuba Katonda yamanya nti mugendanga kubalowoosa okubawasa, kyeyava abakkiriza. Kyokka yagaana okubalagaanyisa okubawasa mu kyama, nga okumugamba nti mazima nze nkwalaga era njagala okukukakasa nti togenda kufumbirwa mulala yenna atali nze. Oba ekirala ekifaanana nga ekyo.

236. Eteeka lino likwata ku muntu aba atadde omukyala oluvannyuma lw'okumala okubagatta



okusobola kwe, n'omufunampola (amuwe) nga okusobola kwe (bwe kuli), ekintu nga kiweebwayo mu ngeri ennungi. (Kino) kikakafu ku balongoosa (abakkiriza).

237. Naye bwe muba mubatadde nga temunnalabagana nabo mazima nga mwabagerera ekigero (kye munaabawa amahare), olwo muteekwa (okubawa) kimu kyakubiri kw'ekyo kye mwabalagaanyisa, wabula nga babadde (bo abakyaala) basonyiye, oba n'alekera oyo alina (obuyinza) mu mukono gwe okukakasa endagaano y'obufumbo (omusajja n'alekera omukyala omuwendo gwonna gwe baalagaana). Bwe muba nga musonyiye ekyo kye kisinga okusembeza omuntu eri okutya Katonda. Era temwerabiranga obulungi obubadde wakati wammwe. Mazima Katonda Alaba ebyo bye mukola.

238. Mwekuume okuyimirizaawo esswala (zonna ettaano), n'esswala ey'omu

مَتَّعُوهُنَّ عَلَىٰ الْمَوْسِرِ قَدْرَهُ  
وَعَلَىٰ الْمَقْتِرِ قَدْرَهُ مَتَاعًا  
بِالْمَعْرُوفِ حَقًّا عَلَىٰ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٧﴾

وَإِنْ طَلَقْتُمُوهُنَّ مِنْ قَبْلِ  
أَنْ تَمْسُوهُنَّ وَقَدْ فَرَضْتُمْ  
لَهُنَّ فَرِيضَةً فَنِصْفُ مَا فَرَضْتُمْ  
إِلَّا أَنْ يَعْفُونَ أَوْ يَعْفُوا الَّذِي  
بِيَدِهِ عَقْدَةُ الزَّكَاةِ وَأَنْ  
تَعْفُوا أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ وَلَا تَنْسُوا  
الْفَضْلَ بَيْنَكُمْ ط إِنَّ اللَّهَ بِمَا  
تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٣٨﴾

حَافِظُوا عَلَى الصَّلَوَاتِ وَالصَّلَاةِ

(okubawoowa), kyokka nga tannaba kulabagana naye, n'amuta ate nga tebalina kigero kye balagaanye eky'okumuwa ku lw'okumuwasa — amahare. Olwo omusajja alina okuwa omukyala oyo ekintu ekinaamusanyusa olw'okumusubya ebyo by'abadde asuubira mu bufumbo. Omugagga amuwa nga okufuna kwe bwe kuli, n'omwawu amuwa nga okufuna kwe naye bwe kuli.

237. Lino etteeka likwata kw'oyo aba atadde mukyala we nga tannalabagana naye, kyokka nga baamala okukkiriziganya ekigero ky'anaamuwa (Amahare). Olwo aba atekwa kumuwa kimu kyakubiri ku muwendo gwe baalagaana. Okuggyako nga omukyala asonyiye zonna n'azikulekera oba, omusajja n'alekera omukyala omuwendo gwonna gwe yali akkiriza okumuwa. N'okulekera kye kisinga obulungi eri abantu abatya Katonda, era abantu basaanye bajjukirenga eibirungi ebiiyise wakati waabwe, n'enkolagana abadde wakati waabwe. Okujjukira ebyo kuleeta okwagalana wakati w'abantu.

238. Mu kitundu kino Katonda yalagira abakkiriza okwekuuma okusaalira esswala ettaano mu biseera byazo ebyagerebwa. Mazima Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) yabauuzibwa nti, mulimu ki ogusinga obulungi? Nagamba nti "Okusaala esswala mu kiseera kyayo", era yagamba nti: "Omulumu ogusinga okwagalwa eri Katonda kwe kwanguyiriza okusaala esswala mu kiseera kyayo ekisooka", Katonda n'ayongerera okukuutira okwekuuma okusaala esswala ey'omu makkati. Abamanyi baawukanamu ku kwawula esswala ey'omu makkati, abamu ne bagamba nti ye sswala ya Subuhi (ey'enkanya). Abalala ne bagamba nti ye sswala ey'omu ttuntu "Al-Dhuhuri", abalala ne bagamba nti 'esswala y'olweggulo "Al-Asiri". Abasinga obungi bagamba nti esswala y'omu makkati ye sswala ya Al-Asiri ey'olweggulo, era n'obujulizi obusinga amaanyi bulaga nga y'eyo.



makkati, era muyimirirenga (mu ss-wala) ku lwa Katonda nga musirise mwewombeese.

239. Bwe mubanga muli ku lutalo (ne mutya abalabe musaalenga nga bwe musobola) — nga mutambula oba mwebagadde (ku nsolo zammwe). Bwe mubanga muli mu ddembe (olwo) mwogerenga ku Katonda (musaalenga) nga Katonda bwe yabayigiriza ebyo bye mwali mutamanyi.

240. N'abo ababa bafudde mu mmwe (abasajja) ne baleka abakyala; balina okulaamira bakyala baabwe (ebintu ebinaabayamba nga bakyali mu maka omwo) okutuusa okuggwaako omwaka mulamba awatali kubaggyamu, bwe baba nga bavuddemu (ku lwabwe) temulina kibi mmwe mw'eky' kye baba beekoledde ku lwabwe bennyini, mu ngeri ennungi. Ne Katonda wa Kitiibwa Omukakasa (w'e-bigambo).

الْوَسْطَىٰ وَتُؤْمِرُ بِاللَّهِ فَيُذِقُ الَّذِينَ

فَإِنْ خِفْتُمْ فِرْجَالَ أَوْرُقِبَانَا  
فَإِذَا آمَنْتُمْ فَأَذْكُرُوا اللَّهَ  
كَمَا عَلَّمَكُم مَّا لَمْ تَكُونُوا  
تَعْلَمُونَ ﴿٢٣٩﴾

وَالَّذِينَ يَتَّبِعُونَ مِنكُمْ  
يَدْرُونَ أَرْوَاجًا وَصِيَّةً  
لِّأَرْوَاجِهِمْ مَّتَاعًا إِلَى الْحَوْلِ  
غَيْرَ لِخُرَاجِهِمْ فَإِنْ خَرَجْنَ فَلَا  
جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِي مَا فَعَلْنَ فِي  
أَنْفُسِهِنَّ مِنْ مَّعْرُوفٍ وَاللَّهُ  
عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٤٠﴾

kubanga Nabbi (s.a.w.), Abakuraishi bwe baamutawaanya mu kiseera bwe baali bazze okuzinda Madiina, n'atasobola kusaala sswala ya lwaggulo, "Al-Asri"— yagamba nti: "Katonda ajjuze embuto zaabwe omuliro bandabankanyizza ne ssaala sswala y'omu makkati, — Esswala ya Al-Asri."

Era Katonda yalagira abakkiriza babeere mu sswala nga beewombeese era nga baggonjebwa kuba omuntu bw'aba asaala aba ayogera ne Katonda we. N'olw'ekyo atekwa okuba omukkakamu, Omusirifu. Olw'ekyo kizira okwogereramu ebigambo ebya bulijjo.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mazima eno esswala tekisaanira n'akatono kwogereramu bigambo bya bantu. Mazima yo kutendereza Katonda, na kumutukuza, na kumugulumiza, na kumwogerako."

239. Katonda bwe yamala okulagira omuntu okwekuuma esswala obutamuyitako n'okugisaala mu bujjuvu, wano n'atandika okunnyonyola engeri omuntu gy'ayinza okusaala nga ali ku lutalo. Yagamba nti "bwe mubanga mutidde" omulabe, musaalenga mu ngeri yonna ebasobokedde — nga mutambula oba nga mwebagadde, oba mwolekedde mu kibula (Kaaba) oba mukubyeo amabega. Singa olutalo luba lukoledde ne luyiinyintira ne kitasoboka kusaala sswala ya bulijjo, basaala nga balaza bulaza mu kifo ky'okukutama ku mavivi n'okuvunna. Singa ekyo tekisobose, balindiriza esswala eyo okutuusa lwe bamala okutereera ne balyoka basaala.

"Singa olutalo luwedde ne muba mu ddembe, muyimirizengawo esswala mu bujjuvu bwayo. Nga mujjuzi okuvunna n'okukutama wamu, n'eggonjebwa nga Katonda bwe yabayigiriza ebyo bye mwali mutamanyi, n'abalungama eri obukkiriza, era, n'abayigiriza ebyo ebigabasa kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma."

241. Era balina abakyaala ababa bateered-dwa (okusibirirwa) ekintu (ekinaabayamba) mu ngeri ennungi: (kino) kikakafu (ku basajja) abatya Katonda (abakkiriza).

وَلَمْ تَطْلُقْ مَتَاعًا بِالْمَعْرُوفِ  
حَقًّا عَلَى الْمُتَّقِينَ ﴿٢٤١﴾

242. Bwe kityo Katonda bw'abannyonn-yola mmwe amateeka Ge oba olyawo ne mutegeera.

كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ  
لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٢٤٢﴾

243. Abaffe tolaba (Ggwe Muhammadi) abo abaava mu nsi yaabwe (ne badduka abalabe baabwe) nga nabo baali nkumi na nkumi ku lw'okutya okufa, Katonda n'abagamba nti: Mufe, bwe yamala n'abazza obulamū. Mazima Katonda alina ekisa ku bantu, naye mazima abantu abasinga obungi te-beebaza.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ خَرَجُوا مِنْ  
دِيَارِهِمْ وَهُمْ أُلُوفٌ حَذَّارِ الْمَوْتِ  
فَقَالَ لَهُمْ اللَّهُ مُوتُوا ثُمَّ أَحْيَاهُمْ  
إِنَّ اللَّهَ لَذُو فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ  
وَلَكِنْ أَكْثَرُ النَّاسِ لَا يَشْكُرُونَ ﴿٢٤٣﴾

244. Mulwane mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula eddiini Ye), era muma-nye nti Mazima Katonda Awulira, era Amanyi (buli kintu).

وَإِذَا تَلَوْا فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَعَلِمُوا  
أَنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٤٤﴾

240. Etteeka lino lyaggyibwawo n'etteeka eriragira omukyala okutuula okumala emyezi ena n'ennaku kkumi.

Era n'okumulaamira kwaggyibwawo ku lw'okumugereka omugabo gwe ogw'ekimu eky'omu-naana, oba ekimu ekyokuna.

241. Etteeka lino likwata ku musajja atadde mukyala we: alina okumuwa emmaali eyo gy'a-necyambisa ku lw'okutereza ebirowoozo bye, — nga amuwa mu ngeri ennungi. Omugagga amuwa okusinziira ku nfuna ye, n'omwawu amuwa nga enfuna ye bw'efaanana. Ekyo kikakafu ku buli Musiraamu aba atadde mukyala we.

243. Okuzuukira kw'abantu abo, bujulizi obulaga nga bwe waliyo okuzuukira ku lunaku lw'enkomercero. Katonda kycyava amaliriza ekitundu kino n'agamba nti "Mazima Katonda alina ekisa ku bantu" okubalaga obujulizi obweyolefu n'ebiyokulabirako ebiraga obuyinza Bwe. Kyokka abantu abasinga obungi tebeebaza Katonda kw'ebyo by'abagabira ebikwata ku ddiini yaabwe, ne ku bulamu bwabwe obw'ensi. Ekitundu kino mulimu eky'okuyiga nti mazima okudduka okufa tekirina kye kigasa ku buyinza bwa Katonda n'okugera Kwe, kubanga abo abaava mu nsi yaabwe ku lw'okutya okufa olw'obulwadde obwagwamu ate era ne bafa. Olw'ekyo Nabbi yagaana okuva mu kitundu omuba magudde obulwadde obukwata nga kawumpuli, kawaali n'endwadde endala.

Abdul-Rahmaani mutabani wa Aafi yagamba nti: Nnabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mazima obwo obulwadde ebibiina ebyakulemba byabonerezebwa nabwo, bwe mubanga mubuwulidde nga bugudde mu nsi temugandangamu. Ate bwe bugwanga mu nsi gye mulimu temugivangamu nga mudduka okufa."

Era Katonda yagamba mu kitundu ekirala nti: "Buli wonna we munaabeeranga okufa kugenda kubatuukako, ne bwe mubeera mu bizimbe ebigumu ebinyewu."

245. Ani oyo awola Katonda aluwola olulungi, (Katonda) alyoke amwongeze ennyongeza ennyingi? Ne Katonda afunza (enfuna y'omuntu), n'ayanjuluzza (enfuna y'oyo gw'ayagadde). Ne gy'Ali gye mulizzibwa.

مَنْ ذَا الَّذِي يُفْرِضُ اللَّهُ قَرْضًا  
حَسَنًا فَيُضِعُّهَا لَكَ أَضْعَافًا كَثِيرًا  
وَاللَّهُ يَقْبِضُ وَيَبْصُطُ وَإِلَيْهِ  
تُرْجَعُونَ ﴿٢٤٥﴾

246. Abaffe tolaba ekibiina ky'abakungu mu Baana ba Israeli oluvannyuma (lw'okufa kwa Nabbi) Musa, mu kiseera we baamugambira Nabbi waa-bwe nti: Tuteekerewo Omufuzi (Kabaka) tulyoke tulwane mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula ekigambo Kye). N'abagamba nti: abaffe mwandyeremye ne mutalwana ne bwe mwaliraalikiddwako okulwana? Ne bagamba nti: tulina ki ekitugaana okulwana mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula eddiini Ye) nga mazima twaggyibwa mu nsi yaffe n'abaana baffe? (Naye) bwe kwamala okubalaalikwa okulwana, ne bakyuka (okuva ku bye bakkiriza) okuggyako abatono mu bo. Ne Katonda Amanyi abalyazaamaanyi (era wa kubavunaana).

وَقَدْ تَرَى إِلَى الْمَلَأَمِ مِنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ  
مَنْ بَعْدَ مُوسَى إِذْ قَالَ لِلرَّبِّ  
لَهُمْ ابْعَثْ لَنَا مَلَكًا يُقَاتِلْ فِي  
سَبِيلِ اللَّهِ قَالَ هَلْ عَسَيْتُمْ  
إِنْ كُتِبَ عَلَيْكُمُ الْقِتَالُ أَلَّا  
تُقَاتِلُوا قَالُوا وَمَا لَنَا أَلَّا نُقَاتِلَ  
فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَقَدْ أُخْرِجْنَا مِنْ  
دِيَارِنَا وَأَبْنَاؤُنَا فَلَئِمَّا كُتِبَ  
عَلَيْهِمُ الْقِتَالُ تَوَلَّوْا إِلَّا قَلِيلًا  
مِنْهُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالظَّالِمِينَ ﴿٢٤٦﴾

245. Mu kitundu kino Katonda akutira abakkiriza okuwaayo emmaali yaabwe mu makubo g'okusitula eddiini ya Katonda, era, n'abategeza nga bwe baba bamuwoze era nga bw'Ali ow'okubongeza mw'ebyo bye banaaba banuwoze ennyongeza ennungi era ensukkirivu.

Ne mu bigambo ebyava ku Nabbi, yagamba nti Katonda agamba nti: Ani awola oyo atabulwa era atalyazaamaanya? N'ebitundu bingi mu Kuraane ebikubiriza abantu okuwaayo mw'ebyo bye baba bafunye mu makubo amatuufu, era Katonda abalagaanyisa okubasasula empeera ennyingi okusinzira ku bulungi bw'ebigendererwa byabwe. "Bwe mugaba nga muggya mw'eyo emmaali yammwe temutya kwavuwala kubanga Katonda, y'alina obuyinza okufunza enfuna y'omu ku mmwe n'okugaziya enfuna y'oyo gw'aba ayagadde okugaziyya.

246. Ka'onda atutegeza ekyafaayo ky'ogumu mu mirembe gy'Abaana ba Israeli abaatuukibwako okunyoomebwa n'okuwangulwa okutuusa lwe baasaba Nabbi waabwe abassizeewo omufuzi anaabatererezanga ensonga zaabwe, era anaabakulemba basobole okuzzaawo ekitiibwa kyabwe. Era ne bawera nga bwe baalwana kubanga ensonga ezibalwanyisa weeziri: nga okubaggya mu nsi yaabwe. Naye oluvannyuma Katonda bwe yabalaalika okulwana, abasinga obungi mu bo ne beerema ne bava k'ekyo kye baamala okukakasa, ne baba nga beeryazaamaanyizza bokka. Abannyonyozi bagamba nti: erinnya lya Nabbi oyo ye yali Shamuuni (Samwili); abalala ne bagamba nti ye yali Yushau.

247. Era Nnabi waabwe n'abagamba nti: Mazima Katonda wammwe abalon-dedde Twaluuta (Saulo) okuba omufuzi wammwe. Ne bagamba nti: Ngeri ki bw'anaabeera ng'alina obufuzi ku ffe, nga naffe, ffe tukakatako obufuzi okusinga ye, ate nga teyaweebwa kwetaaya mu byanfuna? Nabbi n'abagamba nti: mazima Katonda yamwawula (n'amusukkulumya) ku mmwe, era n'amwongera okugaziwa mu kumanya ne mu mubiri. Ne Katonda awa obufuzi bwe oyo gw'ayagadde. Katonda Mugazi (oyo asaanira obufuzi).

وَقَالَ لَهُمْ نَبِيُّهُمْ إِنَّ اللَّهَ قَدْ  
بَعَثَ لَكُمْ طَالُوتَ مَلِكًا قَالُوا  
أَنَّى يَكُونُ لَهُ الْمَلِكُ عَلَيْنَا وَ  
نَحْنُ أَحَقُّ بِالْمَلِكِ مِنْهُ وَلَمْ  
يُؤْتِ سَعَةَ مِنَ الْمَالِ ط قَالَ  
إِنَّ اللَّهَ اصْطَفَاهُ عَلَيْكُمْ وَ  
زَادَهُ بَسْطَةً فِي الْعِلْمِ وَالْجِسْمِ  
وَإِنَّ اللَّهَ يُؤْتِي مَلِكَهُ مَن يَشَاءُ ط  
وَإِنَّ اللَّهَ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٤٧﴾

248. Era Nabbi waabwe n'abagamba nti: Mazima akabonero k'obufuzi bwe kwe kubalecetera essanduuke omuli obutebenkevu bwammwe okuva eri Mukama wammwe, n'ebimu mw'ebyo ebyasigala bye baaleka abantu ba Musa (nga omuggo gwe) n'abantu ba Haruuna, bamalayika nga bagyetisse. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero gye muli (akalaga amazima Gange) bwe mubeera nga muli bakkiriza (kale mukakakase kye mbagambye)

وَقَالَ لَهُمْ نَبِيُّهُمْ إِنَّ آيَةَ مُلْكِهِ  
أَن يَأْتِيَكُمُ التَّابُوتُ فِيهِ سَكِينَةٌ  
مِّن رَّبِّكُمْ وَبَقِيَّةٌ مِّمَّا تَرَكَ آلُ  
مُوسَىٰ وَآلُ هَارُونَ تَحْمِلُهُ الْمَلَائِكَةُ  
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّكُم إِن كُنْتُمْ  
مُؤْمِنِينَ ﴿٢٤٨﴾

Oyo y'omu mu bannabbi abangi abaava mu zzadde lya Israeli (Yakubu). — mutabani wa Ishaaka mwana wa Ibrahiimu.

247. Abaana ba Israeli bwe baasaba Nabbi waabwe abateerewo omufuzi anaabakulembera, n'alonda Twaluuta okubeera omukulembeze waabwe, kyokka nga teyali mu lulyo luvaamu bakabaka. Awo kyebaava bagamba Nabbi oyo nti ngeri ki Twaluuta bw'anaabeera omufuzi ku ffe nga ate ffe tuteekwa okuba abafuzi, ate awamu n'ekyo mwavu talina mmaali emusobozesa okuyimirizaawo obufuzi? Nabbi n'abaddamu nti: "Katonda y'amulonde n'amwawula ku mmwe" — ne Katonda y'asinga okumumanya. Era yamuwa amaanyi mu mubiri n'omutima omumalirivu nga ebyo bye byetaaga omukulembeze okuba nabyo. "Ne Katonda awa obufuzi bwe oyo gw'ayagadde". Tabuuzibwa kw'ekyo ky'akola, kubanga ye mufuzi ow'oku ntikko alina ekisa ekingi ku bitonde Bye. Era Y'amanyi oyo asaanira n'oyo atesaanira.

248. Nabbi waabwe yabategeza nti: "Akabonero akalaga omukisa gw'obufuzi bwa Twaluutu, Katonda kwe kubaddiza essanduuke yammwe, eyabaggyibwako ng'erimu ekitiibwa kyammwe,

249. Twaluutu bwe yamala okusitula awamu n'eggye lye, n'agamba nti: Mazima Katonda ajja kubagezesa n'omugga (gwe munaasanga gye tulaga). N'omuntu ananywamu taabe wa mu ggye lyange, n'oyo atanywemu mazima oyo an'aba wa mu ggye lyange, okuggyako oyo anaasena olubatu obubatu n'omukono gwe (n'anywa n'oyo talina kabi). (Awamu n'ekyo) ne banywa mu gwo (abasinga obungi) okuggyako abatono mu bo (abaagondera ekiragiro ky'omukulembeze waabwe). Bwe yamala okugusomoka, ye n'abo abakkiriza (abaali) awamu naye, ne bagamba nti: tetulina maanyi olwa leero agasobola Jaaluuta n'eggye lye, naye abo abaalowooza nga bakakasa nti mazima bo ba kusisinkana Mukama waabwe ne bagamba: Bimeka ebibiina eby'abatono ebyawangula ebibiina eby'abangi ku lw'obuyinza bwa Katonda! Ne Katonda ali wamu n'abagumiikiriza.

250. Bwe baamala okutala (mu maaso) ga Jaaluuta n'eggye lye ne bagamba

فَلَمَّا فَصَلَ طَالُوتُ بِالْجُنُودِ قَالَ  
 إِنَّ اللَّهَ مُبْتَلِيكُمْ بِنَهَرٍ فَمَنْ  
 شَرِبَ مِنْهُ فَلَيْسَ مِنِّي وَمَنْ  
 لَمْ يَطْعَمْهُ فَإِنَّهُ مِنِّي إِلَّا مَنِ  
 اعْتَرَفَ عُرْفَةً بِيَدِهِ فَشَرِبُوا  
 مِنْهُ إِلَّا قَلِيلًا مِّنْهُمْ فَوَلَّيْنَا  
 الْغَاوِينَ هُوَ الَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ  
 قَالُوا لَاطَاقَةٌ لَّنَا الْيَوْمَ بِجَالُوتَ  
 وَجُنُودِهِ قَالَ الَّذِينَ يَظُنُّونَ  
 أَنَّهُم مُّلْقُوا اللَّهَ كَم مِّن  
 فِئَةٍ قَلِيلَةٍ غَلَبَتْ فِئَةً كَثِيرَةً  
 بِإِذْنِ اللَّهِ وَاللَّهُ مَعَ الصَّابِرِينَ  
 وَلَمَّا بَرَرُوا الْبَأْسَ أُولَئِكَ  
 وَالْغَاوِيُّونَ وَجُنُودُهُ قَالُوا

mulyoke mutebenkere; era omuli n'ebyasigala ebya Nabbi Musa ne Nnabbi Haruuna — emiggo gyabwe bombi n'ezimu mu ngoye zaabwe n'ebirala. Bamalayika bajja kugisitulira mu banga, okutuusa lwe banaagissa mu maaso ga Twaluuta ne abantu bonna balaba.

249. Katonda annyonyola nga omufuzi w'Abaana ba Israeli Twaluutu, bwe yasitula okugenda okulwanagana n'abalabe — nga ali wamu n'abo abamukkiriza, n'abategeza nga Katonda bw'anaabagezesa n'omugga. Nagwo guli wakati wa Jendane ne Palastiini. Yabagamba nti oyo ananywa mu mugga omwo tagenda nange olwa leero, oyo atanywemu y'ajja okuba nange mpozzi n'oyo oyo ananywa amazzi agagya mu lubatu lwokka oyo talina kabi konna. Abasinga obungi ne banywa ne wasigalawo abantu batano abo, be yagenda nabo. Bwe baamala okusomoka omugga ne beeraba nga batono tebasobola kwannaganga ggye lya Jaaluuta (Abafilistiina) olw'obungi bwabwe. Awo ne bagamba nti tebalina maanyi olwa leero kwambalagana na Jaaluuta n'eggye lye.

Abamanyi mu bo ne bagumya bannaabwe nga babategeza nga okulagaanya kwa Katonda bwe kuli okw'amazima kubanga obuwanguzi buva eri Katonda. Ate okutaasa Kwe tekuyimiridde ku bulungi wadde okuba n'ebiyokulwanyisa eby'amaanyi kubanga bingi ebibiina by'abantu abatono, abiwangula ebibiina by'abangi ku lw'obuyinza bwa Katonda. Kye tulina kugumiikiriza, "mazima Katonda ali wamu n'abagumiikiriza."

250. Bwe baasisinkana omulabe waabwe abantu ba Twaluuta awamu n'obutono bwabwe

nti: Ai Mukama waffe! Fukirira ku ffe okugumiikiriza, onyweze ebigere byaffe, era otutaase ku kibiina ekitakkiriza.

251. Kale (eggye Iya Twaluutu) ne babawangula (abalabe baabwe ne bababunyisa emiwabo) ku lw'obuyinza bwa Katonda, ne Dauda n'atta Jaaluuta; Katonda n'amuwa (Dauda) obufuzi n'okumanya amateeka. era n'amuyigiriza mw'ebyo (byonna) by'ayagala. Singa tekwali kudduukirira kwa Katonda abantu abamu ku (kulwanyisa) bannaabwe ensi yandyoonese. Naye Katonda Ye Nnannyini birungi eri ebitonde (Bye) byonna.
252. Buno bwe bubonero bwa Katonda bwe tukusomera (Ggwe Muhamadi) n'amazima, era ddala ggwe oli wa mw'abo Ababaka (Baffe — Katonda be yatuma).
253. Abo ababaka twabasukkulumya abamu okusinga ku bannaabwe, mu bo mulimu Katonda be yayogera nabo n'asitula abamu mu madaala (ebitiibwa) ne gasinga aga bannaabwe; ne tuwa Issa mutabani wa Mariyamu obujulizi obw'enkukunala ne tumuwagira ne Mwoyo mutukuvu (Malaika

رَبَّنَا أَفْرِغْ عَلَيْنَا صَبْرًا وَثَبِّتْ  
أَقْدَامَنَا وَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿٢٥١﴾  
فَهَزَمُوهُمْ بِإِذْنِ اللَّهِ وَقَتَلَ  
دَاوُدُ جَالُوتَ وَآتَاهُ اللَّهُ الْمُلْكَ  
وَالحِكْمَةَ وَعَلَّمَهُ مَا يَشَاءُ  
وَلَوْ لَادَّ فِعْرَ اللَّهِ النَّاسَ بَعْضَهُمْ  
بِبَعْضٍ لَفَسَدَتِ الْأَرْضُ وَلَكِنَّ  
اللَّهَ ذُو فَضْلٍ عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿٢٥٢﴾

تِلْكَ آيَاتُ اللَّهِ نَتْلُوهَا عَلَيْكَ  
بِالْحَقِّ وَإِنَّكَ لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ ﴿٢٥٣﴾

تِلْكَ الرُّسُلُ فَضَّلْنَا بَعْضَهُمْ  
عَلَى بَعْضٍ مِنْهُمْ مَنْ كَلَّمَ اللَّهُ  
وَرَفَعَ بَعْضَهُمْ دَرَجَاتٍ وَآتَيْنَا  
عِيسَى ابْنَ مَرْيَمَ الْبَيِّنَاتِ

badda eri Katonda nga bamusaba abawe okugumiikiriza, era anyweze ebigere byabwe baleme okudduka n'okutiitiira. Era abadduukirira ku mulabe waabwe oyo abagaana okukkiriza Katonda.

251. Eggye Iya Twaluuta ku lw'okudduukirira kwa Katonda n'okuliwagira iyafufuggaza eggye Iya Jaaluuta awamu n'obungi bw'abalwanyi baalyo. Dauda n'atta Jaaluuta. Ne Dauda yali wamu ne Twaluuta mu ggye ly'abakkiriza. Kale mu kiseera eggye ly'abakaafiiri lyonna ne lisaanyizibwawo.

Katonda kyava agamba nti: "Singa tekwali kudduukirira kwa Katonda ku bantu abamu ku kulwanyisa bannaabwe, ensi yandyoonese." Amakulu nti ensi yandyoonese olw'abantu aboonyonyi okwonoona mu nsi kubanga aboonyonefu bwe basukkuluma amaanyi ku balongoofu kireetera ensi okwonooneka n'okusaanawo. Kyokka tekiyinda ekyo kubecrawo kubanga Ye Katonda wa kisa kingi ku bitonde Bye.

253. Mu aya eno Katonda annyonyola nga bwe yenkanyankanya ababaka bonna wabula n'akiza abamu ku bannaabwe, era mu bo abamu yayogera nabo awatali kubatumira butumizi malaika: okugeza nga Nabbi Musa (cmirembe gibe ku ye), gwe yayogera naye nga ali mu lusenya Sinai. Abalala mu bo yabagulumiza mu madaala okubasinza ku bannaabwe, gamba nga Nabbi

Jibriilu). Singa Katonda yayagala tebaalirwanaganyenga, abo abajja mu mirembe egizze giddirinngana oluvannyuma lwabwe (abaasooka), oluvannyuma lw'okubajjira obunnyonyofu. Naye baasalawo okwawukana, abamu mu bo bakkiriza n'abalala ne bagaana okukkiriza. Era singa Katonda yayagala tebandirwanaganye; naye mazima Katonda atuukiriza ekyo ky'ayagala.

254. Abange mwe abakkiriza! Muweeyo mw'ebyo bye twabagabira, nga olunaku terunnatuuka omutaliba kutunda wadde omukwano oba okuwolezeza omulala. N'abakafiiri bo be balyazaamaanyi (ku lw'obutakkiriza),

255. Katonda! Y'oyo yekka atekwa okusinzibwa, tewali Katonda mulala okuggyako Ye yekka Omulamamu, ayimiridde okulabirira ebitonde (aliwo mirembe na mirembe). Atakwatibwa kusumagira wadde otulo. Nnanyini

وَأَيَّدَنَّهُ بِرُوحِ الْقُدُسِ ط وَلَوْ  
شَاءَ اللَّهُ مَا أَقْتَتَلَ الَّذِينَ مِنْ  
بَعْدِهِمْ مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَ لَهُمْ  
الْبَيِّنَاتُ وَلَكِنْ ائْتَلَفُوا فِيهِمْ  
مَنْ أَمَنَ وَمِنْهُمْ مَنْ كَفَرَ ط  
وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ مَا أَقْتَتَلُوا لَكِنْ  
عَلَّمَ اللَّهُ يَفْعَلُ مَا يَرِيدُ ۝

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَنْفِقُوا  
مِمَّا رَزَقْنَاكُمْ مِنْ قَبْلِ أَنْ  
يَأْتِيَ يَوْمَ لَا بَيْعَ فِيهِ وَلَا خِلَّةَ  
وَلَا شَفَاعَةَ ط وَالْكَافِرُونَ  
هُمُ الظَّالِمُونَ ۝

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ  
لَا تَأْخُذُهُ سِنَّةٌ وَلَا نَوْمٌ  
لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ ط

Muhammadi (s.a.w.) yamugulumiza bwe yamuwa obubaka obubuna ensi yonna, n'amuwa n'ama-teeka amajjivu agatalikyuka era n'abeera Nabbi ow'enkomerero — tewali mulala alijja luvannyuma lwe.

Ne Nabbi Issa (emirembe gibe ku ye) Katonda yamugulumiza bwe yamuwa ebyamagero ebiraga amazima ge, gamba nga: okuzuukiza abafu n'okuvumula abo abazaalibwa nga bamuzibe oba bakiggala, n'abalema. Era Katonda yamuwagira ne Mwoyo Mutukuvu — Malaika Jibriilu. Ababaka bonna bajjanga n'obulungamu era n'obujulizi obwoleka amazima gaabwe. N'olwekyo abantu baali bateekwa buteekwa okubakkiriza awatali kwesalamu, naye era baabawakanya ne baawukana. Mu bo mulimu abakkiriza n'abatakkiriza sso nga baali bamaze okuleeterwa amazima agenkukunala. Wabula ebyo byonna kwali kugera kwa Katonda.

254. Abakafiiri balyazaamaanya emyoyo gyabwe ne bagituusa ku kukirira.

255. Aya eno nkulu nnyo eyitibwa *Aayat-ul-Kursi*. Eraga obuyinza n'Obw'omu bw'Obwakabaka bwa Katonda. Byonna mu ggulu ne mu nsi bya Katonda era y'abirinako obuyinza. Ye yeetoolode okumanya ebyo ebiribaawo gye bujja n'ebyo ebyaliwo gye buvudde gattako n'ebibaawo



ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. Ani aliwolereza awali Katonda wabula ku lw'okukkiriza Kwe. Amanyi ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebyo ebiri emabega waabwe. Tebasobola kwetooloola kintu na kimu mu kumanya K we wabula ekyo ky'aba ayagadde okukimanyisa oyo gw'ayagadde. Entebe Ye yagaziwa okubuna eggulu n'ensi, tebimuzitoowerrera okubikuuma byombiriri (eggulu n'ensi). Naye y'asinga okuba Omugulumivu, Ow'ekitiibwa omunene.

256. Tewali kuwaliriza (muntu kumuyingiza lwa mpaka) mu ddiini: Mazima obulunngamu bweyolese nga bweyawula ku bubuze: Omuntu yenna awakanya sitaane na buli kyonna ekimubuzza okumuggya ku bulunngamu n'akkiriza Katonda (n'amwawula mu Bwakatonda Bwe n'atamugattako bakatonda balala), mazima aba yeekutte ku nngango enngumu etalina kukutuka. Ne Katonda Awulira, Amanyi byonna.
257. Katonda Ye nnannyini kweyimirira nsonga z'abakkiriza era Ye mudduukirize waabwe! Abaggya mu bizikiza n'abatwala mu kitangaala. N'abo abagaana okukkiriza, nnannyinibo (eyeeyimirira ensonga zaabwe) ye Sitaane:

مَنْ ذَٰلِذِئِي يَشْفَعُ عِنْدَ ٱلْإِلَٰهِي  
بِأَذْنِهِ يَٰعَلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ  
وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ  
مِّنْ عِلْمِ ٱلْإِلَٰهِي مَا شَاءَ وَسِعَ  
كُرْسِيُّهُ السَّمٰوٰتِ وَٱلْأَرْضَ وَلَا  
يَـُٔودُهُ حِفْظُهُمَا وَهُوَ ٱلْعَلِيُّ  
ٱلْعَظِيمُ ﴿٢٥٦﴾

لَا ٱكْرَآءَ فِى ٱلْدِينِ قَدْ تَبَيَّنَ  
ٱلرُّشْدُ مِنَ ٱلْغَىِّ فَمَنْ يَٰكْفُرْ  
بِٱلطَّٰغُوتِ وَيُؤْمِنْ بِٱللَّهِ فَقَدْ  
أَسْتَمْسَكَ بِٱلْعُرْوَةِ ٱلْوُثْقَىٰ لَآ ٱنْفِصَامَ  
لَهَا وَٱللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٥٧﴾

ٱللَّهُ وَرِى ٱلَّذِينَ آمَنُوا بِحُرْمَتِ  
مِنَ ٱلطَّمٰتِ إِلَى ٱلنُّورِ وَٱلَّذِينَ  
كَفَرُوا أُولَئِكَ ٱلطَّٰغُوتُ

ekiseera kyonna. Era obufuzi bwe bubuna eggulu n'ensi, era tazitooererwa kulabirira bitonde Bye kubanga y'ali waggulu waabyo era talemwa kintu kyonna ky'aba ayogedde: Omunene mu kitiibwa Kye n'obufuzi Bwe.

256. Aya eno ennyonyola nga bwe watali muntu yenna awalirizibwa kuyingira mu ddiini lwa mpaka kubanga eddiini y'Obusiraamu nnyinyonyofu, n'amazima gaayo gali mu bbanga; buli muntu eyeetegeza agalaba. N'olwekyo tekyetaagisa kuwaliriza muntu kugiyingira eddiini eyo lwa mpaka. Wabula buli muntu Katonda gw'aba alungamiza n'amulaga ekitangaala ayingira ku lwa mazima g'aba alabye. N'oyo aba talungamizibwa tekimugasa okumuyingiza mu ddiini y'Obusiraamu olw'empaka kubanga aba talina bukkiriza.

257. Katonda alunngamya oyo aba akutte ekkubo ery'emirembe, era aggya okubusabuusa mu bakkiriza n'abalaga ekitangaala n'amazima. Abanguyiza okukwata ekkubo ettuuufu, n'abataasa ne ku balabe baabwe. Naye abo abagaana okukkiriza, mukama waabwe ye sitaane ababuzza n'abaggya

Abaggya mu kitangaala okubatwala mu kizikiza. Abo be bannannyini kuyingira mu muliro, bo ba kutuula lubeera mu gwo.

258. Tolaba oyo eyawakana ne Ibrahiimu mu Bw'omu bwa Mukama we, olw'okubanga Katonda yamuwa obufuzi? Mu kiscera Ibrahiimu bwe yagamba nti: Katonda wange Y'oyo awa obulamu era n'atta. (Kabaka) n'agamba nti: Nze mpa obulamu era nze nzita. Ibrahiimu n'agamba nti: Mazima Katonda aggya enjuba e Buvanjuba: Kale gawe giggye e Bugwanjuba (bw'obanga oli Katonda nga bwe wecyita). N'abuguyala oyo eyawakanya okubaawo kwa Katonda (nga yeesukkulumya). Ne Katonda talungamya kibiina kya balyazaamaanyi (abawakanya amazima).

259. Oba kifaananako n'oyo eyayita ku kyalu, nakyu nga kigwiridde ku busolya bwakyo, n'agamba nti: Ngeri ki Katonda gy'aliramusa ekyalo kino (n'abantu baakyo) oluvannyuma lw'okufa kwakyo? Katonda n'amutta okumala emyaka kikumi, ate n'amuzukiza. N'amugamba nti: Omaze bbanga ki (nga ofudde)? (Omusaajja) n'amugamba nti: (Oba olyawo) olunaku lumu oba kitundu kya lunaku. (Katonda) n'amugamba: Nedda wabula

يُخْرِجُوهُمْ مِّنَ النَّوْرِ إِلَى الظُّلُمَاتِ  
أُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ  
الْمُرَدِّ إِلَى الَّذِي حَاجَّجَ إِبْرَاهِيمَ  
فِي رَبِّهِ أَنْ أَنَّهُ اللَّهُ الْمَلِكُ إِذْ  
قَالَ إِبْرَاهِيمُ رَبِّيَ الَّذِي يُحْيِي  
وَيُمِيتُ قَالَ أَنَا أُحْيِي وَأُمِيتُ  
قَالَ إِبْرَاهِيمُ فَإِنَّ اللَّهَ يَأْتِي  
بِالشَّمْسِ مِنَ الْمَشْرِقِ فَأْتِ بِهَا  
مِنَ الْمَغْرِبِ فَبُهِتَ الَّذِي كَفَرَ  
وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ  
أَوْ كَالَّذِي مَرَّ عَلَى قَرْيَةٍ وَهِيَ  
خَاوِيَةٌ عَلَى عُرُوشِهَا قَالَ  
أَتَى مُجِيٍّ هُذًى اللَّهُ بَعْدَ مَوْتِهَا  
فَأَمَاتَهُ اللَّهُ مِائَةَ عَامٍ ثُمَّ  
بَعَثَهُ ط قَالَ كَمْ لَبِثْتَ ط قَالَ  
لَبِثْتُ يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمٍ ط

ku kkubo eggolokofu n'abaziya okulaba ekitangaala n'amazima. Era abalaza eri ebizikiza n'obulimba n'obwonoonefu. Abo ba kuyingira muliro era si ba kuguvaamu.

258. Mu aya eno Katonda ayogera ku kiscera Kabaka Namurudh eyecyitanga Katonda bwe yawakanya okubaawo kwa Katonda Omutonzi; nga nno ekimutuusa kw'ekyo lwa kubanga nti Katonda yamuwa obwakabaka. Nabbi Ibrahiimu yalaga Kabaka oyo obujulizi obulaga okubaawo kwa Katonda era nga ye Kabaka bw'atali Katonda.

Yagamba Ibrahiimu nti: "Katonda Y'oyo awa obulamu ku lw'okufuna omwoyo mu mubiri era ne ku lw'okuggyamu omwoyo." Kabaka yaddamu nti: "Nze mpa obulamu ku lw'okusonyiwa era nze nzita ku lw'okutta oyo gwe ssisonyiye." Ibrahiimu kwe kumuleetera ekyo ekinaa malawo enkaa yana era ky'ataasobola kubuzaabuza. N'amugamba nti: "Katonda buli lunaku aggya enjuba e Buvanjuba, kale gawe giggye e Bugwanjuba." Mu kiscera ekyo Kabaka n'abuguyala n'atafunu kya kuddamu.

omaze emyaka kikumi; tunuulira emmere yo n'ebiyokunywa byo, tebinayonooneka (mu ndabika); ate tunuulira endogoyi yo (evunze n'efuuka amagumba amasa okutali nnyama); tusobole okukufuula eky'okulabirako eri abantu, weetegerenze amagumba (g'endogoyi yo) nga bwe tugagatta ne tugabikka (okugambaza) ennyama (ne tugifuuwamu omukka gw'obulamu). Kino bwe yamala okukitegeera, n'agamba: Mmatidde nti Katonda alina Obuyinza eri ebitonde byonna.

260. (Jjukira) ekiseera Ibrahiimu bwe yagamba (Katonda): Mukama wange! Ndaga engeri gy'olizuukiza abafu, (Katonda) n'amugamba nti: Tokkiriza nti Nzuukiza abafu? N'agamba: Yee nzikiriza, naye njagala omwoyo gwange gumatiire. (Katonda) n'agamba nti: Kwata ennyonyi nnya ozifuge zikugondere; oluvannyuma (nga zimaze okukumanyiira ozikutulekutule obufi); oluvannyuma osse ku buli lusozi (ezo ezikuliraanye) ebimu ku bitundu byazo, n'oluvannyuma zikoowoole. Zijja kukujjira nga zanguwa, (olyoke) omanyee nti mazima Katonda wa Kitiibwa, Mukakasa mu buli ky'akola.

261. Ekifaananyi ky'abo abawaayo: ebya-bwe mu kkubo lya Katonda, bafaa-

قَالَ بَلْ لَبِثْتُ مِائَةً عَامٍ فَأَنْظُرْ  
إِلَى طَعَامِكَ وَشَرَابِكَ لَمْ يَسْتَهْ  
وَأَنْظُرْ إِلَى حِمَارِكَ وَلِنَجْعَلَكَ  
آيَةً لِلنَّاسِ وَأَنْظُرْ إِلَى الْعِظَامِ  
كَيْفَ نُنشِزُهَا ثُمَّ نَكْسُوهَا  
لِحِمَاءٍ فَلَمَّا تَبَيَّنَ لَهُ قَالَ  
أَعْلَمُ أَنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ

قَدِيرٌ ﴿٢٦٠﴾

وَأَذَى قَالَ إِبْرَاهِيمُ رَبِّ ارْنِي كَيْفَ  
تُنحِي الْمَوْتَى قَالَ أَوْلَمْ تُؤْمِنُ  
قَالَ بَلَى وَلَكِنْ لِيَطْمَئِنَّ قُلُوبِي  
قَالَ فَخُذْ أَرْبَعَةً مِنَ الطَّيْرِ  
فَصْرَهُنَّ إِلَيْكَ ثُمَّ اجْعَلْ عَلَى  
كُلِّ جَبَلٍ مِنْهُنَّ جُزْءًا ثُمَّ  
ادْعُهُنَّ يَأْتِينَكَ سَعْيًا وَاعْلَمْ  
أَنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٦١﴾

مَثَلُ الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ

260. Nabbi Ibrahiimu (emirembe gibe ku ye) yali tabuusabuusa mu kuba nga Katonda asobola okuzuukiza abafu, wabula yayagala yeeyongere okukakasa ku lw'okulabako n'amaaso olwo n'amaanyi g'okukakasa ekyo geyongera. Era bwe yali aleeta obujulizi obulaga nti Katonda ali Omu olwo lwe yali awakana ne Kabaka Namurudhi, yagamba nti: "Katonda y'Oyo awa obulamu era y'abuggyawo" ky'ekyo kyamwagaza alabe engeri Katonda gy'alamusa ekyo ekiba kifufde.

261. Katonda yakuba ekifaananyi ky'empeke emu bw'evaamu empeke ennyingi sinta eba esigiddwa mu ttaka eddungi, nga ky'agenderera kwe kulaga omuganyulo gw'afuna omuntu oyo awaddeyo emmali ye mu kkubo lya Katonda mu kusiima kwe, ng'anoonya okusiima kwa Katonda n'okufuna empeera okuva Gy'Ali. Oyo Katonda amusasula empeera nnyingi mw'ekyo ky'awaddeyo

nanako oyo asiga empeke emu n'emeruka ebirimba musanvu, nga ku buli kirimba kuliko empeke kikumi. Ne Katonda ayongeza ebigabwa Bye kw'oyo gw'ayagala era Katonda mugazi (mu kugaba Kwe) amanyi (oyo atEEKwa okuwcebwa n'okwongezebwa).

262. Abo abawaayo emmali yaabwe mu kkubo lya Katonda, oluvannyuma ne batalondooza kw'ebyo kye bawaddeyo kulaalaasa oba okwennyamiza oyo gwe bawadde; balina empeera yaabwe awali Mukama waabwe, era tebalina kutya (ku Lunaku Lw'enkomerero), era bo si ba kunakuwala.

263. Ekigambo eky'obuntubulamu (ekirungoosa omutima gw'omunaku asabye) n'okusonyiwa (n'otomulaalaasa) kye kirungi okusinga okugaba kw'agoberezaako okwennyamiza oyo gw'awadde. Ne Katonda mugagga (talina kye yeetaaga), era wa kisa.

264. Abange mmwe abakkiriza! Temwononanga empeera za saddaaka zammwe

فِي سَبِيلِ اللَّهِ كَمَا مَثَلُ حَبَّةٍ أَثْبَتَتْ  
سَبْعَ سَنَابِلٍ فِي كُلِّ سُنبُلَةٍ  
بِأَثَرِ حَبَّةٍ ط وَاللَّهُ يُضْعِفُ لِمَنْ  
يَشَاءُ ط وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٦٢﴾

الَّذِينَ يَنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ فِي  
سَبِيلِ اللَّهِ ثُمَّ لَا يُتَّبِعُونَ مَا  
أَنْفَقُوا مَتًّا وَلَا آذَىٰ لَهُمْ  
أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا  
خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٢٦٣﴾

قَوْلٍ مَّعْرُوفٍ وَمَغْفِرَةٌ خَيْرٌ  
مِّنْ صَدَقَةٍ يَتَّبِعُهَا آذَىٰ ط  
اللَّهُ غَنِيٌّ حَلِيمٌ ﴿٢٦٤﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَبْطُلُوا

okufaananako n'omuntu asiga empeke emu n'ebalako ebirimba musanvu ng'ate buli kirimba kuliko empeke kikumi.

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yagamba: "Buli mulimu omuntu gw'akola gwongezebwa: Bwe kiba kirungi kyongezebwa emirundi kkumi ne kigenda nga kikubisibwamu okutuusiza ddala emirundi olusaanvu (700), oba okutuusa emirundi Katonda gy'ayagala okuggyako okusiiba." Katonda agamba nti: "Okusiiba kwange nange Nze nkusasula".

Ekyo kitegeza nga okusiiba bwe kulina enkizo ku mirimu emirala. Kubanga Katonda agamba nti: Omusiibi aleka emmere ye n'ebiyokunywa bye ku lwange. (Omusiibi) aba alina okusanuka kwa mirundi ebiri: asanyuka nga asiibulukuka ate alisanuka mu kiseera lw'alisisinkana ne Katonda we.

262. Omuntu awaayo emmaali ye nga anoonya okusiimibwa Katonda, n'ateceragira kw'oyo gw'aba awadde, era n'ateenyumyako nga bw'agabye, Katonda agenda kumusasula empeera ennungi.

263. Nabbi (s.a.w.) yagaana omuntu okulaalaasa ekyo ky'aba agabye. Yagamba nti: "Tagenda kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) oyo alalaasa ekyo ky'agabye. N'oyo akweyeca engoye ze ku lw'okwewulira, n'oyo atunda kyamaguzi kye ku lw'okulayira."

Kisaana singa omugabi abadde awadde omuntu, amuwe nga anoonya kufuna mpeera okuva eri Katonda sso ssi kudde awo kwenyumyako nga bwe yayambye gundi era nga bw'ali omugabi ennyo. Uka abantu bo be baba bakwogerako.

n'okulaalaasa (ebyo bye mugabye), oba okunakuwaza (abo be muwadde), okufaanana n'oyo agaba emmaali ye ku lw'okweraga eri abantu, n'atakiriza Katonda na Lunaku Iwa Nkomerero. Ekifaananyi kye afaanaana nga ejjinja esseerevu (olwazi) olugumu okuli ettaka ettono erirubikki-ridde; bwe lutonnyako nnamuttikkwa w'enkuba n'eruleka nga lwereere. Tebasobola kufuna kintu kyonna (mpeera okuva eri Katonda) mw'ebyo bye baakola. Ne Katonda talunggamy kibiina kya bakyewaggula (abawakanya amateeka Ge).

265. Ekifaananyi ky'abo abawaayo emmaali yaabwe ku lw'okunoonya okusiima kwa Katonda, n'okunyweza emyoyo gyabwe (ku bukkiriza), kifaanana nga omuntu alina ennimiro eri ku ttaka eggimu eriri ku kasozi akatereevu — efunye nnamuttikkwa w'enkuba n'ebala ebyokulya (amakungula) bya nnyongeza bbiri. Wabula ne bw'eba tefunye nnamuttikkwa wa nkuba, n'efuna enkuba entonotono (ay'olufuuyirize) egimala, olw'obulungi bw'ettaka lyayo. Ne Katonda alaba ebyo byonna bye mukola.

266. Abaffe yandyagadde omu mu mmwe okubeera nga alina ennimiro ey'emiteende n'emizabbibu, nga emigga gikulukuta wansi waayo (ennimiro

صَدَقْتُمْ بِالْمَنِّ وَالْأَذَى كَالَّذِي  
يُنْفِقُ مَالَهُ رِئَاءَ النَّاسِ وَلَا  
يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ  
فَمَثَلُهُ كَمَثَلِ صَفْوَانٍ عَلَيْهِ  
ثَرَابٌ فَأَصَابَهُ وَابِلٌ فَتَرَكَهُ  
صَلْدًا وَلَا يَجِدُ رُؤْنَ عَلَى شَيْءٍ  
بِمَا كَسَبَ سِوَاءَ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي  
الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿٢٦٥﴾

وَمَثَلُ الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ  
ابْتِغَاءَ مَرْضَاتِ اللَّهِ وَتَشْبِيهًُا  
مِّنْ أَنفُسِهِمْ كَمَثَلِ جَنَّتٍ  
بَرِّيَّةٍ أُصَابَهَا وَابِلٌ فَآتَتْ  
أُكْلَهَا ضَعْفَيْنِ فَإِن لَّمْ يُصِبْهَا وَابِلٌ  
فَطَلَّ وَاللَّهُ بِمَا عَمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٢٦٦﴾

أَيُّوْدُ أَحَدُكُمْ أَن تَكُونَ لَهُ  
جَنَّةٌ مِّن تَجْوِيلٍ وَأَعْنَابٍ

264. Okugeza nga ejjinja esseerevu bwe lisigala nga jjeereere tekuli ttaka oluvannyuma lw'okutonnyebwako nnamungi w'enkuba; bwe kityo na buli yenna akola omulimu gw'eddiini ku lw'abalabi, oba anakuwaza abantu olw'okubalangira n'okubalaalaasa olw'ebyo by'abawadde: naye bw'atyo avaaawo bwereere nga talina mpeera gy'afunye kuva eri Katonda.

265. Kale gyo emirimu gy'omukkiriza ow'amazima oyo akola ng'anoonya okusiima kwa Katonda, tegifa wabula mu buli ngeri yonna afuna empeera ku lw'obulungi bw'ekigendererwa kye — omulimu ka gube munene oba mutono.

266. Oyo awaayo emmaali ye ku Iwa Bampaane n'okweraga ne yennyamiza oyo gw'aba awadde.

eyo), nga alina mu yo buli ngeri ya bibala; ne bumutuukako obukadde ate nga alina abaana banafu (bato tebannasobola kukola oba kwerabirira); kikunngunta n'agikuba ng'ali-mu n'omuliro, n'eggya n'esirikka (yonna)? Bw'atyoo Katonda bw'annyonnyola mmwe obubonero Bwe (obw'okulabirako): mulyoke mubuloo-woozeeko.

267. Abange mmwe abakkiriza! Muweeyoo nga muggya mu birungi (ebitukuvu) bye muba mukoze ne mw'ebyoo bye tuba tubaggidde mu ttaka (ebimera n'ebibala), temugendereranga okuggyamu ebibi mu byoo mulyoke mube nga bye mugaba, sso nga temuli mmwe babitwala singa babibawadde wabula okuggyako nga muzibiridde; era mumanye nti mazima Katonda Mugagga, Atenderezebwa.

268. Sitaane abatiisa obwavu n'abalagira okukola ebibi. Ne Katonda abalagaanyisa okusonyiwa okuva gy'ali n'ebirungi. Ne Katonda Mugazi mu kugaba, era Mumanyi wa byonna.

تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ لَهُ فِيهَا مِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ وَأَصَابَهُ الْكِبَرُ وَلَهُ ذُرِّيَّةٌ ضُعَفَاءُ ۗ وَأَصَابَهَا إِعْصَارٌ فِيهِ نَارٌ فَاحْتَرَقَتْ ۗ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ تَتَفَكَّرُونَ ﴿٢٦٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا مِنْ طَيْبَاتِ مَا كَسَبْتُمْ وَمِمَّا أَخْرَجْنَا لَكُمْ مِنَ الْأَرْضِ وَلَا تَكْمُمُوا الْحَبِيثَ مِنْهُ تُنْفِقُونَ وَلَسْتُمْ بِأَخِيذِيهِ إِلَّا أَنْ تُخِضُوا فِيهِ ۗ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَنِّي حَمِيدٌ ﴿٢٦٨﴾

الشَّيْطَانُ يَعِدُكُمُ الْفَقْرَ وَيَأْمُرُكُمُ بِالْفَحْشَاءِ ۗ وَاللَّهُ يَعِدُكُم مَّغْفِرَةً مِنْهُ وَفَضْلًا ۗ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٦٩﴾

empeera z'okugaba kwe zifa n'abeera nga ate takyasobola kugaba alyoke ayunge ebyoo ebyamufaa-faaganako nga akozesa bampaane n'okweraga.

267. Katonda akubiriza Abasiraamu okuwaayo saddaaka nga baggya mu mmaali ennesimbu, cyoo gye baba bafunye mu busuubuzi, mu mirimu oba ne mu bibala bye baba balimye oba mu mmere ey'empeke awatali kulondamu mmere mbi wadde ebibala ebibi babe nga bye baba bawaayo. Wabula basaana laweeyoo ekyyoo nabo kye bandyagadde okuwebwa singa babadde nga bo be baweebwa; kubanga nabo singa baba baweebweddwa ekibi tebandisobodde kukitwala okuggyako lwa kuzibirira ne batassaayo mwoyo. N'olw'ekyyoo, ekibi tebasaanye kukiwa eri Katonda kuba Ye teyeetaaga eri saddaaka zaabwe, wabula alunganyaa abaddu Be eri ebyoo ebirimu emigaso emirungi eri bo. Nga

269. Awa okuyiga oyo gw'aba ayagadde; n'omuntu awebwa okuyiga mazima aba afunye omuganyulo gwa nsusso; tayinza kujjukira (bubaka obuli mu Kuraane) wabula bannanyini kuba na magezi (amalamu amatangaavu agataliimu kusiimiikiriza).

270. Buli kyonna kye muba muwaddeyo mu biweebwayo oba kye muba mweyamye mu byeamibwa, mazima Katonda akimanyi. Tebalina abalyazaamaanyi mutaasa.

271. Bwe muba nga mwolesezza saddaaka, ekyo nakyo kyengera, kyokka bwe muba nga mukikisizza ne mugiwa abaavu (nga teetegereke), ekyo kye kisingira ddala obulungi gye muli, era Katonda abakingiriza ebimu ku bibi byammwe. Ne Katonda Mumaanyi wa byama ebyo bye mukola.

272. Tekuli ku ggwe (Muhammadi) okulunngama kwabwe, naye Katonda alunngama oyo gw'abeera ayagadde. Na buli kyonna kye muwaayo mu

يُؤْتِي الْحِكْمَةَ مَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يُؤْتِ الْحِكْمَةَ فَقَدْ أُوتِيَ خَيْرًا كَثِيرًا وَمَا يَذَّكَّرُ إِلَّا أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿١٢٩﴾

وَمَا أَنْفَقْتُمْ مِنْ نَفَقَةٍ أَوْ نَذَرْتُمْ مِنْ نَذْرٍ فَإِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُهَا ﴿١٣٠﴾ وَمَا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ ﴿١٣١﴾

إِنْ تُبْدُوا الصَّدَقَاتِ فَنِعِمَّا هِيَ وَإِنْ تُخْفُوهَا وَتُؤْتُوهَا الْفُقَرَاءَ فَهِيَ خَيْرٌ لَكُمْ وَيَكْفُرْ عَنْكُمْ مِنْ سَيِّئَاتِكُمْ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿١٣٢﴾

لَيْسَ عَلَيْكُمْ هُدَاهُمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ وَمَا أَنْفَقُوا

bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Tetuuka eri Katonda ennyama yaabyo (ebisoko ebisaddaakibwa ku Idd Al-Adhha), oba omusaayi gwabyo wabula ekituuka eri Ye kwe kumutya (Katonda) okuba mu mitima gw'omuntu era Katonda kw'asula.

268. Sitaane ayingiza obukodo n'omulugube mu mitima gyammwe muleme kugaba mu makubo amalungi, wabula ye Katonda abasonyiwa kubanga amanyi ebyo ebiri mu baddu be mu kulabankanyizibwa kwabwe.

269. Katonda awa okuyiga n'okutegeera amateeka ge wamu n'okumanya Ekitabo ekitukuvu oyo gw'aba ayagadde. Oyo aba taweerddwa magezi tayinza kuganyulwa wadde kubuulirirwa n'ategeera omugaso gw'afuna mu kubuulirwa okwo; wabula oyo alina amagezi asobola okutegeera n'okwawula wakati w'ebituufu n'ebitali bituufu.

270. Aya eno etegeza nti omuntu atawaayo saddaaka nga aggya mu bintu Katonda by'aba amugabidde, aba mulyazaamaanya olw'obuteebaza ebyo ebiba bimweereddwa.

271. Bwe muba nga muwaddeyo saddaaka zammwe mu lwatu ekyo nakyo kirungi, naye okusaddaaka mu kyama kye kisingako obulungi. Wabula ate oluusi okugaba olwatu ku ludda olumu kulimu omugaso, gamba nga okubeera eky'okulabirako eri abalala nabo ne bagaba.

Nabbi (s.a.w.) bwe yali ayogera ku aba abalibeera mu kisiikirize kya Katonda ku lunaku lwe watalibeerawo kisiikirize kyonna, yagamba nti: 'Omusajja eyasadaaka nga akisizza essaddaaka ye ne kkono we n'atamanya ddyo we ky'awaddeyo: mu kusaddaaka, Katonda akendeezaamu ebimu ku bibi by'abantu.

272. Buli kyonna ekisaddaakibwa Katonda alikisasulira empeera zaakyo mu bwenkanya ku



bulungi, kiganyula (kinunula) myoyo gyammwe, era temuwaayo wabula lwa kunoonya kudda ku ludda lwa Katonda (kusiima kwa Katonda). Na buli kyonna kye muwaayo mu bulungi, kiribaddizibwa mu bujjuvu (kiribasasulwa). Nammwe temugenda kulyazaamaanyizibwa.

273. (Saddaaka ziwebwa) abo abaavu abeemalira mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula eddiini Ye), nga tebasobola kwetaaya mu nsi (kunoonya byamaguzi): Abatamanyi babalwoowa nti beemala olw'okwessaamu ensa. (Kyokka) obamanya olw'obubonero bwabwe (obweyolefu): Tebasabiriza bantu mu ngeri ey'okupeeka. Ekyo kyonna kye muba muwaddeyo mu bulungi, mazima Katonda akimanyi.

مِنْ خَيْرٍ فَلَا تُنْفِقُوا مِمَّا تَنْفِقُونَ  
إِلَّا ابْتِغَاءَ وَجْهِ اللَّهِ وَمَا تُنْفِقُوا  
مِنْ خَيْرٍ يُوَفَّ إِلَيْكُمْ وَأَنْتُمْ  
لَا تُظْلَمُونَ ﴿٢٧٣﴾

لِلْفُقَرَاءِ الَّذِينَ أَحْصَرُوا فِي سَبِيلِ  
اللَّهِ لَا يَسْتَطِيعُونَ صَرْبًا فِي  
الْأَرْضِ يَحْسَبُهُمُ الْجَاهِلُ  
أَغْنِيَاءَ مِنَ التَّعَفُّفِ تَعْرِفُهُمْ  
بِسِيمَاهُمْ لَا يَسْأَلُونَ النَّاسَ  
الْحَقَاقِ وَأَمَا تُنْفِقُوا مِنْ خَيْرٍ  
بَرَّحَ فَإِنَّ اللَّهَ بِهِ عَلِيمٌ ﴿٢٧٤﴾

274. Abo abawaayo emmaali yaabwe (nga saddaaka ekiro n'emisana, mu kyama ne mu lwaatu, balina empeera yaabwe awali Mukama waabwe: Bo tebalina kutya, era si ba kunakuwala.

الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ بِالْإِثْلِ  
وَالنَّهَارِ سِرًّا وَعَلَانِيَةً فَلَهُمْ  
أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا خَوْفٌ  
عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يُحْزَنُونَ ﴿٢٧٥﴾

275. Abo abalya emmaali ey'okuwola kw'okuzzaamu (*Riba*) tebagenda kuyimuka

الَّذِينَ يَأْكُلُونَ الرِّبَا لَا يَقْوَمُونَ

Lunaku Lw'oluvannyuma. Kale yenna aba awadde saddaaka nga agenderera okusiimwa Katonda, afuna empeera ssi nsonga k'abe gw'awadde nga mulongoofu oba nga mwonoonefu.

273. N'abo aboogerwako be bo abaasenguka okuva e Makka olw'enzikiriza yaabwe ne bagenda e Madina ne baleka emmaali yaabwe ne babeera mu Madina nga beemalidde ku kulwana ku lw'okutaasa eddiini ya Katonda n'okukuuma Omubaka we (s.a.w.). Abo baali tebasobola kutambula kugenda kunoonya bya kusuubula oba okukola emirimu gy'okufunamu emmaali, ate nga tebasabiriza. Oyo atabamanyi ngeri yaabwe na bibafaako abalwoowa okuba abagagga abatalina byetaago olw'okwessaamu kwabwe ensa. Wabula oyo alina amagezi amanya engeri yaabwe olw'obubonero bwabwe obweyolefu. Kale abo basaana okuwebwa.

275. Abo abalya cnyongeza ku mmaali y'okusuubulagana oba ey'okuwolagana, si ba kuva

(okuva mu ntaana zaabwe) wabula nga bw'ayimuka oyo sitaane gw'a-kubye n'amusuula eddalu. N'ekyo lwa kubanga mazima bo bagamba nti: Mazima okusuubula kufaanana n'okuwola okw'okuzzaamu (*Riba*). Sso nga Katonda yakkiriza okusuubula n'aziyiza okuwola kw'okuzzaamu (*Riba*). Omuntu gwe kuba kutuseeko okubuulira okuva eri Katonda we, n'alekera awo, bibye ebyo bye yafuna ebyayita; n'ekigambo kye kiri eri Katonda. N'abo abaddayo (okukola *Riba*), n'abo be bannannyini kuyingira muliro. Bo ba kubeera lubeerera mu gwo. Ssi ba kuvaamu.

276. Katonda asaanyaawo emmaali y'okuwola kw'okuzzaamu (*Riba*), n'ayaza emmaali egiddwamu saddaaka: Ne Katonda tayagala buli yenna omuwakanyi (atasiima), omwonoonyi.
277. Mazima abo abakkiriza, ne bakola emirimu emirungi, ne bayimirizaawo esswala, ne batoola zzakaati, balina empeera yaabwe awali Mukama waa-bwe: Tebaliba na kutya, wadde tebajja kwennyamira.
278. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda, era muleke ekyo ekikyasi-

إِلَّا كَمَا يَقُومُ الَّذِي يَخْبُطُهُ  
الشَّيْطَانُ مِنَ الْمَسِّ ذَٰلِكَ  
بِأَثَمِهِمْ قَالُوا إِنَّمَا الْبَيْعُ مِثْلُ  
الرِّبَا وَمَآ أَحَلَّ اللَّهُ الْبَيْعَ وَحَرَّمَ  
الرِّبَا فَمَنْ جَاءَكَ مَوْعِدًا مِّنْ  
رَّبِّهِ فَآتِهِ قَدْ كَانَ اللَّهُ سَمِيعًا  
عَلِيمًا وَمَنْ عَادَ فَأُولَٰئِكَ أَصْحَابُ  
النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٧٥﴾

يَحْتَقُ اللَّهُ الرِّبَا وَيُرِي الصَّادِقِ  
وَاللَّهُ لَا يُجِيبُ كُلَّ كَفَّارٍ أَنِّيْمِ ﴿٢٧٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ وَآتَوُا الزَّكَاةَ لَهُمْ  
أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا خَوْفٌ  
عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يُحْزَنُونَ ﴿٢٧٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَذَرُوا

mu ntaana zaabwe mu kiseera ky'okuzuukira. Wabula balibeera ng'omuntu sitaane gw'akubye n'agwa eddalu bw'abeera. Kino kikwata kw'oyo, awoze, n'awoledwa, n'ajulidde, n'oyo awandiise endagaano y'abo abawolagana. Abo bonna Nabbi (s.a.w.) yabakolimira.

Wabula abo abeenenya ne bakiriza okusasulwa emmaali nga tekuliiko kuzzaamu (nnyongeza) eyo gye baawola nga atteeka terinajja, basonyiyibwa Katonda. Naye abo abateenya ne beyongera okuwola kw'okuzzaamu "*Ribaa*" ba kwokebwa muliro obutaguvaamu emirembe gyonna.

276. Katonda aggyamu omukisa mu mmaali evudde mu kuwola kw'okuzzaamu (kw'okufunako ennyongeza), era takkiriza saddaaka oba Hijja wadde omulimu gwonna ogw'obulungi gukoledwa mu mmaali cyo. Wabula emmaali etali cyo yo agiteekamu omukisa n'ayongera empeera ku Lunaku Lw'enkomerero olwa Saddaaka eba evuddemu.

278. Mu aya eno Katonda akubiriza abakkiriza bakomye okusaba ennyongeza ku mmaali gye baba bawoze bwe babanga bagoberera ebiragiro Bye n'amateeka Ge. Bwe batakikola wa kulangirira

gaddeyo (kye mubanja) mu kuwola okw'okuzaamu, bwe muba nga muli bakkiriza.

279. Bwe munaaba nga temukikoze, mwe-tegekera (ekirangiriro) ky'olutalo okuva eri Katonda n'Omubaka We: Naye bwe muba nga mwenenyezza, mulina okusasulwa emitwe gy'emmaali yammwe (awatali magoba)! Temulyazaamaanya era temujja kulyazaamaanyizibwa.
280. Naye bw'abeera abanjibwa mu bizibu, olina kumulindirizaako okutuusa lw'anaatuuka ku bwangu (bw'okusasula), bwe muba muzibasonyiye n'eba nga saddaaka kiba kirungi gye muli bwe muba nga mumanyi.
281. Era mutye olunaku lwe mulizzibwa mu lwo eri Katonda (ku lw'okulamulwa). Oluvannyuma ne kutuukirizibwa okusasulwa kwa buli mwoyo ekyo kye gwakola; era tewali wa kulyazaamaanyizibwa.
282. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga muwolaganye ebbanja ery'okutuusa ebbanga eggere mu maaso, muliwandiikenga. Kirungi omuwandiisi abawandiikire wakati wamimwe n'obwenkanya. Tateekwa omuwandiisi kugaana kuwandiika nga Katonda bwe yamuyigiriza, n'olw'ekyo atekwa awandiike. Ayogere ebiwandiikibwa oyo gwe liriko ebbanja era atye Katonda Omulezi we, takendeelangako ku lwo n'akatono konna. Bw'abeera oyo ebba-

مَا بَقِيَ مِنَ الرِّبَا إِن كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٢٧٩﴾

فَإِن لَّمْ تَفْعَلُوا فَأْذَنُوا بِحَرْبٍ  
مِّنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَإِن تُبْتِغُوا  
فَلَکُمْ رُءُوسُ أَمْوَالِکُمْ لَا  
تَظْلِمُونَ وَلَا تُظْلَمُونَ ﴿٢٨٠﴾

وَإِن كَانَ ذُو عُسْرَةٍ فَنَظِرَةٌ  
لِّی مِيسِرَةً وَان تَصَدَّقُوا  
خَيْرٌ لَّکُمْ إِن کُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٨١﴾

وَاتَّقُوا یَوْمًا تُرْجَعُونَ فِیهِ  
إِلَى اللَّهِ تَدْرَأُونَ کُلَّ نَفْسٍ  
مَّا کَسَبَتْ وَهُمْ لَا یُظْلَمُونَ ﴿٢٨٢﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا تَدَايَعْتُمْ  
بِذَيْنَ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى فَاكْتُبُوهُ  
وَلْيَكْتُب بَيْنَكُمْ كَاتِبٌ بِالْعَدْلِ  
وَلَا يَأْب كَاتِبٌ أَن يَكْتُبَ كَمَا  
عَلَّمَهُ اللَّهُ فليَكْتُبْ وَلْيَمْلِكِ  
الَّذِي عَلَيْهِ الْحَقُّ وَلْيَتَّقِ اللَّهَ

olutalo gye bali oluvannyuma lw'ekirangiriro kino. Bwe bakikomya ba kusasulwa emmaali yaabwe yennyini gye baawola.

Wabula bo abaaliwo ng'etteeka lino lyakajja, abo abakkiriza, baakakasa nga bwe baalekayo enkolagana cyo.

280. Abanjibwa bw'aba omwawu atasobola kusalula mu kiscera ekyalagaanibwa, amubanja alina okumugumiikiriza okutuusa lw'asobola. Oba ssi na kindi mubasonyiye oba okubakendeerizaako ku bbanja mufune ebirungi ku lw'okugenderera okufuna empeera ewa Katonda.

282. Oyo amanyi okuwandiika bw'aba asabiddwa okuwandiikira abo abawolannanga, tateekwa:

nja gwe liriko nga obwongo bwe si butereevu, oba bunafu obanga tasobola kwesomera (kweyogerera) ye yennyini, olwo omulabirizi we amwogerere n'obwenkanya era mujulizenga abajulizi abasajja babiri nga bava mu mmwe (Abasiraamu) bwe baba nga si basajja babiri, mujulize omusajja n'abakazi babiri, mw'abo be muba musiiime okujuliza, kale singa abula omu ku bombiriri, omulala ajjukiza oyo ayee-rabidde. Era tebagaananga abajulizi bwe baba nga bayitiddwa (okujulira). Era temukoowanga okuliwandiika (ebbanja) ka libe ttono oba ddene, okutuusa ebbanga lyalyo. Ekyo kye kisinga okulunngamya obujulizi awali Katonda, era (ky'ekisingirayo ddala) okuba ekisaamu okwesembesa obutabaa mu kubuusa-buusa (mu kigero ky'ebbanja); wabula nga bibadde bya busuubuzi eby'obuliwo bye mwetoolooza wakati wammwe. Olwo tewali kibi ku mmwe okulema okubiwandiika. Naye mujulizenga bwe mubanga mugulanye, takolebwanga akabi omuwandiisi oba omujulizi. Bwe mubanga mukikoze (ekivve ekyo), mazima ekyo kibi ku mmwe. Mutye Katonda; ne Katonda abayigiriza (enkolagana ensaamu), era Katonda Amanyi bui kintu.

رَبِّهِ وَلَا يَبْخَسُ مِنْهُ شَيْئًا ط  
فَإِنْ كَانَ الَّذِي عَلَيْهِ الْحَقُّ  
سَفِيهًا أَوْ ضَعِيفًا أَوْ لَا يَسْتِطِيعُ  
أَنْ يُمِلَّ هُوَ فَلْيَمِلْ وَلِيَهُ  
بِالْعَدْلِ وَأَسْتَشْهِدُ وَاشْهَيْدِينِ  
مِنْ رَجَالِكُمْ فَإِنْ لَمْ يَكُونَا  
رَجُلَيْنِ فَرَجُلٌ وَامْرَأَتْنِ مِمَّنْ  
تَرْضَوْنَ مِنَ الشَّهَدَاءِ أَنْ تَضِلَّ  
إِحْدَاهُمَا فَتُذَكِّرَ إِحْدَاهُمَا  
الْأُخْرَى وَلَا يَأْبَ الشَّهَدَاءُ إِذَا  
مَادَعَوْا وَلَا تَسْمَعُوا أَنْ تَكْتُمُوا  
صَغِيرًا أَوْ كَبِيرًا إِلَىٰ أَجْلِهِ ط  
ذَلِكُمْ أَقْسَطُ عِنْدَ اللَّهِ وَأَقْوَمُ  
لِلشَّهَادَةِ وَأَذْنَىٰ آلَا تَرْتَابُوا  
إِلَّا أَنْ تَكُونَ تِجَارَةً حَاضِرَةً  
تُدِيرُونَهَا بَيْنَكُمْ فَلَيْسَ  
عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ الْآتَاكُم بِوَهَاءِ ط  
وَاشْهَدُوا إِذَا تَبَايَعْتُمْ وَلَا  
يُضَارَ كَاتِبٌ وَلَا شَهِيدٌ وَإِنْ

kugaana awatali nsonga ntuufu. Eyeewola y'ategeza onuwandiisi ebyo by'aba awandiika, gamba ng'omuwendo gw'ebbanja n'ekiseera eky'okulisasuliramu. Era omuwandiisi atekwa okuwandiika mu bujjuvu aleme kukendeza kintu kyonna oba okukyongezaamu. Omwewozi bw'aba tasobola

283. Bwe mubanga muli mu lugendo ne mutafuna muwandiisi, kale (muteekeewo) omusingo ogukwatiddwa (omwozi oba oyo atunda). Bwe baba nga abamu mu mmwe beesize bannaabwe ne babasingira, atekwa atuukirize oyo eyasingirwa obwesigwa bwe azzee-oyo kye yasingirwa (okusinziira ku ndagaano), era atye Katonda Omufuzi we. Takwekanga amazima; n'oyo anaagakwekanga, anaabanga omwoyo gwe agusiize ekibi. Ne Katonda Amanyi ebyo bye mukola.

284. Bya Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi; ka mube nga mwolesezza ebiri mu mitima gyammwe oba nga mubikwese, Katonda agenda kubibabalira. Asonyiwe oyo gw'aliba ayagadde, abonereze oyo gw'aliba ayagadde (okubonereza). Ne Katonda Muyinza wa buli kintu.

285. Akkiriza Omubaka ebyo ebissiddwa gy'ali nga biva eri Mukama we, n'aba-

تَفْعَلُوا فَإِنَّهُ فُسُوقٌ بِكُمْ  
وَاتَّقُوا اللَّهَ وَيُعَلِّمُكُمُ اللَّهُ  
وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٢٨٣﴾

وَإِنْ كُنْتُمْ عَلَى سَفَرٍ وَلَمْ تَجِدُوا  
كَاتِبًا فَرِهْنَ مَقْبُوضَةٌ فَإِنْ  
أَمِنَ بَعْضُكُم بَعْضًا فليقِ  
الَّذِي أَوْثِنَ أَمَانَتَهُ وَلْيَتَّقِ  
اللَّهَ رَبَّهُ وَلَا تَكُمُ الشَّهَادَةُ  
وَمَنْ يَكْفُرْ فَإِنَّهُ إِتْمَ قَلْبُهُ  
وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ عَلِيمٌ ﴿٢٨٤﴾

لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَإِنْ تُبَدُّوْا مَا فِي أَنْفُسِكُمْ أَوْ  
خُفُوْهُ يَحْسِبْكُمْ بِهِ اللَّهُ يُغْفِرُ  
لِمَنْ يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ  
وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢٨٥﴾

أَمِنَ الرَّسُولُ بِمَا أُنزِلَ إِلَيْهِ

kwerabirira na bintu bye gamba ng'okuba nga mwana muto, omukuza y'amwogerera.

Abasiraamu bakuutirwa okuteekangawo abajulizi abasajja babiri abajulira ebbanja eryo nga Basiraamu. Bwe bataba basajja babiri, omusajja omu n'abakazi babiri be bateekebwawo; era bateekwa okuba abenkanya era n'okumala okusiimibwa abalagaana bombiriri. Ekiteesaawo abakazi ababiri kwe kusobola omu okujjukiza munne singa aba yeerabidde; era bateekwa abajulizi okujulira bwe baba bayitiddwa.

Okugulana okw'obuliwo tewali kiteesaawo buwandiike wabula wateekebwangawo abajulizi. Omujulizi oba omuwandiisi takolebwanga kabi ku lw'okujulira oba olw'okuwandiika obujulizi obwo obuba bumukakasibwako okuwa oba okuwandiika.

284. Bwe n'uba nga mukwese ebyo ebiri mu myoyo gyammwe oba ebyo bye mulowooza ne mutabikola, Katonda byonna abimanya era agenda kubibavunana.

kkiriza (nabo babikkirizza). Buli omu mu bo akkirizza Katonda, ne Bamalaika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be. (Bagamba abakkiriza) nti: Tetwawula wakati w'omu mu babaka Be — Ne bagamba nti: Tuwulidde era tugonze. Tukasaba, Mukama waffe okusonyiwa Kwo, era eri Gwe y'eri obuddo.

مِن رَّبِّهِ وَالْمُؤْمِنُونَ كُلٌّ  
 آمَنَ بِاللَّهِ وَمَلَائِكَتِهِ وَكُتُبِهِ  
 وَرُسُلِهِ لَا نَقْرُبُ بَيْنَ أَحَدٍ  
 مِنْ رُسُلِهِ وَقَالُوا سَمِعْنَا  
 وَأَطَعْنَا غُفْرَانَكَ رَبَّنَا وَإِلَيْكَ  
 الْمَصِيرُ ﴿٢٨٥﴾

286. Katonda tawaliriza mwoyo wabula ekyo kye gusobola. Gusasulwa buli kirungi kye gukoze, ne gubonerezebwa ku buli kibi kye gwekoledde. Katonda waffe! Totuvunaanaanga bwe tubanga twerabidde, obanga tusobezza! Ayi Mukama waffe! Totutikkanga buzito nga bwe wabutikka abo ab'oluberyeberye lwaffe. Ayi Mukama waffe! Era totutikka ebyo bye tutasobola. Sangulawo ebisobyo byaffe, era tusonyiwe ffe era otusaasire. Ggwe mukuumi waffe, tutaase ku kibiina ky'abakafiiri.

لَا يُكَلِّفُ اللَّهُ نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَا  
 لَهَا مَا كَسَبَتْ وَعَلَيْهَا مَا اكْتَسَبَتْ  
 رَبَّنَا لَا تَأْخُذْنَا إِنَّا نُسِينَا  
 أَوْ خَطَايَا رَبَّنَا وَلَا تَحْمِلْ عَلَيْنَا  
 إِصْرًا كَمَا حَمَلْتَهُ عَلَى الَّذِينَ  
 مِنْ قَبْلِنَا رَبَّنَا وَلَا تَحْمِلْنَا  
 مَا لَاطَاقَةَ لَنَا بِهِ وَاعْفُ عَنَّا  
 وَاعْفُ لَنَا وَارْحَمْنَا إِنَّكَ  
 أَوْلَىٰ بِمَا نَعْمَىٰ عَلَى الْقَوْمِ  
 الْكَافِرِينَ ﴿٢٨٦﴾

285. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) akkiriza ebyo ebyassibwa ku ye ebiri mu Kuraane, era n'abagoberezi be babikkiriza. Ffe Abasiraamu tukkiriza nti: Katonda ali bwagere mu Bwakatonda Bwe; era tukkiriza amazima ga Bannabbi bonna n'ebitabo bye bajja nabyo era n'okubaawo kwa Bamalaika. Tugamba ffe abakkiriza nti: "Tetuyinza kukkirizaako bamu ne tulimbisa abalala." Eddiini y'Obusiraamu eragira okukkiriza bannabbi bonna n'ebitabo Katonda bye yassa gye bali, omulundi gumu awatali kwawula; kubanga byonna mu kutwalira awamu byava eri Katonda ne Bannabbi abajja nabyo. Ye yabatuma bonna, ckikolo kyabwe kiri kimu n'obubaka bwabwe buli bumu. Era bonna bajja n'eddiini emu okuya eri Katonda nga eri mu bifaananyi eby'enjawulo, okusinzira ku ngeri gye yatunibwangamu gye bali eyasaaniranga abo abaalingawo ku mulembe gwa Nabbi oyo. Gwawanyuma ennyo Katonda n'akomekkereza obubaka obwo ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) oyo eyajja n'obubaka obubuna eri ensi yenna. Yamulagira okukoowoola abantu bonna okujja eri

Eddiini y'Obusiraamu okutuusa ensi lw'erivaawo. Obusiraamu y'enzikiriza esaanira buli mukkiriza yenna.

Abakkiriza basaba nti: "Tetulina buddo bwonna mu bigambo byaffe wabula okudda Gy'oli, era n'oluvannyuma lw'obulamu bwaffe buno bwe tulimu tui; ba kudda gy'Oli".

286. Katonda tawaliriza muntu yenna ekyo ky'atasobola: bw'aba omulwadde atasobola kusaala nga ayimiridde, amulagira kusaala nga atudde. Kale buli muntu asaluswa empeera mu mirimu gye emirungi gye yakola, ate n'avunaanwa ebyo ebibi bye yakola.

Abakkiriza basaba Katonda okusonyiyibwa, nga bagamba nti: "*Katonda totuvunaananga bwe tubanga tetutuukirizza ekyo ekyatulaalikwa olw'obwerabize, oba bwe tubanga tosobezza ne tututuusa bye walagira. Totuwalirizanga mirimu mizito na mateeka amakakali nga ge wateeka ku bibiina ebyatukulembera, era totuwagikako ebyo bye tutasobola ng'emirimu n'cbubenje. Tusonyiwe ebyo bye tutatuukirizza n'ebyo bye tosobezza by'omanyi mw'ebyo ebiri wakati Wo naffe, era tusaasire otukuume tuleme kugwa mw'ebyo ebituleetera akabi; era tutaase kw'abo abawakanya Obw'omu Bwo ne bannabbi Bo ne basinza ebirala ebitali Ggwe.*"





## EBIFA KU SSUULA AALI-IMRAANE MU BUFUNZE (3)

Essuula eno eyitibwa Aali-Imraane okusinziira ku aya 31, cyogera ku bantu b'omu maka ga Imraane. Mu bigifaamu y'eddirira Essuula Al-Bakara kubanga okuyita abantu beeyunire Obulunngamu kyongeddwa mu maaso. Nayo yakkira Madiina oluvannyuma lw'okusengukurayo kwa Nabbi (s.a.w.). Erina aya ebikumi bibiri (200).

Essuula eno essira esinze kuliteeka ku bintu ebikulu bibiri: Ekisooka ky'ekigambo ekikwata ku nzikiriza n'okulaga obujulizi obukakasa nga Katonda bw'Ali Omu mu Bwakatonda Bwe. Eky'okubiri kwe kuteeka amateeka n'ebiragiro okusingira ddala ebyo ebifa ku ntalo entukuvu ez'eddiini (okulwana mu kkubo lya Katonda) n'okubunyisa Obulunngamu (Obusiraamu) wamu n'okubutebenkeza.

Ekitundu ekisooka kiwa obujulizi obukakasa obukakafu bw'okuba nga Katonda Ali Omu mu Bwakatonda Bwe, era mulimu okunyeza amazima g'Obwannabbi bwa Nabbi Muhammadu n'okukakasa nga Kuraane bwe kiri Ekitabo eky'amazima, wamu n'okugumiza ng'Obubaka Obutukuvu obukirimo bwe bwava eri Katonda nga buyitira ku Nabbi We Muhammadu (s.a.w.). Mu kitundu kye kimu mulimu okusambajja ebyo eby'obulimba, ebitalimu mulamwa, ab'amadiini amalala (Bannannyini Kitabo) bye baayogeranga ku Busiraamu ne ku Kitabo Ekitukuvu Kuraane, twalirako ne Nabbi Muhammadu (s.a.w.). Bo baalinako kitundu butundu ku Kitabo ky'Obubaka bwa Katonda, kale oba bagaanye okukkiriza Ekitabo ekiramba (Kuraane), olwo abakkiriza ekitabo kyonna (Abasiraamu), bawabulwa babaawukaneko.

Era mu kitundu ekisooka, mulimu okuyita, naddala Abakristaayo, eri Obulunngamu obwa nnamaddala bave kw'ebyo bye bawalazaamu empaka ebifa ku Nabbi Issa (emirembe gibe ku ye), bye bagamba nti mwana wa Katonda era nti naye Katonda. Ebyo ebivumiriddwa ebifa ku kufuula Issa Katonda baabiggya ku kyafaayo ky'okuzaalibwa kwe, Nnyina Mariamu bwe yamuzaala nga talabaganye na Musajja — N'olw'ensonga eyo, okuzaalibwa kwa Nabbi Yahaya (emirembe gibe ku ku ye) okuva mu nnyina eyali omugumba ate nga kitaawe mukadde bukuku, era n'okutondebwa kwa Nabbi Adamu (emirembe gibe ku ye) awatali muzadde musajja oba mukazi, binnyonyoddwa okwoleka nti okuzaalibwa kwa Issa awatali musajja tekimufuula kuba Katonda oba Omwana We.

Mu kitundu kye kimu Bannannyini Kitabo (Abayudaaya) bakubirizibwa bakomye effujjo, ebivve n'obujeemu badde eri Obulunngamu. Bo Abakkiriza balabuddwa beekeke enkwe zaabwe n'ebivve, era balagiddwa babeekuume olw'ebikolwa byabwe ebibi. Wabula bo babuulirwa beetegekere okukola ebikolwa ebirungi eby'obulongoofu olwo basigulirewo ddala obwonoonyi. Ebyo ebifa ku kitundu ekisooka bitwalira ddala ekitundu kimu kyakubiri n'okusingako eky'essuula.

Mu kitundu eky'okubiri, essuula eno kye yateekako essira kwe kunnyonyola amateeka n'ebiragiro ebifa ku *JIHAD* — okulwana entalo Entukuvu ez'eddiini mu Kkubo lya Katonda. Okuwola okw'okuzaamu n'omuntu oyo atatoola Zakka nabyo byogerwako Mu kitundu kino mulimu okunnyonyola ebyafaayo by'olutalo lw'e Badri olwo bo Abasiraamu lwe baawangula. Ekyo ne kyoleka nga Katonda bw'adduukirira era n'ataasa:

abalongoofu; era kiraga nga obugumiikiriza, obuvumu n'obuwulize bulijjo bwe biri eby'omugaso okwesembesa. Ate byo ebyafaayo by'olutalo lw'e Uhudu, olwo abatakkiriza mwe baawangulira abakkiriza olw'ebisobyo ebyakolebwa abakkiriza, biwa eky'okuyiga ekikulu eri abakkiriza — kubanga okuwangulwa okwo kwasinziira ku butagondera biragiro kw'abamu mu bo, obutiitiizi bw'abamu n'obunnanfuusi bw'abalala. Olw'okubanga okuwangulwa okwo kwesigamira nnyo ku bakkiriza abamu, abo abaayabulira ebifo ebyali bibakuutiddwa okukuuma obutiribiri mu lutalo obutabivaamu ku lw'okululunkanira emmaali y'eminyago: Kale olw'okwagala okukomya omululu gw'emmaali, okuwola okw'okuzzaamu kwawerebwa oluvannyuma lw'olutalo olwo.

Essuula emalirizza ng'ekubiriza abantu batunule bafumiitirize ku kutondebwa kw'ebitonde bya Katonda byonna: Byewuunyisa era biraga okubaawo kw'Omutonzi (Katonda) Oyo eyabitonda. Ku nkomerero yennyini Abakkiriza bakuutirwa okuba abagumiikiriza, beeweyo mu kwannganga ebizibu n'ebivunaanyizibwa eby'obulamu ebitali bimu, nga beenyweza n'okutya Katonda balyoke balokoke.



## ESSUULA AALI-IMRAANE (3)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 20, ne Aya 200

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi  
Ennyo, Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

### 1. ALIF LAAM MIIM.

الْمِ

2. Katonda oyo omutonz! Tewali asinzibwa wabula Ye, Omulamu Eyecyimirizzaawo yekka, Ayimirizzaawo n'ebitonde byonna.

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ ٥

3. Yassa ku ggwe (Muhammadi) Eki-tabo (Kuraane) n'amazima, nga kikakasa amazima g'ebyo ebiri mu maaso gaakyo, era yassa Tauraati n'Enjiri;

نَزَّلَ عَلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ وَأَنْزَلَ التَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ ٥

4. Oluberyeberye (Iwa Kuraane), nga bya kulunganya abantu, era n'assa Amateeka (Obubonero — obwawula wakati w'ekirungi n'ekibi). Mazima abo abawakanya obubonero bwa Katonda balina ebibonerezo ebiyitirivu. Ne Katonda wa kitiibwa, Nnannyini kwesasuzza.

مَنْ قَبْلُ هُدًى لِّلنَّاسِ وَأَنْزَلَ الْفُرْقَانَ ۗ إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِ اللَّهِ لَهُمْ عَذَابٌ شَدِيدٌ ۗ وَاللَّهُ عَزِيزٌ ذُو انْتِقَامٍ ٥

5. Mazima Katonda tekimwekweka ekintu kyonna ekiri mu nsi wadde ekiri mu ggulu.

إِنَّ اللَّهَ لَا يَخْفَىٰ عَلَيْهِ شَيْءٌ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي السَّمَاءِ ٥

3. Katonda yassa ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) Kuraane n'amazima. Temuli mu yo kubuusa-buusa mu kubeera nga yakka nga eva eri Katonda (yagissanga mu bitundutundu). Ekakasa amazima g'ebyo ebitabo ebyagisooka okukka okuva eri Katonda: nga Tauraati, Enjiri n'ebirala. Tauraati

6. Ye Y'oyo abatondera mu nnabaana mu ngeri gy'ayagala. Tewali Katonda asinzibwa wabula Ye, Ow'ekitiibwa mu Buyinza Bwe, Omukakasa mu kukola Kwe.
7. Ye Y'oyo eyassa ku ggwe (Muham-madi) Ekitabo (Kuraane): Mulimu mu kyo ebitundu ebinnyonnyofu; ebyo ky'ekikolo ennono y'Ekitabo — n'ebirala tebitegeerekeka (mangu). Naye mazima abo abalina obukyamu mu mitima gyabwe, balondoola mu kyo ebyo ebitategeerekeka (mangu) ku lw'okunoonya okutabulatabula (babuze abagoberezi baabwe) n'okwagala okubikyusa nga banoonyereza amakulu gaabyo ag'omunda. Nga ate tewali amanyi nkyusa yaabyo wabula Katonda. N'abakugu mu kumanya bagamba nti: Tukkiriza ekyo Ekitabo (Kuraane); byonna byava eri Mukama waffe, era tewali ategeera (bubaka bukirimu) wabula bannannyini kuba na magezi.

هُوَ الَّذِي يُصَوِّرُكُمْ فِي الْأَرْحَامِ  
كَيْفَ يَشَاءُ ۗ لَآ إِلَهَ إِلَّا هُوَ

الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٦﴾

هُوَ الَّذِي أَنْزَلَ عَلَيْكَ الْكِتَابَ  
مِنْهُ آيَاتٌ مُحْكَمَاتٌ هُنَّ أُمَمٌ  
الْكِتَابِ وَأُخَرُ مُتَشَابِهَاتٌ فَأَمَّا  
الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ شُرَكَاءُ  
فَيَتَّبِعُونَ مَا تَشَابَهَ مِنْهُ ابْتِغَاءَ  
رِغَابٍ وَاتِّبَاعًا ۗ وَإِذْ يُرَى  
الْفِتْنَةُ أَوْتِيَةٌ وَمَا  
يَعْلَمُ تَأْوِيلَهُ إِلَّا اللَّهُ ۗ سَوَّاهُ  
فِي الْعِلْمِ يَقُولُونَ آمَنَّا بِهِ كُلٌّ  
مِّنْ عِنْدِ رَبِّنَا ۗ وَمَا يَذَّكَّرُ  
إِلَّا أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿٧﴾

yassibwa ku Nabbi Musa, Enjiri ku Nabbi Issa ne Zabburi ku Nabbi Dauda. Yo Kuraane yassibwa nga ky'ekitabo ekyawula wakati w'amazima n'obulimba, ne wakati w'obutuufu n'obwonoonefu.

7. Y'oyo Katonda eyassa ku ggwe Muhammadi (s.a.w.) Ekitabo Kuraane. Kirim ebitundu bya ngeri bbiri: Ebitundu (aya) ebimu bitegeerekeka mangu era bikakafu kubanga enjatula zaabyo tezisubirwamu makulu malala agatali ago agagendererwa. Ebitundu ebyo ky'ekikolo era ennono y'ekitabo Kuraane ekyesigamirwako mu kumanya amateeka n'okugakozesa.

Ebitundu ebirala (Aya) tebitegeerekeka kubanga enjatula z'ebigambo byabyo zifaanana n'enjatula z'ebigambo ebirala sso nga ate amakulu go maawufu, kale ne biba n'enjawukana ku makulu agagendereddwa.

Kale abo abalina obubuze mu mitima gyabwe balondoola mu Yo ebyo ebibyeaananyiriza (ebitategeerekeka mangu) ebyo bye basobola okuwaanyisaamu amakulu amalala, nga babiraza ku bigendererwa byabwe ebitali bituufu: ebyo bye baba baagadde okubikyusizaako sso nga amakulu malala, wadde bifaananya enjatula.

Ekyo babikola lwa kunonya kubuza abagoberezi ku lw'okubafumiitirizisa nti ebyo bye beese-mbesa ku bubuze bwabwe babiggya mu Kuraane, sso nga ssi bwe kiri. Nga Abakristaayo bwe beesebeseza ekigambo ckiri mu Kuraane ekitegeza nti: Issa mwoyo gwa Katonda, era kigambo Kye — yakisuula eri Mariamu era mwoyo ogwava gy'Ali ne baleka okwesembesa ekigambo kya Katonda ekigamba nti: Issa muddu wa Katonda era mubaka we okufaanako nga Ababaka Be abalala bonna; sso ssi mwana We.

8. (Abo bannannyini kuba na Magezi bagamba): Ayi Mukama waffe! To-wunjula mitima gyaffe oluvannyuma lw'okutulungamya, tugabire ffe obusaasizi okuva Gy'oli; Mazima ggwe Mugabi w'ebiyenga byonna.
9. Ayi Mukama waffe! Mazima Ggwe wa kukunngaanyawamu abantu ku lunaku olutaliiko kubuusabuusa. Mazima Katonda tayawukana ku ndagaano Ye.
10. Mazima abo abatakkiriza, si ya kubagasa emmaali yaabwe wadde abaana baabwe mu ngeri yonna okubawonya okuva mu bibonerezo bya Katonda, nabo be bo eziriba enku z'Omuliro (ku lunaku olwo).
11. Embeera yaabwe eja kuba nga ey'abantu ba Fir'auna, n'abo abaabasooka: Baalimbisa obubonero Bwaffe (ebigambo byaffe), ne bavunaanwa Katonda ku lw'ebibi byabwe. Ne Katonda muyitirivu wa bibonerezo.
12. Bagambe abo abatakkiriza nti: Mujja kuwanguywa era mukunngaanyizibwe

رَبَّنَا لَا تُزِغْ قُلُوبَنَا بَعْدَ إِذْ  
هَدَيْتَنَا وَهَبْ لَنَا مِنْ لَدُنْكَ  
رَحْمَةً إِنَّكَ أَنْتَ الْوَهَّابُ ⑤

رَبَّنَا إِنَّكَ جَامِعُ النَّاسِ لِيَوْمٍ  
لَا رَيْبَ فِيهِ إِنَّ اللَّهَ لَا يُخْلِفُ  
الْمِيعَادَ ⑥

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ نُغْنِي عَنْهُمْ  
أَمْوَالَهُمْ وَلَا أَوْلَادَهُمْ مِنَ  
اللَّهِ شَيْئًا وَأُولَئِكَ هُمْ  
الضَّالُّونَ ⑦

كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا  
فَأَخَذَهُمُ اللَّهُ بِذُنُوبِهِمْ  
وَاللَّهُ شَدِيدُ الْعِقَابِ ⑧

قُلْ لِلَّذِينَ كَفَرُوا سَعْيُهُمْ

Tewali asobola kubikyusa okuggyako Katonda ne bakagezimunyu mu bigambo bye ddiini. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yagamba nti: Bwe mulabanga abo abalondoola mu Kuraane ebyo ebitategeerekeka mangu n'abo be bo Katonda be yabagamba mubekeke.

9. Olunaku lw'okulamula telulina kubuusabuusa mu kubaawo kwalwo. Kale Abakkiriza bagamba mu kusaba kwabwe nti: Katonda waffe agenda kukunngaanya alamule wakati w'abantu, اساسule buli omu empeera y'emirimu gye, gye yakola ku nsi. Oba emirimu mirungi, esasulwa bulungi bwe giba mibi abonerezebwe.

10. Wadde nga bulijjo emmaali n'abaana bisuubirwa okuggya nnannyinibyo mu kabi n'okumugasa, kyokka ku Lunaku Lw'enkomero ebintu ebyo byombiriri tebigenda kugasa nnyinibyo oyo ayafa nga takkiriza mu maaso ga Katonda, era abo be bagenda okuba enku z'omuliro.

11. Katonda agamba: "Embeera y'abatakkiriza eja kuba nga eyo eyali ey'abagoberezi ba Fir'auna n'abo abaabasooka oluberyeberyee; baalimbisa obubonero bwa Katonda obwo bannaobi bwe bajjanga nabwo nga bulaga amazima gaabwe. Katonda yababonereza nnyo era oyo gw'aba awadde ekibonerezo tewali asobola kukimuggyako."

12. Katonda ategeza abatakkiriza nti: Mujja kuwanguywa mu lutalo kuno ku nsi." Abamanyi bategeza ensonga y'okukka kw'ekitundu kino nti yali bw'eti: Nabbi (s.a.w.) bwe yamala okuva ku

okutwalibwa eri omuliro (Jahannama), ekyo ky'ekiwummulo ekyennyamiza ddala.

13. Mazima ku bibinja ebibiri ebyo ebya-sisinkana (mu kulwanagana ku lutalo lw'e Badri) mwalimu eky'okulabirako: Ekibiina ekimu (eky'abakkiriza) nga kilwana mu kkubo lya Katonda, nga n'ekirala ky'abatakkiriza; bo (abakkiriza) baalaba nga basingibwa emirundi ebiri. Wabula Katonda awagira n'okuddukirira Kwe oyo gw'aba ayagadde. Mazima mulimu mw'ekyo eky'okulabirako eri banannyini kulaba.
14. Kwawundirwa abantu okwagala ebyegombewa: Ng'abakyaala n'abaana, endulundu n'endulundu za zaabu ne feeza, n'embalaasi enjigirize; n'ebisolo ebirundibwa n'ennimiro. Ebyo bintu bya bulamu bwa nsi (obw'ekiseera obuseera); ne Katonda W'ali we wali obuddo obulungi.

وَمُخْشِرُونَ إِلَىٰ جَهَنَّمَ طَوِّسَ  
الْيَهَادُ ⑬

قَدْ كَانَ لَكُمْ آيَةٌ فِي فِئَتَيْنِ  
الْمُتَقَاتِلَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ  
وَأُخْرَىٰ كَاذِبَةٌ كَفَرُوا وَنَهُم مُّثَنِّبُونَ  
رَأَىٰ الْعَيْنُ وَاللَّهُ يُؤَيِّدُ بِنَصْرِهِ  
مَنْ يَشَاءُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَعِبْرَةً  
لِّأُولِي الْأَبْصَارِ ⑭

رُبَّنَ لِلنَّاسِ حُبُّ الشَّهَوَاتِ  
مِنَ النِّسَاءِ وَالْبَنِينَ وَالْقَنَاطِيرِ  
الْمُنْقَطِرَةِ مِنَ الدَّهَبِ وَالْفِضَّةِ  
وَالْخَيْلِ الْمُسَوَّمَةِ وَالْأَنْعَامِ  
وَالْحَرْثِ ذَلِكَ مَتَاعُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
وَاللَّهُ عِنْدَكَ حَسْبُ السَّابِ ⑮

lutalo lw'e Badri nga luwedde, yagamba Abayudaaya nti: "Mukkirize nga tekinnabatuukako ekyo ekyatuuka ku Bakuraishi." Abayudaaya baddamu ne bamugamba nti: "Tekikugayaza okubceera nti wattisa abamu mu Bakuraishi abo abatamanyi kulwana. Singa onoogezako okutulwanyisa, onootegeera nti ffe tuli bantu (ba kkirimaanyi) era togenda kusisinkanayo balala bafaana nga ffe." Katonda kwe kussa aya eno n'agamba nti: "Mujja kusingibwa muwangulwe."

13. Mu lutalo lw'e Badri olwalwanibwa mu mwaka ogw'okubiri (AH.2) oluvannyuma lw'oku-senguka kwa Nabbi okuva e Makka okugenda e Madiina, ekibiina ky'abalwanyi eky'Abasiraamu ekyali kikulembeddwa Nabbi Muhammad (s.a.w.), baalaba ekibiina ky'abakaafiiri (Abakuraishi), ekyali kikulembeddwa Abu'Jahal nga kibasingako bibiri bya kusatu mu bungi. Abasiraamu baali ebikumi bisatu (300) ng'Abakuraishi bali lukumi (1000). Awamu n'ekyo Abasiraamu baasobola okuwangula abakafiiri olw'okutaasa n'okuddukirira kwa Katonda

Eri oyo alina amagezi kino akifuula kya kulabirako n'alungama nga agoberera amateeka ga Katonda, n'amanya nti Katonda ataasa abaddu be abo abakkiriza kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

14. Abantu batondebwa nga emyoyo gyabwe gikyukira eri eby'obwagazi ebisanyusa mu bulamu bwabwe obw'oku nsi — gamba ng'abakyaala emmaali endulundu n'ebirala eby'obugagga obubivaamu. Ebyo byonna bintu ebisanyusa ekiseera obuseera ate n'ebig'zwaawo oluvannyuma.

15. Bagambe nti: Mbategeeze mmwe ekirungi okusingira ddala ebyo? Abo abatya Katonda balina Ejjana (Ennyumba ey'okwesiima) awali Mukama waabwe, gikulukutira wansi waayo emigga, ba kubeera mu yo lubeerera (si ba kufa) nga balina n'abakyala abatukuvu, n'okusiima okuva eri Katonda. Ne Katonda alaba abaddu Be,

قُلْ أَوْ بِسْمِكُمْ بِخَيْرٍ مِّنْ ذَلِكُمْ  
لِلَّذِينَ اتَّقَوْا عِنْدَ رَبِّهِمْ  
جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ  
خَالِدِينَ فِيهَا وَأَزْوَاجٌ مُّطَهَّرَةٌ  
وَرِضْوَانٌ مِّنَ اللَّهِ وَاللَّهُ بَصِيرٌ  
بِالْعِبَادِ ⑮

16. Abo abagamba: Ayi Mukama waffe! Mazima ffe tukkiriza kale tusonyiwe ebibi byaffe, era otukingirize ekibonerero ky'omuliro;

الَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا إِنَّا أَمَيَّا  
فَاعْفِرْ لَنَا ذُنُوبَنَا وَقِنَا عَذَابَ النَّارِ ⑯

17. Abo abagumiikiriza n'abakkiriza ab'amazima, n'abagonvu (abawulize), n'abawaayo saddaaka, n'abo abecgayirira (Katonda okusonyiyibwa) mu matumbi g'obudde.

الصَّابِرِينَ وَالصَّادِقِينَ وَالْقَاتِلِينَ  
الْمُنْفِقِينَ وَالْمُسْتَغْفِرِينَ  
بِالْأَسْحَارِ ⑰

18. Katonda yajulira nti: Ddala tewali Katonda mulala yenna asinzibwa wabula Ye yekka: Ne Bamalaika ne bannyini kumanya (nabo bajulira). Ayimiridde n'obwenkanya (mu kula-birira ebitonde Bye mu ngeri Ze zonna), tewali Katonda asinzibwa mu biriwo byonna wabula Ye, Ow'e-kitiibwa, Omukakasa (mw'ebyo by'akola).

شَهِدَ اللَّهُ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ  
وَالْمَلَائِكَةُ وَأُولُو الْعِلْمِ قَائِمًا  
بِالْقِسْطِ ۗ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْعَزِيزُ  
الْحَكِيمُ ⑱

Wabula obuddo obulungi n'empeera ennungi biri eri Katonda. Ebyo ebyobugagga bibeera bya nsi omuntu bw'aba agenderedde kusanyuka nabyo mu bulamu bw'ensi; naye bw'aba abyeyambisizza ku ddini ye, n'abeera nga atuukiriza amateeka ga Katonda mu byo -- olwo biba bibalibwa mu Bulamu bw'enkomerero.

15. Abakkiriza babuulirwa ekisinga obulungi ku ebyo eby'obulamu bw'ensi: nti balina ama-samba (Ejjana) omukulukuta emigga wansi waago era ba kubeeramu obugenderevu si ba kufa. Era baliweebwa mu Jjana buli omu ekigero ky'ateekwa okuweebwa okusinzira ku mirimu gye, gye yakola ku nsi.

17. Abo abalongoofu bagumiikiriza ku kutuukiriza ebragiro bya Katonda, n'okulka ebyo bye yagaana; era bagumiikiriza ne ku buzibu obubatuukako mu kkubo lya Katonda. Batoola zakaati mu mmaali yaabwe omutemwa ogwabalaalikwa nga bawaayo ku lwa Katonda.

18. Mu Aya eno Katonda akakasa obwenyini Bwe nga bw'ali Omu nga yeejulira Ye yennyini, era nga bwe watali mulala yenna asinzibwa mu biriwo byonna wabula Ye yekka. Bwe kityo



19. Mazima Eddiini (ebalwa) awali Katonda bwe Busiraamu: Tebaayawukana Abo abaweebwa Ekitabo (Tauraati n'Enjiri), wabula luvannyuma lwa kubajjira okumanya, ku lw'ensaalwa eyayingira wakati waabwwe. Omuntu yenna awakanya ebigambo bya Katonda (amanye nti) mazima Katonda mwangu wa kumubala.

20. Bwe babanga bakukaanyizza (Ggwe Muhammadi), ogambanga nti: Nnewaddeyo nzenna eri Katonda n'oyo angoberedde. Era ogambe abaweebwa Ekitabo n'abo abatamanyi kusoma nti: (Nammwe) musiramuse (mugoberedde)? Bwe baba nga basiraamu, ddala balunnigamye, kyokka bwe banaaba nga bakyuse (okuva ku ky'obagambye), mazima ekikakafu ku ggwe kutuukiriza bubaka: ne Katonda alaba abaddu Be bonna.

لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ عِنْدَ اللَّهِ الْإِسْلَامُ  
وَمَا اخْتَلَفَ الَّذِينَ أُوْتُوا الْكِتَابَ  
إِلَّا مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْعِلْمُ  
بِعِيَابِكُمْ وَمَنْ يَكْفُرْ يَأْتِ  
اللَّهُ فَإِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ④

فَإِنْ حَاجُّوكَ فَقُلْ أَسَلَمْتُ وَجْهِي  
لِلَّهِ وَمِنْ أَتْبَعَنِي وَقُلْ لِلَّذِينَ  
أُوْتُوا الْكِتَابَ وَالرُّسُلَ أَسَلَمْتُ  
فَإِنْ أَسَلَمُوا فَغَدَاهُ هُنَّ وَأَمْوَئُهُمْ  
وَأَوْلَادُهُمْ فَكُلَّمَا عَاثَرْتُمُ النَّاسَ  
قَالَ بَصِيرٌ بِالْعِبَادِ ⑤

bamalaika n'abo abalina okumanya okutuufu nabo bajulira oyo Katonda alabirira ebitonde Bye mu ngeri yonna. Y'oyo Ow'ekitiibwa atalina kimwenkana. Omukakasa mu bikolwa Bye ne mu bigambo Bye byonna.

19. Katonda ategeeza n'omwanguka nga bwe wataliwo ddiini ndala yonna gy'akkiriza okugyako ey'Obusiraamu: eyo eddiini ekkiriza Ababaka bonna, ne Bannabbi Be be yatuma eri abantu b'ensi eno okutuusa lwe yafundikira obubaka bwabwwe ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.). N'omuntu alisisinkana Katonda oluvannyuma lw'okuja kwa Nabbi Muhammadi nga tali ku mateeka ge (Nabbi Muhammadi), oluvannyuma lw'okumutuukako, Katonda tagenda kukkiriza eddiini eyo. Bannanyini Kitabo Abayudaaya n'Abakristaayo baakwatibwa ensaalwa olw'okutumibwa Omubaka (Nabbi Muhammadi) olwo ne balyoka bayawukana ku mazima olw'obukyayi bwe baafuna ku Nabbi Muhammadi n'Abasiraamu.

Oyo awakanya ebyo ebiri mu Kuraane eyassibwa ku Nabbi Muhammadi Katonda agenda kumubala amubonereze olw'okulimbisa n'ajeemera ebigambo Bye ebiri mu Kuraane.

20. Katonda agamba Nabbi Muhammadi nti: "Bwe babanga bakukaanyizza ku kigambo ky'okwawula Katonda baddemu nti: 'Mmaliridde okusinza Katonda yekka Omu atalina gwe yegatta naye mu Bwakaatonda Bwe era atalina mwana. N'oyo ali ku ddiini yange ey'okwawula Katonda akkiriza nga bwe nzikiriza."

Era gamba Abayudaaya abali ku mateeka ga Tauraati, n'Abakristaayo abali ku mateeka g'Enjiri wamu n'Abakafiiri abo abatalina kitabo kyonna nti: Mugoberedde amateeka agali mu Kuraane? Kubanga okulunnigama kwonna kuli mu Busiraamu." Tewali kkubo ddala lyonna muntu ly'akwata ne limulunnigama okumutuusa ku kwawula Katonda.

"Bwe hawakanya ne batalungama, ekikakafu ku ggwe Nabbi Muhammadi (s.a.w.) kwe kutuukiriza obubaka gye bali sso ssi kubakaka lwa mpaka, wabula balekere Katonda abalaba era bagenda kudda Gy'ali."

21. Mazima abo abawakanya Ebigambo bya Katonda, ne batta Bannabbi mu bitali bituufu, ne batta abantu abo abalagira enkolagana ey'obwenkanya, basanyuse (nga obakudaalira) n'ebibonerezo ebiruma.

إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ  
وَيَقْتُلُونَ النَّبِيِّنَ لِيُغَيِّرَ حَقَّهُ  
وَيَقْتُلُونَ الَّذِينَ يَأْمُرُونَ بِالْقِسْطِ  
مِنَ النَّاسِ قَبْلَ أَنْ يَأْتِيَهُمُ

22. Abo be bo, egyayonooneka emirimu gyabwe ku nsi ne ku nkomerero, era tebalina mutaasa.

أُولَئِكَ الَّذِينَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ  
فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَمَا لَهُمْ  
مِنْ نَّصِيرِينَ ﴿٢٢﴾

23. Tolaba eri abaawebwa omugabo mu kumanya ekitabo nga bayitibwa okujja eri Ekitabo kya Katonda, kiryoke kiramule wakati waabwe, oluvannyuma (ate) ne kikyuka ekibiina mu bo ne kigaana okulumulwa, nga nabo olwo baawukanye (ku kumanya kwe bamanyi)?

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ أَوْتُوا نَصِيبًا  
مِّنَ الْكِتَابِ يُدْعَوْنَ إِلَى كِتَابِ  
اللَّهِ لِيَحْكُمَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ يَتَوَلَّوْا  
فِرْقًا مِّنْهُم وَهُمْ مُّعْرِضُونَ ﴿٢٣﴾

24. Ekyo (bakikola) olw'okubanga mazima bo bagamba: Tegugenda kutukwata omuliro (kutwokya) wabula (kumala) ennaku mbale. Ne bibagayaza mu ddiini yaabwe, ebyo bye baalinga bagunjawo.

ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ قَالُوا لَنْ نَمَسَّنَا  
التَّارِثَةَ إِلَّا آيَاتًا مَّعْدُودَاتٍ  
وَعَرَّهْمُ فِي دِينِهِمْ مَا كَانُوا  
يَفْتُرُونَ ﴿٢٤﴾

21-22. Abo Abayudaaya n'Abakristaayo abaawakanya Kuraane, era ne batta Bannabbi mu biseera we baatusizanga gye bali obubaka bwa Katonda; ne batta n'abo abakkiriza abayimiridde ku bwenkanya abaalagiranga okugoberera ekkubo lya Katonda era Nabbi (s.a.w.) yalagirwa abalabule nga abatiisa nga bwe balina ebibonyobonyo ebiruma.

Tebalina mudduukirize alibawonya mu bibonyobonyo bya Katonda.

23. Tolaba ne weewuunya eri abo Abayudaaya abalina Tauraati n'Abakristaayo abalina Enjiri, abagaana okulumulwa bwe baoba bayitiddwa eri kwo? Ekitegeza nti baawukanye okuva ku kulumulwa n'Ekitabo (Kuraane) ekyava eri Katonda, mu bigambo ebikwata ku nzikiriza ne ku bulamu bwabwe. Ekitabo ekyo kitwaliramu n'Abasiraamu singa nabo baba bavudde ku kulumulwa kw'amateeka agakirumu agakwata ku bulamu bwabwe.

24. Ekyatuusa abalina ekitabo Tauraati okwawukana ku kulumula kw'ekitabo kya Katonda kwali kugunjawo kigambo kya bulimba nti tebagenda kubonyabonyezebwa mu muliro ku lw'ebibi byabwe wabula kumala nnaku mbale bubazi — Ezo z'ennaku amakumu ana (40) bajajjaabwe ze baamala nga basinza ente.

25. Ngeri ki bwe tuliba nga tubakun-ngaanyizza? Ku lunaku olutaliimu kubuusabuusa (mu kutuuka kwalo), ne gutuukirizibwa buli mwoyo ekyo kye gwakola, nabo tebagenda kulya-zaamaanyizibwa.

26. Gamba nti: Ayi Katonda! Omufuzi w'Obwakabaka! Owa obufuzi oyo gw'oyagala (okubuwa) n'obugya kw'o-oyo gw'oyagala (okubuggyako). N'okuza oyo gw'oyagala, n'okkakkanya oyo gw'oyagala. Buli mu Mukono Gwo mulimu Obulungi bwonna. Mazima Ggwe, Oli Muyinza ku buli kintu kyonna.

27. Obuliza Ekiro mu Musana, n'obuliza Omusana mu Kiro. Ate n'oggya ekiramu mu kifu, era n'oggya ekifu mu kiramu. N'ogabira oyo gw'oyagala awatali kubala.

28. Abakkiriza tebafuulanga abatakkiriza ab'emikwano okuggyako abak-

كَيْفَ إِذَا جَمَعْتَهُمْ لِيَوْمِ الرَّيْبِ  
فِيهِ تَوَفَّيْتِ كُلَّ نَفْسٍ مَا كَسَبَتْ  
وَهُمْ لَا يَظْلَمُونَ ٢٥

قُلِ اللَّهُمَّ مَلِكُ الْمَلِكِ تُوَفِّي  
الْمَلِكَ مَنْ تَشَاءُ وَتُنزِعُ الْمَلِكَ  
مِمَّنْ تَشَاءُ وَتُعْزِزُ مَنْ تَشَاءُ وَ  
تُذَلِّقُ مَنْ تَشَاءُ طَبِيعُ الْخَيْرِ  
إِنَّكَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ٢٥

تَوَجَّهَ اللَّيْلُ فِي النَّهَارِ وَتَوَجَّهَ  
النَّهَارُ فِي اللَّيْلِ وَتَخْرُجُ الْحَيَّ مِنْ  
الْمَيِّتِ وَتَخْرُجُ الْمَيِّتِ مِنَ الْحَيِّ  
وَتَرْتُقُ مَنْ تَشَاءُ بِغَيْرِ حِسَابٍ ٢٦  
لَا يَخْذِلُ الْمُؤْمِنُونَ الْكٰفِرِينَ

Ekyo kyayogerwa Bayudaaya abaakakata ku ddiini yaabwe eteri ntuufu olw'okugayaazibwa ebyo bya baagunjawo, ebyo ebyabaa wakanya ku mazima agali mu Kitabo kya Katonda Tauraati n'Enjiri.

25. Ku lunaku lw'okulamulwa, olwo olutaliiko kubuusabuusa mu kubaayo kw'awo, buli muntu alisasulwa empeera z'ekyo kye yakola ka kibe kibi oba kirungi oba ka kibe kitono kitya.

26. Katonda y'agaba ate n'amma era y'aggyako; era buli kyonna ky'aba ayagadde kibeerawo n'ekyo ky'aba tayagadde tekiyinza kubeerawo.

27. Katonda ye nnannyini kubuliza buli kimu mu kinnaakyo, gamba nga ekiro okubulira mu musana, n'omusana okubulira mu kiro. Era aggya ekyo ekirina obulamu mw'ekyo ekitalina bulamu nga bw'aggya mu ggi enkoko, ate n'aggya ekitalina bulamu mw'ekyo ekirina obulamu, nga bw'aggya eggi mu nkoko; okwo teekako n'eb'okulabirako ebirala nfaafa.

Era Katonda awa emmaali omuntu gw'aba ayagadde ate n'agikendeereza gw'aba ayagadde okugikendeereza.

28. Abakkiriza balabulwa obutafuula abo abatakkiriza mikwano gyabwe nfiirabulago ne babeeyabiza ebyama byabwe okuggyako bakkiriza bannaabwec; Omuntu yenna akola ekyo ekimu-gaaniddwa abeera ayawukanye ne Katonda.

Kyokka nga wabaddewo okwekengera akabi mu butakolagana na batali Bakkiriza, 'awo Abakkiriza bakkirizibwa okubakwana wabeewo enkolagana nabo so ssi kutuuka na ku kya kubabikkulira

kiriza (bannaabwe). N'omuntu akola ekyo tali mu ddiini ya Katonda mu kintu kyonna wabula (bwe kiba) nga mubadde mutya mu bo akabi (olwo mukwanagane nabo olw'okwekuma) Katonda abeekesa Ye yennyini (mutye ebibonerezo Bye), n'eri Katonda y'eri obuddo.

29. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Bwe muba nga mukweka ekyo ekiri mu bifuba byammwe obanga mukyolesezza, Katonda akimanyi. Era amanyi ebyo ebiri mu ggulu, n'ebyo ebiri mu nsi. Ne Katonda Muyinza ku buli kintu.

30. Olunaku buli mwoyo lwe gulisanga ekyo kye gwakola mu birungi nga kisémbézédwa n'ekyo kye gwakola mu bibi, gulijula singa wabadde wakati waagwo nakyo (ekibi) ebbanga eddene. Katonda abalabula mumutye. Era Katonda Musaasizi eri abamusinza.

31. Gamba (abantu, Ggwe Muhammadi) nti: Bwe muba mwagala Katonda, mungoberere; olwo Katonda abaa-gale era abasonyiwe ebibi byammwe. Ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

byama byabwe. Era abeekesa obusungu Bwe wamu n'ebibonerezo Bye singa mubakwana ne mwawukana ku biragiro Bye olwo ne muba nga mumenye amateeka Ge.

Era buli muntu agenda kuddizibwa eri Katonda olwo alyoke asasulwe empeera z'emirimu gye era abonerezebwe oyo omujeemu.

29. Ggwe Nabbi Muhammadi gamba Abakkiriza nti: Katonda amanya bye mukweka ne bye mwolesa. Tewali kiyinza kumwekweka n'atakimanya ka kibe mu nsi oba mu ggulu.

30. Emirimu gy'abantu gígenda kusembezébwá mu maaso ga Katonda ku lunaku lw'enkomerero girumulwe. Katonda ayagaliza Abakkiriza balunngame mu kkubo eggolokofu.

أُولِيَاءٍ مِنْ دُونِ الْمُؤْمِنِينَ  
وَمَنْ يَفْعَلْ ذَلِكَ فَلَئْسَ مِنَ  
اللَّهِ فِي شَيْءٍ إِلَّا أَنْ تَتَّقُوا مِنْهُمْ  
تَقِيَةً وَيُحَدِّثْكُمْ اللَّهُ نَفْسَهُ  
وَأَلَى اللَّهِ الْمَصِيرُ ﴿٢٩﴾

قُلْ إِنْ تَحْفَظُوا مَا فِي صُدُورِكُمْ  
أَوْ تَبْدُوا وَلَا يَعْلَمُهُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ  
مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٣٠﴾

يَوْمَ تَجِدُ كُلُّ نَفْسٍ مَا عَمِلَتْ  
مِنْ خَيْرٍ مُحْضَرَةً وَمَا عَمِلَتْ  
مِنْ سُوءٍ تَوَدُّ لَوْ أَنَّ بَيْنَهَا  
وَبَيْنَهُ أَمَدًا بَعِيدًا وَيُحَدِّثُكُمْ  
اللَّهُ نَفْسَهُ وَاللَّهُ رَعُوفٌ بِالْعِبَادِ ﴿٣١﴾

قُلْ إِنْ كُنْتُمْ تُحِبُّونَ اللَّهَ فَاتَّبِعُونِي  
يُحِبِّكُمْ اللَّهُ وَيَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ  
وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٣٢﴾

32. Bagambe nti: Mugondere Katonda n'Omubaka We. Kyokka bwe munaaba mukyuse, mazima Katonda tayagala bakafiiri.
33. Mazima Katonda yayawula Adamu ne Nuuhu n'ab'omu nnyumba ya Ibrahimu n'ab'omu nnyumba ya Amraane n'abasukkulumya ku bitonde byonna,
34. Nga bazzukulu abamu bava mu bannaabwe. Ne Katonda Awulira, era Amanyi.
35. Jjukira ekiseera mukyala wa Amraane bwe yagamba nti: Ayi Mukama wange! Neeyamy'e ku lulwo ekyo ekiri mu lubuto lwange kibeeere nga kiri ku lulwo. Kkiriza okuva gyendi. Mazima Ggwe, Omanyi era Owulira (okusaba kwange).
36. Bwe yamala okumuzaala n'agamba: Mazima Mukama wange! Nze muzadde nga muwala! — Ne Katonda y'amanya ekyo ky'azadde — Omusajja tali nga mukazi; mazima nze mutuumye Mariyamu, era mazima nze mukingi-

قُلْ أَطِيعُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ فَإِن تَوَلَّوْا فَإِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ الْكَافِرِينَ ﴿٣٢﴾

إِنَّ اللَّهَ اصْطَفَىٰ آدَمَ وَنُوحًا وَآلَ إِبْرَاهِيمَ وَآلَ عِمْرَانَ عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿٣٣﴾

ذُرِّيَّةً لَّعَظَمَهَا مِنْ بَعْضِ ط وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٤﴾

إِذْ قَالَتِ امْرَأَتُ عِمْرَانَ رَبِّ إِنِّي نَدَرْتُ لَكَ مَا فِي بَطْنِي مُحَرَّرًا فَتَقَبَّلْ مِنِّي ۖ إِنَّكَ أَنْتَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٣٥﴾

فَلَمَّا وَضَعَتْهَا قَالَتْ رَبِّ إِنِّي وَضَعْتُهَا أُنْثَىٰ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا وَضَعْتَ ط وَلَيْسَ الذَّكَرُ

31. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) Katonda amulagira agambe abantu nti: Bwe munaaba mugoberede amateeka gange, namwe Katonda ajja kubaagala.

32. Abakkiriza bwe mwawukana ku biragiro bya Katonda ne mutagoberera kkubo lya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) muba musobezza olw'ekikolwa ekyo era muba muvudde ku ddiini ya Katonda.

33. Aya eno ennyonyola nga Katonda bwe yayawula Adamu n'amusiima okuba Nabbi mu nsi, era n'alagira Bamalaika okumuvunnamira mu ggulu, n'amufuula omusigire We kuno ku nsi. Era mu ngeri y'emu yayawula Nabbi Nuuhu n'amusiima okuba omubaka mu kiseera abantu ba Nuuhu lwe baali nga basinza ebifaananyi mu kifo ky'okusinza Katonda. Era yalonda ne mu zzadde lya Ibrahimu ne Ibrahimu yennyini Bannabbi, nga mu bo mwe muli Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

Amuraane agendereddwa wano y'oyo azaala Mariamu nnyina wa Issa (emirembe gibeere ku ye). Katonda yayawula abo aboogeddwako n'abasinza ku bitonde byonna.

34. Abo aboogeddwako waggulu baazalagana abamu ne baba bazzukulu ba bannaabwe.

35. Mukyala wa Amuraane yeeyama eri Katonda, omwana oyo ali mu lubuto lwe abeere ayeyawulidde, awereza Katonda awatali kutawaana na bya nsi. Yamusaba akkirize obweyamu bwe kubanga Ye Katonda yali awulira okusaba kwe era y'amanya ekigendererwa kye.

36. Bwe yalaba nga omwana gw'azadde muwala n'ategeeza Katonda nga yeetonda nti: Omusajja taba nga mukazi mu maanyi wadde mu bunyiikivu bw'okusinza Katonda, n'okubera nga asaanira okuba omuweereza w'omu masinzizo. Kale yali tasobola kutuukiriza nnyina bye yali yeesunga. Era omukyala oyo yategeza Katonda nga omwana oyo bw'amutuumye Mariam. Wabula ye Katonda

rizza naawe era n'ezadde lye ndikin-giriza eri sitaane eyagobebwa mu kusaasira.

37. N'amukkiriza Katonda we olukkiriza olulungi n'amumeza olumeza olulungi; n'amulabirira Zakariya (nga ye mukuza wa Mariyamu). Buli lwonna Zakaria lwe yayingiranga (Mariyamu) gy'ali mu kisenge, yasanganga waliwo ebyokulya. N'agamba nti: Owange Mariyamu! Wa gy'ofuna bino? N'agamba nti: Ebyo biva eri Katonda. Mazima Katonda agabira oyo gw'ayagala awatali kubala.

38. Mu kiseera ekyo Zakaria n'asaba Katonda we, n'agamba: Mukama wange! Ngabira okuva Gy'oli omwana omulungi. Mazima Ggwe, Gwe Owulira okukoowola (kw'oyo akusaba).

39. Malaika n'amukowoola bwe yali ayimiridde nga asabira mu ssinzizo (n'amugamba nti): Mazima Katonda akusanyusa nga akutegeeza (nga bw'onoo-funa omwana ayitibwe) Yahaya, ng'akakasa amazima g'Ekigambo ekiva eri Katonda, era ow'ekitiibwa era eye-ekuma, era Nabbi abalibwa mu baloongoofu.

كَأَلَمْ نُنشِئْكَ وَوَلَدْنَاهُ مَرْيَمَ  
وَلَدْنَاهُ أُعْيُدْهَا بِكَ وَذُرِّيَّاتِهَا  
مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ ﴿٣٧﴾

فَتَقَبَّلَهَا رَبُّهَا بِقَبُولٍ حَسَنٍ وَ  
أَنْبَتَهَا نَبَاتًا حَسَنًا وَكَفَّلَهَا  
زَكَرِيَّا كُلَّمَا دَخَلَ عَلَيْهَا زَكَرِيَّا  
الْمِحْرَابَ وَجَدَ عِنْدَهَا رِزْقًا  
قَالَ يَمْرُؤُا أَنَّى لَكَ هَذَا قَالَتْ  
هُوَ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ إِنْ لَمْ يَرَوْا  
مِنْ يَشَاءُ بِغَيْرِ حِسَابٍ ﴿٣٨﴾

هَذَا لَكَ دَعَا زَكَرِيَّا رَبَّهُ قَالَ  
رَبِّ هَبْ لِي مِنْ لَدُنْكَ ذُرِّيَّةً  
طَيِّبَةً إِنَّكَ سَمِيعُ الدُّعَاءِ ﴿٣٩﴾

فَنَادَتْهُ الْمَلَكَةُ وَهِيَ قَائِمَةٌ  
يُصَلِّي فِي الْمِحْرَابِ أَنَّ اللَّهَ  
يُبَشِّرُ لَكَ بِبَيْبِطٍ مُصَدِّقًا لِمَقْدَمِهِ  
مِنَ اللَّهِ وَسَيِّدًا وَأَوْحَصُورًا وَ  
نَبِيًّا مِّنَ الصَّالِحِينَ ﴿٤٠﴾

yali amanyi ekigendererwa Kye ekyali eky'okuzaaza Mariamu (omwana) Nabbi Issa era akole ebyamagero n'okuweereza Katonda.

37. Katonda yakkiriza okusaba kwa nnyina Mariyamu Muka Amuraane n'afuula Mariyamu ow'ekifaananyi ekirungi n'ekitiibwa ekyo waggulu era omulongoofo - nga Zakariya y'ayimiridde ku kumulabirira n'okumujjanjaba kubanga kitaawe wa Mariyamu yafa nga tannazaalibwa (Mariyamu).

Mariyamu yakula nga wa mukisa nga Katonda akulukusa ku ye ebyokulya cbya buli ngeri.

40. (Zakariya) n'amugamba: Mukama wange! Ngeri ki bwe nnabeera nga nfuna omwana, nga ddala obukadde buntuuseeko, era nga ne mukazi wange mugumba? (Malaika) n'agamba: Bwe kityo (bwe kinaaba), Katonda akola ekyo ky'ayagala.

قَالَ رَبِّ أَلَيْسَ لِي عَلْمٌ وَقَدْ  
بَلَغَنِي الْكِبَرَ وَأَمْرًا نِي عَاقِرًا  
قَالَ كَذَلِكَ اللَّهُ يَفْعَلُ مَا يَشَاءُ ﴿٣٩﴾

41. N'agamba: Mukama wange! Nteera-awo akabonero (akandaga nti naafuna omwana)! (Malaika) n'agamba nti: Akabonero ko bwe butayogera na bantu okumala ennaku ssatu wabula nga kulaza bulaza (bubonero). Era yogera nnyo ku Mukama wo (mu nnaku ezo essatu), era omuten-dereze olw'eggulo n'enkya.

قَالَ رَبِّ اجْعَلْ لِي آيَةً ط قَالَ  
أَيْتُكَ إِلَّا تَكَلَّمُ النَّاسُ ثَلَاثَةَ  
أَيَّامٍ إِلَّا مَرْمَرًا وَادُّكُرَّا رَبِّكَ  
كَثِيرًا وَسَبِّحْ بِالْعِشِيِّ وَالْإِبْكَارِ ﴿٤٠﴾

42. Era jjukira mu kiseera Malaika (Jiburiilu) bwe yagamba nti: Owange Mariyamu! Mazima Katonda akwawudde n'akutukuza, n'akwawula ku bakyala b'ensi yonna.

وَإِذْ قَالَتِ الْمَلِكَةُ يَمْرُؤُا  
اللَّهُ اصْطَفَاكِ وَطَهَّرَكِ وَ  
اصْطَفَاكِ عَلَى نِسَاءِ الْعَالَمِينَ ﴿٤١﴾

43. Owange gwe Mariyamu: Gondera Mukama wo, ovunname era okutame awamu n'abakutama (nga ba-saala).

يَمْرُؤُا اقْتَتِي لِرَبِّكِ وَاتَّبِعِي  
وَارْكَعِي مَعَ الرَّاكِعِينَ ﴿٤٢﴾

44. Ebyo bye bimu ku bigambo eby'ewala bye tutumira gy'oli (Ggwe Muhammadi) era tewali we baali mu kiseera bwe baasuula ekkalaamu zaabwe (nga bakuba akalulu) balabe ani mu bo anaalera Mariyamu; era tewali we

ذَلِكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْغَيْبِ نُوحِيهِ  
إِلَيْكَ وَ مَا كُنْتَ لَدَيْهِمْ إِذْ  
يُلْقُونَ أَقْلَامَهُمْ يَقُولُ

39. Malaika yakoowoola Zakariya nga amutegeeza nga bw'anaafuna omwana ayitibwa Yahaya aliba akuma omwoyo gwe okwawukana n'ebwokwegomba.

41. Zakariya oluvannyuma yasaba Katonda amulage akabonero k'anaategeereraako nga bw'anaafuna omwana. Katonda kwe kumulagira nga bw'ajja okumala ennaku ssatu nga tayogera na bantu wabula nga akozesa bubonero bwokka kulaza bulaza. Era Katonda yamulagira amuten-dereze enkya n'olw'eggulo. Zakariya yasobola okutendereza Katonda n'olulimi naye nga tasobola kwogera na muntu yenna okutuusa ennaku essatu lwe zagwaayo.

44. Katonda ategeeza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti: Ebyo ebikutegeezebwa mu bigambo ebifa ku Mariyamu n'omwana we, bigambo eby'ewala omuntu obuntu by'atayinza kumanya wabula nga bimutegeezebwa Ffc. nga naawe bwe tukutumira Malaika ggwe Muhammadi (s.a.w.) okubikutegeeza. Tewaliwo bwe baali nga bakaayana n'okukuba akalulu ak'okusuula ekkalaamu zaabwe ku mazzi. bakabona (bannadiini) balyoke balabe ani anaalabirira Mariyamu.



baali mu kiseera bwe baali bakaayana ku kyo (eky'okulera Mariyamu).

45. Ijukira mu kiseera Malaika bwe yagamba nti: Owange Mariyamu! Mazima Katonda akusanyusa nga akutegeeza Ekigambo okuva gy'ali (eky'okuzaala omwana), erinnya lye Ye Al-Masiihi Issa, mutabani wa Mariyamu. (Ajja kuba) wa kitiibwa mu nsi era ne ku Nkomcerero era ajja kuba wa mw'abo abasembezebwa okumpi ne Katonda:
46. Era ajja kwogera n'abantu nga akyali mu kizaziko ne mu kusajjakula, era wa mu balongoofu.
47. N'agamba (Mariyamu): Mukama wange! Ngeri ki bwe naafuna omwana nga sinnaba kukwatwako musajja yenna? Bwe kityo (bwe kinaaba). Katonda atonda nga bw'ayagala. Bw'aba nga amaze ekigambo (entegeka), ddala mazima akigamba nti: Ba, ne kiba (nga bw'akyagadde).
48. Era (Katonda) ajja kumuyigiriza Amateeka n'okumanya ensonga, ne Tau-raati n'Enjiri.

مَرِيَمَ وَمَا كُنْتَ لَدَيْهِمْ إِذِ  
يَخْتَصِمُونَ ﴿٣٧﴾

إِذْ قَالَتِ الْمَلِكَةُ لِمَرْيَمُ إِنَّ  
اللَّهَ يُبَشِّرُكِ بِكَلِمَةٍ مِنْهُ إِنَّ اسْمَهُ  
الْمَسِيحُ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ وَجِيهًا  
فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَمَنْ  
الْمُقَرَّبِينَ ﴿٣٨﴾

وَيَكَلِّمُ النَّاسَ فِي الْمَهْدِ وَكَهْلًا  
وَمِنَ الضَّالِّينَ ﴿٣٩﴾

قَالَتْ رَبِّ أَنَّى يَكُونُ لِي وَلَدٌ  
وَلَمْ يَمَسِّنِي بَشَرًا قَالَ كَذَلِكَ  
اللَّهُ يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ إِذَا قَضَى  
أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُ كُنْ فَيَكُونُ ﴿٤٠﴾  
وَيُعَلِّمُهُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَالتَّوْرَةَ  
وَالْإِنْجِيلَ ﴿٤١﴾

Baakaayana ku ky'okulabirira Mariyamu buli omu nga ayagala okufuna ekitiibwa ekyo, okutuusa Zakariya lwe yasinga n'abeera nga y'asaanira okumulabirira era mu kiseera ckyo ye yali Nabbi waabwe (emirembe gibe ku ye).

45. Mariyamu ategezebwa Malaika okuva eri Katonda nga bw'ajja oku'una omwana nga talabaganye na musajja. N'olwekyo omwana oyo — Nabbi Issa Masiiya — alina eddaala ddene awali Katonda olw'okutumibwa n'ajja n'amateeka era n'okuweebwa Ekitabo Enjiri.

46. Mariyamu abulirwa nga Issa bw'anaayogera n'abantu mu buwere bwe nga tannatuusa kiseera kya kwogera — akyali mu kizaziko n'ekyo kibe ekyamagero ku ye. Ne mu kusajjakula kwe njja kubayita abantu bajje eri okusinza Katonda awatali kumugatta na kintu kirala — olwo nga amaze okutumibwa okuba omubaka wa Katonda era Nabbi We.

47. Mariamu yeewuunya n'abuza Katonda engeri gy'anaafuna omwana nga ssi mufumbo era nga yali talowoozangako kufumbirwa. Malaika yamuddamu nga ekyo bwe kiri ku lw'obuyinza bwa Katonda kubanga Katonda atonda nga bw'ayagala era talina ky'alemwa. Kale ekyo kitegeeza nga Issa bw'ali ekitonde kya Katonda nga ebitonde ebirala so ssi mwana wa Katonda.

49. Era (alimufuula) omubaka eri Abaana ba Israeli, (n'obubaka obugamba): Mazima nze mbajjidde n'akabonero okuva eri Mukama wammwe. Mazima nja kubakolera mu ttaka (mu budo-ngo) nga ekifaananyi ky'ennyonyi, nfuuwe mu kyo ebeere ennyonyi ku lw'okukkiriza kwa Katonda — Era nja kuwonya abazaalibwa nga bam-poma, n'ab'ebigenge, era nja kuzuu-kiza abafu ku lw'obuyinza bwa Kato-nda. Era nja kubategeeza ebyo bye mulya n'ebyo bye mutereka mu mayumba gammwe. Mazima muli-namu mw'ebyo eky'okulabirako bwe mubeera nga muli bakkiriza;
50. Era (mbajjidde) nga ndi akakasa ama-zima g'ebyo ebiri wakati w'amaaso gange (ebyajja oluberyeberye lwange) ebiri mu Tauraati, era mbakkirize ebimu ebyo ebyali biziziddwa ku mmwe. Era mbajjidde n'obujulizi obuva eri Mukama wammwe, kale mutye. Katonda era munngondere.
51. Mazima Katonda ye Mukama wange era ye Mukama wammwe, kale mumu-sinze. Lino ly'ekkubo eggolokofu.

وَرَسُولًا إِلَىٰ بَنِي إِسْرَائِيلَ أَنِّي  
 قَدْ جِئْتُكُمْ بِالْبَيِّنَاتِ مِّن رَّبِّكُمْ  
 أَنِّي أَخْلَقُ لَكُمْ مِنَ الطَّيْرِ  
 كَهَيْئَةِ الطَّيْرِ فَأَنْفُخُ فِيهِ فَيَكُونُ  
 طَيْرًا بِإِذْنِ اللَّهِ وَأُبْرِئُ الْأَكْمَةَ  
 وَالْأَبْرَصَ وَأُحْيِي الْمَوْتَىٰ بِإِذْنِ  
 اللَّهِ وَأَنْتُمْ كُفِرْتُمْ بِمَا تَدْعُونَ وَمَا  
 تَدْعُونَ لَٰكِن فِي بُيُوتِكُمْ طَرَانٌ  
 فِي ذَٰلِكَ آيَةٌ لَّكُمْ إِن كُنتُمْ  
 مُؤْمِنِينَ ﴿٤٩﴾

وَمُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ  
 التَّوْرَةِ وَإِلْحٰلًا لَّكُمْ بَعْضَ الَّذِي  
 حُرِّمَ عَلَيْكُمْ وَجِئْتُكُمْ بِالْبَيِّنَاتِ مِّن  
 رَبِّكُمْ فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ٥٠  
 إِنَّ اللَّهَ رَبِّي وَرَبُّكُمْ فَاعْبُدُوهُ ٥١  
 هٰذَا صِرَاطٌ مُّسْتَقِيمٌ ٥١

48. Katonda ajja kuyigiriza Issa amateeka n'okumanya ensonga wamu n'Ekitaabo: Tauraati eyaweebwa Musa ne Enjiri, ye Issa gye yaweebwa. Ebyo ebibiri byombi yali abimanyi.

49. Malaika ayongera okubuulira Mariyamu nti: Issa ajja kutumbwa eri Abaana ba Israeli abagambe nti: Mbajjidde n'ekyamagero ekiraga obwannabbi bwange okuva eri Katonda. Ekyamagero ekyo, kwe kubabumbira ekifaananyi ky'ekinyonyi mu ttaka oluvannyuma n'akifuu wamu omukka ne kibuka nga balaba.

Era yabagamba nga bw'anaawonya bamuzibe n'abagenge, n'ayogera nga bw'anaabategeeza ebyo bye baba balidde n'ebyo bye baba baterese babirye oluvannyuma — Ebyo nabyo byongere okubakakasa amazima g'obwannabbi bwe.

50. Issa yajja n'obubaka obukakasa ebyo ebyajja ne bannabbi oluberyeberye lwe nga bwe byali eby'amazima ebyava eri Katonda; era yajja ng'alina n'amateeka agaggyawo agamu agaali mu Tauraati. Era n'ajja n'obujulizi obulaga amazima g'ebyo bye yabuuliranga abantu.

52. Bwe yamala Issa okutegeera mu bo obukaafiiri (obutakkiriza), n'agamba nti: Ani omutaasa wange eri Katonda? Ne bagamba abalwanirizi (abayigirizwa) be, nti: Ffe bataasa ba Katonda. Tukkiriza Katonda, era julira nti mazima ffe tuli Basiraamu (abagondera amateeka ga Katonda).
53. Mukama waffe! Tukkiriza ebyo bye wassa, ne tugoberera Omubaka. Tuwandiike awamu n'abajulizi.
54. Ne basala enkwe (Abayudaaya ez'okutta Issa), ne Katonda n'asala enkwe (ezibalemesa): ne Katonda ye mulungi okusinga ab'enkwe bonna.
55. Jjukira mu kiscera Katonda bwe yagamba nti: Owange Issa! Mazima Nze Nngenda kukufiisa (entuuko yo ng'etuuse) era nkusitule nkuleete Gyendi. Era ndi wa kukutukuza nkuggye mw'abo abaakaafuwala (abatakkiriza); era ndi wa kussa abo abakugoberera waggulu w'abo abaakaafuwala, okutuusa ku Lunaku lw'Okuzuukira. Oluvannyuma Gyendi y'eri

فَلَمَّا أَحَسَّ عَيْسَىٰ مِنْهُمُ الْكُفْرَ  
 قَالَ مَنْ أَنْصَارِي إِلَى اللَّهِ قَالَ  
 الْحَوَارِيُّونَ نَحْنُ أَنْصَارُ اللَّهِ ۗ  
 أُمَّتًا بِاللَّهِ ۖ وَأَشْهَدُ بِأَنَّكَ مُسْلِمُونَ ﴿٥٢﴾  
 رَبَّنَا أَمْثَلِ بِنَا أَنْزَلْتَ وَأْتَبِعْنَا  
 الرَّسُولَ فَأَنْتَ بِنَا مَعَ الشَّاهِدِينَ ﴿٥٣﴾  
 وَمَكْرُؤًا وَّمَكْرًا لِلَّهِ وَاللَّهُ خَيْرٌ  
 مِنَ الْمَاكِرِينَ ﴿٥٤﴾

إِذْ قَالَ اللَّهُ لِيَعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ  
 وَرَافِعَكَ إِلَىٰ وَمُطَهَّرَكَ مِنْ  
 الَّذِينَ كَفَرُوا وَاجْعَلِ الَّذِينَ  
 اتَّبَعُوكَ فَوْقَ الَّذِينَ كَفَرُوا  
 إِلَىٰ يَوْمِ الْقِيَامَةِ ثُمَّ إِلَىٰ مَرْجِعِهِمْ

51. Issa yamaliriza okweyogerako n'okulagira abantu be yatumbwa gye bali, bayawule Katonda mu Bwakatonda Bwe, bamusinze awatali kumugatta na kintu kirala kyonna. Yamaliriza nga agamba nti eryo ly'ekukubo eggolokofu era n'abalabula nti oyo anaakwata ekkubo eddala eritali eryo. aba abuze okuva ku ddiini entuufu.

52. Nabbi Issa nga amaze okutegeera obukafiiri bw'Abaisraili n'okulemera ku bubuze bwabwe, yababuza ani eyali ow'okuba omutaasa we mu kuyimirizaawo eddiini ya Katonda n'okukoowoola abantu okujja eri Ye Katonda. Abalwanirizi be ne baddamu nga bwe baali Abasiraamu, abagoberera amateeka ga Katonda. Ekyo ne kiraga nga eddiini y'Obusiraamu bw'eri eddiini ya Nabbi Issa era kyebaava bamusaba abagoberenzi be, abajulire nga bwe bali Abasiraamu, abagoberenzi ba bannabbi bonna.

53. Era abalwanirizi ba Issa becyongera okweyama nga bwe bagoberera ebyo Katonda bye yassa ku Nabbi Issa, era nga bwe bamukkiriza. Era baasaba Katonda abawandiike mu abo abajulira obutuufu bw'Eddiini era abagirwanirira.

54. Abayudaaya baasala enkwe z'okutta Nabbi Issa n'okumukomerera Issa ku musaalaba, wabula Katonda enkwe zaabwe n'azimuwonya Issa, n'amusitula okumutwala Ye Katonda gy'Ali.

55. Abo abagoberera Issa be bo abakkiriza eddiini entuufu ey'Obusiraamu; eyo ekakasa obubaka bwa buli Nabbi, p'ewa buli Nabbi ekitiibwa kye ekimusaanira awatali kumusukkulumya kumutuusa mu kitiibwa kya Katonda. Era Obusiraamu y'eddiini Bannabbi bonna gye baja nayo.

obuddo bwammwe (oluvannyuma lw'okuzuukira), olwo ndyoke namule wakati wammwe mw'ebyo bye mwali mwawukanamu.

56. Mazima abo abaakaafuwala Nngenda kubabonyabonya ebibonerezo ebiyitirivu muno mu nsi ne ku Nkomerero; era tebaliba na mutaasa.
57. Naye abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu; (Katonda) ajja kubasasula empeera zaabwe mu bujjuvu. Ne Katonda tayagala balyazaamaanyi (abajeemu).
58. Ebyo tubikusomera ggwe (Muhammadi, nga) bya mu bobonero era bigambo Ebikakafu.
59. Mazima ekifaananyi (ky'okutondebwa) kwa Issa awali Katonda kiringa ekifaananyi (ky'okutondebwa) kwa Adamu. Yamutonda mu ttaka oluvannyuma n'amugamba nti: Ba, n'aba (Omuntu).
60. Ago ge mazima agavudde eri Mukama wo (Ggwe Muhammadi), kale tobeera omu mw'abo ababusabuusa.

فَأَحْكَمَ بَيْنَكُمْ فِيمَا كُنْتُمْ فِيهِ  
تَخْتَلِفُونَ ﴿٥٦﴾

فَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا فَاَعَدَّ لَهُمْ  
عَذَابًا شَدِيدًا فِي الدُّنْيَا وَ  
الْآخِرَةِ زَوَالَهُمْ مِنْ نُصْرَتِنَا ﴿٥٧﴾

وَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا  
الصَّالِحَاتِ فَيُوَفِّيهِمْ أُجُورَهُمْ  
وَاللَّهُ لَئِيْلٌ حَسِيبٌ ﴿٥٨﴾

ذَلِكَ نَسْأَلُكَ عَلَيْهِ مِنَ الْآيَاتِ  
وَالذِّكْرِ الْحَكِيمِ ﴿٥٩﴾

إِنَّ مَثَلَ عِيسَىٰ عِنْدَ اللَّهِ كَمَثَلِ  
آدَمَ خَلَقَهُ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ  
قَالَ لَهُ كُنْ فَيَكُونُ ﴿٦٠﴾

الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ فَلَا تَكُنَ مِنَ  
الْمُتَّعِبِينَ ﴿٦١﴾

N'agikkiriza buli yenna ayakkiriza eddiini ya Katonda. N'abo be baali waggulu w'abo abaawakanya eddiini eyo mu maaso ga Katonda.

58. Tubikusomera ebyo bye tukunyumizizza ebifa ku Issa ggwe Muhammadi, nga bubonero obulaga obuyinza Bwaffe era bigambo ebikakafu ebitaliimu kubusabuusa.

59. Olw'obuyinza bwa Katonda okutondebwa kwa Issa awatali kitaawe (muzadde-musajja), kufaananako n'okutondebwa kwa Adamu mu ttaka awataali kitaawe wadde nnyina. Kale okuzaalibwa okwo okwa Nabbi Issa kwewuunyisa olw'okwawukana n'engeri eya bulijjo abantu gye baamanyiira.

Wabula kibeera tekyewuunyisa bwe tukigeraageranyizza ku kutondebwa kwa Adamu. Era Issa okuzaalibwa nga talina kitaawe tekimufuula mwana wa Katonda nga ne Adamu bw'atali mwana We; newankubadde nga talina nnyina na Kitaawe. Engeri Katonda gye yateeka omwoyo mu Adamu nga amuggya mu ttaka ly'obudongo, n'aba omuntu, bw'atyo bwe yateeka omwoyo mu Issa n'aba omuntu. Kubanga Katonda ky'aba ayagadde agamba bugambi nti: beera ne kibeera nga bw'akya-gadde.

61. Omuntu yenna akikuwakanyangamu (Ggwe Muhammadi) oluvannyuma lw'ekyo ekikujidde mu kumanya, gamba nti: Mujje twegattire wamu tuyite abaana baffe n'abaana bammwe, abakya baffe n'abakya bammwe, naffe ffennyini namwe mwennyini (mubeewo) oluvannyuma tusabe nga tussa ekikolimo kya Katonda ku abo abalimba!

62. Mazima bino (ebifa ku Issa) ky'ekyo eky'amazima. Era tewali Katonda mulala wabula Oyo; Katonda Ali Omu Omutonzi; mazima Katonda y'Oyo Ow'ekitiibwa Omukakasa.

63. Bwe babeera nga bakyuse mazima Katonda amanyi aboononyi.

64. Gamba nti: Abange Bannanyini Kitabo mujje eri ekigambo ekyenkamunkamu wakati waffe namwe: Tuleme kusinza mulala yenna wabula Katonda! Tuleme

فَمَنْ حَاجَّكَ فِيهِ مِنْ بَعْدِ مَا  
جَاءَكَ مِنَ الْعِلْمِ فَقُلْ تَعَالَوْا  
نَدْعُ أَبْنَاءَنَا وَأَبْنَاءَكُمْ وَ  
نِسَاءَنَا وَنِسَاءَكُمْ وَأَنْفُسَنَا  
وَأَنْفُسَكُمْ ثُمَّ نَبْتَهِلْ فَيَجْعَلُ  
لَعْنَتَ اللَّهِ عَلَى الْكٰذِبِينَ ﴿١٣١﴾

إِنَّ هَذَا هُوَ الْقَصَصُ الْحَقُّ  
وَمَا مِنْ إِلَهٍ إِلَّا اللَّهُ وَإِنَّ اللَّهَ  
لَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١٣٢﴾

وَإِنْ تَوَلَّوْا فَإِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِالْمُفْسِدِينَ ﴿١٣٣﴾  
قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ تَعَالَوْا إِلَى  
كَلِمَةٍ سَوَاءٍ بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمْ أَلَّا

60. Gwe Nabbi Muhammadi tobeeranga abalibwa mu babuusa oluvannyuma lw'okutegeera amazima agakuleeteddwa.

61. Katonda yagaana Nabbi Muhammadi (s.a.w.) okuddayo okukaayana n'Abakristaayo oluvannyuma lw'okumweyoleka amazima ku kuzaalibwa kwa Issa. Era Katonda yamugamba ayite, oluvannyuma lw'okukka kwa aya eno abo Abakristaayo abaali bamuwakanya begatte wamu n'Abakkiriza bekolimire nga basaba Katonda asse ekikolimo ku abo abanaaba balimba. Ekyo Abakristaayo tebaakkiriza kwekolimira, baatya kubanga amazima baali bagategedde, era ne bakakasa akabi akayinza okubaviira mu kwekolimira.

62. Mazima bino ebikutegezebwa mu bigambo bya Issa by'ebyo ebikakafu eby'amazima gennyini.

63. Wabula nga bakyuse abo b'obuulirira, okuva kw'ago amazima ne badda ku birala, baaabeera boononyi — Abatakkiriza nzikiriza ntuufu Katonda gy'akkiriza.

64. Mu aya eno Katonda alagira Nabbi Muhammadi akoowoole Abayudaaya n'Abakristaayo bonna begatte wamu n'Abasiiraamu baleme kwawukanayawukana ku kigambo eky'Obwakatonda. Baleme okusinza bakatonda ab'obulimba wabula bonna wamu basinze Oyo Katonda, Omutonzi ali omu Yekka. Baleme kumugattako bintu birala nga ebifaananyi n'amasanamu oba omuliro ne halubaale.

Wabula bwe bagaana ne bava ku bwenkanya obwo n'okwo okukoowoola ne batakuoberera ggwe (Nabbi). Mubagambe abo abagaanyek okukkiriza gwe Nabbi n'abagobereri bo — nti, mmwe muli Basiraamu abakkiriza obw'omu bwa Katonda, era abagoberera eddiini y'Obusiraamu eggi-

okumugattako kintu kyonna, era tuleme kusinza abamu mu ffe okuggyako Katonda. Bwe babeeranga bakyuse (okuva kw'ekyo), mugambe: Mujulire nti mazima ffe tuli Basiraamu (abakkiriza Obw'omu bwa Katonda).

65. Abange Bannannyini Kitabo! Lwaki mukaayana (ku bikwata ku ddiini) ya Ibrahiimu nga teyassibwa Tauraati n'Enjiri wabula Iuvannyuma lwe? Abaffe temugeziwala (ne mutegeera ekituufu)?
66. Abange mmwe! Mwakaayana ne kw'ekyo kye mwalinako okumanya: Lwaki (nate kati) mukaayana kw'ekyo kye mutalinaako kumanya? Ye Katonda y'Amanyi, naye mmwe tumumanyi!
67. Tabeeranga Ibrahiimu Muyudaaya oba Omukristaayo; naye yali ayawukanye n'eddiini zonna nga Musiraamu, era tabanga wa mu bagatta Katonda na bintu birala.
68. Mazima asinga mu bantu okuba okumpi ne Ibrahiimu be bo abaamugob-

تَعْبُدَ إِلَّا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكْ بِهِ  
شَيْئًا وَلَا يَتَّخِذَ بَعْضُنَا بَعْضًا  
أَرْبَابًا مِنْ دُونِ اللَّهِ فَإِنْ تَوَلَّوْا  
فَقُولُوا شَهْدُوا بِآبَاتِنَا مُسْلِمُونَ ﴿٦٥﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَحْجُونَ فِي  
إِبْرَاهِيمَ وَمَا أَنْزَلْنَا مِنَ التَّوْرَةِ وَالْإِنْجِيلِ  
إِلَّا مِنْ بَعْدِهِ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٦٦﴾

هَآنَئِثْمَ هَوَلَاءَ حَاجِّجْتُمْ فِيهَا  
لَكُمْ بِهِ عِلْمٌ فَلِمَ تُحَاجُّونَ فِيهَا  
لَيْسَ لَكُمْ بِهِ عِلْمٌ وَاللَّهُ يَعْلَمُ  
وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٦٧﴾

مَا كَانَ إِبْرَاهِيمَ يَهُودِيًّا وَلَا  
نَصْرَانِيًّا وَلَكِنْ كَانَ حَنِيفًا مُسْلِمًا  
وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٦٨﴾

إِنَّ أَوْلَى النَّاسِ بِإِبْرَاهِيمَ الَّذِينَ

rawo ddala okusinza ebitonde, n'abantu okufuula bannaabwe bakatonda, n'ekakasa nga okusinziwaba bwe kwecyawulidde Katonda omutonzi yekka.

Obusiraamu y'eddiini yokka Katonda gy'akkiriza kubanga y'eddiini Bannabbi bonna gye bajja nayo nga bagiggya eri Ye. kubanga Katonda yatuma ababaka baggye abantu ku kusinza ebitonde: babalaze eri okusinza Katonda Omutonzi Ali Omu — n'akyo kye kigendererwa ky'Obusiraamu ekikulu: era ebirala byonna ebisigadde makubo bukubo agatuuka eri ekyo.

67. Abayudaaya n'Abakristaayo baakaayana ku Ibrahiimu nga buli bamu bagamba nti yali wa mu bo. sso nga ebikwata ku Ibrahiimu baali tebabimanyi nga ate ne Issa gwe baali bananyi ebimukwatako baamukaayanako naye.

Katonda annyonyola nga Ibrahiimu bw'ataali wa mu bo wabula yali akkiriza Katonda Omu, era nga agoberera amateeka ga Katonda — nga Musiraamu.

68. Abafaananako Ibrahiimu be bo abaali abagoberezi be, mu bulamu bwe, mu kukkiriza Katonda n'okugoberera amateeka Ge. Kale mu ngeri y'emu Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'abo

erera (mu bulamu bwe), n'ono Nabbi (Muhammadi) n'abo abakkiriza! Ne Katonda Ye Nnannyini kukuuma bakkiriza.

69. Kyagala ekibiina mu Bannannyini Kitabo singa bababuzizza (mmwe abakkiriza); tebabuza wabula beebuza bokka, naye tebategeera.

70. Lwaki Bannannyini Kitabo muwakanya ebigambo bya Katonda nga nammwe mulaba (nti ge mazima)?

71. Abange Bannannyini Kitabo! Lwaki mutabula amazima n'ebitali bituufu, ne mukweka amazima sso nga nammwe mumanyi?

72. Ne kigamba ekibiina mu Bannannyini Kitabo: Mukkirize ebyo ebissibwa kw'abo abakkiriza (Abasiraamu) mu matandika g'emisana nate mubiwakanye ku nkomerero yaagwo (olw'eggulo); oba olyawo ne baddirira;

اتَّبِعُوا وَهَذَا النَّبِيُّ وَالَّذِينَ  
آمَنُوا وَاللَّهُ وَلِيُّ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٦٩﴾

وَدَّتْ طَافِقَةٌ مِّنْ أَهْلِ الْكِتَابِ  
لَوْ يُضِلُّوكُمْ وَمَا يُضِلُّونَ إِلَّا  
أَنفُسَهُمْ وَمَا يَشْعُرُونَ ﴿٧٠﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَكْفُرُونَ بِآيَاتِ  
اللَّهِ وَأَنْتُمْ تَشْهَدُونَ ﴿٧١﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَلْبِسُونَ الْحَقَّ  
بِالْبَاطِلِ وَتَكْتُمُونَ الْحَقَّ وَأَنْتُمْ  
تَعْلَمُونَ ﴿٧٢﴾

وَقَالَتْ طَافِقَةٌ مِّنْ أَهْلِ الْكِتَابِ  
آمَنُوا بِالَّذِي أُنزِلَ عَلَيْنَا لَكِنَّا  
أَمْنُوا وَجْهَ النَّهَارِ وَكُفِّرُوا  
آخِرًا لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٧٣﴾

abamukkiriza be bateekwa okwebala nga bali ku ddiini ya Ibrahimu. Era Katonda ye Nnannyini w'abo abamukkiriza ne bakkiriza n'ababaka Be.

70. Abayudaaya n'Abakristaayo baayagala okubuzabuza Abasiraamu babaggye ku ddiini yaabwe. Kale Katonda kwe kubabuza lwaki bawakanya Kuraane eyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) gy'azze nayo nga ate bamanyi nti ebigambo ebyo byo by'amazima.

71. Bannannyini Kitabo, Abayudaaya n'Abakristaayo mukweka ebyo ebiri mu bitabo byammwe ebitegeera amazima ga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga nammwe mubimanyi era nga mubitegeera..

72. "Mubikkirizenga kumakya g'olunaku n'oluvannyuma mubiwakanyenga olw'eggulo ku nkomerero y'emisana." Amakulu nti mukkirizenga eddiini y'Abasiraamu ekisera oluvannyuma mugiveemu.

Ekyo Abayudaaya abakungu ne bakabona mu ddiini abaalinga mu Madina baakikolanga balyoke balowoozese Abasiraamu ab'enzikiriza cinnafu nti olaba bano eddiini bagyabulira oba olyawo si ntuufu - kale ezo ze zaali ezimu ku nkwe zaabwe ze baayagalanga okusala okubuza abakkiriza (Abasiraamu) naye tebaasobola.



73. Temukkirizanga wabula oyo agobereddeddiini yammwe — (Ggwe Muhammadi gamba nti): Mazima okulunngama okutuufu kwe kulunngamya kwa Katonda — (mweraliikirira) okuwebwa omuntu yenna okufaanana nga ckyo kyc mwawebwa? Oba nti baliwozaganya nammwe awali Mukama wammwe? Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima obulungi buli mu mikono gya Katonda. Abuwa oyo gw'aba ayagadde: Ne Katonda yeegazaanya (mu kugaba), Omumanyi wa byonna.

وَلَا تُؤْمِنُوا إِلَّا لِمَنْ نَبِيعَ دِينِكُمْ  
قُلْ إِنْ هَدَى اللَّهُ إِيَّاهُ  
يُؤْتِي أَحَدًا مِثْلَ مَا أُوتِيَهُ أَوْ  
يُحَاجُّكُمْ عِنْدَ رَبِّكُمْ وَقُلْ إِنْ  
الْفَضْلَ بِيَدِ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَنْ  
لِيَشَاءَ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٦٧﴾

14. Ayawulira okusaasira K we oyo gw'aba ayagadde; era Katonda ye nnannyini byengera ebitagwaaayo.

يَخْتَصُّ بِرَحْمَتِهِ مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ  
دُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿٦٨﴾

75. Ne mu Bannannyini Kitabo mulimu omuntu, bw'oba nga omwesize ku mmaali endulungu, agikuddiza. Era mu bo mulimu omuntu bw'oba nga omwesize ku dinaari emu, tagikuwa, okuggyako ng'omaze ebbanga (ppanvu) nga omwesibyeko. Ekyo (baki-kola) ku lw'okubanga bo bagamba: Tewali ku ffe kkubo lya kutuukiriza mazima eri abo abatamanyi kusoma. Ne boogera ku Katonda eby'obulimba sso nga nabo bamanyi.

وَمَنْ أَهْلَ الْكِتَابِ مَنْ إِنْ تَأْمَنَهُ  
يَقْتُلْ يُؤَدِّهِ إِلَيْكَ وَمِنْهُمْ مَنْ  
إِنْ تَأْمَنَهُ بِيَدِنَا لَا يُؤَدِّهِ إِلَيْكَ  
إِلَّا مَا دُمَّتْ عَلَيْهِ قَالِمَاءُ ذَلِكَ  
يَأْتُهُمْ قَالُوا لَيْسَ عَلَيْكَ فِي  
الْأُمَمِينَ سَبِيلٌ وَيَقُولُونَ  
عَلَى اللَّهِ الْكُذِبَ وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿٦٩﴾

73. Abayudaaya beekesa bannaabwe obuteesiganga na kwolesa byama byabwe eri kibina (kya ddiini) kirala kyonna wabula oyo agobereddeddiini yaabwe ey'Ekiyudaaya. Mu makulu bo baagambanga abagobererezi baabwe nti temwolesa ebyo ebyama ebiri mu kitabo kyammwe (Taurati) eri Abasiraamu ne bamanya ebikirimu ne basobola okwenkanankana nammwe mu kumanya: kubanga ebyo bye bategedde mu kitabo kyammwe bayinza okubifuula.obujulizi mu maaso ga Katonda wammwe ku mmwe.

74. Katonda yayawulira Nabbi Muhammadi eddaala eryo eritatendeka, bwe yamwawula okusinga Bannabbi bonna n'amuwa amatecka amajjuvu agatali ga kusangulwawo.

75. Mu Bayudaaya n'Abakristaayo mwalingamu, mu biscera bya Nabbi (s.a.w.), abo abeesigwa nga bw'awolebwa ssente ennyingi azisasula mu bwangu ate ne mubaamu n'abakumpanya nga n'obw'omuwola ssente emu tagikuwa wabula oluvannyuma lw'okumupeeka ennyo. Ekyo ekyabatuusa kw'ekyo eky'okulyazaamaanya lwa kubanga, baagambanga nti: "Tetulina kuvunaanibwa mu

76. Wabula (omwagalwa eri Katonda) y'oyo atuukiriza endagaano Ye era n'atya Katonda; mazima Katonda ayagala abamutya.
77. Mazima abo abatunda endagaano za Katonda n'ebirayiro byabwe omuwendo omutono (ogw'ebyokufuna by'ensi), abo tebalina mugabo mu bulamu obw'Oluvannyuma! Era Katonda tagenda kwogera nabo wadde okutunula gye bali ku Lunaku lw'Okuyimirira mu maaso Ge (ku lw'okulamulwa), era tagenda kubatukuza. Era balina ebibonyobonyo ebiruma.
78. Era mazima ddala mulimu mu bo ekibiina ekikyusakyusa Ekitabo n'ennimi zaabwe nga bakisoma, mulyoke mubirowooze nti bivudde mu Kitabo (ebyo bye bagamba), sso nga tebivudde mu Kitabo, era ne bagamba nti: Ebyo byava eri Katonda sso nga tebyava eri Katonda; ne boogera ku Katonda eby'obulimba sso nga nabo bamanyi.
79. Tekyali (kisoboka) ku muntu Katonda okumuwa Ekitabo n'Amateeka n'O-

بَلَىٰ مَن أَوْفَىٰ بِعَهْدِهِ وَأَتَىٰ  
فَإِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَّقِينَ ﴿٦٦﴾  
إِنَّ الَّذِينَ يَشْتَرُونَ بِعَهْدِ  
اللَّهِ وَأَيْمَانِهِمْ ثَمَنًا قَلِيلًا  
أُولَٰئِكَ لَأَخْلَاقُ لَهُمْ فِي  
الْآخِرَةِ وَلَا يَكْتُمُهُمُ اللَّهُ  
وَلَا يَنْظُرُ إِلَيْهِمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ  
وَلَا يُزَكِّيهِمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٦٧﴾  
وَأَنَّ مِنْهُمْ لَفِرْقًا يَلْعَنُونَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا بِالْكِتَابِ لِخُبْرِهِمْ  
وَمَا هُوَ مِنَ الْكِتَابِ وَ  
يَقُولُونَ هُوَ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَمَا هُوَ  
مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَيَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ  
الْكُذِبَ وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿٦٨﴾  
مَا كَانَ لِبَشَرٍ أَنْ يُؤْتِيَهُ اللَّهُ الْكِتَابَ

ddiini yaffe ku lw'okulya emmaali y'abo abatamanyi kusoma. Era ne bagamba nti Katonda yabakiriza okulya emmaali yaabwec; sso nga balimba.

77. Baawanyisa mu ndagaano za Katonda eby'okufuna by'ensi ne bamenya endagaano ze yabalagira okutuukiriza mu bitabo byabwe; era ne balayiranga ebirayiro eby'obulimba.

Abo ab'ekika ekyo Katonda tagenda kubatukuza abaggyeko ebibi byabwe. N'olwekyo omuntu addira endagaano za Katonda ze yamalagira okutuukiriza n'atazituukiriza ku lw'okwagala ebiteebwa by'ensi n'eb'okufuna byayo oyo talina mugabo mu bulamu obw'Oluvannyuma.

78. Mu bannanyini kitabo (Abayudaaya) mulimu abo abanyoolesa ennimi zaabwe nga basoma balyoke balwoozese abatamanyi nti ebyo bye bagamba bivudde mu Kitabo kya Katonda; sso nga bo bennyini bakakisoma bakimanyi nti bye boogera bya bulimba. Era akabi akasinga obunene, ke k'okwonooneka kwa bannaddiini ne batandika okukyusakyusa ebigambo bya Katonda ku lw'eb'yo bye baagala mu bagoberezi baabwe.

79. Ruli Nabbi yenna yakakasanga mu mutima gwe nga bw'ali omuddu wa Katonda era nga

bwannabbi, (ate) oluvannyuma n'agamba abantu nti: Mubeere abaddu bange (abansinza) naye ssi aba Katonda; naye (yandibagambye nti): Mubeere abamusinza oyo Omulezi wa byonna: Ku lw'okubanga mwalinga muyigiriza ekitabo n'olwekyo mumanyi bye mwalinga musoma.

80. Era tabalagira kufuula Bamalaika ne Bannabbi Be bakatonda, bandibalagidde okukaafuwala oluvannyuma lw'okuba mmwe abakkiriza (Abasi-raamu)?

81. Jjukira mu kiseera? Katonda bwe yaggya endagaano ku Bannabbi, (n'abagamba): Mbawadde Ekitabo n'Amateeka. Oluvannyuma bw'abajjira Omubaka akakasa amazima g'ebyo bye mulina mmwe, ddala mumukkirize era mumutaase. N'agamba nti: Mukkirizza ne mutwala mmwe kw'ekyo Endagaano yange enkakafu? Ne bagamba nti: Tukkirizza. N'abagamba nti: Mujulire nange ndi wamu nammwe mu bujulizi.

82. N'omuntu alikyuka oluvannyuma lw'ekyo, nabo bo be boonoonyi.

وَأَحْكَمَ وَالشُّبُوتَةَ ثُمَّ يَقُولُ  
لِلنَّاسِ كُونُوا عِبَادًا لِي مِنْ دُونِ  
اللَّهِ وَلَكِنْ كُونُوا رَبَّانِيِّينَ بِمَا كُنْتُمْ  
تُعْبُدُونَ الْكُتُبَ وَبِمَا كُنْتُمْ تُدْسُونَ

وَأَيَّامَكُمْ أَنْ تَتَّخِذُوا وَالْمَلَائِكَةَ  
وَالنَّبِيِّينَ أَرْبَابًا ط أَيَّامَكُمْ  
بِالْكَفْرِ بَعْدَ إِذْ أَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ٤١

وَإِذْ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ النَّبِيِّينَ  
لَمَا آتَيْتُكُمْ مِنْ كِتَابٍ وَحِكْمَةٍ  
ثُمَّ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مُصَدِّقٌ  
لِمَا مَعَكُمْ لَتُؤْمِنُنَّ بِهِ وَ  
لَتَنْصُرُنَّهُ ط قَالَ أَعْقِرْتُمْ  
أَخْدَ ثُمَّ عَلَى ذَلِكَ إِصْرِي ط قَالَ  
أَقْرَرْنَا قَالَ فَاشْهَدُوا وَأَنَا مَعَكُمْ  
مِنَ الشَّاهِدِينَ ٤٢

فَمَنْ تَوَلَّى بَعْدَ ذَلِكَ فَأُولَئِكَ  
هُمُ الْفَاسِقُونَ ٤٣

Katonda Bw'ali Omu mu Bwakatonda Bwe — oyo yekka atekwa okusinziwa. Ssi kituufu Nabbi yenna kweyita Katonda oba okulagira abantu okumusinza nga bamugatta ku Katonda.

80. Bannabbi tebaalagiranga bantu kusinza kintu kirala kyonna ekitali Katonda, wadde Malaika oba Nabbi, kubanga okusinza ekyo kyonna ekitali Katonda kya mu butakkiriza.

82. Omuntu atatuukiriza ndagaano eyo: N'olwekyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) kyeyava agamba nti: Singa Musa ne Issa baali balamu tebandifunyeewo kadde konna, wabula kugondera na kugoberera mateeka agali mu Kuraane.

83. Eteri Ddiini ya Katonda gye baagala? — nga gy'Ali bagoberera abo abali mu ggulu ne ku nsi, mu kugonda ne mu kukakibwa, ne gy'Ali era gye bagenda okuzibwa.

أَفَغَيْرِ دِينِ اللَّهِ يَبْعُونَ وَلَهُ اسْمٌ  
مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ طَوْعًا  
وَكَرْهًا وَالْيَهُ يَرْجِعُونَ ﴿٨٣﴾

84. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Tukkiriza Katonda n'ebyo ebyassibwa ku ffe (Kuraane) n'ebyo ebyassibwa ku Ibrahiimu ne Ismaili ne Ishaka ne ku Yakubu ne ku Bazzukulu be, era n'ebyo ebyaleeterwa Musa ne Issa ne Bannabbi (abalala bonna) okuva eri Mukama waabwe. Tetwawula wakati w'omu n'omulala mu bo, naffe Gy'ali (Katonda) tuli abagoberezi.

قُلْ أَمَّا يَا اللَّهُ وَمَا أَنْزَلَ  
عَلَيْنَا وَمَا أَنْزَلَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ  
وَإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ  
وَالْأَسْبَاطِ وَمَا أُوتِيَ مُوسَىٰ وَ  
عِيسَىٰ وَالنَّبِيُّونَ مِنْ رَبِّهِمْ  
لَا نَفَرَّقُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْهُمْ  
وَنَحْنُ لَهُ مُسْلِمُونَ ﴿٨٤﴾

85. N'omuntu anoonya obutali Busiraamu okugifuula eddiini, si ya kukkirizibwa kuva gy'ali, naye ku Lunaku lw'Enkomerero aliba wa mu bafaafaaganiddwa.

وَمَنْ يَبْتَغِ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا  
فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ ۗ وَهُوَ فِي  
الْآخِرَةِ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٨٥﴾

86. Ngeri ki Katonda bw'alungamya ekibiina ekyakaafuwala oluvannyuma lw'okukkiriza kwabwe ne bajulira nti ddala Omubaka wa mazima era nga bwabajjira obujulizi obukakafu? Ne Katonda talungamya kibiina kya balyazaamaanyi.

كَيْفَ يَهْدِي اللَّهُ قَوْمًا كَفَرُوا  
بَعْدَ إِيمَانِهِمْ وَشَهِدُوا أَنَّ  
الرَّسُولَ حَقٌّ وَجَاءَهُمُ الْبَيِّنَاتُ  
وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٨٦﴾

83. Eddiini y'Obusiraamu y'ediini ya Katonda gye yatumira eri abantu b'ensi yonna; n'olwekyo y'esaanye okugoberera.

84. Abasiraamu bagamba: Tukkiriza ebyo ebiri mu Kuraane na buli byonna ebyassibwa ku Bannabbi abaava mu zzadde lya Yakubu. Era tukkiriza nti byonna ebyo bannabbi bye bajja nabyo bya mazima era tetubaawulamu bo bannabbi ne tukkirizaako abamu ate ne tulimbisa abalala.

Era tuli bagoberezi b'amateeka ga Katonda ge yawa Bannabbi Be. Buli mukkiriza yenna ow'omu kibiina kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) atekwa okukkiriza Bannabbi bonna n'ebitabo Katonda bye yassa — Tatekwa kuwakanya oba okulimbisa omu ku Bannabbi ba Katonda.

85. Katonda takkiriza ddiini yonna omuntu gy'aba akutte eteri ddiini ya Busiraamu, era ku nkomerero tafifuna mpeera za mirimu gye era taliwona bibonyobonyo bya Katonda

87. Abo empeera yaabwe, mazima kiri ku bo ekikolimo kya Katonda n'ekya Balamaika n'eky'abantu bonna;

أُولَئِكَ جَزَاءُ هُمْ أَنْ عَلَيهِمْ لَعْنَةُ  
اللَّهِ وَالْمَلَائِكَةِ وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ ﴿٨٧﴾

88. Ba kubeera lubeerera mu kyo. Si ba kukendeerezebwa ku bibonyobonyo, wadde tebagenda kulindirizibwako;

خُلِدِينَ فِيهَا أَلْيَقُفُّ عَنْهُمْ  
الْعَذَابَ وَلَا هُمْ يُنظَرُونَ ﴿٨٨﴾

89. Wabula abo abeenenya oluvannyuma lw'ebyo ne balongoosa; mu mazima Katonda Musonyiyi, era Musaasizi.

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ  
وَأَصْحَابُ الْيَمِينِ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٨٩﴾

90. Mazima abo abaakaafuwala oluvannyuma lw'okukkiriza kwabwe, oluvannyuma ne becyongera obukaafiri: Si kwa kukkirizibwa okwenenya kwabwe. N'abo be babuze.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بَعْدَ آيَاتِنَا هُمْ  
ثُمَّ أزدَادُوا الْكُفْرَ الَّذِي تَقَبَّلَ  
تَوْبَتُهُمْ وَأُولَئِكَ هُمُ الضَّالُّونَ ﴿٩٠﴾

91. Mazima abo abakaafuwala ne bafa nga nabo bakaafiri, tagenda kukkirizibwa okuva eri omu ku bo zaabu ajuza ensi, newankubadde nga yandyagadde yeenunule naye. Nabo balina ebibonyobonyo ebiruma era tebalina mutaasa.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَمَاتُوا وَهُمْ  
كُفَّارًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْ أَحَدِهِمْ  
مِلٌّ أَرْضٍ دَهَبًا وَلَا يُؤْتَدَى  
بِهِ أُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ  
وَمَا لَهُمْ مِنْ نُصْرِينَ ﴿٩١﴾

92. Temulifuna bulungi okutuusa lwe munaawangayo (mu kkubo lya Katonda) ebimu mw'ebyo bye mwagala; Buli kintu kyonna kye muwaayo. Mazima Katonda akimanyi.

لَنْ تَنَالُوا الْبِرَّ حَتَّى تُنْفِقُوا مِمَّا  
حُبِبْتُمْ هُوَ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ شَيْءٍ  
فَإِنَّ اللَّهَ بِهِ عَلِيمٌ ﴿٩٢﴾

﴿٩٢﴾

88. Abo abawakanya obubaka bwa Nabbi Muhammadi nga ate baafuna obujulizi obulaga amazima ge si ba kuvaako bikolimo na bibonyobonyo bya Katonda, okuggyako abo bokka abeenenya oluvannyuma lw'okwonoona emirimu gyabwe ne balongoosa.

91. Omuntu afa nga ssi mukkiriza tewali kirungi kye kirikkirizibwa newankubadde nga yawaayo zaabu ajuza ensi nga saddaaka alyoke yeenunule. Era Katonda abantu ab'ekika ekyo tabagya ku bibonyobonyo, wadde omuntu yenna tayinza kubibataasaako.

92. Ku mulembe gwa Nabbi (s.a.w.), eddiini y'Ekiyisiraamu we yajjira Abayudaaya kye baabalinga okuba ekirungi era kisaamu okusinga ebirala byonna y'endabika y'omuntu kungulu —

93. Buli kyakulya kyonna (ekikkirizibwa Abasiraamu) kyali kikkirizibwa ku Baana ba Israeli (Abayudaaya), wabula ebyo Israeli (yennyini — Nabbi Yakubu) bye yaziza ku mwoyo gwe oluberyebere nga tennaba Tauraati kusibwa. Bagambe (Abaisraeli Gwe Muhammadi): Muleete Tauraati mugisome bwe muba nga mwogera mazima.
94. N'oyo anaagunjawo obulimba nga abwesigamiza ku Katonda, oluvannyuma lw'ebyo, n'abo be bo abalyazaamaanyi.
95. Gamba nti: Yayogera mazima Katonda. Kale mugoberere eddiini ya Ibrahiimu (yokka etegatta ku Katonda bintu birala). Ibrahiimu teyali wa mu bagatta Katonda n'ebintu ebirala.
96. Mazima Ennyumba eyasookera ddala okuteerwawo abantu (olw'okusa-

كُلُّ الطَّعَامِ كَانَ حِلالًا لِّيَ  
إِسْرَائِيلَ إِلَّا مَا حَرَّمَ رَبِّي  
عَلَى نَفْسِهِ مِنْ قَبْلِ أَنْ  
تُنزَلَ التَّوْرَةُ طَقُلْ فَأَتُوا  
يَا التَّوْرَةَ فَأَتَوْهَا  
أَنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٩٣﴾

فَمَنْ أَقْتَرَى عَلَى اللَّهِ  
الْكَذِبَ مِنْ بَعْدِ  
ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ  
الظَّالِمُونَ ﴿٩٤﴾

قُلْ صَدَقَ اللَّهُ  
فَاتَّبِعُوا مِلَّةَ  
أَبْرَاهِيمَ حَنِيفًا  
وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٩٥﴾

قُلْ صَدَقَ اللَّهُ فَاتَّبِعُوا مِلَّةَ  
أَبْرَاهِيمَ حَنِيفًا  
وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٩٥﴾

endowooza gye baali baafuna ku bajajjaabwe abaaasookawo mu mpisa yaabwe ey'ekinnansi. Era bo baabalanga n'ekyo amateeka gaabwe ag'obusososo n'obukolomooni obutasaana kye gakkiriza kyokka okuba ekirungi. Sso nga wadde beeyitanga bannaddiini abakuukuutivu, wadde abo abakenkufu mu bo baali balulunkanira eby'obulungi era nga bakodo — nga era tekibalema okukweka amazima oba okugatunda. Kale aya eno kwe kulaga nga Katonda bw'amanyi era bw'asasula empeera za buli kintu omuntu ky'asaddaaka. N'olwekyo bakubirizibwa bawe ku ndowooza enkadde baweeyo ebirungi mu kkubo Lye.

Aya eno bwe yakka Abasiraamu b'oku mulembe ogwo baayanukula ekigambo ekyo, eky'okuwazayo nga baggya mu birungi ebyo bye basinga okwagala, kale baatandika okuwagayo bye baali basinga okwagala okugeza nga: Abu T walhat yawaayo ennimiro ye gye yali asinga okwagala: Umari yafuula essamba ye 'Wakfu' eyamba abeetaavu. N'abalala bangi baawaayo ebyabwe bafune empeera esingira ddala obulungi ey'okuyingira mu Nnyumba Ey'Emirembe (Jjana) ku Nkomerero, kubanga omuntu yenna alabankanyizibwa okwaza ebyokufuna by'ensi ne yeerabira Katonda talifuna mugabwo gwonna mu bulamu obw'oluvannyuma.

93. Aya etegeza nga Katonda bwe yagamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) agambe Abaisraeli basome Taurati bafune obunnyonyofu; balyoke bategeere lwaki ebintu ebimu ebyazizibwa okuliibwa mu Tauraati, Kuraane yo tebiziza — kubanga Jjajjaabwe Yakubu (Israeli) ye yabiziza ku bo okusinzira ku kwagala kwe, sso sibaziyizibwa (Katonda) ku bantu bonna. Aya eno yakka nga eddamu obutategeragana obwajjawo Nabbi (s.a.w.) nga azze ne Kuraane. Abaisraeli bwe baabulwanga ekyokwekwa balyoke bawakanye Kuraane nga basinzira mu Mateka ag'obusososo abasomi baabwe ge beetemera mu ago agali mu Tauraati: Baagamba nti Nabbi (s.a.w.) yakkiriza okulya ebyo ebyali bigaaniddwa okuliibwa mu Tauraati. Awo aya eno kwe kukka.

94. Abalyazaamaanyi be batayoleka mazima nga ate bagamanyi, ne bagunjawo obulimba nga babwesigamiza ku Katonda.

96. Omuzikiti ogwasooka okuzimbibwa mu nsi ku lw'okusinzizaamu Katonda, gwe gwo Omu-

biramu)y'eyo eri e Makka (Al-Kaabat), ey'emikisa era nga kya kulunngama kwa bitonde byonna mu nsi.

97. Mu yo (Al-Kaabat) mulimu obubonero obweyolefu; ne mu bwo mwe muli ekifo kya Ibrahiimu (we yayimiringanga okusaba). Omuntu yenna agiyingira abeera mirembe. Era Katonda akakasa ku bantu bonna okulambula ennyumba eyo. (nga kino kika-kafu) ku muntu aba asobola ekkubo erituuka gy'eri. N'omuntu awakanya (obukakafu bwa Hijja) amanye nti Mazima Katonda mugagga obuteetaaga eri Bitonde Bye.
98. Gamba: Abange Bannannyini kitabo! Lwaki muwakanya Obubonero bwa Katonda nga ne Katonda (Ye Kenyini) Ye mujulizi kw'ebyo bye mukola?
99. Gamba (Ggwe Muhammadi): Abange Bannannyini Kitabo! Lwaki muziyiza okugoberera ekkubo lya Katonda oyo aba akkiriza? Ne mwagala okulifuula (ekukubo) ekkyamu nga nammwe muli abajulizi (abajulira nga bw'ali ku kkubo eggolokofu)? Era Katonda tali mugayaavu kw'ebyo byonna bye mukola.

بِسْمَةِ مَبْرُكًا وَهُدَى الْعَالَمِينَ ﴿٩٧﴾

فِيهِ آيَاتٌ بَيِّنَاتٌ مَّقَامُ إِبْرَاهِيمَ  
وَمَنْ دَخَلَهُ كَانَ آمِنًا وَرَبُّهُ  
عَلَى النَّاسِ حَرِيمٌ الْبَيْتِ مَنِ  
اسْتَطَاعَ إِلَيْهِ سَبِيلًا وَمَنْ  
كَفَرَ فَإِنَّ اللَّهَ غَنِيٌّ عَنِ  
الْعَالَمِينَ ﴿٩٨﴾

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَكْفُرُونَ بِآيَاتِ  
اللَّهِ وَاللَّهُ شَهِيدٌ عَلَى مَا تَعْمَلُونَ ﴿٩٩﴾

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَصَدُّونَ  
عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ مَنْ آمَنَ  
تَبِعُونَهَا عَوجًا وَأَنْتُمْ تَشْهَدُونَ  
وَمَا اللَّهُ بِغَافِلٍ عَمَّا تَصَلُونَ ﴿٩٩﴾

zikiti Ogw'emizizo (Kaaba) ogwo oguli e Makka. Gwassibwawo nga gwa Mikisa era ogujjudde obulungi n'omugaso eri oyo agulambula ku lw'okukola Hijja oba Umura. Era nga y'ensibuko y'okulunngama n'okuwa ekitangaala eri abantu bonna ab'omu nsi kubanga bwe bwolekero bwabwe gye boolekera nga basaala.

97. Ennyinnyonyola ya Aya eno eri nti: Kaaba Nnyumba eyazimbibwawo Nabbi Ibrahiimu ku lw'ekiragiro kya Katonda, era mulimu n'obubonero obukakasa nga bw'ali ye eyagizimba: gamba nga ejjinja lye yayimirako nga agizimba. Ennyumba eyo ya mirembe era omuntu yenna atuuka e Makka mu yo, tatuusibwako kabi konna ku bulamu bwe. Kyakakasibwa ku buli Musiraamu yenna aba yeeyinzizza — n'afuna entanda gy'anaalya amagenda n'amadda n'ekinaamutwala okukola Hijja, gamba nga okuba n'ensimbi ez'olugendo kw'abo ab'ewala oba ensolo ey'okwebagala ku b'okumpi n'e Makka, kika-kafu agende alambule Ennyumba eyo omulundi gumu mu bulamu bwe.

99. Aya eno eraga nga Katonda bwe yagamba Nabbi Muhammadi agambe nga atiisa Bannannyini Kitabo (Tauraati) nti: Katonda alaba byonna bye bakola nga babuzaabuzabakkiriza nga bagenderera okubaggya ku kkubo ettuufu, sso nga nabo bajulizi eri obukakafu bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti Mubaka wa Katonda, era nga n'ebyo ebikakasa ekyo bwe biri mu bitabo byabwe: era Katonda amulagira abatiise ebibonerezo bye ku lw'ebyo bye bakola.



100. Abange mmwe abakkiriza! Bwe muba nga mugondede ekibiina mw'abo abaaweebwa Ekitabo baja kubakyusa oluvannyuma lw'okukiriza kwammwe mubeere abatakkiriza.
101. Era ngeri ki bwe mukaafuwala, sso nga mwe musomerwa ebigambo bya Katonda (ebiri mu Kuraane) era nga ali mu mmwe Omubaka We? Buli muntu ayenyweza ku Katonda, mazima aba alungamizibwa eri ekkubo eggolokofu.
102. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda mu mazima g'okumutya, era temufanga wabula nga muli Basiraamu (aba nnamaddala).
103. Mwenyweze ku Mugwa gwa Katonda (eddiini Ye) mwenna, temwawukana. Era mujjukire ekyengera kya Katonda kye yabagabira mmwe; mu kiseera bwe mwali nga muli balabe n'agatta wakati w'emitima gyammwe ne mukeesa enkya ku lw'Ekyengera Kye nga muli ab'oluganda; ng'ate

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ تَطِيعُوا  
فَرِيقًا مِنَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ  
يُرِيدُوا لَكُمْ بَعْدَ إِيمَانِكُمْ كُفْرًا ۝١٠٠

وَكَيْفَ تَلْفُرُونَ وَأَنْتُمْ تُسَلِّىٰ عَلَيْهِمْ  
آيَاتِ اللَّهِ وَفِيكُمْ رَسُولُهُ وَمَنْ يَعْتَصِمْ  
بِاللَّهِ فَقَدْ هُدِيَ إِلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ۝١٠١

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ حَقَّ  
تَقَاتِهِ وَلَا تَمُوتُنَّ إِلَّا وَأَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ۝١٠٢  
وَأَعْتَصِمُوا بِحَبْلِ اللَّهِ جَمِيعًا وَلَا  
تَفَرَّقُوا سِوَا ذِكْرِ اللَّهِ عَلَيْهِمْ  
إِذْ كُنْتُمْ أَعْدَاءً فَأَلَّفَ بَيْنَ  
قُلُوبِكُمْ فَأَصْبَحْتُمْ بِنِعْمَتِهِ إِخْوَانًا

100. Mu Aya eno Katonda alabula abakkiriza obutawuliriza, n'obutakkiriza kubuzibwabuzibwa Abayudaaya; sikulwa nga babafuula abatakkiriza.

101. Mu Aya eno Katonda yeekesa Abakkiriza (Abasiraamu) okukaafuwala sso nga ate Kuraane yakkira ku bo, era nga n'Omubaka (Nabbi Muhammadi) ali mu bo.

102. Aya eno elagira Abasiraamu batye Katonda nga bw'akakatiwa okutiibwa era bamugondere nga batuukiriza ebyo byonna eddiini by'eragira, sso obutamujjemera; bamujjukire obutamwera bira; bamwebaze obutatoma by'aba abawadde

Era Katonda abalaamira banywerere ku Busiraamu okutuusa okufa. Okufa nga bwe kiri ekintu eky'ewala omuntu ky'atayinza kumanya kiseera mw'anaafiira. Omuntu atekwa buli kiseera abe nga yeekutte ku Busiraamu; singa aba muli nga ayagala afe nga mukiriza. N'okwo kwe kwewaayo n'agoberera amateeka g'eddiini wamu n'okugondera Katonda buli kiseera okutuusa lw'afa.

103. Mu Aya eno Nabbi alabula Abasiraamu nga abagamba beenyweze nga beegasse wamu ku Mugwa gwa Katonda — Nayo y'eddiini y'Obusiraamu, n'amateeka Ge, ne ku kkubo Lye. Okwegatta okwo lwe luganda olunywevu olwa nnamaddala.

Awo awa eky'okulabirako ekyaliwo wakati w'ebika by'Abawarabu ebyali byekutudde kutudemu obubiina bina ne bat'inganga nanga mu kwetirimbula awatali kalwoozo konna ak'obuntu mu mitima gyabwe. Byonna byaggyibwa ku ndebolebo z'okusirikka bonna baggweewo. Obusiraamu bwe bwajja re bubayunga ku luganda olumu. Era waliwo n'eky'okulabirako ky'ebika ebibiri — eky'Aba-ausi n'eky'Abahazaraji, ebyalinga biwalannana, n'okutinnana nga birwanagana mu Madiina nga

mwalinga muli ku lukiribi lw'Eki-nnya ky'omuliro, n'agubawonya. Bwe kityo Katonda abannyonyola Obu-bonero Bwe, oba olyawo ne mulun-gama.

104. Era kiteekwa kibeerewo mu mmwe (Abasiraamu) ekibiina ekinaayitanga (abantu) okujja eri obulungi era nga balagira empisa ennungi, era nga baziyiza ebyagaanibwa abo be bo ab'okulokoka.

105. Temubeereranga ddala ng'abo abeeya-wula ne baawukana oluvannyuma lw'okubajjira Obunnyonyofu. N'abo be balina ebibonyobonyo ebinene,

106. Olunaku lwe galyeruka amaaso (g'aba-mu olw'essanyu) n'ag'abalala ne gaddu-gala (olw'ennaku); naye mazima abo abaddugala amaaso gaabwe, balibu-

وَكُنْتُمْ عَلَىٰ شَفَا حُفْرَةٍ مِّنَ  
النَّارِ فَاذْقُوا كَمَا مِّنْهَا ذُكُورًا لِّبَيْنِ  
اللَّهِ لَكُمْ آيَاتِهِ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿١٠٤﴾

وَلَتَكُنَّ مِّنْكُمْ أُمَّةٌ يَّدْعُونَ  
إِلَى الْحَيْرِ وَيَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ  
وَيَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَأُولَٰئِكَ  
هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٠٥﴾

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ تَفَرَّقُوا وَاخْتَلَفُوا  
مِّنْ بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْبَيِّنَاتُ  
وَأُولَٰئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٠٦﴾  
يَوْمَ تَبْيَضُّ وُجُوهٌ وَتَسْوَدُّ وُجُوهٌ  
فَأَمَّا الَّذِينَ اسْوَدَّتْ وُجُوهُهُمْ

Eddiini y'Obusiraamu tenajja. Naye oluvannyuma ng'Ezze ku lw'oluganda olwajjawo nga bavin-gidde Obusiraamu, Katonda yabawa ekyengeru n'agatta emitima gyabwe ne batabagana n'okwaga-lana mu mwoyo gw'obw'oluganda. Olwo ne bawona okuyingira omuliro, olw'okulung'amizibwa eri Obusiraamu, sso nga baali basembereede okugugwamu ku lw'okusinza balubaale.

104. Abasiraamu balagirwa nga bwe wateekwa okubaawo ekibiina mu bo ekyeteefuteefu era ekisobola okwanninga omulimu ogw'okulung'ama abantu nga kibayita okujja eri obulungi, era nga kibalagira okukola empisa ennungi n'okwekeka empisa embi.

Wadde kyakakatirwa ku buli omu alabye ekibi okukiggyawo mu ngeri yonna gy'aba asobodde; omulimu ogwo ssi mwangu eri buli muntu kyekiva kyetaagisa ekibiina eky'enjawulo, kiyimiru n'obumalirivu wamu n'obumanyirivu nga kyewaddeyo okutuukiriza omulimu ogwo.

Ekibiina ekyo kiteekwa okubeera n'okukkiriza mu Katonda kw'amaanyi, n'okwagalana okw'oluganda okubagatta era bateekwa babeera nga bassa kimu, balyoke basobole okuvvuunuka obuzibu obwo.

105. Mu Aya eno Katonda alabuliramu abagoberezi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) Abasiraamu, obutayawukayawukana mu ddiini kuba tekujja kubasobozesa kulaamiragana mpisa nnungi ne baleka embi. Abatiisa nti singa baneeyawulayawuamu baja kubonerezebwa n'ebibonerezo ebissukirivu mu bulamu obw'oluvannyuma.

Abantu wano aboogerwako nti beeyawulayawula, be bo abajjirwanga ababaka ba Katonda; nga Nabbi (s.a.w.) tanna baawo, — kubanga oluvannyuma lw'okufuna obubaka baawalazanga empaka, ne bageana okukkiriza obubaka obwo.

uzibwa nti: Mwakaafuwala mmwe oluvannyuma lw'obukkiriza bwa-mmwe? Kale mukombe ku bibony-obonyo ku lw'ebyo bye mwalinga muwakanya.

107. Naye mazima abo abaayeruka amaaso gaabwe, baliba mu kusaasirwa kwa Katonda. Bo mu kwo (okusaasira) ba kubeeramu lubeerera.
108. Obwo bwe Bubonero bwa Katonda obukakafu. Tubukusomera ggwe (Muhammadi) n'Amazima. Katonda tayagala kubeera alyazaamaanya bitonde Bye.
109. Era bya Katonda (byonna) ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi; n'eri Katonda y'ezibwa ebigambo byonna.
110. Mwali (mmwe abagobereza ba Muhammadi) ekibiina ekisingayo obulungi ekyagyirwayo abantu (b'ensi yonna). Mulagira empisa ennungi ne mugaana ebyagaanibwa; era ne mukkiriza Katonda. Singa bakkiriza Bannannyini Kitabo, kyandibadde kirungi gye bali. Mulimu mu bo abakkiriza; naye abasinga obungi boonoonyi (bajecemu).

الَّذِينَ كَفَرُوا بَعْدَ إِيمَانِهِمْ فَذُوقُوا  
الْعَذَابَ بِمَا كُنتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿١٠٧﴾

وَأَمَّا الَّذِينَ ابْتَيْضَّتْ وُجُوهُهُمْ فَفِي  
رَحْمَةِ اللَّهِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١٠٨﴾

تِلْكَ آيَاتُ اللَّهِ تَتْلُوهَا عَلَيْكَ الْحَقُّ  
وَمَا لِلَّهِ يَرْئِدُ ظُلْمًا لِلْعَالَمِينَ ﴿١٠٩﴾

وَلِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَإِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ ﴿١١٠﴾

كُنتُمْ خَيْرَ أُمَّةٍ أُخْرِجَتْ لِلنَّاسِ  
تَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَتَنْهَوْنَ  
عَنِ الْمُنْكَرِ وَتُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَلَوْ  
أَمَّنْ أَهْلُ الْكِتَابِ لَكَانَ خَيْرًا  
لَّهُمْ مِنْهُمْ الْمُؤْمِنُونَ وَأَكْثَرُهُمُ  
الْفٰسِقُونَ ﴿١١١﴾

107. Aya eno etegeza nti: Abo abakkiriza ne batuukiriza ebiragiro n'amateeka ga Katonda, ba kubeera ku busaasizi bwa Katonda mu Jjana, mirembe na mirembe, obutavaamu.

108. Mu Aya eno abakkiriza bategeezebwa nga obubonero bwa Katonda (ebiragiro n'amateeka Ge) bwe buli obw'enkukunala, obubasomerwa n'Amazima basobole okulungama. Oluvannyuma buli omu alisasulwa empesa era okusinzira ku mirimu gye yakola owatali kulyazaamaanyizibwa —Bwe giribeera emirungi aligenda mu Jjana bwe giribeera emibi alyokebwa omuliro.

110. Mu Aya eno Katonda agamba Abagoberezi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bwe baali ekibiina ekisinga obulungi n'omugaso okusinga ebibiina ebirala byona, kubanga bakkiriza Katonda Omu yekka era ne balaamiragana empisa ennungi wamu n'okugondera amateeka ga Katonda. Kino kyongerera okukakasibwa n'ebigambo bingi ebyayogerwa Nabbi (s.a.w.). Yababuuliriranga abantu okukola empisa ennungi n'okwewala ebyagaanibwa; era lumu yagamba nti: "Omuntu mu mmwe (Abasiraamu) alabanga ekibi atekwa akiggyewo n'emikono gye bw'aba nga alemeddwa akiggyewo n'olulimi' bwe (akivumirire) era bw'alemwa olwo akitamwenga n'omutima gwe. Oyo nno y'aba alina enzikiriza ennafa.

Yeeyongerera okugamba nti: Singa Bannannyini Kitabo Abayudaaya n'Abakristaayo bakkiriza

111. Tebayinza kubaletera kabi wabula okubanakuwaza kyokka. Era bwe baba babalwanyisizza, bwe babakuba emabega (ne badduka), oluvananyuma ne batataasibwa.

لَنْ يَضُرَّكُمْ وَلَا أَذَىٰ ط وَلَا تَلُوكُمْ يَوْمَ الْآزْدِ بَارِئَةٌ  
ثُمَّ لَا يُضُرُّونَ ﴿١١١﴾

112. Baatekebawako obuswavu n'obunyoomoofu wonna we basangibwa Wabula (bwe baba beekutte) ku mugwa ogwava eri Katonda n'omugwa oguva eri abantu. Ne beereetera obusungu bwa Katonda, ne bassibwako obunaku (n'obuswavu). Ekyo (kyabakolebwa) ku lw'okubanga mazima bo baalinga bawakanya Ebigambo bya Katonda, ne batta Bannabbi mu bitali bya mazima. Ekyo (ne kiba kityo) ku lw'ebyo bye baajeemera ne babeera nga basukka ebikomo by'amateeka (ga Katonda).

ضُرِبَتْ عَلَيْهِمُ الذَّلِيلَةُ آيِنَ مَا  
تَقُولُوا إِلَّا لِحَبْلِ مِنَ اللَّهِ وَحَبْلِ  
مِنَ النَّاسِ وَبَاءَ وَبَغَضِبَ مِنَ  
اللَّهِ وَضُرِبَتْ عَلَيْهِمُ الْمَسْكَنَةُ ط  
ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَانُوا يَكْفُرُونَ بِآيَاتِ  
اللَّهِ وَيَقْتُلُونَ الْأَنْبِيَاءَ بِغَيْرِ حَقِّ ط  
ذَلِكَ بِمَا عَصَوْا وَكَانُوا يَعْتَدُونَ ﴿١١٢﴾

113. Tebali bonna kimu. Mu bannannyini Kitabo mulimu ekibiina (kya bakabona) ekiyimiridde ku kkubo eggolokofu — nga basoma ebigambo bya Katonda mu biseera by'ekiro, nga nabo bavunna (n'okumugulumiza nga basaala).

لَيْسُوا سَوَاءً ط مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ  
أُمَّةٌ قَائِمَةٌ يَتَّبِعُونَ آيَاتِ اللَّهِ  
إِنَاءَ الْقِيلِ وَهُمْ يَحِبُّونَ ﴿١١٣﴾

Nabbi Muhammadi n'obuka bw'azze nabo, ekyo kye kyandibadde ekirungi gye bali ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma.

111. Katonda agumya Abasiraamu ng'abagamba nti abatakkiriza tebalina kabi ke bayinza kubatuusaako singa baba babalwanyisizza, wabula basobola kubanakuwaza bunakuwaza ku lw'okubavuma. Naye bwe baba nga babalwanyisizza baja kuwagulwa babakube amabega nga badduka ne batatuuka ku buwanguzi.

112. Mu Aya eno Katonda ayongerera okutegeeza Abasiraamu nga Abatakkiriza bwe baanyoomoolwa nga bawanguddwa Abasiraamu mu lutalo; wabula bwe baba nga balina Endagaano n'Ekitabo (Tauraati oba Enjiri) ekyava eri Katonda, balekerwe eddembe okusigala ku nzikiriza yaabwe, singa baba bakkiriza okuwanga Abasiraamu omusolo ogw'okubakuuma.

Katonda agamba nti Bannannyini Kitabo beeletera okusunguwalirwa Kwe olw'obujeemu bwabwe n'obwonoonyi, kale kyeyava abawanguza mu lutalo ne bassibwa ku bufuge kubanga baagaana okukkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'Ekitabo kye yajja nakyo — Kuraane. Era battanga ne Bannabbi Be, ne wawakanyanga ebyo bye baja nabyo nga ebyo byonna babikola ku lwa bujcemu bwabwe.

113. Bannannyini Kitabo bonna tebali kimu: Mu bo mulimu abeesimbu abayimiridde ku kugondera n'okugoberera ebragiro bya Katonda n'amateeka Ge, nga bakkiriza r: Nabbi We

114. Bakkiriza Katonda n'Olunaku Lw'e-nkomerero, ne balagira empisa ennungi ne bagaana ebyagaanibwa, ne banguwa mu (kukola) ebirungi: N'abo babalibwa mu balongoofu.

يَوْمُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَ  
يَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَيَنْهَوْنَ  
عَنِ الْمُنْكَرِ وَيُسَارِعُونَ فِي الْخَيْرَاتِ  
وَأُولَئِكَ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿١١٤﴾

115. N'ekyo kye bakola mu bulungi, tebaliryaamaanyizibwa. Ddala Katonda amanyi abamutya.

وَمَا يَفْعَلُوا مِنْ خَيْرٍ فَنُكْفَرُوا  
وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالْمُتَّقِينَ ﴿١١٥﴾

116. Mazima abo abaakaafuwala tegenda kubagasa n'akatono emmaali yaabwe wadde abaana baabwe eri Katonda (ku Lunaku Lw'okulamulwa); nabo be Bannannyini kuyingira Muliro. Bu mu gwo ba kubeeramu bugenderevu na bugenderevu.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ نُغْنِي عَنْهُمْ  
أَمْوَالَهُمْ وَلَا أَوْلَادَهُمْ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا  
وَأُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١١٦﴾

117. Ekifaananyi ky'ebyo bye bawaayo mu bulamu bw'ensi kiringa ekifaananyi kya kikunnguunta alimu omuzira, eyakuba ennimiro y'ekibiina ky'abeeryazaamaanya bokka, n'agizikiriza. Katonda teyabalyazaamaanya naye bo bennyini be beeryazaamaanya bokka.

مَثَلُ مَا يُنْفِقُونَ فِي هَذِهِ الْحَيَاةِ  
الدُّنْيَا كَمَثَلِ رِيحٍ فِيهَا صِرٌّ  
أَصَابَتْ حَرْثَ قَوْمٍ ظَلَمُوا أَنفُسَهُمْ  
فَأَهْلَكَتْهُ وَمَا ظَلَمَهُمُ اللَّهُ  
وَلَكِنِ أَنفُسُهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿١١٧﴾

118. Abange mmwe abakkiriza! Temubafuulanga abawi b'amagezi (bammwe) ne mubuulira ebyama byammwe abatali ba mu mmwe, tebayinza kule-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا  
بَطَانَةَ مَنْ دُونِكُمْ لَا يَأْتُونَكُمْ

Muhammadi (s.a.w.). Era basaala ne bavunna nga bwe basoma Kuraane mu kugulumiza Katonda, ebiseera by'ekiro, (nga basaala Tahajudi).

116. Aya eno etegeza nga Abatakkiriza bw'eteribawonya emmaali yaabwe wadde abaana baabwe, kubagya mu bibonyobonyo bya Katonda mu bulamu obw'oluvannyuma. Bo ba kwokebwa muliro mirembe na mirembe.

117. Katonda ageraageranya Abatakkiriza n'ennimiro ekubiddwa kikunngunta alimu n'omuzira kubanga baamala ebiseera byabwe ne beeryazaamaanya nga balafulbanira eby'obugagga by'okunsi, sso nga tebigenda kubagasa n'akatono mu bulamu obw'oluvannyuma. Era bagenda kusiiirira nga bookebwa omuliro olw'okuwakanva kwabwe ebiragiro n'amateeka Ge.

118. Mu Aya eno Katonda abuulirira wamu n'okulabula Abasiraamu obuteesiga batali ba mu bo,

kayo kubaagaliza kibi; baabaagaliza ekyo ekibazitoowereza (kibazikirize). Mazima bweyoleka nkukunala obukyayi (bwe babalinako) okuva mu bumwa bwabwe, n'ekyo ebifuba byabwe kye bikwese kye kisinga obunene (mu bubi). Mazima tubannyonyodde Obubonero (mu bukakafu) bwe mu-beera nga mugeziwala.

119. Abange mmwe (abakkiriza)! abo mubaagala ate nga bo tebabaagala, ne mukkiriza Ekitabo kyonna. Bwe baba nga babasisinkanye (mmwe Abakkiriza) bagamba nti: Tukkiriza (Omubaka wammwe ne Kuraane yammwe); bwe baba nga beeyawudde, babalumira ebitundu by'ennwe (z'engalo) ku lw'obusungu (bw'obukyayi bwe babalinako). Gamba nti: Muzikirire n'obusungu bwammwe! Mazima Katonda Mumanyi w'ebyo ebiri mu bifuba byammwe.
120. Bwe buba nga bubatuuseeko obulungi kibanyiiza, naye bwe kaba kaba-guddeko akabi, basanyuka ku lw'ekyo. (Kyokka mmwe) bwe muba nga mugumiikiriza ne mutya Katonda teziyinda kubaleetera kabi cnkwe zaabwe mu kintu kyonna. Mazima Katonda yeetoolodde ebyo bye bakola.

خَبَالًا وَذَوَا مَا عَنِتُّمْ قَدْ  
بَدَتِ الْبَغْضَاءُ مِنْ أَفْوَاهِهِمْ  
وَمَا تُخْفِي صُدُورُهُمْ أَكْبَرُ  
قَدْ بَيَّنَّا لَكُمُ الْآيَاتِ إِنْ كُنْتُمْ  
تَعْقِلُونَ ﴿١١٩﴾

هَآئِنْتُمْ أُولَآئِ لِيُحِبُّوهُمُ وَلَا  
يُحِبُّونَكُمْ وَتُؤْمِنُونَ بِالْكِتَابِ  
كَلِمَةً وَإِذْ الْقَوْمُ كَانُوا آمِنًا  
وَإِذَا أَخَاوْا عَصُوا عَلَيْكُمْ الْأَمْرَ  
مِنَ الْغَيْظِ قُلْ مُؤْتُوا عِظَكُمْ  
إِنَّ اللَّهَ عَلَيْهِ يَدَاتِ الصُّدُورِ ﴿١٢٠﴾

إِنْ تَمَسَّكْتُمْ حَسَنَةً سَوْهُمْ ز  
وَإِنْ تُصِبْكُمْ سَيِّئَةٌ يَفْرَحُوا  
بِهَا وَإِنْ تُصِبرُوا وَتَتَّقُوا  
لَا يُضْرِكُمْ كَيْدُ هُمْ شَيْئًا  
﴿١٢١﴾ إِنَّ اللَّهَ بِمَا يَعْمَلُونَ مُحِيطٌ ﴿١٢٢﴾

ng'okubazza mu byama byabwe n'okubeebuzaako nga baagala babawe amagezi, — kubanga babalinako obukyayi bungi obuli mu mitima gyabwe okusinga obwo bwe boolesa. Era bulijjo baba basaba mutuukibweko akabi akabasaanyaawo.

Obubi bwabwe bweyoleka mu bigambo bye bakozesa nga bavumagana Obusiraamu ne Bannan-nyinibwo — era yabakubiriza bagondere era bategeere ebyo ebibannyonyodwa.

119. Katonda ayongerera okulabula Abasiraamu nti: "Mwe mubaagala abo abatakkiriza sso nga bo tebabaagala." Wadde nga mmwe mukkiriza mu Kitabo kyonna (Kuba Kuraane egatta Tauraati. Enjiri. Zabburi ne Kuraane Yo yennyini n'ebirala) ng'ate bo tebakkiriza mu byo byonna. Wabula bwe mubeera nabo bagamba nti bakkiriza sso nga bwe babeera bokka boolesa obulabe bwabwe, n'okubalumira ennwe z'engalo olw'obusungu bwe babalinako ku mitima gyabwe. N'olw'ekyo kyeuwunyisa okulaba nti babakyawa ng'ate mmwe mukkiriza ekibato kyabwe.

121. Era jjukira (ggwe Muhammadi) mu kiseera bwe wakeera ku maliiri okuva mu bantu b'omu maka go olyoke otegeke abakkiriza mu bifo by'okulwana (ku lutalo lw'e Uहुदु): Katonda Awulira era Amanyi byonna.

وَاذْغَدُوْتَمِنْ اَهْلِكَ تَبَوُّؤُ  
الْمُؤْمِنِيْنَ مَقَاعِدَ الْقَتَالِ ط  
وَاللّٰهُ سَمِيْعٌ عَلِيْمٌ ﴿١٢١﴾

122. Jjukira mw'ekyo ekiseera bwe byayagala ebibiina ebibiriri mu mmwe okufootookerera, Katonda ye yali omukuumi wa byombiriri. N'eri Katonda bateeke obwesige Abakkiriza.

اِذْ هَمَّتْ طَّالِفَاتِن مِّنْكُمْ  
اَنْ تَفْسَخْنَ ۗ وَاللّٰهُ وَلِيُّهُمَا ط وَعَلَى  
اللّٰهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُوْنَ ﴿١٢٢﴾

123. Era ddala mazima Katonda yabataasa ku lutalo lw'e Badri nga muli batono nnyo abanyoomebwa. Kale mutye Katonda, oba olyawo ne mwebaza.

وَلَقَدْ نَصَرَكُمُ اللّٰهُ بِدُرِّيْوَا اَنْتُمْ  
اِذْ لَمْ يَكُنْ لَكُمْ قُوَّةٌ فَاَنْقَرَكُمُ  
اللّٰهُ لَعَلَّكُمْ  
تَشْكُرُوْنَ ﴿١٢٣﴾

124. Jjukira mu kiseera bwe wagamba Abakkiriza: Tekubamala okubadduukirira kwa Mukama wammwe n'enkumi essatu (3000) eza bamalaika abasse?

اِذْ تَقُوْلُ لِّلْمُؤْمِنِيْنَ اَلَنْ يَّكْفِيَكُمْ  
اَنْ يَّبِيْدَ كُمْ رَبُّكُمْ بِسَلْطَنَةِ الْاٰفِ  
مِّنَ الْمَلٰٓئِكَةِ مُنْزَلِيْنَ ط ﴿١٢٤﴾

125. Lwaki, nga mubadde mugumiikirizza ne mutya Katonda? Ne babajjira obunnambiro bwabwe obwo (abalabe bammwe), ajja kubadduukirira Mu-

بَلَى ۗ اِنْ تَصْبِرُوْا وَاتَّقُوْا ۗ  
يَاْتِكُمْ مِّنْ فَوْرِهِمْ هٰذَا اَيْدِيْكُمْ

121.. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yakeera nnyo mu matulutulu n'aleka ab'omu maka ge n'agenda okutegeka abakkiriza mu bifo byabwe eby'okwerinda ku lutalo lwe Uहुदु, olwalwanirwa mailo nga ssatu mu mambuka ga Madina, mu mwaka ogw'okusatu nga Nabbi amaze okusengukira e Madina.

122. Ebibiina ebyo ebyali biguddemu enkyukwe ne bititiira bye bya batabani ba Salmat n'aba Haariith.

124. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ajjukiza Abakkiriza nga Katonda bwe yabadduukirira ne Bamalaika enkumi essatu (3000) ku lutalo lw'e Badri; ne balyoka basobola okuwangula abalabe baabwe abaali babasinga emirundi esatu mu bungi. Kale wano abagumya n'essubi nti singa baba bagumiikirizza. Katonda ajja kubataasa mu ngeri y'emu, wadde nga batono nnyo.

125. Mu Aya eno Katonda ategeza abakkiriza, abagoberezi ba Muhammadi (s.a.w.) nti: singa baba abagumiikiriza, ne bamugondera wamu n'okumugulumiza. Ajja kubasindikira Bamalaika enkumi itaano (5000) babayambe basobole okufufuggaza omulabe waabwe eyali abalumbye ne bwe yandibazinduukirizza obunnambiro.

Kino yakibagamba nga abagumya ku lutalo lw'e Uहुदु bwe baali nga bafotookereredde olw'okuya omulabe eyali abasukkiridde obungi okugeraageranya nabo Abakkiriza. Nabbi yabawa



kama wammwe n'enkumi ttaano eza bamalaika abalambiddwa abatendeke.

126. Katonda teyakifuula ekyo, (eky'okubassiza bamalaika) wabula eky'okubasanyusa mmwe, era giryoke emitima gyammwe gitereere. Tekuli okutaasa wabula kuva cri Katonda yekka Ow'ekitiibwa, Omukakasa:
127. (Katonda yabadduukirira) alyoke akutule ekitundu ky'abo A baakaafuwala akizikirize, oba akivuunike kiddeyo nga kiswadde (ku lw'okuwangulwa).
128. Tolina kintu (kyonna kikukwatako Ggwe Muhammadi) mu kusalawo kw'E-kigambo, k'abe (Katonda) nga ayinza okukkiriza okwenenya kwabwe, oba okubabonyabonya; kubanga Mazima bo balyazaamaanyi.
129. Era bya Katonda byonna ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi. Aso-

رَبِّكُمْ بِخَمْسَةِ اَلْاَيِّنِّ مِنَ الْمَلٰٓئِكَةِ  
بِهٖ مَسْوُوْمِيْنَ ﴿١٢٦﴾

وَمَا جَعَلَهُ اللهُ اِلَّا بُشْرٰى لَكُمْ  
وَلِتَطْمَِٔنَّ قُلُوْبُكُمْ بِهٖ وَمَا النَّصْرُ  
اِلَّا مِنْ عِنْدِ اللهِ الْعَزِيْزِ الْحَكِيْمِ ﴿١٢٧﴾

لِيَقْطَعَ طَرَفًا مِّنَ الَّذِيْنَ  
كَفَرُوْا اَوْ يَكْبِتَهُمْ فَيَنْقَلِبُوْا  
خٰٓئِبِيْنَ ﴿١٢٨﴾

لَيْسَ لَكَ مِنَ الْاَمْرِ شَيْْءٌ اَوْ يَتُوبَ  
عَلَيْهِمْ اَوْ يُعَذِّبَهُمْ فَاِنَّهُمْ ظٰلِمُوْنَ ﴿١٢٩﴾

وَلِلّٰهِ مَا فِى السَّمٰوٰتِ وَمَا فِى الرَّضِیِّ

nga eky'okulabirako ky'olutalo lw'e Badri; Katonda mwe yali abayambidde n'okubasindikira Bamalaika abaabasobozesa okuwangula abalabe baabwe abaali bawera olukumi (1000) nga ate bo Abakkiriza baali bikumi bisatu (300) n'okusobamu akatono.

126. Aya eno etegeza nti: okuyambibwa kwa Abakkiriza nga Katonda okubassiza Bamalaika, babasobozese okufufuggaza abalabe baabwe; kwali kwa kubasanyusa na kugumya mitima gyabwe ku lw'obuyinza Bwe — kubanga okutaasa kwa Katonda tekuba lwa nsonga ya bungi oba lwa kuba na byakulwanyisa bwa maanyi; wabula okutaasa Kwe okwa ddala kubaawo na kuyamba kwe Yekka. Sso ssi lwa bungi bwa Bamalaika. N'olwekyo okubayamba n'okubaweereza bamalaika abangi kyali kya kubasanyusa busanyusa na kubagumya

127. Okwo okutaasibwa kw'Abasiraamu mu lutalo lw'e Badri, Katonda yayagala kuzikiriri-zaako abamu ku Bakafiiri olwo bakendeere ku muwendo gwabwe.

N'ekirala kwe kubaswara ne baddayo nga kye baali baluubirira tebakifunye.

128. Nabbi Muhammadi yaliko we yanyigira ennyo ku lutalo lwe Uhudi, n'alyoka asaba nti: Ai Katonda, singa ozikirizza ekibiina kino! Awo aya eno kwe kukka ng'emuddamu n'okutegeza nga okusalawo eri empeera y'omuntu esaanira kw'ekyo ky'aba akoze, bwe kuli ku Katonda Yekka so ssi ku Nabbi Muhammadi, okuggyako mpozzi nga Katonda y'amulagidde.

Katonda Y'alina okulamula buli muntu ebikolwa bye. Singa omuntu yeenenya oluvannyuma lw'okuwakanya, Katonda ayinza okumusonyiwa oba oluusi n'amuboneereza olw'obukafiiri bwe.

Bino byayogerwa nga bikwata ku bakafiiri abaalwanyisa mu kuyigganya abakkiriza ku lutalo lw'e Uhudu; ne boonoona embeera y'ensi olw'okuwakanya amateeka ga Katonda nga balyazaamaanya amazima — Olw'okwagala okulemesa Eddiini ya Katonda, Muhammadi gye yabuulira.

nyiwa oyo gw'aba ayagadde n'abonyabonya oyo gw'aba ayagadde. Ddala Katonda Musonyiyi, Omusaasizi.

130. Abange mmwe abakkiriza! Temulyanga ennyongeza, eyo eyetuuma (obutakoma), (ku mmaali gye muwolaganye). Mutye Katonda mulyoke mulokoke.

131. Era mutye Omuliro ogwo ogwateekerwateekerwa abakaafiri:

132. Era mugondere Katonda n'omubaka We oba olyawo ne musaasirwa.

133. Mweyunire (ng'abali mu mpaka) eri okusonyiyibwa okuva eri Mukama wammwe n'eri Ennyumba Ey'emirembe (Al-Jannat), obugazi bwayo eyenkana nga eggulu n'ensi, eyateekerwateekerwa abatya Katonda;

134. Abo abagaba (nga baggya mw'ebyo Katonda bye yabawa) mu bugagga ne mu bwavu, era abo abagumiikiriza mu busungu (bwabwe), era abo abasonyiwa abantu (nga basobezeddwa); ne Katonda ayagala baloongosa;

135. Era abo bwe baba nga bakoze eby'obuwemu (ebibi ebinene) obanga balya-

يَعْفِرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ ۗ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٢٩﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَأْكُلُوا الرِّبَا أَضْعَافًا مُضَاعَفَةً وَاتَّقُوا اللَّهَ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿١٣٠﴾

وَاتَّقُوا النَّارَ الَّتِي أُعِدَّتْ لِلْكَافِرِينَ ۗ وَأَطِيعُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿١٣١﴾

وَسَارِعُوا إِلَى مَغْفِرَةٍ مِّن رَّبِّكُمْ وَجَنَّةٍ عَرْضُهَا السَّمَوَاتُ وَالْأَرْضُ أُعِدَّتْ لِلْمُتَّقِينَ ﴿١٣٢﴾

الَّذِينَ يُنْفِقُونَ فِي السَّرَّاءِ وَالصَّرَّاءِ وَالْكَاطِمِينَ الْغَيْظَ وَالْعَافِينَ عَنِ النَّاسِ ۗ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٣٣﴾

وَالَّذِينَ إِذَا فَعَلُوا فَاحِشَةً أَوْ

129. Ekyawanguzi abakkiriza balyoke kumpi bazikirire bonna kyasibuka ku kululunkanira byakufuna bya nsi. Kubanga oluvannyuma baalulunkanira eminyago ne beelabira n'eky'okwerinda omulabe, sso nga mu ntandikwa y'olutalo bo Abasiraamu be baali batudde ku nfeete y'omulabe.

N'olw'ekyo, Katonda Omugulumivu ky'ava agaana omuntu okusaba amagoba oba ennyongeza ku maali gy'awoze munne; kubanga omululu gw'okwaza emmaali, y'ensibuko y'ebibi bingi n'ebive ebikolebwa mu nsi.

134. Abantu basaanye bagabe ku bye balina; ka babe nga bali mu kiseera kya bugagga oba kya bwavu, kubanga abo ababa babasabye nabo baba mu buzibu, oba oluusi obusingako ku bwabwe.

Era basaanye okugumiikiriza n'obutayolesa busungu singa baba basunguwaziddwa; okwo nga kw'otadde n'okusonyiwa ababa babasobezza. Abo abatuukiriza cbyo cbyogeddwako be baloongoofu Katonda b'ayagala.

zaamaanizizza emyoyo gyabwe (ne bajemera Katonda), bajjukira Katonda ne beegayirira abasonyiwe ku lw'e-bibi byabwe — (Kubanga bakimanyi nti): tewali asonyiwa bibi wabula Katonda. Ne batalemera kw'ekyo (ekibi) kye bakoze nga nabo bamanyi.

136. Abo balina okusonyiyibwa okuva eri Mukama waabwe, n'Ejjana mwe gikulutira emigga wansi waayo, ba kubeera mu yo lubeerera (si ba kuvaa-mu) era (ekyo) kyengera kya mpeera y'abakozi (b'ebirungi)!

137. Mazima lyayita dda etteeka ku baabasooka. Kale mutambule mu nsi mwelore ngeri ki bwe yali enkomerero y'abaalimbisa (amateeka ga Katonda n'Ababaka Be).

138. Kuno kunnyonyola (okukuukuutivu) eri abantu, era kulunganya na kubuulirira eri abatya Katonda!

139. Temuterebukanga (ne munafuwa) era temunakuwalanga, nga nammwe

ظَلَمُوا أَنفُسَهُمْ ذَكَرُوا اللَّهَ  
فَاسْتَعْفَرُوا وَالذُّبُوبُ لَهُمْ وَمَنْ يَغْفِرُ  
الذُّبُوبَ إِلَّا اللَّهُ تَنَزَّلَتْ لَهُمْ يُصِرُّوا  
عَلَى مَا فَعَلُوا وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿١٣٦﴾

أُولَئِكَ جَزَاءُ هُمْ مَغْفِرَةٌ مِّن  
رَّبِّهِمْ وَجَنَّتْ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا  
الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا وَنَعْمَ  
أَجْرُ الْعَمَلِينَ ﴿١٣٧﴾

قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِكُمْ سُنَنٌ ۖ  
فَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَانظُرُوا  
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكْذِبِينَ ﴿١٣٨﴾

هَذَا بَيَانٌ لِلنَّاسِ وَهُدًى وَ  
مَوْعِظَةٌ لِّلْمُتَّقِينَ ﴿١٣٩﴾

وَلَا تَهِنُوا وَلَا تَحْزَنُوا وَأَنْتُمْ

135. Amakulu ga Aya eno gagamba nti omuntu omulongoofu y'oyo abeera nga bw'akola ekibi n'akimanya, adda mangu eri Katonda n'amwegayirira amusonyiwe.

Aya eno etegeza nti abantu abalongoofu be bo abanguwa okudda eri Katonda ne bamwegayirira okubasonyiwa oluvannyuma lw'okweryazaamaanya nga bamujeemedde: oba oluvannyuma lw'okumanya ebibi bye baba bakoze: gamba nga okwenda. Kale bo tebalemera ku ebyo ebibi bye baba bakoze.

137. Mu Aya eno Abakkiriza bategeezebwa nga etteeka lya Katonda bwe lyayita edda nti abo abalimbisa amateeka Ge ne Bannabbi Be, enkomerero yaabwe kuzikirizibwa.

Ekitundu kino kyakka oluvannyuma lw'olutalo lw'e Uhudu, nga kikwata ku bakkiriza abamu abajemera ebiragiro bya Nabbi (s.a.w.) ne bava mu bifo byabwe mwe yali abatadde okukuuma olw'okululunkanira eminyago, bwe baalaba nga omulabe adduse; n'omulabe ya balabuukirira n'akuba enkyukira n'adda nga ayita we baava n'abava emabega n'abatta mu bungi nga tebannamula-buukirira — Yabattamu abantu nsanvu (70). Katonda awo yali anyigidda abakkiriza olw'okujemera Nabbi, — kale kitegeza nti n'abo ababasooka abattanga wamu n'okulimbisanga Bannabbi, nabo baafuna enkomerero y'emu ey'okuzikirizibwa. Ebyafaayo bingi eby'engeri nga eno bisangibwa

mmwe ba kuba waggulu bwe munaabeera nga muli bakkiriza (abaddala).

140. Bwe biba nga ebiwundu bibakutte (mmwe abakkiriza ku lutalo luno olw'e Uhudu), mazima ebiwundu byakwata ekibiina ky'abalabe bammwe (ku lutalo lw'e Badri) okufaanana nga kino, n'ezo ennaku (ez'engeri eno) tuzecoolooza wakati w'abantu, era Katonda (akola bw'aty) alyoke amanye abo abakkiriza, era ateckewo okuva mu mmwe abajulizi; ne Katonda taya-gala balyazaamaanyi.

141. Era (Katonda yakola atyo) alyoke atukuze abo abakkiriza, era asaanyewo abakafiiri.

142. Nandiki, mulowoozezza nti muliyingira Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe)

الرَّاعُونَ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٣٩﴾  
 إِنْ يَسْأَلُكُمْ قَوْمٌ فَقَدْ مَسَّ  
 الْقَوْمَ قَرْحٌ مِّثْلُهُ وَتِلْكَ  
 الْآيَاتُ لِقَوْمٍ يُكَفِّرُونَ  
 وَلِيَعْلَمَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَيَتَّخِذَ  
 مِنْكُمْ تَمِيمًا وَاللَّهُ لَيُحِبُّ الظَّالِمِينَ ﴿١٤٠﴾  
 وَلِيَمَيِّزَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا  
 وَيَمْحَقَ الْكُفْرَيْنَ ﴿١٤١﴾  
 أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تُدْخَلُوا الْجَنَّةَ

mu Kuraane cy'amazima era ennyonyola ng'ebuulira n'okumatiza abantu akabi akali mu kujee-mera Katonda, kyaddaaki, oba olyawo ne balungama.

139. Aya eno egumya abakkiriza balemenga kuterebuka wadde emmeeme okubebbika singa baba batuukiddwaako akabi; kuba okutaasa kwa Katonda era n'obuwanguzi bwabwe tebibwa wala.

140. Abakkiriza baagambibwa oluvannyuma lw'olutalo lw'e Uhudu nti baleme okunakuwala olw'okuba baali bafunye ebiwundu mu lutalo era n'okuttibwamu bannaabwe ensanvu (70), — tebanakuwala kubanga n'omulabe waabwe naye yali afunye ebiwundu nga bo; ne ku lutalo lw'e Badri naye (Omulabe) yali attiddwamu abantu abenkana nga bo be baali bafiiriddwa.

Katonda agenda awaanyisiganya ennaku nga azetoolooza wakati w'abantu: oluusi abakkiriza n-bawangula ate olulala abakafiiri nabo batyo. Kino Katonda akikola kiryoke kibera eky'okulabirako eri abagumiikiriza nti ebibi n'ebirungi byonna biva wuwe. Era kisobozesa Katonda okumanya abo abannanfuusi abakuba enkyukira nga basanze obuzibu mu kulwana mu kkubo Lye. Abo abawaayo obulamu n'omusaayi gwabwe, ne bafa nga banoonya okusiimibwa Katonda ku lw'okulwanirira okukkiriza Obw'omu Bwe n'omubaka We Muhammadi (s.a.w.), baba bajulizi Be (mu Busiramu).

Kale nno omukkiriza talina kweraliikirira kwonna oba okufiirwa singa alwanirira okusitula eddiini ya Katonda, kubanga bw'awangula kiba kirungi gy'ali, ate nga na bw'attibwa afuna ekifo ekirungi eri Katonda.

141. Katonda tecoolooza ennaku wakati w'abakkiriza n'abatakkiriza asobole okusonyiwa n'okutukuza abamugondera abaggyemu abo abannanfuusi, era alyoke asaanyewo (azikirize) abo abatamugondera. Kale n'olw'ekyo, okuwangula kw'abakafiiri mu ntalo czo kwabanga kugezesa bakkiriza amanye ab'amazima nga baaawuka kw'abo abannanfuusi — kuba oluvannyuma Katonda yatuukirizanga etteeka lye n'ataasa abakkiriza ne bawangula.

Ekyo kiri nti oluusi omuntu yeebala nti muzira, oba mugumiikiriza oba mukkiriza naye akabi bwe kagwawo ne yeesanga nga ssi bw'ali kale awo kimwetaaza okutukuza omwoyo gwe nga alwanirira amazima g'eddiini ye alyoke abeere omukkiriza omutuufu owa nnamaddala.

142. Aya eno eyogera ku lutalo lw'e Uhudu. Abasiraamu baali balowooza nti ba kuyingira Ejjana bafune n'okusiima kwa Katonda olw'okuba bo Basiraamu. Nedda, Katonda yali wa kumala

nga Katonda tannaba kumanya abo abaalwana mu mmwe (mu kkubo Lye), era n'amanya n'abagumiikiriza?

143. Mazima mwali mmwe mwegomba okufa oluberyebereye nga temunnaba kukusanga (mu lutalo). Mazima (kati) mukulabye nga nammwe mutunula (n'amaaso gammwe).

144. Tali Muhammadi (kirala kyonna) wabula mubaka bubaka, mazima baayita oluberyebereye lwe ababaka (bangi abaalwanga ye). Bw'aba nga afudde obanga attiddwa olwo nga mukyukira ku bisinziro byammwe (ne mudda bu bukaafiiri bwe mwalimu edda)? N'omuntu anaakyukira ku bisinziro bye taja kulumya Katonda n'akatonu mu kintu (kyonna), era Katonda wa kusasula abeebaza.

145. Era tegwali omwoyo (omuntu) nga gwa kufa wabula ku lwa buyinza bwa

وَلَمَّا يَعْلَمُ اللَّهُ الَّذِينَ جَاهَدُوا  
مِنْكُمْ وَيَعْلَمَ الضَّالِّينَ ﴿١٤٣﴾

وَلَقَدْ كُنْتُمْ تَمَنَّوْنَ الْمَوْتَ  
مِنْ قَبْلِ أَنْ تَلْقَوْهُ فَقَدْ

رَأَيْتُمُوهُ وَأَنْتُمْ تَنْظُرُونَ ﴿١٤٤﴾

وَمُحَمَّدٌ إِلَّا رَسُولٌ قَدْ خَلَتْ

مِنْ قَبْلِهِ الرُّسُلُ أَفَإِنْ مَاتَ

أَوْ قُتِلَ انْقَلَبْتُمْ عَلَى أَعْقَابِكُمْ

وَمَنْ يَنْقَلِبْ عَلَى عَقْبَيْهِ فَكُنْ يَضْرَبُ

اللَّهُ شَيْئًا وَسَيُجْزَى اللَّهُ الشَّاكِرِينَ ﴿١٤٥﴾

وَمَا كَانَ لِنَفْسٍ أَنْ تَمُوتَ إِلَّا

kubagezesa, abaletere obuzibu obw'okulwana mu lutalo olwo, awo alyoke alabe abanaalwana n'amazima abo abagumiikiriza mu bo, oluvannyuma asasule empeera ya buli omu n'okubayingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe).

143. Aya eno eraga nga Abasiraamu bwe beesunga okwambalagana n'omulabe waabwe n'obuvumu olutalo lw'e Uhudi nga telunnagawo; era baalagaanyisa okugumiikiriza mu buzibu bwe banaasanga mu kulwana. Naye olutalo bwe lwatuuka, ne balaba ebituusa ku kufa — gamba nga okwetala nga beetegeka, ebitala okusowolwayo n'amafumu okuyitinnanga, abamu mu bo baatiitiira n'abalala ne badduka.

144. Mu lutalo lw'e Uhudi, Nabbi (s.a.w.) yatuukibwako olubale olw'amaanyi omulabe bwe yabalabuukirira Abasiraamu n'akuba enkyukira n'abazinda nga tebategedde n'abatirimbula nga ayitira ku lusozi, mu bifo ebyo ebyali byabuliddwa abakumi baabyo (Abasiraamu) abaali mu kululunkanira eminyago. Nabbi nga afunye ebiwundu ebyo, Sitaane yalangirira nti atiddwa, abantu bonna ne bagwamu enkyukwe era bangi ne balekayo n'okulwana.

Katonda kwe kubagamba nti: "Okufaananako nga ababaka abalala abaliwo oluberebereye lwe, Muhammadi (s.a.w.) naye mubaka bubaka, era ajja kufa nga bo; wabula eddiini gye yaleeta esigalewo kubanga Ye Katonda tafa era tavaawo. Bw'aba Nabbi afudde oba attiddwa, (mmwe abakkiriza) temusaana kudda mabega wabula mugende mu maaso n'okulwanirira obubaka bwe yajja nabwo n'enzikiriza gye yabatuusaako."

Akabi kali ku oyo akyukira n'ava mu Busiraamu olw'okuba Nabbi afudde wabula ekyo eky'okuva mu ddiini tekirina kye kikosa Katonda. Katonda asasula empeera abo abamwebaza, abamugondera era n'abalwanirira eddiini Ye.

145. Aya eno ennyonyola nga omuntu yenna bw'afa olw'okusiima kwa Katonda n'obuyinza Bwe; era afa ng'amazeeyo ebbanga lye Katonda lye yamugerera. Kale omuntu nga ategedde

Katonda, olw'ekiwandiiiko ekyagererwa ekiscera kyagwo. N'oyo ayagala empeera y'ensi, tumuwaako mu yo; n'oyo ayagala empeera ey'enkomerero, tuligimuwa mu yo. Era tugenda kusasula abeebaza.

146. Bameka mu Bannabbi (okufaanana nga Muhammadi) abaalwananga awamu n'ebibinja by'abakkiriza ebine ebingi? Ne batafootookerera ku lw'ebyo ebizibu ebyabatuukako mu kkubo lya Katonda, era ne batanafuwa wadde ne bataanika (eri mulabe). Ne Katonda ayagala (abo abavumu) abagumiikiriza.
147. Tekyalinga ekigambo kyabwe (abo abakkiriza) wabula baagambanga (nga

يَا ذِينَ اللَّهِ كِتَابًا مَّوَجَّلًا وَمَنْ  
يُردُّ ثَوَابَ الدُّنْيَا نُؤْتِيهِ مِنْهَا  
وَمَنْ يُردُّ ثَوَابَ الْآخِرَةِ نُؤْتِيهِ  
مِنْهَا وَسَجَّزَى الشَّاكِرِينَ ﴿١٧٥﴾  
وَكَأَيِّن مِّن نَّبِيٍّ قُتِلَ مَعَهُ  
رَبِّيُونَ كَثِيرٌ مَّا وَهَنُوا لِمَا  
أَصَابَهُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَمَا ضَعُفُوا  
وَمَا اسْتَكْبَرُوا وَاللَّهُ يُحِبُّ الصَّابِرِينَ ﴿١٧٦﴾  
وَمَا كَانَ قَوْلَهُمْ إِلَّا أَن قَالُوا

ng'obuwangaazi bwe bwawandiikiwa, era nga tebukendezebwako wadde okwongerwako, tasaanye kutya oba kutiitira wadde okululunkanira obuwangaazi wabula asaanye abe muzira, anywere mu maaso g'omulabe kuba ekyo tekisembeza kufa kwe. N'olwekyo abo abadduka okuva mu bifo bye baali bakuuma mu lutalo lw'e Uhudu olw'okululunkanira eminyago, wadde ka babe nga bandifunyeeyo, — naye katono bazikirire bonna wamu n'ekibinja kyabwe kyonna, olw'ebyokufuna by'oku nsi.

Wabula abo abaalwanyisa obuvumu ne bagumiikiriza baafuna empeera ya buliwo. Baba kufa baalifunye ekitiibwa ky'okubeera abajulizi olw'okufiirira eddiini. Ate olw'obutafa baafuuka abazira ab'ebitiibwa ku nsi, ate ne mu bulamu obw'oluvannyuma nayo ne bayingira Ejjana — okufuna kwandibabeeredde kwa mirundi ebiri.

Kale omuntu alina okugeraageranya asalewo kiki ky'aba akufembeza: oba kukulembeza na kukolerera bulamu bwa ku nsi obw'ekiscera obuseera oba obw'oluvannyuma obutali bwa kugwaawo. Omuntu akolerera obulamu obw'oku nsi bwokka Katonda amuwa empeera ya nsi yokka n'ataba na mugabo mu bulamu obw'oluvannyuma, n'oyo akolerera obw'oluvannyuma: oyo afuna empeera y'obulamu obwo n'ey'obulamu bw'oku nsi.

Nga bwe kitegerekeka nga obulamu bwe buli bwa mirundi ebiri omuntu ayagala obwo obw'ensi bwokka, obulamu bwe bufaanana n'obwebisolo n'ebiwuka oluvannyuma afa ebbanga lye bwe liggwaako eryamugererwa. Wabula oyo ayagala obulamu bw'oluvannyuma, obulamu bwe bukirako obw'omuntu Katonda gwe yawa ekitiibwa n'amusukkulumya ku bitonde byonna, n'amuteekerateekera obulamu obwa waggulu obutaggwaawo, obwo obwesiimisa nga obw'oku nsi obw'ekiscera obuseera buweddeko — obwo bwe bulamu bw'Ejjana.

146. Aya eno etegeza nga Bannabbi bwe bali abangi abaalwana awamu n'ebibinja by'abagoberezi baabwe ne bafuna n'obulabe. Kyokka tebagonderanga wadde okutya oba okwanguyira omulabe waabwe, ne bwe baatuukibwangaako ebiwundu olw'okufumitwa oba bannaabwe okutibwa, tebadiriranga wabula baagendanga mu maaso n'okwerwanako.

Kale omukiriza tasaanye kunafuwa na kuddirira mu maaso g'omulabe, ekyo kiryoke kimusobozese okulwanirira obukkiriza bwe n'eddiini ye.

basaba Katonda) nti: Mukama waffe!  
Tusonyiwe ebibi byaffe, n'okuyitiriza kwaffe mu kigambo kyaffe era onyweze ebigere byaffe, era otutaase ku kibiina ky'abakaafiiri.

148. N'abawa Katonda empeera z'oku nsi era n'abalongooseza empeera (esingako obulungi) ey'enkomerero. Ne Katonda ayagala balongoosa.

149. Abange mmwe (abakkiriza)! Bwe munaaba nga mugondede abo abakaafuwala, bajja kubakyusiza ku bisinziro byammwe (mudde mu bukaafiiri bwe mwalimu), mukyuke nga mufaafaaganiddwa.

150. Wabula Katonda ye mukuumi wammwe naye Ye mulungi (ennyoy) okusinga abataasa bonna.

151. Tulisuuula okutya mu mitima gy'abo abakaafuwala, ku lw'ebyo ebintu ebirala bye baagatta ku Katonda, ekyo (ekikolwa) ekitakkako bujulizi Bwe. N'obuddo bwabwe Muliro, n'ekisinga obubi ky'ekifo ky'abalyazaamaanyi!

152. Mazima Katonda yakakasa okutuukiriza kw'endagaano Ye (ey'okuba-

رَبَّنَا اغْفِرْ لَنَا ذُنُوبَنَا وَإِسْرَافَنَا  
فِي أَمْرِنَا وَثَبِّتْ أَقْدَامَنَا وَانصُرْنَا  
عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿١٤٥﴾

فَاتَهُمُ اللَّهُ ثَوَابَ الدُّنْيَا وَ  
حَسَنَ ثَوَابِ الْآخِرَةِ ۗ وَاللَّهُ  
يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٤٦﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَنْ نُطِيعُوا  
الَّذِينَ كَفَرُوا وَايُرْثُوكُمْ عَلَى  
أَعْقَابِكُمْ فَتَنْقَلِبُوا خَاسِرِينَ ﴿١٤٧﴾

بَلِ اللَّهُ مَوْلَاكُمْ ۗ وَهُوَ  
خَيْرُ النَّاصِرِينَ ﴿١٤٨﴾

سَنُلْقِي فِي قُلُوبِ الَّذِينَ كَفَرُوا  
الرُّعُوبَ بِمَا أَشْرَكُوا بِاللَّهِ مَا لَمْ  
يُنزَلْ بِهِ سُلْطَانٌ ۗ وَمَا وَهُمْ  
بِالنَّارِ وَبِئْسَ مَثْوَى الظَّالِمِينَ ﴿١٤٩﴾  
وَلَقَدْ صَدَقَكُمُ اللَّهُ وَعْدَهُ إِذْ

149. Mu Aya eno abakkiriza balabulwa nti singa bawuliriza ne bagondera abo Abatakkiriza. bajja kubakyusa babagye ku ddiini yaabwe nabo baddeyo mu bukaafiiri.

150. Awali Katonda wokka we wanoonyezebwa okukuumiwa n'okutaasibwa; era Katonda yasinga obulungi mu bataasa bonna kubanga ataasa abaddu Be Abakkiriza n'abasobozesa okuwangula abalabe baabwe.

151. Abakaafiiri ba kusuulibwa mu muliro basirikke olw'okugatta ku Katonda ebintu ebirala. nga ebifaananyi bye baakolanga n'emikono gyabwe; ne babisinza sso nga ate tebiririko bujulizi bwa Katonda bulaga nti byabakakasibwako okusinza.

152. Aya eno etegeza nga Katonda bwe yali atuukiriza endagaano ye, ku lutalo lwe e Uhudi. ey'okudduukirira Abasiraamu ne bawangula abalabe baabwe. Kino yakituukiriza mu matandikwa



taasa mmwe Abakkiriza) mu (ntandikwa y'olutalo) mu kiseera bwe mwali nga mubatirimbula ku lw'okukkiriza Kwe, okutuusa (ekiseera) lwe mwafotookerera ne mukaayana mu kigambo (ebiragi) ne mujeema, oluvannyuma lw'okubalaga ekyo kye mwagala (eminyago n'obuwanguzi bwe mwali mufunye). Mulimu mu mmwe oyo ayagala ensi, ate mulimu mu mmwe oyo ayagala enkomerero. Bwe yamala (Katonda) n'abakyusa mmwe ku bo alyoke abagezeze. Kyokka (oluvannyuma) mazima yabasonyiwa. Ne Katonda Ye nnannyini kisa ku bakkiriza.

153. (Mujjukire) mu kiseera bwe mwalinyalinnya (olusozi) nga temukyukira (kuwuliriza) eri muntu n'omu, (olwo) n'Omubaka nga abakoowoola emabega wammwe (muddeyo mulwane). (Awo Katonda) n'abasasula okweraliikirira ku kweraliikirira, mulyoke muleme okunakuwala ku lw'ebyo ebi-

تَحْسَبُوهُمْ بِأَذْنِهِ حَتَّىٰ إِذْ أَنْفَلْتُمْ  
وَتَنَازَعْتُمْ فِي الْأَمْرِ وَعَصَيْتُمْ  
مِّنْ بَعْدِ مَا أَرْبَبْتُمْ فَاذْحَبُونَ  
مِنْكُمْ مَّنْ يُرِيدُ الدُّنْيَا وَ  
مِنْكُمْ مَّنْ يُرِيدُ الْآخِرَةَ  
ثُمَّ صَرَّفَكُمْ عَنْهُمْ لِيَبْتَلِيَكُمْ  
وَلَقَدْ عَفَا عَنْكُمْ وَاللَّهُ ذُو  
فَضْلٍ عَلَىٰ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٥٣﴾

إِذْ تُصْعِدُونَ وَلَا تَلُونَ عَلَىٰ  
أَحَدٍ وَالرَّسُولُ يَدْعُكُمْ  
فِي أُخْرَاكُمْ فَأَتَابَكُمْ عَمَّا  
بِعَمِّ لَكُمْ لِيَتَّخِرْنَا عَلَىٰ مَا

g'olutalo, Abasiraamu mwe baatirimbula abalabe baabwe kumpi katono babasaanyeewo. wabula ate oluvannyuma baaterebuka ne batakkaanya na biragiro byabaweebwa Nabbi (s.a.w.) eby'obutava ku nsozi mu bifo bye yali abataddemu n'abakuutira obutabivaamu wadde ka babe Abasiraamu nga bawangudde omulabe oba nga bawangudda. Ekiragiro kino kyali kya butasobozesa mulabe kulumba Bakkiriza nga ayaita ku nsozi.

Abamu ku bakuumi abo abaali ku nsozi bwe baalaba nga omulabe atandise okudduka ne bafuna okululunkanira ebisuuziddwa abalabe, awo ne bajeemera ekiragiro kya Nabbi ne bava mu bifo bye bakuumu, balyoke basobole okununggaanya eminyago. Omulabe yabalabuukirira, bwe yalaba olusozi lusigadde lwereere n'akuba enkyukira ng'ayitira ku nsozi n'atta abaali basigaddeko (Abasiraamu) nga abafulumu emabega. Olutalo lwaddamu buto okunyiinyintira okutuusa Abasiraamu lwe badduka.

Oluvannyuma lw'eky'okulabirako mu lutalo olwo, Katonda kwe kwogera nga ategezeza abakkiriza nga mu bo bwe mulimu abalafubanira obulamu bw'ensi: ng'abo abaava mu bifo bye baali bakuumu ne balagajjalira omulabe olw'okululunkanira eby'okufuna (eminyago) mu lutalo; ate ne mubaamu abo abakolerera obulamu obw'oluvannyuma n'empeera zaabwo; be bo abasigala ku kugondera ekiragiro kya Nabbi. Wabula olw'obusaasizi bwa Katonda eri abakkiriza, yabasonyiwa ekisoboye kye baakola eky'okujeeemera ekiragiro kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

153. Mu aya eno Katonda ajjukiza nga Abasiraamu bwe baatiitira ne badduka nga balinnyalinnya olusozi Uhudu ate abalala nga boolekedde ekibuga Madina mu lutalo lw'e Uhudu. Baddukanga obutalaba nnyuma wadde okutunuulira eri omuntu yenna; oba okumuwuliza; sso nga mu kiseera kye kimu, Nabbi (s.a.w.) gwe baali balekeredde nga asigadde emabega n'abakkiriza abatono ennyo,

basubye era ne ku lw'ebyo eibatuu-seeko. Era Katonda Amanyi ebyama by'ebyo bye mukola.

154. Bwe yamala n'assa ku mmwe oluvannyuma lw'okweraliikirira eddembe ly'okusumagira okwabikka ekibiina mu mmwe, n'ekibiina ekirala, mazima gyali gyeraliikiridde emyoyo gyabwe nga balwooza ku Katonda ebitali bya mazima, okulowooza okw'ekisiru. Nga bagamba (Muhammadi) nti: Abaffe tulina (okusalawo) mu kigambo ekintu (kyonna)? Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima ekigambo kyonna kya Katonda. Nga bakweka mu myoyo gyabwe abo abannanfuusi ebyo bye batayolesa gy'oli, bagamba nti: Singa tubadde tulina mu kusalawo kw'ekigambo ekintu (kyonna) tetwanditiddwa wano. Bagambe nti: Ne bwe mwandibadde mu mayumba gammwe, bandyeyolese abo abaaawandiikirwa okuttibwa (olwa leero; ne bagenda) eri obugalamiro bwabwe. Era Katonda (akoze

فَاتَكُمُ وَلَا مَا آصَابَكُمْ وَاللَّهُ  
خَيْرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿٥٥﴾  
ثُمَّ أَنْزَلَ عَلَيْكُمْ مِنْ بَعْدِ  
الْعَمْرِ أَمْنَةً نَحَاسًا يَغْشَى  
طَائِفَةً مِنْكُمْ لَطِيفَةٌ قَدْ  
أَهْتَبْتُمْ أَنْفُسَهُمْ يَظُنُّونَ  
بِاللَّهِ غَيْرَ الْحَقِّ ظَنَّ الْجَاهِلِيَّةِ  
يَقُولُونَ هَلْ لَنَا مِنَ الْأَمْرِ  
مِنْ شَيْءٍ قُلْ إِنْ الْأَمْرُ كُلُّهُ  
لِلَّهِ يُخْفُونَ فِي أَنْفُسِهِمْ مَا  
لَا يَبْدُونَ لَكَ يَقُولُونَ لَوْ  
كَانَ لَنَا مِنَ الْأَمْرِ شَيْءٌ نَأْتِلْنَا  
هُمَّنَا قُلْ لَوْ كُنْتُمْ فِي بُيُوتِكُمْ

yali abakoowoola, eno bw'abakubiriza balembe kudduka baddeyo mu lutalo. Yabagambanga bw'ati: "Mujje gyendi abaddu ba Katonda."

Omulabe okusobola okuwangula Abasiraamu kyava ku bo kumulagajjalira ne badda mu kululunkanira eminyago; kale bwe yakuba enkyukira n'abawangula (Abasiraamu) ne basubwa eminyago, era ne bafuna ebiwundu wamu n'okuttibwamu bannaabwe; ekintu ekyabanakuwaza ennyo. Singa tebwali buvumu na buzira bwa Nabbi, mu keegungo akagawo ng'awo omulabe abalwanyisa okuva emabega waabwe ne mu maaso, Abakkiriza bonna banditirimbuddwa. Kale Katonda kyeyava abasasula olw'ekibi kyabwe, nga abongera okwennyamira ku kwennyamira. Ekyasooka okubennyamira, kwe kuwangulwa n'okusubwa eminyago owamu n'okuttibwamu bannaabwe. Eky'okubiri, kwe kweraliikirira nti Nabbi (s.a.w.) waabwe yali attidwa.

154. Oluvannyuma nga abalabe bamaze okula buukirira n'okutirimbula Abasiraamu, abamu ku Bakkiriza baalwanyisa obuvumu n'obuzira bungi ddala obwasobozesa n'omulabe okuddirira n'ad-duka olutalo ne lusiriikirira. Abo abaalwanyisa obuvumu Katonda yabasasula okutebenkeza emitima gyabwe n'okusumagira. Olwo okweraliikirira ne kuva mu myoyo gyabwe.

Abo abaali badduse emitima gyabwe ne gyeraliikirira, balowooza n'ebibi eby'ekisiru ku Katonda. Beebuza n'ensonga ebalwanyisa, eyo ebattisa. Katonda yabaddamu n'abagamba nti: "Ne bwe mwandisigadde mu mayumba gammwe ne mutagenda mu lutalo era abo abaagererwa okuttibwa mu kiseera ekyo bandigenze ne bafiira mu buttiro bwe yabagerera okufiiramu." Kino kyandibadde kityo kubanga entuuko y'okufa ngere era n'ebbanga ly'obulamula lyawandiikwa dda era

atyo) alyoke agezese ebyo ebiri mu bifuba byammwe era alyoke atukuze ebyo ebibadde mu mitima gyammwe. Ne Katonda Amanyi ebyo ebiri mu bifuba (by'abantu).

155. Mazima abo **abaakyuka** mu mmwe (ne badduka) olunaku lwe byasisinkana ebibiina **ebibiri** eby'abalwanyi (ku lutalo lw'e Uhudu) mazima eyabaseereza ye sitaane ku lw'ebimu ebyo (ebibi) bye baakola. Naye mazima Katonda yabasonyiwa. Ddala Katonda Musonyiyi, wa Kisa.
156. Abange mmwe abakkiriza! Temubeeranga ng'abo abaakaafuwala ne bagamba baganda baabwe bwe baba nga batambudde mu nsi obanga babadde abatabaazi (ne bafiirayo): Singa baabadde (wano) we tuli tebandifudde oba tebandittiddwa; (Katonda yabateekamu ekirowoozo ekyo) alyoke afuule ekyo okwejjusa mu mitima gyabwe. Ne Katonda y'awa obulam era y'atta; era Katonda alaba byonna bye mukola.
157. Naye bwe muba nga muttiddwa mu kkubo lya Katonda oba mufudde (ku lutalo — temulina kye muba mufiiriddwa), kubanga okusonyiwa n'okusaaasira okuva eri Katonda kwe kulungi okusinga ebyo byonna bye bakunganya.

لَبَّرَ الَّذِينَ كَتَبَ عَلَيْهِمُ الْقَتْلَ  
إِلَىٰ مَضَاجِعِهِمْ وَلِيَبْتَلِيَ اللَّهُ  
مَا فِي صُدُورِكُمْ وَلِيُمَحَّصَ مَا فِي  
قُلُوبِكُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٥٦﴾  
إِنَّ الَّذِينَ تَوَلَّوْا مِنْكُمْ يَوْمَ الْتَقَى  
الْجَمْعُ إِنَّ الشَّيْطَانَ لَهُمُ الشَّيْطَانُ  
بِبَعْضِ مَا كَسَبُوا وَلَقَدْ عَفَا اللَّهُ  
عَنْهُمْ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ حَلِيمٌ ﴿٥٧﴾  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَكُونُوا  
كَالَّذِينَ كَفَرُوا وَقَالُوا لِإِخْوَانِهِمْ  
إِذَا ضَرَبُوا فِي الْأَرْضِ أَوْ كَانُوا  
غُرًى لَوْ كَانُوا عِنْدَنَا مَا مَاتُوا وَمَاتُوا  
لِيَجْعَلَ اللَّهُ ذَلِكَ حَسْرَةً فِي  
قُلُوبِهِمْ وَاللَّهُ يُخَيِّ وَيُمِيتُ  
وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٥٨﴾  
وَلَمَّا قُتِلْتُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ  
أَوْ مِتُّمْ لَمَغْفِرَةً مِّنَ اللَّهِ وَ  
رَحْمَةً خَيْرٌ مِّمَّا يَجْمَعُونَ ﴿٥٩﴾

terikyusibwa kwongezebwa mu maaso oba okusembezebwa. Ebyo byonna byabatuuka ko Katonda alyoke agezese ebiheekwese mu bifuba byabwe olwo asobole okwawula omubi ku mulungi, era omukkiriza ow'amazima n'omunnaanfuusi olwo nga bamaze okweyoleka oluvannyuma Katonda atukuze ebibabadde ku mitima gyabwe.

156. Tekisaanye kwejjusa nga abatakkiriza abagamba baganda baabwe bwe ba bafiiridde mu

158. Singa (muba) mufudde oba muttid-dwa (byonna kye kimu, kubanga mwe-  
nna) eri Katonda gye mulikunngaa-  
nyizibwa.
159. Ne, ku lw'okusaasira okwava eri  
Katonda wabagondera (Ggwe Muha-  
mmadi), naye singa wali ow'ebboggo  
omukakanyavu w'omutima (n'empisa  
embi) bandikuluumulukuse okuva mu  
mabbaligo (bandikudduseeko bonna).  
Kale basonyiwe obeegayiririre Kato-  
nda abasonyiwe era obeebuuzengako  
mu kigambo. Era bw'obanga omali-  
ridde (okukola ekintu kyonna) wee-  
sige Katonda. Mazima Katonda aya-  
gala abamwesiga.
160. Bw'aba nga Katonda abataasiza  
tewali ayinza kubasinga (kubawan-  
gula), era bw'aba nga abaabulidde  
ate ani oyo ayinza okubataasa olu-  
vannyuma Lwe? Abakkiriza batekwa  
beesige Katonda.
161. Tekisoboka ku Nabbi yenna oku-  
kumpanya (eminyago). N'omuntu aku-

وَلَيْنَ مُسْتَمِرًّا أَوْ قَبِلْتُمْ لِيَالِي  
اللَّهِ تَحْشُرُونَ ﴿١٥٨﴾

فِيمَا رَحِمْتَهُ مِنَ اللَّهِ لَيْتَ لَهُمْ  
وَلَوْ كُنْتَ قَطًّا عَلِيظَ الْقَلْبِ  
لَا نَفْضُوا مِنْ حَوْلِكَ مَفَاعَتُ  
عَنْهُمْ وَاسْتَغْفَرُ لَهُمْ وَشَاوَرُهُمْ  
فِي الْأَمْرِ فَإِذَا عَزَمْتَ فَتَوَكَّلْ عَلَى  
اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَوَكِّلِينَ ﴿١٥٩﴾

إِنْ يَنْصُرْكُمْ اللَّهُ فَلَا غَالِبَ لَكُمْ  
وَإِنْ يَخْذُلْكُمْ فَمَنْ ذَا الَّذِي يَنْصُرُكُمْ  
مِنْ بَعْدِهِ وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٦٠﴾

وَمَا كَانَ لِنَبِيِّ أَنْ يُعْلَظَ وَمَنْ

ntalo oba ku ngendo nti singa baasigadde naffe tebandifudde oba tebandiddwa, kubanga Katonda  
Y'awa era y'aggyawo obulamu bw'eba entuuko y'okufa etuuse.

158. Eri Katonda y'ekunngaanizibwa buli kitonde kyonna alyoke asasule buli kimu empeera  
yaakyo.

159. Aya eno ennyonyola nga eyogera ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.), nti olw'obusaasizi bwa  
Katonda yagondera Abakkiriza.

Nabbi (s.a.w.) yali mugumiikiriza era omukwatampola atakambuwalira bantu ku lw'okusaasira  
n'okulunngama kwa Katonda. Wadde ne ku lutalo lw'e Uहुदु oluvannyuma lw'okujeemera  
ekiragiro kye n'okuddukibwako n'alekebwa emabega, teyakaayukira bakkiriza wabula yabayitanga  
n'Obukwatampola bw'abagamba nti "Mujje gyendi abaddu ba Katonda."

Abeera kuba ow'empisa embi, eboggo n'omutima omukakanyavu, bandimudduseeko ne bamwa-  
bulira bonna ku lutalo lw'e Uहुदु. Kale Nabbi (s.a.w.) agambibwa abasonyiwe ebisobyo byabwe,  
abeebuuzengako ku nsonga eziba ziguddewo, ateeseganye nabo amanye ebirowoozo byabwe ne bye  
balina okulongoosa mu myoyo gyabwe.

Kino kiraga nga okuteesa n'okuwaanyisanga ebirowoozo bwe guli omusingi omukulu mu ddiini  
y'Ekisiraamu era tteeka Abasiraamu lye batekwa okutuukiriza.

160. Katonda bw'aba abaabulidde tewali mulala ayinza kubataasa.

161. Aya eno eyogera nga eddamu ebyayogerwa abamu ku bannanfuusi, oluvannyuma lw'olu-  
talo lw'e Badri; bwe baagamba nti: eminyago egimu gikwekceddwa. Yakka nga etegeza nga Nabbi

mpanya eminyago agenda kujja n'ekyo kye yakumpanya ku lunaku lw'oku-zuukira. Oluvannyuma ne gutuukirizibwa okusasulwa, buli mwoyo (muntu) ekyo kye gwakola; nabo tebalirya-zaamaanizibwa.

162. Abaffe, omuntu agoberera okusiima kwa Katonda alinga omuntu (oyo) azzeeyo n'obusungu obuva eri Katonda, n'obubi nga bwe buddo bwe? Nga n'obuddo bwe muliro (Jahannama) — obusingirayo ddala okuba obuddo obubi.
163. Bo balina amadaala (ag'enjawulo) awali Katonda, ne Katonda alaba ebyo bye bakola.
164. Mazima yagabira Katonda ekyengera ku bakkiriza mu kiseera bwe yatuma eri bo Omubaka ng'ava mu bo (abeere) nga abasomera ebigambo Bye, era

يَعْلُلُ يَاتِ بِمَا عَلَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ  
ثُمَّ تَوَفَّى كُلَّ نَفْسٍ مَا كَسَبَتْ  
وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿١٦١﴾

أَقَمِينَ اتَّبَعِ رِضْوَانَ اللَّهِ كَمَنْ  
بَاءَ بِسَخَطٍ مِنَ اللَّهِ وَمَا أَدَّ  
حَقَّهُمْ وَبِئْسَ الْمَصِيرُ ﴿١٦٢﴾

هُمْ دَرَجَاتٍ عِنْدَ اللَّهِ وَاللَّهُ  
بَصِيرٌ كَيْمَا يَعْمَلُونَ ﴿١٦٣﴾

لَقَدْ مَنَّ اللَّهُ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ  
إِذْ بَعَثَ فِيهِمْ رَسُولًا مِّنْ

bw'atayinza kukumpanya mmaali ya minyago, wadde obubaka obwamutumibwa oba ekintu ekirala kyonna.

Nabbi (s.a.w.) yagamba abakkiriza nti: 'Kabi kanene ku myukozi gwe tuba tutumye omulimo n'ajja n'agamba nti kino kyammwe ate kino nakitoneddwa. Abaffe ekyandisize ye kwe kutuula mu nnyumba ya kitaawe ne nnyina n'alindirira okutenerwa. Ndayidde Katonda nnannyini kuwanirira mwoyo gwa Muhammadi mu mikono Gye; tagenda n'omu mu mmwe kutwala kintu kyonna ekikumpanye wabula agenda kujja nakyoko ku lunaku lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda nga kimuli mu nsingo. Mazima nga engamiya eri mu kukaaba, n'ente nga eri mu kingoonga, ate n'embuzi nga nayo ekaaba.'

Bwe kiribeera ekimu kw'ebyo nga kye yakumpanya, agenda kujja nakyoko kikaabira ku mugongo gwe; alyoke asasulwe mu bujuvu.

162. Waliwo enjawulo nnene wakati w'omuntu akola nga aluubirira okusiima kwa Katonda eryoke ebeere ensibuko y'okwesiiima kwe, n'oyo addayo n'obusungu bwa Katonda obumutuusa mu muliro olw'ebikolwa bye ebibi n'aba nga obuddo bwe bwennyamizika; kubanga obuddo obusinga olubeera obubi omuntu gy'alidda oluvannyuma lw'okufa kwe kuyingira omuliro.

164. Aya eno ennyonyola nga Katonda bwe yagabira abakkiriza ekyengera eky'okuggya mu lu bennyini, omubaka (nga muntu) Nabbi Muhammadi (s.a.w.), n'amutuma eri bo sso n'atatumu Jinni oba Maiika gwe batasobola kuwuliziganya naye.

Yamubatunira alyoke atukuze emyoyo gyabwe giveemu enzikiriza n'endowooza embi ku Katonda. Era yajja atukuze amayumba gaabwe n'ebitiibwa byawe okwo nga kw'otadde n'obulamu bwabwe mu mpisa zaabwe era bulijjo, kubanga Abawarabu baalina empisa embi nnyingi — nga ey'okuziikanga abaana baabwe abawala nga balamu; n'ey'okusinzanga balubaale, ebifaananyi ebibajje mu mayinja; n'ey'okusinzanga emmunyeenye. N'empisa endala ye yali ey'okut-tinngana mu bintu ebitaliimu, okwo teekako n'ebirala omuntumulamu by'ayinza okwenyinyala n'okwewala, ng'ebyo ebyali mu buli mawanga ne mu bika bya bantu byonna ebyali mu nsi.

abatukuze, era ayigirizenga Ekitabo (Kuraane) n'Amateeka; newanku-badde nga baali oluberyebereye (Nabbi nga tannaba kutumibwa) mu bubuze obw'enkukunala.

165. (Lwaki mwewuunya) bwe kaamala okubatuukako akabenje, sso nga namwe mazima mwafunyisa (abalabe bammwe ku lutalo lw'e Badri) eki-faananyi ky'ekyo emirundi ebiri, ne mugamba nti: Wa gye kivudde kino? Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Ekyo kivudde gye muli mmwe mwennyini. Mazima Katonda Muyinza ku buli kintu.

166. N'ekyo ekyabatuukako ku lunaku lwe byasisinkana ebibinja by'abalwanyi ebibiri, (kyali) ku lwa buyinza bwa Katonda; alyoke (abagezese) amanye abakkiriza;

167. Era amanye n'abo abakola obunanfuusi, ne bagambibwa nti: Mujje

أَنْفُسَهُمْ يَسْأَلُوا عَلَيْهِمْ أَنْتُمْ  
وَيُرَكِّبُهُمْ وَيُعَلِّمُهُمُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ  
وَأَنْ كَانُوا مِنْ قَبْلُ لَكُمْ ضَلِيلًا مُبِينًا ﴿١٦٥﴾

أَوَلَمْ آصَابَكُمْ مُمْصِيبَةٌ  
قَدْ آصَابَهُمْ مِثْلُهَا لَا فَلَئِمٌ  
أَنْ هَذَا أَطَقَلْ هُوَ مِنْ عِنْدِ  
أَنْفُسِكُمْ ط إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ  
شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٦٥﴾

وَمَا آصَابَكُمْ يَوْمَ الْتَقَى  
الْجَمْعَيْنِ فَبِأَذْنِ اللَّهِ وَلِيَعْلَمَ  
الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٦٦﴾

وَلِيَعْلَمَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَقِيلَ لَهُمْ

Nabbi (s.a.w.), era yabayigirizanga ekitabo Kuraane n'Amateeka agakirimu, wadde oluberebereye nga tannatumibwa eri bo baali mu butamanya bwa maanyi mu bigambo ebifa ku ddiini. ebyo ebinyinza okutebenkeza ensi yaabw'okukuumira buli omu eky'obwannannyini kye, singa baba babigoberedde.

165. Ku lw'okuttibwamu bannaabwe ensanvu n'okugobebwa abalabe ku lutalo lw'e Uhudu, Abakkiriza kyabewuunyisa era ne beebuza wa gye kivudde ekyo ekyabatuukako nga ate bo nga bakkiriza abalwana mu kkubo lya Katonda. Tebajjukira nti nabo ku lutalo lw'e Badri baali bafunyisiza omulabe ekifaananyi nga ekyo emirundi ebiri. Baali babasseemu abalabe baabw'abantu nsaavu (70) abaali abakulu mu bo Abakuraish, era nga bawambye n'abalala nsanvu (70).

Katonda kwe kugamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) abagambe nti: "Ensonga ereese ekyo evudde gye muli mmwe mwennyini. Mmwe mujeemedde Omubaka. Olw'okuba abo abaali bakuumu ku lusozi bwe baava mu bifo byabw'Nabbi mwe yabategeka okukuumu obutiribiri baleme kubivaamu, wabula bo ne balulunkanira eby'okufuna ne baleka olusozi nga lwereere, terukuumiddwa. Nabbi (s.a.w.) yayongerera okubagamba nti: Era kivudde gye muli ku lw'okukaayana ne Katonda, n'olw'ekyo ky'avudde abaabulira.

166. Ebibiina by'amage g'abakkiriza n'ekya abo abatakkiriza bwe byasisinkana ku lutalo lw'e Uhudu, abakkiriza battibwa nsanvu, bangi baafumitibwa ebiwundu n'abalala ne badduka. Byonna ebyo byaliwo ku lwa buyinza bwa Katonda. Era Yali agezese abakkiriza abo abakozeza obuvumu n'obuzira ne bagumikiriza obutaterebuka era ne baddayo eri Nabbi waabw' bwe yabakoowoola.

167. Ku lutalo lw'e Uhudu ekibiina ky'abannanfuusi ekyali kiweramu abantu nga ebikumi bisatu (300) n'oki.sobamu, nga kikulirwa Abdalla Mutabani wa Ubayyi; hwe kyagambibwa okugenda

mulwane mu kkubo lya Katonda, oba muyambe (tuziyize omulabe nammwe). Ne bagamba nti: Singa tumanyi okulwana twandibagoberedde. Bo ku lunaku olwo obukafiiri bwali kumpi nabo okusinga obukkiriza. Boogera n'obumwa bwabwe ekyo ekitali mu mitima gyabwe. Ne Katonda Amanyi cbyo bye bakweka.

تَعَالَوْا قَاتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ أَوْادِعُوا  
قَالُوا لَوْ نَعْلَمُ قِتَالًا لَأَتَيْنَكُم بِهِمْ  
لِلْكَفَرِ يَوْمَئِذٍ أَقْرَبُ مِنْهُمْ لِلْإِيمَانِ  
يَقُولُونَ يَا أُولَئِهِمْ مَا لَيْسَ فِي قُلُوبِهِمْ  
وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا يَكْتُمُونَ ﴿١٦٨﴾

168. Abo (bannanfuusi) abaagamba baganda baabwe (abaatabaala), bo nga batudde (eka): singa baatugondera (ne batagenda ku lutalo) tebanditiddwa. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Kale mweggyeeko okufa bwe muba nga mwoogera mazima.

الَّذِينَ قَالُوا لِيُخَوِّنَهُمْ  
وَقَعَدُوا لَوْ طَاعُونَا مَا قَاتَلُوا  
فَلَوْلَا فَادْرَاءُ وَعَنْ أَنْفُسِكُمُ  
الْمَوْتِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٦٩﴾

169. Era temulowoolezanga ddala nti bafu, abo abatiddwa mu kkubo lya Katonda. Wabula balamu, awali Mukama wabwe bagabirwa;

وَلَا تَحْسَبَنَّ الَّذِينَ قَاتَلُوا  
فِي سَبِيلِ اللَّهِ أَمْوَاتًا بَلْ  
أَحْيَاءٌ عِنْدَ رَبِّهِمْ يُرْزَقُونَ ﴿١٧٠﴾  
فَرِحِينَ بِمَا أَنَّهُمُ اللَّهُ مِنْ

170. Basanyufu ku lw'ebyo Katonda bye yabawa mu birungi Bye, era basa-

okulwana mu kkubo lya Katonda oba kiyambe olw'okwaza eggye lisobole okugoba omulabe mu kibuga ky'abakkiriza (Madina), — kyo kyagaana ne kikoma mu kkubo ne kiddayo. Wabula baddamu nti: singa tumanyi nga wanaabaawo okulwana twandibagoberedde. Mu mitima gyabwe muli munda baali bategeeza nti twandibadde nammwe naye ate mmwe temuyinza kusobola kulwana.

Ebikolwa byabwe kw'olwo n'ebyo bye baayogera byabasembeza kumpi nnyo n'obukafiiri okusinga okubeera okumpi n'obukkiriza. Mu kusooka baali kumpi nnyo n'obukkiriza ku lw'okwatula ekigambo ky'obukkiriza, newankubadde tebaali bakkiriza beesimbu. N'ebyo bye baayogera bwe baagamba nti: singa tumanyi nti kulwana okwo kwe mugendako twandibagoberedde, naye ssi kulwana wabula kwetta bwessi kubanga bo balowooza nti eggye ly'Abasiraamu teriyinza kuwangula balabe baalyo olw'obungi bw'abalabe.

168. Abanaanfuusi baanonya abennganda zaabwe nga bo batudde entende ne batalwana nti: "Singa baawuliriza (okulabu' a kwaffe) ne batagenda ku lutalo tebanditiddwa." Katonda kwe kubaddamu ng'abagamba nti: "Bwe kuba okutuula kwammwe obutagenda mu lutalo kuwonyesa okufa, kale muziyize ok'ufa kuleme kubatuukako. Wabula ekyo tekisoboka era kwa kubatuukako."

170. Aya eno etegeza nga abajulizi abaafiira mu lutalo nga balwana mu kkubo lya Katonda bwe bali abasanyufu; ssi lwa byengera byokka Katonda bye yabawa olw'okulwanirira eddiini Ye, wabula n'olw'okuba nti bannaabwe be baaleka ku nsi abo abeenyigira mu lutalo n'obuvumu, wadde bo



nyuka ne ku lw'abo abatannasinkana nabo abakyali emabega waabwe (ku nsi nga tebannafa): (olw'okubanga) tebaliba na kutya era si ba kunakuwala.

171. Basanyuka ku lw'okugabirwa okuva eri Katonda n'obulungi, (era n'olw'okubanga bo bakitegedde nti) mazima Kator.da tayoonona mpeera y'Abakkiriza.

172. Abo abayanukula okukoowoola ku lwa Katonda n'Omubaka We (ne baddayo okulwana) oluvannyuma lw'okutuukibwako ebiwundu balina, abo abalongoosa mu bo ne batya Katonda, empeera ennene,

173. Abo abantu be baagamba nti: Mazima abantu (b'eggye ly'abakafiiri) bakunngaanye ku lwammwe mubatye. (Ekyo eky'okubatiisatiisa ekyabagamibwa) ne kibongera obukkiriza ne bagamba nti: Katonda atumala, era ky'ekyengera era Omukuumi.

فَضْلًا وَيَسْتَبْشِرُونَ بِالَّذِينَ  
لَمْ يَلْحَقُوا بِهِمْ مِنْ خَلْفِهِمْ  
أَلَّا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ

يَحْزَنُونَ ﴿٤٦﴾

يَسْتَبْشِرُونَ بِنِعْمَةٍ مِنَ اللَّهِ  
وَفَضْلٍ وَأَنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ  
الْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٧﴾

الَّذِينَ اسْتَجَابُوا لِلَّهِ وَالرَّسُولِ  
مِنْ بَعْدِ مَا أَصَابَهُمُ الْقَرْحُ ط  
لِلَّذِينَ أَحْسَنُوا مِنْهُمْ وَاتَّقُوا  
أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿٤٨﴾

الَّذِينَ قَالَ لَهُمُ النَّاسُ إِنَّ  
النَّاسَ قَدْ مَعَاذَكُم مَّا أَدْبَرْتُمْ  
فَزَادَهُمْ إِيمَانًا وَقَالُوا حَسْبُنَا  
اللَّهُ وَنِعْمَ الْوَكِيلُ ﴿٤٩﴾

ebattibwa — naye bamaze okukakasibwa nti bagenda kwesiima era tebalina kutya kwonna na unakuwala, kubanga mu luvannyuma balisisinkana nabo mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe).

172. Wadde Abakkiriza baali baatuusibwako ebiwundu olw'okufumitwa n'okutemembwa embale mu lutalo lw'e Uहुdu, abamu mu bo nate baayanukula omulanga gwa Nabbi (s.a.w.) era ogwa Katonda enkeera y'olutalo olwali lwakaggwa; bwe yabakoowoola bagende bawondere era bambalagane nate buto n'omulabe. Tebaalonzalanza kusikattiramu wadde olutalo lwali lubayisizza bubi, nnyo, nga abazira baabwe abamu battidwa n'abalala nga bafunnye ebiwundu ne batuusibwa ku bisago. Wabula Nabbi teyakkiriza muntu yenna ataali mu lutalo olwali luwedde kumugoberera, kubanga teyayagala bakafiiri abaali bakulembeddwa Abu Sufyane kulwoozza nti Abakkiriza baali batiitiidde. Yayagala abantu bonna bategere nti Abasiraamu baali tebannatereb'ka, bakyalina amaanyi, era bakyagenda mu maaso n'okulwanirira enzikiriza yaabwe.

173. Abu Sufyane n'eggye lye baali bakunngaanye nga beekobyee okulwanyisa Abakkiriza, kale abantu kwe kulabula nga batiisa abakkiriza okutya eggye eryo. Kyokka abo abayanukula omu-

174. (Oluvannyuma) ne bakyuka okudda (nga bava ku lutalo) n'ekyengera okuva eri Katonda n'obulungi, nga tebatuuseeko kabi. Ne bagoberera okusiima kwa Katonda. Katonda Ye nnannyini bulungi obunene (obuta-ggwaayo).

175. Mazima oyo (ayabatiisatiisa abak-kiriza yali) sitaane nga abatiisa mik-wano gye. N'olw'ekyo temubatya; wabula mutye Nze (Katonda), bwe mubeera nga muli bakkiriza.

176. Tebakunakuwazanga abo abanguwa okuyingira mu bukafiiri, mazima bo si ba kuleetera Katonda kabi mu kintu kyonna. Katonda ayagala aleme okubassizaawo omugabo ku nko-merero, era balina ebibonyobonyo ebinene (mu bulamu obw'oluvan-nyuma).

177. Mazima abo abaawaanyisa obuka-fiiri mu bukkiriza, si ba kuleetera Katonda kabi mu kintu kyonna, era balina ebibonyobonyo ebinene.

فَالْقَلْبُؤُا بِنِعْمَةِ مِّنَ اللَّهِ وَفَضَّلَ  
لَكُمْ لَيْسَ سَمُّهُمُ سَوْءٌ لَّا وَاتَّبَعُوا  
رِضْوَانَ اللَّهِ وَاللَّهُ ذُو فَضْلٍ عَظِيمٍ  
إِنَّمَا ذَلِكُمُ الشَّيْطَانُ يُخَوِّفُ  
أَوْلِيَاءَهُ لَا فَلَاحَ لَهُمْ وَخَائِفُونَ  
إِن كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ

وَلَا يَخْزِيكَ الَّذِينَ يَسَارِعُونَ  
فِي الْكُفْرِ إِنَّهُمْ لَن يَصُرُوا اللَّهَ  
شَيْئًا يُرِيدُ اللَّهُ الْأَيُّعَلَّ لَهُمْ حَطًّا  
فِي الْآخِرَةِ وَأَلَّهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ  
إِنَّ الَّذِينَ أَشْرَكُوا أَلَكُفْرُ  
بِالْإِيمَانِ لَن يَصُرُوا اللَّهَ شَيْئًا  
وَأَلَّهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ

langa gwa Nabbi ekyo kyabongera bukkiriza era badda mw'abo abaabatiisatiisa nti: Katonda atumala okuba omukuumi waffe Ye kyengera kyaffe. N'olw'ekyo tebaafaayo ku abo abaabatiisatiisa.

174. Abaayanukula omulanga gwa Nabbi (s.a.w.) baakyuka okuddayo okuva ku lutalo nga tebatuukiddwako kabi konna kubanga Abu Sufyane ne banne baatyane ne baddayo e Makka nga balagaanyisizza Nabbi (s.a.w.) okusisinkana naye e Badri omwaka ogwaddirira olwo baddemu buto okulwana.

Nabbi bwe yagenda e Badri n'abantu abo bokka be yali nabo, Abu Sufyane teyajja, wabula Abasiraamu baagwikiriza ekiseera ky'akaale ne basubula eby'amaguzi ne bagobololamu nnyo. Okwo kwe kwava okugamba nti: "Baakyuka okuddayo ewaabwe nga balina ebyengera n'ebirungi enfaafa ebyava eri Katonda.

175. Abakkiriza bategeezebwa nti oyo Sitaane ye yali abatiisatiisa abalwoozese nti mikwano gye abakafiiri balina amaanyi, awo bo Abasiraamu balyoke batye.

176. Mu aya eno Katonda agumya Nabbi obutanakuwazibwa abo abaakaafuwala ne bayawu-kana ku mazima, era ne bawalaza empaka wamu n'okwonoona: kubanga bano bwe bafa, tebafuna mugabo gwonna mu bulamu obw'enkomerero (Obw'oluvannyuma).

177. Amakulu nti baali bamaze okufuna obukkiriza -- obujulizi obulaga okubaawo kwa Katonda -- kubanga baali bamaze okwetegera ebitonde era n'okuwulira okukoowoola kw'abaka okwali kubunye mu nsi; kubanga Ababaka baakoowoolanga abantu okujja eri obukkiriza,

178. Tebalowoolezanga ddala abo abaa-kaafuwala nti mazima eky'okubalindiriza (ne batebenkera) kirungi gye bali. Mazima tubalindiriza balyoke beeyongere ebibi. Era balina bo ebibonyobonyo ebinyoomesa (ku lunaku lw'okuzuukira).

وَلَا يَحْسَبَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا  
أَنَّمَا نُمَلِّئُهُمْ خَيْرًا لَّا أَنفُسُهُمْ  
رِئَاءَ النَّاسِ لِيُزِدُوا آئِمَّاتَهُمْ  
وَلَهُمْ عَذَابٌ مُّهِينٌ ﴿٤٨﴾

179. Katonda teyali wa kuleka bakkiriza kw'eyo engeri mmwe gye muliko okutuusa lw'anaayawula omubi ku mulungi. Era teyali Katonda wa kubalaga by'ewala ebitalabikako. Naye mazima Katonda alonda mu Babaka Be omuntu gw'ayagala (n'amuyigiriza ebimu mw'ebyo ebitalabikako). Kale mukkiriza Katonda n'Ababaka Be bwe muba nga mukkiriza ne mutya, mulina (okusasulwa) empeera ennene.

مَا كَانَ اللَّهُ لِيَذَرَ الْمُؤْمِنِينَ  
عَلَىٰ مَا أَنْتُمْ عَلَيْهِ حَتَّىٰ يَمِيزَ  
الْخَبِيثَ مِنَ الطَّيِّبِ وَمَا  
كَانَ اللَّهُ لِيُطْرِعَكُمْ عَلَى الْعَيْبِ لَكِنَّ  
اللَّهَ يَجْتَبِيٰ مِنْ أَرْسَالِهِ مَن يَشَاءُ  
فَأَمْنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَإِن لَّؤْمِنُوا  
وَتَّقُوا فَلَكُمْ أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿٤٩﴾

180. Tebalowoolezanga ddala abo abakodowalira ebyo Katonda bye yabawa mu bigabwa Bye nti ekyo kirungi gye bali. Wabula ekyo kibi nnyo gye bali. Bagenda kwambikwa ekyo kye bakodowalira (mu bulago bwabwe) ku lunaku lw'enkomerero. Era bwa Katonda obusika bw'eggulu n'ensi,

وَلَا يَحْسَبَنَّ الَّذِينَ يَبْخُلُونَ  
بِمَا آتَاهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ هُوَ  
خَيْرًا لَّهُمْ بَلْ هُوَ شَرٌّ لَّهُمْ  
سَيَظْوَرُونَ مَا يَبْخُلُونَ بِهٖ يَوْمَ

wabula bo bonna ne basiimawo butakkiriza bwe baawanyisiganya n'obukkiriza bwe baali bamaze okufuna.

178. Katonda okuleka abakafiiri n'abagabira emmaali n'obulamu obweyagaza kuno ku nsi tekitegeza nti ekyo kirungi gye bali, kubanga mu bulamu obw'oluvannyuma tebalinaamu kwesiima. Wabula balibeeranga mu kubonaabona ebbanga lyonna.

179. Katonda tayinza kuleka bakkiriza mu mbeera ya kintabuli n'ataleetawo nsonga esobozesa kwawula munnanfuusi ku mukkiriza owaddala. N'olwekyo kyeyava agezesa abakkiriza n'ebyo ebyaliwo ku lutalo lw'e Uhudu: abannanfuusi becyoleka okuva ku bakkiriza ab'amazima.

Kale abakkiriza bannyonnyolwa nti tebamanyi byonna bya Katonda ebyo ebitalabikako, n'olwekyo tebasobola kwawula wakati w'omukkiriza omutuufu n'omunnanfuusi singa tebateekeddwako nsonga ebalaga. Aya emaliriza nga etegeza nga abo abakkiriza ne bakola ebirungi bwe balina okusasulwa empeera etaggwaawo okuva eri Katonda mu bulamu obw'oluvannyuma.

180. Aya eno elabula abo abakodowalira emmali Katonda gye yabawa ne batatoola na zzakaati (1/10 eky'emmaali yaabwe) nti: tebalowooza nti ekyo kya kwesiima gye bali kubanga byonna eby'oku

ne Katonda Mumanyi wa byonna kw'ebyo bye mukola.

الْقِيَمَةِ وَاللَّهِ مِيرَاتُ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ  
خَبِيرٌ ١٨٠

181. Mazima Katonda yawulira ekigambo ky'abo (Abayudaaya) abaagamba (nga basabiddwa baweeeyo sseente ziyambe mu lutalo) nti: Mazima Katonda mwavu, ffe bagagga! (Katonda n'agamba nti:) Tujja kuwandiika ekyo kye baagamba, (era twawandiika dda) n'okutta kwabwe Bannabi mu bitali bya mazima era tulibagamba nti: Mukombe ku bibonyobonyo ebyokya!

لَقَدْ سَمِعَ اللَّهُ قَوْلَ الَّذِينَ قَالُوا  
إِنَّ اللَّهَ فَقِيرٌ وَنَحْنُ أَغْنِيَاءُ  
سَنَكْتُبُ مَا قَالُوا وَقَتْلَهُمُ الْأَنْبِيَاءَ  
بِغَيْرِ حَقٍّ وَنَقُولُ دُونُوا عَذَابَ  
الْحَرِيقِ ١٨١

182. Ekyo (kya kubakolebwa) ku lw'ebyo bye gyakulembeza emikono gammwe. Mu mazima Katonda si mulyazaamaanyi eri abaddu Be.

ذَلِكَ بِمَا قَدَّمْت أَيْدِيكُمْ وَ  
أَنَّ اللَّهَ لَيْسَ بِظَالِمٍ لِلْعَبِيدِ ١٨٢

183. (Era be bamu) abo abaagamba nti: Mazima Katonda yatulaamira tulemenga okukkiriza omubaka yenna okutuusa lw'alituleeteranga saddaaka nga omuliro gugirya okuva mu ggulu. Bagambe (Gwe Muhammadi) nti:

الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ عَاهَدَ  
إِلَيْنَا آلَاءَ نَوْءٍ مِنْ رَسُولٍ حَتَّى  
يَأْتِينَا بِقُرْبَانٍ تَأْكُلُهُ النَّارُ

nsi bigenda kusigala mu mikono gya Katonda ku lunaku lw'enkomerero nga ebitonde byonna bizikiridde. Era buli kigendererwa kya muntu n'ekyo ekiri ku mutima Katonda akimanyi.

181. Abayudaaya be baayogera ebyo ekiseera aya 245 ey'Essuula Al-Bakara bwe yakka nga egamba: "Ani oyo mu mmwe anaawola Katonda oluwola olulungi." Ekyo baakijeeja ne bagamba nti: "Katonda ayavuwadde, kati asabiriza baddu Be". Abo aboogera ku Katonda ehigambo eby-okunyooma bategeezebwa nti ebyo bye boogera bija kuwandiikibwa era bibavunaanwe ku lunaku lw'okuyimirizibwa mu maaso ga Katonda. Bategeezebwa (Bannannyini Kitabo - Abayudaaya) nga obubi hwabwe bwe butakoma kw'ekyo kyokka, wabula butuukira ddala ne ku kutta Bannabbi ba Katonda. Okugeza nga Nabbi Zakariya ne Yahya era baagezaako okutta Nabbi Issa (emirembe gibe ku bo). Balabulwa nti Katonda alibalagira ku lunaku olwo bakombe ku bibonerezo ebyokya olw'ebikolwa byabwe ebibi ennyo.

183. Aya eno ennyonyola nti abo (mu Bannannyini Kitabo Abayudaaya) abagamba nti Katonda mwavu. Be bo abatakkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bagamba nti: Katonda yatulagaanyisa mu Tauraati: tulemenga okukkiriza omubaka yenna, wabula nga amaz okutubaleetera saddaaka gye bawadde eri Katonda, omuliro guve waggulu gugisiiriize; ekyo kiryoke kibeere ekyamagero ekiraga obubaka bwe. Obwo bwali bulimba bwe baagunja ku Katonda kubanga ekyo takiragiranga. Era baakyogera balyoke bakyekwase ng'ensonga cyabagaana okukkiriza Nabbi

Mazima baabajjira Ababaka oluberyeberye lwange n'ebyamagero, n'ekyo (ekyamagero kyennyini) kye mugambye. Lwaki nate mwabatta, bwe muba nga mwogera mazima?

184. Bwe baba nga bakulimbisizza, mazima (mu ngeri yemu) baalimbisibwanga ababaka oluberyeberye lwo, abajja n'ebyamagero, n'Ebiwandiiko n'ebitabo ebyakaayakana (nga Zabburi, Tauraati n'Enjiri).
185. Buli mwoyo gwonna gwa kukomba ku kufa. Ddala mazima mugenda kutuukirizibwa okusasulwa empeera zammwe ku Lunaku lw'okuyimirizibwa (mu maaso ga Katonda). N'omuntu yenna oyo alyesambisibwa Omuliro n'ayingizibwa Ejjana, mazima aliba yeesimye. Tebuli obulamu obw'ensi wabula ekintu ekyeyagaza ekiseera obuseera, ekigayaaza.
186. (Mu bukakafu mmwe Abakkiriza) mujja kugezesebwa ddala mu mmaali yammwe n'emyoyo gyammwe, era mujja kuwulirira ddala (okuva) mw'abo abaaWEBWA EkitabO oluberyeberye lwammwe (Abayudaaya n'Abakristaayo), ne mw'abo abagatta Katonda n'ebirala (abakafiiri mu Bawarabu)

قُلْ قَدْ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مِّن قَبْلِي  
بِالْبَيِّنَاتِ وَإِلَّا لَذُنِي قُلْتُمْ فَلِمَ  
قَتَلْتُمُوهُمْ إِنَّ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٨٤﴾

وَإِنْ كَذَّبْتُمْ فَسَقَدْتُمْ كَذَّبَ رَسُولٌ  
مِّن قَبْلِكَ جَاءُوا بِالْبَيِّنَاتِ وَالزُّبُرِ  
وَالْكِتَابِ الْمُبِينِ ﴿١٨٥﴾

كُلُّ نَفْسٍ ذَائِقَةُ الْمَوْتِ وَإِنَّمَا  
تُوَفَّوْنَ أَجُورَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فَمَن  
زُجِرَ عَنْ تَارُوهُ أُدْخِلَ الْجَهَنَّمَ فَقَدْ  
فَارَقَ وَمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا مَتَاعُ الْعُرْوَةِ  
الْعُرْوَةِ ﴿١٨٦﴾

لَتُبْلَوْنَ فِي أَمْوَالِكُمْ وَأَنفُسِكُمْ فَدَعُوا  
وَلتَسْمَعَنَّ مِنَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ  
مِن قَبْلِكُمْ وَمِن الَّذِينَ أَشْرَكُوا  
أَدَىٰ كَثِيرًا وَإِنْ تَصْبِرُوا وَتَتَّقُوا

Muhammadi (s.a.w.). Wano Katonda kwe kulagira Nabbi (s.a.w.) abagambe nga bwe bataali bakkiriza, kubanga batta n'okutta Bannabbi abo ababajjira olubereberye lwe, sso nga ate baalina n'ebyamagero ebyo.

184. Mu aya eno Katonda agumya nga abuulira Muhammadi (s.a.w.) nti: "Ssi ggwe asoos okulimbisibwa Abaisraeli okusinga Bannabbi abasooka; wabula nabo baalimbisibwa nnyo wadde baalina ebyamagero, ebiwandiiko n'Ebitabo nga Taurati n'Enjiri ebivudde eri Katonda. Eryo lyc kkuho ly'Ababaka ba Katonda, tebalema kufuna buzibu buva mw'abo gye batumibwa.

185. Aya etegeeza nga omuntu oyo aliyingizibwa Ejjana ku lunaku lw'okuyimirizibwa mu maaso ga Katonda, bw'aliba afunye ekiruubirirwa ky'obulamu bw'oku nsi. Ensi (obulamu bw'oku nsi) nga bw'eri ey'ekiseera ekitono era ey'okuggwaawo, enyoombwa tesaana kusigula muntu n'emwerabiza obulamu obw'oluvannyuma.

186. Tewali kigaana kuleetawo buzibu mu mmaali yammwe wadde ku bulamu bwammwe, n'olw'ekyo mujja kulumulwa. Kyokka bwe mugumiikiriza mu buzibu, ne mwenyweza n'okumulirira

okunakuwazibwa kungi. Naye bwe munaabeera nga mugumiikirizza, ne mutya Katonda, mazima ddala ekyo kya mu bigambo ebyinwevu.

187. Jjukira mu kiseera Katonda bwe yatwala endagaano y'Abo abaawebwa Ekitabo, (n'abakalaatira nti): mazima mugenda kukinnyonyolera ddala eri abantu (Ekitabo ekyo) era temukikwekanga; wabula ne bakisuula emabega w'emigongo gyabwe ne bagula nakyo eby'omuwendu omutono. Kibi nnyo ekyo kye baagula!

188. Era tolowoolezanga ddala nti abo abasanyuka ku lw'ebyo (ebibi) bye bakoze, ne baagala okutendebwa n'ebyo (ebirungi) bye batakoze, — tobalowoolezanga ddala nti ba kuwona okuva mu bibonyobonyo. Era balina ebibonyobonyo ebiruma.

89. Bwa Katonda obufuzi bw'eggulu n'ensi. Ne Katonda Muyinza ku buli kintu.

فَإِنَّ ذَلِكَ مِنْ عَزْمِ الْأُمُورِ ١٨٧

وَأَذِ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ الَّذِينَ  
أَوْثَرُوا الْكِتَابَ لَتُبَيِّنُنَّهُ لِلنَّاسِ  
وَلَا تَكْفُرُوهُمْ بِهِ رَبِّ قَبَدُ قَدْ  
وَرَاءَ ظُهُورِهِمْ وَاشْتَرَوْا بِهِ  
ثَمَنًا قَلِيلًا قَبِيحًا مَا يَشْرُونَ ١٨٨

لَا تَحْسَبَنَّ الَّذِينَ يَفْرَحُونَ  
بِمَا آتَوْا وَيَحِبُّونَ أَنْ يُحْمَدُوا  
بِمَا لَمْ يَفْعَلُوا وَلَا تَحْسَبَنَّهُمْ بِمَفَازَةٍ  
مِّنَ الْعَذَابِ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ١٨٩  
وَاللَّهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَإِلَهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ١٩٠

nga muyimiridde ku mazima, obutafaananako abaawebwa Ekitabo — Abayudaaya n'Abakristaayo n'Abakafiri, bonna abo ab'okunakuwazibwa okungi, Katonda ajja kubawa Ennyumba Ey'Embe.

Ka wabe nga wafuniseewo obuzibu obufaanana butya mwenywereze ku mazima, kubanga buli muntu yenna aba ayimiridde ku mazima, n'aba nga alaamira abantu eri ekubo et'uufu, tayinza butawalanwa na kubonyabonyezibwa. Wabula ky'alina kugumiikiriza na kwewaayo okutuusa Katonda lw'amuyamba.

187. Mu aya eno Abakkiriza bajjukizibwa nga Katonda bwe yakola endagaano n'Abaaawebwa Ekitabo, n'abakuutira okunnyonyola kaati eri abantu Ekitabo Tauraati, era baleme kukikweka. Naye ne bakiwaanisaamu eby'okufuna ebiteebwa n'emmaalii, ebya kuno ku nsi sso nga bya kiseera buscera.

188. Abaagendererwa okwogerako mu aya eno be bo Abayudaya Nabbi be yabuuza ebimu ku biri mu Tauraati ne babikweka ne bamutegeeza ebirala ebitali ebyo. Olwo bo ne bagenda nga basanyuka ku lw'ekyo kye bakoze nga bakitwala nti kye kisaamu. era nga baagala okutendebwa; sso nga ddala tebategeezezza ekyo kyennyini ekibabuuzibbwa.

Mu mazima bo baagala okuwaanibwa nti bannaddiini era balongoosa. abakkiriza ab'amazima sso nga tebalina kw'ebyo na kimu.

190. Mazima mu kukolebwa kw'eggulu n'ensi n'okwawukana kw'ekiro n'emisana bubonero (obulaga obuyinza n'Obw'omu bwa Katonda) eri bannanyini kuba na magezi amalamu,

إِنَّ فِي خَلْقِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَإِخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ لآيَاتٍ  
لِّأُولِي الْأَلْبَابِ ﴿١٩٠﴾

191. Abo aboogera ku Katonda (mu kumutendereza), nga bayimiridde, nga batu-dde era ne mu kugalamira ku mpuyi zaabwe, ne balwooza ku kutondebwa kw'eggulu n'ensi, (ne bagamba): Mukama waffe! Tawatonda bino mu butali butuufu. Oyawulwa Ggwe! Tukingirize ebibonyobonyo by'Omuliro.

الَّذِينَ يَذْكُرُونَ اللَّهَ قِيَامًا  
وَقُعُودًا وَعَلَىٰ جُنُوبِهِمْ وَيَتَفَكَّرُونَ  
فِي خَلْقِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ رَبَّنَا  
مَا خَلَقْتَ هَذَا بَاطِلًا ۖ سُبْحَانَكَ قِنَا  
عَذَابَ النَّارِ ﴿١٩١﴾

192. Mukama waffe! Mazima Ggwe oyo gw'oliyingiza omuliro, ddala oliba omuswazizza. Era tebalina abo abalyazaamaanyi mutaasa yenna.

رَبَّنَا إِنَّكَ مَنْ تَدْخُلُ النَّارَ فَقَدْ  
أَخْرَجْتَهُ طَوًّا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ ﴿١٩٢﴾

193. Mukama waffe! Twawulira omukoowozi nga atukoowoza (okujja) eri Okukkiriza: (Ng'agamba) nti mukkirize Mukama wammwe! (Naffe) ne

رَبَّنَا إِنَّا سَمِعْنَا مَنَادًا يَأْتِي سَادِي  
لِلْإِيمَانِ أَنْ آمِنُوا بِرَبِّكُمْ

190. Aya eno etegeza nga okukolebwa kw'eggulu — obugazi n'obusitufu bwalyo, n'ebyo ebiririko ng'emmunyeenyene enene n'entono ezo ezirabika eri buli muntu; n'ensi — obuseetevu bwayo n'ebyo ebigiriko nga ensozi, emigga, amayanja wamu n'ebiramu; okwawukana kw'obudde ekiro n'emisana — ekiro kivaawo omusana ne guddako, oluusi ekimu kiwanvuwa ekirala ne kikendeera ate oluusi ne byenkanankana: Ebyo byonna bubonero obulaga okubaawo kwa Katonda eri abalina amagezi amalamu; abo abayinza okulaba ekituufu ne bategeera obwennyini bwakyo.

191. Bannanyini magezi tebakutuka ku kwogera nga batendereza Katonda mu buli ngeri yaabwe yonna gye babaamu; mu kyama ne mu lwatu, mu mitima gyabwe ne ku nnimi zaabwe. Era bafumiitiriza ne bategeera obuyinza n'obugulumivu bw'Omutoenzi eyabatonda, okwo ssaako n'oku-saasira Kwe. Bagamba nti: bino tewabitonda lwa muzannyo wabula wabitonda na mazima olyoke osasule empeera mu bwenkanya eri abo aboonyoni n'eri abo abalongoofu. Era basaba mu kumuloozako nti: *Ai Katonda! Ggwe wakola ebitonde era Ggwe yawukana ku bitonde byonna. Tuwonye ebibonyobonyo by'omuliro ku lw'obuyinza Bwo n'ekisa Kyo; otulungamyere okukola emirimu gy'osiima.*

192. Abo abalyazaamaanya amazima ne batakkiriza Katonda n'Ababaka Be. tebalina mutaasa yenna oyo alibataasa n'abawonya mu bibonerezo bya Katonda mu bulamu obw'oluvannyuma.

193. Twawulira Omukoowozi Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga akoowoza abantu okukkiriza Obwakatonda Bwo, n'obutakugatta na kintu kirala mu kukusinza. Ne tukkiriza amazima g'Eddiini yo. Tusonyiwe otuggyeko ebyonoono byaffe era sisinkanya emyoyo gyaffe n'egy'abalongoofu oluvannyuma lw'okufa kwaffe.



tukkiriza. Mukama waffe! Tosonyiwe ebibi byafe; otuggyeko ebyonoono byaffe, era otuttire mu balongoofu.

194. Mukama waffe! Era otuwe ebyo bye watulagaanya nga biyita ku babaka Bo. Era totuswazanga ku Lunaku lw'Okuyimirira (mu maaso Go). Mazima Ggwe toyawukana ku nda-gaano (Yo).

195. N'abaanukula Mukama waabwe (okusaba kwabwe n'okugamba nti): Mazima Nze siyonoona mulimu gwa mukozzi yenna mu mmwe, k'abe omusajja oba omukazi kubanga abamu bava mu bannaabwe. N'abo abaasenguka, ne baggyibwa mu mayumba gaabwe, ne banakuwazibwa (nga balwana) mu kkubo Lyange, era ne balwana ne battibwa, (mazima) nja kubabikkirako ddala ebibi byabwe era Nja kubayingiriza ddala Ejjana mwe gikulukutira wansi waayo emigga — nga mpeera ezivudde eri Katonda. Ne Katonda gy'Ali y'eri empeera ennungi.

196. Tekukugayaalizanga ddala (Ggwe Muhammedi) okwekyusa kw'abo abaa-kaafuwala mu nsi (nga beeyagala — badda eno badda eri):

فَاَمَّا كَافِرًا رَبَّنَا فَاعْقِرْنَا ذُرِّيَّتَهُ  
وَكُفِّرْ عَنَّا سَيِّئَاتِنَا وَتَوَفَّنَا مَعَ  
الْكَابِرِينَ ﴿١٩٤﴾

رَبَّنَا وَإِنَّا مَا وَعَدْتَنَا عَلَى  
رُسُلِكَ وَلَا نَخْفَىٰ نَايَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ  
إِنَّكَ لَا تَخْلِفُ الْوَعَادَ ﴿١٩٥﴾

فَاسْتَجَابَ لَهُمْ رَبُّهُمْ أَنِّي لَا  
أضِيعُ عَمَلَ عَامِلٍ مِّنْكُمْ مِّنْ  
ذَكَرٍ أَوْ أُنْثَىٰ بَعْضُكُمْ مِّنْ بَعْضٍ  
فَالَّذِينَ هَاجَرُوا وَأُخْرِجُوا مِّنْ  
دِيَارِهِمْ وَأُودُوا فِي سَبِيلِي  
وَقَاتَلُوا وَقُتِلُوا أَلْكَفَرَانِ عَنْهُمْ  
سَيِّئَاتِهِمْ وَلَآ أُدْخِلُهُمْ جَنَّاتٍ  
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ ثَوَابًا مِّنْ  
عِنْدِ اللَّهِ وَاللَّهُ عِنْدَ أَحْسَنِ الثَّوَابِ ﴿١٩٦﴾

لَا يَخْرُجُكَ تَقَلُّبُ الَّذِينَ كَفَرُوا  
فِي الْبِلَادِ ﴿١٩٧﴾

195. Katonda yayanukula Abakkiriza n'abagamba nti: Mazima Nze ssiyinda kwonoona mulimu gw'omu mu mmwe, k'abe omusajja oba mukazi. Wabula ngenda kusalula mu bujuvu buli mukozzi wa mulimu okusenziira ku kigero ky'umulimu gwe bwe kyenkana. Era mwenna mu kusalula mwenkanankana okusenziira nga bwe muzaalngana.

Abo abaaleka ensi yaabwe n'ennganda zaabwe ne basenguka olw'okuyayibwa okusukkirivu ku lw'eddiini yaabwe, n'abo abaayigganyizibwa abakafiiri ne baggyibwa mu maka gaabwe olw'okulwana mu kkubo Lyange; bonna nja kubasonyiwa ebibi byabwe mbayingize Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe).

196. Nabbi wamu n'Abakkiriza bagumizibwa nti: nga bali mu bizibu: tekubalabank'nyanga

197. (Ebyo bye balina) bya kweyagala okutono, eby'ekiscera obuscera (oluvannyuma bya kugwaawo). Nate obuddo bwabwe bwa kuba Muliro (Jahannama), era kye kisinga okuba ekifo ekibi.

مَتَاعٌ قَلِيلٌ تَدْتُمُّ مَا وَلَّهُمْ هَهُنَا  
وَبِئْسَ الْيَهَادُ ﴿١٩٧﴾

198. Naye mazima abo abatya Mukama waabwe, balina Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) mwe gikulukutira wansi-emigga, ba kubeera mu yo lubeerera. Nga (okwo kwe) kusalulwa okuvudde eri Katonda. N'ebyo ebiri awali Katonda bye birungi ku balongoofu (okusinga ebyo aboononyi bye bafuna ku nsi).

لَكِنَّ الَّذِينَ اتَّقَوْا رَبَّهُمْ لَهُمْ  
جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ  
خَالِدِينَ فِيهَا أَنْزَلَ مِنَ عِنْدِ اللَّهِ  
الْحَقَّ وَمَا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ لِلْآبِرَارِ ﴿١٩٨﴾

199. Era ddala mazima abamu mu Bannannyini Kitabo mulimu omuntu akkiriza Katonda n'ebyo ebyassibwa gye muli (mmwe Abasiraamu) n'ebyo ebyassibwa ku bo, nga bagondera Katonda. Nga tebawaanyisa na Bigambo bya Katonda (ebintu) eby'omuwendo omutono. Abo balina empeera yaabwe eri Mukama waabwe, mazima Katonda mwangu wa Kubala.

وَأَنَّ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ لَمَنْ  
يُؤْتِي مِنَ اللَّهِ وَمَا أَنْزَلَ إِلَيْكُمْ  
وَمَا أَنْزَلَ إِلَيْهِمْ خُشْعِينَ لِلَّهِ  
لَا يَشْتَرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ ثَمَنًا قَلِيلًا  
أُولَئِكَ لَهُمْ أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ  
إِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿١٩٩﴾

okulaba abakafiiri nga bali mu byengera ebya buli ngeri, beeyagala eno bwe bejaajaata, era tekibalowozeza nti bali bulungi kubanga, olw'obutakkiriza bwabwe — enkomerero yaabwe ya kwesogga Muliro, gubookye olubeerera.

Ebyengera eby'oku nsi si kikulu, kubanga bintu ebitaliimu omuntu bye yeyagaliramu ekiscera obuscera, oluvannyuma ne bigwaawo. Ate bw'aba nga abadde mujeemu era omwononyi ku nsi, ku Nkomerero obuddo bwe guba Muliro.

198. Ekigendererwa ky'omukkiriza yenna mu kutya Katonda we ky'eky'okufuna empeera n'ebirungi ebyo ebiri eri Ye (Katonda) mu bulamu obw'oluvannyuma. Kale omuntu ky'ava yeewaayo okulwanirira eddiini ye ku lw'okutaasa ekigambo kya Katonda.

Ebyo byonna eby'okufuna kuno ku nsi nga ebyengera n'obufuzi, kuba kuweebwa buweebwa sso ssi kusalulwa. Ky'ova olaba nga Abdalla mutabani wa Rawaha bwe yabuza Nabbi (s.a.w.) nti: "Tunaafuna ki singa tunatuukiriza okukola ebyo bye tulagaanyisibwa?" Nabbi (s.a.w.) yaddamu n'agamba nti: "Mulina Ennyumba ey'Emirembe (Jjana) " Bo ne baddamu nti: "Okutunda amagoba? Oba bwe kiri nga bw'ogambye, okutunda kwaffe kugobolodde: tetujja kwebaka oba okwesumagiza."

199. Aya eno etegeza nga bwe waliwo abamu mu Bannannyini Kitabo, abakkiriza ebyo ebyassibwa ku Basiraamu (Abakkiriza) nga bikkira ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) - Nabyo ye Kuraane n'amateeka ge yajja nago. Era bakkiriza n'ebyo ebyassibwa gye bali nga bikkira ku

200. Abange mmwe abakiriza! Mugumiikirize era mugumiikirize (emyoyo gyammwe obutakola bibi) era munywere; era mutye Katonda mulyoke mulokoke.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَبِرُوا  
وَصَابِرُوا وَرَأَيْتُمْ أَتَّقُوا اللَّهَ  
لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٣٠﴾

Bannabbi baabwe, ebyo ebiri mu Tauraati n'Enjiri.

Bo tebakweka ebyo ebiri mu Bitabo byabwe ku lw'okwagala eby'okufuna by'ensi wabula boolesa amazima ago ge balina olw'okutya Katonda. Abo balina empeera eri Katonda, Oyo ayanguyirwa emirimu gy'abaddu Be.

200. Mugumiikirize ku kutuukiriza ebiragiro bya Katonda era mugumiikirize emyoyo gyammwe okugiggya kw'ebyo bye gyagala ate ye Katonda by'atayagala.

Era mwesibe nga munywerera ku kulwana mu kkubo lya Katonda ku lw'okusitula eddiini Ye, nga mweyambisa okutya Katonda oba olyawo ne mutuuka ku kigendererwa kyammwe kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma.

## EBIFA KU SSUULA AN-NISSAAI MU BUFUNZE (4)

Essuula eno eyitibwa An-nisaa'i (ekitegeza Abakyaala) olw'okubanga erina amateeka, ebiragiro n'ebivunaanyizibwa bingi ebikwata ku bakyaala. Eno y'emu ku ssuula empanvu ezakkira e Madiina. Erina aya 176.

Okufaananako n'essuula ezisinga ezakkira e Madiina, essuula eno essira esinze kuli-teeka ku mateeka n'ebiragiro cby'okuzimba obuntubulamu mu bantu n'okunyweza obukkiriza bw'abantu.

Essuula ekwata ku bizibu ebyaliwo ku bakkiriza oluvannyuma lw'olotalo lw'e Uhudu nga okutwalira awamu by'eyogerako bya mitendera ebiri — Ogusooka, gwe gukwata ku bakyaala, bamulekwa, ebyobusika. okuwasa n'ebivunaanyizibwa ebyetaagisa mu maka. Omutendera ogw'okubiri gwe gwo ogukwata ku boonoonyi abo abatakkiriza — Abawarabu, Abayudaaya n'abannanfuusi abaali bakwasizza engabo amannyo mu kafubo k'okuzingalaza n'okulemesa Obusiraamu e Madiina.

Kale omulamwa omukulu ogw'essuula eno kwe kuwa ebiragiro n'amateeka nga ekigendererwa kwe kuyigiriza abakkiriza engeri ezigatta abantu ne bakolaganira wamu basobole okuba abavumu ab'amaanyi. N'olw'ekyo ebintu ebitebenkeza amaka binnyonyolwa kubanga amaka ky'ekinyusi ky'eggwanga. Amateeka n'ebiragiro ebikwata ku nneeyisa n'ebivunaanyizibwa by'omusajja n'omukazi we mu maka bittottolwa ku lw'okukuuma eddembe ly'amaka. Okwongereza ku buntubulamu obuteekwa okuba mu maka, kiragirwa nti abakyaala bateekwa okuyisibwa obulungi, n'okukuuma ekitiibwa kyabwe Katonda kye yabawa. Era tebateekwa kutuntuzibwa wabula ebibakakaturwa biteekwa okutuukirizibwa n'obwenkanya, mu kiseera ky'okubawasa, mu by'obwa nnanynini, mu by'obusika ne mu birala nga bali mu maka ga babbaabwe. Engabanya y'emaali y'obusika ennyonyolwa mu bujjuvu nga kw'otadde n'engeri bamulekwa gye bateekwa okuyisibwamu.


Olw'okwagala okunyweza obuwulize n'okugondera ebiragiro n'amateeka mu mitama gy'abantu. Abasiraamu bannyonyolwa engeri gye basaana beeyisemu ku lw'okukuuma embeera entebenekevu mu ggwanga. Era balagirwa bakuume obuntubulamu mu buli ngeri yonna basobole okussa ekimu, nga basaasiragana mu bizibu, basonyiwagana mu bisobyo wakati waabwe era nga babuuliragana ebisaamu; era bakuutirwa bakuume obwesigwa era balamulagane n'okwenkanya, olwo eggwanga lizimbirwe ku musingi omugumu; era eddiini y'Obusiraamu esobole okukkalira emirembe.

Era ebiragiro ebikwata ku kwerinda n'obuvumu wamu n'obumalirivu binnyonyolwa ku lw'obwetaavu bw'okukuuma eggwanga n'okulitebenkeza. Era kinnyonyolwa nga bwe wateekwa okubaawo eggwe n'ebiyokulwanyisa ku lw'okuseseggula omulabe yenna aba agezaako okukola obulumbaganyi ku ggwanga n'okutabula obutebenkevu bwalyo. Era abakkiriza bakuutirwa beekeke enkwe n'effujjo ly'abannanfuusi kubanga ebigendererwa byabwe byonna bibi eri Abasiraamu. Okwetukuza ku lw'esswala kunnyonyolwa era n'ensaala mu biseera bya kanaayokyani (nga eby'okwerinda ne mu ntalo zennyini) ennyonyolwa. Kino kikolebwa kulaga omugaso gw'esswala mu kulongoosa embeera

z'abantu n'okubassamu obuntubulamu.

<sup>4</sup>ufundikira, Abasiraamu bakuutirwa okubeeranga obulindaala okwerinda abalabe baabwe n'okwekeka enkwe z'abannanfuusi, ez'abatakkiriza n'eza bannannyini Kitabo.

Essuula emaliriza nga evumirira obukyamu obwakolebwa Abakristaayo, mu kugamba kwabwe nti Issa mutabani wa Mariyamu, mwana wa Katonda era Katonda; ne bamusinza, ne baleka enzikiriza entuufu ekakasa Obw'omu bwa Katonda era ekakasa nti Issa Nabbi wa Katonda era Mubaka We.



## ESSUULA AN-NISAAI (4)

Yakkira Madiina: erina ebitundu 20 ne aya 176.

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Abange mmwe abantu! Mutye Mukama wammwe oyo ayabatonda ng'abaggya mu Mwoyo ogumu (Jjaj-jammwe Adamu) n'atonda nga aggya mu ye Mukyala we (Haawa) n'asaasaanya nga aggya mu bombiriri abasajja nfaafa n'abakazi. Mutye Katonda Oyo Gwe musabagana naye (ebye-taago byammwe wakati wammwe), (era mutye) n'oluganda. Mazima Katonda yali Mukuumi ku mmwe (okuva ddi n'okutuusa ddi).
2. Muwenga bamulekwa emmaali yaabwe. Temuwaanyisanga (eyammwe abakuza) embi n'ennungi (mu yaabwe) era temulyanga emmaali yaabwe nga mugigasse n'emmaali yammwe. Mazima ekyo (eky'okulya emmaali ya bamulekwa) kyali kyonoono kinene.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ  
يَا أَيُّهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمُ الَّذِي  
خَلَقَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ وَ  
خَلَقَ مِنْهَا زَوْجَهَا وَبَثَّ مِنْهُمَا  
رِجَالًا كَثِيرًا وَنِسَاءً. وَاتَّقُوا  
اللَّهَ الَّذِي تَسَاءَلُونَ بِهِ وَالْأَرْحَامَ  
إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَيْكُمْ رَقِيبًا ①  
وَأُولَ الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ  
أَمْوَالَهُمْ بِالنَّيْبِ وَلَا تَأْكُلُوا  
أَمْوَالَهُمْ إِلَى أَمْوَالِكُمْ إِنَّ  
كَانَ حُوبًا كَبِيرًا ②

1. Katonda yatonda abantu bonna nga abaggya mu Nabbi Adamu (Emirembe gibeere ku ye), era n'atonda ne Mukyala we Haawa ng'amuggya mu ye Adamu; n'asaasaanya nga aggya mu bombiriri (Adamu ne Haawa), abasajja n'abakazi nfaafa ne babuna ensi yonna ku lw'okuzaalagana wakati waabwe bo bennyini.

Singa abantu bajjukira amazima g'okutondebwa kwabwe bandycrabidde obusosozo bwe balina olw'enjawulo eziri wakati mu mawanga; kubanga enjawulo eyo yajjawo luvannyuma. Ekikolo kyabwe kimu, n'Omutonzi waabwe ali Omu, era yabatonda mu muntu Omu. Kale abantu bonna ba luganda bateekwa okusaasiragana n'okuyambagana.

N'olwekyo mutye Katonda Oyo Gwe mwogerako bwe muba nga abamu musaba bannammwe, oba nga mulagaana; okugeza nga bwe mugamba nti: nkusaba ku lwa Katonda ompe kino, oba onnyambe; oba nkulayiridde Katonda. Musaana mumutye n'okugondera amateeka Ge. Era mutye n'oluganda muleme okulukulutula wabula mufubenga nnyo okuluyunga, era musaasiragane, ng'eno bwe muyambagana.

2. Mmwe abakuza abalabirira bamulekwa, mubawenga emmaali yaabwe mu bujjuu, eyo eyabalaamirwa okulabirira, okutuusa bwe babanga bakuze ne bafuna amagezi agasobola o.ugye-

3. Bwe mubanga mutidde obutenkanyankanya mu bamulekwa, muwase (abakazi abalala) abo ababa baba-sanyusizza mu bakyalala, ow'ababiri, n'ow'abasatu, n'ow'abana; naye bwe mubanga mutidde obutenkanyankanya wakati w'abangi, olwo mulina kuwasa omu yekka, oba oyo (omuzaana) gwe gyafuna emikono gyammwe egya ddyo. Ekyo kye kisémbéza okumpi okulema okwekubiira.

وَأَنْ خِفْتُمْ أَلَّا تَقْسُطُوا فِي الْيَمِينِ  
فَأَنْ كِحُوا مَا طَابَ لَكُمْ مِنْ  
النِّسَاءِ مَشْنَى وَتِلْكَ وَرَبْعَةٌ  
فَإِنْ خِفْتُمْ أَلَّا تَعْدُوا فَوَاحِدَةً  
أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ ذَلِكَ  
أَدْنَى أَلَّا تَعُولُوا ﴿٥﴾

4. Era muwenga abakyala (abo be muwasa) amahare gaabwe. (Naye bo abakyala bammwe) bwe babanga balongoosizza emyoyo ku lwammwe ku kintu mw'ebyo bye mubawadde, mukiryenga bulungi mu ddembe n'essanyu.

وَأُولُو النِّسَاءِ صَدَقْتِهِنَّ نِحْلَةً  
فَإِنْ طَبُنْ لَكُمْ عَنْ شَيْءٍ مِنْهُ  
نَفْسًا فَكُلُوهُ هَنِيئًا مَرِيئًا ﴿٦﴾

rabiririra bo bennyini olwo ne mugibawa. Ate bwe baba tebannatuuka, emmaali yaabwe temugikozesa ekirala kyonna mpozzi ekyo eky'omugaso ku bo.

Temubawangamu emmaali eyammwe cmbi mu kifo ky'eyaabwe ennungi: gamba ng'okuddira ente ya mulekwa ennungi n'owaanyisaamu eyiyo cmbi. Era temugattanga emmaali yaabwe ne mugiriira wamu n'eyammwe kubanga ekikolwa ekyo kyonono kinene olubeerera.

3. Mwe abakuza, mu bamulekwa bwe mubaamu abawala be mwegomba okuwasa kyokka nga mutya nti temuutuukirize kubawa ebyo ebibakatako okugeza nga amahare gaabwe mu bujjuvu, muwasenga abakyala abalala be musiimye abatali abo bamulekwa. Omuntu aba ayagadde ayinza okuwasa okuva ku omu naye obutasukka wa kuna; era Hadiithi zitegeeza nti abantu abamu abaasiramukanga nga balina abakyala bangi, Nabbi (s.a.w.) yabalagiranga balondeko bana bokka. Abdalla Mutabani wa Umaru agamba nti: omusajja ayitibwa Tailaana yasiramuka nga alina abakyala kkumi. Nabbi (s.a.w.) n'amulagira alondeko bana bokka abalala ayawukane nabo.

Wadde Katonda yakkiriza omuntu okuwasa abakazi bana, naye yatekako akalombolombo akagobererwa akagamba nti: omusajja oyo atekwa okuba nga asobola okwenkanyankanya wakati waabwe n'okutuukiriza cibvuunaanyizibwa byabwe n'ebiyetaago. Bw'aba atidde nga tasobola kubenkanyankanya, takkirizibwa mu mateeka kuwasa bangi wabula omu yekka. Bwe muba nga mutidde obutenkanyankanya wakati w'abaana baboowo, mubeere n'abo abazaana be mwagula n'emikono gyammwe oba abo abaddu be mwawamba mu ntalo z'eddini (mu kiseera kino abazaana n'abaddu tebakyaliwo) kubanga bo tebalina misoso mingi gibavuunaanibwa. Ekyo eky'okuwasa omukyala omu kisobozesa omuntu obuteekubiira ku bakyalala abamu n'alagajjalira abalala ne baba nga abatalina musajja.

4. Mu fufumbiraganwa abakyala bwe babanga babaddiziza ku mahare ge mubawadde mu mwoyo omulungi, mulyenga ekyo kyonna ekibaddizibwa awatali kutya kabi konna ke muyinza kufuna.

Wano kitegeerekeka nti ebintu ebisalwa ku baana abawala biba byabwe, era be balina okugabirako oyo gwe baba baagadde, ne bwe baba babbaabwe abo ababawasa; sso tebiba bya bazadde baabwe oba abo ababafumbizizza.



5. Era temuwanga abo ababi abatategeera emmaali yammwe eyo Katonda gye yabategekera okuba eky'okubayimirizaawo (mwenna); (wabula) mubalisenga ku yo era mubambazenga era mubagambenga ekigambo eky'obuntubulamu n'ekisa.

وَلَا تُؤْتُوا السُّفَهَاءَ أَمْوَالَكُمُ الَّتِي جَعَلَ اللَّهُ لَكُمْ قِيَمًا وَارْزُقُوهُمْ فِيهَا وَاكْسُوهُمْ وَقُولُوا لَهُمْ قَوْلًا مَعْرُوفًا ⑤

6. Era mugezesenga bamulekwa (mpolampola nga tebannasajakula, mulabe oba bayinza okukuuma obulungi emmaali yaabwe) okutuusa lwe babanga batuusizza okuwasa; olwo bwe muba nga mulabye mu bo obulungamu (obubasobozesa okugikuumu), mubawe emmaali yaabwe; temugiryanga nga mugiduubuuda n'okugyanguyiriza (n'eggwaawo) nga tebanaba kukula. Era n'oyo (amukuza) abeera nga mugagga kirungi yesseemu ensa obutalyako n'oyo abeera nga mwavu kirungi alyeko mu ngeri ennungi (olw'obukuumi). Wabula bwe mubanga mubawade emmaali yaabwe, mujulizenga ku bo (mu kiseera ky'okugibawa). Kimale okuba nga Katonda ye Mubazi (Aycemalirira).

وَابْتَلُوا الْيَتَامَى حَتَّى إِذَا ابْلَغُوا النِّكَاحَ فَإِنْ آنَسْتُمْ مِنْهُمْ رُشْدًا فَادْفَعُوا إِلَيْهِمْ أَمْوَالَهُمْ وَلَا تَأْكُلُوهَا إِسْرَافًا وَبِدَارًا أَنْ يَكْبَرُوا وَامِنْ كَانَ غَنِيًّا فَلْيَسْتَعْفِفْ وَامِنْ كَانَ فَقِيرًا فَلْيَأْكُلْ بِالْمَعْرُوفِ إِذَا دَفَعْتُمْ إِلَيْهِمْ أَمْوَالَهُمْ فَأَشْهِدُوا عَلَيْهِمْ وَكَفَى بِاللَّهِ حَسِيبًا ⑥

5. Aya eno erabula eri abantu bonna nti: Temuddiranga emmaali yammwe, Katonda gye yabateerawo ey'okuyimirizaawo obulamu bwammwe ne mugiteresa mu mikono gy'abo abanafu mu bwongo abatalina magezi gasobola kugiribirira bulungi. Wabula mubalabiriranga abo (abateesobola) era bwe mwelongoosa gye bali nga mwogera nabo ebigambo ebirungi eby'ekisa n'amazima.

Wadde obwannanyini busaanye buweebwe ekitiibwa, naye eddiini tesembera ddala bwonoonyi bwa kintu kyonna ekirina omugaso eri obulamu bw'omuntu. Kale singa nnyini mmaali talina bwongo butuufu bukuzesa kulabirira mmaali ye; eeteekwa efunewo abalala abagiribirira sso ssi kumala gagimulekera n'agidiibuuda oba okugyoonona obwonoonyi.

6. Aya eno ennyonnyola nti: mmwe abakuza ba bamulekwa, bamulekwa bwe baba banaatera okuvubuka mutandike okubagezesanga okutuusa ku kuwasa kwabwe, olwo musobole okulaba obanga basobola bukuzesa n'okukuuma obulungi emmaali yaabwe singa muba mugibawadde, sso ssi kugibawa nga temunnabagezesu.

Bwe babanga bakuze ne mulaba nga balongoofu, bagezi basobola n'okukuuma emmaali yaabwe, mugibawe wabula temugiryanga amangu n'eggwaawo nga tebannatuuka kukula. Omukuza bw'abeera omugagga kirungi yesseemu ensa alume kusaba mpeera ya kukuuma mmaali ya bamulekwa, mu kiseera ky'okugibaddiza. Kyokka bw'aba omwavu kirungi alyeko mu ngeri ennungi ey'ekipimo ekisaanidde era ekyo akikole mu lwatu n'abantu abalala bakimanye — eyo ebeere empozza

7. Balina abasajja (abaana ab'obulenzi) omugabo mw'ebyo bye baba balese abazadde bombiriri n'ab'oluganda olw'okumpi, n'abakazi balina omugabo mw'ebyo bye baba balese abazadde ababiri n'ab'oluganda olw'okumpi, (k'ebe ng'emmaali) eyo etoniye obanga eyaze — (bafuna) omugabo omugere.

8. Bwe babanga ab'oluganda ne bamulekwa n'abanaku nga basembedde mu kiseera ky'okugaba (emmaali y'obusika), mubagabirengako era mubagambenga ekigambo ekirungi.

9. Bateekwa batye abo (abakuza okulyazaamaanya bamulekwa, era bafumiitirize) singa nabo baba balese abaana abato amabujje emabega waabwe be (bandibadde) batiisa (okuyisibwa obubi). Kale batye Katonda, era boogere ekigambo ekisinga okuba ekituufu.

10. Mazima abo abalya emmaali ya bamulekwa mu bulyazaamaanyi, ddala

لِلرِّجَالِ نَصِيبٌ مِّمَّا تَرَكَ الْوَالِدَانُ  
وَالْأَقْرَبُونَ وَلِلنِّسَاءِ نَصِيبٌ مِّمَّا تَرَكَ  
الْوَالِدَانُ وَالْأَقْرَبُونَ مِمَّا قَلَّ مِنْهُ  
أَوْ كَثُرًا نَصِيبًا مَّفْرُوضًا ﴿٤﴾

وَأَذًا حَضَرَ الْقِسْمَةَ أُولُو الْقُرْبَىٰ  
وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ فَأَرْتُوهُمْ  
مِّنْهُ وَتَقُولُوا لَهُمْ قَوْلًا  
مَّعْرُوفًا ﴿٥﴾

وَلْيَخْشَ الَّذِينَ لَوْ تَرَكَوْا مِنْ  
خَلْفِهِمْ ذُرِّيَّةً ضِعْفًا خَافُوا  
عَلَيْهِمْ مَّا قَالَتْ تَقُوا اللَّهَ وَلَيَقُولُوا  
قَوْلًا سَدِيدًا ﴿٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ يَأْكُلُونَ أَمْوَالَ الْيَتَامَىٰ

ey'omulimu gwe yakola ogw'okugikuuma. Wabula mu kubawa emmaali yaabwe mussengawo abajulizi wadde Katonda ye mujulizi alaba engeri yonna abakuza gye balabiriramu emmaali eyo.

Etteeka lino lyajja nga empisa y'ensi Abawalabu gye baaliko tegabira bakazi na baana bato mmaali ya busika okuggyako abasajja abakulu bokka. Ekyo kye kyavaako Katonda okussa etteeka lino alage nti abakazi, n'abaana abato okufaananako ng'abasajja, nabo balina omugabo ku mmaali eyo.

7. Aya eno etegeza nga abasajja n'abakazi bwe benkanankna mu kusikira emmaali y'abazadde bombiriri n'ey'ab'oluganda k'ebe ntono oba nnyingi: wadde emigabo gyabwe myawufu okusinzira ku ngereka ya Katonda.

8. Ab'oluganda abo abatalina mugabo mu mmaali ya busika oba bamulekwa oba abanaku, bwe babeerawo mu kiseera ky'okugigabanya, mubawengako nga muggya ku mmaali gy'alese oyo afudde (muganda waabwe). Kino kisobole okulongoosa emitima gyabwe, baleme kufuna bwenyovu mu mitima gyabwe okulaba emmaali ya muganda waabwe nga egabibwa bo nga tebafunyeeko. Ekyo ekibaweebwa si kigere wabula kitoolebwako nga emigabo gy'abasika teginnagerekwa.

9. Abakuza basaana batye n'okwekuuma baleme kuyisa bubi bamulekwa, abo ababa babalaa-middwa okulabirira — olw'okutya nabo nti singa abaana ababawe baliyisibwa obubi, bwe baliba nabo bafudde ne babaleka nga bato amabujje, abateesobola.

10. Abo abalya emmaali ya bamulekwa mu makubo agatali matuufu, omuliro gugenda kubumbujjira mu mbuto zaabwe ku lunaku lw'okuyimirizibwa mu maaso ga Katonda. Nabbi (s.a.w.) yagamba

(baba) balya Muliro mu mbuto zaabwe, era begenda kwesogga omuliro ogu-bubuuka.

11. Katonda abalaamira (engabanya y'emmaali y'obusika ku) baana bammwe; alina omusajja ekyenkanyi ky'omugabo gw'abakazi babiri, bwe babeera abakazi babiri oba nga basukka ababiri, balina bibiri byakusatu mw'ebyo (omufu) by'aba alese, naye bw'aba omuwala nga ali omu yekka alina kimu kyakubiri. N'abazadde be (ab'omufu) buli omu ku bombiriri alina kimu kya mukaaga, bw'aba nga (omufu) alina omwana; kyokka bw'abanga talina mwana ne bamusikira bakadde be, alina nnyina kimu kya kusatu. Naye bw'abanga alina baganda be ne bannyina, nnyina olwo alina kimu kya mukáaga, oluvannyuma lw'ebaraamo ebiraamibwa oba ebbanja (okusasulibwa). Baki-tammwe n'abaana bammwe: temumanyi ani mu bo (asinga okuba) ow'omugaso oguli okumpi nammwe. (Eyo) y'engereka eyava eri Katonda. Ne Katonda Mumanyi, Mukakasa.

ظَلَمًا إِنَّمَا يَكُونُ فِي بَطْنِهِمْ  
نَارًا وَسَيَصْلُونَ سَعِيرًا ①

يُوصِيكُمُ اللَّهُ فِي أَوْلَادِكُمْ  
لِلذَّكَرِ مِثْلُ حَظِّ الْأُنثَيَيْنِ ۗ  
وَإِنْ كُنَّ نِسَاءً فَوْقَ اثْنَتَيْنِ  
فَلَهُنَّ ثُلُثَا مَا تَرَكَ ۚ وَإِنْ كَانَتْ  
وَاحِدَةً فَلَهَا النِّصْفُ وَلِابْوَيْهِ  
لِكُلِّ وَاحِدٍ مِّنْهُمَا الشُّدُسُ مِمَّا  
تَرَكَ إِنْ كَانَ لَهُ وَلَدٌ ۚ وَإِنْ لَمْ  
يَكُنْ لَهُ وَلَدٌ وَوَرِثَتْهُ أَبْسَلُ ۚ  
وَلِأُمَّهَ الثَّلَاثُ ۚ وَإِنْ كَانَ لَهُ  
إِخْوَةٌ فَلِأُمَّهَ الشُّدُسُ مِنْ  
بَعْدِ وَصِيَّتِ يُوْصِي بِهَا أَوْ ذَيْنِ  
أَبَاءُكُمْ وَأَبْنَاؤُكُمْ لَا تَدْرُونَ  
أَيُّهُمْ أَقْرَبُ لَكُمْ نَفَعًا فَرِيضَةٌ مِنَ  
اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ②

abakkiriza nti: Mwewale ebintu (ebigambo) musanvu ebizikiriza. Ne bamubuza nti: bye biriwa? N'abagamba nti: okugatta Katonda n'ebintu ebirala, okuloga, okutta omuntu awatali nsonga ntuufu, okulya emmaali evudde mu kuwola kw'okuzzaamu, okulya emmaali ya mulekwa n'oku-waayiriza abakazi abakkiriza obwenzi sso nga ate tebabifaako eby'obwenzi.

11. Katonda okutandika ensonga y'obusika N'ekigambo — ku baana kitegeeza nti y'asinga ekisa n'obusaazi eri abantu n'okusinga ababazaala. Era mu kugabira, agabira buli omu ekigero ekimusaana mu bwenkanya. Mu kugabanya eby'obusika, Katonda alaaamira abantu nti omufu bw'afa n'aleka a baana be omulenzi n'abawala nga tewali mulala yenna wa kugabana ku mmaali ye, abaana abo be bagigabana yonna nga omulenzi atutte emigabo ebiri, omuwala gumu. Omulenzi okusinza omuwala tekiri kuba nti y'asinga okwagalwa, wabula lwa nsonga nti omulenzi y'alina obuzibu n'obuvunaanyizibwa okusinga omuwala. Omufu bw'aba alese abaana b'obuwala babiri bokka oba n'okusingawo nga tebalina bannyinaabwe bagabana bibiri byakusatu (2/3) ku by'alese;

12. Era mulina kimu kyakubiri mw'ebyo bye baba balesse abakyaala bammwe, bwe baba nga tebalina baana (oba abazzukulu); naye bwe baba nga balina omwana, mulina kimu kyakuna mw'ebyo bye baba balesse, oluvannyuma lw'ebaraamu bye baba balaamy'e oba ebbanja (okusasulibwa). Era balina kimu kyakuna mw'ebyo bye muba mulese (mmwe babbaabwe), bwe muba nga temulina mwana (oba bazzukulu); naye bwe muba n'omwana olwo balina kimu kyamunaana mw'ebyo bye muba mulese oluvannyuma (lw'okuggyako) ebiraamu bye mulaamy'e oba ebbanja. Bw'aba omusajja oba omukazi ow'okusikirwa talesse baana oba (abazzukulu) wadde bazadde be (*Al-Kalaalat*) kyokka nga alina muganda we oba mwannyina (munabbeere ow'okumusikira) alina buli omu ku bombiriri kimu kyamukaaga,

وَلَكُمْ نِصْفُ مَا تَرَكَتُمْ أَزْوَاجِكُمْ  
 إِنْ لَمْ يَكُنْ لَكُنَّ وَلَدٌ فَإِنْ كَانَ  
 لَكُنَّ وَلَدٌ فَلَكُمْ الرُّبْعُ مِمَّا  
 تَرَكَتُمْ مِنْ بَعْدِ وَصِيَّتِ الْوَصِيَّةِ  
 بِهَا أَوْ دَيْنٍ وَلَكُنَّ الرُّبْعُ مِمَّا  
 تَرَكَتُمْ إِنْ لَمْ يَكُنْ لَكُمْ وَلَدٌ  
 فَإِنْ كَانَ لَكُمْ وَلَدٌ فَلَكُنَّ  
 النِّسْفُ مِمَّا تَرَكَتُمْ مِنْ بَعْدِ  
 وَصِيَّتِ الْوَصِيَّةِ بِهَا أَوْ دَيْنٍ  
 وَإِنْ كَانَ رَجُلٌ يُورَثُ كَلَّةً  
 أَوْ امْرَأَةً وَكُلَّهُمَا آخِرٌ أَوْ أُخْتٌ

wabula bw'aleka abaana wamu n'abazadde be bombiriri, buli muzadde afuna kimu kya mukaaga (1/6). Omufu bw'aba talesse mwana n'omu kyokka abazadde be bombi nga weebali be b'okumusikira, emmaali yonna egerekwa mu miteeko essatu nnyina n'atwala kimu kyakusatu (1/3), kitaawe bibiri byakusatu.

Nga abadde aleseewo baganda be oba bannyina babiri oba n'okusingawo, olwo nnyina atwala kimu kyakusatu; wabula kitaawe w'omufu bw'abaawo, baganda b'omufu tebafuna mugabo gwonna.

Okugabanya ebintu by'obusika eri bamulekwa n'ab'engganda kubaawo luvannyuma lwa kugyibwako ku mmaali elekeddwa omufu, emmaali gye yalaamira abo abatali basika nga ate tesussa kimu kyakusatu eky'emmani gy'alesse, mu ngeri y'emu amabanja g'alesse ge gasooka okusasulwako nga n'ebiraamo tebinnalowoocbwako, ekyo nga kikolebwa olw'okukuuma n'obutalagajjalira mmaali ya mufu era ne ku lw'okutukuza ensigo ye.

Katonda agamba nti: Tugerekedde ku baana n'abazadde omugabo ogubasaanira owatali kum-mako ludda lumu kubanga bonna basuubirwamu omugaso eri omufu: Nga bw'asuubira omugaso mu mwana bw'atyo bw'agusuubira ne mu muzadde, kale Katonda kyeyava agabanyiza emmaali y'obusika wakati waabwwe; era nga eyo (waggulu) y'engereka Ye ennyinnyonyofu etali ya kukyusibwako muntu yenna.

12. Omukyala bw'afa n'aleka bbaawe naye nga tebalina mwana, bbaawe afuna kimu kyakubiri ku mmaali mukyala we gy'alesse: kyokka bwe baba n'omwana, olwo bba afuna kimu kyakuna (1/4). Ye omwami bw'afa, omukyala atwala kimu kyakuna ku mmaali gy'alesse bwe baba nga tebabadde na mwana. Omusajja oba omukyala bw'aba wa kusikirwa baganda be bannabbeere (mwannyina oba muganda we bwe bagatta nnyaabwe naye nga baawula kitaabwe), nga talina mwana oba bazadde b'alesse, — muganda we bw'aba omu afuna kimu kyamukaaga era bw'atyo bw'afuna mwannyina

naye bwe babeera nga bangi okusin-gako awo, olwo nabo beegatta (ne bafuna) ku kimu eky'okusatu, olu-vannyuma lw'ekiraamu ekiraamibwa oba ebbanja (okuggyibwako) ekitali kya kabi (ku basika). (Kino) ky'eki-raamu ekyava eri Katonda. Ne Kato-nda Amani, wa Kisa.

13. Ebyo bye bikomo by'amateeka ga Katonda: n'omuntu agondera Katonda n'Omubaka We, (Katonda) alimuyingiza Ejjana mwe gikulukutira emigga wansi waayo, ba kubeera mu yo lubeerera. N'okwo kwe kwesiima oku-nene (okwa nnamaddala).

14. N'oyo ajeemera Katonda n'Omub-aka We n'asukka ebikomo by'ama-teeka Ge, (Katonda) alimuyingiza Omuliro — wa kubeera mu gwo lubee-rera; (abeeremu nga) alina ebibony-obonyo ebinyoomesa.

فَلِكُلِّ وَاحِدٍ مِّنْهُمَا السُّدُسُ  
فَإِنْ كَانُوا أَكْثَرَ مِنْ ذَلِكَ  
فَهُمْ شُرَكَاءُ فِي الثُّلُثِ مِنْ بَعْدِ  
وَصِيَّتِهِ يُوصَى بِهَا أَوْ دَيْنٍ غَيْرِ  
مُضَارَّةٍ وَصِيَّةً مِّنَ اللَّهِ وَاللَّهُ  
عَلِيمٌ حَلِيمٌ ﴿١٣﴾

تِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ وَمَنْ يُطِيعِ  
اللَّهَ وَرَسُولَهُ يُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ  
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ  
فِيهَا ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١٤﴾

وَمَنْ يَعْصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَ  
يَتَعَدَّ حُدُودَهُ يُدْخِلْهُ نَارًا  
خَالِدًا فِيهَا وَلَهُ عَذَابٌ  
أَلِيمٌ ﴿١٥﴾

bw'aba omu. Kyokka bwe basingako awo, bonna awamu bafuna kimu kyakusatu eky'emmaali yonna gy'alese era bagabana kyenkanyi omulenzi n'omuwala.

Emigabo gyonna gibaaowo luvannyuma lwa kuggyako biraamo na mabanja, waleme kulectawo kabi konna ku busika: gamba nga omufu okulaama n'asussa ekimu ekyokusatu eky'emmallo omufu gy'alese oba n'alaamira omu ku abo abanaasika.

Ebyo byonna waggulu ngereka eyava eri Katonda tesaana kusuulwa Muguluka.

14. Omuntu afuna ebibonerezo ebinyoomesa emirembe n'emirembe bw'atakola nga amateeka g'engereka y'emmaali y'obusika bwe galagira okugigabanya. Era aba akusizza wamu n'okunyooma ekiragiro kya Katonda.

Nabbi (s.a.w.) yagambo nti: "Mazima omusajja ayinza okukola emirimu gy'abalongoofu egi-muyingiza mu Jjana okumala ebbanga lya myaka nsaanvu (70) naye bwe yeekubiira nga alaama, aba akomekkereza emirimu gye n'omulimu ogusinga obubi era ayingira omuliro. Ate waliwo omusajja ayinza okukola emirimu gy'abonoonyi okumala ebbanga lye limu ery'emyaka ensanvu, naye bw'alaama mu bwenkanya, aba akomekkereza emirimu gye n'omulimu ogusinga obulungi, era ayingira Ejjana."

15. N'abo abakazi ababa bakoze eby'obwenzi mu bakyala bammwe, mujulize ku bo (abajulizi) bana mu mmwe. Bwe baba nga babajulidde (ne kiba kituufu) mubaziyizenga okufuluma mu mayumba (gamwe) okutuusa olumbe lwe lulibatta oba Katonda lw'alibateerawo ekkubo (eddala — n'etteeka eppya).

وَالَّتِي يَأْتِينَ الْفَاحِشَةَ مِنْ  
نِسَائِكُمْ فَاسْتَشْهِدُوا عَلَيْهِنَّ  
أَرْبَعَةً مِنْكُمْ فَإِنْ شَهِدُوا  
فَأَمْسِكُوهُنَّ فِي الْبُيُوتِ حَتَّى يَتَوَدَّعْنَ  
الْمَوْتَ أَوْ يُجْعَلَ اللَّهُ لَهُنَّ سَبِيلًا ⑮

16. N'abo bombiriri abakikola (eky'obwenzi) mu mmwe abasajja mubabonerezenga. Naye bwe babanga beenezyezza ne balongoosa, mubaleke. Mazima Katonda Y'akkiriza okwenenya, Omusaasizi.

وَالَّذِينَ يَأْتِيهِمْ آيَاتُنَا مِنْكُمْ قَدْ وَهَمُوا فَأَنْ  
تَابُوا وَأَصْلَحُوا فَأَعْرَضْنَا عَنْهُمْ سَاءَ  
إِنَّ اللَّهَ كَانَ تَوَّابًا رَحِيمًا ⑯

17. Mazima okwenenya okukkirizibwa awali Katonda kw'abo abakola ebibi mu butamanya bwe bamala ne beenenya (eri Katonda) mu banga ery'okumpi. Abo Katonda akkiriza okwenenya kwabwe. Katonda Ye Mumanyi, Omukakasa.

إِنَّمَا التَّوْبَةُ عَلَى اللَّهِ لِلَّذِينَ يَعْمَلُونَ  
السُّوءَ بِجَهَالَةٍ ثُمَّ يَتَوَدَّعُونَ مِنْ  
قَرِيبٍ فَأُولَئِكَ يَتُوبُ اللَّهُ عَلَيْهِمْ  
وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ⑰

18. Tekuli (kukkirizibwa) okwenenya kw'abo abakola ebibi okutuusa okufa

وَكَيْسَتْ التَّوْبَةُ لِلَّذِينَ يَعْمَلُونَ

15. Abakyala abafumbo Abasiraamu nga benze, wateekebwawo abajulizi bana abeesigwa ababalabye nga bakikola ne babalumiriza. Bateekwa okuba nga basajja Basiraamu, era obujulizi bwabwé bwe bukakata, temukkirizanga bakyala abo kufuluma mayumba okutuusa okufa oba Katonda lw'alikyusa etteeka eryo. Etteeka eryo Katonda yalikyusa n'eddala eriri mu ssuula Nnuuru (24:2) eriragira okutta omwenzi omufumbo nga akubibwa amayinja okutuusa lw'afa. Wabula oyo atali mufumbo akubibwa emiggo kikumi (100) singa obujulizi obw'abajulizi abana bukakata. Nga etteeka eryo limaze okukka, Nabbi (s.a.w.) yalangirira ng'agamba nti: "Mutwale bino nga muggya eri Ye (Katonda) amazima: Katonda abateereddewo ekkubo; oyo atannawasa n'atannafumbirwa nga ayenze wa kukubibwanga emiggo kikumi n'okuwanngangusibwa okumala ebbanga lya mwaka mulamba. Ate oyo eyawasaako oba eyafumbirwa wa kukubibwanga mayinja okutuusa lw'afa. Abasajja Abasiraamu nga benze, mubavuma wamu n'okubawemuukiriza nga bwe bakubibwa n'engatto."

Na lino etteeka lyagibwawo oluvannyuma nga bwe kyannyonyoddwa mu ntandikwa.

17. Katonda asonyiwa oyo eyeenenya. Abayivu bagamba mu kuvvuunula ekigambo kino nti, buli yenna akola ekibi aba tamanyi okutuusa lw'amala okukikola. Ekyagendererwa n'ebbanga ery'okumpi ky'ekyo ekiseera ky'obulamu bw'omuntu bwonna kyokka nga tannatuusa ku kuyiriitira nga aggyibwamu omwoyo gwe.

18. Okwenenya okukkirizibwa eri Katonda ssi kwe kw'omuntu alinda n'alabira ddala nga

Iwe kuba nga kusemberedde omu mu bo, awo n'agamba nti: Mazima neene-nyezza olwa leero; era si abo abafa nga nabo bakafiiri. Abo twabateekerateekera ebibonyobonyo ebiruma.

19. Abange mmwe abakkiriza! Temukirizibwa mmwe okusikiranga abakazi (Bannamwandu b'ab'enganda zammwe) olw'empaka. Era temubaziyizanga mulyoke mugende n'ebimu kw'ebyo bye mwabawa, wabula (muyinza) okubakambuwalira bwe baba nga babadde bakoze oby'obwenzi obw'olwatu. Kyokka mukolaganenga nabo w ngeri ennungi. Bwe muba nga mubatamiddwa (temubatanga), (kubanga) oba olyawo mwanditamwa ekintu, ate Katonda n'akissaamu obulungi obungi.

20. Bwe mubanga mwagadde okuwaanyisa (muwase omulala) mu kifo ky'omu-

السَّيِّئَاتِ حَتَّىٰ إِذَا حَضَرَ أَحَدَهُمُ الْمَوْتُ قَالَ إِنِّي تُبْتُ الْفَنَ وَلَا الَّذِينَ يُمُوتُونَ وَهُمْ كَمَا ۖ أُولَٰئِكَ أَعْتَدْنَا لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ۝١٨

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا يَحِلُّ لَكُمْ أَنْ تَرْتَوُوا النِّسَاءَ كَرَهًا وَلَا تَعْضَلُوهُنَّ لِتَذْهَبُوا بِبَعْضِ مَا آتَيْتُمُوهُنَّ إِلَّا أَنْ يَأْتِيَنَّ بِفَاحِشَةٍ مُّبِينَةٍ وَعَاشِرُوهُنَّ بِالْمَعْرُوفِ فَإِنْ كَرِهْتُمُوهُنَّ فَعَسَىٰ أَنْ تَكْرَهُوا شَيْئًا وَيَجْعَلَ اللَّهُ فِيهِ خَيْرًا كَثِيرًا ۝١٩

وَلَنْ أَرَدْتُمْ أَنْ تُسْتَبَدَّالَ رَوْحِكُمْ كَانَ

Malaika Walumbe amusemberedde olwo n'alyoka yeenenya; era ssi na kw'abo abafiira mu bukafiiri nga bagatta Katonda n'ebintu ebirala, era n'okuwakanya Bannabbi Be.

19. Aya eno etegeeza nti temukirizibwa mmwe basajja Abasiraamu okusikirira olw'empaka abakyala bannamwandu ba baganda bammwe abafudde, ne kiba nga bwe musikira ebintu byabwe; era temubabonyabonyanga, balyoke balemererwe babaddize ebimu kw'ebyo bye mwabawa — gamba nga emmaali ey'amahare oba endala. Wabula okuggyako nga babadde benze mu lwatu olwo lwe muba mulina okubakambuwalira oba okubakaluubiriza okutuusa lwe beenunula, kyokka nga si kubanyagako bya busika byabwe. Omukyala nga amazeko ebbanga erikkirizibwa mu ddiini okutuula mu luggya lw'omufu, olwo aba wa ddembe okugenda w'ayagala oba okufumbirwa oyo yenna gw'asiime.

Bwe baba tebakoze bisobyo nga ekyo mwogerenga nabo bulungi nga mwelongoosa mu bikolwa byammwe gye bali. Nammwe abasajja mwefeeko mulabikire abakyala bulungi nga nabo bwe mwagala babalabikire. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti asinga mu basajja bonna obulungi y'oyo abasinga basajja banne obulungi eri bakyala be; nange nze mbasinga obulungi eri bakyala bange.

Bwe mulaba waliwo ensonga ebakayisizza abakyala abo naye ne mugumiikiriza obukyayi bwammwe — oluusi mwandibaamu mu kikulwa ekyo obulungi bungi kuno ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma.

20. Bw'aba nga omu mu basajja ayagadde okuta mukyala we awaseemu omulala mu kifo kye



kyala (oyo gwe mulina) ka mube nga mwawa omu mu bo (oyo gwe mwagala okuta) endulundu y'emmaali. Temumuggyangako (kweddiza ku yo) kintu kyonna: Abaffe, mwandigibatutteko mu by'akalebule (ne mu bulyazamaanyi ne mugwa) mu kibi ekyenkunala?

21. Ngeri ki bwe mugimuggyako (ne mugyeddiza) nga ate yatuuka omu ku mmwe eri munne, ne baggya ku mmwe (abakyala abo) endagaano enzito (ey'obufumbo n'okukuumagana mu ddembe)?
22. Era temuwasanga abakyala abo baki-tammwe be baawasaako, wabula ekyo (kye mwakola eky'ekika kino) ekyayita. Mazima ekyo kyali kya buwemu na kusunguwalirwa Katonda, era nga kkubo erisinga obubi.
23. Kwaziyizibwa ku mmwe (okuwasa) bannyammwe, ne bawala bammwe, ne bannyinammwe, ne bassengammwe, ne bannyammwe abato, ne bawala ba muganda wo, n'aba mwannyoko, ne bannyammwe abo abaabayonsa, ne bannyinammwe ku lw'okuyonka, ne bannyazaala bammwe, n'abaana ba bakyala bammwe (abo be baa-zaala awalala) abali mu kulabirirwa

زَوْجٍ وَأَتَيْتُمْ أَحَدَهُنَّ قَطْرًا فَلَا  
تَأْخُذُوا بِوَعْدِهِ سِيمًا طَأْخُذُوا وَنَهَى هُنَّ نَائًا  
وَأَتَمَّا مَبِينًا ٢٠

وَكَيْفَ تَأْخُذُونَ وَوَقَدْ أَفْضَى بَعْضُكُمْ  
إِلَى بَعْضٍ وَأَخَذَنَّ مِنْكُمْ مَبِينًا قَاعًا غَلِيظًا ٢١

وَلَا تَنْكِحُوا مَا نَكَهَ آبَاؤُكُمْ مِنَ النِّسَاءِ  
إِلَّا مَا قَدْ سَلَفَ إِنَّهُ كَانَ فَاحِشَةً  
ع ١٣  
وَمَقْتًا وَسَاءَ سَبِيلًا ٢٢

حَرِّمَتْ عَلَيْكُمْ أُمَّهَاتُكُمْ وَبَنَاتُكُمْ وَأَخَوَاتُكُمْ  
وَعَمَّاتُكُمْ وَخَالَاتُكُمْ وَبَنَاتُ الْأَخِ وَبَنَاتُ  
الْأُخْتِ وَأُمَّهَاتُكُمُ اللَّاتِي أَرْضَعْنَكُمْ وَ  
أَخَوَاتُكُمُ مِنَ الرِّضَاعَةِ وَأُمَّهَاتُ نِسَائِكُمْ  
وَرَبَائِبُكُمُ اللَّاتِي فِي حُجُورِكُمْ مِنْ نِسَائِكُمْ

naye nga mwamuwa — oyo gwe mwagala okuta endulundu y'emmaali, temukolanga ensobi ne mweddiza akantu konna mw'ebyo bye mwamuwa. Ngeri ki omusajja omukkiriza bw'aggyako omukyala emmaali eyo gye yamuwa nga ate baalabagana dda naye be bakola n'endagaano y'obufumbo enkakafu?

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mulamuraganenga musobole okuyisa obulungi abakyala bammwe. Mazima mmwe mwabatwala kuba kitereso kya Katonda kye yabateresa; era ne mukkirizibwa obwereere bwabwe ku lw'ekigambo kya Katonda eky'okubagatta mu bufumbo obutukuvu."

22. Omuntu awasa omukyala eyawasibwako kitaawe, aba akoze eky'obuwemu era Katonda ky'asunguwalirwa; akikoze aba akutte ekkubo erisinga obubi.

23. Mukuutirwa obutawasa bannyammwe ne bajajammwe ku njuyi zombi, olwa nnyoko ne kitaawo, abo bazira. Ku bawala bammwe ne bazukkulu bammwe abo abava mu bawala abo ne mu batabani bammwe kwe bagendera, era ne bawala ba bannyinammwe bazira ku mmwe. Bawala ba bannyammwe abato wamu ne baganda baabwe abawala bazira gye muli: gamba nga ne bawala ba

kwammwe, abava mu bakyala bammwe be mwalabagana nabo — (naye) bwe mubeera nga temulabaganye nabo olwo temulina kibi (okuwasa bawala baabwe); — (Era mwaziyizibwa okuwasa) ne bakyala ba batabani bammwe abo abaava mu migongo gyammwe. Era kizira okugatta awamu mu kiseera kye kimu abakyala ab'oluganda ababiri, wabula ekyo (kye mwakola ng'etteeka lino terinnajja). Mazima Katonda yali Omusonyiyi (okuva ddi n'okutuusa ddi), Omusaasizi.

24. N'abakyala abafumbo (muziyizibwa okubawasa), wabula abo (abawambe) be gyafuna emikono gyammwe egya ddyo. (Ekyo) kiwandiko kya Katonda kye yakakasa ku mmwe: Kikkirizibwa ku mmwe (okuwasa) abo abali emabega w'abo, nga mu-noonya (okubawasa) n'ebirabo okuva mu mmaali zammwe, nga muli abamalirivu okubawasa sso ssi okubendako. Abo be muba musanyuse nabo mu bo mubawenga empeera ya-

الَّتِي دَخَلْتُمُوهِنَّ فَإِنْ لَمْ تَكُونُوا  
دَخَلْتُمُوهِنَّ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ  
وَحَلَائِلُ أَبْنَائِكُمُ الَّذِينَ مِنْ  
أَصْلَابِكُمْ وَأَنْ تَجْمَعُوا بَيْنَ  
الزَّوْجَتَيْنِ إِلَّا مَا قَدْ سَلَفَ طَرَنَ  
اللَّهُ كَانَ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٣٦﴾

وَالْمُحْصَنَاتُ مِنَ النِّسَاءِ إِلَّا مَا  
مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ كَبَتْ اللَّهُ عَلَيْكُمْ  
وَاحِلٌ لَكُمْ مَا وَرَاءَ ذَلِكَ أَنْ  
تَبْتَغُوا بِأَمْوَالِكُمْ مُحْصِنِينَ غَيْرَ  
مُسَافِرِينَ ظَنَّمَا اسْمَ تَعْتَمِدُ بِهِ  
مِنْهُنَّ فَأُولَئِهِنَّ أَجُورُهُنَّ وَفَرِيضَةٌ

mugandawo, aba mwannyoko wamu n'abazzukulu abo abava mu bo nabo bazira. Babazira nabo bannyammwe abaabayonsako ne giwera emirundi esatu oba etaano; okwo teekako baganda baabwe abawala be bazaalibwa nabo. Bannyinammwe bannabbeera abo bwe mwawula bakitammwe oba bannyammwe, ne bawala ba bakyala bammwe ka babe nga bali mu bisenge byammwe oba nedda, kyokka nga mwegatta nabo abakyala abo; abo babazira okuwasa; mpozzi okuggyako bwe muba nga temwegattanga nabo abakyala bammwe.

Bazzukulu bammwe abo aba batabani bammwe bennyini, sso abatali abo be mwafuula abaana bammwe nga bwe yali empisa y'Abawarabu babazira okuwasa. Kizira n'okuwasa abakyala ab'oluganda ababiri mu kiseera ekimu wabula bw'obanga omu wamuta dda awo ssi kibi. Era kizira okuwasa ssenga w'omwana wamu n'omwana, omusajja omu.

Katonda yabasonyiwa ebyo byonna bye mwakolanga nga etteeka lino terinnakka kubanga Katonda Musonyiyi era Musaasizi ekiseera kyonna, okuva ddi okutuusa ddi.

24. Kizira okuwasa abakyala abafumbo abali mu kukuuma kwa babbaabwe. Eno y'enteeka-teeka entuufu esobola okukuuma omuntu obutafaanana na biramu birala, ng'ebisolo, era y'eso-bozesa obutatabula enkolo z'abantu kubanga ekikulu ekigendererwa mu bufumbo be baana abazaalibwa wakati w'abafumbiriganwa ababiri okubeera obulungi. Abafumbo bombiriri be beetikka obuvunaanyizibwa bw'okulabirira abaana abo, n'okubateekerateekera obulamu obw'omu maaso. Naye singa omukazi yali ow'abasajja ababiri, kyandibadde kizibu nnyo okulabirira abaana abo n'okumanya ani kitaawe w'omwana oyo gw'aba azadde.

Wabula abakyala abo ababa nga bafumbo ne bawambibwa ku lutalo olw'eddiini ne mubalesa babbaabwe — abo tebazira kuwasa.

abwe (amahare) mu bukakafu nga bwe yagerekwa; temulina kibi ku mmwe mw'ekyo kye munaaba musazewo ne musimagana nakyo (bwe mukyusaamu ku mutemwa gw empeera egerekeddwa), oluvannyuma lw'okukikakasa, kubanga mazima Katonda Y'Amanyi, Omulamuzi ku byonna.

25. N'oyo atayinzizza mu mmwe kusobola okuwasa abaana baboowo abakiriza, awase mw'abo (abazaana bammwe) be gyafuna emikono gya-mmwe egya ddyo (okuva) mu bawala abavubuka abo abakiriza; ne Katonda amanyi Obukkiriza bwammwe. Mwenna abamu bava mu bannaabwe, kale mubawase ku lw'okukiriza kwa bannyinibo, era mubawenga empeera yaabwe (amahare) mu ngeri ennungi (emanyiddwa), kyokka basaanye babe nga ba nsa abatali bamalaaya oba abeeteerawo emikwano egy'obubba: Naye bwe baba nga bafumbiddwa ne bakolanga eby'obwe-

وَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِيمَا تَرَا ضَيْعُهُمْ  
بِهِ مِنْ بَعْدِ الْفَرِيضَةِ إِنَّ اللَّهَ  
كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿٣٥﴾

وَمَنْ لَّمْ يَسْتَطِعْ مِنْكُمْ طَوْلًا أَنْ  
يَنْكِحَ الْمُحْصَنَاتِ الْمُؤْمِنَاتِ فَمِنْ  
مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ مِنْ فَتَيَاتِكُمُ  
الْمُؤْمِنَاتِ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِإِيمَانِكُمُ  
بَعْضُكُمْ مِنْ بَعْضٍ فَإِنْ كَوَّهْتُمْ  
بِأَرْزَانِ أَهْلِهِنَّ وَأَوْهَنْ أَجْوَرِهِنَّ  
بِالْمَعْرُوفِ مُحْصَنَاتٍ غَيْرٍ مُسْفِيحَاتٍ  
وَلَا مُتَّخِذَاتِ أَخْدَانٍ فَإِذَا أَحْصَيْتُمْ

Ekyo kyaliwo nga wakyaliiwo okulwanagana wakati w'Abasiraamu n'abatali Basiraamu eddiini nga ky'eje eje. Mu biseera ebyo olwo etteeka nga likkiriza okuwamba abaddu n'abazaana, naye tewali muntu azaalibwa nga muddu oba nga muzaana wabula ku lwa nsonga ya lutalo ate nga lwa ddiini.

Eyo y'endagaano ya Katonda gye yabakakasaako mmwe abakiriza okutuukiriza nga abeekesa ebitasaana; temugimenyanga ne musukka amateeka Ge.

Abakyalala abo bonna abatayogeddwa, mukkirizibwa okuwasa mu bo naye nga mubawasa na kuwaayo mmaali yammwe (amahare) mu ngeri y'ebirabo; era mubeere abamalirivu okubawasa sso ssi abagenderera okubendako obwenzi. Abo abakyalala be muba musiiimaganye nabo mu bo, mubasasule ensimbi zaabwe ez'amahare nga bwe zaagerekebwa: — nga kyo kikakafu ku mmwe okuzibasasula sso ssi lwa kweyagalira. Wabula abafumbiriganiddwa bombiriri tebalina kibi eri Katonda, singa omukyala akkirizza okukendeereza ku bba ku bintu bye baalagaanye okumuwa, oba ye omusajja singa ayagadde okwongera ku mukyala we okusukka kw'ebyo bye baalagaanye.

Ddala Katonda yateeka amateeka ago nga agaggya ku kumanya, era y'amanyi ebyo ebiyinzako okulongoosa obufumbo. Buli mukkiriza yenna atekwa buteekwa okukwata amateeka ago n'okuteereza omutima gwe obutasigalamu kubuusa buusa kwonna ku mateeka ga Katonda Oyo Omumanyi ate Omulamuzi atasaliriza.

25. Omuntu aba talina mmaali emusobozesa bakyalala abo abaana baboowo, awase abawala abazaana abakiriza era nga ne bakama baabwe Basiraamu. Abazaana nabo baali baana baboowo kale mubawasenga na kumala kukkiriza kwa bakama baabwe, era nabo mubawe mu kubawasa sseente zaabwe ezibawasizza (amahare) mu ngeri entuufu, awatali kubaseera. Kyokka bateekwa bawe

nzi kuli ku bo kitundu kya kibone-rezo ekyo ekiteekabwa ku baana baboowo. Ekyo kiri kw'oyo aba atidde obuzito (bw'okugwa mu kibi) mu mmwe; naye bwe muba nga mugumikirizza ky'ekirungi ekisinga gye muli. Ne Katonda Musonyiyi era Musa-asizi.

26. Katonda ayagala okubannyonyola mmwe era abalungganye mu kkubo ly'abo abaabakulembere; era akkirize okwenenya ku mmwe; ne Katonda Mumanyi, Omukakasa.
27. Era Katonda ayagala akkirize okwenenya ku mmwe, naye baagala abo abagoberera eby'obwagazi (ebibi) mukyuke olukyuka olunene nga mu-mwewala.
28. Era Katonda ayagala okubakendee-reza ku bizibu byammwe: kuba yatondebwa omuntu nga munafu.
29. Abange mmwe abakkiriza! Temul-yannangananga emmaali yammwe mu butali butuufu wab'ala nga kubadde kusuubulagana okuvudde mu kuk-kaanya wakati wammwe: Era temut-tanga emyoyo gyammwe. Mazima

فَاِنْ آتَيْنَ بِفَاحِشَةٍ فَعَلَيْهِمْ نَصْفٌ  
مَا عَلَى الْمُحْصَنَاتِ مِنَ الْعَذَابِ ط  
ذَلِكَ لِأَنَّ خَشْيَةَ اللَّهِ الْعِنْتِ مِنْكُمْ ط وَأَنَّ  
تَصَابُرَكُمْ وَأَخِيرَ لَكُمْ ط وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٦﴾  
يُرِيدُ اللَّهُ لِيُذْهِبَ عَنْكُمْ  
سُنَنَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ وَيَتُوبَ  
عَلَيْكُمْ ط وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٢٧﴾  
وَاللَّهُ يُرِيدُ أَنْ يَتُوبَ عَلَيْكُمْ ط  
يُرِيدُ الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ الشَّهْوَاتِ  
أَنْ تَمِيلُوا مِيلًا عَظِيمًا ﴿٢٨﴾  
يُرِيدُ اللَّهُ أَنْ يُخَفِّفَ عَنْكُمْ وَ  
خُلِقَ الْإِنْسَانُ ضَعِيفًا ﴿٢٩﴾  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَأْكُلُوا أَمْوَالَكُمْ  
بَيْنَكُمْ بِالْبَاطِلِ إِلَّا أَنْ تَكُونُوا  
تِجَارَةً عَنْ تَرَاضٍ مِنْكُمْ وَلَا

beesimbu mu bufumbo awatali kuba na mikwano gya bbali gye bendako. Nga omukyala omuzaana ayenze, ye akubibwa kibooko makumi ataano (50) mu kifo ky'emiggo ekukumi (100) egikubibwa abaana baboowo nga benze — Awasa omuzaana, omuntu oyo aba atidde obuzito bw'okugumikiriza obutakola bya wenzu, wabula singa omuntu asobola okugumikiriza ne yeekuuma obwenzi okutuusa lwasobola okuwasa omwana waboowo, amateeka tegakiriza kuwasa muzaana.

27. Abagobereze ba Sitaane baagala bakyuse era babuze abakkiriza okubaggya ku mazima ne ku kkubo eggolokofu.

28. Katonda ayagala okudiriza ku buzito bw'amateeka Ge, awe abakkiriza amateeka amangu n'ebiragiro ebisoboka.

29. Abakkiriza bagaanibwa okulya emmaali ya bannaabwe mu ago amakubo gona Katonda ge yagaana okukozesa mu kufuna emmaali: okugeza nga okulya enguzi, zzaala, okuwola okw'oku-zaamu, n'okuttirira awamu n'ebirala ebitali ebyo.

Katonda yali Musaasizi eri mmwe,  
okuva ddi okutuusa ddi!

تَقْتُلُوا أَنْفُسَكُمْ إِنَّ اللَّهَ كَانَ  
بِكُمْ رَحِيمًا ﴿١٥﴾

30. N'omuntu akola ekyo ku lw'obulu-  
mbaganyi n'obulyazaamaanyi, tuli-  
musogga mu Muliro, era ekyo ku  
Katonda kyangu.

وَمَنْ يَفْعَلْ ذَلِكَ عُدَّوَانًا وظَلَمًا  
فَسَوْفَ نُصَلِّيْهِ نَارًا ؕ وَكَانَ ذَلِكَ  
عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ﴿١٦﴾

31. Bwe mubanga mwewaze ebisobyo  
ebinene eby'ekivve ebyo bye mwaga-  
anibwa, tujja kubakingiriza tubagg-  
yeko ebibi byammwe era tulibayingi-  
za oluyingiza olw'ekitiibwa.

إِنْ تَجْتَنِبُوا كَبِيرَ مَا تُنْهَوْنَ عَنْهُ  
نُكَلِّمُ عَنْكُمْ سَيِّئَاتِكُمْ وَنُدْخِلُكُمْ  
مُدْخَلًا كَرِيمًا ﴿١٧﴾

32. Era temwegombanga ebyo Katonda  
bye yasinza nabyo abamu ku banna-  
abwe: Balina abasajja omugabo gw'-  
ekyo kye baba bakoze, n'abakyala  
balina omugabo mw'ekyo kye baba  
bakoze; (temukwatirwagana bug-  
gya) wabula musabe Katonda mu bi-  
gabwa Bye. Mazima Katonda Ama-  
nyu buli kintu.

وَلَا تَتَمَنَّوْا مَا فَضَّلَ اللَّهُ بِهِ بَعْضَكُمْ  
عَلَى بَعْضٍ ۗ لِلرِّجَالِ نَصِيبٌ مِّمَّا  
اكتَسَبُوا وَلِلنِّسَاءِ نَصِيبٌ مِّمَّا  
اكتَسَبْنَ ۗ وَسَأَلُوا اللَّهَ مِنْ فَضْلِهِ  
إِنَّ اللَّهَ كَانَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿١٨﴾

33. Na buli omu Twamuteerawo abamu-  
sikira (ab'oluganda) mw'ebyo bye  
baba balese abazadde ababiri n'ab'o-  
luganda, n'abo be byakakatako ebi-

وَلِكُلِّ جَعَلْنَا مَوَالِي مِمَّا تَرَكَ  
الْوَالِدِينَ وَالْأَقْرَبُونَ ۗ وَالَّذِينَ

Emmaali ekkirizibwa y'eyo evudde mu kusuubulagana okuli mu kukkaanya wakati w'omuguzi n'omutunzi. Abakkiriza balabulwa obutazikirizanga myoyo gyabwe ne bakola ebyonoono wamu n'okujeemera Katonda.

31. Bwe mwewala okukola ebibi eby'ekivve Katonda bye yagaana, Katonda ajja kubasonyiwa ebisobyo ebyo ebitono ebbaliko era alibayingiza Ejjana Ennyumba Ey'emirembe, era ey'ekitiibwa.

32. Aya eno yakka mu kiscera abamu ku bakyala lwe beegombanga okuba abasajja balyoke basobole okutabaala bafune nabo empeera eziva mu kutabaala ng'abasajja ze bafuna. Katonda yagissa nga agaana okwegomba okwo: Yagamba nti: "Abasajja basasulwa empeera z'ebyo ebirungi bye baba bakoze; bwe batyo n'abakyala", kuba ye Katonda y'amanyi asaanirwa okuwebbwa n'atasaanirwa.

33. Buli muntu, alina ab'enniganda ze abamusikira mw'ebyo by'ealese singa aba afudde — nga omwo mw'otwalidde n'oli bw'abanga yatta nabo omukago. Abantu abo ab'omukago mubawenga

rayiro byammwe, mubawenga omugabo gwabwe. Mazima Katonda Mujuluzi ku buli kintu.

34. Abasajja be bayimiridde ku kulabirira abakyala ku lw'ebyo Katonda bye yasinza abamu ku bannaabwe, ne ku lw'ebyo bye baawaayo mu mmaali zaabwe. N'olw'ekyo abakazi abalongoofu be bo abawulize, era abakuuma ebyama (bya babbaabwe) mu butabaawo (bwabwe) ku lw'ekyo Katonda kye yabakuumisa. N'abo abakyala be mutya okujeema kwabwe mubabuulirirenga, era mubasenguke mu buliri, era mubakube; kyokka bwe babanga babagondede, temubanoonyangako kkubo (Iya kubabonyabonya). Mazima Katonda Ye, y'Ali owa Waggulu, Ow'ekitiibwa.

35. Bwe muba nga mutidde enjawukana wakati waabwe bombiriri (omusajja

عَدَدَاتِ اِيْمَانِكُمْ فَالْوَهْمُ نَصِيْبِهِمْ  
 ۞ اِنَّ اللّٰهَ كَانَ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدًا ۞

الرِّجَالُ قَوَّامُونَ عَلَى النِّسَاءِ بِمَا  
 فَضَّلَ اللّٰهُ بَعْضَهُمْ عَلَى بَعْضٍ وَ  
 بِمَا اَنْفَقُوا مِنْ اَمْوَالِهِمْ وَالصَّالِحَاتُ  
 قَنِيْنٌ حَفِيْظَاتٌ لِلْغَيْبِ بِمَا حَفِيْظَ  
 اللّٰهُ وَالرِّبٰى تَحٰۤاۤوُنٌ مُّشْوَرٰهِنَّ  
 فَعَزُوْهُنَّ وَاهْجُرُوْهُنَّ فِى  
 الدِّمَاجِ وَاصْرِبُوْهُنَّ ۚ اِنْ  
 اَطَعْنَكُمْ فَلَا تَبْغُوْا عَلَيْهِنَّ  
 سَبِيْلًا ۗ اِنَّ اللّٰهَ كَانَ عَلِيْمًا  
 كَبِيْرًا ۞

وَاِنْ خِفْتُمْ شِقَاقَ بَيْنِهِمَا فَابْعَثُوْا

omugabo gwabwe ogwo gwe mwalagaana.

Ekyo kyaliwo mu kusooka ku lw'omukago Nabbi gwe yateeka wakati w'abo abasenguka okuva e Makka (Al-Muhaajirin) n'ew'abatuuze b'omu Madiina, abo abadduukirira Nabbi (Al-Answar). Oluvannyuma etteeka eryo lyakyusibwamu obusika ne busigalira ab'oluganda bokka.

34. Abasajja be bayimiridde ku kulabirira abakyala n'okubafuga n'okubalungama. Kino Iwa kubanga abasajja balina enkizo nnene ku bakazi mu ngeri y'obutonde ne mu ngeri y'okusobola okulabirira amaka. Era balina enkizo ku lw'emmaali yaabwe gye bawaaayo nga bawasa abakyala oba n'eyo gye bawaaayo mu kubaliisa, okubambaza n'okubajjanjaba. Kale abakyala abalongoofu bagondera babbaabwe bwe babaaawo; ate bwe batabaawo ne beekuuma nga bakuumisa ebibitibwa bya babbaabwe, emmaali yaabwe, era nabo bennyini ne beekuuma obuntu bwabwe obutakola bibaweebuula. Kale beekuma n'okukuuma ekwo okuva mu kuumu kwa Katonda.

Wabula abc abakyala be mwekengedde olw'okubalabamu obubonero obumu obulaga okujeema kwabwe mu butakola nga bwe bakakatirwa okweyisa eri mmwe babbaabwe, mubalabulenga mu kusooka naye bwe bateddako oluvannyuma lw'okubalabula okwo, olwo mubasenguke mu buliri bwabwe basule bokka. Nate bwe bataddirira n'oluvannyuma lw'ekyo, mubakube kyokka nga okukuba okwo tekumunya ggumba era nga tekutukusa nnyama oba okubambula olususu lw'eddiba.

Kyokka bwe baddamu endasi ne bajemulukuka oluvannyuma lw'ebyo, temubanoonyezan-gako ekkubo ly'okubanyiiiza oba okubakuba.

35. Singa walabikawo obutateegeragana obwagala okuyingira wakati w'abafumbo bombiriri

ne mukyala we), musindikeyo omutaawuluzi ku ludda lw'omusajja n'omutaawuluzi okuva mu bantu b'omukyala. Bwe baba nga baagadde bombiriri okutabagana, Katonda agatta wakati waabwwe: Muzima Katonda ye Mumanyi, Ategeera ebya-  
ma byonna.

36. Musinze Katonda, era temumugattanga n'ekintu ekirala kyonna; n'eri abazadde bombiriri mwelongoose, ne ku b'oluganda, ne bamulekwa, n'abanaku, n'ab'emiriraano ab'ebali (be muliraanya amayumba), ne munno ow'ebali n'omutambuze oyo akutuse ku bantu b'ewaabwwe, n'oyo gwe gyafuna emikono gyammwe egya ddyo (abaddu). Mazima Katonda tayagala oyo mwewulize, omwerazi;

37. Abo abakodowala, ne balagira abantu abalala obukodo, ne bakweka ebyo

حَكَمًا مِّنْ أَهْلِهِمْ وَحَكَمًا مِّنْ  
أَهْلِهَاهَا إِنْ يُرِيدُ إِصْلَاحًا  
يُوفِّقُ اللَّهُ بَيْنَهُمَا إِنَّ اللَّهَ كَانَ  
عَلِيمًا خَبِيرًا ﴿٣٦﴾

وَأَعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِ  
شَيْئًا وَبِالْوَالِدَيْنِ إِحْسَانًا وَبِذِي  
الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَ  
الْجَارِ ذِي الْقُرْبَىٰ وَالْجَارِ الْجُنُبِ  
وَالصَّاحِبِ بِالْجَنبِ وَابْنِ السَّبِيلِ  
وَمَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ طَرَأَ اللَّهُ  
لَا يُحِبُّ مَنْ كَانَ مُحْتَاطًا فَخُورًا ﴿٣٧﴾  
الَّذِينَ يَبْخُلُونَ وَيَأْمُرُونَ النَّاسَ

obuyinza okubaawula, abafuzi bateekwa balonde abasajja abeesigwa okuva mu b'oluganda lw'omukyala n'omusajja — waweeyo omu ku buli ludda basobole okumalwo enkaayana n'obutategeeragana ebiri wakati waabwwe. Era abalamuzi abo ababa basindikiddwawo balina okulamula nga bwe baba balabye — bwe baba balabye nti obufumbo tebukyasoboka kutereera, bayinza okwawukanya wakati waabwwe. Mu kutwalira awamu, balina okulaba ekyo ekisinga omugaso eri bombiriri, omusajja n'omukazi. Ne Katonda ategeera ekigendererwa kya buli omu n'ekyo ky'aba akwese munda ye.

36. Musinze Katonda Oyo Ali Omu mu Bwakatonda Bwe kubanga ye Mutonzi abagabira era y'alabirira ebitonde byonna era Ye y'akakatirwa okusinziywa. Temumugattanga na kintu kirala kyonna mu bitonde Bye mu kumusinja ne mu Bwakatonda Bwe. Okugatta Katonda n'ekintu ekirala ky'ekibi ekisinga ebibi byonna, era Katonda tagenda kusonyiwa oyo akikola k'abe nga yakola ebirungi ebyenkana bitya. Era eyo y'ensonga enkulu eyatumya Bannabbi bonna okujja okulunganya abantu.

Wamu n'okusinja Katonda mwelongoose eri abazadde bwammwe ababiri nga mubajjanjaba n'okubayamba. Era mwelongoose n'eri abo bonna aboogeddwako omwo nga mwe muli n'ab'omuliraano abatali ba luganda, n'abo be muba nabo ku nngendo, oba abo be mukolagana nabo; oba nga bakyala bammwe, oba abo abagenzi be baakolagananga nabo. Mweyise bulungi n'eri abaddu abo be mwawamba ku ntalo.

Ne Katonda tayagala mwewulize oba omwekuluntazi oyo eyeeragira ku bantu ku lw'ebyo Katonda bye yamuwa; era tayagala oyo ayeeraba nga ye mulungi okusinga abantu abalala bonna.

37. Okwekuluntaza n'obukodo Katonda tabyagala era bubonero obulaga obutakkiriza



**Katonda bye yabawa mu bigabwa**  
Bye; twatekeratekera eri abawakanya  
(amateeka ga Katonda) ebibonyobonyo  
ebinyoomesa;

يَا نَحْلٌ وَيَكْمُونَ مَا آتَاهُمُ اللَّهُ  
مِنْ فَضْلِهِ وَأَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ  
عَذَابًا مُهِينًا ﴿٢٧﴾

38. N'abo abawaayo emmaali yaabwe ku  
lw'okweragira ku bantu, ne batakkir-  
iza Katonda wadde Olunaku Lw'en-  
komerero: N'omuntu bw'abeera nga  
sitaane ye mukwano gwe, aba ddala  
ayoononye omukwaano.

وَالَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ  
رِثَاءَ النَّاسِ وَلَا يُؤْمِنُونَ  
بِاللَّهِ وَلَا بِالْيَوْمِ الْآخِرِ وَمَنْ يَكُنِ  
الشَّيْطَانُ لَهُ قَرِينًا فَسَاءَ قَرِينًا ﴿٢٨﴾

39. Kiki ekyandibabaddeko singa bak-  
kiriza Katonda n'Olunaku Lw'enko-  
merero era ne bawaayo (nga baggya)  
mw'ebyo Katonda bye yabagabira?  
Ye Katonda yali Abamanyi.

وَمَا ذَا عَلَيْهِمْ لَوْ آمَنُوا بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ  
الْآخِرِ وَأَنْفَقُوا مِمَّا رَزَقَهُمُ اللَّهُ  
وَكَانَ اللَّهُ بِهِمْ عَلِيمًا ﴿٢٩﴾

40. Mazima Katonda talyazaamaanya wa-  
dde obuzito bw'akanyiinkuuli: Bwe  
gulibeera (omulimu) nga mulungi  
agenda kuyongeza, awe okuva gy'ali  
empeera nnene.

إِنَّ اللَّهَ لَا يَظْلِمُ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ  
وَإِنْ تَكْ حَسَنَةٌ يَضْعَفْهَا وَيُؤْتِ  
مَنْ لَدُنْهُ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿٣٠﴾

41. Ngeri ki bwe tuliba nga tuleese okuva  
mu buli kibiina omujulizi? Ne tuku-  
leeta ggwe (Muhammadi) nga naawe  
oli mujulizi kw'abo (ab'ekibiina kyo)!

فَكَيْفَ إِذْ جِئْنَا مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ بِشَهِيدٍ  
وَجِئْنَا بِكَ عَلَى هَؤُلَاءِ نَشِيدًا ﴿٣١﴾

(bw'omuntu). Kubanga omukodo yeegaana ekyo Katonda ky'amuwadde era tayagala bantu baki-  
manyee. Oluusi atuuka n'okwek odowalira ye yennyini mu kulya kwe, ne mu kwabala kwe n'abeera  
nga atalina kantu, omuwejjere.

N'omuntu ayeegaana ebyo Katonda by'amuwadde n'abikweka era n'anyoomoola abantu, naye  
alina ebibonerezo ebinyoomesa okuva eri Katonda.

38. N'abo abagaba nga beejalabya ku lwa bandabe sso nga tebakkiriza Katonda n'Olunaku  
Lw'enkomerero, Katonda tabaagala era bo ekibatuusa kw'ekyo kwe kubuzibwa kwa Sitaane. Era  
abantu abo baba beekwanidde omukwano omubi (Sitaane) omutali muganyulo.

39. Tewali kabi kandibatuuseeko abo aboogeddwako mu aya eza 37 ne 38 singa bakkiriza  
Katonda n'Olunaku Lw'enkomerero ne bawaayo nga baggya mw'ebyo Katonda bye yabawa nga  
basubira n'empeera okuva eri Ye.

41. Buli Mubaka ye mujulizi ku bantu b'omulembe gwe — abakkiriza n'abatali bakkiriza. Ne

42. Ku lunaku olwo, abo abatakkiriza ne bajcemera Omubaka balyegomba nti: singa lyenkanyenkanye nabo ettaka (ne basaanawo). Era tebagenda ku-kweka Katonda kigambo kyonna!
43. Abange mmwe abakkiriza (Abasiraamu)! Temusembereranga okusaala nga nammwe mutamidde, okutuusa lwe mumanyanga ebyo bye mugamba, oba nga mulabaganye ne bakyala bammwe (mulina Janabba) — okuggyako abatambuze — okutuusanga lwe munaabanga omubiri gwonna. Bwe mubeeranga abalwadde, obanga muli ku lugendo (abatambuze), obanga azze omu mu mmwe ng'ava okweyamba, obanga mukutte ku bakyala oba mugasse nabo, ne mutafuna mazzi, olwo mugendereranga okukozesa ettaka eddungi, musiige mu maaso gammwe n'emikono gyammwe. Mazima Katonda ye Mulekezi, Omusonyiyi.

يَوْمَئِذٍ يُؤَدُّ الَّذِينَ كَفَرُوا  
عَصَا الرَّسُولِ لِيُؤَسِّسُوا بِهِمُ  
الْأَرْضَ وَلَا يَكْتُمُونَ اللَّهَ حَدِيثًا  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقْرُبُوا الصَّلَاةَ  
وَأَنْتُمْ سُكَارَىٰ حَتَّىٰ تَعْلَمُوا مَا  
تَقُولُونَ وَلَا جُنُبًا إِلَّا عَابِرِي  
سَبِيلٍ حَتَّىٰ تَغْتَسِلُوا وَإِنْ كُنْتُمْ  
مَرْضَىٰ أَوْ عَلَىٰ سَفَرٍ أَوْ جَاءَ أَحَدٌ  
مِّنْكُمْ مِنَ الْغَايِبِ أَوْ لَمْ تُسْمِعُوا  
فَلَمْ يَجِدُوا مَاءً فَتَيَمَّمُوا صَعِيدًا  
طَيِّبًا فَامْسَحُوا بِوُجُوهِكُمْ وَأَيْدِيكُمْ  
إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَفُورًا غَفُورًا ﴿٣٦﴾

Nabbi Muhammad yemujulizi ku kibiina ky'Abasiraamu era y'alijulira ku ebyo bye bakola ku Lunaku Lw'enkomerero.

42. Ku Lunaku Lw'enkomerero abatakkiriza balyegomba nti singa ensi ebamize ne basaanawo. Era tebagenda kusobola kukweka kigambo kyonna kye, baakola ekyo Katonda n'atakimanya.

43. Tekisaanira ku semberera kusaala oba amasinzizo ng'emizikiti (Mu maaso ga Katonda) nga omuntu aji mu mbeera nkyafu, oba nga obwongo bwe tebuli ku mbeera entebenkavu etegeera ebyo by'ayogera mu kusinza Katonda we. Oluusi ayinza okwesabira obubi mu kifo ky'okwesabira obulungi. Nga bwe kiri nti omutamiiwu tasaana wadde okubeera mu bifo ebifulumizibwa, ebyo ebyogererwamu ebigambo by'amakulu. Bwe kityo okusembera mu maaso ga Katonda mu mbeera ey'obutamiiwu kisukkirivu obubi.

Lino ly'etteeka ery'okubiri ku mateeka asatu (3) agafa ku kuwera omwenge, era etteeka eryakomererayo lyawerera ddala omwenge ne ligaana omuntu okugonywa mu ngeri yonna; era lyannyonyola nga okunya omwenge bwe kiri ekolwa kya Sitaane, kisaana okwewala.

Etteeka eryakomererayo lyagenda okukka nga Abasiraamu bonna bamaze okukakasa obubi bwagwo. Era baayanguwa mangu okugondera etteeka eryo awatali kuguddira.

Era temusemberera Katonda, omuntu bw'aba alabaganye ne mukyala ne n'aba tannaba kunaaba era na bw'avaamu amazzi agazaala. Abo abali mu mbeera ezo bazira okutuula mu muzigiti wabula nga babadde bayitamu buyisi — awo tekizira.

Bwe muba temukisobode kukozeza mazzi olw'obulwadde oba olw'okutya obulwadde obwo okweyongera, oba okulwawo okuwona; obanga muli ku nngendo empanvu, obanga muva okukyama (okweyamba) ne mutafuna mazzi; olwo mukozesenga ettaka ettukuvu. Musiigenga ettaka mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe mu kifo ky'okutawaaza n'amazzi. Mukuba ebibatu ku

44. Tolaba eri abo abaaweebwa omugabo mu Kitabo? Abaagula obubuze ne baagala nammwe mubulwe ekkubo.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ أُوتُوا نَصِيبًا مِّنَ  
الْكِتَابِ يَشْتُرُونَ الضَّلَالَةَ وَيُرِيدُونَ  
أَنْ تَضِلُّوا السَّبِيلَ ﴿٣٧﴾

45. Ne Katonda y'asinga okumanya abalabe bammwe; (n'olw'ekyo mwekeke ebyo by'aba abeekesezza). Kimala okubeera nga Katonda Ye mukuumi, era nga Ye mutaasa.

وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِأَعْدَائِكُمْ وَكَفَى بِاللَّهِ  
وَلِيًّا ۗ وَكَفَى بِاللَّهِ نَصِيرًا ﴿٣٨﴾

46. Mw'abo Abayudaaya mulimu abakyusa ebigambo okubiggya mu bifo byabyo, ne bagamba nti: Tuwulidde naye tujemye; era (bagamba nti): wulira nga toli awulirwa; "Omusiru" (RAAINAA)! Ku lw'okukyusa (enjatula z'ebigambo) n'ennimi zaabwe n'olw'okuweebuula eddiini. Singa mazima bo baagamba nti: Tuwulidde era tugonze; era wulira era tukuume: kyandibadde nga kye kisingako obulungi gye bali, (era) n'obugolokofu gye bali; naye Katonda yabakolimira ku lw'obukaafiiri bwabwe; (n'olw'ekyo) tebakkiriza wabula (bakkiriza) katono ddala.

مِنَ الَّذِينَ هَادُوا يُحَرِّفُونَ الْكَلِمَ  
عَن مَّوَاضِعِهِ وَيَقُولُونَ سَمِعْنَا  
وَعَصَيْنَا ۗ وَالسَّمْعُ غَيْرُ الْمُسْمَعِ ۗ وَرَاعِنَا  
لِيَأْكُلُوا لَيْسَتِيهِمْ وَطَعْنًا فِي الدِّينِ وَلَوْ  
أَنَّهُمْ قَالُوا سَمِعْنَا وَأَطَعْنَا ۗ وَالسَّمْعُ  
وَأَنْظَرْنَا لَكَانَ خَيْرًا لَّهُمْ وَأَقْوَمًا  
وَلَكِن لَّعَنَهُمُ اللَّهُ لِيُفَكِّرَهُمْ فَلَا  
يُؤْمِنُونَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿٣٩﴾

47. Abange mmwe abaaweebwa Ekitabo! Mukkirize ebyo bye twassa ebika-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ اؤْمِنُوا مَا

nfuufu (ettaka) ne musiiga mu bifo ebiragiddwa. Okusiiga enfuufu mu ngeri eyo kimala mu kifo ky'okwetukuza n'amazzi ku muntu alina ekisoniyiyisa. Kalc Katonda Musonyiyi kyeeyava agondeza abaddu Be n'abawa amateeka amangu.

44. Abo Katonda be yawa Ebitabo Tauraati n'Enjiri baabula wabula baagala nammwe muve mu ddiini y'Obusiraamu mubule nga bo bwe baabula.

45. Mw'abo Abayudaaya abaaliwo ku mulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.), abamu baakyusanga ebigambo ebyo ebiri mu Tauraati, amakulu gaabyo ne babiwa amakulu amalala, era baabikuyusanga ne mu njatula zaabyo. Gamba nga nti Tuwulidde (mu lwatu) naye tetujja kukugondera (mu kaama) gwe Muhammadi. Era nti: Wulira ebyo bye tugamba nga towolirwa. Ekyo baakikolanga ku lw'okunyomerera Nabbi (s.a.w.) wamu n'okumujolonga. Era nga boogera *RAAINAA*: ekyo nga bakyogera alowooze nti bamugamba nti: Tukuume, nga bwe kitegeeza mu Luwarabu olutali lunyoolenze, sso nga bagenderera kumuvuma busiru nga bwe kitegeeza mu Luyudaaya. Ebyo baabikolanga ku lw'okuvumagana eddiini y'Obusiraamu.

47. Mmwe bannannyini Kitabo mukkirize ebyo bye tussizza ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.), ebikakasa amazima g'ebyo bye mulina mu bitabo byammwe. Era mukkirize mangu nga tetunnaba

kasa ebyo ebiri nammwe, nga tetunna-ba kusangulawo byenyi ne tubizza emabega waabyo, oba tubakolimire nga bwe twakolimira abaamenya (amateeka ga) Ssabiiti (Olunaku Lw'omukaaga), kyali ekigambo kya Katonda nga kiteekwa okukolebwa.

48. Mazima Katonda tayinza kusonyiwa oyo amugatta n'ebintu ebirala, naye asonyiwa kyonna ekitali ekyo ku oyo gw'ayagala; n'omuntu agatta Katonda n'ekintu ekirala, mazima aba agunzeewo ekibi ekisukkiridde.
49. Tolaba abo abeetukuza emyoyo gya-bwe? Wabula Katonda atukuza oyo gw'aba ayagadde. Tebagenda kulyazaamaanyizibwa (kalungi kenkana nga) akabubi ka mulamwa gwa ntende.
50. Tunuulira engeri gye bagunjawo obulimba ku Katonda; kimala n'ekyo okuba ekibi ekyeyolefu!
51. Tolaba eri abo abaawebwa omugabo mu (kumanya) Ekitabo? Bakkiririza mu bifaananyi ne sitaane, ne bagamba eri abo abatakkiriza nti bo be basinga okulungama mu kkubo (ettuufu) okusinga abo abakkiriza (Abasiraamu)?

تَرَكْنَا مَصَدِّقًا لِمَا مَعَكُمْ مِنْ قَبْلِ  
أَنْ تَطْمِئِنَّ وَجُوهًا فَأَنْزَلْنَا عَلَيْكَ  
أَدْبَارَهَا أَوْ نَلْعَنَهُمْ كَمَا لَعْنَا أَصْحَابَ  
السَّبْتِ وَكَانَ أَمْرًا لِلَّهِ مَفْعُولًا ﴿٤٨﴾

إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ  
مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ ۗ وَمَنْ  
يُشْرِكْ بِإِلَهِ اللَّهِ فَقَدْ افْتَرَىٰ إِثْمًا عَظِيمًا ﴿٤٩﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ يَزْكُونَ أَنْفُسَهُمْ  
بَلِ اللَّهِ يُزَكِّي مَنْ يَشَاءُ وَلَا  
يُظْلَمُونَ قِتِيلًا ﴿٥٠﴾

أَنْظُرْ كَيْفَ يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ  
عَجًّا وَكُفْرًا بِآيَاتِنَا مُبِينًا ﴿٥١﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ أُوتُوا نَصِيبًا  
مِّنَ الْكِتَابِ يُؤْمِنُونَ بِالْحَجَّتِ الظَّالِمَاتِ  
وَيَقُولُونَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا هَلْ أَكْرَهَ  
أَهْدَىٰ مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا سَبِيلًا ﴿٥١﴾

kusangulawo maaso gammwe kugakyusa ne tugatunza emabega mubecre nga mutambula kyen-nyumannyyuma.

48. Katonda tayinza kusonyiwa omuntu yenna amugatta n'ebintu ebirala mu kumusinja ne mu Bwakatonda Bwe. Omuntu bw'afa ng'agatta ku Katonda ebintu ebirala, Katonda talimusonyiwa, era ajja kwokebwa omuliro mirembe na mirembe.

49. Abayudaaya beetukuza ne beewoomekerezza bokka nga bagamba nti: "Ffe tuli baana ba Katonda, era tuli baagalwa Be." Era baagamba nti: "Tewali aliyingira Jjana okuggyako nga Muyudaaya."

Omuntu tasaanye kwetukuza yekka okuggyako Katonda yekka y'alina okutukuza oyo gw'aba ayagadde. N'olw'ekyo, tekisaana ku muntu kwetenda ku lw'ebyo byaba akeze, wabula atekwa alekere Katonda, kuba Ye y'amanyi oyo omutukuvu era y'ajja okusasula empeera ya buli muntu ey'ebibi n'ebirungi mu bujjuvu.

52. Abo be bo Katonda be yakolimira, n'omuntu Katonda gw'akolimira, toli (Gwe Muhammadi) wa kumufunira mutaasa yenna.
53. Abaffe, balina omugabo mu bwakabaka? Singa kyali bwe kityo tebandiwadde bantu kantu wadde akenkana nga akatuli k'omulamwa gwa ntende.
54. Nandiki, basaalirwa abantu ku lw'e-byo Katonda bye yabawa mu birungi Bye? Mazima twawa ab'oluganda lwa Ibrahiimu Ekitabo n'okumanya amateeka, era ne tubawa obufuzi obunene.
55. Ne mu bo mulimu oyo eyamukkiriza (Muhammadi) ne mu bo mulimu oyo eyamwawukanako. Kumale (okuba ekibonerezo) okubuubuuka kw'omuliro (Jahannama) —
56. Mazima abo abawakanya obubonero bwaffe, kyaddaaki tulibasogga mu muliro: Buli lwonna lwe ganaasiiriranga amaliba gaabwe, tujja kubawaanyisizangamu amaliba amalala, balyoke bakombe ku bibonerezo: Mazima Katonda y'Ow'ekitiibwa, Omulamuzi.

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَعَنَهُمُ اللَّهُ وَمَنْ يَلْعَنِ اللَّهُ فَلَنْ يَجِدَ لَهُ نَصِيرًا ﴿٥٢﴾

أَمْ لَهُمْ نَصِيبٌ مِنَ الْمَلِكِ إِذْ أَلَّا يُؤْتُونَ النَّاسَ نَقِيرًا ﴿٥٣﴾

أَمْ يَحْسُدُونَ النَّاسَ عَلَى مَا آتَاهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ فَقَدْ آتَيْنَا آلَ إِبْرَاهِيمَ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَآتَيْنَاهُمْ مُلْكًا عَظِيمًا ﴿٥٤﴾

فَإِنَّهُمْ مِمَّنْ أَمَنَ بِهِ وَرَحْمَةٌ مِّنْ صَدَقَاتِهِمْ وَكُفِيَ بِجَهَنَّمَ سَعِيرًا ﴿٥٥﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَإِلَّا يَتَنَسَوْتُمْ نُصْلِيَهُمْ نَارًا طَائِفًا لِّمَنْ نَصَبَتْ جُلُودُهُمْ بَدَلًا لَهُمْ جُلُودًا غَيْرَهَا لِيَذُوقُوا الْعَذَابَ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَزِيزًا حَكِيمًا ﴿٥٦﴾

51. Abayudaaya abaalina Tauraati baasinzanga ebifaananyi ebitaliimu nsa era baagambanga nti abakafiiri be bali abalungamu ku kkubo eggolokofu okusinga abo abakkiriza. abagoberezi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

53. Abayudaaya tebalina mugabo gwonna mu Bwakabaka bwa Katonda balyoke babeere nga be babugaba era abalamula wakati wabantu. Era bwe bandibadde nagwo tebandigabyeko wadde akatono katya ku lw'obukodo bwabwe.

54. Abayudaaya baakwatibwa ensaalwa ku Nabbi Muhammadi n'abagoberezi be ku lw'ebyenger Katonda bye yabawa: nga Obwannabbi wamu n'amateeka amajjuyu. Kale ensaalwa oyo n'effitina bye byabakozesanga enkwe, obunnanfuusi n'ebivve ku bakkiriza.

55. Mu Bayudaaya mulimu abakkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bw'ali omubaka ow'umazima, ate ne mubaamu abaaumwakanya ne batamukkiriza era ne baziyiza n'abantu abalala okumukkiriza. Era abo abaaumwakanya ekibonerezo kyabwe kwe kwokebwa muliro.

56. Abo abawakanya obubonero bwa Katonda obukakasa amazima ga Bannabb . bajja kuyin gizibwa mu muliro gubcetoolole buli luyi ku lunaku lw'oluvannyuna.

57. N'abo abakkiriza ne bakola obulongofu, tugenda kubayingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe), emigga gikulukuta wansi waayo nga ba kubera mu Yo mirembe na mirembe; mulimu mu Yo abakyala abatukuvu era tugenda kubayingiza mu kisiikirize ekiggumivu.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
سَنُدْخِلُهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ  
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا  
لَهُمْ فِيهَا زَوْجٌ مٌطَهَّرَةٌ وَوَجَدُوا فِيهَا  
ظِلًّا ظِلِيلًا ﴿٥٧﴾

58. Mazima Katonda abalagira okuwaayo obwesigwa eri bannannyinibwo, bwe mubanga mulamudde wakati w'abantu mulamulenga na bwenkanya: Mazima Katonda ekyo ky'ababuuliridde kye ngera. Ddala Katonda Awulira okuva ddi okutuusa ddi, era Alaba.

إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُكُمْ أَنْ تُؤَدُّوا الْأَمَانَاتِ  
إِلَىٰ أَهْلِهَا وَإِذَا حَكَمْتُمْ بَيْنَ النَّاسِ  
أَنْ تَحْكُمُوا بِالْعَدْلِ إِنَّ اللَّهَ نِعِمَّا  
بِعِظْمِكُمْ بِهِ إِنَّ اللَّهَ كَانَ سَمِيعًا بَصِيرًا ﴿٥٨﴾

59. Abange mmwe abakkiriza! Mugondere Katonda n'Omubaka, ne bannannyini Buyinza mu mmwe; bwe mubanga mukaayanye mu kintu, muki-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اطِيعُوا اللَّهَ وَاطِيعُوا  
الرَّسُولَ وَأُولِي الْأَمْرِ مِنْكُمْ فَإِنْ

57. Abakyala abasangibwa mu Jjana batukuvu era batuukirivu tebalwala na bulwadde bwa kikyala. Batukuvu mu mpisa zaabwe, era bayonjo abataliiko kko wadde akamogo konna.

58. Katonda abakuutira mmwe Abasiraamu, okutuukiriza obwesigwa n'okulamula wakati w'abantu n'obwenkanya:

- (1) Obwesigwa obusookera ddala omuntu bw'avunaanwa okutuukiriza kwe kumanya Katonda, n'okumukkiriza, n'okulungama okutuuka Gy'ali, okumusinza n'okugondera amateeka Ge.
- (2) Okulwanirira amateeka Ge n'okuyita abantu okujja eri Ye.
- (3) Era bwe bwesigwa obw'enkolagana wakati w'abantu nga okuwaayo cbyo bye baba bakuteresizza n'okubuulirira abakulembeze okugunjula abaanu abato n'okubayigiriza: okukuuma ebyetaago by'abantu n'emmaali yaa-bwe; — obwo bwe buvunaanyizibwa Katonda bwe yatikka omuntu n'amulagira okubutuukiriza.

Mulamulenga n'obwenkanya wakati w'abantu awatali kwawula wakati wa Musiraamu n'atali Musiraamu, oba wakati w'omweru n'omuddagavu. Muteekwa okulamula wakati w'abantu awatali kusosola mu ngeri y'obutonde bwabwe ne mu nkula yaabwe. Ebyo ebibiri Katonda by'ababuuliridde — eky'okutuukiriza obwesige n'okulamula n'obwenkanya, kyengera okuva eri Ye.

59. Era mmwe mugondere ebiragiro by'abafuzi bammwe Abasiraamu ebbanga lyyonna lye bamala nga beekutte ku mateeka ga Katonda (agali mu Kuraane); n'amateeka ga Nabbi (s.a.w.). Nabbi (s.a.w.) yagamba nga aggumiza ensonga eno nti: "Wadde k'abe nga oyo abatwala mu mdu, kyokka nga abakulembera na Kitabo kya Katonda, mumuwulirizenga. Bwe mukaayanyanga mu kintu kyonna ne mutamanya kiki ekituufu mudde eri Kuraane. Ekitabo kya Katonda n'eri amateeka ga Nabbi We (Al-hadiith): Ebyo byo bye biba bisalawo kw'ebho bye muba mukaayanyanga."

zzenga eri Katonda n'Omubaka We, bwe mubeera nga mukkiriza Katonda n'Olunaku lw'Enkomerero: Ekyo kye kirungi era ge magoba agasinga obulungi.

60. Tolaba abo abagamba (nga balimba) nti: Mazima bo bakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa oluberyebye lwo. ate nga baagala okulamulwa basitaane nga mazima baalagirwa okugiwakanya? Sitaane ky'ayagala kwe kubabuza olubula olw'e-wala.

61. Bwe baba nga bagambiddwa: Mujje eri ebyo Katonda bye yassa n'eri Omubaka, olaba abannaanfuusi nga beebwalabwala bakwewala (Ggwe Muhammadi).

62. Ngeri ki bwe kaliba nga kabatuu-seeko akabi ku lw'ebyo bye gyakulembeza okukola emikono gyaabwe? Oluvannyuima ne bakujjira nga bala-yira Katonda (bwe bagamba nti): Tetwayagadde wabula (twayagadde) kulongoosa na kulungama!

63. Abo Katonda amanyi ebyo ebiri mu mitima gyabwe; baawukaneko era

تَنَازَعْتُمْ فِي شَيْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى اللَّهِ وَالرَّسُولِ إِنْ كُنْتُمْ تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ  
الْآخِرِ ذَلِكَ خَيْرٌ وَأَحْسَنُ تَأْوِيلًا ﴿٥٩﴾

الَّذِينَ يَزْعُمُونَ أَنَّهُمْ  
أَمْوَالُهُمْ وَأَنْزَلَ إِلَيْكَ وَمَا أَنْزَلَ  
مِنْ قَبْلِكَ يُرِيدُونَ أَنْ يَتْلُوا كُتُبًا  
إِلَى الظَّالِمِينَ وَقَدْ أُفْرِدُوا أَنْ  
يَكْفُرُوا بِهِ وَيُرِيدُ الشَّيْطَانُ أَنْ  
يُضِلَّهُمْ ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿٦٠﴾

وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ تَعَالَوْا إِلَى مَا أَنْزَلَ  
اللَّهُ وَالرَّسُولِ رَأَيْتُ الْمُتَفِقِينَ  
يَصُدُّونَ عَنْكَ صُدُودًا ﴿٦١﴾

فَكَيْفَ إِذَا أَصَابَتْهُمُ مُصِيبَةٌ بِمَا  
قَدَّمْتُمْ أَيْدِيَهُمْ تَمَّ جَاءُ مَوْكِبِكُمْ  
يَخْلِفُونَ بِاللَّهِ إِنْ أَرَدْنَا إِلَّا إِحْسَانًا  
وَتَوْفِيقًا ﴿٦٢﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ يَعْلَمُ اللَّهُ مَا فِي قُلُوبِهِمْ

Kubanga abantu abakkiriza Kaonda n'Olunaku lw'Enkomerero bakkiriza bulungi okusalawa kwa Katonda n'Omubaka We: era ako ke kalombolombo akaawula wakati w'oyo akkiriza Katonda n'oyo atomukkiriza. Ago amateeka ga Katonda ge gasinga okuba amenkamunkamu mu kulumulwa nago.

61. Abannaanfuusi beebala nti bakkiriza ate nga eno baagala okulumulwa sitaane. Kale bwe bayitibwa okweyoleka eri okulumulwa amateeka ga Katonda n'ag'Omubaka we, bakwewala ggwe Mutume ne bakwawukanako okulamula kwo.

63. Baleke ggwe Muhammadi tobavunaana, wabula yogera nabo obabuulirire ekigambo eky'amaanyi ekyingira mu mitima gyabwe, kyandiyinza okubakomako ne baggwaamu obunnaanfuusi.



babuulirire, era obagambe ekigambo  
•kiyingira ddala mu myoyo gyabwe,  
ekimatiza.

فَاعْرَضَ عَنْهُمْ وَعَظَّمَهُمْ وَقَالَ  
لَهُمْ فِي أَنْفُسِهِمْ قَوْلًا بَلِيغًا ۝٦٤

64. Tetwatuma Mubaka yenna, wabula  
lwa kugonderwa ku lw'okukkiriza  
kwa Katonda. Singa mazima bo mu  
kiseera bwe baalyazaamaanya emyoyo  
gyabwe, nga baakujjira ne beegayi-  
rira okusonyiyibwa Katonda, n'Omu-  
baka n'beegayiririra basonyiyibwe,  
bandisanze nga ddala Katonda akkir-  
iza okwenenya, Omusaasizi ennyo.

وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ رَسُولٍ إِلَّا لِيُطَاعَ  
بِإِذْنِ اللَّهِ وَلَوْ أَنَّهُمْ رَأَوْا ظُلْمًا  
أَنْفُسُهُمْ جَاءُوكَ فَاسْتَعْفَرُوا وَاللَّهُ  
وَاسْتَعْفَرَ لَهُمُ الرَّسُولُ لَوَجَدُوا  
اللَّهُ تَوَّابًا رَحِيمًا ۝٦٥

65. Nedda, ndayidde Mukama wo, tebajja  
kukkiriza (Mazima) okutuusa lwe  
banaakulamuzisanga ku buli ebyo  
ebyabayombesezza wakati waabwe,  
n'oluvannyuma ne batasigala mu  
myoyo gyabwe kakunkuna konna  
mw'ekyo ky'oba olamudde, wabula  
ne bagoberera olugoberera.

فَلَا وَرَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ حَتَّى يُحْمَلُوا  
فِيهَا فُجُورَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ لَا يَجِدُوا فِي  
أَنْفُسِهِمْ حَرَجًا مِمَّا قَضَيْتَ وَ  
يَسْمِعُوا سَلِيمًا ۝٦٥

66. Singa mazima Ffe twawandiika ne  
tukakasa ku bo nti: Mvette mwekka,  
oba muve mu mayumba gammwe,  
tebandikikoze wabula abatono ddala  
mu bo: Sso'singa mazima bo bakola  
ekyo ekibabuulirirwa kye kyalisinze  
obulungi gye bali era (kyalibadde)  
nga ky'ekiyitirivu mu kunyweza (oku-  
kakasa kwabwe).

وَلَوْ أَنَّا كَتَبْنَا عَلَيْهِمْ أَنْ اقْتُلُوا  
أَنْفُسَكُمْ أَوْ أُخْرِجُوا مِنْ دِيَارِكُمْ  
مَا فَعَلُوا إِلَّا قَلِيلًا مِنْهُمْ وَلَوْ  
أَنَّهُمْ فَعَلُوا مَا يُوعَدُونَ لَكَانَ  
خَيْرًا لَهُمْ وَأَشَدَّ تَنبِيهُنَّ ۝٦٦

67. (Singa kyali bwe kityo) twandiba-  
wadde okuva gye tuli empeera ennene;

وَإِذْ آلُ تَيْمُودٍ مِنْ دُونِ آلِ عَادٍ  
كَفَرُوا بِآيَاتِنَا فَأَخَذْنَا مِنْ آلِ  
عَادِ مَثَلًا ۝٦٧

64. Buli Mubaka yenna Katonda gwe yatuma yakakasanga kw'abo b'atumiddwa gye bali okumugondera. Kale singa abo abajemu n'abonoonyi bajja gy'oli oluvannyuma lw'obujeemu bwabwe nga beeneyezza, nawe Muhammadi n'beegayiririra ewa Katonda, yandibanyiye.

65. Tebajja kubalibwa nti bakkiriza, okutuusa lwe bannakkiriza ne bakufuula omulamuz waabwe alamula wakati waabwe mu kuyombagana kwonna okubaa'wo. Oliwo ne beewaayo okugoberera, ennamula yo.

Wano kitegeereckka bulungi nti omuntu okuyitibwa Omusiraamu kwe kukkiriza okulamulwa

68. Era twandibalungamizza mu kkubo eggolokofu.

وَلَهَدَيْتُهُمْ صِرَاطًا مُسْتَقِيمًا ﴿٦٨﴾

69. N'omuntu agondera Katonda n'Omubaka, abo bali wamu n'abo Katonda be yagabira Ebyengera, mu bannabbi n'abakkiriza ab'amazima, n'abajulizi (abaafa entalo z'eddiini), n'abalongoofu: Baalongookerwa abo (oku-fuula abo) ab'omukwano.

وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَالرَّسُولَ فَأُولَٰئِكَ مَعَ الَّذِينَ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِنَ النَّبِيِّينَ وَالصِّدِّيقِينَ وَالشُّهَدَاءِ وَالصَّالِحِينَ وَحَسُنَ أُولَٰئِكَ رَفِيقًا ﴿٦٩﴾

70. Ebyo byengera ebiva eri Katonda, era Katonda ye Mumanyi wa byonna Ayeemalirira.

ذَٰلِكَ الْفَضْلُ مِنَ اللَّهِ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ عَلِيمًا ﴿٧٠﴾

71. Abange mmwe abakkiriza! Mukwate eby'okwerinda byammwe, mugendere mu bibinjabinja oba mugendere wamu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا خُذُوا حِذْرَكُمْ فَانفِرُوا ثُبَاتٍ أَوَّافِرًا وَاجْمِعُوا ﴿٧١﴾

72. Mazima mulimu mu mmwe oyo eye-lwisalwisa; bwe kaba nga kubatuu-seeko akabenje, agamba nti: Mazima Katonda angabidde mu kiseera bwe sibadde awamu nabo mu lutalo.

وَأَنَّ مِنْكُمْ لَمَنْ كَفَرَ بَعْدَ مَا نَبَأَ فَإِنِ آصَابَتْكُمْ مُصِيبَةٌ قَالُوا قَدْ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْنَا إِذْ لَمْ أَكُنْ مَعَهُمْ شَاهِدًا ﴿٧٢﴾

73. Ate bwe buba nga bubatuu-seeko obulungi okuva eri Katonda (ne muwangula), agambira ddala nga awataali wakati we nammwe mukwano (nti): Abange nze, singa nabadde nabo; Ne neesiima olwesiima olunene (Olw'okufuna eminyago)!

وَلَمَّا آصَابَتْكُمْ فَضْلٌ مِنَ اللَّهِ لَيَقُولُنَّ كَانُوا لَكُمْ تَكُنْ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُ مَوَدَّةٌ لِيَلْبِسَنِي لَكُمْ مَعَهُمْ فَأَفُوزَ فَوْزًا عَظِيمًا ﴿٧٣﴾

n'amateeka ga Katonda n'Omubaka We. Era kyo tekimala wabula nga oyo alamuddwa asiimidde ddala mu mutima gwe okulamula okwo n'akugoberera.

69. Abo aboogeddwako bafuna omukwano ogwa nnamaddala eri Katonda.

71. Mmwe Abasiraamu, mwerinde omulabe wammwe era mumwolekere okumulwanyisa nga muli mu bibinja ebyeyawuddeyawudde; kyokka bwe kiba kyetaagisa mumwolekere mu kibinja kimu.

72. Mu mmwe Abasiraamu mulimu oyo ayecsisigiriza n'okwenafuya n'atagenda ku lutalo nga ateesobola, n'aviirako n'okunafuya n'abalala nga era abannaifuusi bwe baaakolanga ku mulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.). Bwe muba mutuukibwako akabenje nga ye tali nammwe, omuntu ow'ekika ekyo asanyuka n'agamba nga Katonda bw'amuwadde n'ataba wamu nammwe ne kiba nga ye atabadde mukwano gwammwe ow'eddiini emu. Ate bwe muwangula yeekubagiza ne yeenyanya lwaki naye tabadde nammwe.

74. Bateekwa balwane mu kkubo lya Katonda abo abatunda obulamu bwabwe obw'oku nsi ku lw'Enkomerero. N'omuntu alwana mu kkubo lya Katonda, n'attibwa oba n'awangula, kyaddaaki tulimuwa empeera ennene.

فَلْيُقَاتِلْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ الَّذِينَ يَشْرُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا بِالْآخِرَةِ ۗ وَمَنْ يُقَاتِلْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ يَمُوتْ أَوْ يُغْلَبْ فَسَوْفَ نُؤْتِيهِ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿٦٤﴾

75. Mulina ki mmwe (ekibagaana) okulwana mu kkubo lya Katonda ne ku lw'abateesobola (abanafuyizibwa) mu basajja n'abakazi n'abaana abato, abo abagamba nti: Ayi Mukama waffe! Tuggye mu kino ekyalo (Makka), abantu baakyo abalyazaamaanyi! Tuteerewo ffe okuva gy'Oli Omukuumi; era otuteerewo okuva gy'Oli omutaasa!

وَمَا لَكُمْ لَا تُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالْمُسْتَضْعَفِينَ مِنَ الرِّجَالِ وَالنِّسَاءِ وَالْوِلْدَانِ الَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا أَخْرِجْنَا مِنْ هَذِهِ الْقَرْيَةِ الظَّالِمِ أَحْلَاهَا ۗ وَاجْعَلْ لَنَا مِنْ لَدُنْكَ وَلِيًّا ۗ وَاجْعَلْ لَنَا مِنْ لَدُنْكَ نَصِيرًا ﴿٦٥﴾

76. Abo abakkiriza balwana mu kkubo lya Katonda; n'abo Abaakaafuwala balwana mu kkubo lya sitaane: Kale mulwanyise abagoberezi ba sitaane: Mazima enkwe za sitaane ddala nnafu.

الَّذِينَ آمَنُوا يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالَّذِينَ كَفَرُوا يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ الطَّاغُوتِ فَقَاتِلُوا أَوْلِيَاءَ الشَّيْطَانِ ۗ إِنَّ كَيْدَ الشَّيْطَانِ كَانَ ضَعِيفًا ﴿٦٦﴾

73. Bwe muwangula ne mufuna eminyago asaalirwa ne yejjusa nti singa naye yabadde nammwe n'aganyulwa.

74. Balwanirira okusitula cddiini ne bawaayo obulamu bwabwe obw'ensi ku lw'okufuna obwo obw'enkomerero.

75. Tewali kibagaana kulwana ku lwa Katonda ne ku lw'abo abateesobola. Nga Makka tennawangulwa kuwa mu mikono gy'abakafiiri. Abakkiriza baanakuwazibwa nnyo olw'okuyigganyi-zibwa okwa buli kika kwe baatuusibwangako. Obulamu bwa Nabbi Muhammadi n'obw'abagoberezi be bwali mu kutya kunene era mu kabi; bangi baanyoomoolwanga, baavumwanga, baakubibwanga, baajejebwanga abamu ne basibwa mu makomera abalala ne bagaanibwa okusuubula n'okwetaaya mu bantu, era nga tebasobozesebwa kwegulira kyakulya wadde okutendereza Omutonzi. N'okuyigganyi-zibwa kwasukkirira ku abo abakkiriza abaddu, abakyalala n'abaana abo abasigalira mu Makka oluvannyuma lw'okusenguka kwa Nabbi. Wabula Katonda yadduukirira omulanga gwabwe ogusaba obuyambi n'okutaasibwa n'okubasindikira Nabbi Muhammadi ayalecta nate emirembe mu Makka bwe yawangula abakafiiri abaali babakakajjaddeko, nga ava e Madiina gye yali asengukidde.

77. Tolaba abo abaagambibwa nti: Muzi-yize emikono gyammwe (temulwana), wabula muyimirize esswala era mutooole zzakaati (omutemwa mu mmaali yammwe)? (Oluvannyuma) bwe bakakasibwako okulwana, ogenda okulaba ekibiina mu bo nga batya abantu nga bwe baalitidde Katonda oba n'okusingako awo, ne bagamba nti: Ayi Mukama waffe! Lwaki otukakasizzaako okulwana? Singa otulindirizzaako eri ebbanga eriri okumpi! Gamba (Gwe Muhammadi) nti: Eby'okweyagala by'oku nsi bitono: N'enkomerero y'ennungi okusingako eri oyo atya Katonda; era temugenda kulyazaamaanyizibwa wadde akabubi k'omulamwa gw'entende!

78. Wonna we mulibeera okufa kugenda kubatuukako, newankubadde nga mubadde mu bigo ebitumbiivu, ebinywevu, Era bwe buba nga bubatuuseeko obulungi, bagamba nti: Kino kivudde eri Katonda; bwe batuukibwako ekibi bagamba nti: Kino kivudde gy'oli (Gwe Muhammadi). Gamba nti: Byonna biva eri Katonda. Balina ki abo ab'ekibiina kino abatasemberera kutegera bigambo?

79. Buli kyonna ekikutuukako mu bulungi (Gwe Omuntu) kiba kivudde eri

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ قِيلَ لَهُمْ كُفُّوا أَيْدِيَكُمْ وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ فَلَمَّا كَتَبَ عَلَيْهِمُ الْقِتَالَ إِذَا فِرْسِيٌّ مِنْهُمْ كَخَشِبَتِ النَّاسِ كَخَشِيَةِ اللَّهِ أَوْ أَشَدَّ خَشْيَةً وَقَالُوا رَبَّنَا لِمَ كَتَبْتَ عَلَيْنَا الْقِتَالَ لَوْلَا أَخَّرْتَنَا إِلَى أَجَلٍ قَرِيبٍ قُلْ مَتَاعُ الدُّنْيَا قَلِيلٌ وَالْآخِرَةُ خَيْرٌ لِمَنِ اتَّقَى وَلَئِنْ ظَلَمْتُمْ لَنَنْصُرَنَّكُمْ

أَيْنَ مَا تَكُونُوا إِذْ دُرِكْتُمْ الْمَوْتُ وَلَوْ كُنْتُمْ فِي بَرٍّ مَوْجٍ مُشْتَدِّدٍ وَلَنْ نُنصِبَهُمْ حَسَنَةً يَقُولُوا هَذِهِ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَإِنْ نُنصِبَهُمْ سَيِّئَةً يَقُولُوا هَذِهِ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ قُلْ كُلٌّ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ فَمَالِ هَؤُلَاءِ الْقَوْمِ لَئِيكَادُونَ يَقْفَهُونَ حَدِيثًا مَا أَصَابَكَ مِنْ حَسَنَةٍ مِنْ اللَّهِ وَمَا

77. Abasiraamu abaasooka mu Makka baalinga baagala Katonda abalagire balwanyise abakaa-fiiri olw'okuyigganyizibwanga ennyo. Kyokka Katonda yabazijiza okulwana kubanga ekisera kyali tekinnaba kutuuka olw'ensonga ezitali zimu. Bangi mu bo abo abannanfuusi baali baagala kulwana si lwa Katonda wabula lwa muganyulo gwabwe gwe baali beesunga gamba nga eminyago, oba olw'obukyayi bwe baalina ku mulabe n'ebirala.

Oluvannyuma bwe baalagirwa okulwana ekisera nga kituuse, bangi baatya abantu bannaabw n'okusinga bwe batya Katonda. Katonda kw kubategeza nga okufa bwe kutecwalibwa kubanga buli w'obeera kukusangawo, era n'olw'okubanga bwo obulamu bw'ensi bwa kasera busera; n'ob'oluvannyuma bwe businga okuba obulungi n'omugaso eri oyo atya Katonda. Kale omuntu asaanye alwane mu kkubo lya Katonda.

79. Ekibi kyonna ekikutuukako kiba kivudde mu bibi byo by'oba okoze era kiba kibonezeo ku

Katonda, naye buli kyonna ekiba kikutuseeko mu bubi kiba kivudde eri Ggwe wennyini. Era twakutumama (Ggwe Muhammadi) eri abantu nga oli Mubaka (era) kimala okubeera nga Katonda Ye Mujulizi.

80. Omuntu bw'agondera Omubaka aba agonderde Katonda: N'oyo akyuka, tetukutumanga ggwe kubeera mukuumi waabwe.
81. Era bagamba nti: Kugonda (kye tugenderera); naye bwe babanga bavudde w'oli kisula ekibiina mu bo nga tekiri kw'ekyo (wabula nga kiteesa kiwakanaye) ky'obagamba. Ne Katonda awandiika ebyo bye basula bateesa kale yawukana ku bo era weesige Katonda, era kikumale okubeera nga Katonda ye Mukuumi.
82. Tebeetegereza Kuraane? Singa yali nga yava eri omulala atali Katonda, bandisanzeemu enjawukana nnyingi.
83. Bwe kiba nga kibajjidde ekigambo kyonna eky'eddembe oba eky'okutya nga bakibunyisa, sso singa bakizza eri Omubaka oba eri bannannyini biragiro (abamanyi) mu bo, bandikitegedde abo abakinoonyerezaamu

أَصَابَكَ مِنْ سَيِّئَاتِهِمْ نَفْسًا وَ  
أَرْسَلْنَا لِلنَّاسِ رَسُولًا وَكَفَى بِاللَّهِ شَهِيدًا ④

مَنْ يُطِيعِ الرَّسُولَ فَقَدْ أَطَاعَ اللَّهَ  
وَمَنْ تَوَلَّى فَمَا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ حَفِظًا ⑤

وَيَقُولُونَ طَاعَةٌ فَإِذَا بَرَأُوا مِنْ  
عِنْدِ اللَّهِ بَيَّتَ طَائِفَةٌ مِنْهُمْ غَيْرَ الَّذِي  
نَقُولُ وَاللَّهُ يَكْتُبُ مَا يُشَاءُونَ فَأَعْرِضْ  
عَنْهُمْ وَتَوَلَّى عَلَى اللَّهِ وَكَفَى بِاللَّهِ لِيَلًا ⑥

أَفَلَا يَتَذَكَّرُونَ الْقُرْآنَ وَلَوْ كَانَ  
مِنْ عِنْدِ غَيْرِ اللَّهِ لَوَجَدُوا فِيهِ  
اِخْتِلَافًا كَثِيرًا ⑦

وَإِذَا جَاءَهُمْ أَمْرٌ مِنَ الْأَمْنِ أَوِ الْخَوْفِ  
أَذْعَابُهُمْ وَلَوُورُدُّهُ إِلَى الرَّسُولِ وَإِلَى  
أُولَى الْأَمْرِ مِنْهُمْ لَعَلِمَهُ الَّذِينَ

Iw'ebibi ebyo. Ggwe Nabbi Muhammadi twakusindika eri abantu bonna aba buli langi, abeeru n'abaddugavu, era n'ab'amawanga amalala gonna, nga oli Mubaka bubaka otuuse eri abantu obubaka obwakutumibwa.

80. Oyo yenna ayawukana ku mateeka ga Nabbi ge yajja nago aba ajcemmedde Katonda sso ssi mubaka, era ye Muhammadi teyatumbwa kubalunggama abantu oba kubalabirira wabula kutuusa butuusa bubaka eri bo olwo bo beelonderewo ekibagasa.

81. Abannanfuusi bwe baabanga awali Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga booleka nga bwe bamugondera mu maaso ge. Wabula bwe baavangawo, ekibiina mu bo baasulanga bateesa ekiro mu kyama nga bwe bataagondere biragiro bye.

82. Omuntu nga yeetegereza ebigambo ebiri mu Kuraane n'amakulu gaabyo asanga nga temuli njawukana wakati waabyo era tebikoonagana.

83. Abamu mu Basiraamu bwe baawuliranga ekigambo ekirungi ekifudde ku bakkiriza — tamba nga okuwulira nti amagye gaabwe gawangudde nga olwo basaasanya olugambo wadde nga

amakulu gaakyo mu bo. Singa tekanyi kisa kya Katonda na kusaasira Kwe mwandigoberedde sitaane, wabula abatono ennyo (mu mmwe).

84. Kale lwana (Ggwe Muhammadi) mu kkuḅo lya Katonda — towaliriza (mwoyo gwa mulala yenna) wabula mwoyo gwo wekka — Era kuutira abakkiriza (okulwana). Oba olyawo Katonda n'afufuggaza amaanyi gaabo abaakaafuwala; ne Katonda muyitirivu wa maanyi era muyitirivu wa kubonereza.

85. Omuntu awolereza okuwoleza okulungi abecera nga alina omugabo mu kwo, n'omuntu awolereza okuwolereza okubi aba nga alina ekibi kyakwo. Katonda ye Nnyini buyinza ku buli kintu.

86. Bwe mubanga mulamusiddwa n'ekiramuso, mulamuse (muddengamu) n'ekisingako obulungi oba mugiddemu (Ssalaamu yo yennyini efaanana eyo). Mazima Katonda mubazi ku buli kintu.

يَسْتَنْبِطُونَهُ مِنْهُمْ وَلَوْلَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْهِمْ  
وَرَحْمَتُهُ لَتَبَعَهُمُ الشَّيْطَانُ الْأَقْبَلِيلَ ﴿٨٥﴾

فَقَاتِلْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ لَا تُكَلَّفُ  
إِلَّا نَفْسًا وَحَرْصًا مَوْتًا مِيتًا  
عَسَى اللَّهُ أَنْ يَلْعَقَ بِأَسْ الذِّبَانِ  
كُفْرًا وَادِّ وَاللَّهُ أَشَدُّ بِأَسًا وَأَشَدُّ  
تَنْكِيلًا ﴿٨٦﴾

مَنْ يَشْفَعْ شَفَاعَةً حَسَنَةً يَكُنْ  
لَهُ نَصِيبٌ مِنْهَا وَمَنْ يَشْفَعْ  
شَفَاعَةً سَيِّئَةً يَكُنْ لَهُ كِفْلٌ مِنْهَا  
وَكَانَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ مُقْتَدِرًا ﴿٨٧﴾

وَإِذْ أَحْبَبْتُمْ بِنَحْيَةِ فَعَمُوا بَاطِلًا  
مِنْهَا أَوْ رَدُّوْهَا وَإِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَى  
كُلِّ شَيْءٍ حَسِيبًا ﴿٨٨﴾

tebannaba na kukyetegereza. Era bwe baawuliranga ebigambo ebitiisa — gamba nti oba amagye g'Abasiraamu gawanguddwa era nabyo nga basaasaanya. Kale kibi nnyo okulaalaasa ekigambo nga tolina ky'okimanyiiko ssi nsonga oba kirungi oba kibi.

Kale kyan dyetaagisizza oba bawulidde ekigambo kyonna bakitwale eri Omubaka Nabbi (s.a.w.), oba eri abo abakulembeze baabwe abasobola okukimanya ne babategeza obwennyini bwakyo. Kyokka olw'empisa yaabwec eyo abasinga obungi mu bo bandigoberedde sitaane okugyako abatono ddala — wabula ekyo tekyasoboka olw'ekisa n'okusaasira kwa Katonda.

85. Omuntu yenna atakabana mu kigamba ekivaamu obulungi afuna omugabo ku bulungi obukivaamu. Era n'oyo ayeetaba mu kintu ekivaamu akabi naye afunako ku kabi ako. Kale omuntu akubiriza abantu okugenda okulwana mu kkubo lya Katonda, afuna empeera era n'oyo anafuya abantu n'abagaana okulwana afuna ekibi.

86. Ennamusa y'Abasiraamu ekakasibwa y'ey'okutoola "Ssalaamu.." Kale omuntu bw'akutoolera 'Ssalaamu' nawe muddemu mu ngeri esingako. Bw'akubuuza nti: "Assalaamu Alaikum" — emigibeere ku mmwe. Kale olw'okwagala tuddemu mu ngeri esingako, olumu bwe tuba tuddamu twongerako: "Warahmatullah wa Barakatuhu" — n'okusaasira kwa Katonda n'emikisa Gyc.

87. Katonda Ali Omu! Tewali Katonda mulala wabula Yc: Agenda kuba-kunngaanyiza ddala eri Olunaku Lw'okugolokoka okuva mu ntaana, olutaliiko kubuusuabuusa mu kujja kwalwo. Ani asinga okwogera amazima mu bigambo okusinga Katonda?

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ يُبَيِّنُ لَكُمْ آيَاتِهِ  
يَوْمَ الْقِيَامَةِ لَا رَيْبَ فِيهِ ط وَمَنْ  
بَعَثَ أَصْدَقَ مِنَ اللَّهِ حَدِيثًا ۞

88. Mulina ki ku bannaanfuusi (okwetemamu) ebibiina bibiri, nga ne Katonda y'abasudde (baddeyo mu butakiriza) ku lw'ebyo bye baakoze; abaffe mwagala okulungamva omuntu Katonda gw'abuzizza? N'omuntu Katonda gw'aba abuzizza, toyinza (Ggwe Muhammadi) kumufunira kkubo.

فَمَا لَكُمْ فِي الْمُتَفِقِينَ وَفَتَنِينَ وَاللَّهُ  
أَرْكَسَهُمْ بِمَا كَسَبُوا أَتُرِيدُونَ  
أَنْ تَهْتَدُوا وَمَنْ أَضَلَّ اللَّهُ ط  
وَمَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ فَكُنَّ تَجِدَ  
لَهُ سَبِيلًا ۞

89. Baagala singa nammwe mukaafuwadde nga bo bwe baakaafuwala, ne mubeera kye kimu. Temufuulanga mu bo ab'emikwano okutuusa lwe balisengukira mu kkubo lya Katonda; wabula bwe babeeranga bakyuse (ne bakola obulabe), mubakwate mubatte wonna we mubanga mubasanze. era temufuulanga n'omu mu bo omukwano wadde omutaasa;

وَدُّوا أَنْ يُكْفَرُوا لَمْ يَكْفُرُوا فَاذْكُرُونِ  
سَوَاءً فَلَا تَتَّخِذُوا مِنْهُمْ أَوْلِيَاءَ حَتَّى  
يُهَاجِرُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَإِنْ تَوَلَّوْا  
فَحُدَّ وَهُمْ وَأَفْتُوا هُمْ حَيْثُ وَجَدْتُمُوهُمْ  
وَلَا تَتَّخِذُوا مِنْهُمْ أَوْلِيَاءَ وَلَا نَصِيرًا ۞  
إِلَّا الَّذِينَ يَصِلُونَ إِلَى قَوْمٍ بَيْنَكُمْ

90. Wabula abo abatuuka (n'enkolagana) eri ekibiina nga wakati wammwe

87. Abantu bona abaasooka n'ab'oluvannyuma baja kukunngaanyizibwa mu kito kimu ku lunaku lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda, olwo alyoke abalamule n'okubasasula buli omu emirimu gye yakola, oba mibi oba mirungi. Tewali n'omu ayogera mazima kusinga Katonda.

88. Tewali nsonga ebetemyamu bibiina bibiri ku bannaanfuusi, kuba Katonda y'abasudde mu kisobyo ne baddayo mu bukafiiri ku lw'ebikolwa ebyo bye bakola eby'enkulu eb biri. Tebituukana na bya bukkiriza butuufu. Era ggwe Muhammadi toyinza kubafunira kkubo lya kuyitamu balunggame.

89. Abannaanfuusi baagala mukaafuwale nga bo, muve ku ddiini ey'amazima n'obwenkanya; kyokka bwe boolesanga obukafiiri olwatu, gamba nga okubalwanyisa nga beyunze wamu n'abakafiiri mubatte. Era tumubakwananga wadde okubeyambisa okubataasa ku balabe bammwe.

90. Abannaanfuusi be mutalumba kutta, be bo abaddukira eri abo be mwakola nabo endagaano ey'eddembe ne bafuna obubudamu mu bo. Abo temubatta ku lw'okukuuma endagaano eyo.

Era temutta n'abo abataagala kubalwanyisa mmwe Abasiraamu, newankubadde nga bo si Basiraamu era nga tebaagala kwetaba nammwe kulwanyisa balabe bammwe. Naye bateekwa



nakyo waliwo endagaano (ey'emirembe), oba abo ababajidde nga bifunze ebifuba byabwe ku lw'obutayagala kubalwanyisa (mmwe) oba okulwanyisa ekibiina kyabwe. Singa Katonda yayagala yandibasindikidde, Era bandibalwanyisizza. Kale bwe babanga babeeyawuddeko ne batabalwanyisa, era ne bateeka gye muli emirembe ne batabalumba, Katonda teyabateerawo mmwe kkubo (Iya kubalwanyisa).

91. Mujja kusanga abalala nga baagala babawone (mmwe) era bawone n'ekibiina kyabwe. Buli lwonna lwe bazizwanga eri obukafiiri nga babwenyikamu. Kale bwe babanga tebabavuddeko ne bateeka gye muli (obukalu bwe) emirembe era ne bataziyiza mikono gyabwe obutabalwanyisa, olwo muhakwate mubatte awo wonna we mubanga mubasanze. Kw'abo twabateerawo mmwe obujulizi obwenkukunala.

92. Talina omukkiriza kutta omukkiriza wabula nga ataniddwa butanwa. N'omuntu atta omukkiriza mu butanwa alina (okuwa engasi) ya kuta omuddu omukkiriza, era awa omutango eri bannannyini ye (gw'asse), wabula nga bamuddidemu ku lwa Katonda. Bw'aba (oyo attiddwa nga) abadde

وَبَيْنَهُمْ مِيثَاقٌ أَوْجَاءٌ وَكَمْ حَصَرَتْ  
صُدُورَهُمْ أَنْ يُقَاتِلُوكُمْ وَأُيْقَاتِلُوا  
قَوْمَهُمْ وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَسَلَّطَهُمْ  
عَلَيْكُمْ فَلَقَاتِلُوكُمْ فَإِنْ اعْتَزَلُوكُمْ  
فَلَمْ يُقَاتِلُوكُمْ وَالْقَوْلَ الْيَكْرُمُ السَّلَامُ  
فَمَا جَعَلَ اللَّهُ لَكُمْ عَلَيْهِمْ سَبِيلًا ٩١

سَيَجِدُونَ أَخْرَيْنَ يُرِيدُونَ أَنْ  
يَأْمَنُوكُمْ وَيَأْمَنُوا قَوْمَهُمْ كُلًّا  
رُدُّوهُ إِلَى الْفِتْنَةِ أُرْكِسُوا فِيهَا  
فَإِنْ لَمْ يَعْتَزِلُوكُمْ وَيُلْقُوا إِلَيْكُمْ  
السَّلَامَ وَيَلْقُوا أَيْدِيَهُمْ فخذوهم  
وَاقْتُلُوهُمْ حَيْثُ تَقِفُوا لَهُمْ وَأُولَئِكَ  
جَعَلْنَا لَكُمْ عَلَيْهِمْ سُلْطَانًا مُبِينًا ٩٢

وَمَا كَانَ لِمُؤْمِنٍ أَنْ يَقْتُلَ مُؤْمِنًا  
الْأَخْطَاءَ وَمَنْ قَتَلَ مُؤْمِنًا خَطَاً  
فَتَحْرِيرُ رَبِيَّةٍ مُؤْمِنَةٍ وَدِيَةٌ مُسَلَّمَةٌ  
إِلَى أَهْلِهَا إِلَّا أَنْ يَصَدَّقُوا فَإِنْ

okubakolera mmwe obukalu obwoloka amazima gaabwe. Abo temubatta kubanga babecera kulwana wamu n'abalabe bammwe ekyo kyandibongeddeko obuzibu. Kale obutalwana bwabwe kya mugaso nnyo eri mmwe.

91. Kino kyali ekibiina ekimu ku bibiina by'abananfuusi abaayolesanga okukkiriza kwabwe mu maaso ga Nabbi balyoke bakuume omusaayi gwabwe, emmaali yaabwe, wamu n'abaana baabwe. Ate bwe baddangayo eri abakaafiiri nga basinza ebyo ebifaananyi n'ebibajje balyoke bawone obubi bwabwe. Bwe babanga bazzeyo okubalwanyisa ne batakola ndagaano ya mirembe namwe, mubayisenga ng'abalabe bammwe era mubattenga buli wonna we mubanga mubasanze.

92. Omukkiriza atta omukkiriza mu butanwa akakataka okuwa eb'enganda b'oyo gw'asse

mu kibiina bwe mulina obulabe wakati waakyo nammwe nga naye mukkiriza, (amusse) alina okuta omuddu omukkiriza. Naye bw'abeera mu kibiina wakati wammwe nakyo nga waliwo endagaano (ey'enkolagana), balina okuwa engassi eri bannannyini ye n'okuta omuddu omukkiriza. N'omuntu aba atendwariddwa (omutango) atekwa okusiiba emyezi ebiri egiddiringanye. Nga okwo kwenenya eri Katonda: Era Katonda Mumanyi, Omulamuzi.

93. N'omuntu atta omukkiriza nga agenderede, empeera ye (kwe kuyingira omuliro) Jjahannama agubeeremu lubeerera era Katonda yamusunguwalira n'amukolimira, era yamuteekerateekera ebibonerezo ebinene.

94. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga mutambudde (mugenze ku lutalo) mu kkubo lya Katonda, mwetegereenga era temugambanga oyo atodde gye muli ekiramuso eky'emirembe (*Ssalaamu*), nti: Toli mukkiriza, nga

كَانَ مِنْ قَوْمٍ عَدُوٍّ لَكُمْ وَهُوَ مُؤْمِنٌ  
فَتَحْرِيرُ رَقَبَةٍ مُؤْمِنَةٍ وَإِنْ كَانَ  
مِنْ قَوْمٍ لَيْسَ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُمْ مِيثَاقٌ  
فَدْيَةٌ مُسَلَّمَةٌ إِلَىٰ أَهْلِهَا وَتَحْرِيرُ  
رَقَبَةٍ مُؤْمِنَةٍ فَمَنْ لَمْ يَجِدْ فَصِيَامٌ  
شَهْرَيْنِ مُتَتَابِعَيْنِ تَوْبَةً مِنَ اللَّهِ  
وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٧﴾

وَمَنْ يَقْتُلْ مُؤْمِنًا مُتَعَمِّدًا فَجَزَاءُ  
جَهَنَّمَ خَالِدًا فِيهَا وَغَضِبَ اللَّهُ  
عَلَيْهِ وَلِعَنَهُ وَأَعَدَّ لَهُ عَذَابًا  
عَظِيمًا ﴿١٨﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا ضَرَبْتُمْ فِي  
سَبِيلِ اللَّهِ فَتَبَيَّنُوا وَلَا تَقُولُوا  
لِمَنْ آتَىٰ إِلَيْكُمُ السَّلَامُ لَسْتَ مُؤْمِنًا

engassi, okuggyako nga bo bamuddidemu bannannyini mufu ne bamusonyiwa olw'okusuubira empeera eri Katonda.

Wabula asse bw'aba ow'omu balabe bammwe naye nga gw'asse mukkiriza kyokka nga bannannyini ye bakafiri abo ahabalwanyisa, amusse alina okuta omuddu naye nga tekuli ngassi. Attiddwa bw'aba mu kibiina ky'abo be mwakola nabo endagaano ey'emirembe oba nga bali mu bufuzi bwammwe mmwe Abasiraamu, ab'enganda ze bawebwa engassi era n'okuta omuddu ne kubaawo. Asse bw'aba talina muddu wa kuta atekwa okusiiba emyezi ebiri egiddiringanye awatali kulyamu wakati waagyo. Nga aliidemu wadde olunaku olumu, addamu buggya okusiiba; okwo ne kuba okwenenya olw'okutta omukkiriza mu butanwa.

Okunnyonyola engassi eyo kusangibwa mu bitabo ebinyonyola amateeka g'eddiini y'Obusiraamu.

93. Omuntu atta omukkiriza mu bugenderemu empeera ye eri Katonda, gwe muliro okumwokya emirembe n'emirembe. Wabula mu mateeka g'abantu kuno ku nsi kwe kuttibwa awo ne kiba ekyenkanyi. Singa bannannyini oyo attiddwa bakkiriza engassi endala, kale asse olwo tattibwa.

94. Mmwe abakkiriza bwe mutambulanga mu nsi ku lw'okulwana mu kkubo lya Katonda — oba kulwana lutalo ebe okukola omulimo gwonna ogukwata ku ddiini; temugambanga eyo abatooledd

munoonya eby'okufuna by'obulamu bw'ensi. Ate nga awali Katonda waliwo amagoba n'eminyago nfaafa. Wadde nammwe bwe mutyo bwe mwaali olu'beryeberye, wabula Katonda n'abaagaliza ckyengera (nakyo y'eddiini y'Obusiraamu). N'olwekyo mwetegererezanga. Mazima Katonda Amanyi ebyo bye mukola.

95. Abakkiriza Abo abatudde eka nga tebalina kizibu kyonna; tebenkanankana n'abo abali (ku lutalo) abalwana mu kkubo lya Katonda n'emmaali yaabwe n'emyooyo gyabwe. Katonda yassukulunya amadaala g'abo abalwana n'emmaali yaabwe n'emyooyo gyabwe ku abo abatudde obutuuzi eka. Na bonna Katonda yabalagaanyisa obulungi wabula yassukulunya abalwana mu kkubo Lye empeera ennene ku abo abatuula obutuuzi,

96. (Ba kufuna) amadaala g'ebitiibwa okuva Gy'ali, n'okusonyiyibwa n'okusaaaira. Katonda Ye Musonyiyi, Omusaasizi.

97. Mazima (abantu) abo bamalaika be batta nga balyazaamaanyizza emyooyo

تَبْتَغُونَ عَرَصَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
فَعِنْدَ اللَّهِ مَغَازِمٌ كَثِيرَةٌ كَذَلِكَ  
كُنْتُمْ مِن قَبْلُ فَمَنَّ اللَّهُ  
عَلَيْكُمْ فَتَبَيَّنُوا إِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا  
تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿٩٥﴾

لَا يَسْتَوِي الْقَاعِدُونَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ  
غَيْرِ أُولِي الضَّرَرِ وَالْمُجَاهِدُونَ فِي  
سَبِيلِ اللَّهِ يَأْمُرُ اللَّهُمْ وَأَنْفُسِهِمْ  
فَضَّلَ اللَّهُ الْمُجَاهِدِينَ بِأَمْوَالِهِمْ  
وَأَنْفُسِهِمْ عَلَى الْقَاعِدِينَ دَرَجَةً  
وَكُلًّا وَعَدَ اللَّهُ الْحَسَنَىٰ وَفَضَّلَ اللَّهُ  
الْمُجَاهِدِينَ عَلَى الْقَاعِدِينَ لَبْرًا عَظِيمًا ﴿٩٥﴾

دَرَجَاتٍ مِّنْهُ وَمَغْفِرَةً وَرَحْمَةً  
وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَّحِيمًا ﴿٩٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ تَوَفَّاهُمُ الْمَلَائِكَةُ ظَالِمِي

'Ssalaamu' nti: Ggwe toli Mukkiriza'. Nammwe bwe mwali wabula Katonda n'abadduukirira n'okwatula ckigambo ky'Obusiraamu (*Kalimat Shahada*) olwo ne mufuuka abakkiriza

95. Katonda yalagaanyisa buli omu mu bakkiriza empeera ennene cy'Jijana wadde nga mulimu okusingana mu madaala okusinzira ku ddaala ly'obukkiriza bw'omuntu.

Kale abo abagenze ku lutalo oba abalwana ku lwa Katonda mu ngeri endala yonna, basinga mu mpeera ku abo abali cwaka wadde nga balina ekibasonyiyisa: gamba nga babadde balima; bamuzibe oba nga balwadde oba abakadde.

96. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yannyonyola amadaala ago n'agamba nti: Mazima mu Jjana mulimu amadaala kikumi Katonda ge yatekerateekera abo abalwana mu kkubo Lye. Okuva ku ddaala crimu okutuuka ku ddaala eddala walinga waka: w'ensi n'eggulu mu buwanu.

97. Abo abakkiriza abaalemera mu bifo Obusiraamu mwe bwali buyiganyizibwa nga ate baali beesobola okusenguka - babuuzibwa Bamalaika mu kisera ky'okubaggyamu emyooyo lwaki: bo tebasobola kusenguka nga ate ensi ya Katonda ngazi nnyo. Bo baddamu nga bwe baali banafuyizibwa mu myoyo ne batasobola kusenguka. Bano aboogerwako be bo abaaagala wamu n'abakafiri

gyabwe, bamalaika bagamba: Mwalinga ku ki? Ne baddamu nti: Twali tunafuyizibwa mu nsi. (Bamalika) ne baddamu nti: Teyali ensi ya Katonda nga ngazi mwe musobola okusengukira (mwewale okuyigganyizibwa)? N'abo obuddo bwabwe muliro (Jahannama), era bwe buddo obusinga okuba obubi!

98. Okuggyako ddala abo abaanafuyizibwa — mu basajja n'abakazi n'abaana abato, nga tebasobola kufuna magezi gonna era nga tebasobola kulungama mu kkubo lyonna (eribasobozesa okusenguka).
99. Abo, oba olyawo Katonda yandibasonyiwa. Katonda Ye Mulekezi, Omusonyiyi okuva ddi okutuusa ddi.
100. N'Omuntu asenguka (okulaga) mu kkubo lya Katonda asanga mu nsi obubudamu bungi era n'okwegazaanya, era oyo afuluma ennyumba ye nga asenguse okudda eri Katonda n'Omubaka We, oluvannyuma ne kumutuukako okufa (nga tannatuuka): Mazima aba afunye empeera ye mu maaso ga Katonda. Era Katonda ye Musonyiyi, Omusaasizi ennyo.
101. Bwe mubanga mutambudde mu nsi tewali kibi ku mmwe okusala ku

أَلْقَيْهِمْ قَالُوا فِيمَ كُنْتُمْ قَالُوا كُنَّا  
مُسْتَضْعَفِينَ فِي الْأَرْضِ قَالُوا أَلَمْ  
تَكُنْ أَرْضَ اللَّهِ وَاسِعَةً فَهَذَا جُرُؤًا  
فِيهَا قَالُوا لَيْلِكَ مَا وَهَمَ بِهِمْ فَأَسَاءَتْ  
مَصِيرًا ﴿٩٨﴾

إِلَّا الْمُسْتَضْعَفِينَ مِنَ الرِّجَالِ  
وَالنِّسَاءِ وَالْوُجَدَانِ لَا يَسْتَطِيعُونَ  
حِيلَةً وَلَا يَهْتَدُونَ سَبِيلًا ﴿٩٩﴾  
قَالُوا لَيْلِكَ عَسَى اللَّهُ أَنْ يَعْفُو عَنْهُمْ  
وَكَانَ اللَّهُ عَفْوًا غَفُورًا ﴿١٠٠﴾

وَمَنْ يُهَاجِرْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ يَجِدْ  
فِي الْأَرْضِ مُرْعًا كَثِيرًا وَسَعَةً وَمَنْ  
يَخْرُجْ مِنْ بَيْتِهِ مُهَاجِرًا إِلَى اللَّهِ وَ  
رَسُولِهِ ثُمَّ يُدْرِكْهُ الْمَوْتُ فَقَدْ وَقَعَ  
أَجْرُهُ عَلَى اللَّهِ وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿١٠١﴾

5'omu Makka mu kiseera ky'okusenguka kwa Nabbi n'abagoberezi be okuva mu kibuga ekyo.

98. Abatanenyezebwa ku lw'obutasenguka be bo bokka abatesobola olw'okuba nga banafu, tebeemalirira mu ntegeka oba nga boonoonefu mu mitwe, oba balema, oba abaa na bato n'abakyaala. Abo bo basonyiyibwa olw'okusaasira kwa Katonda okunene.

100. Omuntu yenna asenguka mu maka ge n'ekigendererwa eky'okukuuma eddiini ye n'okugisitula, sso ssi lwa kufuna mmaali oba cbitibwa; afuna obubudamu obulungi eyo yonna gy'aba aser, gukidde era n'okufuna kwe kuba kugazi. Era bw'afirayo gye yazaayira, wadde oba afiridde mu kkubo nga tannatuukayo, aba amaze okukakatako empeera ye okuva eri Katonda.

101. Nga muli ku ngendo empanvu mukkirizibwa okusala ku Sswala — ebadde ey'eraaka

Sswala, bwe muba nga mwekengedde okukolebwa akabi abo abatakkiriza. Mazima abatakkiriza balabe bammwe abeeyolefu.

102. Bw'obeeranga (Ggwe Nabbi) nga oli mu bo n'obayimirizaawo esswala, kiteekwa kuyimirira ekibiina kimu (kyokka) mu bo wamu naawe; era nga kikutte n'eby'okulwanyisa byakyo. Bwe baba nga bamaze okuvunna, kale bateekwa badde emabega wammwe era kijje (mu maaso) ekibiina ekirala ekitannasaala kisaale awamu naawe, era bakwatenga eby'okwerinza byabwe n'eby'okulwanyisa byabwe. Baagala abo abatakkiriza nti singa mugayaalirira eby'okulwanyisa byammwe n'ebintu byammwe ne babazinduukiriza mmwe oluzinduukiriza lumu. Kyokka tewali kibi ku mmwe singa muzibuwalirwa gamba nga olw'enkuba oba nga muli balwadde, ne mussa wansi eby'okulwanyisa byammwe; naye mukwatenga eby'okwerinza byammwe. Mazima Katonda yategekera abatakkiriza ebinonerezo ebinyoomesa.

103. Bwe mubanga mumalirizza okusaala (okw'ekikungu) mwogerenga ku Kato-

جُنَاسٍ أَنْ تَقْصُرُوا مِنَ الصَّلَاةِ  
 إِنَّ خِفَّتُمْ أَنْ يَفْتِنَكُمُ الَّذِينَ كَفَرُوا  
 إِنَّ الْكُفْرِينَ كَانُوا أَعْدَاءً لِلَّذِينَ  
 آمَنُوا وَإِذْ كُنْتُمْ فِيهِمْ فَأَقَمْتَ لَهُمُ  
 الصَّلَاةَ فَلْتَقُمْ طَائِفَةٌ مِنْهُمْ مَعَكَ  
 وَلْيَأْخُذُوا آسِيحتَهُمْ تَدْوَارًا  
 لِيَسْجُدُوا وَلْيَأْخُذُوا مِنْ دَرَائِكُمْ  
 وَلْتَأْتِ طَائِفَةٌ أُخْرَى لَمْ يُصَلُّوا  
 فَلْيُصَلُّوا أَلْيَصَلُّوا مَعَكَ  
 وَلْيَأْخُذُوا حِذْرَهُمْ وَأَسْلِحَتَهُمْ  
 وَذَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْ تَغْفُلُونَ عَنْ  
 أَسْلِحَتِكُمْ وَأَمْتِعَتِكُمْ فَيَمِيلُونَ  
 عَلَيْكُمْ مَيْلَةً وَاحِدَةً  
 وَلَا جُنَاسَ عَلَيْكُمْ  
 إِنْ كَانَ بِكُمْ أذىٌ مِنْ مَطْرٍ أَوْ  
 لُتْمٍ فَرَضِيَ أَنْ تَضَعُوا  
 أَسْلِحَتَكُمْ وَخُذُوا حِذْرَكُمْ  
 إِنَّ اللَّهَ أَعَدَّ لِلْكَافِرِينَ  
 عَذَابًا لَهِينًا وَإِذَا قُضِيَتْ  
 مِنَ الصَّلَاةِ فَادْكُرُوا اللَّهَ

enny (nga Zuhuri, Aswiri ne Ishaa) n'efuuka ey'ebbiri. Kyokka Al-Fajiri (Subuhi) ne Magharibi zo tekikendezebwa.

Newankubadde aya eno etegeza nga okusala ku sswala bwe kikwata ku batambuze nga beekengedde omulabe waabwe, naye okukkirizibwa okwo kukwata na ku buli mutambuze yenna K'abe nga talina ky'atya mu lugendo lwe kasita luba nga luweza mailo Ana mu Omunaana. Kubanga Nabbi (s.a.w.) alabika nga yasalanga ku sswala ng'abadde atambudde nga tewali mulabe yenna gw'atya.

102. Ggwe Nabbi bw'obeeranga ku lutalo wamu n'Abasiraamu n'obakulembera okubasaaza esswala, ekibiina ekimu kisooka ne kisaala naawe olukutama lumu, olwo ne badda emabega okukuuma omulabe ate ekibiina ekyasigadde kikuuma ne bajja mu maaso ne basaala ne Nabbi olukutama olw'okubiri ne bamaliriza naye eraaka yaabwe emu. Olukutama olw'okubiri buli kibiina kilwesaza kyokka.

nda (nga mumutendereza) mu kuyi-  
narira, mu kutuula ne mu kugalami-  
ra ku mpuyi zammwe. Bwe mubanga  
muteredde, muyimirizengawo esswala  
mu bujjuvu. Mazima esswala zaalaa-  
likibwa ku bakkiriza ebiseera ebigere.

قِيَامًا وَقَعُودًا وَعَلَىٰ جُوعِكُمْ ۚ فَاذًا  
اطْمَأْنِنْتُمْ فَاَقِيمُوا الصَّلَاةَ إِنَّ الصَّلَاةَ  
كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ كِتَابًا مَّوْقُوتًا ﴿١٠٤﴾

104. Temuddiriranga mu kunoonyereza  
ekibiina (ky'abalabe). Bwe muba nga  
mulumwa, mazima nabo baba balumwa  
nga nammwe bwe mulumwa ate mmwe  
musuubira eri Katonda ekyo bo kye  
bataasuubira. Ne Katonda Mumanyi,  
era Mukakasa.

وَلَا تَهِنُوا فِي ابْتِغَاءِ الْقَوْمِ لَئِنْ كَفَرْتُمْ  
بِالْمُؤْمِنِينَ فَإِنَّهُمْ بِالْمُؤْمِنِينَ كَمَا تَكُونُونَ  
وَتَرْجُونَ مِنَ اللَّهِ مَا لَا يَرْجُونَ وَ  
كَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٠٥﴾

105. Mazima ffe twassa gy'oli Ekitabo  
n'amazima, olyoke olamule wakati  
w'abantu n'ebyo Katonda by'akul-  
aga. Tobeeranga omuwolereza w'o-  
mukumpanya;

إِنَّا أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ لِتَحْكُمَ  
بَيْنَ النَّاسِ بِمَا أَرَادَ اللَّهُ وَلَا تَكُنُ  
لِلْخَائِبِينَ خَصِيمًا ﴿١٠٦﴾

106. Era weegayiriranga Katonda okuso-  
nyiyibwa; Mazima Katonda Ye Muso-  
nyiyi, Omusaasizi.

وَأَسْتَفْهِمِ اللَّهُ طِرَانَ اللَّهِ كَانَ عَفُورًا  
رَّحِيمًا ﴿١٠٧﴾

107. Tokaayananga ku lw'abo abakump-  
nya emyoyo gyabwe; Mazima Katonda  
tayagala oyo abeera omukumpnya  
era omwonoonyi;

وَلَا تُجَادِلْ عَنِ الَّذِينَ يَخْتَفُونَ الْقِسْمِ  
إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ مَنْ كَانَ خَوَانًا أَيْمًا ﴿١٠٨﴾  
يَسْتَفْهِنُونَ مِنَ النَّاسِ وَلَا يَتَخَفُونَ

108. Beekweka abantu ne bateekweka  
Katonda. Sso nga Ye Ali wamu nabo

104. Temuddiriranga mu kunoonyereza n'okwerinda omulabe: Ssi nsonga mutuukiddwako ebiwundu oba muttiddwamu ne bannammwe kubanga nabo baba balumwa mu ngeri y'emu. Ate wadde mmwenna mwenkanankana mu kulumizibwa naye mmwe mulina essuubi ly'okusasulwa empeera eri Katonda sso nga bo tebasuubirayo kalungi konna.

105. Ekitabo Kuraane kyakka okuva eri Katonda nga kya Mazima meereere; era nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) wa kukiramuzisa wakati w'abantu mu bwenkanya awatali kugwa lubege ku mukumpanya yenna.

106. Teweekubiiranga n'owolerereza abakumpanya ebya bannaabwe. Abo kungulu bakumpanya balala naye mu bwennyini beekumpanya bo bennyini; kubanga akabi k'okukumpanya kwabwe kadda gye bali.

108. Abo abeeryazaamaanya, abakumpanya, bakola ebintu mu bubba nga batya okulabiowa

ekiro mu kiseera bwe bakisa ebyo ebitasiimwa mu bigambo bye boogera. Era nga Katonda abyetoolodde ebyo bye bakola.

مِنَ اللَّهِ وَهُوَ مَعَهُمْ إِذْ يُبَيِّنُونَ  
مَا لَا يَرَوْنَ مِنَ الْقَوْلِ وَكَانَ اللَّهُ  
بِمَا يَعْمَلُونَ مُخِيطًا ﴿١٠٩﴾

109. Abange mmwe, mukaayana ku lwabwe (mubawolerezza) mu bulamu obw'ensi. Naye ani alibawolereza eri Katonda ku lunaku lw'okuymirira (olw'enkomerero), era ani alibeera omweyimirizi waabwe?
110. N'omuntu akola ekibi oba n'alyazaamaanya omwoyo gwe, oluvannyuma ne yeegayirira Katonda okumusonyiwa, asanga Katonda nga Musonyiyi, Omusaasizi.
111. N'omuntu akola ekibi mazima aba akikoledde mwoyo gwe, mazima Katonda Ye Mumanyi, Omukakasa.
112. Wabula omuntu akola ekisobyo oba ekibi oluvannyuma n'akikasuka ku atakikoze nga akyegaana, mazima aba yeetisse okutemerera n'ekibi ekyeyolefu.
113. Singa tekyali kisa kya Katonda ky'alina ku ggwe (Muhammadi), na kusaa-sira Kwe, kyandyagadde ekibiina mu bo okukubuzza, sso nga tebandiku-

هَٰذَا تَمَّ هَٰذَا جَادَلْتُمْ عَنْهُمْ فِي  
الْحَيَاةِ الدُّنْيَا فَمَنْ يُجَادِلِ اللَّهَ عَنَّهُمْ  
يَوْمَ الْقِيَامَةِ أَمْ مَنْ لَّيْكُونُ عَلَيْهِمْ وُكَيْلًا ﴿١١٠﴾

وَمَنْ يَعْصِ سَوْءًا أَوْ يظلم نفسه ثُمَّ  
يَسْتَغْفِرِ اللَّهُ يَجِدِ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿١١١﴾

وَمَنْ يَكْسِبْ إِثْمًا فَإِنَّمَا يَكْسِبْهُ  
عَلَىٰ نَفْسِهِ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١١٢﴾

وَمَنْ يَكْسِبْ خَطِيئَةً أَوْ إِثْمًا ثُمَّ يَرْمِ  
بِهِ بَرِيئًا فَقَدْ أَحْتَمَلَ بُهْتَانًا وَإِثْمًا مُّبِينًا ﴿١١٣﴾

وَلَوْلَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكَ وَرَحْمَتُهُ  
لَهَمَّتْ طَائِفَةٌ مِّنْهُمْ أَنْ يُضْلُوكَ وَمَا

abantu olw'okutya okuwemuka, sso nga ye Katonda gwe banditidde okusinga okutya abantu, kubanga Ye aba abalaba era aba nabo ekiseera kyonna nga alaba bye bakola mu bubba ekiro bwe basula nga bakola ebyo by'atasiima; era yeetoolodde ebyo byonna bye bakola.

109. Ku lunaku lw'okulamula abantu bonna, tewali aliworereza oba okweyimirira abakumpanya awali Katonda.

110. Singa omuntu yeenenya olw'ekibi ky'aba akoze ne yeeyama n'obumalirivu obutaddayo kukikola, Katonda amusonyiwa ekibi ky'aba akoze wadde ka kube kinene kitya.

111. Ekibi kyonna omuntu ky'akola aba akyekoledde era agenda kuvunaanibwa olw'ekibi ekyo ye kennyini ku nkomerero. So tekivunaanibwa mulala yenna. N'omuntu akola ekibi n'akipaatiika ku mulala, aba yeetisse ekivve kya mirundi ebiri. Ekisooka, ky'ekibi eky'okwegaana, ekyokubiri ky'eky'okuwaayiriza omulala, ate n'ekibi eky'okukola ekibi ekyo.



buzizza wabula emyoyo gyabwe, era tebayinza kukuleetera kabi mu kintu kyonna: Nga Katonda yassa ku ggwe Ekitabo n'Amateeka n'akuyigiriza n'e-byo bye wali tomanyi. Ekisa kya Katonda ky'alina ku ggwe kiyitirivu.

114. Tewali bulungi mu bisinga obungi mu kwogeranya kwabwe okw'omu kyama wabula nga omuntu akubiriza okusaddaaka, oba empisa ennungi, oba okutabaganya wakati w'abantu. N'omuntu akola ekyo, nga anoonya okusiima kwa Katonda, kyaddaaki tulimuwa empeera ennene.

115. N'omuntu eyeekutula ku Mubaka oluvannyuma lw'okumweraga obulungamu, n'agoberera ekkubo eritali lya bakkiriza, tumufuza ekyo ky'agoberedde, ne tumusogga omuliro (Jahannama) — N'obwo bwe buddo obusinga obubi.

116. Mazima Katonda tasonyiwa oyo amugatta n'ekintu ekirala. Wabula asonyiwa ebitali ekyo eri oyo gw'aba ayagadde. N'omuntu agatta Katonda n'ebintu ebirala mazima aba abuze olubula olw'ewala.

117. Tebasaba ebyo ebitali Ye Katonda, (wabula ebyo bye baatuuma amanya) ag'ekikazi; era tebasaba wabula Sitaane oyo eyecwaggula.

يُضِلُّونَ إِلَّا أَنفُسَهُمْ وَمَا يَصُدُّونَكَ  
مِنْ شَيْءٍ وَأَنزَلَ اللَّهُ عَلَيْكَ الْكِتَابَ  
وَ الْحِكْمَةَ وَعَلَّمَكَ مَا لَمْ تَكُن تَعْلَمُ  
وَ كَانَ فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكَ عَظِيمًا ﴿١١٤﴾

لَا خَيْرَ فِي كَثِيرٍ مِنْ نَجْوَاهُمْ إِلَّا  
مَنْ أَمَرَ بِصَدَقَةٍ أَوْ مَعْرُوفٍ أَوْ  
إِصْلَاحٍ بَيْنَ النَّاسِ وَمَنْ يَفْعَلْ  
ذَلِكَ ابْتِغَاءً مَرْضَاتِ اللَّهِ فَسَوْفَ  
نُؤْتِيهِ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١١٥﴾

وَمَنْ يُشَاقِقِ الرَّسُولَ مِنْ بَعْدِ مَا  
تَبَيَّنَ لَهُ الْهُدَى وَيَتَّبِعْ غَيْرَ سَبِيلِ  
الْمُؤْمِنِينَ تَلَوَّاهُ مَا تَوَلَّى وَصَلَّى  
حَتَّىٰ تَبْغَضَ وَيَرْحِمَهُ وَمَا لَهُ  
مِثْلَ مَا يَرْحِمُهُ ﴿١١٦﴾

إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ  
مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ  
يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ ضَلَّ ضَلَالًا عَظِيمًا ﴿١١٧﴾  
إِنْ يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ إِلَّا إِنشَاءً  
وَ إِنْ يَدْعُونَ إِلَّا شَيْطَانًا مَرِيدًا ﴿١١٨﴾

115. Oyo ayogerwako wano ye muntu ayawukana ku kugoberera amateeka ga Nabbi Muham-madi (s.a.w.) ge yateeka, ne gaba ku ludda naye n'abecera ku ludda olulala.

116. Katonda asonyiwa oyo yenna gw'aba ayagadde ebibi ebirala byonna okuggyako oyo amwenkanyankanya n'ebintu ebirala ebitali Ye mu buyinza, n'abisinza.

117. Abakafiiri mu kifo ky'okusinza Katonda tebalina kirala kye basaba mu kusaba kwabwe okuggyako ebyo ebitalina bulamu buyinza kubiwuliza ebyo bye babisaba. Okugeza nga Abawarabu bwe

118. Katonda yagikolimira (Sitaane) (sitaane) n'egamba nti: Nja kuteekerawo ddala mu baddu bo omugabo omugere (abo abanangoberera);

لَعَنَهُ اللَّهُ مَوْقَالَ لَا تَخْذَنَّ مِنْ  
عِبَادِكَ نَصِيبًا مَّفْرُوضًا ١١٨

119. Era nja kubabuzanga, era nja kuba-subuzanga ebyo ebitaliimu nsa, era nja kubalagiranga bawummule amatu g'ebisolo ebirundibwa, era nja kubalagiranga bafuulefuule entonda ya Katonda. N'omuntu afuula sitaane nga ye mukuumi we atali Katonda, mazima aba afaafaaganiddwa olu-faafaaganirwa olweyolefu.

وَلَا ضَلَّتْهُمْ وَلَا مَنِيَّتْهُمْ وَلَا مَرَمٌ  
فَلَيْبَتِكُنَّ أَذَانُ الْأَنْعَامِ وَلَا مَرَمٌ  
فَلْيَغَيِّرَنَّ خَلْقَ اللَّهِ وَمَنْ يَتَّخِذِ  
الشَّيْطَانَ وَلِيًّا مِنْ دُونِ اللَّهِ فَقَدْ  
خَسِرَ خُسْرَانًا مُّبِينًا ١١٩

120. Abalagaanyisa era n'abasubiza (ebitaliimu nsa); kubanga Sitaane tebalagaanyisa wabula kubaguyaaguya buguyaaguya.

يَعِدُّهُمْ وَمَنِيَّتِهِمْ طَوَّامًا يَعِدُّهُمْ  
الشَّيْطَانُ الْأَعْرُورًا ١٢٠

121. Abo obuddo bwabwe muliro (Jahannama), era tebagenda kufuna ku gwo buddukiro.

أُولَئِكَ مَاؤُهُمْ جَهَنَّمُ زَوْلًا يَجِدُونَ  
عَنْهَا مَخْرَجًا ١٢١

122. N'abo abakkiriza ne bakola n'emirimu emirongoofu tugenda kubayingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe): emigga gikulukutira wansi waayo, nga ba kubeera lubeerera mu yo ebbanga lyonna. Eyo y'endagaano ya Katonda ey'amazima; ani asinga Katonda okwogera amazima.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
سَنُدْخِلُهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ  
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا  
وَعَدَ اللَّهُ حَقًّا وَمَنْ أَصْدَقُ مِنَ  
اللَّهِ قِيلًا ١٢٢

123: Tekijja kuba nga okwagala kwammwe wadde okwagala kwa Bannannyini

لَيْسَ بِأَمَانِيكُمْ وَلَا أَمَانِي أَهْلِ

baasinzanga ebifaananyi bye baabajjanga mu mayinja ne mu miti. N'olw'ekyo kale abo mu kusaba kwa bwe bo baba basa ba sitaane oyo ayajeemera amateeka ga Katonda kubanga era ye ye yababuzo.

118. Nja kweteerawo mu baddu bo omutemwa gw'abo abanangoberera.

119. Bajjanga kuwummula amatu g'ensolo ako kalyoke kabeere akabonero akategeza nga bwe ziri emponge eza balubaale baabwe -- okugeza nga Abawarabu bwe baakolanga nga Obusiramu tebunnajja.

123. Muwe Abasiraamu n'abo Bannannyini Kitabo Abayudaaya n'Abakristaayo temuyinza

Kitabo. Oyo yenna akola ekibi akisa-sulwa, era tagenda kufuna ye mukuumi wadde omutaasa atali Katonda.

124. N'omuntu akola emirimu emirongoofu, omusajja oba omukazi nga naye mukkiriza, abo ba kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), tebagenda kulyazaamaanyizibwa wadde akanyikuuli (ku birungi byabwe),
125. Ani munnaddiini okusinga oyo awaayo ekyenyi kye eri (okusinza) Katonda, naye nga mulongoosa (mu mirimu gye), n'agoberera eddiini ya Ibrahiimu omukkiriza owa nnamaddala? Mazima Katonda yafuula Ibrahiimu ow'omukwano.
126. Era bya Katonda ebyo byonna ebiri mu nsi. Era Ye Katonda yecoolodde ku buli kintu.
127. Bakubuuza obategeeze ebifa ku bakyalala. Bagambe nti: Katonda abategeeze ebifa ku bo, era (mujjukire) n'ebyo ebibasomerwa mu Kitabo kino, ebifa ku bamulekwa abakyalala abo be mutawa ekyo ekyalaalikibwa (oku-

الْكِتَابِ مَنْ يَعْمَلْ سُوءًا يُجْزِيهِ وَلَا  
يُحَدِّثُكَ مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلِيًّا وَلَا نَصِيرًا ﴿١٢٤﴾

وَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ مِنْ ذَكَرٍ أَوْ  
أَنْتَىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَٰئِكَ يَدْخُلُونَ  
الْجَنَّةَ وَلَا يُظَلَّمُونَ فِيهَا ﴿١٢٥﴾

وَمَنْ أَحْسَنَ دِينًا مِمَّنْ أَسْلَمَ  
وَجْهَهُ لِلَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ وَاتَّبَعَ مِلَّةَ  
إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا وَاتَّخَذَ اللَّهُ  
إِبْرَاهِيمَ خَلِيلًا ﴿١٢٦﴾

وَاللَّهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَكَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ مُّحِيطًا ﴿١٢٧﴾

وَيَسْتَفْتُونَكَ فِي النِّسَاءِ قُلِ اللَّهُ  
يُفْتِيكُمْ فِيهِنَّ وَمَا يُنْهَىٰ عَلَيْكُمْ  
فِي الْكِتَابِ فِي نَيْسَاءِ النَّسَاءِ الَّتِي لَا

kuwona nga bwe mwewaana wabula okuwona kuli kw'abo abagondera amateeka ga Katonda era ne bagoberera n'ababaka Be.

Buli yenna akola ekibi, k'abe ani oba ani abonerezebwa — oba kuno ku nsi oba mu bulamu obw'oluvannyuma; era tewali mulala yenna'alibimuwonya (ebibonerezo) wabula Katonda singa aba nga yeeneyezza.

Ekitundu kino bwe kyakka Abasiraamu beeraliikirira nnyo okuvunaanwa buli kye bakoze okutuusa lwe baagamba Nabbi (s.a.w.) nti: "Ani mu ffe atayinza kusobya?" N'abategeza nti: "Byo cbisobyo bye muba musobezza mwe abakkiriza mubisasulirwa kuno ku nsi okutuusa nate lwe mulisisinkana ne Katonda nga temulina kibi. Wabula abalala abatali mu mmwe ebibi bye bakola bibakunngaanirizibwa okutuusa lwe balibisasulwa ku lunaku lw'oluvannyuma." Ekyo nga kitegeeza nti buli kabi konna akatuuka ku mukkiriza Katonda amutoolako ebimu ku bibi by'aba a koze.

125. Tewali alina ddiini nnungi kusinga oyo akola emirimu gye nga agikola ku lwa Katonda; Sso ssi ku lwa bampaane. Oyo nno akola emirimu egyo nga agoberera amateeka ga Katonda nga tamala geekolera neemalidde era nga agoberera n'ebiragiro bya Mutume.

127. Oluvannyuma lw'olutalo lwe Uhudi bamulekwa abakyalala, abaana abato amabujje agatec-

baweebwa — amahare), ate ne mwagala okubawasa, era (mujjukire n'ebifa) ne kw'abo abaana abato abateesobola: nti muyimirirenga ku (kubalabirira) bamulekwa n'obwenkanya. N'ebyo bye mukola mu bulungi, mazima Katonda aba Abimanyi.

تَوَلَّوْهُنَّ مَا كَتَبَ لَهُنَّ وَكَرَّهْنَ  
أَنْ تَنْكِحُوهُنَّ وَأَمْسَتْ ضَعْفَيْنِ  
مِنَ الْوَالِدَانِ وَأَنْ تَقُومُوا إِلَيْهِنَّ  
بِالْقِسْطِ وَمَا تَفَعَّلُوا مِنْ خَيْرٍ  
فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِهِ عَلِيمًا ﴿١٢٥﴾

128. Bw'aba omukyala ng'atidde bbaawe okumuyisa obubi oba okumusuulirira, tewali kibi ku bombiriri okuteesaganya wakati waabwe bokka. N'okuteesaganya okwo kwe kulungi, wadde nga omwoyo gw'abantu gwasemberera omutuube (omulugube). Wabula bwe muba nga mulongoosezza (ebikolwa) ne mwewala (ebisobyoy), mazima Katonda mumanyi w'ebyo byonna bye mukola.

وَإِنْ أَمْرًا فَخَافَتْ مِنْ بَعْلِهَا  
شُورًا أَوْ إِعْرَاضًا فَلَا جُنَاحَ  
عَلَيْهِمَا أَنْ يُصْلِحَا بَيْنَهُمَا صُلْحًا  
وَالصُّلْحُ خَيْرٌ وَأُحْضِرَتِ الْأَنْفُسُ  
الشُّرَّهَ وَإِنْ تُخْسِنُوا وَتَتَّقُوا فَإِنَّ  
اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿١٢٦﴾

129. Naye temusobola kwenkanyankanya wakati w'abakyala newankubadde nga

وَلَنْ تَسْتَطِيعُوا أَنْ تَعْدِلُوا بَيْنَ النِّسَاءِ

sobola ne bakateeyamba ba ngeri nnyingi baaliwo. Kale abakkiriza baagaanibwa okubayisa mu ngeri etali ya mazima nga babalanga obunaku bwabwe. Baagaanibwa okuwasa oyo mulekwa omukyala gwe baba basiimye olw'emmaali ye n'obulungi bwe awatali kumwagala mu bukakafu okuggyako olw'okwagala okwekkusa obwagazi bwabwe, kale baali bateekwa okubawasa oluwan-yuma lw'okutuukiriza ebyo byonna ebibakakatako okubaweebwa (amahare). Era Katonda yabakubiriza okulabirira emmaali ya bamulekwa n'obwenkanya.

128. Singa abafumbo ababiri batabagana kye kisinga obulungi okusinga okwawukana. Era ku byonna Katonda bye yakkiriza, asinga kukyawa ttalaka.

Omwoyo gw'omuntu gwayitirira omululu, buli kiseera na mu buli ngeri yonna. Oluusi gutuubira mmaali, oluusi gutuubira kwagala mukazi. Kale amateeka gakkiriza omukyala singa alabye naye nga wazzeewo ku ye ekizibu ekitasobozesa bbaawe kulabagana naye: gamba nga okuba nti alwadde obulwadde obw'olukonvuba; ekyo ne kituusa bba ku kululunkanira omukazi omulala oba okumwekubiirako, basaanaye bateesaganye omukazi oyo omulwadde akkirize okukendeeza kw'ebyo ebimukakatirwako okuwebwa bbaawe, mu kifo ky'okunyiga n'atuuka okusiimawo okwawukana ne bbaawe gw'akuze naye oba gw'amanyidde.

Wabula abasajja bwe beelongoosa ne bagumiikiriza kw'ekyo kye bataagala kuwa abakyala. ne bagabanya wakati waabwe n'obwenkanya ere ne batabayisa mu mbeera mbi nnyo olw'okubanga tebakuyabasanusa, Katonda alaba byonna era wa kubasasulamu empeera.

129. Abasajja tebasobola kwenkanyankanya wakati w'abakyala mu ngeri zonna. Kubanga ne bwe wabaawo okwenkanyankanya kungulu, nga okusula ennaku ezenkana mu buli kisenge kya buli

mukyagadde mutya. Kyokka temu-  
kyukanga olukyuka lwonna ne mu-  
muleka omukyala omulala nga alinga  
omuwani<sup>ke</sup> (aleebeetere mu bbinga).  
Bwe muba nga mutabaganye (mu  
mukwano) ne mwewala (ebisobyoy)  
mazima Katonda okuva edda ye Muso-  
nyiyi, Omusaasizi ennyo.

130. Bwe baba nga baawukanye, Katonda  
agaggawaza buli omu ku bombiriri  
(ng'aggya) mu bigabwa Bye; Katonda  
Ye Mugazi (mu kugaba), Omukakasa  
(mu kulabirira ebitonde Bye).

131. Bya Katonda ebyo byonna ebiri mu  
ggulu n'ebiri mu nsi. Mazima twa-  
laamira abo abaaawebwa Ekitabab  
oluberyeberye lwammwe, era nammwe  
(Abasiraamu tubalaamira) mutye  
Katonda. Naye bwe munaaba nga  
muwakanyizza, mazima bya Katonda  
ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu  
nsi, ne Katonda mugagga Atendere-  
zebwa okuva ddi okutuusa ddi.

وَلَوْ حَرَصْتُمْ فَلَا تَمِيلُوا أَكْثَلَ الْمِيلِ  
فَتَذَرُوهُمَا كَالْمَحَلْقَةِ وَإِنْ لُصِبُوا  
وَتَنَقَّبُوا فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٣٠﴾

وَإِنْ يَتَفَرَّقَا يُغْنِ اللَّهُ كِلَيْهِمَا  
مِنْ سَعَتِهِ طَوْكَانَ اللَّهُ وَإِسْعَاءَ  
حَكِيمًا ﴿٣١﴾

وَلِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَلَقَدْ وَصَّيْنَا الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ  
مِنْ قَبْلِكُمْ وَإِيَّاكُمْ أَنْ اتَّقُوا اللَّهَ  
وَإِنْ تَكْفُرُوا فَإِنَّ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ  
وَمَا فِي الْأَرْضِ وَكَانَ اللَّهُ عَزِيمًا  
حَمِيدًا ﴿٣٢﴾

mukyala, naye tewabulawo njawulo mu ngeri y'okwagala. Kubanga ekyo tekiri mu buyinza bwa muntu era Katonda takivunaana. N'olwekyo Nabbi (s.a.w.) yasabanga Katonda n'agamba nti: "Ai Katonda wange! Kuno kwe kugabanya kwange kw'ekyo kye nninako obuyinza, tonnenya mw'ekyo Gwe ky'olinako obuyinza nze kye ssirinaako buyinza."

Kale bwe muba nga mugudde olubege ne musinga okwagala omu mu bakyala, temuyitirizanga okukyukira eri oyo gwe musinga okwagala mu buli ngeri yonna ne mulagajjalira ddala omulala, n'aba awo wakati — si mufumbo ate eno mufumbo. Nabbi (s.a.w.) yatiisa nnyo omuntu oyo ayekubiira ku mukazi omu n'agamba nti:

"Omuntu bw'aba ng'alina abakyala babiri n'akyukira eri omu ku bombiriri, agen ja kujja ku lunaku lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda ng'oluw' a lwe olumu lwewunzise. Kyokka bwe mwewala okwekubiira olw'okulongoosa n'okwenkanya wakati w'abakyala bonna, ssi nsonga tebenkanankana mu bikula ne mu bitendo byabwe, Katonda abibasonyiwa ebyo bye mutasobola kwenkanya.

130. Obufumbo bwe buba tebukyasobolera ddala kutereera, abufumbo ababiri: ne baawukana, Katonda ayinza okumumalirira omusajja ku buteetaaga mukyala oyo, ate n'amalira omukyala ku buteetaaga musajja oyo: Buli omu n'amuwanyisizaamu omulungi okusinga oyo gw'abadde naye.

Katonda ye mugagga alina ebirungi ebingi; era akakasa hyonna by'akola n'amateeka g'ateeka.

132. Bya Katonda ebyo ebiri mu ggu<sup>lu</sup> n'ebyo ebiri mu nsi, kimale okubeera Katonda nga Ye Mukuumi.
133. Singa ayagadde, ayinza okubaggyawo abange mmwe abantu, n'ateekawo abalala. Katonda kw'ekyo Muyinza okuva ddi okutuusa ddi.
134. Omuntu aba ayagala empeera z'oku nsi, awali Katonda we wali empeera z'oku nsi n'enkomerero: Katonda y'awulira era y'alaba (Ebintu byonna).
135. Abange mmwe Abakkiriza! Mubeeranga abayimiridde ku bwenkanya, abajulira ku lwa Katonda, newankubadde ka bube nga buli ku mmwe mwenyini (obujulizi) oba ku bakadde bammwe, oba ku b'oluganda lwammwe, era ka bube ku mugagga oba omwavu, kubanga Katonda y'asinga abo bombiriri. Temugobereranga obwagazi ne mulema okwenkanya, era bwe munaabanga mukyusizza (amazima) oba ne mwawukana (ku mazima), mazima Katonda Mumanyi w'ebyama kw'ebyo bye mukola okuva ddi okutuusa ddi.

وَلِلّٰهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ  
وَكَفٰى بِاللّٰهِ وَكِيلًا ﴿١٣٦﴾

اِنَّ يَشَآءُ يَدْهَبْكُمْ اَيُّهَا النَّاسُ وَيَاْت  
بِاٰخَرِيْنَ ؕ وَكَانَ اللّٰهُ عَلٰى ذٰلِكَ قَدِيْرًا ﴿١٣٧﴾

مَنْ كَانَ يُرِيْدُ ثَوَابَ الدُّنْيَا  
فَعِنْدَ اللّٰهِ ثَوَابُ الدُّنْيَا وَالْاٰخِرَةِ  
وَكَانَ اللّٰهُ سَمِيْعًا بَصِيْرًا ﴿١٣٨﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا آمِنِينَ  
بِالْقِسْطِ شَهِدْ لِقَوْمِكُمْ  
أَنْفُسِكُمْ أَوَالِدَ الَّذِينَ وَالِ الَّذِينَ  
إِنْ يَكُنْ غَيْبًا أَوْ فُقَيْرًا قَالَ اللَّهُ أَوْلَى  
بِهِمْ فَلَا تَتَّبِعُوا الْهَوَى أَنْ  
تَعْبُدُوا وَاِنْ تَلَوْا أَوْ نَعَرْتُمْ  
فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿١٣٩﴾

١٣٩  
ع ١٤

133. Katonda asobola okubaggyawo mmwe abantu abaliwo ku nsi kati ate n'atekawo abalala singa muba mumujeemedde.

134. Owange ggwe atalina kirowoozo kyonna wabula okulowooza ku nsi yokka, manya nti Katonda y'alina eby'okufuna by'ensi n'eby'enkomerero. Singa omusabye byombi ayinza okubikuwa era n'abikumalira.

135. Mubeere abajulira amazima olw'okutya Katonda. Era mujulire amazima newankubadde nga akabi k'obujulizi kadda gye muli, — okugeza obanga musabiddwa okuwa obujulizi ku bakadde bammwe oba ku baganda bammwe, era mwogere amazima ke kabe akabi k'amazima ago nga kadda gye bali abantu bammwe.

Era temwekubiiranga mu kuwa obujulizi ne mutunuulira omugagga olw'obugagga bwe oba ne mulumirwa omwavu olw'obwavu bwe, kubanga Katonda y'asinga abo bombiriri era y'asinga okumanya ckyo ekirimu omugaso gwabwe. Era tekubawalirizanga okwagala ne mulema okwenkanya: wabula mwenyewereze ku bwenkanya mu buli ngeri yonna na mu buli kiseera kyonna. Okwekubiira olw'obwagazi ku ludda olumu kuyinza okubakyusa ne mugendera ku bulimba oba ne mugaana okuwa obujulizi obutuufu. Katonda wa kubasula empeera z'ebyo byonna bye mukola.

136. Abange mmwe abakkiriza! Mukkirize Katonda n'Omubaka We, n'Ekitabo kye yassa ku mubaka We era n'Ekitabo kye yassa oluberyeberye lwe. N'oyo awakanya Katonda, ne Bamalaika Be, n'Ebitabo Bye, n'Ababaka Be, n'Olonaku lw'Enkomerero: mazima aba abuze olubula olw'ewala.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا يَا لِلَّهِ وَ  
رَسُولِهِ وَالْكِتَابِ الَّذِي نَزَّلَ عَلَيَّ  
رَسُولِهِ وَالْكِتَابِ الَّذِي أَنْزَلَ مِن  
قَبْلُ ۗ وَمَنْ يَكْفُرْ بِاللَّهِ وَمَلَائِكَتِهِ  
وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ فَقَدْ  
ضَلَّ ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿١٣٦﴾

137. Mazima abo abakkiriza oluvannyuma ne bakaafuwala, ate bwe bamala ne bakkiriza ate ne bakaafuwala, bwe bamala ne beyongera okukaafuwala, Katonda tali wa kubasonyiwa wadde okubalungamya mu kkubo.

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا أُولَئِكَ  
ثُمَّ كَفَرُوا أُولَئِكَ أَرَادُوا الْكُفْرَ لَمْ يَكُنِ لِلَّهِ  
لِيُعْزَمُوا لَهُمْ وَلَا لِيَهْدِيَهُمْ سَبِيلًا ﴿١٣٧﴾

138. Buulira (amawulire) ng'osanyusa abannanfuusi nti mazima balina ebibonerezo ebiruma;

بَشِيرِ الْمُنْفِقِينَ يَا لَئِنْ لَمْ عَدَّ آبَاءُ  
الْيَمَانِ ﴿١٣٨﴾

139. Abo abafuula abatali-bakkiriza ab'ekmikwano egy'omunda ne baleka Abakkiriza! Banoonya bitiibwa gye bali? — Sso nga mazima ebitiibwa byonna bya Katonda.

الَّذِينَ يَتَّخِذُونَ الْكُفْرَانَ أَوْلِيَاءَ مِنْ  
دُونِ الْمُؤْمِنِينَ أَلْيَبْتَغُونَ عِنْدَهُمُ  
الْعِزَّةَ فَإِنَّ الْعِزَّةَ لِلَّهِ جَمِيعًا ﴿١٣٩﴾

136. Ebitabo bye yassa oluberyeberye lwe: Ebyo by'ebitabo bye yassa ku Bannabbi abaakulembera Nabbi Muhammadi (s.a.w.) — okugeza nga Tauraati: n'Enjiri. Oyo awakanya ebyo ebyogeddwako aba avudde ku kkubo ly'obulungamu n'abeera wala n'ekigendererwa.

137. Abo abakyuka mu ddiini oluvannyuma lw'omulundi baba bayingidde mu bubuze nga bagenderedde; era bagenda nga beeyagalidde mu bubuze obuli ewala n'obulungamu. Ne Katonda alekayo okubasonyiwa n'okubalungamya mu kkubo ettufu kubanga bo baakyuka okuva ku kkubo eggolokofu oluvannyuma lw'okulikwata. Era baalondawo okweziba amaaso oluvannyuma lw'okulungama n'okulaba ekitangaala.

138. Batangaaze ng'obakudaalira gwe Nabbi (s.a.w.) abannanfuusi — abo abakkiriza kungulu nga emitima gyabwe gyo tegikikiriza — nti bo balina ebibonerezo ebiruma eby'okwokebwa omuliro olubeerera.

139. Abannanfuusi bali wamu n'abakafiri mu bwennyini era boogera ebyama wamu nabo mu bwennyini era beemalira gye, bali okusinga okwemalira eri bakkiriza bannaabwe. Ekyo bakikola ndowooza lwa kufuna bitiibwa awali bo.

N'aboogerwako wano abo abagendereddwa be bo abayudaaya abaali mu Madina nga aban-



140. Ng'ate mazima yassa dda ku mmwe mu Kitabo nti, bwe mubanga muwulidde ebigambo bya Katonda nga biwakanyizibwa era nga bijolongwa, temutuulanga awamu nabo (abo ababiwakanya n'okubijolonga) okutuusa lwe banaakyusa ne badda ku mbooji endala. Mazima mmwe bwe munaaba nabo bwe kityo munaafaanana nga bo. Mazima Katonda wa kugatta wamu abannanfuusi n'abakafiiri mu muliro (Jahannama), bonna nga bali wamu;

141. Abo abalindirira (ekinaabatuukako) mmwe: Bwe muba nga mulina obuwanguzi obuva eri Katonda, bagamba nti: Mazima ffe tetubadde wamu nammwe? Bwe balaba abakaafiiri nga be baliina omugabo (gw'obuwanguzi), bagamba nti: Tetwabasinga, ne tubaziya abakkiriza okubatta? — Wabula Katonda agenda kulamula wakati wammwe ku Lunaku Lw'okuymirira (mu maaso Ge), era Katonda teyateerawo bakafiiri ku bakkiriza kkubo (lye basobola kuyitamu kubawangula).

142. Mazima abannanfuusi bakwenyakwenya Katonda, wabula naye wa kubakwenyakwenya. Bwe baba nga bayimiridde okusaala; bayimirira nga bagayaavu lwa kweraga bantu, era tebayogera ku Katonda wabula katono nnyo;

وَقَدْ نَزَّلَ عَلَيْكُمْ فِي الْكِتَابِ أَنْ إِذَا سَمِعْتُمْ آيَاتَ اللَّهِ يَكْفِرُ بِهَا وَيَسْتَهْزِئُ بِهَا فَلَا تَقْعُدُوا مَعَهُمْ حَتَّى يَخُوضُوا فِي حَدِيثٍ غَيْرِهِ إِنَّكُمْ إِذًا مِثْلُهُمْ إِنَّ اللَّهَ جَامِعُ الْمُنَافِقِينَ وَالْكَافِرِينَ فِي جَهَنَّمَ جَمِيعًا ﴿١٤٠﴾

إِلَٰدِينَ يَكْرَهُونَ بِكُمْ ؕ فَإِنْ كَانَ لَكُمْ فَتْنَةٌ مِنَ اللَّهِ فَأُولَٰئِكَم تَكُنْ مَعَكُمْ ؕ وَإِنْ كَانَ لِلْكَافِرِينَ نَصِيبٌ ؕ فَأُولَٰئِكَم تَسْحَبُونَ عَلَيْكُمْ ؕ وَمَنْعَلَكُمْ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ؕ وَاللَّهُ يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ؕ وَلَنْ يَجْعَلَ اللَّهُ لِلْكَافِرِينَ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ سَبِيلًا ﴿١٤١﴾

إِنَّ الْمُنَافِقِينَ يُخَدِّعُونَ اللَّهَ وَهُوَ خَادِعُهُمْ ؕ وَإِذَا قَامُوا إِلَى الصَّلَاةِ قَامُوا كَسَالَىٰ يُرَاءُونَ النَّاسَ وَلَا يَذْكُرُونَ اللَّهَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٤٢﴾

nanfuusi Abasiraamu babafudde mikwano gyabwe; era nga bateesa nabo mu buli ngeri yonna mu kusafira cnkwe Basiraamu bannaabwwe.

140. Bwe munaasiima okutuula nabo mu kiseera ky'okuwakanya Kuraane awamu n'okugijeeja, munaaba wamu nabo mu kubonerezebwa. Era nga bwe beegatta kuno ku nsi mu bukafiiri bwabwwe, Katonda agenda kubagatta wamu mu muliro Jahannama babeere nga bali omwo olubeerera.

141. Abannanfuusi baganiba abakafiiri nti twabayambye ne twabulira Abasiraamu ne mubawangula kale ffe twabasobo/esezra okubawangula Abakkiriza.

143. Basamaalirivu wakati awo (aw'Abakkiriza n'abakafiiri), tebali eri bano oba eri abo. N'omuntu Katonda gw'aba abuzizza, toyinza (Ggwe Muhammadi) kumufunira kkubo:

مَدَّ بَدِينَيْنِ بَيْنَ ذَلِكَ إِلَى  
هَؤُلَاءِ وَلَا إِلَى هَؤُلَاءِ وَمَنْ يُضِلِّ  
اللَّهُ فَمَا تَجِدُ لَهُ سَبِيلًا ﴿١٤٣﴾

144. Abange mmwe abakkiriza! Temufulanga abakaafiiri ab'emikwano enfiirabulago okuggyako abakkiriza (bannammwe). Abange: Mwandya-gadde okwewaako obujulizi obweyolefu mwekka eri Katonda?

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَخِذُوا الْكُفْرِينَ  
أَوْلِيَاءَ مِنْ دُونِ الْمُؤْمِنِينَ أَلَمْ يَكُنْ  
أَنْ تَجْعَلُوا لِلَّهِ عَلَيْكُمْ سُلْطَانًا مُبِينًا ﴿١٤٤﴾

145. Mazima abannanfuusi balibeera mu muko ogukomererayo wansi mu muliro; era togenda kubafunira mutaasa;

إِنَّ الْمُنْفِقِينَ فِي الدَّرَكِ الْأَسْفَلِ  
مِنَ النَّارِ وَلَنْ تَجِدَ لَهُمْ نَصِيرًا ﴿١٤٥﴾

146. Wabula abo abeenenya, ne balongoosa (obulamu bwabwe) ne benyweza ku Katonda, ne batukuza eddiini yaabwe ku lwa Katonda; Ddala abo bali wamu n'abakkiriza. Kyaddaaki Katonda alibawa abakkiriza empeera ennene ennyo.

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا وَأَصْلَحُوا وَاعْتَصَمُوا  
بِاللَّهِ وَأَخْلَصُوا دِينَهُمْ لِلَّهِ فَأُولَئِكَ  
مَعَ الْمُؤْمِنِينَ وَسَوْفَ يُؤْتِي اللَّهُ  
الْمُؤْمِنِينَ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١٤٦﴾

147. Kiki ky'alikola Katonda ebibonerezo byammwe bwe muba nga mumwebazizza ne mukkiriza? Katonda Ye Musiimi Amanyi byonna.

مَا يَفْعَلُ اللَّهُ بِعَدَايِكُمْ إِنْ شَكَرْتُمْ  
وَأَمَنْتُمْ وَكَانَ اللَّهُ شَاكِرًا عَلِيمًا ﴿١٤٧﴾

Katonda ajja kulamula wakati w'abannanfuusi n'ekyo ky'abamanyiiko, era si wa kubawa ngeri yonna ebasobozeso okusirissa abakkiriza.

142. Katonda ajja kubasasula olw'okumukwenyakwenya. Basaala lwa kulabibwa bantu, sso ssi ku lwa Katonda. Era mu kusaala kwabwe tebatya Katonda era tebamanya n'ebyo bye boogera.

144. Bo abannanfuusi basamaaliridde ne balemwa okusalawo watati w'obukafiiri n'obukkiriza — tebabalibwa mu bakafiiri oba mu bukkiriza wabula bali awo wakati tebamanyi kya kukola.

145. Abannanfuusi ba kuteekebwa mu ssanduuke enfunda olwo bateekebwe mu muko gw'omuliro ogukomererayo wansi. Ddala tebalifuna kutaasibwa kwonna okuva mu gwo.

146. Abannanfuusi bwe balekayo ebikolwa eby'obunnanfuusi ne bakola emirimu gyabwe ku lwa Katonda — Olwo Katonda abasonyiwa ne babalibwa mu bakkiriza.

147. Bwe mulongoosa emirimu gyammwe ne mukkiriza Katonda n'Omubaka We, Katonda asiima n'abasonyiwa. Era abeebaza nammwe bwe mumwebaza, era n'asasula oyo amukkiriza.

148. Katonda tayagala kwatuukiriza bubi (bwa muntu) wabula oyo aba alangiddwa obwerere. Ye Katonda y'Awulira Amanyi byonna.

لَا يَجِبُ لِلَّهِ الْجَهْرُ بِالسُّوءِ مِنَ  
الْقَوْلِ إِلَّا مَنْ ظَلِمَ وَكَانَ اللَّهُ  
سَمِيعًا عَلِيمًا ﴿١٤٨﴾

149. Bwe mubanga mwolesezza obulungi, oba mubukwese oba ne musonyiwa ku kibi, mazima Katonda ye Mulekezi (omusonyiyi), Ow'obuyinza.

إِنْ تَبَدُّوا خَيْرًا أَوْ مَخْفَوًا وَتَعْفُوا عَنْ  
سُوءِ فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ عَفْوًا قَدِيرًا ﴿١٤٩﴾

150. Mazima abo abawakanya Katonda n'ababaka Be, ne baagala baawukanye wakati wa Katonda n'ababaka Be, ne bagamba nti: Tukkirizaako abamu ne tuwakanya abalala, ne baagala okuteekawo ekkubo wakati w'ebyo byombiriri (obutakkiriza n'obukkiriza);

إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ  
وَيُرِيدُونَ أَنْ يُفَرِّقُوا بَيْنَ اللَّهِ  
وَرَسُولِهِ وَيَقُولُونَ نُوْمِنُ بِبَعْضِ  
وَنَكْفُرُ بِبَعْضٍ وَيُرِيدُونَ أَنْ  
يَتَّخِذُوا بَيْنَ ذَلِكَ سَبِيلًا ﴿١٥٠﴾

151. Abo bo be batakkiriza mu mazima; era twatekerateekera abatakkiriza ebibonyobonyo ebinyoomesa.

أُولَئِكَ هُمُ الْكٰفِرُونَ حَقًّا وَأَعْتَدْنَا  
لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا مُّهِينًا ﴿١٥١﴾

152. N'abo abakkiriza Katonda n'ababaka Be ne batayawula wakati w'omu

وَالَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَلَمْ

148. Tekisaana wadde tekikirizibwa Katonda, omuntu yenna okwogera eby'ensumattu ebyonoona amannya g'abantu ng'aboogera ko ebigambo ebibi eri abantu abalala. Era tekikirizibwa okusabira omuntu obubi mu bitali bituufu. Wabula okuggyako nga oyo abadde alangiddwa obwemage. olwo tewali kisobyo bw'ayatuukiriza oyo amukoze ekibi olw'okwetaasa.

Naye bw'aba agumiikiriza n'atamwatuukiriza, ekyo kye kisinga obulungi; kubanga Ye Katonda alaba byonna era ye mulamuzi ku byonna.

149. Bwe muba nga mwolesezza obulungi (ekikolwa ekirungi) oba nga mubukwese mu mitima gyammwe oba nga musonyiye oyo aba abakoze ekibi, ekyo kibalibwa mu birungi ebinyinza okubasembeza eri Katonda n'abasasula empera.

150. Kw'abo abawakanya Katonda ku babak Be nga kwe kuli n'abo abakkirizaako ababaka abamu ne bawakanya abalala; waliwo ate abo abakwata ekkubo eddala crya wakati cryawukana n'amateeka ga Katonda - cry'okuboola mu babaka olw'obuwangwa bwabwe obwawufu oba abamu beerowozaako nga eggwanga lyabwe bwe liri cry'enjawulo eryassukulumizibwa ku malala.

151. Abo aboogeddwako mu aya eno waggulu, baakaafuwala era ba kubonerzebwa mu bulamu obw'oluvannyuma. Okugeza nga Abayudaaya, abakkiriza Tauraati ne Nabbi Musa, wabula ne bawakanya Enjiri Nabbi Issa gye yajja nayo era n'obwannabbi bwe. Era ng'Abakristaayo bwe bakkiriza Enjiri n'obwannabbi bwa Issa kyokka ne bawakanya Kuraane n'obwannabbi bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

152. Abo abakkiriza mu Bw'omu bwa Katonda nga tebayawula mu Babaka, be bagoberezi ba

mu bo, abo kyaddaaki (Katonda) alibawa empeera yaabwe; era Katonda ye Musonyiyi, Omusaasizi ennyo.

يُقِرُّ تَوَابِينَ أَحَدٍ مِنْهُمْ أَوْلِيكَ  
سَوْفَ يُؤْتِيهِمْ أَجْرَهُمْ طَوْكَانَ  
اللَّهُ عَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥٤﴾

153. Bakusaba Bannannyini Kitabo oku-bassiza Ekitabo nga kiva mu ggulu. Mazima baasaba Musa ekinene (ekyamagero) ekisinga ekyo, ne bagamba nti: Tulage Katonda lwatu. Olwo ne batuukibwako okubwatuka (Laddu ne bafa) okwava mu ggulu olw'obulyazaamaanyi bwabwe. N'oluvannyuma (lw'ekyo ate) ne bafuula ennyana (eky'okusinza) oluvannyuma lw'okubajjira obunnyonnyofu. Kale ne tuki-sonyiwa ekyo! Ne tuwa Musa obujulizi obweyolefu.
154. Ne tusitulira waggulu waabwe olu-sozi (Sinai) ku lw'endagaano yaabwe (gye twalagaana nabo ey'okugoberera Tauraati) ne tubagamba (ku mulundi omulala) nti: Musingire omulyango nga muvunna (n'obuwombeefu); era ne tubagamba (olulala) nti: Temusukkanga etteeka (ly'obutavuba) ku lunaku lw'omukaaga (Sabbiiiti)! ne tubaggyako endagaano enzito.

يَسْأَلُكَ أَهْلُ الْكِتَابِ أَنْ تَنْزِلَ  
عَلَيْهِمْ كِتَابًا مِنَ السَّمَاءِ فَقَدْ سَأَلُوا  
مُوسَىٰ آكَابًا مِنْ ذَلِكَ فَقَالُوا  
آرِنَا اللَّهُ تَهْرَةً فَأَخَذَتْهُمُ الضُّعْفَةُ  
يُظْلِمُهُمْ ثُمَّ أَخَذُوا الْعِجْلَ مِنْ  
بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْبَيِّنَاتُ فَعَقَوْا عَن  
ذَلِكَ وَأَتَيْنَا مُوسَىٰ سُلْطَانًا مُبِينًا ﴿٥٥﴾  
وَرَفَعْنَا قَوْمَهُمُ الطُّورَ بِمِثْقَاتِهِمْ  
وَقُلْنَا لَهُمْ ادْخُلُوا الْبَابَ سُجَّدًا  
أَوْ قُلْنَا لَهُمْ لَا تَعْدُوا فِي السَّبْتِ وَ  
أَخَذْنَا مِنْهُمْ مِيثَاقًا غَلِيظًا ﴿٥٦﴾

Nabbi Muhammad (s.a.w.), era Katonda aija kubasasula empeera ennungi.

153. Katonda agumya Nabbi Muhammad (s.a.w.) aleme kwewuunya ekyo kye baamusaba abo Abayudaaya bannannyini Tauraati, kubanga olw'empaka zaabwe baali baasaba dda ne Nabbi waabwe Musa gwe baali bamaze okukkiriza amazima ge. ekinene Ekisinga ku ekyo kye baasaba Muhammad — ekyo kye baasaba Musa okubalaga Katonda bamulabeko n'amaaso gaabwe. Katonda yabatta ate oluvannyuma n'abazuukiza ne badda engulu nga ekyo kibonerezo olw'okusaba kwabwe okumulaba.

Ate oluvannyuma lw'ekyo baddira ekifaananyi ky'ennyana, eyawceesebwa Samiriyyu mu kikomo. ne bagifuula Katonda ne bagisinza. Sso nga baali bamaze okulaba obuyinza bwa Katonda n'ebyamagero Bye, ebyayita ku mukono gwa Nabbi We Musa.

154. Okutumbiiza olusozzi Sinai waggulu w'Abayudaaya kyaliwo mu kiscera bwe baali bagaanyc okugoberera amateeka ga Katonda agaali mu Tauraati. Ekyo bwe kyakolebwa olwo ne balyoka bakakasa nga bwe banaagoberera. Era baayawukana ku kiragiro kya Katonda bwe baagambibwa

155. (Basobezza nnyo eri Katonda): Ku lw'okumenya kwabwe endagaano zaa-bwe, n'okuwakanya kwabe amateeka ga Katonda, n'okutta kwabwe Bannabbi mu bitali by'amazima, n'ekigambo kyabwe kye baagamba nti: Emitima gyaffe gibikkidwa — (Nedda, si bwe kiri) wabula Katonda ye yazibikira ku gyo ku lw'obukafiiri bwabwe, n'olwekyo tebasobola kukkiriza wabula katono;

فَمَا لَنَقْضِهِمْ مِيثَاقَهُمْ لَعَفْوَهُمْ  
بِآيَاتِ اللَّهِ وَقَتْلِهِمُ الْأَنْبِيَاءَ بَغَيْرِ  
حَقٍّ وَقَوْلِهِمْ قُلُوبُنَا غُلْفٌ ۗ بَلْ  
طَبَعَ اللَّهُ عَلَيْهَا بِكُفْرِهِمْ فَلَا  
يُؤْمِنُونَ إِلَّا قَلِيلًا ۝

156. Ne ku lw'obukaafiri bwabwe; n'ekigambo kyabwe (kye baayogera) ku Mariyam (kwali) kutemerera okunene;

وَيَكْفُرُ بِهِمْ وَقَوْلُهُمْ عَلَىٰ مَرْيَمَ  
بُهْتَانًا عَظِيمًا ۝

157. Era n'ekigambo kyabwe (nga beewaana) nti: Mazima ffe twatta Issa Masiiha mutabani wa Mariyam, omubaka wa Katonda — Sso nga tebamuttanga era tebamukomereranga ku musaalaba, naye yafaananyirizibwa gye bali nga afudde; na mazima abo abayawukana mu kyo bali mu ku-

وَقَوْلِهِمْ إِنَّا قَتَلْنَا الْمَسِيحَ عِيسَى  
ابْنَ مَرْيَمَ رَسُولَ اللَّهِ وَمَا قَتَلُوهُ  
وَمَا صَلَبُوهُ وَلَٰكِن سُبُّوا لَهُمْ ۗ  
وَإِنَّ الَّذِينَ اٰخْتَلَفُوا فِيهِ لَفِي

okuyingira mu Kibuga Jerusaalimu n'obuwombeefu wabula ne bayingira nga bekwetulira ku matuuliro gaabwe. Era baamnya etteeka cry'okugulumiza olunaku olw'omukaaga cry'obutakola ku lunaku olwo, wabula bo baalimenya ne bavubanga.

155. Abayudaaya mu bisobyo ebingi bye baakola mwe mwali okuwakanya ebyamagero Katonda bye yawa Bannabbi Be ebyo bye baalabangako ate ne babiwakanya. N'olw'obuyitirivu bw'obubuze bwabwe, beentanta okutta Bannabbi ba Katonda — ekilolwa ekikomemerayo mu bubu. Era baagamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bwe bamukudaalira nga emitima gyabwe bwe gyabikkwa, era bwe gitasobola okutegeera ebyo by'agamba; bwe yabayita eri obukkiriza. N'olw'ekyo tebasobola kukkiriza okuyinza okubawonya ebibonerezo bya Katonda mu bulamu obw'oluvannyuma. Baagaana okukkiriza ssi lwa kuba nga emitima gyabwe mibikke mu butonde bwagyo, wabula olw'obukafiiri bwabwe, Katonda kyeyava agizibikira nga tegikyasobola kuyingiramu bukkiriza.

156. Ekigambo Abayudaaya kye baayogera ku Mariyam kyali nti: yayagala Yusufu era ne bagamba nti: Issa mwana wa bwenzi okwo kwali kuwaayiriza kuncene ku Mariyam era kwali kunyoozoola buyinza bwa Katonda okw'ensusso.

157. Nabbi Issa teyattibwa wadde okukomererwa ku musaalaba wabula Katonda yaddirira ekifaananyi kye n'akiteeka ku muntu omulala oyo gwe batta n'abafaananira nga Issa. Bannanyini Kitabo baayawukana ku nsonga ya Issa: Abayudaaya baagamba nti be baamutta ate Abakristaayo ne baaganibwa nti baamukomerera ku musaalaba n'afa. Kale awo baali n'okubuusaabuusa mu ky'okutibwa kwe.

N'olw'ekyo ekigambo ekila ku kutibwa kwa Issa (emirembe gibe ku ye) nti Abayudaaya ebiroroozo byabwe byabalimba nti be baamutta era ne bamukomerera ku musaalaba nga bagenderera

buusabuusa mu kyo; tebakirinaako kumanya kukakafu wabula okugoberera okulowoorereza kwokka; Sso nga tebamuttanga mu mazima:

شَاكٍ مِّنْهُ مَا لَهُمْ بِهِ مِنْ  
عِلْمٍ إِلَّا اتِّبَاعَ الظَّنِّ وَمَا قَتَلْتُمْ  
يَقِينًا ﴿٥٨﴾

158. Wabula Katonda yamusitula (yamugulumiza) n'amutwala gy'Ali. Ne Katonda wa Buyinza, Omukakasa;

بَلْ رَفَعَهُ اللَّهُ إِلَيْهِ وَكَانَ اللَّهُ  
عَزِيزًا حَكِيمًا ﴿٥٩﴾

159. Mazima tcwali n'omu mu Bannanyini Kitabo wabula (buli omu mu bo) agenda kumukkiriza nga tannatuusa kufa; ne ku Lunaku Lw'okuyimirira (Issa) agenda kubeera ku bo omujulizi;

وَلَنْ مِّنْ أَهْلِ الْكِتَابِ إِلَّا لِيُؤْمِنُوا بِهِ  
قَبْلَ مَوْتِهِ وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ يَكُونُ عَلَيْهِمْ شَهِيدًا ﴿٦٠﴾

160. N'olw'obulyazaamaanyi obwava mw'abo Abayudaaya twaziza ku bo (ebyokulya) eburungi ebyali bibakirizibwa (oluberyeberye); n'olw'okuyitiriza kwabwe okuziyiza (abantu) okukwata ekkubo lya Katonda; —

فِظْلِهِم مِّنَ الَّذِينَ هَادُوا أَحْرَمْنَا  
عَلَيْهِمْ طَبِئَتْ أُولَئِكَ لَهُمْ  
بَصَدِّ هُدًى عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ كَثِيرًا ﴿٦١﴾  
وَأَخَذَهُمُ الرِّبَا وَقَدْ هَدَوْا عَنْهُ وَ

- 161 N'olw'okutwalanga kwabwe emmaali y'okuwola okw'okuzzaamu mazima ate

okumunyooma kubanga bo tebakiriza Bwannabbi bwe. Ate Abakristaayo nabo ne balowooza nti Issa yattibwa n'akomererwa ku musaalaba, oluvannyuma n'aziikibwa ate n'amala ennaku ssatu n'azuukira n'agenda mu ggulu.

Kale ebyo byonna baabyogera nga babiggya mu kuteebereza na kulowooza bulowooza, sso ssi mu kumanya. N'olwekyo Katonda wano kwe kwolese ekituufu n'ategeeza nga bwe batamuttanga.

158. Katonda ye nnyini Buyinza era omukakasa mu buli kyonna ky'akola era ky'ayagala.

159. Tewali Muyudaaya yenna aliba akyaliwo. Issa bw'aliba nga asse ku nsi wabula agenda kumukkiriza nga bw'ali Nabbi era omu ku babaka ba Katonda.

Era ku lunaku lw'enkomerero Nabbi Issa agenda kuwa bujulizi kw'abo abataamukkiriza nga ye bwe yabatuusaako obubaka Katonda bwe yamulagira okutuusa eri abantu; era Issa agenda kuwa obujulizi ku Bayudaaya nga bwe baamulimbisa ne batamukkiriza, era awe obujulizi ku Bakristaayo bwe haamuyita omwana wa Katonda — sso nga ye tali wabula muddu wa Katonda era Omubaka We.

Okukka kwa Nabbi Issa ku nkomerero y'omulembe kukakafu n'obujulizi obwava ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) era yakulanga. Okukka kwe kwa mu bubonero obutegeeza nga ebitonde bwe biri okumpi okuzikirira biggeweewo.

160. Olw'ensonga y'obulyazaamaanyi bw'Abayudaaya eyo cy'okwawukana ku mateeka ga Katonda, n'okuziyiza abantu okukwata ekkubo lya Katonda; Naffe twabagaana okulya eburungi ebyo bye baali bakirizibwa oluberyeberye okulya ne bifuulibwa ebizira mu kitabo kyabwe Lauranti; ta-gaanibwa okulya amasavu era baaziyizibwa n'okulya ennyama y'engamiya.

nga kyabagaanibwa, n'okulya kwabwe emmaali y'abantu mu bitali bituufu. Era twateekerateckera abo abakafiiri mu bo ebibonyobonyo ebiruma.

162. Naye amazima abo abakugu mu kumanya mu bo (Abayudaaya), bakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli, n'ebyo ebyassibwa oluberyeberye lwo, era be bayimirizaawo esswala ne bawaayo zzakkaati, era ne bakkiriza Katonda n'Olu-naku Lw'enkomerero; abo tugenda kubawa empeera ennene.

163. Mazima ffe twatumira gy'oli nga bwe twatumira eri Nuuhu ne Bannabbi ab'oluvannyuma lwe: era nga bwe twatumira eri Ibrahiimu ne Ismaili, ne Ishaka, ne Yakubu n'eri abazzukulu be (Yakubu), ne tutumira ne Issa n'eri Ayubu, ne Yunusu, ne Haruuna, ne Sulaimani, ne tuwa Dauda Zabburi.

164. N'ababaka abamu mazima twabakunyumizaako oluberyeberye; n'ababaka (abalala) tetwabakunyumizaako; era Katonda yayogera ne Musa olwog-  
o;a;

أَكْبَهُمْ أَمْوَالِ النَّاسِ بِالْبَاطِلِ ۗ وَ  
 أَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ مِنْهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿١٦٢﴾  
 لَكِنَّ الرَّاسِخُونَ فِي الْعِلْمِ مِنْهُمْ وَ  
 الْمُؤْمِنُونَ يُؤْمِنُونَ بِمَا أُنزِلَ  
 إِلَيْكَ وَمَا أُنزِلَ مِنْ قَبْلِكَ وَ  
 الْمُفْقِهِينَ الصَّلَاةَ وَالْمُؤْتُونَ الزَّكَاةَ  
 وَالْمُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ  
 ۗ أُولَئِكَ سَنُؤْتِيهِمْ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١٦٣﴾  
 إِنَّا أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ كَمَا أَوْحَيْنَا إِلَى  
 نُوحٍ وَالنَّبِيِّينَ مِنْ بَعْدِهِ وَأَوْحَيْنَا  
 إِلَى إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ وَ  
 يَعْقُوبَ وَالْأَسْبَاطِ وَعِيسَى وَأَيُّوبَ  
 وَيُونُسَ وَهَارُونَ وَسُلَيْمَانَ وَآتَيْنَا  
 دَاوُدَ زَبُورًا ﴿١٦٤﴾  
 وَرُسُلًا قَدْ قَصَصْنَاهُمْ عَلَيْكَ مِنْ  
 قَبْلِ وَرُسُلًا لَمْ نَقْصُصْهُمْ عَلَيْكَ  
 وَكَلَّمَ اللَّهُ مُوسَى تَكْلِيمًا ﴿١٦٥﴾

162. Abo abakugu bakagezimunyo mu Bayudaaya, n'abo abakkiriza Nabbi Muhammad (s.a.w.), ne bakkiriza n'ebyo ebyassibwa ku ye nti bya mazima; era ne bakkiriza n'ebitabo byonna ebyassibwa ku Bannabbi abasooka nga Lauraati n'Enjiri; ne basaala essaala ctaano mu biscera byazo; ne batoola n'ekitundu mu mmaali yaabwe ekyo Katonda kye yabalaalika okutoola (Zzakaati); ne bakkiriza n'Obw'omu bwa Katonda n'olunaku lw'enkomerero: Abo Katonda agenda kubasasula empeera yaabwe mu bujuvu mu bulamu obw'oluvannyuma -- Nakwo kwe kubayingiza Ennyumba Ey'emirembe (Al-Jjanati).

163. Bannabbi abo bonna aboogeddwako n'abalala abatali abo, bonna baafuna obubaka nga bava eri Katonda. Era kikakafu okukkiriza nti baali ba mazima mu byonna bye baayogera nga babigya eri Katonda.



165. Ababaka ababuulira ebisanyusa era abatiisa, baleme abantu okubeera nga balina ku Katonda ensonga (y'okwekwa) oluvannyuma lw'ababaka. Ne Katonda wa Kitiibwa, Omukakasa.
166. Naye Katonda ajulira nti: Ekyo ekyassibwa gy'oli yakissa na kumanya Kwe, ne Bamalaika nabo bajulira. Kimale Katonda okuba nga ye mujulizi.
167. Mazima abo abakafuwala ne baziyiza (abantu) mu kkubo lya Katonda, mazima baabula olubula olw'wala.
168. Mazima abo abakaafuwala ne balyazaamaanya, Katonda teyali wa kubasonyiwa wadd'e okubalunggama eri ekkubo (eggolokofu),
169. Wabula (okubazza eri) ekkubo ly'omuliro (Jahannama), nga ba kubeera mu gwo olubeerera. Era ekyo ku Katonda kyangu.

رُسُلًا مُّبَشِّرِينَ وَمُنذِرِينَ لَعَلَّ  
يَكُونُ لِلنَّاسِ عَلَى اللَّهِ حُجَّةٌ بَعْدَ  
الرُّسُلِ وَكَانَ اللَّهُ عَزِيزًا حَكِيمًا ﴿١٦٥﴾

لَكِنِ اللَّهُ يَشْهَدُ بِمَا أَنْزَلَ إِلَيْكَ  
أَنْزَلَهُ يَعْلَمُهُ وَالْمَلَائِكَةُ شَاهِدُونَ  
وَكَفَى بِاللَّهِ شَهِيدًا ﴿١٦٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَن  
سَبِيلِ اللَّهِ قَدْ ضَلُّوا ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿١٦٧﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَظَلَمُوا لَمْ يَكُنِ  
اللَّهُ لِيُخْفِرْ لَهُمْ وَلَا يَهْدِيَهُمْ طَرِيقًا ﴿١٦٨﴾

إِلَّا الطَّرِيقَ بَهْتَمِ خُلْدِينَ فِيهَا أَبَدًا  
وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ﴿١٦٩﴾

165. Katonda yatuma Ababaka ababuulira abantu nga babasanyusa n'amawuliire amalungi ag'okwesiima n'ebengera singa baba bakkirizza; era nga babalabula n'okubatiisa ebibonerezo bya Katonda singa baba bagaanye okukkiriza. Ekyo lwa kuba nti abantu baleme kufuna nsonga gye beekwasa ku Katonda nti tebaamanya. Nga bw'agamba mu kitundu ekirala nti: Singa mazima ffe twabazikiriza n'ebibonyobonyo oluberyebere nga tetunnabatumira babaka bandigambye nti: Ayi Mukama Waffe! Singa watutumira omubaka ne tugoberera ebigambo byo oluberyebere nga tetunnaba kukkakkanyizibwa na kuswazibwa. N'olw'ekyo kycyava abatumira ababaka ababanyonyola amateeka Ge, n'okubategeza ebibi by'atayagala baleme kubaako kya kwekwa.

166. Katonda ajulira nga bwe yassa Kuraane ku ggwe Muhammad (s.a.w.) nga mu yo mulimu ekumanya Kwe kwe yayagala okutegeza abaddu Be ebyo ebibalunggama, era n'ebyo by'ayagala ne by'atayagala. Bwe kityo ne Bamalaika bajulira nga ebyo ebiri mu Kuraane bwe biri eby'amazima newankubaade nga waliwo abamu mu bantu ababiwakanya.

167. Abo abawakanya Ababaka mu mitima gyabwe ne batagoberera mazima ago agaabalacterwa, awamu n'ekyo ne baziyiza abantu abalala okugoberera amazima ago. Ddala baabula ne babeera wala n'obulungamu.

168. Abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe ne bagaana okukkiriza, Katonda tagenda kubasonyiwa bibi bye baakola, era tagenda kubalunggama mu kkubo eggolokofu.

169. Abo abagaana okukkiriza Katonda ne bafa nga tebakkiriza, ba kutuula mu muliro olubeerera — si ba kuvaamu.

170. Abange mmwe abantu! Mazima abajjidde Omubaka n'amazima okuva eri Katonda. Kale mukkirize; kye kirungi kyammwe. Naye bwe munaaba nga muwakanyizza, mazima bya Katonda byonna ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi. Ne Katonda ye Mumanyi, Omukakasa.

171. Abange Bannannyini Kitabo! Temukangulanga mu ddiini yammwe era temwogeranga ku Katonda wabula amazima. Mazima Issa Masiihā mutabani wa Mariyamu mubaka (bubaka) wa Katonda, era Kigambo Kye kye yasulā eri Mariyamu, era mwoyo ogwava gy'Ali. Kale mukkirize Katonda n'ababaka Be, Era temugambanga nti Basatu — Mukikomye! kye kirungi gye muli! Mazima Katonda Omutonzi Ali Omu. Atenderezebwa: Yayawuka n'Asukkuluma okuba nga alina omwana. Bibye ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri ku nsi. Kimale Katonda okubeera nga ye Mukuumi.

يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ الرَّسُولُ  
بِالْحَقِّ مِنْ رَبِّكُمْ فَأَمِنُوا خَيْرًا لَكُمْ  
وَإِنْ تَكْفُرُوا فَإِنَّ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٧٠﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لَا تَغْلُوا فِي دِينِكُمْ  
وَلَا تَقْفُوا عَلَى اللَّهِ الْإِحْقَاقَ إِنَّمَا  
الْمَسِيحُ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ رَسُولُ اللَّهِ  
وَكَلِمَةٌ نزلتْ إِلَى مَرْيَمَ وَرُوحٌ  
مِّنْهُ نزلَ فَأَمَّا يَا لِقَوْمِ اللَّهِ  
تَقْفُوا أُنثَىٰ ذَاتَهُمُ الْخَيْرَ لَكُمْ  
إِنَّمَا اللَّهُ إِلَهٌ وَاحِدٌ سُبْحَانَهُ أَنْ  
يَكُونَ لَهُ وَلَدٌ لَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ  
وَمَا فِي الْأَرْضِ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ وَكِيلًا ﴿١٧١﴾

170. Singa munaaba nga temukkiriza, Katonda mugagga obuteetaaga eri bukkiriza bwammwe, kubanga byonna ebitonde eby'omu ggulu ne mu nsi biri mu bufuzi Bwe era na mu buyinza Bwe. Era Katonda yava dda ng'amanyi oyo asaanira okulungama n'amulunganya. Era mukakasa ku buli kintu ky'akola n'ekyo ky'alagira.

Kale ekitundu kino kitegeera nga obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe bubuna abantu bonna sso tebweyawulidde ggwanga limu lyokka.

171. Bannannyini Kitabo balabulwa obutasukkanga bikomo bya mateeka ga Katonda mu ddiini ne boogera ku Katonda ebigambo ebitali bituufu; nga bwe baagamba nti Issa Masiiha mwana wa Katonda. Sso nga Issa Masiiha mubaka bubaka era kitonde kimu bumu mu bitonde bya Katonda byonna.

Katonda yamutonda n'Ekigambo kye yatuma Malaika Jibiriiru — nakwo kwe kugamba nti: Ba n'abeera. Katonda okutonda Issa mu lubuto lwa Mariyamu awatali mazzi ga musajja tekewuunyisa era kifaanana nga bw'atonda ebitonde ebirala, kubanga buli ky'ayagala agamba bugambi nti: Ba ne kiba mu ngeri yonna gy'aba ayagadde.

Mazima Katonda yatonda Adamu mu ttaka n'amufuuwamu omwoyo n'afuuka omuntu omulamula era ategeera. Naye tewali Mukristaayo n'omu agamba nti Adamu mwana wa Katonda oba Katonda. Bwe kityo ne Issa Masiiha talina kimufuula kuba mwana wa Katonda wabula naye kitonde butonde mu bitonde bya Katonda; era yamwawula n'okumuwa obubaka n'Obwannabbi. N'olwekyo, mmwe Bannannyini Kitabo, mukkirize Katonda nga bw'Ali Omu era mukkirize n'ababaka bonna nga mu bo mwe muli Nabbi Issa ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.), eyakomererayo mu babaka ba Katonda.

172. Tayinza kutamwa Masiha kya kubera (nti ye) muddu wa Katonda, wadde Bamalaika ab'oku mwanjo (awali Katonda tebayinza kutamwa kuba baddu Be), n'omuntu atamwa okusinza (Katonda) ne yeecukkulumya, agenda kubakunganyiza gy'ali bonna;

لَنْ يَسْتَنْكِفَ الْمَسِيحُ أَنْ يَكُونَ  
عَبْدًا لِلَّهِ وَلَا الْمَلَائِكَةُ الْمُقَرَّبُونَ  
وَمَنْ يَسْتَنْكِفَ عَنْ عِبَادَتِهِ وَ  
يَسْتَكْبِرْ فَسَيَحْشُرُهُمُ اللَّهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۝١٧٢

173. Naye abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi, agenda kutuukiriza okubasasula empera zaabwe (mu bujjuvu), ate abongeze mu bigabwa Bye; naye abo abagaana ne beekuzza, agenda kubabonyabonya n'ebibonyobonyo ebiruma; era tebagenda kufuna atali Katonda, mukuumi wadde omutaasa.

فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
فَيُوفِيهِمْ أَجْرَهُمْ وَيَزِيدُهُمْ  
مِنْ فَضْلِهِ ۚ وَأَمَّا الَّذِينَ اسْتَنكَفُوا  
وَأَسْتَكْبَرُوا فَيَعَذِّبُهُمُ عَذَابًا لِيَهُمُ  
وَلَا يَجِدُونَ لَهُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
وَلِيًّا وَلَا نَصِيرًا ۝١٧٣

174. Abange mmwe abantu! Mazima bubajjidde obujulizi obuva eri Mukama wammwe, ne tussa gye muli ekitangaala ekweyolefu, (nayo ye Kuraane Entukuvu).

يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ بُرْهَانٌ  
مِّن رَّبِّكُمْ وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ  
نُورًا مُّبِينًا ۝١٧٤

Sso temugambanga nti bakatonda bali Basatu. Era tekisoboka Katonda okuzaala omwana. Okuzaala kitendo kya biramu ebifa biryoke bisobole okugira nga bikyasigaddewo nga biyita mu kuzaalagana. Naye Ye Katonda tavaawo era tafa era tazaalukukamu kintu ekifa nga Abakristaayo bwe bakakasa nti Issa mwana wa Katonda, ate mu kiseera kye kimu ne bakakasa nti Issa yafa.

Okusinziira nga ebitonde byonna ebiri mu nsi ne mu ggulu bwe biri ebya Katonda; era nga n'abantu bonna abali mu nsi ne Bamalaika bonna abali mu ggulu bwe bali abaddu ba Katonda, kale tewali mu bo ayitibwa Katonda wadde Omwana We. Ekigambo ky'okubawo bakatonda abasatu nga Abakristaayo bwe bagamba kizibu nnyo okutegeera okutuusa nabo bennyini lwe kyabalemera okukinnyonyola.

Katonda Ye mukuumi ku bitonde era omulabirizi waabyo. Talina mukyala era talina mwana era Ali Omu mu Bwakatonda Bwe. Abagoberezi ba Issa abasooka baali tebalina nzikiriza egamba nti bakatonda bali basatu. Tujja kwongera okunnyonyola ku nsonga eno mu bitundu ebirala ebifa ku Issa (emirembe gibe ku ye), ebiri mu Kuraane.

172. Ddala Issa Masiha Mutabani wa Mariyamu, tayinza kwegulumiza okutuusa n'okutamwa okuba omuddu wa Katonda, kubanga ye nga bw'ali Nabbi wa Katonda y'asinga okumanya enjawulo eri wakati wa Katonda n'ebitonde Bye. Ekitonde kya Katonda tekiyinza nate kubera Katonda wadde okubera ekitundu ku Ye. Era waliwo enjawulo nnene wakati wa Katonda n'ebitonde Bye, n'olw'ekyo tebiyinza kukwatagana. Issa Masiha okubera omuddu wa Katonda tekirina kye kikendeza ku ddaala lye. Tewali muntu ayinza kwegaana ddaala eryo wabula oyo awakanya

175. Naye abo abakkiriza Katonda ne benyweza ku Ye, agenda kubayingiza mu kusaasira kwe okuva gy'ali ne mu birungi, abalunggamy'e okuva gy'Ali mu kkubo eggolokufu.

176. Bakubuuzza obategeeze (ensikirwa y'oyo afa nga talina baana wadde bakadde be okuggyako baganda be). Gamba nti: Katonda abategeeza kw'oyo atalina mwana wadde abazadde okumusikira (*Al-Kalaalat*). Singa omuntu (omusajja) afudde nga talina mwana kyokka nga alina mwannyina, (mwannyina) alina kimu kyakubiri mw'ebyo by'alese, naye omufu bw'aba omukazi nga talesse mwana, mwannyina (omulenzi) y'asikira ebyo by'alesse. Bwe baba bannyina (b'omusajja) nga bali babiri balina bibiri byakusatu (2/3) kw'ebyo by'alesse, bwe babeera ab'oluganda nga mulimu abasajja n'abakazi, omusajja alina ekigero kya mugabo gw'abakazi babiri. Katonda abannyonyola mmwe (amateeka Ge) muleme okubula. Ne Katonda ku buli kintu mumanyi.

فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَاعْتَصَمُوا بِهِ  
فَسَيْدُ جَاهِلِهِمْ فِي رَحْمَةٍ مِّنْهُ وَفَضْلٍ  
وَقَهْرٍ لَهُمْ إِلَيْهِ صِرَاطًا مُسْتَقِيمًا ﴿٥٠﴾

يَسْتَفْتُونَكَ قُلِ اللَّهُ يُفْتِيكُمْ فِي  
الْكَلِمَةِ إِنِ امْرُؤٌ هَلَكَ لَيْسَ لَهُ  
وَلَدٌ وَلَا أُولَاءُ أَخْتٌ فَلَهَا رِضْفٌ مَّا  
تَرَكَ وَهُوَ يَرِثُهَا إِن لَّمْ يَكُنْ  
لَهَا وَلَدٌ وَإِنْ كَانَتْ أَنْثَىٰ  
فَلَهُمَا الثَّلَاثُونَ مِمَّا تَرَكَ ط وَإِنْ  
كَانُوا إِخْوَةً رِّجَالًا وَنِسَاءً  
فَلِلذَّكَرِ مِثْلُ حَظِّ الْأُنثَىٰ  
يَبِينُ اللَّهُ لَكُمْ أَنْ تَضِلُّوا وَاللَّهُ  
بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٥١﴾

ekyengera ky'okutondebwa. Bwe kityo ne Bamalaika nabo bali nga Issa Masiha. Tebayinza kwesukkulumya butaba baddu ba Katonda.

175. Abo abeesiga Katonda n'okumusinza agenda kubayingiza mu Jjana — ekifo ky'okusaasira kwe n'ebirungi Bye.

176. Abantu baabuuzza Nabbi abannyonyole ensikirwa ya '*Al-Kalaalat*' oyo afudde nga talina bazadde wadde omwana. Katonda kwe kugamba Nabbi (s.a.w.) abaddemu nga abategeeza nti: emigabo gibeera nga bwe gigereddwa mu aya eno. Wabula singa mwannyina omukazi y'aba affude n'alekawe ye omusajja, oyo y'amusikira n'atwala emmaali yonna gy'aba alese oba eba esigaddewo singa wabaddewo alinako omugabo, gamba nga: bw'aleka ab'oluganda abasajja n'abakazi, omusajja asinza ku mukazi omugabo gumu.

Katonda abannyonyola amateeka Ge muleme okubula okuva ku mazima. Kubanga Katonda amanyi emigaso gy'abaddu Be na buli kyonna ekyo ekibaviiramu ebirungi.

## EBIFA KU SSUULA AL-MAAIDA MU BUFUNZE (5)

Essuula eno eyitibwa Al-Maaida (Emmeeza y'Ekiijulo). Erinnya lino lisinziira ku aya 112 etegeezā nga abayigirizwa ba Nabbi Issa bwe baamugamba asabe Katonda abassize emmeeza okuli ekijulo okuva mu ggulu. Eno y'emu ku Ssuula empanvu ezo ezakkira e Madiina. Erina aya 120.

Aya ey'okusatu mu Ssuula eno ye yasemberayo ddala okussibwa mu Kuraane yonna ku Lunaku olw'omwenda (olw'Aarafati-A.H. 10). Yakka nga Nabbi (s.a.w.) abulira eri abalamazi b'olugendo olutukuvu ku Hijja eyasembayo mu bulamu bwe. Ebitundu ebisigadde byakka nga Nabbi ava ku Lutalo lw'e Hudaibiyat.

Okufaanako n'Essuula ezisoose, Al-Bakara ne An-nisaa'i essira lyayo liri ku kuteeka mateeka; nga by'eyogerako ebikulu mu bufunze biri bisatu. Ekisooka ge mateeka n'ebiragiro ebikwata ku ddiini y'Obusiraamu, eby'obugunjufu, n'ebyenfuga mu ddiini y'Obusiraamu. Eky'okubiri kwe kulabula Abasiraamu; n'eky'okusatu kwe kulabula Abayudaaya n'Abakristaayo.

Olw'ekigendererwa ky'okugumya, okunyweza n'okutebenkeza Obusiraamu, amateeka n'ebiragiro ebiweebwa mu Ssuula An-nisaa'i byongerwako mu ssuula eno. Abakkiriza bakuutirwa okutuukiriza endagaano zaabwe zonna n'ebibavunaanyizibwa era bagoberere amateeka agateekeddwa agakwata ku bikolebwa mu Hijja, era bakuutirwa obutaweebuula bubonero bwa Katonda obutukuvu, obutaziizya oba kulumbagana balamazi n'obutayigga mu Hijja, wadde okukoleramu kyonna ekitali kya mu bulongoofu. Era amateeka amakakafu agakwata ku bikirizibwa n'ebitakirizibwa Basiraamu mu byokulya gaweebwa; bwo obuteekateeka n'obulombombo abantu bwe beeteerawo ng'eddiini tennajja biwerebwa. Mu ssuula y'emu abakkiriza bakkirizibwa ebyokulya by'abaawebwa Ekitabo n'okuwasa abo bokka abakazi ab'ensa. Amateeka n'ebiragiro ebifuga okutawaaza (*wudhu, ghusul*) ne *tayammum* (okunaaba ettaka) biweebwa, gattako n'amateeka agakwata ku kibonerezo ky'oyo ajemerera amateeka g'eddiini, atabangula eddembe ly'eggwanga n'oyo abba nago gaweebwa. Okunywa omwenge n'okukuba zzaala biwerebwa, era okuwa omutango olw'okumenya ebiragiro kiragirwa, ekyo kisobozese okuyimirizaawo obwenkanya.

Abasiraamu balabulwa beewale ensobi z'abo abaabasooka, Abayudaaya n'Abakristaayo, abaawakanya amazina ne bamenya n'endagaano zaabwe ne badda mu kubulu-butira mu bwonoonyi: bakubirizibwa okwenywereza ku kkubo Eggolokofu bayimirizeewo endagaano zaabwe mu bujuvu beewale obunnanfuusi na buli kyonna ekwabagaani-bwa. Mu ssuula y'emu tutegeezebwa ekya faayo ky'omwana wa Adamu, Kabiila, bwe yatta muto we Habiila olw'ensaalwa n'obuggya. Kino kyoleka nga omuntu omwesimbu omwenkanya bw'abonaabona olw'ensaalwa y'abo ababi; era ebinyumizibwa ku kya faayo ekyo byoleka n'okukakasa ekitiibwa n'omugaso gw'obulamu bw'omuntu.

Mulimu mu ssuula eno okugumya Nabbi aleme kufaayo ku bukyayi, obukujjukujju n'enkwe ebyali bimukolerwa Abayudaaya, wabula ye n'abakkiriza beenywereze ku bulungamu obuli mu Kuraane. Bo Abayudaaya n'Abakristaayo baajeemerera Katonda bwe baayonoona enzikiriza yaabwe ne bagatta ku Katonda ebitamusaanira era ne bawakanya ne Nabbi Muhammadi, kale Abakkiriza balabulwa obutabafuula mikwano gye becyabiza, mu ngeri y'emu bakuutirwa beewale n'okwekeka ebigendererwa ebibi eby'abannanfuusi n'abatakkiriza. Mu ssuula y'emu, Bannannyini kitabo bakubirizibwa

bakomye obukyayi bwabwe, badde ku mazima ga Kuraane nga ekyo kye kinaabalokola. Kyokka bo Abakristaayo balinako enkizo ku Bayudaaya olw'okuba, mu bo mulimu abo abeekutte mu bukakafu ku Mazima.

Essuula emaliriza ng'eyogera ku byentiisa ebiribaawo ku Lunaku Lw'okulamulwa, Katonda bw'alibuuza Bannabbi Be ebyafa mu bubaka bwe yabatuma, ekyo kirabule aboonoona enzikiriza zaabwe beddeko ate kyo eky'okubuuza Nabbi Issa mu lujjudde olw'ebyo abagoberezi be bye bamujwetekako, kikolebwa lwa kulabula, naddala Abakristaayo abo abamusinza n'abantu abalala bonna abakola eby'ekika ekyo. Abantu bonna bayitwa badde eri Katonda.



## ESSUULA AL-MAAIDA (5)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 16 ne aya 120

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Abange mmwe abakkiriza! Mutu-kirizenga endagaano. Kwakkirizibwa ku mmwe okulya ebisolo ebirundibwa, wabula ebyo ebinaabasomerwa (ebitakkirizibwa), kyokka temukkirizibwa kuyigga nga nammwe muli mu rhizizo gya Hijja ne Umura. Mazima Katonda alamula nga bw'ayagala.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَوْفُوا بِالْعُقُودِ  
أَحَلَّتْ لَكُمْ بِهِمَّةُ الْأَنْعَامِ إِلَّا  
مَا يَتَلَى عَلَيْكُمْ غَيْرَ مُحِلِّي الصَّيْدِ  
وَأَنْتُمْ حُرْمَةٌ إِنْ لَمْ يُحْكَمْ مَا  
يُرِيدُ ①

2. Abange mmwe abakkiriza! Temusumululanga Obubonero bwa Katonda wadde Emyezi Gy'emizizo wadde ebisolo ebireteddwa okusaddaakibwa, oba ebyambiko ebiri ku nsolo ezo (mu bulago), wadde abo abagenderera okulambula Ennyumba Ey'emizizo, nga banoonya ebirungi n'okusiiima ebiva eri Mukama waabwe. Wabula bwe mubanga musumulu-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لِحُكْمِ اللَّهِ  
وَلَا الشَّهْرَ الْحَرَامِ وَلَا الْهَدْيَ وَلَا  
الْقَلَائِدَ وَلَا أَمِينِ الْبَيْتِ الْحَرَامِ  
يَبْتَغُونَ فَضْلًا مِّن رَّبِّهِمْ وَرِضْوَانًا  
وَإِذَا حَلَلْتُمْ فَاصْطَادُوا وَلَا

1. Endagaano ezo z'ezo zonna omuntu z'akola ne Katonda We: nga esooka kwe kukkiriza Obw'omu bwa Katonda n'okukkiriza ababaka Be n'ezo endagaano z'alagaanya bantu banne: A basiraamu bakkirizibwa okulya ennyama y'ebisolo ebirundwa nga embuzi, ente engamiya, endiga n'ebirala. N'ebitakkirizibwa kuliibwa by'ebyo ebyogeddwako mu aya ey'okuna.

2. Abakkiriza temufuulanga ebyo Katonda bye yaziza okukola mu Hijja ne Umura ebikkirizibwa eri mmwe. Era temurwaniranga mu myezi Katonda gye yaziza okulwaniramu — n'agyo giri emyezi ena: Rajabu, Zul Khada, Zul-Hajji ne Muharramu. Temukkirizibwa kulumbagana birabo bya saddaaka ebitoneddwa Ennyumba Ey'emizizo (Kaaba); gamba nga: embuzi, engamiya oba n'ebirala abantu bye baalētanga okutonera Ennyumba eyo Ey'emizizo, era baalinga bazambika (ensolo ezo) ebiti mu bulago kalyoke kabere akabonero akazaawula nga bwe ziri ez'emizizo. Wadde temulwanyisanga abo ababanga bagenderedde okulambula ennyumba Kaaba, kyokka mukkiriz-



kuse (okuva mu mizizo gya Hijja oba Umura) olwo muyiggenga. Era tekubawalirizanga okusunguwalira ekibiina olw'okubanga baabaziyiza (olumu okugenda) ku Muzigiti Ogw'emizizo okulema okwenkanya (nga mukolaganye nabo, wabula) muyambaganenga mu bulungi n'okutya Katonda. Naye temubeeragananga ku kwoonona n'obulabe, mutye Katonda: Mazima Katonda muyitirivu wa bibonerezo.

3. Kuzira ku mmwe okulya ennyamanfu n'omusaayi (kafekkye) n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekyogereddwako erinnya eddala eritali lya Katonda (mu kusalibwa), n'ekyo ekituge, oba ekikubiddwa ne kifa, n'ekifudde olw'okugwa, n'ekifumitiddwa (ejjembe) ne kifa, n'ekyo ekiba kiriiriddwako ensolo enkambwe, okuggyako ekyo kye muba musaze (obutuufu nga tekinnafa), (era temulya) n'ekyo ekiba kisaliddwa ku lw'okuwongera balubaale. (Era mugaaniddwa) n'okwelaguzi n'obusaale. Ekyo mmwe kya bwononyi! Olwa leero bakutuse n'okusubira (okubalemesa) eddiini yammwe abo abatakkiriza; n'olw'ekyo temubatya, wabula mutye Nze! Olwaleero

يَجْرِمُكُمْ شَنَاٰنُ قَوْمِ ۤاَنۢ صَلَّوۤا۟ مِنْۢ مَّكَّةَ وَرَمٰٓتُمْ  
عَنِ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ ۤاَنۢ تَعْتَدُوۡا ۚ وَاَمَّا  
وَتَعَاوَنُوۡا عَلٰٓى الْبُرۡءِ وَالنَّفۡوٰى  
وَلَا تَعَاوَنُوۡا عَلٰٓى الْاِثۡمِ وَاَلۡعَدُوۡ  
الْعَدُوۡ ۚ وَاِنَّ ۤاَصۡحَابَ اللّٰهِ لَۤاِنَّ  
لِلّٰهِ شَدِيۡدُ الْعِقَابِ ﴿۲﴾

حُرِّمَتْ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةُ وَالدَّمُ وَ  
حُمۡلُ الْاِحۡنٰزِیۡرِ وَمَا اَهَلَّ لِغَیۡرِ اللّٰهِ  
بِهٖ وَالْمُنۡفِیۡقَةُ وَالْمُؤَقَّدَةُ وَالۡمُتَرَدِّیۡةُ  
وَالنَّطِیۡحَةُ وَمَا اَكَلَ السَّبۡعُ اِلَّا مَا  
ذَكَرۡتُمْ فَاِذَا دَبِحَ عَلٰٓى النُّصَبِ  
وَاَنۢ تَسۡتَفۡسِمُوۡا بِالۡاِثۡمِ لَاۤ اِثۡمَ لَكُمۡ  
فَسِقَطُ الْیَوۡمِ یَیۡسُ الَّذِیۡنَ كَفَرُوۡا  
مِنۡ دِیۡنِكُمۡ فَلَا تُخۡشَوۡهُمۡ وَخُشِیۡوۡنَ  
الۡیَوۡمَ اَكۡمَلۡتُ لَكُمۡ دِیۡنَكُمۡ وَ

zibwa bwe mubanga mumariziza emikolo gya Hijja, ne mweyambula engoye za 'Ihram' ne muva ne mu bifo ebitekuvu.

Temukolanga bulabe olw'okusunguwalira ekibiina ky'abantu abo ababaziyizizza okutuuka ku Muzigiti Ogw'emizizo (Kaaba) ne babalemesa okwenkanya, wadde nga okwenkanya kikakafu eri buli omu. Era mubeeragananga mu kukola obulungi obwo busiimibwa Katonda, wabula temubeeragananga kw'ebyo ebirimu okujeemera Katonda n'ebyo ebireeta obulabe wakati w'abantu.

3. Buli kimu ekimeneddwa kw'ebyo, ekyo ekiba kifudde mu ngeri emu kw'ezo kizira okuliibwa; okuggyako ekyo ekisolo kye muba musanze nga kikyali kiramu mu bulamu obutereevu ne mukyesalira nga n'omusaayi gwakyo gukyayika tegunneekwata.

Ekyo ekiba kisaliddwa olw'okuwongera lubaale n'ebyo ebirala ebitali Katonda, n'ekyo ekisalibwa olw'okweraguzi n'obusaale bizira, era okubirya kibalibwa mu bwononyi. Abawarabu b'omu Makka abaalii batakkiriza, baasalanga engamiya nga basalira balubaale baabwe, Katonda n'aziza okulya ennyama esaliddwa ku lw'okuwongera balubaale.

Katonda agamba nti: Olwa leero nzijuzizza amateeka g'eddiini yammwe, kale abatakkiriza bawe-

Mbajjulizza eddiini yammwe era ne Mbajjuliza n'ekyengera Kyange, ne Mbasiimira mmwe Obusiraamu okuba eddiini. N'omuntu awalirizibwa (n'alya ebyazizibwa) olw'okulumwa enjala, nga naye tali yeewadde kibi olw'okweyagalira, mazima Katonda Musonyiyi, Omusaasizi ennyo.

4. Bakubuuza (Ggwe Muhammadi) nti biriwa ebibakkirizibwa (okulya). Gamba nti: Mukkirizibwa mmwe byonna ebirungi. N'ebyo bye biba bikutte ebisolo bye muba muyigirizza mu bisolo (n'ebinyonyi) ebiyigga bye muba musindise okuyigga nga mubiyigirizza kw'ebyo Katonda bye yabayigiriza; kale mulyenga ekyo kye biba bibakwatidde, era mukyogerereko erinnya lya Katonda; era mutye Katonda. Mazima Katonda mwangu ddala wa kubala.

5. Olwa leero mukkirizibwa ebirungi byonna. N'ebyo ebyokulya by'abo Abaweebwa ekitabo (bye basaze) bibakkirizibwa n'ebyokulya byammwe (bye musaze) nabo bibakkirizibwa. (Era mukkirizibwa okuwasa)

أَتَسْتُ عَلَى كُمْ نِعْمَتِي وَرَضِيتُ  
لَكُمْ الْإِسْلَامَ دِينًا فَمِنْ أَضْطَرَّ  
فِي مَخْصَصَةٍ غَيْرِ مُتَجَانِفٍ لِإِيْمَةٍ  
فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٤﴾

يَسْأَلُونَكَ مَاذَا أَحَلَّ لَهُمْ قُل  
أَحَلَّ لَكُمْ الطَّيِّبَاتِ مَا مَا عَلِمْتُمْ  
مِّنَ الْجَوَارِهِرِ مُكَلِّينَ لَعَلَّوْنَهُنَّ  
مِمَّا عَلِمْتُمْ اللَّهُ زَكَرُوا مِنَّا  
أَمْسَكْنَ عَلَيْكُمْ وَادَّكُرُوا  
إِسْمَ اللَّهِ عَلَيْهِ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ  
اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٥﴾

الْيَوْمَ أَحَلَّ لَكُمْ الطَّيِّبَاتِ وَطَعَامُ  
الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ حَلْلٌ لَّكُمْ  
وَطَعَامُكُمْ حَلْلٌ لَهُمْ وَالْمُحْصَنَاتُ

ddemu essubi ly'okubakyusa okubaggya ku ddiini eyo oba okubatabulatabula."

Ku lw'okukka kw'ekitundu kino (aya), Obusiraamu bwajjula amateeka gaabwo n'enzikiriza y'Obusiraamu nayo n'ejjula, era Katonda n'asiima ebeere nga y'eddiini ey'enkomerero. Tewali Nabbi yenna mulala alijja oluvannyuma lwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.), era tewali ddiini ndala oluvannyuma lw'okujjula amateeka g'eddiini y'Obusiraamu; era ekitundu (aya) kino ky'ekyakomererayo okukka mu bitundu bya Kuraane yonna. Wabula omuntu talina kisobyo bw'alya ekyo kyonna ekyazizibwa singa abadde mu kabi oba obuzibu, nga talina kisobola kuwonya kirala kyonna bulamu bwe okuva mw'ebyo ebikkirizibwa okulya. Kyokka atekwa aleme okubeera nga agenderedde kujeemera Katonda.

4. Obusiraamu bakkirizibwa okulya ebyo ebitukuvu Katonda bye yakkiriza mu byokulya n'okunywa; kubanga kyonna ekyo kye yagaana kiba kibi.

Era ebimu mu bikkirizibwa mwe muli ebyo: singa oba osindise ekisolo ky'oyiggya ekyo kye wayigiriza, ky'oyinza okulagira okukwata ne kikwata ate n'okiziyiza ne kyeziyiza okugeza ng'embwa enjigirize, ekyo ekibeera nti bwe kikwata tekiryako wabula kireeta buleesi eri mukama waakyo. Mukama waakyo atekwa okusoma (okulaamiriza) erinnya lya Katonda 'Bismi-

n'abakazi ab'ensa abakkiriza abo abaana baboowo, n'ab'ensa abaana baboowo mw'abo Abaawebwa Ekitababw oluberyebere lwammwe, bwe mubanga nga mubawadde empera yaabwe (amahare) nga mubawasa mu butuufu, so ssi lwa kubendako, era nga temuli bataddewo buganzi bwa bubba nabo. N'omuntu awakanya obukkiriza, mazima guba gwoonese omulimu gwe, naye ku nkomerero aliba wa mu bafaafaaganiddwa.

6. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga muyimiridde okugenda okusaala, munaaze mu maaso gammwe n'emikono gyammwe okutuusa ku nokola, era musiige ku mitwe gyammwe amazzi n'ebigere byammwe (mubinaaze) okutuusa ku bukongovvule. Bwe mubanga mulabaganye ne bakyala bammwe (nga mulina janabba), mwetukuzenga nga munaba (omubiri gwonna). Bwe mubanga nga muli balwadde obanga muli ku lugendo (abatambuze), oba azze omu mu mmwe ng'ava okukyama, oba nga musisinkanyizza omubiri gwammwe n'ogw'omukyala, ne mutafuna mazzi, olwo mugenderere okukozesa ettaka eddungi (ettukuvu) musiige mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe nalyo. Tayagala Katonda kubassaako buzito bwonna, naye ayagala kubatukuza, era alyoke ajjuze ekyengera kye ku mmwe oba olyawo ne mwebaza.

مِنَ الْمُؤْمِنَاتِ وَالْمُحْصَنَاتِ مِنَ  
الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ مِنْ قَبْلِكُمْ  
إِذْ آتَيْنَهُنَّ أَجُورَهُنَّ مُحْصَيْنِينَ  
غَيْرِ مُسَافِحِينَ وَلَا مُتَّخِذِي  
أَحْدَانٍ وَمَنْ يَكْفُرْ بِالْإِيمَانِ  
فَقَدْ حَطَّ عَمَلُهُ ۖ وَهُوَ فِي  
الْآخِرَةِ مِنَ الْخَسِرِينَ ۝٦

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا قُمْتُمْ إِلَى الصَّلَاةِ  
فَاغْسِلُوا وُجُوهَكُمْ وَأَيْدِيَكُمْ إِلَى الْمَرَافِقِ  
وَامْسَحُوا بِرُءُوسِكُمْ وَأَرْجُلَكُمْ إِلَى الْكَعْبَيْنِ  
وَإِنْ كُنْتُمْ جُنُبًا فَاطَّهَّرُوا وَإِنْ كُنْتُمْ مَرْضَى  
أَوْ عَلَى سَفَرٍ أَوْ جَاءَ أَحَدٌ مِنْكُمْ مِنَ  
الْمَخَالَطِ أَوْ لَسْتُمْ بِالنِّسَاءِ فَلَمْ  
يَجِدُوا مَاءً فَتَيَمَّمُوا صَعِيدًا طَيِّبًا  
فَامْسَحُوا بِوُجُوهِكُمْ وَأَيْدِيكُمْ مِنْهُ  
مَا يُرِيدُ اللَّهُ لِيَجْعَلَ عَلَيْكُمْ مِنْ حَرَجٍ  
وَلَكِنْ لِيُرِيدَ لِيُطَهِّرَكُمْ وَلِيَسْتَمَّ  
رِعْمَتَهُ عَلَيْكُمْ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ۝٦

*Llaahi* mu kiseera ky'okusindika. Kale olwo alina okulya ekyo kye kiba kikutte newankubadde nga kikisse n'enjala zaakyo oba amannyo gaakyo.

6. Katonda akuutira abakkiriza nti bwe mubanga mwagadde oba nga mugenda okusaala, kyokka nga temubadde batukuvu olw'obutaba na Uzu (Wudhu), mwetukuzenga nga bw'alagidde, singa wabaawo ekintu kyonna ekibaggyako okutukula (*Al-Asgari*), oba (*Al-hadathi*). Era bwe mubanga nga mulabaganye ne bakyala bammwe oba nga muvuddemu amazzi agazaala (*Al-maniyyi*), mwetukuzanga n'okunaaba omubiri gwonna. Bwe mubanga muvuddeko obutukuvu

7. Era mujjokire ekyengera kya Katonda kye yabawā mmwe, n'endagaano Ye eyo gye yabakakasaako mu kiseera bwe mwagamba nti: Tuwulidde era tugonze; era mutye Katonda. Mazima Katonda Mumanyi w'ebyo byonna ebiri mu bifuba byammwe.
8. Abange mmwe abakkiriza! Mubeere abayimiridde kut lwa Katonda: abajulira n'obwenkanya, era tebutawalirizanga obulabe bw'ekibiina (ku mmwe) okulema okwenkanya. Mwenkanyenkanye, ekyo ky'ekisinga okuba okumpi n'okutya Katonda. Era mutye Katonda. Mazima Katonda Mumanyi wa byama by'ebyo bye mukola.
9. Yalagaanyisa Katonda abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu: Balina okusonyiyibwa n'empeera ennene (ey'okuyingira Ejjana).
10. N'abo abatakkiriza ne balimbisa Ebigambo byaffe, abo be bannannyini kubeeera mu muliro (Al-Jahiimu).
11. Abange mmwe abakkiriza! Mujjokire ekyengera kya Katonda kye ya

وَأَذْكُرُوا نِعْمَةَ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَمِيثَاقَهُ  
الَّذِي وَاثَقَكُمْ بِهِ إِذْ قُلْتُمْ سَمِعْنَا  
وَاطَعْنَا وَأَتَقُوا اللَّهَ طِرَانَ اللَّهِ عَلَيْهِمْ  
يَذَاتِ الضُّوْرِ ⑧

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُونُوا تَوَّابِينَ  
لِلَّهِ شُهَدَاءَ بِالْقِسْطِ وَلَا يُحِبُّ مَنكُمُ  
شَنَّانٌ قَوْمٌ عَلَىٰ الْآخِرِ وَأُوعِدُوا أَنفُسَهُمْ  
هُوَ أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ وَاتَّقُوا اللَّهَ طِرَانَ  
اللَّهِ خَيْرٌ لِّمَا تَصَلُونَ ⑨

وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ عَظِيمٌ ⑩  
وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا  
أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ⑪

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَذْكُرُوا نِعْمَةَ اللَّهِ

bwammwe (Uzu) olw'okuva mu kayumba akakyamirwamu oba okukunkumula omusulo, oba olw'okukwata ku mubiri gw'omukyala atakuzira kuwasa nga tewali kisiikiriza ate ne mutafuna mazzi oba ne wabaawo ensonga ebagaana okugakozesa, mukozesenga ettaka ettukuvu. Ekyo mukikola na kukuba ebibatu byammwe ku itaka enkuba bbiri, olumu ne mulusiiga mu maaso, olulala ne mulusiiga ku mikono. Ekyo kimala; kye kimu ku oyo abadde akakatarirwa okunaaba omubiri gwonna (*Al-ghusul*) oba okunaabako ebitundu (Al-Uzu).

Eky'okunaabisa ettaka nga mubuliddwa amazzi, lwa kuba Katonda ayagala mutukule nga tabazitooyereza. Kale mumwebaze olw'okubateekera amateeka amangu n'atagabazitooyereza.

Abannyonyozi abamu bagamba nti ekyagendererwa n'okusisinkanya omubiri gw'omusajja n'omukazi kwe kulabagana bombiriri.

7. Ebigambo ebyo byayogerwanga mu kiseera nga Abakkiriza beeyama eri Nabbi oluvannyuma lw'okusiramuka, olwo nga bakakasa nga bwe baja okugondera amateeka ga Katonda mu ddembe ne mu buzibu, mu ssanyu ne mu nnaku.

8. Aya cno, erimu okukubiriza abakkiriza okuyimirira ku mazima ku lwa Katonda, era mujulirenga nga mubadde muwa obujulizi n'obwenkanya; kubanga Katonda amanyi ebyama bya buli muntu by'akola era agenda kubimusasula.

bagabira mmwe, mu kiseera bwe kyayagala ekibiina okugololera gye muli emikono gyabwe (babalwanyise) wabula n'aziyiza emikono gyabwe ku mmwe; n'olw'ekyo mutye Katonda. N'abakkiriza bateekwa beesige Katonda.

12. Era mazima Katonda yaggya endagaano ku Baana ba Israeli ne tulonda mu bo ababaka kkumi na babiri, Katonda n'agamba nti: Mazima Nze Ndi wamu nammwe. Singa mu-naaba nga muyimirizzaawo esswala era ne mutoola ne zakka, ne mukkiriza n'Ababaka bange ne mubawagira, era ne muwola Katonda oluwola olulungi, mazima Nja kukungiriza ku mmwe ebibi byammwe, era ddala mbayingize Ejjana (Ennyumba Ey'e-mirembe) mwe gikulukutira wansi waayo emigga. N'omuntu anaakafuwala mu mmwe oluvannyuma lw'ekyo mazima anaaba ng'abuze okuva ku kkubo eggolokofu.

13. Ne ku lw'okumenya kwabwe endagaano yaabwe, twabakolimira ne tu-fuula emitima gyabwe emikakanyavu. Kubanga baakyusa ebigambo oku-

عَلَيْكُمْ إِذْ هَمَّ قَوْمٌ أَنْ يَبْسُطُوا إِلَيْكُمْ أَيْدِيَهُمْ فَكَفَّ أَيْدِيَهُمْ عَنْكُمْ وَاتَّقُوا اللَّهَ وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١١﴾

وَلَقَدْ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ بَنِي إِسْرَائِيلَ وَبَعَثْنَا مِنْهُمُ اثْنَيْ عَشَرَ نَقِيبًا وَقَالَ اللَّهُ إِنِّي مَعَكُمْ لَئِنْ أَقَمْتُمُ الصَّلَاةَ وَآتَيْتُمُ الزَّكَاةَ وَآمَنْتُمْ بِرُسُلِي وَعَزَّرْتُمُوهُمْ وَأَقْرَضْتُمُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا لَأُكَفِّرَنَّ عَنْكُمْ سَيِّئَاتِكُمْ وَلَأُدْخِلَنَّكُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ فَمَنْ لَقِيَ بَعْدَ ذَلِكَ مِنْكُمْ فَقَدْ ضَلَّ سَوَاءَ السَّبِيلِ ﴿١٢﴾

فَمَا نَقِضَهُمْ مِيثَاقَهُمْ لَعْنَهُمْ وَجَعَلْنَا قُلُوبَهُمْ قَاسِيَةً يُحَرِّفُونَ الْكَلِمَ عَنْ

11. Ku nsonga eno ey'obulumbaganyi ku Basiraamu waliwo ebigambo eby'okulabirako bingi naye kati ka tulageko emu.

Abakafiiri b'e Makka baayagala okulumba batte Abasiraamu, mu kiseera Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yali ng'agenda okukola Umura (okwetooloola Kaaba). Abakafiiri baamuziyiriza mu kitundu ekiyitibwa Al-Hudaibiyat kyokka Katonda naye n'abaziyiza abo abakafiiri ne batasobola kutta Basiraamu oba okubalwanyisa. Katonda kyeyava amaliriza aya ng'agamba nti: Ye ye Mukuumi waabwe era Omumalizi waabwe.

12. Mu buli kika mu bika by'Abaana ba Israeli ekkumi n'ebibiri, mwalondebwamu omubaka anaamalira ekika kye ensonga zaakyo, era bo Abaisraeli beeyama eri Nabbi Musa nga bwe banaawulira amateeka ga Katonda n'okugagondera. Era Katonda yabagamba nti: "Ali wamu nabo mu kubakuuma n'okubataasa singa baba abeesimbu ne batuukiriza ebyo by'ayogeddeko era ne bawayo emmaali mu kkubo Iye (Katonda) nga basubira empeera Ze." Aya amaliriza n'okulabula nti oyo ayawukana ku ndagaano eyo oba abuze okuva ku kkubo ery'obulungamu.

13. Twakakanyaza emitima gyabwe tegisobola kuyingirwamu kubuulirirwa kale beerabira okukozesa ekitundu ekimu kw'ebyo ebyababuulirirwa mu kitabo kyabwe Tauraati: era naawe ggwe

biggya mu bifo byabyo (ebituufu) ne beerabira omugabo ogumu kw'ebyo bye baabuulirwa. Tojja kukoma kulaba ku nkwe eziva mu bo wabula abatono ddala mu bo. (Wabula) sonyiwa ku bo era olekere. Mazima Katonda ayagala balongoosa.

14. Ne mw'abo abagamba nti: "Mazima ffe tuli Bannasswara (Bakristaayo)," twatwala endagaano yaabwe, wabula ne beerabira omugabo kw'ekyo ekyababuulirwa. Olw'ekyo ne tuteeka wakati waabwe obulabe n'okuyawagana okutuusa ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Kyaddaaki Katonda alibategeeza bye baalinga bakola.

15. Abange Bannanyini Kitabo! Mazima abajjidde Omubaka waffe (Muhammadi) abannyonyole mmwe bingi mw'ebyo bye mukweka ebiri mu Kitabo, era alekere bingi: Mazima ekitanngaala kibajjidde okuva eri Katonda n'Ekitabo ekyeyolefu (Kuraane).

16. Katonda alunngamya naky'o omuntu agoberera okusiima Kwe eri ama-

مَوَاضِعِهِمْ وَسَوْأَ حَظِّ مِمَّا ذُكِّرُوا بِهِ وَلَا تَزَالُ تَطَّلِعُ عَلَى خَائِنَةٍ مِنْهُمْ إِلَّا قَلِيلًا مِنْهُمْ فَاعْفُ عَنْهُمْ وَاصْفَحْ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٤﴾

وَمِنَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّا نَصْرِي أَخَذْنَا مِيثَاقَهُمْ فَنَسُوا حَظًّا مِمَّا ذُكِّرُوا بِهِ فَأَغْرَيْنَا بَيْنَهُمُ الْعَدَاوَةَ وَالْبَغْضَاءَ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ وَسَوْفَ يُنَبِّئُهُمُ اللَّهُ بِمَا كَانُوا يَصْنَعُونَ ﴿١٥﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ قَدْ جَاءَكُمْ رَسُولُنَا يُبَيِّنُ لَكُمْ كَثِيرًا مِمَّا كُنْتُمْ تُخْفُونَ مِنَ الْكِتَابِ وَيَعْفُو عَنْ كَثِيرٍ قَدْ جَاءَكُمْ مِنَ اللَّهِ نُورٌ وَكِتَابٌ مُبِينٌ ﴿١٦﴾

Muhammadi (s.a.w.) tojja kukoma kulaba enkwe eziva mu Bayudaaya n'Abakristaayo. Era baakyusakyusa n'ebigambo bya Katonda ebiri mu bitabo byabwe Tauraati n'Enjiri ne beeteerawo ebyo bo bye baagala. Gwe Muhammadi baleke obayise bulungi kubanga Katonda ayagala abo abantubalimu.

14. Katonda ategeza nga bwe yakola endagaano n'Abakristaayo, abagobereri ba Nabbi Issa Masiha, ey'okukkiriza ababaka Be n'okugoberera Muhammadi wamu n'okumutaasa wabula era nabo ne bakola ng'Abayudaaya ne beerabirako ekitundu ekimu. Ne ku lw'okuyusakyusa ebigambo bya Katonda, kyeyava ateeka okuyawagana wakati waabwe, abamu ne baba balabe ba bannaabwe -- buli kibiina mu bo nga kiwakanya ekibiina ekirala. Katonda agenda kubategeza ebibi bye baalinga bakola kuno ku nsi: gamba nga okulimbisa Nabbi We Muhammadi (s.a.w.) n'okuwaayiriza Katonda nti alina omwana n'ebirala.

15. Nabbi oyo (Muhammadi) annyonyola abo abalina Tauraati n'Enjiri ebyo bye baakyusakyusa mu bitabo byabwe n'ebyo bye baagunjawo ebitali mu bitabo byabwe. Ate n'abasonyiwa bingi ebitalimu mugaso kunnyonyolwa (ebitakyagasa).

kubo ag'emirembe. N'abaggya mu bizikiza okubalaza eri ekitangaala olw'okwagala Kwe, n'abalunggamy eri ekkubo eggolokofu.

17. Mazima baawakanya (Katonda) abo abagamba nti: Ddala Katonda ye Masiha, mutabani wa Mariyamu. Gamba nti: Ani afuga Katonda mu kintu kyonna, bw'aba nga ayagadde okuzikiriza Masiha, mutabani wa Mariyamu ne nnyina n'abo abali mu nsi bonna? Bwa Katonda obufuzi bw'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombi. Akola ekyo ky'aba ayagadde. Ne Katonda Muyinza wa buli kimu.

18. Ate ne bagamba Abayudaaya n'Abakristaayo nti: Ffe tuli baana ba Katonda era tuli baagalwa Be. Gamba nti: Lwaki nate ababonereza ku lw'ebibi byammwe? Nedda, wabulā nammwe muli bantu mw'abo be yatonda. Asonyiwa oyo gw'aba ayagadde, n'abonereza oyo gw'aba ayagadde. Bwa Katonda obufuzi bw'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri, era ne Gy'ali y'eri obuddo.

19. Abange Bannannyini Kitabo! Mazima abajjidde Omubaka waffe ng'a-

سُبِّلَ السَّلَامِ وَيُخْرِجُهُم مِّنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ بِإِذْنِهِ وَيَكْتُمُهُم إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿١٦﴾  
 لَقَدْ كَفَرَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ هُوَ الْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ قُلْ فَمَنْ يَمْلِكُ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا إِنْ أَرَادَ أَنْ يُهْلِكَ الْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ وَأُمَّهُ وَمَنْ فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا وَلِلَّهِ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٧﴾

وَقَالَتِ الْيَهُودُ وَالنَّصَارَى نَحْنُ أَبْنَاءُ اللَّهِ وَأَحِبَّاؤُهُ قُلْ فَلِمَ يُعَذِّبُكُمْ بِذُنُوبِكُمْ بَلْ أَنْتُمْ بَشَرٌ مِّمَّنْ خَلَقَ يَغْفِرُ لِمَن يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَن يَشَاءُ وَلِلَّهِ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا وَإِلَيْهِ الْمَصِيرُ ﴿١٨﴾  
 يَا أَهْلَ الْكِتَابِ قَدْ جَاءَكُمْ رَسُولُنَا

16. Abo abasoma ekitabo Kuraane, mu kyo Katonda abalunggamy n'abalaga ekkubo Ye ly'ayagala era n'abalunggamy ne mw'ebyo ebikwata ku bulamu bwabwe obw'ensi n'obulamu bwabwe obw'oluvannyuma.

17. Ebitonde byonna biri mu bufuzi bwa Katonda era bibye, y'alina obuyinza okutonda nga bw'ayagala. Tekiyinzika okubeera nga ebimu mu bitonde bye bituuka ku ddaala Lye ery'Obwakatonda nga Abakristaayo bwe bagamba nti Nabbi Issa Masiha Katonda. Issa ye muddu buddu wa Katonda, Katonda amulinako obuyinza bw'alina ku bitonde ebirala byonna, era yafa nga ebitonde byonna bwe bifa. N'ekyo eky'okufa kwe kikakasa okuba nti si Katonda wabula mubaka wa Katonda gwe yatuma okujja okulunggamy abantu.

18. Ebitonde byonna bigenda kuzibwa gy'ali oluvannyuma lw'okuzuukira abiramule nga bw'aliba ayagadde.



bannyonyola oluvannyuma lw'okumala okuyitawo ekiseera ku Babaka (abaasooka), muleme okugamba nti: Teyatujjira mubuilizi yenna wadde omutiisa. Mazima abajjidde omubuilizi era omutiisa. Ne Katonda ku buli kintu Muyinza.

20. Era mujjukire ekiseera Musa bwe yagamba ekibiina kye nti: Abange ekibiina kyange! Mujjukire ekyengera kya Katonda ekiri ku mmwe, mu kiseera bwe yateeka mu mmwe Bannabbi, era n'abafuula mmwe abafuzi era n'abawa ebyo by'ataawa muntu n'omu mu bitonde (byonna).
21. Abange ekibiina kyange! Musingire ensi entukuvu eyo Katonda gye yabawandiikira. Temukyukiranga emabega wammwe; ne mukyuka nga mufaa-faaganiddwa.
22. Ne bagamba nti: Owange Musa! Mazima mu (nsi) eyo mulimu ekibiina ky'abantu ba-kkirimaanyi. Mu mazima ffe tetujja kugiyingira okutuusa lwe banaavaamu. Bwe banaabeera nga bafulumye okuva mu yo, olwo ddaia ffe tujja kugiyingira.
23. Abasajja ababiri ababalibwa mw'abo abatya Katonda abo bombiriri be ya-

يَبَيِّنُ لَكُمْ عَلَى فِتْرَةٍ مِنَ الرَّسُلِ  
 أَنْ تَقُولُوا مَا جَاءَنَا مِنْ بَشِيرٍ وَلَا  
 نَذِيرٍ فَقَدْ جَاءَكُمْ بَشِيرٌ وَنَذِيرٌ  
 وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٩﴾

وَأَذَقْنَا لِقَوْمِهِمْ يَوْمَهُمُ الْمَقْتُلِ  
 وَبَدَّلْنَا أَبْوَابَهُمْ فَقَامُوا فِي بَيْتِهِمْ  
 عِبَادَةً لِأَسْمَاءِهِمْ لِيَحْقِرُوا إِلَهُهِنَّ  
 وَاللَّهُ عَلَى عَمَلِكُمْ عَلِيمٌ ﴿٢٠﴾

يَقُولُوا ادْخُلُوا الْأَرْضَ الْمُقَدَّسَةَ  
 الَّتِي كَتَبْنَا لِلَّذِينَ آمَنُوا فِيهَا  
 وَمَلَأْنَا بِهَا الْوَالِدِينَ وَالْمَوْلَى  
 وَاللَّذِينَ آمَنُوا الْأُولَى وَالْآخِرِينَ ﴿٢١﴾

قَالُوا يَا مَرْيَمُ إِنَّكِ عَلَى كِبْرٍ  
 وَكُنْتِ الْأَخْيَارَ فَادْخُلِي أَرْضَ  
 عَمَّاكَ وَأَطِيعِي أَمْرَهُنَّ  
 وَأَنْتِ الْوَالِدُ الْأَخْيَارُ ﴿٢٢﴾

قَالَ رَجُلَانِ مِنَ الَّذِينَ يَخْفَوْنَ  
 أَنْتُمْ

19. N'omubaka agenderedda ye Nabbi Muhammadi (s.a.w.) eyajja oluvannyuma lw'okuyitawo ekiseera okuva ku bubaka bwa Nabbi Issa (Emirembe gibeere ku bombi).

20. Katonda yateeka mu Baana ba Israali bannabbi bangi nga buli lwe wavaawo Nabbi waddawo omulala, era n'abafuula abafuzi abalina abaweerera era n'abawa ebyo by'ataawa muntu n'omu mw'abo abaaliwo ku muleme gwabwe okutuusa lwe yakomekkerezaayo bannabbi abaava mu zdadde lya Israeli ne Nabbi Issa mutabani wa Maryamu (Emirembe gibeere ku ye).

21. Ensi Katonda gye yabalagaanyisa okuyingira ye Jerusaalemi. Era Abayudaaya baalabulwa obutalekaayo kulwana mu kkubo lya Katonda baleme okufaafaaganirwa nga bali mu nsi yo.

22. Abaisraeli beetondera Musa nga bwe batasobola kuyingira mu nsi eyo kubanga mwalimu abasajja ab'amaanyi ennyo be baali batasobola kulwanyisa, wabula okuyingira baali baagala bali bamale kuvaamu. Kale awo ne bajcemera ekiragiro kya Nabbi waabwe.

23. Bwe munaaba mubayingiridde ne mwesiga Katonda ng'ate muli bakkiriza, muja kubawangula. Kyokka newankubadde baabuilirirwa naye tebakkiriza.

gabira ebyengera Bye ne bagamba (bannaabwe) nti: Mubayingirire (nga muyita) mu mulyango, kubanga bwe munaaba nga muguyingidde, mazima mwe mujja kubawangula; mwesige Katonda bwe mubeera nga muli bakkiriza.

24. Ne bagamba nti: Owange Musa! Mazima ffe tetujja kugiyingira obugendererevu ebbanga lye banaamala nga bakyalimu. Kale genda ggwe ne Mukama wo mulwane! Mazima ffe tutudde wano.
25. N'agamba nti: Ayi Katonda wange! Mazima nze sifuga wabula omwoyo gwange ne muganda wange (Haruuna), yawukanya wakati waffe n'ow'ekibiina ky'aboonoonyi kino!
26. (Katonda) n'agamba nti: Mazima ekyo kifuuse kya muzizo ku bo okumala ebbanga lya myaka amakumi ana: bajja kuba nga babulubuutira mu nsi (ebbanga eryo lyonna). (Naye) tewennyamira ku lw'ekibiina ky'aboonoonyi.

اللَّهُ عَلَيْهِمَا ادْخُلُوا عَلَيْهِمُ الْبَابَ ۖ  
فَإِذَا دَخَلْتُمُوهُ فَآتِكُمْ مِنْهُ  
وَعَلَى اللَّهِ تَوَكَّلُوا إِنْ كُنْتُمْ  
مُؤْمِنِينَ ﴿٢٤﴾

قَالُوا يَمْوَسَىٰ إِنَّكَ لَنْ تَدْخُلَهَا أَبَدًا  
مَا دَامُوا فِيهَا فَادْهَبْ أَنْتَ وَرَبُّكَ  
فَقَاتِلْ إِنَّا هُنَا قَاعِدُونَ ﴿٢٥﴾

قَالَ رَبِّي لَأَمْلِكُ إِلَّا نَفْسِي وَ  
أَخِي فَأَرْفُقْ بَيْنَنَا وَبَيْنَ الْقَوْمِ  
الْفَاسِقِينَ ﴿٢٦﴾

قَالَ فَإِنَّهَا مُحَرَّمَةٌ عَلَيْهِمْ أَرْبَعِينَ  
سَنَةً ۖ يَتِيمُونَ فِي الْأَرْضِ فَلَا تَأْسَ  
عَلَى الْقَوْمِ الْفَاسِقِينَ ﴿٢٧﴾

24. Abaana ba Israeli baagaana okugoberera ekiragiro kya Nabbi waabwe era ne balaga amawaggali nga bagamba nti: Ggwe ne Katonda wo mugende mubalwanyise naye ffe tetujja kugenda, tusigadde wano nga tutudde.

Eno ye yali enkomerero ey'ebyo bye yayitamu nabbi Musa nga ategana n'Abaana ba Irailli era awo mu lusenyi tebaavaawo. Ne Nabbi Musa wamu ne Haruna we baafiira.

26. Abaisraili bwe baagaana okulwana Katonda n'abaziyiza okuyingira Jerusaalemu eyo gye yabalagaanyisa, okumala emyaka amakumi ana (40) nga bali mu ddungu babulubuuta, tebasobola kuddayo Misiri gye baava, ate nga era tebasobola kuyingira Jerusaalemu: okutuusa lwe baafa abakulu mu bo abaali ku mulembe ogwo bonna ne, wasibukawo omulembe omulala: Abo be baagenda ne bayingira Jerusaalemu ne balwanyisa abaalimu ne babawangula. Nabbi Musa ne Haruna nabo baafiiramu.

Wano enjawulo neeyolefu wakati w'Abaisraili, abagoberezi ba Musa; n'Abasiraamu, abagoberezi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) — Abagoberezi ba Musa bwe baagamba nti: Genda ggwe ne Katonda wo mulwane naffe tutudde wano tutunuulidde." Ate bo Abasiraamu baagamba Nabbi waabwe Muhammadi (s.a.w.) nti: "Genda ggwe ne Katonda wo mulwane naffe tuli wamu namwe tujja kulwana." Bulijjo ekibiina kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) etteeka lyako lya kugamba nti: "Tuwulidde era tugonedde ekiragiro kya Katonda."

27. Era basomere mu mazima bo ekya-faayo ky'abaana ba Adamu ababiri, mu kiseera awo bwe baawayo sad-daaka (eri Katonda), n'ekkirizibwa okuva eri omu ku bombiriri n'etakkirizibwa okuva eri omulala. (Oyo atakkirizibwa sad-daaka ye) n'agamba nti: Nja kukuttira ddala. (Munne) n'amugamba) nti: Mazima akkiriza Katonda ekivudde eri abamutya.
28. Bw'onooba nga ogolodde gyendi omukono gwo onzite, ssiri nze wa kugolola mukono gwange gy'oli nkutte, mazima nze ntya Katonda, Omulezi w'ebitonde.
29. Mazima nze njagala oddeyo n'ekibi kyange (eky'okunzita) n'ekibi kyo, awo obeere mu bannannyini (kuba mu) Muliro. N'eyo y'empeera y'abalyazaamaanyi.
30. Ne gumugondera (Kabil) omwoyo gwe okutta muganda we n'amutta; n'akeesa nga wa mu bafaafaaganid-dwa.

وَإِن لَّعَلَيْكُمْ تَبَابًا ۚ وَإِن لَّيَأْتِيَنَّكُمْ آيَاتُنَا بَدِيلًا فَاصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ ۚ إِنَّكَ أَنتَ بِنَظَرٍ  
 إِذْ قَرَّبْنَا قُلُوبَنَا فَتَنَقَّلَ مِنْ أَحَدِهِمَا وَلَمْ يُتَقَبَّلْ مِنَ الْآخَرِ قَالَ لَأَقْتَتَلَكَ مَا قَالَ إِنَّمَا يَتَقَبَّلُ اللَّهُ  
 مِنَ الْمُتَّقِينَ ﴿٢٧﴾

لَئِن بَسَطْتَ إِلَىٰ يَدِكَ لَتَنقُلْنِي مَا  
 أَنَا بِبَاسِطِ يَدِي إِلَيْكَ لِأَقْتَتَلَكَ إِنِّي  
 أَخَافُ اللَّهَ رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٨﴾

إِنِّي أُرِيدُ أَنْ نَبُوءَ بِإِثْمِي وَإِثْمِكَ  
 فَتَكُونُ مِن أَصْحَابِ النَّارِ ۚ وَذَلِكَ  
 حَزْرٌ لِّلظَالِمِينَ ﴿٢٩﴾

فَطَوَّعَتْ لَهُ نَفْسُهُ قَتْلَ أَخِيهِ فَقَتَلَهُ  
 فَأَصْبَرَ مِنَ الْخُسْرَيْنِ ﴿٣٠﴾

27. Batabani ba Adamu ababiri baali bayitibwa: Omukulu Kabil (Cain) omuto Habil (Abel). Kabil ye yagamba munne Habil nti nzija kukutta olw'ensaalwa y'okuba nti ye Kabil sad-daaka ye yali tekirizibwa; wabula Habil yaddamu ng'ayagala alage munne ekkubo ettuufo omuntu mw'ayita okukkirizibwa omulimu gwe, nalyo kwe kuba nga agukoze ku lw'okutya Katonda. Kale ekyo kyali kimala okukkakkanya obusungu bwa Kabil, wabula olw'ensaalwa n'ettama gye yalina mu mutima gwe tekyagasa.

28. Ebigambo bya Habil (Abel) ebyo byali bisobola okukkakkanya obusungu bwa Kabil (Cain) okulaba nga muganda we, ye bwe yali teyeetegese kumukolako lutalo: ssi lwa kubanga yali tasobola naye lwa kuba ng'atya Katonda. Wabula nabyo tebyagasa olw'ensaalwa ya Kabil gye yalina ku mutooowe.

29. Wano Habil (Abel) yategeeza muganda we akabi akanaaba mu kumutta oba olyawo n'addirira. Akabi ako ke k'okwetikka ekibi kye (eky'okumutta) nga kyeyongera ku kibi kye yalina. Era nga ye Kabil (Cain) bw'ajja okubeera mu bantu b'omu muliro, n'amwongerako na kino nti eyo y'empeera y'abo abalanga bannaabw obwemage.

Kyokka ebyo byonna tebyagasa kubanga omwoyo gwa Kabil gwali gujjudde ensaalwa n'obuggya.

30. Kabil (Cain) yafaafaaganirwa omwoyo gwe bwe yagutuusa mu kuguzikiriza n'afiirwa muganda we n'asigala obw'omu. Era yafaafaaganirwa ensi n'atafuna ddembe oluvannyuma lw'okutta omuntu era yafaafaaganirwa mu bulamu bwe obw'oluvannyuma, ne yeetikka ebibi eby'e-mi-

31. Katonda n'asindika Nnamungoona n'asima ettaka, alyoke amulage engeri nga bw'anaaziika omulambo gwa muganda we. (Kabil) n'agamba nti: Zinsanze nze! Nemeddwa okubeera nga ekifaananyi ky'ono Nnamungoona, ne mbikka obwereere (enjole) bwa muganda wange? N'akeesa nga wa mw'abo abejjusa.

فَبَعَثَ اللَّهُ غُرَابًا يَبْحَثُ فِي الْأَرْضِ  
لِيُرِيَهُ كَيْفَ يُورِثُ سَوْأَ آخِيهِ  
قَالَ يَوْمَئِذٍ لَئِنِ أَخْرَجْتُ  
هَذَا الْغُرَابَ فَأُوْرِثُ سَوْأَ آخِي  
مَعَ فَأَصْبَحَ مِنَ التَّائِبِينَ ﴿٣١﴾

32. Ne ku lw'ensonga eyo twawandiika ne tukakasa ku Baana ba Israili nti: Omuntu atta omwoyo (omuntu) awatali (oyo atiddwa) kumala kutta mwoyo mulala oba okwonoona mu nsi, abang'asse abantu bonna, n'omuntu agulamusa (omwoyo), abang'alamusizza abantu bonna. Mazima wadde baabajjira Ababaka baffe n'okunyonnyola (okweyolefu), mazima n'oluvannyuma lw'ebyo nate bangi mu bo baayitiriza okwonoona mu nsi.

مِنْ أَجْلِ ذَلِكَ كَتَبْنَا عَلَى بَنِي  
إِسْرَائِيلَ أَنَّهُ مَنْ قَتَلَ نَفْسًا بِغَيْرِ  
نَفْسٍ أَوْ فَسَادٍ فِي الْأَرْضِ فَكَأَنَّمَا  
قَتَلَ النَّاسَ جَمِيعًا وَمَنْ أَحْيَاهَا  
فَكَأَنَّمَا أَحْيَا النَّاسَ جَمِيعًا وَلَقَدْ  
جَاءَتْهُمْ رُسُلُنَا بِالْبَيِّنَاتِ ثُمَّ إِنْ  
كَثُرُوا مِنْهُمْ بَعْدَ ذَلِكَ فِي الْأَرْضِ  
لَأَسْرِفُونَ ﴿٣٢﴾

rundi ebiri n'abeera nga wa kubeera mu muliro lubeerera. Yabonaabona n'omulambo nga tamanyi kiki ky'anaagukola kubanga ye yali asoose ku nsi yonna okutta omuntu.

31. "Ne mbikka obwereere bwa muganda wange," amakulu nti: "Ne nziika enjole ya muganda wange.

Katonda yasindika nnamungoona n'asanga nnamungoona munne nga afudde. Nnamungoona yasima ettaka n'omumwa gwe n'aziika oyo afudde alyoke n'ono ayasse muganda we alabireko engeri gy'asobola okumuziika; kubanga yali talabanga ku mufu era nga tamanyi ngeri ki gye bamukola. Ate era oyo ye mufu eyasooka okulabikako ku nsi kuno.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Tewali yenna atta muntu wa bwereere, wabula omwana wa Adamu eyasooka, afunako omugabo ku kibi ekyo kubanga ye yasooka okussaawo okutta.

32. Oluvannyuma lwa Mutabani wa Adamu okutta muganda we, Katonda Abaisraili yabakasaako nti: Omuntu atta omuntu atasse muntu munne oba atakoze bya bwonoonyi bimukakasaako kuttibwa abang'asse abantu bonna; era n'omuntu awonya obulamu bwagwo (omwoyo) n'atagutta, abang'asse awadde obulamu abantu bonna. Kubanga okuwa omuntu omu ekitiibwa n'otya okuggyawo obulamu bwe oba nga awadde ekitiibwa obulamu bw'abantu bonna. Era bwe kityo okuweebuula obulamu bw'omu oba nga aweebudde ekitiibwa ky'obulamu bwa bonna.

Wabula n'oluvannyuma lwa Abaisraili okufuna obubonero obweyolefu obwabalecterwanga Ababaka, era bangi mu bo beesukkulumya ku mateeka ga Katonda ne bayitiriza okwonoona.

33. Mazima empeera y'abo abalwanagana ne Katonda n'Omubaka We ne babunyisa mu nsi obwonoonyi n'okugitabangula, (ekibonerezo kyabwe) kwe kuttibwa oba okukomererwa ku musaalaba, oba okukutulwako emikono gyabwe n'amagulu gaabwe mu mpulungutanya, oba okuwangangusibwa okuva mu nsi. Ekyo ku ho kya buswawu muno mu nsi era balina mu bulamu obw'enkomerero ebibonerezo ebisukirivu;

34. Wabula abo ababa beenenyezza oluberyeberye nga temunnaba kusobola kubakwata. N'olwekyo mumanye nti mazima Katonda Musonyiyi, Musaa-sizi.

35. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda, era munoonye ekkubo erituuka gy'Ali, era mulwane n'obunyiiikivu mu kkubo Lye; oba olyawo ne mulungamizibwa.

36. Mazima abo abaakafuwala, singa mazima baali balina ebyo byonna ebiri mu nsi n'ekyenkanyi kyabyo wamu nabyo, ne baagala beenunule nabyo ku bibonerezo by'Olunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) tebyandikkirizibwa okuva gye bali. Balina ebibonyobonyo ebiruma.

لَتَمَّا جَزَاؤَ الَّذِينَ يُجَارُونَ اللَّهَ وَ  
رَسُولَهُ وَيَسْعُونَ فِي الْأَرْضِ فَسَادًا  
أَنْ يُقَاتِلُوا أَوْ يَصِلُوا أَوْ يَنْقُطَ أَيْدِيهِمْ  
وَأَرْجُلُهُمْ مِنْ خَلْفِهِمْ أَوْ يُنْفِقُوا  
مِنَ الْأَرْضِ ذَلِكَ لَهُمْ جُزَاؤُنَا فِي الدُّنْيَا  
وَلَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٣٣﴾

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا مِنْ قَبْلِ أَنْ تَقْرَأُوا  
عَلَيْهِمْ فَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٣٤﴾

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَابْتَعُوا  
إِلَيْهِ الْوَسِيلَةَ وَجَاهِدُوا فِي سَبِيلِهِ  
لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٣٥﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَالَّذِينَ لَهُمْ مَّا  
فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا وَوَسِيلَةٌ مَعَهُ  
لِيُقَاتِلُوا فِيهِ مِنْ عَذَابِ يَوْمِ  
الْقِيَامَةِ مَا نَقُصِّلُ مِنْهُمْ وَلَهُمْ  
عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٣٦﴾

33. Abantu abo aboogeddwako wano be bo abetaba awamu ne balumba abantu okubanyaga oba okubatta oba okubatiisatiisa oba ne babigatta byonna; ekibonerezo kyabwe ekisooka kiri nti:

1. Singa omuntu atta abantu n'anyaga n'emmaali attibwa n'awanikibwa ku musaalaba.
2. Singa atta bussi n'atatwala maali, attibwa buttibwa n'atawanikibwa ku musaalaba.
3. Singa anyaga bunyazi mmaali kyokka nga tasse, atemebwako omukono gwe ogwa ddyo n'okugulu kwe okwa kkonu.
4. Singa atiisatiisa buttiisatiisa kyokka n'atanyaga immaali era n'atatta, awangangusibwa okuggyibwa mu kitundu mw'abeera.

Abantu abo boogerwako nga abalwanyisa Katonda n'Omubaka We ku lw'okumenya amateeka Ge ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ku lw'okutabangula ensi.

37. Balyagalanga okufuluma okuva mu muliro, ate nga tebali ba kuva mu gwo. Era balina ebibonyobonyo eby'olubeerera.
38. Omubbi omusajja n'omubbi omukazi, mutemengako emikono gya bombiriri. Nga y'empeera y'ekyo kye bakoze, nga kibonerezo eky'okulabirako ekya-va eri Katonda. Ne Katonda wa Kitiibwa, Omulamuzi.
39. N'omuntu eyeceneya oluvannyuma lw'obulyazaamaanyi bwe n'alongoosa, mazima Katonda akkiriza okwene-nya kwe. Ddala Katonda Musonyiyi, Musaasizi.
40. Tomanyi nti mazima Katonda bubwe Obufuzi bw'eggulu n'ensi? Abonereza oyo gw'aba ayagadde, n'asonyiwa kw'oyo gw'aba ayagadde. Ne Katonda Muyinza ku buli kimu.
41. Owange ggwe Omubaka! Tebakunakuwazanga abo abanguyira okuyingira mu bukaafiiri, mw'abo abagamba nti: "Tukkirizza", n'emimwa

يُرِيدُونَ أَنْ يُخْرِجُوا مِنَ التَّارُوتِ مَا هُمْ  
بِخَارِجِينَ مِنْهَا ۗ وَ لَهُمْ عَذَابٌ مُّقِيمٌ ﴿٣٧﴾

وَالسَّارِقُ وَالسَّارِقَةُ فَاقْطَعُوا  
أَيْدِيَهُمَا جِزَاءً بِمَا كَسَبَا تَكَالُفِ  
اللَّهِ وَاللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٣٨﴾

فَمَنْ تَابَ مِنْ بَعْدِ ظُلْمِهِ وَأَصْلَحَ  
فَإِنَّ اللَّهَ يَتُوبُ عَلَيْهِ ۗ إِنَّ اللَّهَ  
عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٣٩﴾

أَلَمْ تَعْلَمْ أَنَّ اللَّهَ لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ يُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ وَيَعْفُو  
لِمَنْ يَشَاءُ ۗ وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٤٠﴾

يَا أَيُّهَا الرَّسُولُ لَا يَحْزُنْكَ الَّذِينَ  
يُسَارِعُونَ فِي الْكُفْرِ مِنَ الَّذِينَ

38. Obusiraamu bwajumbira nnyo okukuuma ekitiibwa ky'omuntu n'ebintu bye. Buli omu alyoke abeere mu bulamu obweyagaza era obujjudde eddembe. Kale kwe kutekawo ebibonerezo ebikambwe ku misango eminene nga okubba, okutemula, n'obwenzi. Olwo buli muntu atye okw'entantala ekibonerezo ekyo era buli muntu asobole okukuuma ekitiibwa kye.

Ekiyitibwa okubba okukakasa ekibonerezo ekyo, ye muntu okutwala emmaali mu kyama nga agiggya mu kifo w'esaana okuterekebwa nga tagirinaako bwannanyini oba ekifaananyi ky'obwannanyini.

Bw'aba nga abbye shilingi eziwera ettaano (5/-) oba ekintu ekiziweza asalwako omukono gwe ogwa ddyo mu kiseke.

41. Mu muemoe gwa Nabbi Muhamadi (s.a.w.) mu Bayudaaya mwalimu abantu abaaawulirizanga ennyo enngambo (ez'ebigambo eby'obulimba) nga bawuliriza ku bantu abalala abatatu-kanga na wa Mutume. Abo be bannanfuusi abaaawulirizanga ebigambo by'A bayudaaya bye baatwalinga nti bye bituufu. Kale baddiranga ebigambo ebiri mu Tauraati ne babiwa amakulu amalala oluvannyuma lw'okutegeera amakulu gaabyo.

Aya eno yakka ku Bayudaaya olw'okukola ekibi ekyo. Ekibonerezo ky'ekikibi ekyo baakikyusa nga bwe baayagala. Baayagala Nabbi alamule abakoze ekibi ekyo kyokka nga bagamba nti: Bw'anaaba alamudde nga bwe twagala mukikolereko (ekibonerezo), naye bw'aba alamudde nga Tauraati nga bw'agamba mukwekeke okulamula okwo. Wabula ye Nabbi yabalamulanga Tauraati bw'agamba.

gyabwe: Ne gitakiriza emitima gya-bwe, era wadde mw'abo Abayudaaya mulimu abawuliriza eby'obulimba (ebya buli ngeri) nga babiwuliriza ku lw'abantu abatannajja eri ggwe (abo abakulu baabwe), abakuya ebigambo oluvannyuma lw'okuba mu bifo bya-byo. Bagamba (abo ababagoberera) nti: Bwe muba muweereddwa kino mukikwate, naye bwe muba nga si kye muweereddwa mwekeke! N'omu-ntu Katonda gw'aba ayagalizza okugezesa Kwe, toyinza (ggwe ku lulwo) kumfunira okuya eri Katonda kintu kyonna (kimuyamba). Abo be bo b'atayagala Katonda kutukuzza myoyo gyabwe. Abo balina mu nsi obuswavu, era balina ku nkomerero ebi-bonerezo ebinene.

42. Bawuliriza nnyo eri obulimba, bali ba nguzi nnyo! Bwe baba nga bakuj-jidde (Ggwe Muhammadi), kale lamula wakati waabwe oba baleke (tobalamura). Bw'oba nga obalese, tebalina kabi konna ke bayinza kukuleet-era. Naye bw'oba nga olamudde, lamula wakati waabwe na bwenkanya. Mazima Katonda ayagala benkanya.

43. Wabula mu ngeri ki bwe bakulamuzisa wakati waabwe nga balina bo Ekitabab Tauraati, ekirimu okulamura kwa Katonda? Oluvannyuma ne bakyuka (nga bagiwakanya) oluvannyuma lw'ekyo. Tebali abo bakkiriza.

قَالُوا آمَنَّا بِأَنْفُسِنَا وَلَمْ نَمُؤْمِنَ  
قُلُوبُهُمْ وَمِنَ الَّذِينَ هَادُوا  
سَمِعُونَ لِلْكَذِبِ سَمْعُونَ لِقَوْمٍ  
آخَرِينَ لَمْ يَأْتُواكَ بِمُحَرِّفُونَ الْكَلِمَ  
مِنْ بَعْدِ مَوَاضِعَهُ يَقُولُونَ إِنْ  
أُوتِينَا هَذَا فَخُذْ وَلَا وَإِنْ لَمْ  
تُؤْتِنَا لَهُ فَاحْذَرُوا وَمَنْ يُرِدِ اللَّهُ  
فِتْنَتَهُ فَلَنْ تَمْلِكَ لَهُ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا  
أُولَئِكَ الَّذِينَ لَمْ يُرِدِ اللَّهُ أَنْ يُطَهِّرَ  
قُلُوبَهُمْ لَهُمْ فِي الدُّنْيَا خِزْيٌ  
لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٤٢﴾

سَمِعُونَ لِلْكَذِبِ أَكْثُونَ لِلسُّحْتِ  
فَإِنْ جَاءَكَ فَاحْكُم بَيْنَهُمْ أَوْ أَعْرِضْ  
عَنْهُمْ وَإِنْ تُعْرِضْ عَنْهُمْ فَلَنْ  
يَضُرُّوكَ شَيْئًا وَإِنْ حَكَمْتَ فَاحْكُم  
بَيْنَهُمْ بِالْقِسْطِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ  
الْمُقْسِطِينَ ﴿٤٣﴾

وَكَيْفَ يُحْكُمُونَكَ وَعِنْدَهُمُ التَّوْرَةُ  
فِيهَا حُكْمُ اللَّهِ ثُمَّ يَتَوَلَّوْنَ مِنْ بَعْدِ  
ذَلِكَ وَمَا أُولَئِكَ بِالْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٤﴾



44. Mazima Ffe twassa Tauraati nga muli mu yo okulungama n'ekitangaala, balamulenga nayo Bannabbi abo abaa-siramuka ne beewayo okugoberera amateeka ga Katonda kw'abo Abayudaaya, (era mu ngeri y'emu) n'abayivu bannaddiini abakugu wamu ne bannamateeka (baagiramuzisa) ku lw'e-byo bye baakuusibwa mu Kitabo kya Katonda, ne babeera ku kyo nga bajulizi. N'olw'ekyo temutyanga abantu, wabula mutye Nze, era temugulanga n'ebigambo byange omuwendo omotono. N'omuntu atalamula n'ebyo Katonda bye yassa: n'abo be bawakanyi (abatakkiriza) abamenyi b'amateeka.

45. Ne tukakasa ku bo mu yo (Tauraati) nti: Mazima omuntu (attibwa) lwa kutta muntu, n'eriiso ku liiso, n'ennyindo ku nnyindo, n'okutu ku kutu n'erinnyo ku linnyo, n'ebiwundu biriko okuwoolera eggwanga. N'oyo aba asonyiye (oyo amusobezza n'eba nga saddaaka) nakwo kuba kwekingiriza eri ye ku bibi bye. N'omuntu atalamula n'ebyo Katonda bye yassa: n'abo be bo abalyazaamaanyi.

إِنَّا أَنْزَلْنَا التَّوْرَةَ فِيهَا هُدًى وَنُورٌ  
يَحْكُمُ بِهَا النَّبِيُّونَ الَّذِينَ أَسْلَمُوا  
لِلَّذِينَ هَادُوا وَالرَّبَّانِيُّونَ وَالْأَحْبَارُ  
بِمَا اسْتَحْفَظُوا مِنْ كِتَابِ اللَّهِ وَكَالُوا  
عَلَيْهِ شُهَدَاءَ فَلَا تَخْشَوُا النَّاسَ  
وَأَخْشَوْنِ وَلَا تَشْتَرُوا بِآيَاتِي ثَمَنًا  
قَلِيلًا وَمَنْ لَمْ يَحْكَمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
فَأُولَئِكَ هُمُ الْكَافِرُونَ ﴿٢٥﴾

وَكَتَبْنَا عَلَيْهِمْ فِيهَا أَنَّ النَّفْسَ  
بِالنَّفْسِ وَالْعَيْنَ بِالْعَيْنِ وَالْأَنْفَ  
بِالْأَنْفِ وَالْأُذُنَ بِالْأُذُنِ وَالسِّنَّ  
بِالسِّنِّ وَالْحُرُوفَ قِصَاصٌ فَمَنْ  
تَصَدَّقَ بِهِ فَهُوَ كَفَّارَةٌ لَهُ وَمَنْ لَمْ  
يَحْكَمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ فَأُولَئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٢٥﴾

45. Katonda yakakasa ku Baisraili mu Tauraati nti ekibonerezo ky'oyo asse omuntu naye kuttibwa, n'oyo aggyemu munne eriso n'eriry kuggibwamu. Bwe kityo n'aggyeeko munne ennyindo n'eyiye kuggibwako, n'akutuddeko okutu kw'omulala n'okukwe kukutulwako. N'oyo aba afumise munne naye awoolera eggwanga nga bwe kiba kisoboka okwenkanyankanya ekigero ky'ekiwundu kyo. Okugeza nga okuba ng'amusazeeko omukono oba okugulu mu nnyingo naye asalibwa okukwe bw'aty. Naye bw'aba amukutudde ggumba olwo takutulwako wabula omulamuzi age-raageranya engassi emusaanira. Ago ge mateeka ga Katonda agatalina kwa wala wakati w'oyo aba azzizza omusango. K'abe wa kitibwa oba wa wansi, oba mwami, oba mugagga oba mwavu; wabula bonna benkanankana mu ngeri y'okubonerezebwa. Wabula omuntu bw'asonyiya oyo aba amuzizzaako omusango, olwo tattibwa naye aliwa engassi.

Abo abalamuza amateeka agatali ga Katonda boonoonyi olw'okussa ekintu mu kifo ekitali kyakyo kubanga Katonda eyatonda abantu y'asinga okumanya amateeka agabasaanira. Naye Abayudaaya baaleka amateeka ga Katonda ne beeterawo agaabwe ge baali baagala. Kyokka eteeka libuna era livimirira buli yenna alamuzi amateeka agatali ga Katonda mu buli mulembe gwonna gw'abeceramu.

46. Ne tugobereza ku buwufu bwabwe, Issa mutabani wa Mariyamu, nga akakasa ebyo ebiri mu maaso ge ebyasooka mu Taurati ne tumuleet- era Enjiri nga mulimu mu yo oku- lunngama n'ekitangaala, era ng'eka- kasa amazima g'ebyo ebiri mu maaso gaayo ebiri mu Tauraati — nga kya kulunngamya era nga kya kubuulir- ira ku batya Katonda.

وَقَفَيْنَا عَلَىٰ أَنَارِهِم بِعَيْسَىٰ ابْنَ  
مَرْيَمَ مُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ  
مِنَ التَّوْرَةِ مَوَاتِينَهُ لِنُحْيِلَ  
فِيهِ هُدًى وَنُورًا ۗ وَمُصَدِّقًا لِّمَا  
بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ التَّوْرَةِ وَهُدًى  
وَمَوْعِظَةً لِّلْمُتَّقِينَ ﴿٦٦﴾

47. Balyoke balamuze Bannannyini Njiri n'ebyo Katonda bye yassa mu yo. N'oyo atalamuza ebyo Katonda bye yassa, n'abo be bo abajeemu.

وَلِيُحْكُمَ أَهْلَ الرِّجَالِ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
فِيهِ ۗ وَمَنْ لَّمْ يُحْكَمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
فَأُولَٰئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ ﴿٦٧﴾

48. Ne tussa gy'oli (Ggwe Muhammadi) Ekitabo n'amazima, nga kikakasa ebyo ebiri mu maaso gaakyo, ebiri mu Kitabo (Tauraati n'Enjiri): Era nga kyeyimiridde ku kyo. Kale lam- ula wakati waabwe n'ebyo bye yassa Katonda, togobereranga okwagala kwabwe n'oyawukana n'ebyo ebikuj- jidde mu mazima. Buli omu mu mmwe twamuteerawo amateeka n'Ekkubo.

وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا  
لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ الْكِتَابِ وَهُدًى  
عَلَيْهِ فَأَحْكُم بَيْنَهُم بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
وَلَا تَتَّبِعْ أَهْوَاءَهُمْ عَمَّا جَاءَكَ  
مِنَ الْحَقِّ ۗ كُلٌّ لِّجَعَلْنَا مِنْكُمْ سُرْعَةً

46. Twassa mu kitabo Enjiri Issa kye yajja nakyo, ebigambo ebirunngamya era ebibuulirira okuleka ebibi omuntu oyo abeera atya Katonda n'ebibonerezo Byc.

47. Katonda yawa Abakristaayo Enjiri basobole okulamula nayo ku mulembe gwayo. Abo abataakikola be bakyewagula abaava ku kugondera Katonda ne baleka amazima.

48. Kuraane eyassibwa ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ejulira amazima g'ebitabo ebyagisooka — (Tauraati, Enjiri ne Zabburi), ebyo byassibwa ku Bannabbi abaasooka.

Katonda yalagira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) alamule n'ago amateeka agassibwa ku ye mu Kuraane — amateeka agali mu bitabo ebyasooka gaadibizibwa oba gaakyusibwamu n'amateeka ga Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

Buli nabbi eyafunanga ekitabo; kyabangamu amateeka agaalinga gasaanira omulembe gwe. Tauraati erimu amateeka gaayo. Enjiri nayo erina agaayo ne Kuraane nayo bw'etyo. Katonda alina okuggyawo oba okukyusa amateeka agamu n'ateekawo amalala; era abeera kwagala yandiifudde abantu bonna abali ku mateka agamu agataggyibwawo. Era yaleeta amateeka amaawufu eri buli Nabbi alyoke ageze abaddu Be n'ago amateeka g'abeera atese alabe oyo agagondera n'oyo atagagondere.

Singa yayagala Katonda yandi-bafudde ekibiina kimu, naye (yakola atyo) alyoke abageze mw'ebyo by'abaleetdede. (N'olw'ekyo) muvuganye mu kukola eburungi. Eri Katonda y'eri obuddo bwammwe mwenna alyoke abategeze ebyo bye mwalinga mwawukanamu.

49. Oteekwa olamule wakati waabwe n'ebyo Katonda bye yassa, togobereranga okwagala kwabwe, beekeke okulema okukugya ku kimu ku ebyo Katonda bye yassa ku ggwe. Bwe babeera nga baawukanye, manya nti mazima ayagala Katonda okubafunyisa akabi ku lw'ebimu ku bibi byabwe. Ddala abasinga obungi mu bantu bajeemu.
50. Abaffe, okulamula kw'obutamanya (okw'edda) kwe baagala? Naye ani asinga Katonda okulamula okulungi eri ekibiina ekitegeera (obukakafu)?
51. Abange mmwe abakkiriza! Temu-fuulanga Abayudaaya n'Abakristaayo ab'emikwano enfiirabulago, ba mikwano ku bokka na bokka. N'omuntu

وَمِنْهَا جَاءَ وَوَشَاءَ اللَّهُ لَجْعَلَكُمْ  
أُمَّةً وَاحِدَةً وَلَكِنْ لِيَبْلُوَكُمْ فِي  
مَا آتَاكُمْ فَاسْتَبِقُوا الْخَيْرَاتِ إِلَى  
اللَّهِ مَرْجِعُكُمْ جَمِيعًا فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا  
كُنْتُمْ فِيهِ تَخْتَفُونَ ﴿٤٩﴾

وَإِنْ أَحْكَمْتُمُوهُمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ وَلَا  
تَتَّبِعْ أَهْوَاءَهُمْ وَاحِدًا رَهْمًا أَنْ  
يَقْتَنِبُوا عَنْ بَعْضِ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
إِلَيْكَ فَإِنْ تَوَلَّوْا فَاغْلَبَكُمْ أَكْثَرِي  
اللَّهُ أَنْ يُصِيبَهُمْ بِبَعْضِ ذُنُوبِهِمْ  
وَلَنْ كَثِيرًا مِمَّنَ النَّاسِ فَاسْتَفُونَ ﴿٥٠﴾

أَفْحَكَمُ الْجَاهِلِيَّةِ يَبْعُونَ ط وَ مَن  
أَحْسَنَ مِنَ اللَّهِ حُكْمًا الْقَوْمَ يُؤْتَوْنَ ﴿٥١﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا الْيَهُودَ  
وَالنَّصَارَى أَوْلِيَاءَ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ

بَعْضُهُمْ  
أَوْلِيَاءُ  
بَعْضُهُمْ  
أَوْلِيَاءُ

Abakkiriza bakubirizibwa bavuganye olw'ebirungi nga bagondera amateeka agali mu Kuraane, ago agaggyawo ago agaagasooka; kubanga abantu bonna ba kudde eri Katonda ku lunaku lw'oku-zuukira alyoke abategeze ebyo bye baalinga baawukanamu mu bigambo ebikwata ku ddiini.

50. Baagala okulamula okwaliwo mu butamanya ng'amateeka ga Katonda tegannajja, sso nga Katonda y'asinza okulamula okulungi okusinga abantu bonna. Eri oyo ategeera, akitegeera bw'atyo.

Okulamula okw'edda kwalimu kyekubiira wa maanyi olw'amawanga, ne mwanaw'ani. Katonda n'assa amateeka agatalimu kusosola wadde mwanaw'ani: Buli asobyayenna aba akwatibwako amateeka ga Katonda ne bw'aba ani.

51. Aya eno yakka mu kiscera embeera embi ey'obulabe lwe yaliwo mu Madiina wakati w'Abasiraamu n'Abayudaaya. Abayudaaya baakolanga obulabe n'enkwe ku Basiraamu; nga bayambibwako abannanfuusi mu bakkiriza abaabafuulanga (abo Abayudaaya) mikwano gyabwe,

abakwana mu mmwe mazima ye abeera wa mu bo. Mazima Katonda talungamya kibiina ky'abalyazaamaanyi.

52. Olaba abo abalina mu mitima gyabwe obulwadde nga baanguyira okuba mu bo, nga bagamba (mu kwekwasa) nti: Tutya okututuukako enkyuka-kyuka embi. Oba olyawo Katonda n'aleeta obuwanguzi oba ekigambo (ekirala eri mmwe abakkiriza) okuwa Gy'ali. Olwo ne bakeesa enkya kw'e-kyo kye bakwese mu mitima gyabwe nga bejjusa.

53. Ne bagamba abo abakkiriza: Abo be bo abaalayiranga Katonda mu kukakasa ebirayiro byabwe nti mazima bo bali wamu nammwe? Gayonooneka emirimu gyabwe, ne bakeesa nga bafaafaaganiddwa.

54. Abange mmwe abakkiriza! Omuntu akyuka okuva ku ddiini ye, Katonda ajja kuleetawo ekibiina (ky'abantu mu kifo kye) b'ayagala era abamwagala, abakkakkamu ku bakkiriza, abeegulumiza ku batakkiriza, abalwana mu kkubo lya Katonda, era nga tebatya kunenya kwa munenya

بَعْضٌ وَمَنْ يَتَوَلَّهُمْ مِنْكُمْ فَإِنَّهُ مِنْهُمْ إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٥١﴾

فَكَرَى الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ يُسَارِعُونَ فِيهِمْ يَقُولُونَ نَخْشَى أَنْ تُصِيبَنَا آيَةٌ ۗ نَعَسَى اللَّهُ أَنْ يَأْتِيَ بِالْفَتْحِ أَوْ أَمْرٍ مِنْ عِنْدِهِ فَيُضِيعُوا عَلَى مَا أَسْرَوْا فِي الْأَنْفُسِمْ نَذِيرِينَ ﴿٥٢﴾

وَيَقُولُ الَّذِينَ آمَنُوا أَهَؤُلَاءِ الَّذِينَ أَتَيْنَاهُم بِآيَاتِهِمْ لَأَنَّهُمْ لَمَعَكُمْ ۖ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ فَاصْبِرُوا خَيْرِينَ ﴿٥٣﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا مَنْ يَرْتَدَّ مِنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فَسَوْفَ يَأْتِي اللَّهَ بِقَوْمٍ يُحِبُّهُمْ وَيُحِبُّونَهُ أَذِلَّةٍ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ أَعِزَّةٍ عَلَى الْكُفْرِينَ يُجَاهِدُونَ فِي

nga bababbira cbyama okuva ku Basiraamu. Kale Katonda kwe kugaana abakkiriza okubafuula ab'emikwano.

52. Katonda ajja kuleeta obuwanguzi — Abasiraamu bawangule omulabe waabwe oba aleeta ekigambo ekiwemuukiriza abo abannanfuusi bakeese enkya nga bejjusa olw'ebyo bye baali bakwese mu mitima gyabwe. Ddala Katonda yataasa Abasiraamu ne bawangula abalabe baabwe abaali mu Madina okutuusa lwe baawangangusibwa okuggibwa mu Madina; era ne bateekebwako n'okuwanga omusolo.

53. Abakkiriza boogera ebyo oluvannyuma lw'okweyoleka obunnanfuusi bw'abo abannanfuusi.

54. Abantu b'ekibiina ekyo ekyogeddwako beewombeefu ku bakkiriza bannaabwe ate beegulumiza ku bakafiiri. Era ekyo kibalibwa mu bitendo by'Omusiraamu omujjuvu. Abantu abo batakabana mu kkubo lya Katonda ku lw'okusitula eddiini Ye era tebaddirira mw'ekyo ekiri mu kugondera Katonda n'okulaamiragana empisa ennungi n'okugaana empisa embi. Tebatya kintu

yenna. Ekyo bwe bulungi bwa Katonda ku muntu gw'aba ayagadde. Ne Katonda Mugazi, Mumanyi wa byonna.

55. Mazima omukuumi wammwe (omwesimbu yekka) ye Katonda; n'Omubaka We n'abo abakkiriza, abo abayimirizaawo esswala ne bawaaayo zakaati nga bo bakutama (mu kusinza Katonda).
56. N'omuntu ayecfuza Katonda n'Omubaka We n'abo abakkiriza, (amanyenti): Mazima ekibiina kya Katonda bo be b'okuwangula.
57. Abange mmwe abakkiriza! Temubafuulanga abo abafuula eddiini yammwe olusaago n'omuzannyo, mw'abo abaa-weebwa Ekitabo oluberyebere lwa-mmwe, n'abo abakaafiiri; (temubafuulanga) ab'emikwano be mwemaliza, wabula mutye Katonda bwe mubeera nga muli bakkiriza.
58. Bwe muba nga mukooowodde (mwa-ziinye) okujja eri esswala bakifuula eky'olusaago n'omuzannyo. Ekyo (bakikola) ku lw'okubanga mazima bo kibiina ekitategera.
59. Gamba nti: Abange Bannannyini Kitabo! Abaffe mutusunguwalira (awatali nsonga ndala yonna) wabula lwa kubanga twakkiriza Katonda n'ebyo ebyassibwa ku ffe n'ebyo ebyassibwa oluberyebere (lwaffe)? Mazima abasinga obungi mu mmwe boonoonyi.

سَبِيلَ اللَّهِ وَلَا يَخَافُونَ لَوْمَةَ لَائِمٍ  
ذَلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ  
وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٥٥﴾

إِنَّمَا وَلِيُّكُمُ اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَالَّذِينَ  
آمَنُوا الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَ  
يُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ رَاغِبُونَ ﴿٥٦﴾

وَمَن يَتَوَلَّ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَالَّذِينَ  
آمَنُوا فَإِنَّ حِزْبَ اللَّهِ هُمُ الْغَالِبُونَ ﴿٥٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا الَّذِينَ  
اتَّخَذُوا دِينَكُمْ هُزُؤًا وَلَعِبًا مِّنَ  
الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ مِن قَبْلِكُمْ وَالْكَافِرَ  
أَوْلِيَاءَ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ كُفْرَكُمْ مِّنْهُ مُبِينٌ ﴿٥٨﴾

وَإِذْ أَنزَلْنَا إِلَيْكَ إِلَى الصَّلَاةِ اتَّخَذُوا هُزُؤًا  
وَلَعِبًا ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٥٩﴾

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ هَلْ تَنقِمُونَ مِنَّا آلًا  
إِن آمَنَّا بِاللَّهِ وَمَا أُنزِلَ إِلَيْنَا وَمَا  
أُنزِلَ مِن قَبْلُ وَإِنَّا أَكْثَرُكُمْ مُّسِقِفُونَ ﴿٥٩﴾

kyonna wadde okunenyezebwa omuntu yenna. Kale Katonda alina obulungi bungi era amanyi oyo asaanira okuwcebwa.

58. Abakafiiri baajcejanga Abasiraamu bwe baawuliranga okwaziina — (okukowoola abantu okujja okusaala).

59. Mazima mmwe Bannannyini Kitabo Tauraati n'Enjiri: Mmwe abavumagana eddiini yaffe eyawula Katonda nga bw'Ali Omu era nga bw'atasaana kugattako kintu kirala kyonna mu kumu-

60. Gamba nti: Abaffe mbabuulire alina empeera embi awali Katonda okusinga oyo? Y'oyo Katonda gwe yakolimira n'amusunguwalira! N'afuula abamu mu bo enkobe n'embizzi, ne basinza Sitaane. Abo be balina ekifo ekibi era be basinga obubuze okuva ku kkubo eggolokofu.

قُلْ هَلْ أَنْتُمْ بِشِرِّ مِنَ ذَلِكَ  
مَنْوُوبَةً عِنْدَ اللَّهِ مِنْ لَعْنَةِ اللَّهِ وَ  
عَضِبَ عَلَيْهِ وَجَعَلَ مِنْهُمْ الْقِرَدَةَ  
وَالْخَنَازِيرَ وَعَبَدَ الطَّاغُوتِ أُولَئِكَ  
شَرٌّ مَكَانًا وَأَضَلُّ عَنْ سَوَاءِ السَّبِيلِ ٥٠

61. Bwe baba nga babajjidde (mmwe abakkiriza), bagamba nti: Tukkiriza; sso nga mazima nga bayingidde n'obutakkiriza era mazima ne bafulumá nabwo; ne Katonda amanyi ebyo bye bakweka.

وَلَا إِجَاءَ وَكَمْ قَالُوا آمَنَّا وَقَدْ خَلَوْنَا  
بِالْغَيْبِ وَهُمْ قَدْ خَرَجُوا بِهِ وَاللَّهُ  
أَعْلَمُ بِمَا كَانُوا يَكْتُمُونَ ٥١

62. N'olaba abasinga obungi mu bo nga banguyira okuyingira mu kibi ne mu bulabe ne mu kulya kwabwe enguzi. Ddala kibi nnyo ekyo kye baalinga bakola.

وَتَرَى كَثِيرًا مِنْهُمْ يُسَارِعُونَ فِي  
الْإِثْمِ وَالْعُدْوَانِ وَأَكْلِهِمُ السَّخِطَ  
لَيْسَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ٥٢

63. Singa nno babagaana bannaddiini ne bakabona ku kigambo kyabwe ekibi n'okulya kwabwe enguzi! Kibi nnyo ekyo kye bakola.

لَا يَنْهَاهُمُ الرَّبَّانِيُّونَ وَالرَّجْبَارُ  
عَنْ قَوْلِهِمُ الْإِثْمَ وَأَكْلِهِمُ السَّخِطَ  
لَيْسَ مَا كَانُوا يَصْنَعُونَ ٥٣

64. Abayudaaya ne bagamba nti: Omukono gwa Katonda mukolige. Gya-koligwa emikono gyabwe era ne bakolimirwa ku lw'ebyo bye baayogera. Ssi bwe kiri, wabula emikono Gye (Katonda) myanjulukufu gyombi.

وَقَالَتِ الْيَهُودُ يَدُ اللَّهِ مَغْلُولَةٌ  
غُلَّتْ أَيْدِيهِمْ وَلُعِنُوا بِمَا قَالُوا  
بَلْ يَدَاهُ مَبْسُوطَتَانِ يُنفِقُ كَيْفَ

sinza. Kale ngeri ki bwe muvaako ebibi ebyo ebyogeddwako.

61. Abannanfuusi mu Bannannyini Kitabo bwe bajja eri abakkiriza bayingira n'obutakkiriza era ne bafulumá nabwo.

62. Ebyo bye baakolanga ate bannaddiini baabwe n'abayizi baabwe ne batabakomako, ekyo cyali kibi nnyo ekikolwa kyabwe.

64. Abayudaaya bwe baagambibwa okugaba baagaana ne bagamba nti: Omukono gwa Katonda mukolige tagaba, sso nga emikono egyabwe gyombiriri gye mikolige. Bakodo nnyo era

Agaba nga bw'ayagala. Era mazima bijja kwongera ddala bangi mu bo, ebyo ebyassibwa gy'oli nga biva eri Katonda wo, (bijja kubongera) obubuze n'obukaafiiri. Era ne tuteeka wakati waabwe obulabe n'obukyayi okutuusa ku Lunaku lw'Okuyimirira. Buli lwonna lwe baakoleezanga omuliro gw'olutalo, nga Katonda aguzikiza. Era ne banyikira okubunyisa obwonoonefu mu nsi, sso nga Katonda tayagala boononyi.

بَشَاءٌ ۖ وَلَئِن يَدَنَّ كَثِيرًا مِنْهُمْ مَّا  
أُنزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ طُغْيَانًا وَ  
كُفْرًا ۖ وَالْقَيْنَا بَيْنَهُمُ الْعَدَاوَةَ وَ  
الْبَغْضَاءَ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ ۗ كُلَّمَا  
أَوْقَدُوا نَارَ الْحَرْبِ أَطْفَأَهَا اللَّهُ ۚ  
وَيَسْعَوْنَ فِي الْأَرْضِ فَسَادًا ۗ وَاللَّهُ  
لَا يُحِبُّ الْمُفْسِدِينَ ﴿٦٣﴾

65. Sso nga mazima singa Bannannyni Kitabo (Tauraati n'Enjiri) bakkiriza ne batya Katonda, (mazima) twandibakingirizza ebibi byabwe era twandibayingirizza ddala Ennyumba cy'e-byengera (Ejjana).

وَلَوْ أَنَّ أَهْلَ الْكِتَابِ آمَنُوا وَاتَّقَوْا  
لَكَفَّرْنَا عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَلَدْخَلْنَاهُمْ  
جَنَّاتِ النَّعِيمِ ﴿٦٥﴾

66. Era singa mazima bo baayimirizaawo Tauraati n'Enjiri, n'ebyo byonna ebyassibwa gye bali okuva eri Katonda waabwe, (ku lw'ekyo) bandiriddenga waggulu waabwe ne wansi w'ebigere byabwe. Mu bo mulimu ekjibiina ekyenkanya; n'abasinga obungi mu bo bibi nnyo ebyo bye bakola.

وَلَوْ أَنَّهُمْ آقَامُوا التَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ  
وَمَا أُنزِلَ إِلَيْهِمْ مِنْ رَبِّهِمْ لَأَكْفُؤْا  
مَنْ فَوْقَهُمْ وَمِن تَحْتِ أَرْجُلِهِمْ  
مِنْهُمْ أُمَّةٌ مُّقْتَصِدَةٌ ۗ وَكَثِيرٌ  
مِنْهُمْ سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ ﴿٦٦﴾

Katonda yabakolimirira olw'ebyo bye bayogera ku Ye. Era Katonda yagamba Nabbi Muhammad (s.a.w.) nti ebyo by'assa ku ye bijja kwongera abasinga obungi mu bo Abayudaaya obubuze n'obukafiiri ku lw'okubiwakanya n'okubirimbisa.

Na buli lwonna Abayudaaya lwe baayagalanga okulwanyisa Nabbi ne bamalirira, nga Katonda ayonoona entekateeka zaabwe. Kale engeri yaabwe kwe kutabangula ensi n'okubunyisaamu obwonoonyi.

66. Singa Abayudaaya baayimirizaawo Tauraati ne bagikozesa nga bwe balagirwa amateeka gaayo, ne batagikyusakyusa; bwe batyo n'Abakristaayo ne bayimirizaawo Enjiri na buli kyonna Katonda kye yassa ku Nabbi mu mateeka Ge; Katonda yandibagabidde ebyengera n'ayaza ebyokuluna kwabwe era ne balya waggulu ne wansi olw'obulungi bwabyo. Naye kyokka abasinga obungi mu bo tebakkiriza era tebagoberera ebyo ebiri mu Kitabo kyabwe.



67. Owange ggwe Omubaka! Tuusa ebyo ebyassibwa gy'oli nga biva eri Mukama wo, bw'onooba tokikoze, onooba to-tuukirizza bubaka Bwe. Ne Katonda ajja kukukuuma ku bantu. Mazima Katonda tayinza kulungamya kibiina ky'abatakkiriza.

68. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Abange Bannannyini Kitabo temuli ku kintu (kya bulungamu) kyonna kwe mwesigamye okutuusa lwe mu-naayimirizza wo Tauraati n'Enjiri n'e-byo ebyassibwa gye muli nga biva eri Mukama wammwe. Era bijja kwongerera ddala abasinga obungi mu bo ebyo ebyassibwa gy'oli (Ggwe Muhammadi) okuva eri Katonda wo okubula n'obukaafiiri. Kale tonakuwaliranga ekibiina ky'abatakkiriza.

69. Mazima abo abakkiriza n'abo Abayudaaya, n'Abaswab-iiuna, n'Abakristaayo — Omuntu yenna (mu bo) eyakkiriza Katonda n'Oulunaku Lw'enkomerero, n'akola n'emirimu emirongoofu — Tebalina kutya era tebali bo ba kunakuwala.

70. Mazima twatwala endagaano ku Baana ba Israeli ne tutumira gye bali abab-

يَا أَيُّهَا الرَّسُولُ بَلِّغْ مَا أُنزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ وَإِنْ لَمْ تَفْعَلْ فَمَا بَلَغْتَ رِسَالَتَهُ وَاللَّهُ يَعْصِيكَ مِنَ النَّاسِ إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ٦٧

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لَسْتُمْ عَلَى شَيْءٍ حَتَّى تُقِيمُوا التَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ وَمَا أُنزِلَ إِلَيْكُمْ مِنْ رَبِّكُمْ وَاللَّذِينَ كَثُرُوا مِنْهُمْ مِمَّا أُنزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ طُغْيَانًا وَكُفْرًا فَلَا تَأْسَ عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ٦٨

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَادُوا وَالصَّابِقُونَ وَالصَّاحِبُونَ مِنَ آمَنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَعَمِلُوا صَالِحًا فَلَا خَوْفًا عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ٦٩  
لَقَدْ أَخَذْنَا مِيثَاقَ بَنِي إِسْرَائِيلَ

67. Ggwe Muhammadi oteekwa okutuusa obubaka bwonna obutumiddwa awatali kulekayo n'akamu, singa tookikole onoobeera totuusizza bubaka kubanga okukwekako ekitundu ekimu kulinga okukweka byonna. Katonda n'amugumya nga Ye yennyini bw'ajja okumukuuma mu balabe be abaali bamwagaliza akabi, era Katonda ekyo yakituukiriza.

Ekitundu kino nga tekinnakka waalingawo abantu abakuuma Nabbi. Katonda bwe yassa ekitundu kino, Nabbi (s.a.w.) n'aggyayo omutwe gwe n'abagamba nti: Mugende abange mmwe abantu — Katonda amaze okunkuuma. Okuva olwo teyaddayo kukuumbwa.

69. Abaswabiuna, kyali ekibiina ekitasinza masanamu wabula nga kikkiriza Obw'omu bwa Katonda: kyokka nga tebalina mateeka ge bagoberera.

Abantu abaali ku ddiini eyogeddwako, oluvannyuma ne bakkiriza Nabbi ow'enkomerero, — Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'ebyo bye yajja nabyo: tebalina kutya mu bulamu obw'oluvannyuma era si ba kunakuwala.

aka. (Naye) buli bonna lwe yabajji-ranga omubaka n'ebyo bye gitayagala emyoyo gyabwe — Nga abamu babalimbisa n'abalala nga bagezaako okubatta.

71. Ne balwooza nti tewayinza kubaawo kabenje konna, kale ne baziba amaaso n'amatu. Katonda oluvannyuma n'akkiriza okwenenya kwabwe. Ate (oluvannyuma nate) ne baziba amaaso n'amatu abasinga obungi mu bo. Wabula ne Katonda Mumanyi w'ebyo byonna bye bakola.
72. Mazima baawakanya Katonda abo abagamba nti: Ddala Katonda ye Masiiha, mutabani wa Mariyamu! Sso nga Masiiha (yennyini) yagamba nti: Abange Abaana ba Israeli! Musinze Katonda, Mukama wange era Mukama wammwe. Mazima omuntu yenna agatta Katonda n'ekintu ekirala, ddala mazima yaziyiza Katonda ku ye okuyingira Ejjana. N'obuddo bwe, muliro. Era tebalina abalyazaamaanyi mutaasa.
73. Mazima baawakanya (Katonda) abo abagamba nti: Mazima Katonda wa kusatu ku basatu, sso nga tewali Katonda mulala yenna wabula Oyo Katonda Ali Omu (Omutonzi). Bwe banaaba nga tebeekomyeko kw'ebyo

وَأَرْسَلْنَا إِلَيْهِمُ رُسُلًا كَلَّمَاجَاءَهُمْ  
رَسُولٌ بِمَا لَآتَهُوْا أَنْفُسَهُمْ قَرِيْقًا  
كَذَّبُوْا وَقَرِيْقًا يَقْتُلُوْنَ ۝٦١

وَحَسِبُوْا أَلَّا تَكُوْنَ فِتْنَةٌ فَكُفُّوْا  
صَمُوْا ثُمَّ تَابَ اللهُ عَلَيْهِمْ ثُمَّ  
عَمَّوْا وَصَمُوْا كَثِيْرًا مِنْهُمْ وَاللَّهُ  
بَصِيْرٌ لِّمَا يَعْمَلُوْنَ ۝٦٢

لَقَدْ كَفَرَ الَّذِيْنَ قَالُوْا إِنَّ اللَّهَ هُوَ  
الْمَسِيْحُ ابْنُ مَرْيَمَ وَقَالَ الْمَسِيْحُ  
يَبْنِيْ اِسْرَائِيْلَ اَعْبُدُوْا اللَّهَ رَبِّيْ  
وَرَبَّكُمْ إِنَّهُ مَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ  
حَرَّمَ اللهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَمَا فِيْهَا النَّارُ  
وَمَا لِلظَّالِمِيْنَ مِنْ اَنْصَارٍ ۝٦٣

لَقَدْ كَفَرَ الَّذِيْنَ قَالُوْا إِنَّ اللَّهَ ثَالِثُ  
ثَلَاثَةٍ وَمِمَّا مِنْ اِلٰهٍ اِلٰهَةٌ وَّاحِدٌ  
وَلَا لَمْ يَتَّخِذُوْا اَعْمًا يَفْقَرُوْنَ ۝٦٤

71. Baalwoozanga nti bye bakola tebyinza kubaviiramu kabenje era ne batalaba mazima wadde n'okugawuliriza; wabula Katonda yabasonyiwa nate era ne baddamu okwonoona.

Katonda abimanyi ebyo bye bakola era wa kubavunaana. Era alaba oyo asaanira okulungamizibwa n'oyo atasaanira.

72. Okuyingira Ejjana kwaziyizibwa kw'oyo agatta Katonda n'ekintu ekirala, era oyo ayingira mu muliro. Era abantu abo tebalina mutaasa wa kubawonya kubonaabona abo abalyazaamaanyi ku lw'okussa okusinza mu kifo ekitali kyakwo, kubanga okusinziwa kweyawulidde Katonda Omutonzi.

73. Abatakkiriza nabo be bamu mu Bakristaayo abagamba nti Katonda Kitaawe, ne Katonda Mwana era ne Katonda Mwoyo Mutukuvu. Nga bagamba nti Katonda Kitaawe ye Mutonzi ate

bye bagamba bijja kukwatira ddala abo abawakanya Katonda mu bo ebibonerezo ebiruma.

74. Tebeenenya eri Katonda, ne bamwegayirira okubasonyiwa? Ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

75. Tali Masiha, mutabani wa Mariyamu, wabula Mubaka bubaka; Mazima ababaka bangi baayita oluberyeberye lwe. Ne nnyina yali mukkiriza ow'amazima. Baalinga bombiriri balya emmere (ng'abantu abalala). Tunuulira engeri bwe tubannyonyola obubonero (obulaga amazima), bw'omala otunuulire engeri gye bakyuka (okuva ku mazima).

76. Gamba Ggwe (Muhammadi) nti: Musinza ebyo ebitali Katonda — Ebyo ebitali kubaletera kabi wadde omugaso? Ne Katonda y'Awulira era Omumanyi.

77. Gamba nti: Abange Bannannyini Kitabo! Temukangulanga mu ddiini yammwe mu bitali bya mazima, era temugobereranga obwagazi bw'eki-biina ddala ekyabula okuva oluberyeberye, era ne babuza bangi okubaggya ku kkubo eggolokofu.

لَيْسَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٦٤﴾

أَفَلَا يَتُوبُونَ إِلَى اللَّهِ وَيَسْتَغْفِرُونََهُ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٦٥﴾

مَا الْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ إِلَّا رَسُولٌ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِهِ الرُّسُلُ وَأُمُّهُ صِدِّيقَةٌ كَأَنَّا بِبَحْرِنِ الصَّعَامِ أَنْظِرْ كَيْفَ نُنَبِّئُ لَهُمُ الْآيَاتِ ثُمَّ أَنْظِرْ أَنِّي يُؤْفَكُونَ ﴿٦٦﴾

قُلْ أَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَكُمْ بِمِلْكٍ لَكُمْ ضَرًّا وَلَا فِئَاءَ وَاللَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٦٧﴾

قُلْ يَا هَلْ كَتِيبَ لَا تَغْلُوا فِي دِينِكُمْ غَيْرَ الْحَقِّ وَلَا تَتَّبِعُوا أَهْوَاءَ قَوْمٍ قَدْ ضَلُّوا مِن قَبْلُ وَأَضَلُّوا كَثِيرًا وَضَلُّوا عَن سَوَاءِ السَّبِيلِ ﴿٦٨﴾

Katonda Omwana ye mununuzi, ne Katonda Mwoyo Mutukuvu y'atukuza. Ebyo byonna ebigambo bye boogera ku Issa. Katonda abiwakanya era n'abiyita bya bukafiri.

75. Ababaka abafaanana nga ye Masiha, nga nabo bwe baali abaddu ba Katonda bw'atyo naye muddu, sso ssi Katonda era ssi mwana wa Katonda. Wano Katonda yayagala okulaga nga Mariyamu ne Issa bombiriri bwe baali abantu era nga bwe bafaanana ng'abalala mu butonde bwabwe, kubanga buli muntu alya emmere. Masiha yeetaaganga emmere n'okufuluma ebweru. Bw'atyo ne nnyina, n'olw'ekyo tebateekwa kuba bakatonda wabula bantu buntu era baddu buddu ba Katonda. Kale nga ekiramu kyonna bwe kyetaaga okufuluma ebweru tekiteekwa kuba Katonda era omuntu agamba nti Masiha Katonda kuba kuva ku mazima na kwogera bigambo ebitaliiko bujulizi.

Katonda yamwawula n'amuwa obwannabbi nga Bannabbi bonna abalala, era yayawula nnyina Mariyamu n'okumuwa obukkiriza obujjuvu.

78. Baakolimirwa abo abaakaafuwala mu Baana ba Israeli, (nga bakolimirwa) ku lulimi lwa (Nabbi) Dauda ne Issa, mutabani wa Mariyamu. Ekyo (kya-bakolebwa) ku lw'ebyo bye baajeemera ne babeera nga bayisa ebikomo (by'amateeka ga Katonda).

لَعْنُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ  
عَلَى لِسَانِ دَاوُدَ وَعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ  
ذَلِكَ بِمَا عَصَوْا وَكَانُوا يَعْتَدُونَ ﴿٥٨﴾

79. Baali nga tebakomaganako ku bibi bye baakolanga. Kibi nnyo ekyo kye baakolanga.

كَانُوا لَا يَتَنَاهَوْنَ عَنْ مُنْكَرٍ فَعَلُوهُ  
لَبِئْسَ مَا كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿٥٩﴾

80. Olaba bangi mu bo nga beemalira kw'abo abaakaafuwala. Kibi nnyo ekyo kye gyabakulembereza emyoyo gyabwe: Okutuusa lwe yabasunguwalira Katonda, ne mu bibonyobonyo bo ba kubeeramu lubeerera si ba kuvaamu.

تَرَى كَثِيرًا مِنْهُمْ يَتَوَكَّنُ الَّذِينَ  
كَفَرُوا بِاللَّيْسَ مَا قَدَّمَتْ لَهُمْ أَنفُسُهُمْ  
أَنْ سَخَطَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَفِي الْعَذَابِ  
هُمُ خَالِدُونَ ﴿٦٠﴾

81. Singa baali nga bakkiriza Katonda ne Nabbi (Muhammadi), n'ebyo ebyassibwa gy'ali (Kuraane), tebandibafudde bamikwano be beemaliza. Naye mazima bangi mu bo boonoonyi.

وَلَوْ كَانُوا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالنَّبِيِّ وَمَا  
أُنزِلَ إِلَيْهِ مَا اتَّخَذُوا لَهُمْ أَوْلِيَاءَ  
لَكِنَّ كَثِيرًا مِنْهُمْ فَسِقُونَ ﴿٦١﴾

82. Ojja kusangira ddala (abayitirivu) okusinga abantu bonna obulabe eri

لَتَجِدَنَّ أَشْدَدَّ النَّاسِ عَدَاوَةً لِلَّذِينَ

77. Katonda okwogera nga bw'agambye mu aya eno kyali nti Abakristaayo baali bayitirizza okugulumiza Issa Masiha ne Nnyina ne babatuusa ne ku ddaala lya Katonda okufaanako nga Abakafiri ab'edda abaagatanga Katonda n'ebintu ebirala.

78. Baayisa ebikomo by'Amateeka ga Katonda.

79. Byali bya kivve nnyo ebyo ebikolwa byabwe eby'obujecmu n'abamu obutakoma ku bannaabwe singa babalabye nga bakoze ekibi.

N'olw'ebibi bya Bannannyini Kitabo, Nabbi Muhammadi kye yava akuutira ekibiina kye nti: Omuntu alabanga mu mwe ekibi, kirungi akiggyewo n'omukono gwe: Bw'aba nga tasobola, akiggyewo n'olulimi lwe, n'ekyo bw'aba nga takisobola akitamwe n'omwoyo gwe — n'ekyo ky'ekisinga obunafu bw'obukiriza. "Amakulu nti — eky'okutamwa n'omwoyo bwe bukkiriza obukomererayo okuba obunafu.

80. Abasinga obungi mu Baisraili, emikwano gyabwe gye basinga okwemalira be bo abakafiri abatalina ddiini.

81. Abasinga obungi mu Baisraili baajeemera amateeka ga Katonda n'Omubaka We ow'enkomerero. Muhammadi (s.a.w.): era baawukana kw'ebyo Katonda bye yassa ebiri mu Kitabo kye Ekitukuvu Kuraane.

82. Abo bakisiisi (Abakristaayo) abayigirize era abagunjufu mu ddiini n'Abasosodooti bwe

abo abakkiriza (Abasiraamu) nga be Bayudaaya n'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala. Ate ojja kusanga nga ababasinga okuba okumpi n'omukwano eri abo abakkiriza nga be bo abagamba nti: Mazima ffe tuli Banaswara (Abakristaayo): Ekyo (eky'okwagala Abasiraamu) ku lwa kubanga mazima mulimu mu bo ababuulizi (Bakisiisi) abayigirize n'Abasossodooti, kubanga mazima bo tebee-kuza.

83. Bwe baba nga bawulidde ebyo Katonda bye yassa eri Omubaka, olaba amaaso gaabwe nga gakulukuta amaziga mw'ebyo bye baamanya mu Mazima. Nga bagamba nti: Mukama waffe tukkirizza, tuwandiike awamu n'abajulizi.
84. Tulina ki ffe abatakkiriza Katonda n'ebyo Ebitujjidde mu mazima. Ate ne tululunkanira Mukama waffe Abe nga atuyingiza (mu Jjana) n'ekibiina ky'abalongoofu?
85. N'abasasula Katonda ku lw'ebyo bye baayogera — Ejjana, gikulukuta wansi waayo emigga; ba kubecera lubeerera mu yo. N'eyo y'empeera y'abalongoosa.

أَمْثَلُ الْيَهُودِ وَالَّذِينَ أَشْرَكُوا وَلَيُتَدَنَّ  
أَقْرَبَهُمْ مَوَدَّةَ الَّذِينَ آمَنُوا الَّذِينَ  
قَالُوا إِنَّا نَصَرِي ط ذَلِكَ بِأَن مِّنْهُمْ  
قَسِيصِينَ وَرَهْبَانًا وَأَكْثَمَ لَا يَسْتَكْبِرُونَ

وَإِذَا سَمِعُوا مَا أُنزِلَ إِلَى الرَّسُولِ  
تَرَىٰ أَعْيُنُهُمْ تَفِيضُ مِنَ الدَّمْعِ  
مِمَّا عَرَفُوا مِنَ الْحَقِّ يَقُولُونَ رَبَّنَا  
إِنَّمَا فَتَنَّائُنَا مَعَ الشَّاهِدِينَ

وَمَا لَنَا لَا نُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَمَا جَاءَنَا  
مِنَ الْحَقِّ وَنَطْمَعُ أَنْ يُدْخِلَنَا رَبَّنَا  
مَعَ الْقَوْمِ الصَّالِحِينَ

فَأَنبَأَهُمُ اللَّهُ بِمَا قَالُوا اجْتُمِعْتُمْ لِيَمْرَأَةٍ  
مِّنْ تَحْتِهِمَا الرَّكْهَةُ خَلِدِينَ فِيهَا  
وَذَلِكَ جَزَاءُ الْمُحْسِنِينَ

bawulira ebigambo bya Katonda bye yassa mu Kuraane nga bisomebwa, tebabinyoomoola wadde okwekuza; wabula babakkiriza okuba nga bituufu.

83. Abo aboogerwako wano be Bakristaayo abo abamu abakkiriza amazima ga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) era n'abakkiriza. Bo bayingira mu ddiini y'Obusiraamu olw'okweyagalira. Bo olw'amazima gaabwe bwe basomerwa ebyo ebiri mu bitabo byabwe ebiranga okujja kwa Nabbi, bakulukusa n'amaziga era ne bajulira n'obutuufu bw'ebyo by'azze nabyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) era ne bamukkiriza.

84. Abalongoofu be bo abagoberera Nabbi Muhammadi (s.a.w.), era bagondera amazima ne bagagoberera.

85. Ekitundu kino kyakka nga kikwata ku Bakristaayo abajja eri Nabbi nga bav: mu nsi ye Habashi (Ethiopia), nga bamaze okuwulira ebimufaako. Era bwe bawulira ku bigamba y'Ekitabo Ekitukuvu Kuraane, ne basiramuka.

86. N'abo abaakaafuwala ne balimbisa obujulizi Bwaffe, abo be bannannyini kuyingira muliro.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ  
 أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ﴿٨٦﴾

87. Abange mmwe abakkiriza! Temuzizanga ebirungi ebyo Katonda bye yatukuza gye muli, era temusukkanga amateeka. Mazima Katonda tayagala basukka mateeka Ge.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَحْمِلُوا صِيبَاتِ  
 مَا أَحَلَّ اللَّهُ لَكُمْ وَلَا تَعْتَدُوا ۗ  
 إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ الْمُعْتَدِينَ ﴿٨٧﴾

88. Mulye mw'ebyo Katonda bye yabagabira ebitukuvu ebirungi, era mutye Katonda oyo mmwe gwe mukkiriza.

وَكَوْنُوا مِمَّا رَفَقَ اللَّهُ حَلَّالِطِبَابًا  
 وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي أَنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ ﴿٨٨﴾

89. Tabavunaana Katonda ku lw'eby'o-muzannyo mu birayiro byammwe, naye abavunaana olw'ebyo (ebirayiro) bye mukakasizza mu kulayira. Omutango gwakwo kuliisa abanaku kkumi, mu yo mu makkati mw'eyo (emmere) gye muliisa abantu bammwe ab'omu maka; oba okubambaza oba okuta omuddu. N'omuntu aba tafunye kimu kw'ebyo atekwa asiibe ennakusatu. Ogwo gwe mutango gw'okulayira kwammwe bwe munaabanga mulayidde; mukuumenga ebirayiro byammwe. Bwe kityo bw'abannyonyola Katonda Obubonero Bwe, oba olyawo ne mwebaza.

لَا يَأْتِيكُمْ إِلَهُ إِلَّا اللَّهُ بِاللَّغْوِ فِي أَيْمَانِكُمْ  
 وَلَكِنْ يُؤْخَذُكُمْ بِمَا عَقَدْتُمُ  
 الْإِيمَانَ فَكُفَّارَتُهُ إِطْعَامُ عَشْرَةِ  
 مَسْكِينٍ مِنْ أَوْسَطِ مَا تَطْعَمُونَ  
 أَهْلِيكُمْ أَوْ كِسْفُكُمْ أَوْ تَحْرِيرَ رِقَبَةٍ  
 فَمَنْ لَمْ يَجِدْ فَصِيَامُ ثَلَاثَةِ أَيَّامٍ  
 ذَلِكَ كُفَّارَةُ أَيْمَانِكُمْ إِذَا حَلَفْتُمْ  
 وَاحْفَظُوا أَيْمَانَكُمْ ۗ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ  
 اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٨٩﴾

87. Aya eno etegeza nti okuziza n'okutukuza ekintu kyonna mulimu gwa Katonda Omutu-kuvu. Twali muntu yenna alina buyinza kuziza kintu Katonda kye yafuula ekirungi, oba okufuula ekintu ekitukuvu nga Katonda yakiziza.

Ensonga y'okukka kw'ekitundu kino yali nti: Waaliwo Abasiraamu ku mulembe gwa Nabbi abaali bagaanye okulya ennyama, okwambala engoye ennungi n'okuwasa olwo balyoke beemalire ku kusinza Katonda. Okwerumya okw'ekika ekyo Katonda n'akugaana.

89. Katonda tavunaana mmwe abantu na kubaweesa mutango ku kulayira okwo okw'olusaago nga temugenderedde kukakasa ebyo bye muba mulayiridde singa mubadde mumenyeeo okulayira okwo. Wabula oyo alayira n'akakasa ate n'amanya ekirayiro kye, awa omutango ogw'okumenya ekirayiro era omutango ogwo kwe kuliisa abanaku kkumi; oba okubambaza oba okuta omuddu. Omuntu yeeronderako ky'aba asiimye. Oyo atasoboddeeko n'ekimu, asiiba ennakusatu.

90. Abange mmwe abakkiriza! Mazima omwenge ne zzaala, n'amasanamu (ebifaananyi) n'obusaale (obulagula n'ebirala ng'ebyo), byenyinyalwa bya mu mirimu gya sitaane. Mubyewale oba olyawo ne mulokoka.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّمَا الْخَمْرُ وَالْمَيْسِرُ  
وَالْأَنْصَابُ وَالْأَزْمَارُ كَمُرْجَسٍ مِّنْ  
عَمَلِ الشَّيْطَانِ فَاجْتَنِبُوهُ لَعَلَّكُمْ  
تُفْلِحُونَ ﴿٩٠﴾

91. Mazima ayagala sitaane okuyingiza wakati wammwe obulabe n'okukya-wagana, mu mwenge (n'ebitamiiza ebirala) ne zzaala, era abaziyize ku kwogera ku Katonda n'okusaala. Abaffe mmwe temwekomeko?

إِنَّمَا يُرِيدُ الشَّيْطَانُ أَنْ يُوقِعَ بَيْنَكُمُ  
الْعَدَاوَةَ وَالْبَغْضَاءَ فِي الْخَمْرِ وَ  
الْمَيْسِرِ وَيُصِدَّكُمْ عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَعَنِ  
الصَّلَاةِ فَهَلْ أَنْتُمْ مُنْتَهُونَ ﴿٩١﴾

92. Mugondere Katonda era mugondere Omubaka, era mwekeke! Bwe munaa-beera nga mukyuse, mumanye nti mazima ekiri ku Mubaka Waffe kwe kutuusa (Obubaka) okweyolefu.

وَاطِيعُوا اللَّهَ وَاطِيعُوا الرَّسُولَ  
وَاحْذَرُوا فَإِن تَوَلَّيْتُمْ فَأَعْلَمُوا  
أَنَّمَا عَلَى رَسُولِنَا الْبَلَاغُ الْمُبِينُ ﴿٩٢﴾

93. Tekuli kw'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu kibi mw'ebyo bye baalya (olubereberye nga tebin-nazizibwa), bwe baba nga batya Katonda ne bakkiriza, ne bakola emirimu emirongoofu; ate era ne batya Katonda ne bakkiriza; nate era ne batya Katonda era ne balongoosa. Ne Katonda ayagala balongoosa.

لَيْسَ عَلَى الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
جُنَاحٌ فِيمَا طَعِمُوا إِذَا مَا اتَّقَوْا وَ  
آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ ثُمَّ اتَّقَوْا وَ  
آمَنُوا ثُمَّ اتَّقَوْا وَأَحْسَنُوا وَاللَّهُ  
يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿٩٣﴾

90. Ebitamiiza byonna ng'amalagala n'omwenge n'ebyo ebirala ebyogeddwako — ebikolwa ebyo sitaane by'abuza nabyo abantu.

91. Sitaane aba ayagala kuteeka wakati wammwe abantu obulabe n'okukyawagana nga bisibuka mu kutamiirukuka n'okukuba zzaala. Era engeri omwenge ne zzaala gye bitawaanya omuntu bimwerabiza Katonda we n'okusaala.

Abasiraamu abaaaliwo mu kiseera ekyo nga etteeka lino lyakajja baddamu ne bagamba nti: Tulesseeyo. Era bw'atyo buli Musiraamu owa ddala bw'agamba mu buli mulembe gwonna mw'abeera; yewwala ckintu ekiyitibwa omwenge ogwo Katonda gwe yaziza na buli kyonna ekitamiiza.

Obusiraamu nga bw'eri eddiini ekuuma ekitiibwa ky'omuntu, tekkiriza muntu kukozeza ekyo kyonna ekyonoona obuntu bwe. N'olw'ekeyo kyeva eziyiza ebitamiiza byonna.

92. Mugondere byonna Katonda n'Omubaka bye babalagira. Era temwawukana ku biragiro Bye.



94. Abange mmwe abakkiriza! Katonda wa kubagezesa ddala n'ekintu mu biyigibwa kye gikwatako emikono gyammwe n'amafumu gammwe, alyoke amanye Katonda oyo amutya awamu n'obutamulabako, n'omuntu anceyitiriza (n'asukka etteeka eryo) oluvannyuma lw'ekyo, alina ebibonyobonyo ebiruma.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَبِئْسَ مَا كُنْتُمْ تَصْنَعُونَ  
مِنَ الصَّيْدِ تَنَالُهُ آيْدِيكُمْ وَرِمْتُمُوهُ  
لِيَعْلَمَ اللَّهُ مَن يَكْفُرُ بِالْغَيْبِ ۗ فَمَن  
اعْتَدَىٰ بَعْدَ ذَلِكَ فَعَلَهُ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٩٤﴾

95. Abange mmwe abakkiriza! Temutanga ekiyigibwa nga nammwe muli mu mizizo (gya Hijja ne Umura). N'omuntu akitta mu mmwe nga agenderedde atekwa okusasula ekifaananyi ky'ekyo ky'asse mu bisolo ebirundibwa, (nga bwe) basalawo kw'ekyo abalina obwenkanya (abasajja babiri) mu mmwe nga kirabo ekituusibwa ku Kaaba; oba okutanga emmere n'aliisa abanaku, oba ekyenkanyi ky'ekyo mu kusiiba, alyoke akombe ku kabi k'ekigambo kye. Yasonyiwa Katonda ku ebyo ebakulembera: N'omuntu anaabanga addidde (okukola ekyo), Katonda agenda kumubonereza. Ne Katonda wa maanyi, Nnannyini kwesasuzza.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا ارْزُقُوا الصَّيْدَ  
أَن تَكُونَ حَرَامًا وَمَن قَتَلَهُ مِنكُم مُّتَعَدًّا  
فَجَزَاءٌ مِّثْلُ مَا قَتَلَ مِنَ النَّعَمِ  
يَحْكُمُ بِهِ ذَوَا عَدْلٍ مِّنكُمْ هَدْيًا  
بِلِغَةِ الْكُتُبَةِ أَوْ كَفَّارَةٌ لِّطَعَامِ مَسْكِينٍ  
أَوْ عَدْلٌ ذَلِكُمْ صِبَا مَالِكُودٍ وَبِالْ  
أَمْرِ عَنِ اللَّهِ عَمَّا سَلَفَ ۗ وَمَن عَادَ  
فَيَنْتَقِمِ اللَّهُ مِنْهُ وَاللَّهُ عَزِيزٌ ذُو انْتِقَامٍ ﴿٩٥﴾

96. Mukkirizibwa (okuvuba) ebivubibwa by'omu nnyanja, n'ebiriibwa byayo, nga

أَحِلَّ لَكُم مَّا فِي الْبَحْرِ وَطَعَامٌ مِّمَّا عَنِ

94. Ebisolo ebyo bijja kuba ku lusegere lwammwe nga musobola okubikwatako n'emikono gyammwe, era n'okubifumita n'amafumu gammwe singa muba mwagadde. Oyo anaasukka etteeka lino oluvannyuma lw'okutekebwa kwalyo, alina ebibonerezo ebiruma ku Lunaku Lw'enkomerero.

95. Bwe muba muyingidde mu mizizo gya Hijja temukkirizibwa kuyigga. Oyo akikola mu butanwa talina musango. Naye oyo atta ensolo ey'omu nsiko mu bugenderere efaananako n'ezo ezirundibwa, atekwa okuwa omutango ogufaanana nga ensolo cyo gy'asse. Okugeza nga abadde asse Embogo, atekwa kutanga Nte ate bw'atta Empeewo atekwa kutanga Mbuzi.

Ekyo ekiba kitangiddwa kiteekwa kisalibwe mu Haramu era kisadaakirwe abankuseere b'omu Makka. Oba omusobyi alina okugeraageranya omuwendo oguva mu kisolo kye yanditanze n'agulumu emmere n'aliisa abankuseere. Oyo atasobodde ebyo ebibiri, oyo abala (*muddu*) eziva mu mmere (abanaku be yandiriisizza n'emmere cyo) n'asiiba ennaku ezenkana n'omuwendo gw'abanakuseere abo (ezandivudde mu mmere eyo); olwo omuntu alyoke abonerezebwe olw'ekyo ky'akoze.

Byonna ebyakolebwa abantu nga etteeka lino terinnatekebwa, Katonda yabisonyiwa.

96. Mukkirizibwa okulya ebyo bye muvuba mu nnyanja nga biramu n'ebyo bye musanga nga

kya mugaso ku mmwe n'abatambuze (okubeera entanda yaabwe). Era kwa-ziyizibwa ku mmwe ebiyigibwa by'oku lukalu ebbanga lye mumala nga muli mu mizizo gya Hijja (oba Umura). Era Mutye Katonda Oyo gy'Ali gye mulikunnganyizibwa.

97. Katonda yafuula Kaaba, Ennyumba Ey'emizizo, nga kifo eky'okuyimiramu abantu, (okwo gattako) n'Emyezi Gy'emizizo (ena); N'ebisolo ebitoneddwa n'ebirambiddwa n'ebyangbiko (mu bulago nga bitwalibwa ku Nnyumba Ey'emizizo). Ekyo (yakikola) mumanye nti mazima Katonda amanyi ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo'omu nsi, era nti mazima Katonda Mumanyi ku buli kintu.
98. Mumanye nti mazima Katonda muyitirivu wa bibonerezo, era (nti) mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.
99. Tekuli ku mubaka wabula okutuukiriza (Obubaka) kyokka. Ne Katonda amanyi ebyo bye mwolesa n'ebyo bye mukweka.
100. Gamba nti: Tebyenkanankana ekibi n'ekirungi newankubadde nga bukewuunyisizza obungi bw'ekibi; kale mutye Katonda, Abange bannannyini magezi amalamu, mulyoke mulokoke.

لَكُمْ وَالسَّيَّارَةِ وَحَرَّمَ عَلَيْكُمْ صَيْدَ  
الْبَرِّ مَا دُمْتُمْ حُرُمًا وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي  
إِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٩٧﴾

جَعَلَ اللَّهُ الْكَعْبَةَ الْبَيْتَ الْحَرَامَ  
قِيَمًا لِلنَّاسِ وَالشَّهْرَ الْحَرَامَ وَالْهَدْيَ  
وَالْقَلَائِدَ ذَلِكَ لَعَلَّكُمْ تَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ  
مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَأَنَّ  
اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٩٨﴾

إِعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ وَ  
أَنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٩٩﴾  
مَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ وَاللَّهُ يَعْلَمُ  
مَا تُبْدُونَ وَمَا تَكْتُمُونَ ﴿١٠٠﴾

قُلْ لَا يَسْتَوِي الْحَبِيثُ وَالطَّيِّبُ وَلَوْ  
أَعْجَبَكَ كَثْرَةُ الْحَبِيثِ فَاتَّقُوا اللَّهَ  
يَا أُولِي الْأَلْبَابِ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿١٠١﴾

ennyanja yabiwandudde ne bifa. Kw'ebyo eby'omu nnyanja, tewali kibavunaanibwa oba muli mu mizizo gya Hijja oba nedda.

97. Katonda yafuula ekibuga Makka, omuli ennyumba Ye 'Al-Kaaba' ekifo Ekitukuvu Eky'emizizo, tekiyibwamu musaayi era omuddo gwamu tegukuulwamu. Ensalo teziyigibwa, n'emiti gyamu tegitemwa, era bwe kityo n'ekigwa ku muntu ali mu kibuga ekyo tekirondebwabw abantu akironze oyo nga agenda kukiranga.

Ebirabo ebitonerwa ennyumba ya Katonda n'Engamiya ezambikiddwa ebyambiko mu bulago, kabeere akabonero akalaga nti ekyo kirabo kya nnyumba ya Katonda.

98. Katonda abonereza oyo amujeemedde era asonyiwa oyo aba azze gy'Ali n'okwenenya.

100. Ekyo Katonda ky'akkiriza era kye yafuula ekirungi kye kisinga newankubadde nga

101. Abange mmwe abakkiriza! Temubuuzabuuzanga ku bintu (ebyo) bwe biba nga mubitegeezeddwa ebiyinzakubazibuwalira; naye bwe mubanga nga mubuuzakubyo, mu kiseera nga ekyakka Kuraane bibategeezebwa, Asonyiye Katonda ku byo, era Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَسْأَلُوا عَنَ أَشْيَاءٍ  
 إِن بُدِّلَكُم مِّن سَوْكُمْ وَإِن  
 تَسْأَلُوا عَنْهَا حِينَ يُنزَلُ الْقُرْآنُ  
 بُدِّلَكُم مِّن عَنَاءِ اللَّهِ عَلَيْهَا وَاللَّهُ  
 عَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٠١﴾

102. Mazima baabibuuzakubantu) ababakulembera oluvannyuma baakeesanga enkya ku byo nga babiwakanyakanya.

قَدْ سَأَلَهَا قَوْمٌ مِّن قَبْلِكُمْ ثُمَّ أَصْبَحُوا  
 بِهَا كَافِرِينَ ﴿١٠٢﴾

103. Tateekangawo Katonda 'Bahiiira' wadde 'Saaibat', wadde 'Wasiilat' wadde 'Haami' naye abo abakaafuwala baabigunjawo nga beesigamizakubyo, era Katonda eby'obulimbakubyo. N'abasinga obungi mu bo tebategeera.

مَا جَعَلَ اللَّهُ مِنْ بَجْرَةٍ وَلَا سَائِبَةٍ  
 وَلَا وَصِيلَةٍ وَلَا حَامٍ وَلَكِنَّ الَّذِينَ  
 كَفَرُوا يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ  
 وَكَثُرُوا لَا يَعْقِلُونَ ﴿١٠٣﴾

kitono, n'ekyo kye yazizakubakufuula ekibiki kiba kibi newankubadde nga kyewuunyisakubungi bwakyo.

101. Ebyo ebyabuuzibwakubantu) Kuraane ekyakka byabategeezebwakubantu) era n'asonyiwakubantu) abo ababibuuzakubantu) kuba olwo ayakubantu) eno yakubantu) tennakka. Kyokkakubantu) oluvannyumakubantu) okubuuzakubantu) yakugaanakubantu) kubangakubantu) kuyinzakubantu) obutavaamukubantu) birungikubantu) ku oyo abakubantu) ababuuzizakubantu).

102. Abo abaaawebwakubantu) ebitabokubantu) oluberyeberye lwammwe baabuuzangakubantu) ebyo ebitasaanycubantu) kubuuzakubantu). Ate bwe baabitegeezebwangakubantu) ne babiwakanyakubantu), sso ngakubantu) singakubantu) baalingakubantu) tebabibuuzizakubantu) tebandivunaaniddwakubantu).

103. 'Bahiiira' y'engamiyakubantu) oba ensolokubantu) endalakey'omukubantu) Makka ab'eddakubantu) gye baasalangakubantu) mu matukubantu) ngakubantu) akabonero akalagakubantu) bw'ewongeddwakubantu) balubaale baabwewakubantu). Yalinakubantu) eddembe okwetayakubantu) wonnakey'okulyakubantu) obutaalakubantu) buli w'eyagalakubantu). Ensolokubantu) eyo ngakubantu) erondebwakubantu) kumalakubantu) kuzaalakubantu) kisibokubantu) ky'abaanakey'abaanakey' esembayokubantu) nnume. Kale ngakubantu) yoyennyinikubantu) y'esalibwakubantu) ku matukubantu) oba omukubantu) ku baanakubantu) baayo (ennyana).

'Saaiba': Eyo ngamiyakubantu) enkazikubantu) oba ensajjakubantu) eyawongerwangakubantu) balubaale olwoken'eteebwakubantu) okulyakubantu) obutaalakubantu). Yawongebwangakubantu) ngakubantu) oli akomycwomirembekubantu) okuvalugendokubantu) oba ngakubantu) assuuse obulwadde. Era n'engamiyakubantu) enkazikubantu) bwe yazaalangakubantu) abaanakubantu) kkumikubantu) ngakubantu) bonnakubantu) baluusikubantu), ngakubantu) eyitibwakubantu) Saaiba.

'Wasiila'— Eyo ensolokubantu) yawongerwangakubantu) balubaale. Ensolokubantu) bwe yazaalangakubantu) abalongokubantu) (ensolokubantu) ento bbirikubantu) abasoosokubantu), eyo eyafulumangakubantu) okusookakubantu) bwe yabangakubantu) ennumekubantu) ng'eyitibwakubantu) Wasiila. kyokkakubantu) ngakubantu) ey'okubirikubantu) ecekwakubantu) kuba nduusikubantu). Ngakubantu) teyeebagalwakubantu) oba okuttibwakubantu) erakubantu) ngakubantu) eryakubantu) butaala.

'Haami' Eyo ngamiyakubantu) eyalaayibwangakubantu) ngakubantu) ebadde nnume, "muzzukulu" waayokubantu) sseddumekubantu) bwe yatuusangakubantu) okwebagalwakubantu). Obakubantu) ngamiyakubantu) enkazikubantu) yonnakubantu), yagaanibwangakubantu) okwebagalwakubantu) n'ewongerwakubantu) balubaale bwe yazaalangakubantu) abaanakubantu) kkumikubantu). Era nazokubantu) zaalyangakubantu) butaala.

104. Bwe baba nga bagambiddwa nti: Mujje eri ebye Katonda bye yassa n'eri Omubaka, bagamba: Bitumala ebyo bye twasangako bakitaffe. Abaffe! Newankubadde nga bakitaabwe baali tebamanyi kintu kyonna era nga tebasobola kulungama (bo nga bagoberera)?

105. Abanga mmwe abakkiriza! Kuli ku mmwe (okulongoosa) emyoyo gya-mmwe. Tayinza kuboonoona oyo abuze bwe muba nga mulungamye. Eri Katonda y'eri obuddo bwammwe mwenna; abategeeze ebyo bye mwali mukola.

106. Abange mmwe abakkiriza! Okujulira (okutuufu) wakati wammwe bwe kuba kusemberedde omu ku mmwe okufa, mu kiseera ky'okulizama, (kwe kujulizanga) abajulizi babiri bannannyini bwenkanya mu mmwe (Abasiraamu) oba (abajulizi) abalala babiri abatali mmwe, bwe mubeeranga mmwe nga mutambudde mu nsi, ne kabatuukako akabenje k'okufa (nga tewali Basiraamu). Mubayimirizanga (ne batavaawo) bombiriri oluvannyuma lw'esswala, ne balayira bombi mu Katonda bwe mubanga mubusabuu-

وَإِذْ أَقْبَلَ لَهُمُ تَعَالَى إِلَى مَا أَنْزَلَ  
اللَّهُ وَلى الرُّسُولِ قَالُوا حَسْبُنَا مَا  
وَجَدْنَا عَلَيْهِ آبَاءَنَا أَوْ لَوْ كَانَ  
آبَاؤُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ شَيْئًا وَلَا يَهْتَدُونَ ﴿١٠٤﴾  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا عَالِمُكُمْ أَنْفُسُكُمْ لَا  
يَصْرُكُمْ مَنْ ضَلَّ إِذَا اهْتَدَيْتُمْ  
إِلَى اللَّهِ مَرْجِعُكُمْ جَمِيعًا فَبِئْسَ لَكُمْ  
بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٠٥﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَشْهَادَةٌ بَيْنَكُمْ  
إِذَا حَضَرَ أَحَدَكُمْ الْمَوْتُ حِينَ  
الْوَصِيَّةِ اثْنَانِ ذَوَا عَدْلٍ مِنْكُمْ أَوْ  
آخَرِينَ مِنْ غَيْرِكُمْ إِنْ أَنْتُمْ ضَرَبْتُمْ  
فِي الرِّضِّ فَأَصَابَتْكُمْ مُصِيبَةُ الْمَوْتِ  
تَحْسَبُونَهُمَا مِنْ بَعْدِ الصَّلَاةِ فَتَمْسُرُ  
بِاللَّهِ إِنْ أَرْتُمْ لَأَنْتُمْ بِهِ تَمَنَّاءُ

104. Bo bannannyini Kitabo bwe baakoowoolwanga eri eddiini n'okugoberera amateeka ga Katonda nga bategeeza nga bwe banecyisa nga bakadde baabwe ne bajajjaabwe bwe beecyisanga.

Kale Katonda kwe kubabuuza ngeri ki gye bagobereramu bakadde baabwe abaali tebasobola kumanya kituufu wadde okulungama mu kkubo eggolokofu, n'oluvannyuma lw'okubajjira obulungamu?

105. Aya eno tetegeeza nti Omusiraamu omukkiriza talina buvunaanyizibwa bwa kulagira bantu kukola bulungi, n'okubagaana okukola obubi. Wabula kikakafa ku buli mukkiriza yenna bw'aba nga alabye ekibi ekikolebwa asobole okwewaayo nga bw'asobola okukiggyawo, olw'okugoberera ekiragiyo kya Nabbi (s.a.w.).

Eddiini ya Katonda yali teyinza kutereera mu nsi wabula ku lwa kwewaayo kw'abo abakkiriza okugifirira ne beewaayo nga saddaaka.

106. Abajulizi bateekwa kuva mu mmwe Abasiraamu okuggyako nga tebafunise olw'okuba singa alaama nga abadde ku lugendo. Bwe muba n'enkenyera mu mazima g'okujulira kwabwe

sizza (obujulizi bwe bawadde), nti: Tetutunda (bye tujulira) n'ebyo eby'omuwendo omutono, newankubadde nga (akaayana) abadde ow'oluganda lwaffe olw'okumpi, era tetukweka bujulizi bwa Katonda, (kubanga) mazima ffe bwe kiba bwe kityo tubeera ab'omu boonoonyi.

107. Bwe waba wagwikirizibwa ne kiba nti mazima (abajulizi) bombiriri bakakaseeko ekibi (ky'okulayirira obujulizi obukyamu) abalala babiri bayimiriranga mu kifo kya bombiriri, (nga bava) mw'abo abasinga okukakatirwako obwa nnannyini, ne balayira bombi mu Katonda, nti: Mazima obujulizi bwaffe bwe businga obukakafu okusinga obujulizi bwabwe (abaasose) era tetusussa kikomo (kuba twekengeri nti) mazima bwe kiba bwe kityo naffe tubeera mu balyazaamaanyi.

108. Ekyo kye kisinga okusembeza n'okuleeta obujulizi (obutuufu) ku ludda lwabwo, oba ne batya okuddibwamu (abalala) okulayira oluvannyuma lw'okulayira kwabwe. Kale mutye Katonda era muwulire. Ne Katonda talungama kibiina ky'abo aboononyi.

وَلَوْ كَانَ ذَا قُرْبَىٰ وَلَا نُنَاقِشُ الشَّهَادَةَ  
اللَّهِ إِنَّا إِذًا لِّلْمَنِ الْاٰتِمِيْنَ ﴿١٠٧﴾

فَإِنْ عُرِّعَ عَلَىٰ أَنَّهُمَا اسْتَحَقَّ إِثْمًا  
فَلَا خَيْرَ لِّقَوْمٍ مِّمَّا هُمَا مِنَ الَّذِينَ  
اسْتَحَقَّ عَلَيْهِمُ الْأَوْلِيَّانِ فَيَقْسِمَنَّ بِاللَّهِ  
لَشَهَادَتُنَا أَحَقُّ مِنْ شَهَادَتِهِمَا وَمَا  
اعْتَدَيْنَا لِآذَانِنَا إِذَآ لِّلْمَنِ الظَّالِمِيْنَ ﴿١٠٨﴾

ذٰلِكَ اَدْنٰى اَنْ يَّاتُوْا بِاللّٰهِ شَهَادَةً عَلٰى  
وَجْهِهَاۗ اَوْ يَخْفَوْا اَنْ تُرَدَّ اِيْمَانُكُمْ بَعْدَ  
اِيْمَانِهِمْۗ وَاتَّقُوا اللّٰهَ وَاسْمِعُوْا وَاَللّٰهُ  
لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفٰسِقِيْنَ ﴿١٠٨﴾

mubalayizenga oluvannyuma lw'okusaala. Bagamba (abajulizi) nti: "Tetuyinza kukweka bujulizi bwe tujulira ku lwa Katonda. Singa ekyo tukikola tubeera abakakaseeko ekibi eky'okubukweka."

107. Abajulizi abasoose bwe batatuukiriza bujulizi bwe baajulira nga wazuusecwo obunonero obulaga nti bakumpanya ebyo ebyabalaamirwa, olwo abajulizi abalala balondebwa ku ludda lw'omufu ne bawakanya obujulizi bw'abasoose. Bateekwa okuba nga be basinga okuba bannannyini mufu mu b'oluganda lwe. Era nabo balayira ku linnya lya Katonda.

108. Okuddamu okulayira kye kisinga okuleeta obujulizi obwa nnamaddala.

Abavvuunuzi bagamba nti etteeka lino lyakka bwe waaliwo abasajja basatu abaatambula olugendo. Mu bo mwalimu Omusiraamu nga ababiri si Basiraamu. Omusiraamu eyaliko n'afa era n'alaamira banne batuuse emmaali ye eri baganda be. Abasajja ababiri ne baggyamu ekikopo kye ekya feeza ekitoneddwa zaabu ne batakiwaayo era ne bakitunda okutuusa bannannyini mufu lwe baakikwata. Kyokka bo be baakikwata nakyo baategeeza nga bwe baali bakiguze ku basajja ababiri abaali n'oli cyafa.

Kale kyeryava etteeka lino likka okutaawulula wakati waabwe olwo ekikopo ne kiddizibwa bannannyini mufu.

109. (Mujjukire) olunaku Katonda lw'alikunngaanya ababaka, n'agamba nti: Kiki kye mwayanukulwa (okuva mu bantu)? Ne bagamba nti: Teri kumanya gye tuli. Mazima Ggwe, Gwe mumanyi ennyo w'ebye'wala ebitalabikako.
110. (Nate mujjukire) mu kiseera awo Katonda bw'aligamba nti: Owange Issa mutabani wa Mariyamu! Jjukira, ekyengera kyange kye nakugabira ggwe ne ku nnyoko; mu kiseera lwe nakuwagira ne Mwoyo Mutukuvu (Malaika Jibriilu), nga oyogera n'abantu mu buwere ne mu bukulu; Era (ojjukire) mu kiseera lwe nakuyigiriza ekitabo n'Okumanya Ensonga, ne Tauraati n'Enjiri; (ojjukire) era mu kiseera awo bwe wawumba mu ttaka ekiringa ekifaananyi ky'ennyonyi ku lw'obuyinza Bwange, n'ofuwa mu yo omukka n'eberra ennyonyi ennamu ku lw'obuyinza Bwange, n'owonya ab'empoma (abaazaalibwa nga bamuzibe) n'ab'olukeke ku lw'obuyinza Bwange; era ne mu kiseera bwe wazuukizanga abafu ku lw'obuyinza Bwange; era ne mu kiseera bwe naziyiza Abaana ba Israeli ku ggwe (obutakutta) mu kiseera bwe wabajjira n'obujulizi obwenkukunala, ne bagamba abo abaakaafuwala mu bo, nti: Tebiri bino (kiralwa kyonna) wabula eddongo eryeyolefu;
111. Era ne mu kiseera bwe natumira eri abayigirizwa bo (nga mbagamba)

يَوْمَ يَجْمَعُ اللَّهُ الرُّسُلَ يَقُولُ مَاذَا أَحْبَبْتُمْ قَالُوا لَا عِلْمَ لَنَا بِمَا آتَاكَ أَنْتَ عَلَّامُ الْغُيُوبِ ⑩

إِذْ قَالَ اللَّهُ لِعِيسَى ابْنَ مَرْيَمَ إِذْ نَزَّ نِعْمَتِي عَلَيْكَ وَعَلَىٰ وَالِدَتِكَ إِذْ أُتَيْتُكَ بِرُوحِ الْقُدُسِ مِنْ رَبِّكَ كَلِمَةً تَلْكَ فِي الْمَهْدِ وَكَهْلًا ۖ وَإِذْ عَلَّمْنَاكَ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَالتَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ ۚ وَإِذْ خَلَقْنَا مِنَ الطِّينِ لَهَيْئَةِ الطَّيْرِ بِأَذْنِي فَتَنفَخْنَاهَا فَتَكُونُ طَيْرًا بِإِذْنِي ۗ وَتُبْرِئُ الرُّكْمَةَ وَالْأَنْصَ بِأَذْنِي ۗ وَإِذْ نَخْرَجُ الْمُؤْمِنِينَ بِأَذْنِي ۗ وَإِذْ كَفَفْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ عَنْكَ إِذْ جِئْتَهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ فَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ إِنْ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُّبِينٌ ⑪

وَإِذْ أَوْحَيْتُ إِلَى الْحَوَارِيِّينَ أَنْ آمِنُوا

109. Ababaka balidda mu Katonda nti tetulina kye tumanyi okugeraageranya n'okubaawo kw'okumanya Kwo okwetoolodde buli kintu; newankubadde nga tumanyi abaatwanukula naye okumanya kwaffe kwa kungulu. Gwe omanyi ebyo ebyalinga mu mitima gyabwe (abantu be watutumako), kubanga Ggwe mumanyi w'ebye'wala ebyo ebitalabikako.

110. Jjukira ekyengera kyange mu kiseera bwe naziyiza Abaisraili abaal baagala okukutta; ekiseera bwe wabajjira n'obubaka obuva eri Katonda, ne bakulimbisa. ne baagala okukutta ne nkuwonya ne nkusitula okukutwala gyendi.

111. Tujulire ggwe Issa nga bwe tuli abagobereza b'amateeka ga Katonda.

nti: Munzikirize Nze n'Omubaka Wange, ne bagamba nti: Tukkiriza, era Julira nti mazima ffe tuli Basiraamu.

112. Era jukira mu kiseera bwe baagamba abayigirizwa ba Issa: Owange Issa, mutabani wa Mariyamu! Abaffe, asobola Mukama wo okutussiza emmeza eriko ekijjulo okuva mu ggulu? N'agamba nti: Mutye Katonda, bwe mubeera nga muli bakkiriza.

113. Ne bagamba nti: Twagala tulye ku yo, (giryoke) gitereere emitima gyaffe era tumanye nti mazima otubuulidde mazima; era tubeere ku kyo ab'omu bajulizi.

114. N'agamba, Issa mutabani wa Mariyamu: Ai Katonda, Mukama waffe! Tussize emmeza eriko ekijjulo okuva mu ggulu, kibeere olunaku lwaffe olukulu (olw'ekijaguzo), olw'abaatusooka n'abalijja oluvannyuma lwaffe, era (kabeere) akabonero akavudde gy'oli. Otugabire, naawe Ggwe Mulungi okusinga Abagabi (bonna).

115. Katonda n'agamba nti: Mazima Nze Ndi wa kukibassiza. N'omuntu anaakaafuwala oluvannyuma (lw'ekijjulo ekyo) mu mmwe, mazima nze nngenda

بني ورسولي ؑ قالوا امنا واشهد  
باكتنا مسلمون ۞

اذ قال الحواريون يعيسى ابن  
مريم هل يستطير ربك ان ينزل  
علينا ما يدره من السماء قال انقوا  
الله ان كنتم مؤمنين ۞

قالوا نريد ان تاكل منها وتطمين  
قلوبنا وتعلم ان قد صدقنا و  
نكون عليها من الشهدين ۞

قال عيسى ابن مريم اللهم ربنا  
انزل علينا ما يدره من السماء نكفون  
لنا عميد الا ولينا واخرنا واية منك  
وارزقنا وانت خير الرزقين ۞

قال الله لي منذ لها عليكم فمن  
يكفر بعد منكم فاني اعد به عذابا

112. Issa yagamba abayigirizwa be batye Katonda baleme kusaba ekyo oba olyawo ne kibaviramu akabi. Kuba omukkiriza omutuufu tasobola kusaba bya kiremuya.

113. Twagala tulye ku kijjulo ekyo tweyongere okuggwaamu akakunkuna, era tumanye nti oli wa Mazima mu byonna by'otubuulidde, era tubeere abajulizi abakujulira mu maaso g'Abaisraili. Kale Nabbi Issa bwe yamala okulaba obumalirivu bwabwe mu kwagala ebyo n'asaba Katonda, nga bwe kiri mu aya eddako — 117.

114. Olunaku ekijjulo lwe kinnakkiramu tujja kulufuula olukulu ku bantu abaliwo kati n'abo abalijja oluvannyuma lwaffe. Era kabe kabonero akalaga obuyinza Bwo. Katonda yakkiriza okusaba okwo okwa Issa era n'assa ekijjulo kye baamusaba. era n'abateerawo akalombolo, abo kano.

115. Omuntu yenna anaawakanya obuyinza bwange oluvannyuma lw'okukka kw'ekijjulo.



kumubonyabonya ebibonyobono bye ssiribonyabonya muntu n'omu mu bitonde byonna.

116. Jjukira ekiseera Katonda bw'aligamba nti: Owange Issa, mutabani wa Mariyamu! Ggwe wagamba abantu nti munfuule nze ne nnyabo bakatonda ababiri atali Katonda? (Issa) aligamba nti: Oyawulwa Ggwe! Tekiba kyange okuba nga njogera ekyo ekitali mazima. Oba nali nkyogedde ddala wandikitegedde. Omanyi ekyo ekiri mu mwoyo gwange era nze simanyi ebyo ebiri mu Ggwe. Mazima Ggwe, Gwe Mumanyi w'Ebitalabikako.

117. Ssaayogera gye bali wabula ekyo kye wandagira, nti: Musinze Katonda, Mukama wange era Mukama wammwe. Era nali ku bo omujulizi, cryo ebbanga lye namala mu bo, bwe wamala okunzigyawo (n'ontwala mu ggulu) Ggwe wali Omukuumi ku bo. Naawe Oli mujulizi ku buli kintu.

118. Bw'oba nga onoobabonereza, mazima bo baddu Bo, ate bw'oba nga onoobasonyiwa, ddala Ggwe asinga Amaanyi, Omukakasa.

119. Aligamba Katonda nti: Luno lwe Lunaku lwe ganaagasa ab'amazima

لَا أَعْبُدُ بِهِ أَحَدًا مِّنَ الْعَالَمِينَ ﴿١١٥﴾

وَلَاذُ قَالَ اللَّهُ لِعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ  
أَأَنْتَ قُلْتَ لِلنَّاسِ اتَّخِذُونِي وَأُمَّيَ  
الْهَيْئِينَ مِنْ دُونِ اللَّهِ قَالِ سُبْحَانَكَ  
مَا يَكُونُ لِي أَنْ أَقُولَ مَا لَيْسَ لِي بِ  
حِجَابٍ إِنْ كُنْتُ قُلْتُهُ فَقَدْ عَلِمْتَهُ  
تَعْلَمُ مَا فِي نَفْسِي وَلَا أَعْلَمُ مَا فِي

نَفْسِكَ إِنَّكَ أَنْتَ عَلَّامُ الْغُيُوبِ ﴿١١٦﴾

مَا قُلْتَ لَهُمْ إِلَّا مَا أَمَرْتَنِي بِهِ أَنْ  
أَعْبُدُوا اللَّهَ رَبِّي وَرَبَّكُمْ وَكُنْتُمْ  
عَلَيْهِمْ شَهِيدًا أَمَا دُمْتُ فِيهِمْ  
فَلَمَّا تَوَفَّيْتَنِي كُنْتُ أَنْتَ الرَّقِيبُ  
عَلَيْهِمْ وَأَنْتَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿١١٧﴾

إِنْ تَعُدُّ لَهُمْ فَإِنَّهُمْ عِبَادُكَ وَ  
إِنْ تَغْفِرْ لَهُمْ فَإِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ  
الْحَكِيمُ ﴿١١٨﴾

قَالَ اللَّهُ هَذَا يَوْمُ يَنْفَعُ الصَّادِقِينَ

**Nngenda** kumubonereza n'ebibonyobonyo eby'amaanyi bye sigenda kubonyabonya nabyo muntu mulala yenna.

117. Ggwe (Katonda) ekiseera we wantwalira mu ggulu gy'oli Ggwe wali abakuuma, era Ggwe wamanya ebyo bye baazuula oluvannyuma lwange.

119. Abo Abakkiriza Katonda nga bw'ali Omu be balyogerwako nga ab'Amazima ku lunaku

amazima gaabwe, balina Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) egikulukutira wansi waayo emigga, nga ba kubeera lubeerera mu yo emirembe n'emirembe, Katonda yabasiima bo nabo ne bamusiima Ye. Okwo kwe kwesiima okunene.

120. Bwa Katonda Obufuzi bw'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri mu zo, naye Muyinza ku buli kintu.

صَدُّهُمْ لَهُمْ جَنَّتْ تَجْرِي مِنْ  
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا  
رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ ذَلِكَ  
الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١١٩﴾

لِلَّهِ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا  
بَيْنَهُنَّ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٢٠﴾

Lw'enkomerero. Katonda alisiima emirimu gyabwe emirungi nabo ne bamusiima olw'okubagabira ebyengera — ne beesiima mu ngeri etenkanika kwesiima kulala kwonna.


120. Ye Mutonzi wa buli kintu kyonna, era byonna biri mu bufuzi Bwe, talina muzadde era talina mwana. Era tewali Katonda mulala atali Ye. Yeeyawudde mu Bwakatonda Bwe.

## EBIFA KU SSUULA AL-AN'AAM MU BUFUNZE (6)

Essuula eno cyitibwa Al-An'aam (Ente) okusinzira ku aya 136, 138 ne 139, ente mwe zoogererwako ng'eddiini y'Obusiraamu evumirira obuzizozizo n'obulombolombo obw'ekinnansi Abawarabu abakafiiri bye bagobereranga. Eno y'emu ku ssuula empanvu ezakira e Makka, nga kumpi yonna yakka omulundi gumu. Erina Aya 165.

Essuula eno essira esinze kulissa ku kwogera ku bikolo ebikulu eby'eddiini y'Obusiraamu ebitali bimu era yo teriimu bikwata ku mateeka. By'eyogerako ebikulu kwe kuvumirira okugatta ku Katonda ebintu ebirala n'okukubiriza abantu bakkirize Obwomu bwa Katonda, era eyogera ku kubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma n'Obwannabbi wamu n'okulaga emigaso gy'okukkiriza ebyo mu bulamu. Kw'ebyo kwe kutwalirwa okuvumirira enzikiriza ensobu ez'abatakkiriza kubaayo kwa Bulamu obwo n'okuvumirira obusosososo n'emizizozizo bye baalina ebitaliimu nsa. Era mulimu okuyigiriza emisingi egy'ennono okwesigamirwa ebyo eby'omugaso ennyo mu kunyweza eddiini mu Basiraamu. Evumirira n'esambajja endowooza enkyamu abalabe ba Nabbi ze baamulinako wamu n'obubaka bwe. Essuula eno, era mulimu okugumya Nabbi n'okumuzzaamu amaanyi n'abagoberezi be, abaali baweddemu essuubi n'obuvumu olw'ebizibu ebya buli kika ebyali bibeetoolodde. Ate ne mubaamu okulabula n'okutiisa abatakkiriza n'abalabe b'Obusiraamu, okuleka ebikolwa ebibi n'okwekuluntanza. Essuula eno eyigiriza Nnabbi engeri gy'anaabuuliramu obubaka bwe mu mbeera ez'ekintabuli.

Ekomekerezza nga Katonda ategeeza nga bwe yasitula amadaala g'abantu abamu ne gasinga ku ga bannaabwe alyoke abagezese ku lw'ebyo by'abawadde.



## ESSUULA AL-AN'AAMI (6)

Yakkira Makka: Erina ebitundu 20 ne Aya 165.

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
ow'Ekisa Ekingi.*

1. Buli kitendo kya Katonda, Oyo eyatonda eggulu n'ensi, n'ateekawo ebizikiza n'ekitangaala. Nate oluvannyuma abo abawakanya benkanyankanya ebintu ebirala ku Mukama waabwe.
2. Era Ye y'Oyo eyabatonda mu ttaka, oluvannyuma n'amala (okugereka) entuuko za buli muntu. N'ebbanga (eddala) eggere liri w'Ali; Oluvannyuma era mmwe mubusabuusa!
3. Naye Ye Katonda mu ggulu ne mu nsi amanyi ebyama byammwe n'olwatu lwammwe (bye mwogera) era amanyi ebyo (byonna) bye mukola.
4. Tebwabajjiranga obubonero mu bubonero bwa Katonda waabwe, wabula baalinga babwawukanako.
5. Mazima baalimbisa amazima bwe gaamala okubajjira: Kyaddaaki kulibajjira okutegeezebwa ebyo bye baali bajeeja.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ۝

الْحَمْدُ لِلّٰهِ الَّذِیْ خَلَقَ السَّمٰوٰتِ وَ  
الْاَرْضَ وَجَعَلَ الظُّلُمٰتِ وَالنُّوْرَ  
ثُمَّ الَّذِیْنَ كَفَرُوْا بِرَبِّهِمْ یَعِدُوْنَ ①

هُوَ الَّذِیْ خَلَقَكُمْ مِنْ طِیْنٍ ثُمَّ قَضٰی  
اَجَلًا وَّ اَجَلَ مَسْمٰی عِنْدَهُ ثُمَّ  
اَنْتُمْ تَمْتَرُوْنَ ②

وَهُوَ اللّٰهُ فِی السَّمٰوٰتِ وَفِی الْاَرْضِ  
یَعْلَمُ سِرَّكُمْ وَجَهْرَكُمْ وَیَعْلَمُ مَا  
تَكْسِبُوْنَ ③

وَمَا تَاْتِیْهِمْ مِنْ اٰیَةٍ مِنْ اٰیٰتِ رَبِّهِمْ  
اِلَّا كَانُوْا عَنْهَا مُعْرِضِیْنَ ④

فَقَدْ كَذَّبُوْا بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ  
فَسَوْفَ یَاْتِیْهِمْ اَنْبَاؤُ مَا كَانُوْا  
یَسْتَمْتِرُوْنَ ⑤

2. Oluvannyuma lw'okutonda ebitonde. Katonda buli kintu yakigerera ebbanga lyakyo mwe kirifira. era nga Ye y'alimanyi.

Ate abantu bo babuusabuusa okubaaawo kw'Olunaku Lw'enkomerero.

3. Oluvannyuma lw'okubalaga obujulizi obulaga Obwomu bw. Katonda n'amazima g'ababaka. baabyawukanangako ne batabikkiriza.

6. Tebalaba emirembe emeka gye twazikiriza oluberyeberye lwabwe? Egyo (egy'abo) be twali tutebenkezeza mu nsi eyo engeri gye tutabatebenkezezaamu mmwe, ne tubaweereza eggulu (ebire) okubatonnyeseza nnamungi w'enkuba, ne tufuula emigga egikulukuta wansi waabwe. (Wabula ate) ne tubazikiriza ku lw'ebibi byabwe, ne tusibulawo oluvannyuma lwabwe omulembe gw'abalala.

الْمَيْرُ وَأَكْمَاهُ لَنَا مِنْ قَبْلِهِمْ مِّنْ  
قَرْنٍ مَّا كُنْتُمْ فِي الْأَرْضِ مَالِكُ الْمُكْرَمِ  
لَكُمْ وَأَرْسَلْنَا السَّمَاءَ عَلَيْهِمْ مِدْرَارًا  
وَجَعَلْنَا الْأَنْهَارَ تَجْرِيًا مِنْ تَحْتِهِمْ  
فَآهَلِكْنَاهُمْ يَوْمَهُمْ وَأَنْشَأْنَا مِنْ  
بَعْدِهِمْ قَرْنًا آخَرِينَ ①

7. Singa twassa ku ggwe (Muhammadi) ekitabo (kyennyini) ekiri mu mpapula, ne bakikwatako n'emikono gyaabwe bandigambye abo abaakaafuwala: Tekiri kino, wabula eddogo eryeyolefu!

وَلَوْ نَزَّلْنَا عَلَيْكَ كِتَابًا فِي قُرْطَابٍ  
فَلَمَسُوهُ بِأَيْدِيهِمْ لَقَالِ الَّذِينَ  
كُفَرُوا إِنْ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُّؤْتَمِنٌ ②

8. Ne bagamba nti: Singa kussibwa ku ye malaika (atukakase amazima ge). Naye singa twassa malaika kyandigweereddewo ekigambo, oluvannyuma ne batalindirizibwako kaagaanya.

وَقَالُوا لَوْلَا أُنزِلَ عَلَيْهِ مَلَكٌ  
وَلَوْ نَزَّلْنَا مَلَكًا لَقُضِيَ الْأَمْرُ ثُمَّ لَا  
يَنْظُرُونَ ③

9. Singa (Omubaka) twamufuula malaika twandimufudde (Malaika oyo nga musajja; era kyandibatubudde ekyo ekibatubala.

وَلَوْ جَعَلْنَاهُ مَلَكًا لَجَعَلْنَاهُ رَجُلًا  
وَلَلْبَشَانَا عَلَيْهِمْ مَا يَلْبَسُونَ ④

10. Era mazima baajeejebwa ababaka (bonna) abajja oluberyeberye lwo; (naye mu nkomerero) ne bikka kw'abo abaabanyoomanga mu bo ebyo bye baalinga bajeeja.

وَلَقَدْ أَسْتَهْزِئُ بِرُسُلٍ مِّنْ قَبْلِكَ فَخَاقَ  
بِالَّذِينَ يَسْتَهْزِئُونَ مِمَّنْ مَّا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِئُونَ ⑤

8. Singa yakka Malaika nga abakafiri b'omu Makka bwe baakisaba, yandizze na bibonyobonyo era bandizikirizibwa kibwaturira awatali kulindirizibwa.

9. Singa Katonda vatuma Malaika n'aba Omubaka, era yandimutadde mu kifaananyi kya muntu alyoke asohole okwogeranya nabo wamu n'okumuyigako. Kale era banditabuddwa ne balema okumukkiriza nga bwe batabuddwa ne balema okukkiriza omubaka atumiddwa gye bali ng'ava mu bantu.

10. Katonda yassa ebibonerezo kw'abo abaajeejanga Bannabbi n'okubalimbisa. Era bwe batyo n'abo abaalimbisa Nabbi (s.a.w.) n'okumujeeja, Katonda asobola okussa ebibonerezo ku bo. Kale aya eno yali egumya Nabbi (s.a.w.) obuteeraliikirira olw'okulimbisibwa n'okujeejebwa.

11. Gamba nti: Mutambule mu nsi, Oluvannyuma mutunuulire engeri bwe yali enkomerero y'abaalimbisa (Ababaka)!
12. Gamba nti: By'ani ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi? Gamba nti: Bya Katonda. Yawandiika ku mwoyo gwe okusaasira, agenda kubakunngaanyiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira, temuli kubuusabuusa mu kyo. Abo abaa-faafaaganirwa emyoyo gyabwe tebagenda kukkiriza.
13. Bibye ebyo ebisiriikirira mu kiro n'emisana. Naye Awulira, era Mumanyi wa byonna.
14. Gamba nti: Atali Katonda gwe mba nfuula Omukuumi (ankuuma), Oyo Omutonzi w'eggulu n'ensi, naye nga y'aliisa nga Ye taliisibwa? Gamba nti: Mazima nze nalagirwa okubeera asooka mu abo abeewaana (ewa Katonda mu Busiraamu). Era (ne nngambibwa nti): Tobeeranga ddala mw'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala.
15. Gamba nti: Mazima nze ntya, bwe mba nga njeemedde Mukama wange,

قُلْ سِيرُوا فِي الْأَرْضِ ثُمَّ انظُرُوا  
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكَذِّبِينَ ⑪

قُلْ لِمَن مَّا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ قُلْ  
لِلَّهِ كَتَبَ عَلَى نَفْسِهِ الرَّحْمَةَ لِيَجْزِيَ  
رَبُّهُمُ الْيَوْمَ الْقِيَامَةَ لِكُلِّ رَيْبٍ فِيهِ الَّذِينَ  
خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ فَهُمْ لَا يَتُوبُونَ ⑫

وَلَهُ مَا سَكَنَ فِي الْإِيلِ وَالنَّهَارِ وَهُوَ  
السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ⑬

قُلْ أَعْبُدُوا اللَّهَ أَلْتَأْتُوا فَاطِمَةَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ وَهُوَ يُطْعِمُهُمْ وَلَا يُعْطَمُ قُلْ  
إِنِّي أُمِرْتُ أَنْ أَكُونَ أَوَّلَ مَنْ أَسْلَمَ  
وَلَا أَكُونَ مِنَ الْمُسْرِكِينَ ⑭

قُلْ إِنِّي أَخَافُ إِنْ عَصَيْتُ رَبِّي

11. Mulwooze mu myoyo gammwe mulabe Katonda bwe yabonerezaamu abo abaalimbisanga Bannabbi Be mu miremba egyayita — bonna yabazikiriza.

12. Yeekakasaako Katonda Ye kennyini okusaasira ebitonde Bye, nga Nabbi (s.a.w.) bwe yagamba nti:

“Mazima Katonda bwe yamala okutonda ebitonde n'awandiika ekiwandiiko w'Ali, waggulu wa 'Arushi' nti: Mazima okusaasira kwange kusinga obusungu bwange”.

Ne Nabbi (s.a.w.) yakubiriza abantu b'ekibiina kye okusaasira, n'agamba nti: “Abasaasizi Katonda Omusaasizi abasaasira. Saasira abali mu ns. kuba ajja kubasaasira Oyo ali mu ggulu”. Era yagamba nti: “Oyo asaasira naye asaasirwa”.

Era n'ebibalibwa mu kusaasira kwa Katonda kwe kukunngaanya ebitonde byonna mu kifo ekimu oluvannyuma lw'okuzuukira alyoke abale emirimu gyabwe, era abasasule empeera y'emirimu egyo.

13. Ebitonde byonna bitonde bya Katonda, era n'abantu bonna baddu Be era y'ayimiridde n'okulabirira ebitonde Bye. Tewali Katonda mulala wabula Ye Yekka. Awulira ebigambo byabwe era amanyi ebikolwa byabwe byonna.

14. Yagamba Nabbi (s.a.w.) nti: “Sisobola kufuula mulala yenna mukuumi wange, wabula Katonda Yekka Oyo Omutonzi era Omugabi agabira ebitonde Bye ebyokulya nga Ye talina kye yeetaaga. Era yagamba nti: “Katonda yandagira okubeera asooka okukkiriza kubanga buli Nabbi y'ateekwa okusooka okukkiriza alyoke akoowoole abantu okujja eri ekyo ky'amaze okukkiriza.

ebibonyobonyo by'oku lunaku olu-  
nene (olw'okuzuukira).

16. Omuntu alibigibwako (ebibonyo-  
bonyo) ku lunaku olwo mazima (Kato-  
nda) aliba amusaasidde; n'okwo kwe  
kwesiima okweyolefu.
17. Bw'aba nga Katonda akutuusizzaako  
akabi, tewali akaggyawo wabula Ye;  
era bw'aba nga akutuusizzaako obu-  
lungi (tewali abuziyiza); Naye ku buli  
kintu Muyinza!

18. Naye, Ye Mukasi ali waggulu w'abaddu  
Be; Naye ye Mukakasa, Omumanyi  
w'ebyama.

19. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Ki-  
riwa ekintu ekisinga obunene mu  
bujulizi? Gamba nti: Katonda ye Mujuli-  
zi wakati wange nammwe. Ewee-  
rezedwa gyendi eno Kuraane, ndyoke  
mbalabule nayo, n'omuntu yenna  
gw'eba etuuseeko. Mazima mmwe  
mujulira nti ddala waliwo awamu ne  
Katonda Omutonzi bakatonda abala-  
ala? Gamba nti: Nze sijulira! Gamba  
nti: Mazima ddala Ye Katonda Ali  
Omu. Ddala nze njawukanye n'ebyo  
bye mumugattako.

عَدَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ⑮

مَنْ يُصِرْ فَعِنْدَ يَوْمٍ فَقَدْ  
رَحِمَهُ ۖ وَذَلِكَ الْفَوْزُ السَّيِّئُ ⑭

وَإِنْ يَتَسَنَّكَ اللَّهُ بِضُرٍّ فَلَا كَاشِفَ  
لَهُ إِلَّا هُوَ ۖ وَإِنْ يَتَسَنَّكَ بِخَيْرٍ  
فَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ⑮

وَهُوَ الْقَاهِرُ فَوْقَ عِبَادِهِ ۖ وَهُوَ  
الْحَكِيمُ الْحَمِيدُ ⑮

قُلْ أَيُّ شَيْءٍ أَكْبَرُ شَهَادَةً ۗ قُلِ اللَّهُ  
شَهِيدٌ بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ وَأُوحِيَ إِلَيَّ  
هَذَا الْقُرْآنُ لِأُنذِرَكُمْ بِهِ وَمَنْ  
بَلَغَ أَهْلُكُمْ لَتَشْهَدُوا أَنَّ مَعَهُ  
اللَّهُ إِلَهًا آخَرًا قُلْ لَا أَشْهَدُ  
قُلْ إِنَّمَا هُوَ إِلَهُ الْوَاحِدُ وَإِنِّي  
بِرَبِّي مُسْلِمٌ ⑮

16. Oyo alisonyiyibwa ebibonerezo ku Lunaku Lw'okuzuukira, Katonda aliba amusaasidde.
17. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yalinga asaba yagamba nti: "Tewali aziyiza ekyo. ky'oba ogabye, era tewali agaba ekyo ky'oba oziyizizza. Tagasa omugagga, gy'oli y'eva obugagga!"
18. Amanyi oyo asaanira okuweebwa n'oyo asaanira okummibwa.
19. Kintu ki ekisinga okuba n'obujulizi obunene obumenyayo byonna? Katonda kwe kulagira Nabbi abategeeze nga obujulizi Bwe (Katonda), bwe buli obunene okusinga obujulizi bwonna. (Nabbi agamba: "Ye (Katonda) amanyi ebyo bye ntumiddwa era n'ebyo bye mugamba mmwe abantu."  
"Mbalabula ne Kuraane ebibonerezo bya Katonda singa munaaba temukkiriza." Era Nabbi atiisa nayo omuntu oyo gw'eba etuuseeko Kuraane n'agitegeera. Buli yenna gw'eba etuuseeko mu lulimi lwe n'ategeera ebimiru, bubeera obujulizi obumussisaako omusango singa abanga tagigoberedde.  
"Nze (Nabbi) sisobola kujulira ekyo eky'okubaaawo bakatonda abangi okusukka ku Katonda Omutonzi."



20. Abo be twawa Ekitabo bamumanyi (Nabbi Muhammadi) nga bwe bamanyi abaana baabwe. Abo abaafaafaaganirwa emyoyo gyabwe nabo tebakiriza.

الَّذِينَ آتَيْنَاهُمُ الْكِتَابَ يَعْرِفُونَهُ  
كَمَا يَعْرِفُونَ آبَاءَهُمْ الَّذِينَ خَسِرُوا  
أَنْفُسَهُمْ فَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٢٠﴾

21. Era aniasinga obulyazaamaanyi okusinga omuntu azuula ku Katonda obulimba oba n'alimbisa Obubonero Bwe? Mazima abalyazaamaanyi tebagenda kulokoka.

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ  
كَذِبًا أَوْ كَذَّبَ بِآيَاتِهِ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ  
الظَّالِمُونَ ﴿٢١﴾

22. Ne ku lunaku lwe tulibakunngaanya bonna, oluvannyuma ne tugamba eri abo abaagatta Katonda n'ebintu ebirala; (kati) baliwa bannammwe abo be mwalinga mukakasa nti nabo bakatonda?

وَيَوْمَ نَحْشُرُهُمْ جَمِيعًا ثُمَّ نَقُولُ  
لِلَّذِينَ أَشْرَكُوا آيِنَ شُرَكَائِكُمْ  
الَّذِينَ كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ ﴿٢٢﴾

23. Oluvannyuma tebaliba na kyakwewozaako kyabwe wabula baligamba: Tulayira Katonda, Mukama waffe, tetubeeranga bagatta Katonda na bintu birala.

ثُمَّ لَمْ تَكُنْ فِتْنَتِهِمْ إِلَّا أَنْ قَالُوا  
اللَّهُ رَبُّنَا مَا كُنَّا مُشْرِكِينَ ﴿٢٣﴾

24. Tunuulira engeri gye balimbisa emyoyo gyabwe! Era biribabulako ebyo bye baali nga bagunjawo.

أَنْظُرْ كَيْفَ كَذَّبُوا عَلَىٰ أَنْفُسِهِمْ  
وَضَلَّ عَنْهُمْ مَأْكَلُ أَنْوَا  
يَقْتَرُونَ ﴿٢٤﴾

25. Ne mu bo mulimu abawuliriza gy'oli, wabula ne tuteeka ku mitima gyabwe

وَمِنْهُمْ مَن يَسْتَمِعُ إِلَيْكَ وَجَعَلْنَا

20. Tebakiriza mazima g'ebyo bye bamaze okumanya amazima gaabyo.

21. Abo abagunjawo obulimba ku Katonda ne batakkiriza Bannabbi Be, n'obubonero Bwe, tebagenda kulokoka.

22. Abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala mu kiseera ky'okubuzibwa ku lunaku lw'enkomerero, balyegaana mu maaso ga Katonda ne bakakasa nga bwe batagattanga ku Ye kintu kirala kyonna.

23. Beelimbanga mu myoyo gyabwe mu kiseera bwe baagatta Katonda n'ebintu ebirala nga balowooza nti amasanamu ge baasinzanga gagenda kubawolereza mu maaso ga Katonda. Wabula bijja kubaabulira ku lunaku lw'okuyimirizibwa mu maaso ga Katonda, ebyo bye baagunjawo nga balimba.

24. Mu batakkiriza abo abasinzanga ebifaananyi, mulimu abo abeevuula abawuliriza eri

ekibikka baleme okubitegeera (ebiri mu Kitabo Kuraane), ne mu matu gaabwe mulimu ebigaggalidde. Era bwe baba nga balabye buli kabonero konna tebakakkiriza; okutuusa lwe baba nga bakujjidde ne bakukaayanya; nga bagamba abo abaakaafuwala nti: Tebiri bino, wabula nfumo z'abaasooka.

26. Nabo bagaana abantu (abalala) okujja gy'ali era nabo ne bamwesamba; tebazikiriza wabula mhyoyo gyabwe, naye tebategeera.

27. Singa oliraba mu kiseera nga bayimirizibwa ku Muliro (nga bawanjaga) bwe bagamba nti: Abange ffe, singa tuzizzibwayo (ku nsi)! Ne tutalimbisa Bubonero bwa Mukama waffe, (wabula) ne tubeera ab'omu bakkiriza!.

28. Wabula byeyolese gye bali ebyo bye baalinga bakweka oluberyeberye. Wabula ne bwe baalizzibwayo (ku nsi) bandizzeeyo kw'ekyo ekyabagaanibwa, era Mazima bo balimba.

29. Ne bagamba nti: Tebuliyo obwo obulamu (obulala) wabula obulamu bwaffe (buno) obw'ensi, era tetuli ffe ba kuzuukira.

عَلَى قُلُوبِهِمْ أَكِنَّةٌ أَنْ يَفْقَهُوهُ وَفِي  
أَذَانِهِمْ وَقْرًا وَإِنْ يَرَوْا كَلِمًا  
لَا يُؤْمِنُ بِهَا حَتَّىٰ إِذَا جَاءَهُمْ  
يُجَادِلُونَكَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ  
هَذَا إِلَّا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٢٥﴾

وَهُمْ يَهْمُونَ عَنْهُ وَيَتَنَوَّنَ عَنْهُ  
وَإِنْ يُهْلِكُونَ إِلَّا أَنفُسَهُمْ وَمَا  
يَشْعُرُونَ ﴿٢٦﴾

وَلَوْ تَرَىٰ إِذْ وَقَعُوا عَلَى النَّارِ فَمَا لَوْ  
يَلِيْتَنَّا نَرْدُهُمْ وَلَا تُكْدِبُ رَبَّنَا  
وَكَفُونٍ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٧﴾

بَلْ بَدَّ لَهُمْ مَا كَانُوا يُخْفُونَ مِنْ  
قَبْلُ ۗ وَلَوْ رُدُّوا لَعَادُوا لِمَا نُهُوا  
عَنْهُ وَإِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٢٨﴾

وَقَالُوا لَإِنْ هِيَ إِلَّا حَيَاتُنَا الدُّنْيَا  
وَمَا نَحْنُ بِمَبْعُوثِينَ ﴿٢٩﴾

chigambo bya Nabbi (s.a.w.) nga ayogera oba nga asoma, wabula tebakkiriza wadde nga balabye obubonero obwa buli ngeri obulaga amazima ge (Nabbi) n'obubaka bwe. Era bawakanya ne bagamba nti ebyo Muhammadi by'azze nabyo (byayogera ebiri mu Kuraane) byaggyibwa mi bitabo by'enfumo z'abedda abaasooka.

26. Awamu n'okugaana abantu okugoberera Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'eyo Kuraane, ate nabo bamwesamba era nayo ne bagyesamba.

27. Abakafiiri bajja kwegomba okuzizibwa ku nsi balyoke bakole ebirungi, era balyoke bakkirize ebigambo by'abakaba ba Katonda ebyo bye baalimbisanga, kyokka nga tekikyasoboka.

28. Bo abakafiiri balimba mu kugamba kwabwe nti tuzizzibwayo ku nsi tukkirize: Kubanga ne bwe kyandisobose okubazzaayo era bandiddidde obukafiiri bwabwe obwabagaanibwa.

29. Bagamba kuno ku nsi nga bawakanya okuzuukira nti: "Tewali bulamu bulala okuggyako buno bwokka bwe tulina kuno ku nsi; era tewali kuzuukira."

30. Era singa oliraba mu kiseera nga bayimirizibwa mu maaso ga Mukama waabwe! N'agamba nti: Tekiri kino nga mazima? Ne bagamba nti: Yee, bwe kiri, tulayidde Mukama waffe! n'agamba (Katonda) nti: Kale mukombe ku bibonyobonyo ku lw'ebyo bye mwalinga muwakanya.

وَلَوْ تَرَىٰ إِذُوقُوا عَلَىٰ رَبِّهِمْ قَالَ  
أَلَيْسَ هَذَا بِالْحَقِّ قَالُوا بَلَىٰ وَرَبِّنَا  
قَالَ فَذُوقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنتُمْ  
تَكْفُرُونَ ﴿٦٠﴾

31. Mazima baafaafaaganirwa abo abaalimbisa okusisinkana ne Katonda, okutuusa lwe kiriba nga kibajjidde ekiseera (ky'olunaku lw'oluvannyuma) ekibwatukira, baligamba nti: Abange okwejjusa kwaffe, kw'ebyo bye twayitiriza mu yo (mu bulamu bw'ensi)! Nga nabo beetikka ebibi byabwe ku migongo gyabwe. Abange, bibi nnyo ebyo bye baakola!

قَدْ خَسِرَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِلِقَاءِ اللَّهِ  
حَتَّىٰ إِذَا جَاءَهُمُ السَّاعَةُ بَغْتَةً قَالُوا  
يَحْسِرْنَا عَلَىٰ مَا فَرَّطْنَا فِيهَا وَهُمْ  
يَحْمِلُونَ أَوْزَارَهُمْ عَلَىٰ ظُهُورِهِمْ  
إِلَّا سَاءَ مَا يَزُرُونَ ﴿٦١﴾

32. Tebuli obulamumu bw'ensi wabula muzannyo na binyumu. N'ennyumba ey'enkomerero y'ennungi ddala esinga eri abo abatya Katonda. Abaffe temutegeera?

وَمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا لَعِبٌ وَهُوَ  
وَلَكِنَّ الْأَخْرَاقَ خَيْرٌ لِلَّذِينَ يَتَّقُونَ  
أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٦٢﴾

33. Mazima tumanyi nti ddala bikwenyamiza ebyo bye boogera (sso nga) mu mazima bo tebakulimbisa (Ggwe Muhammadi) naye mazima abalyazaamaanyi obubonero bwa Katonda bwe bawakanya.

قَدْ نَعْلَمُ إِنَّهُ لَيَحْزُنُكَ الَّذِي يَقُولُونَ  
فَأَلْهَمُوا لِيكُنَّ بِوَنِكَ وَلَكِنَّ الظَّالِمِينَ  
بِآيَاتِ اللَّهِ يَسْحَدُونَ ﴿٦٣﴾

34. Mazima baalimbisibwa Ababaka abakukulemba, wabula ne bagumiikiriza kw'ebyo bye baalimbisibwanganu, n'okunakuwazibwa okutuusa lwe kwabajjiranga okutaasa Kwaffe. Tewali mukyusa ku bigambo

وَلَقَدْ كَذَّبْتَ رَسُولًا مِّن قَبْلِكَ فَصَبْرًا  
عَلَىٰ مَا كُذِّبُوا وَادْوَأْحَىٰ أَتَهُمْ  
نَصْرًا وَلَا مَبْدَلَ لِكَلِمَاتِ اللَّهِ وَلَقَدْ

30. Katonda alibabuuza nga bayimirizibwa w'Ali, oba okuzuukira si kwa mazima ku nsi.

31. Abalyazaamaanyi tefufumiitiriza mu bulimba bwabwe, naye bawakanya buwakanya ebyo, ne bye bategedde amazima gaabyo.

34. Ggwe Muhammadi, wategeezebwa dda ku byafaayo by'ababaka abakusooka nga abaka-

bya Katonda (bye yasalawo). Mazima byakujjira ebimu ku bigambo (ebya-faayo) by'ababaka.

35. Ne bwe kuba nga kunene ku ggwe (kukuzitooweredde) okwawukana kwabwe, bw'oba nga osobodde oku-noonya omuwulukwa mu ttaka oba amadaala (okulinnya) mu ggulu obaleetere Akabonero (kikole). Singa yayagala Katonda yandibagasse (bonna awamu) ku bulungamu! N'olw'ekyo tobeeranga ow'omu batamanyi!.

36. Mazima baanukula abo abawulira. N'abafu Katonda alibazuukiza; nate oluvannyuma gy'Ali gye balidda.

37. Ne bagamba nti singa kussibwa ku ye (Muhammadi) ekyamagero nga kiva eri Mukama we. Gamba nti: Mazima Katonda muyinza ku kussa ekyamagero (akabonero). Naye abasinga obungi tebamanyi.

38. Tewali mu bitambula (ebiramu) mu nsi, wadde ennyonyi ebuuka n'ebiwawaatiro byayo, wabula bibiina ebifaanana nga mmwe. Tetwalekayo mu Kitabo kintu kyonna. N'oluvannyuma eri Katonda waabwe gye balikunganyizibwa.

fiiri bwe baabanakuwaza. Era wamanya nga Katonda bwe yabataasa ku balabe baabwe, kale naawe bw'ajja okukutaasa.

35. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yayagalanga nnyo abantu bonna balunggame. Ne Katonda kwe kumutegeza nti singa Yc yennyini Katonda yakyagala yandibadde abalunggame bonna, naye si bwe kyali.

36. Abo abawulira okukoowoola kwo ne bakutegeera be bakkiriza. Naye abo abatawulira abo abaafa emitima gyabwe ne bagaana okukkiriza, Katonda agenda kubazuukiza ku Lunaku Lw'oku-zuukira abalamule.

37. Obubonero bungi bubeetoolodde abatakkiriza naye tebategeera, kale singa Katonda asa ekyamagero nga bwe basabye nate ne batakkiriza, yandibayanguyiriza ebibonerezo mu kiseera kyo awatali kubalindiriza.

جَاءَ لَوْ مِنْ نَبَأِ الْمُرْسَلِينَ ﴿٣٥﴾

وَإِنْ كَانَ كَبُرَ عَلَيْكَ إِعْرَاضُهُمْ  
فَإِنْ اسْتِطَعْتَ أَنْ تَبْتَغِيَ نَفَقًا فِي  
الْأَرْضِ أَوْ سُلَّمًا فِي السَّمَاءِ فَتَأْتِيَهُمْ  
بِآيَةٍ ۗ وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَمَعَهُمْ عَلَى  
الْهُدَىٰ فَلَا تَكُونُ مِنْ أَجْهَلِينَ ﴿٣٦﴾

إِنَّمَا يَسْتَجِيبُ الَّذِينَ يَسْمَعُونَ ۗ وَالْمَوْتَىٰ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ تَعَالَىٰ ۗ يَرْجِعُونَ ﴿٣٧﴾

وَقَالُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ آيَةٌ مِنْ رَبِّهِ قُلْ إِنَّ اللَّهَ قَادِرٌ عَلَىٰ أَنْ يُنَزِّلَ آيَةً وَلَئِنْ أَكْثَرْتُمُ الْيَعْلُونَ ﴿٣٨﴾

وَمَا مِنْ دَابَّةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَا ظَيْرٍ يُطِيرُ بِحَنَاقِهِ إِلَّا أَحْمَمٌ مِمَّا لَكَ مَا فَرَطْنَا فِي الْكِتَابِ مِنْ شَيْءٍ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّهِمْ يُحْشَرُونَ ﴿٣٩﴾

39. N'abo abalimbisa Obubonero bwaffe bamuzibe era bakasiru, bali mu bizikiza. Omuntu Katonda gw'aba ayagadde (okubuza) amubuza, n'omuntu gw'aba ayagadde (okulunngamya) amussa ku kkubo eggolokofu.

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا صُمُّوْا وَكُفُّوْا  
فِي الظُّلُمٰتِ مَن يَشَاءُ اللهُ يُضْلِلْهُ  
وَمَن يَشَاءُ يُجْعَلْهُ عَلَىٰ صِرَاطٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٣٩﴾

40. Gamba nti: Mulaba mutya! bwe bibanga bibajjidde ebibonyobonyo bya Katonda, oba nga lubajjidde Olunaku Lw'enkomerero, atali Katonda gwe muwanjagira? (Muddeemu) bwe mubanga mwogera mazima!

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِن آتَاكُمْ عَذَابُ اللهِ  
أَو آتَاكُمْ السَّاعَةَ أَغَيْرَ اللهِ تَدْعُونَ  
إِن كُنْتُمْ صٰدِقِينَ ﴿٤٠﴾

41. Wabula Ye gwe musaba n'aggyawo ekyo kye muba mumusabye (abaggirewo) bw'aba nga ayagadde, olwo ne mwerabira ebyo bye mumugattako.

بَلْ إِن يَأْكُلُ تَدْعُونَ فَيَكْشِفُ مَا  
تَدْعُونَ إِلَيْهِ إِن شَاءَ وَتَسْتَوْنَ  
مَا تُشْرِكُونَ ﴿٤١﴾

42. Mazima twatuma (Ababaka) eri ebiibiina (ebyawakanya) oluberyeberyero lwo, ne tubakonkobaza n'obuzibu (obwavu), n'obuyinike balyoke bagonde.

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا إِلَىٰ أُمَمٍ مِّن قَبْلِكَ  
فَأَخَذْنَاهُمْ بِالْبَأْسَاءِ وَالضَّرَّاءِ لَعْنَةً  
يَنْظُرُونَ ﴿٤٢﴾

43. Singa bwe bwabajjira obuzibu bwaffe baagonda (bandisaasiddwa)! Naye emitima gyabwe gyakakanyala (ne gitagonda), n'ebawundira Sitaane ebyo bye baali bakola.

فَلَوْلَا إِذْ جَاءَهُمْ بَأْسُنَا تَضَرَّعُوا  
وَلٰكِن تَسْتَفْتُوهُمْ وَرَبِّنَ لَهُمُ  
الشَّيْطٰنُ مَا كَانُوْا يَعْمَلُوْنَ ﴿٤٣﴾

44. Bwe baamala okwerabira ebyo bye baabuulirirwa, ne tubaggulirawo

فَلَبَّآ نَسُوْا مَا ذُكِّرُوْا بِهِ فَتَحْنٰ

38. Ebiramu byonna ku nsi mitindo (bibinja) egyatondebwa nga abantu bwe bali.

Era Katonda ategezza Nabbi nti: "Mu kussa Kuraane ng'eggibwa ku lubaawo kw'ekuumirwa *Al-Lawhu-l-Mahfuudhu* mu ggulu, okuleetebwa ku nsi, tewali katundu konna aka Yo akaalekebwayo.

41. Bwe kaba akabi akanene kabatuuseeko temusaba mulala yenna wabula Katonda Omutonzi gwe muwanjagira Yekka okubaggirawo akabi ako. Olwo mwerabira ne bakatonda bamwe be mumugattako.

42. Ne bagondera Katonda, ne bamusinza n'okumugulumiza.

43. Baasinzanga balubaale ne bawalaza empaka wamu n'obujeemu.

44. Tubaggulirawo amakubo g'okufuna buli kirungi kye baagala n'oluvannyuma ne babonerezebwa ne baba nga tebakyasuubira kalungi konna. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Bw'olabanga

emiryango gya buli kintu, okutuusa lwe baabanga basanyuka n'ebyo ebiba weereddwa, ne tubakangavvula ekibwatukira, bagenda okulaba nga bakutuse ku kusuubira.

45. Olwo ne bakutulwawo abaakomere-rayo mu kibiina ekyalyazaamaanya. Na buli Kitendo kyonna kya Katonda, Omulezi w'Ebitonde.
46. Gamba nti: Mumbuulire, singa Katonda atutte amatu gammwe n'amaaso n'azibikira ku mitima gyammwe, ani Katonda oyo atali Katonda Omutonzi ayinza okubibaleetera (okubibaddizaawo)? Tunuulira engeri gye tunnyonyola Obubonero! Ate oluvannyuma bo ne baawukana.
47. Gamba nti: Mumbuulire, bwe biba nga bibajjide ebibonyobonyo bya Katonda, ekibwatukira oba olwatu: Abaffe azikirizibwa (omulala yenna) wabula ekibiina ky'abalyazaamaanyi?
48. Tetutuma babaka wabula nga babuulizi era abatiisa (abalabula). N'omuntu akkiriza n'alongoosa (emirimu gye), tebalina bo kutya era tebali bo ba kunakuwala.
49. N'abo abalimbisa Obubonero bwaffe, bigenda kubakwata ebibonyobonyo ku lw'ebyo bye baali boonoona.

عَلَيْهِمْ أَبْوَابُ كُلِّ شَيْءٍ حَتَّى إِذَا  
فَرِحُوا بِمَا آوَوْا أَخَذْنَاهُمْ بَغْتَةً  
فَإِذَا هُمْ مُبْلِسُونَ ﴿٣٧﴾

فَقَطَّعَ دَابِرَ الْقَوْمِ الَّذِينَ ظَلَمُوا  
وَالْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٣٨﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَخَذَ اللَّهُ سَمْعَكُمْ  
وَأَبْصَارَكُمْ وَخَمَسَ عَلَى قُلُوبِكُمْ  
مَنْ إِلَهٌ غَيْرُ اللَّهِ يَأْتِيكُمْ بِهِ أَنْظُرْ  
كَيْفَ نُصَرِّفُ الْأَيْتِ ثُمَّ هُمْ يَصْذَبُونَ ﴿٣٩﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَنْتُمْ عَدَابُ اللَّهِ  
بِغْتَةً أَوْ جَهْرَةً هَلْ يُهْلِكُ إِلَّا الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٤٠﴾

وَمَا أَرْسَلْنَا الْمُرْسَلِينَ إِلَّا مَبَشِّرِينَ  
وَمُنذِرِينَ فَمَنْ أَمَنَّ وَأَصْلَحَ فَلَا  
خَوْفَ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٤١﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا كَيْسَمُومُ الْعَذَابِ  
بِمَا كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿٤٢﴾

Katonda awa omuntu ebyo by'ayagala awamu n'okujeechera kwe Katonda, ekyo kuba kwongera ku kumubuza.

45. Kyakomekkerezebwa ne kizikirizibwa ekibiina ekyagatta Katonda n'ebirala. Kale atenderezebwe Katonda era yeebazibwe kw'ekyo kye yakola.

47. Ebibonyobonyo bikka kw'abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe ku lw'obukafiiri bwabwe obubagattisa Katonda n'ebintu ebirala.

48. Ababaka bajjirira kubuulira abakkiriza nga bwe balina ebirungi eri Katonda, era balabule n'okutiisa abo abajjimu, ebibonerezo bya Katonda.

49. Baayoononga mu kuwakanya ababaka n'okubalimbisa.

50. Gamba (abatakkiriza, Ggwe Muhammadi) nti: Siyinja kubagamba nti nnina nze amawanika ga Katonda, era simanyi by'ewala ebitalabikako; era sibagamba nti: Ndi malaika. Sigoberera wabula ebyo ebitumid-dwa gyendi. Gamba nti: Abaffe benkanankana muzibe n'oyo alaba? Abaffe temulwooza?

قُلْ لَا أَقُولُ لَكُمْ عِنْدِي خَزَائِنُ اللَّهِ وَلَا أَعْلَمُ الْغَيْبَ وَلَا أَتَوَلَّىكُمْ رِزْقَ مَلَكٍ إِنْ تَشَاءُونَ إِلَّا مَا يُوْحَىٰ لِي ط  
قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الْأَعْمَىٰ وَالْبَصِيرُ  
أَفَلَا تَتَفَكَّرُونَ ٥٠

51. Tiisa nayo (Kuraane) abo abatya okukunngaanyizibwa eri Katonda waa-bwe (okulamulwa), ate nga tebalinaayo mulala atali Ye Mukuumi wadde Omuwolereza, oba olyawo ne batya.

وَأَنْذِرْ بِهِ الَّذِينَ يَخَافُونَ أَنْ يُخَذَّوْا  
إِلَىٰ رُءُوسِهِمْ لَيْسَ لَهُمْ مِّنْ دُونِهِ وَلِيٌّ  
وَلَا شَفِيعٌ لَهُمْ يَتَّقُونَ ٥١

52. Togobanga abo abasaba Katonda waabwe enkya n'eggulo nga baagala Oludda Lwe. Tewali kintu kyonna kiri ku ggwe ku kubalibwa kwabwe, era tewali kintu kyonna kiri ku bo ku kubaliwa kwo olyoke obagobe — bw'onoobagoba obeere ow'omu balya-zaamaanyi.

وَلَا تَطْرُدِ الَّذِينَ يَدْعُونَ رَبَّهُمْ  
بِالْغَدْوَةِ وَالْعَنِيَّةِ الْيَرِيدُونَ وَهُمْ  
مَاعَلَيْكَ مِنْ حِسَابِهِمْ مِنْ شَيْءٍ وَمَا  
مِنْ حِسَابِكَ عَلَيْهِمْ مِنْ شَيْءٍ  
فَتَطْرُدَهُمْ فَتَكُونَ مِنَ الظَّالِمِينَ ٥٢

53. Era bwe kityo twagezesa abamu mu bo ku bannaabwe, balyoke bagambe nti: Bano be bo Katonda be yagabira wakati waffe? Tali Katonda amanyi abo abeebaza?

وَكَذَٰلِكَ فَتَنَّا بَعْضَهُم بِبَعْضٍ لِّيَقُولُوا  
أَهَٰؤُلَاءِ مَنَّ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِن بَيْنِنَا  
أَلَيْسَ اللَّهُ بِأَعْلَمَ بِالشَّاكِرِينَ ٥٣

54. Bwe baba nga bakujjidde abo abakiriza Obubonero Bwaffe, gambanga

وَأِذَا جَاءَ الَّذِينَ يَدْعُونَ يَوْمَئِذٍ بِآيَاتِنَا

50. Nabbi agamba nti: "Siyinja kwongeramu kw'ebyo Katonda by'antumye oba okubisalako". Nga muzibe bw'atenkana n'alaba, bw'atyo n'ali ku mazima (nga ababaka ba Katonda), tafaanana na mubuze ali ku bulimba.

52. Buli muntu agenda kubalibwa ku lulwe, tewali alivunaanwa lwa munne.

53. Katonda yagezesa abamu mu Bawarabu Abakuraishi mu abo ab'ebitiibwa, ku lw'okulunnga-mya aba wansi okutuusa lwe baagamba nti: Singa ebyo Muhammadi by'azze nabyo nga bya mazima, teyandirungamizza bantu ba wansi. Wabula ffe (banagaga) twandisaanidde okulung-gama."

54. Buli yenna aba akoze ekibi ne yejusa kw'ekyo ky'aba akoze n'adda eri Katonda, Katonda



nti: Emirembe gibe ku mmwe! Yee-raalikako Mukama wammwe Ye kennyini okusaasira, nti mazima omuntu akola mu mmwe ekibi mu butamanya, oluvannyuma ne yeenya n'alongoosa, mazima Ye (Katonda) Musonyiyi, Musaasizi.

55. Era bwe tutyo tunnyonyola Obubonero era liryoke lyevoleke ekkubo ly'aboonoonyi.

56. Gamba nti: Mazima nze nagaanibwa okusinza abo be musaba atali Katonda Omutonzi. Gamba nti: Sigoberera bwagazi bwammwe (kubanga) olwo mazima naaba mbuze bwe naaba nga ngoberedde obwagazi bwammwe, era ssiibe nze wa mu balunngamu.

57. Gamba nti: Mazima nze ndi ku bunnyonyofu (Amazima) obuva eri Mukama wange, naye mmwe ne mubulimbisa. Tebiri gyendi ebyo bye musaba okwanguyizibwa (ebibonerezo). Tekuli Okulamula wabula kwa Katonda (yekka). Agoberera Amazima, naye ye mulungi okusinga abalamuzi bonna.

58. Gamba nti: Singa bibadde we ndi ebyo bye musaba eby'okwanguyizibwa,

فَقُلْ سَلِّمْ عَلَيَّ كَمَا كَتَبَ رَبُّكُمْ عَلَيَّ  
نَفْسِهِ الرَّحْمَةَ إِنَّكُمْ مِنْ عَمَلِكُمْ وَمِنْكُمْ  
سُوءٌ بِجَهَالَةٍ ثُمَّ تَابَ مِنْ بَعْدِهَا  
وَاصْلِحْ فَإِنَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٥٧﴾

وَكَذَلِكَ نَقُصُّ عَلَيْكَ الْآيَاتِ وَلِتَسْتَتِينَ  
سَبِيلَ الْمُجْرِمِينَ ﴿٥٨﴾

قُلْ إِنِّي نُهِيتُ أَنْ أَعْبُدَ الَّذِينَ  
تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ قُلْ لَا اتَّبِعُ  
أَهْوَاءَكُمْ قَدْ ضَلَلْتُمْ إِذْ أَوْمَأْتُمْ  
مِنَ الْمُهْتَدِينَ ﴿٥٩﴾

قُلْ إِنِّي عَلَى بَيِّنَةٍ مِنْ رَبِّي وَكَذَّبْتُمْ  
بِهِ مَا عِنْدِي مَا اسْتَعْجَلُونَ بِهِ إِنْ  
الْحُكْمُ إِلَّا لِلَّهِ يَقُضُ الْحَقَّ وَهُوَ  
خَيْرُ الْفَاصِلِينَ ﴿٥٩﴾

قُلْ لَوْ أَنَّ عِنْدِي مَا اسْتَعْجَلُونَ بِهِ

amusonyiwa. Na buli yenna ajeemera Katonda aba tamanyi mu kiscera ekyo ky'ajeemeramu, wabula ajjukira luvannyuma lwa kukikola.

55. Obubonero obusobola okulunngamya omuntu bunnyonyolwa okulaga enjawulo wakati w'abalongoofu n'abo abawukana ku Babaka.

56. Nze (Nabbi) sisinza bakatonda abo be mweteerawo, wabula nsinza Katonda Oyo Omu, Omutonzi.

57. Katonda y'asinga abalamuzi bonna okulamula emisango n'obwenkariya

58. Singa ebyo bye munsaba (ebibonerezo) biri mu buyinza bwange, nandibissizza ku mmwe embagirawo; naye kyokka tebiri mu buyinza bwange wabula mu bwa Katonda.

kyandimaliddwa (mbagirawo) ekigambo wakati wange nammwe. Ne Katonda Y'amanyi abalyazaamaanyi.

59. Ne gy'Ali y'eri ensumuluzo z'eby'e-wala ebitalabikako, tewali abimanyi wabula Ye. Era amanyi ebyo ebiri ku lukalu ne mu nnyanja. Era tekagwa akakoola konna wabula akamanya; era tewali mpeke eri mu bizikiza by'ettaka wadde ekibisi oba ekikalu wabula (byonna) biri mu Kitabo ekinnyonnyola.

60. Naye Y'oyo aggyawo emyoyo gya-mmwekiro, n'amanya ebyo (byonna) bye mukoze emisana. Bw'amala n'abazza engulu mu kiseera ky'emisana; liryoke limalibweyo ebbanga (lyammwe) eggere. N'oluvannyuma gy'Ali y'eri obuddo bwammwe. Oluvannyuma abategeeze ebyo bye mwalinga mukola.

61. Naye Ye Mukasi, ali waggulu w'abaddu Be. Abasindikira mmwe abakuumi (Bamalaika), okutuusa lwe kuba nga kujjidge omu ku mmwe okufa, bamutta ababaka Baffe (bama-laika abo), nabo tebalagajjala (ku kiragiro).

62. Oluvannyuma ne bazzibwa eri Katonda, Mukama waabwe Ow'am-

لَقَضَى الْأَمْرَ بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ وَاللَّهُ  
أَعْلَمُ بِالظَّالِمِينَ ﴿٥٩﴾

وَعِنْدَهُ مَفَاتِحُ الْغَيْبِ لَا يَعْلَمُهَا  
إِلَّا هُوَ وَيَعْلَمُ مَا فِي الْبُرِّ وَالْبَحْرِ  
وَمَا تَسْطُرُ مِنْ رَقَّةٍ إِلَّا يَعْلَمُهَا  
وَلَا حِجَابَ فِي ظُلُمَاتِ الْأَرْضِ وَلَا رُطْبٍ  
وَلَا يَأْسُ إِلَّا فِي كِتَابِ مُسِينٍ ﴿٥٩﴾

وَهُوَ الَّذِي يُنَوِّدُكُمْ بِاللَّيْلِ وَيَعْلَمُ  
مَا جَرَّحْتُمْ بِالنَّهَارِ ثُمَّ يُبْعَثُكُمْ فِيهِ  
لِيُقَضَىٰ أَجَلٌ مُّسَمًّى ثُمَّ إِلَيْهِ  
مَرْجِعُكُمْ ثُمَّ يُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنتُمْ  
تَعْمَلُونَ ﴿٦٠﴾

وَهُوَ الْقَاهِرُ فَوْقَ عِبَادِهِ وَيُرْسِلُ عَلَيْكُمْ  
حَفَظَةً حَتَّىٰ إِذَا جَاءَ أَحَدَكُمْ الْمَوْتُ  
تَوَفَّتْهُ رُسُلُنَا وَهُمْ لَا يُفَرِّطُونَ ﴿٦١﴾

ثُمَّ رُدُّوا إِلَى اللَّهِ مَوْلَاهُمُ الْحَقِّ أَلَا

59. Okumanya kwa Katonda kwetoolodde buli kintu kyonna ekiri mu ggulu oba mu nsi.

60. Omuntu nga yeebase aba nga afudde olw'okubanga aba takyategeera. Kale omuntu yeebase ekiro (afa) ate n'azuukuka okuva mu tulo otwo emisana okutuusa ebbanga ly'obulamu bwe lye yagererwa Katonda lwe liggwaayo n'afa.

Ate ku Lunaku Lw'okuzuukira nga lutuuse bonna abantu badda eri Katonda alyoke abasasule empeera zaabyo ebyo bye baakolanga ku nsi.

61. Ku kiseera ky'okufa, Bamalaika abaaweebwa omulimu ogw'okutta (ebitonde) — Malayika walumbe n'abayambi be, bakuulamu emyoyo ku ssaawa yennyini cy'entuuko y'okuggwaayo eki-seera ekigere cky'omwoyo ogwo. Era bagussa awo wennyini Katonda w'abalagidde okugussa.

azima. Mutegeere nga Y'alina okulamula era Ye ye Mwangu (w'okubala) okusinga ababazi bona.

63. Gamba nti: Ani abawonya mu bizikiza by'oku lukalu ne mu nnyanja, Gwe musaba mu kugonda n'okutya, (nga mugamba nti:) Bw'anaaba atuwonyezza mu kino, mazima tujja kubeerera ddala ab'omu abo abeebaza?

64. Gamba nti: Katonda y'abawonya mu byo na mu buli kweraliikiria. Oluvannyuma (lw'okubawonya, ate) mmwe ne mumugattako ebintu ebirala.

65. Gamba nti: Ye ye muyinza okubasindikira ebibonyobonyo okuva waggulu wammwe oba okuva wansi w'amagulu gammwe, oba okubatabulatabula (ne mwawukanamu) ebiibiina, n'akombesa abamu mu mmwe ku maanyi ga bannammwe. Tunuulira engeri gye tunnyonyola obubonero oba olyawo ne bategeera.

66. Ne bagirimbisa Yo (Kuraane) abantu bo (Ggwe Muhammadi) sso nga Yo ge Mazima. Gamba nti: Siri mukuumi ku mmwe.

67. Buli Kigambo kirina obutebenkero, kyaddaaki mulimanya.

68. Bw'obanga olabye abo abatandika okuyingira mu (kulimbisa) Ebigambo Byaffe, yawukananga ku bo okutuusa lwe batandika okuyingira mu ku-

لَهُ الْحُكْمُ وَهُوَ أَسْرَمُ الْحَاسِبِينَ ﴿١٢﴾

قُلْ مَنْ يُخَيِّكُم مِّنْ ظُلُمَاتِ اللَّيْلِ وَالْبَحْرِ تَدْعُونَهُ تَضَرُّعًا وَخُفْيَةً ۗ لَّيِّنَ الْجَنَابِ مِن هُدَاهُمْ لَنُكَوِّنَنَّ مِنَ الشُّرَكَائِ ۗ ﴿١٣﴾

قُلِ اللَّهُ يُخَيِّكُم مِّنْهَا وَمِنْ كُلِّ كَرْبٍ ثُمَّ أَنْتُمْ مُشْرِكُونَ ﴿١٤﴾

قُلْ هُوَ الْقَادِرُ عَلَىٰ أَنْ يَبْعَثَ عَلَيْكُمْ عَذَابًا مِّنْ فَوْقِكُمْ أَوْ مِنْ تَحْتِ أَرْجُلِكُمْ أَوْ يَلْبَسَكُمْ شِيعًا وَيُؤَيِّدَ بَيْنَ بَعْضِكُمْ بِأَسْبَعْ أَنْظُرْ كَيْفَ نُصَرِّفُ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ يَفْقَهُونَ ﴿١٥﴾

وَكَذَّبَ بِهِ تَوْمًا وَهُوَ الْحَقُّ ۗ قُلْ لَسْتُ عَلَيْكُمْ بِوَكِيلٍ ﴿١٦﴾

لِكُلِّ نَبَأٍ مُّسْتَقَرٌّ ۖ وَسَوْفَ يُعْلَمُونَ ﴿١٧﴾  
وَإِذْ آرَأَيْتَ الَّذِينَ يُحَوِّصُونَ فِي آيَاتِنَا فَأَعْرَضَ عَنْهُمْ حَتَّىٰ يُحَوِّصُوا فِي حَرْبٍ

65. Katonda ayinza okubaawulayawulamu ebiibiina ne mutakiriziganya ne mutuuka okuyom-bagana n'abamu okutta bannaabwe. Ekyo ne kibeera ekibonerezo ekivudde eri Katonda. Era ne kiba nga kabonero akalaga obuyinza bwa Katonda.

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yasaba Katonda aleme kuzikiriza abantu b'ekibiina kye n'ebibonyobonyo ebiva waggulu ne wahsi waabwe. Katonda yakkiriza okusaba kwe, ne wasigla ebibonyobonyo cby'okubatabulatabula, ne balwanagana n'okuttinngana bokka na bokka.

68. Ekyagendererwa wano, kwe kugaana Omusiraamu yenna okutuula n'abo abavvoola ebi-

nyumya (ebirala) ebitali ebyo. Naye bw'abanga akwerabizza sitaane (n'otuula nabo), totuulanga oluvannyuma lw'okujjukira, awamu n'ekibiina eki-ryazaamaanyi.

69. Tekuli kw'abo abatya Katonda ku kubalibwa kwabwe (Abakafiiri) mu kintu kyonna, naye (ekibaliko kwe) kubajjukiza oba olyawo nabo ne batya Katonda
70. Leka abo abaafuula eddiini yaabwe omuzanyo n'ebinyumu, ne bubagayaza obulamu bw'ensi. Wabula Jjukiza nayo (Kuraane abantu), guleme okwewaayo omwoyo mu kuzikiriza, n'ebyo bye gukoze. Nga tegulina atali Katonda omutaasa wadde omuwo-lerenza, newakubadde gwenunudde na kwonna okwenunula, tekugenda kutwalibwa (okwenunula okwo) kuva gye guli. Abo be bo abeewaayo mu kuzikirira ku lw'ebyo bye baakola. Balina ebyokunywa eby'olweje, n'ebibonyobonyo ebiruma, ku lw'ebyo bye baalinga bawakanya.
71. Gamba nti: Tuyinza okusaba ekyo ekitali Katonda, ekyo ekitatugasa wadde ekitatuleetera kabi, ne tuzibwayo (ekyennyumannyyuma) ku bisenziro byaffe oluvannyuma lw'okutulungamya Katonda? (Okufaanaŋako) nga oyo gwe zaatwala sitaane ne zimubuliza mu nsi nga musamaalirivu nga alina banne abamuyita okujja eri obulungamu nti: Jangu gye tuli? Gamba nti: Mazima okulungamya kwa Katonda kwe kwo Okulungama

غَيْبِهِ ۖ وَإِنَّمَا يُسِئَتِكَ الشَّيْطَانُ فَلَا تَقْعُدْ بَعْدَ الذِّكْرِى مَعَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٦٩﴾

وَمَا عَلَى الَّذِينَ يَتَّقُونَ مِنْ حِسَابِهِمْ مِنْ شَيْءٍ وَلَكِنْ ذِكْرِي لَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ ﴿٧٠﴾

وَذَرِ الَّذِينَ اتَّخَذُوا دِينَهُمْ لَعِبًا ۖ وَلَهُمْ آوَانٌ وَعَرْتُهُمُ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَذَكَرَ إِلَهُهُ أَنْ تُبْسَلَ نَفْسٌ بِمَا كَسَبَتْ لَيْسَ لَهَا مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلِيٌّ وَلَا شَفِيعٌ ۗ وَإِنْ تَعْدِلْ كُلُّ عَدْلٍ لَا يُؤْخَذُ مِنْهَا أُولَئِكَ الَّذِينَ أُبْسِلُوا بِمَا كَسَبُوا لَهُمْ شَرَابٌ مِّنْ حَمِيمٍ وَعَذَابٌ أَلِيمٌ لِّمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ﴿٧١﴾

قُلْ أَدْعُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُنَا وَلَا يَضُرُّنَا وَنُرَدُّ عَلَىٰ أَعْقَابِنَا بَعْدَ إِذْ هَدَيْنَا اللَّهُ كَالَّذِي اسْمُوتَهُ الشَّيْطَانُ فِي الْأَرْضِ حَيْرَانٌ لِّهٖ أَصْحَابٌ يَدْعُونَهُ إِلَى الْهُدَىٰ ائْتِنَاذٌ قُلْ إِنْ هَدَىٰ اللَّهُ هُوَ الْهُدَىٰ ۗ

gambo bya Katonda: nga Abakafiiri b'omu Makka bwe baakolanga nga balimbisa Kuraane. Kale mpozzi nga abo batandisc okunyumya ebirala, olwo Abasiraamu lwe bakkirizibwa okutuula nabo.

69. Tubalagidde okubaawukanako (mmwe abalongoofu) kiryoke kibeere eky'okubaulirira kw'ekyo kye baliko oba olyawo ne batya ne bataddayo kulimbisa bigambo bya Katonda.

71. Tetuyinza kusinza ekyo ekitali Katonda ne tudda mu bukafiiri. Tegeeza ggwe Muhammad

- (kwokka), era twalagirwa tweweeyo eri Mukama w'Ebitonde byonna; —
72. Era (twalagirwa nti) muyimirizeewo esswala, mumutye (Katonda): naye Y'oyo gy'Ali gye mulikunngaanyizibwa.
73. Naye Y'oyo eyatonda eggulu n'ensi n'amazima: N'olunaku lw'aligamba nti: Ba! bwe kiba. Ekigambo kye ekyo kya Mazima, era bubwe Obufuzi olunaku lw'elifuuyibwa enngombe (olw'enkomerero). Ye Mumanyi w'ebitalabikako n'ebirabikako, Naye Ye Mukama Omumanyi w'ebiyama.
74. Era jjukira mu kiseera Ibrahiimu bwe yagamba eri Kitaawe Aazara: Ofuula ebifaananyi bakatonda? Mazima nze nkulaba n'abantu bo nga muli mu bubuze obweyolefu.
75. Era bwe tutyo twalaga Ibrahiimu obufuzi bw'eggulu n'ensi, era alyoke abeere ow'omu bekkanya.
76. Bwe kyamala okusiikiriza ku ye ekiro, n'alaba emmunyeenyee, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange. Bwe yamala okubula, n'agamba nti: Mazima nze saagala (bakatonda) babulawo.
77. Bwe yamala okulaba omwezi nga guvuddeyo (gwakaayakana), n'aga-

أَمْرًا لِّلسَّلَامِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤١﴾  
وَأَن آفِيْمُوا الصَّلَاةَ وَآتَقُوْا ۗ وَهُوَ  
الَّذِي آتَى الْبَيْتَ مَحْشُرُونَ ﴿٤٢﴾  
وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ  
بِالْحَقِّ ۗ وَيَوْمَ يَقُولُ كُن فَيَكُوْنُ  
قَوْلُهُ الْحَقُّ وَلَهُ الْمُلْكُ يَوْمَ يُنْفَخُ  
فِي الصُّوْرِ عِلْمُ الْعَيْبِ وَالشَّهَادَةُ  
وَهُوَ الْحَكِيمُ الْحَبِيْرُ ﴿٤٣﴾

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيْمُ لِأَبِيهِ أُنزِلْ عَلَيَّ  
أَصْنَامًا ۖ إِنَّنِي آرَبٌ وَتَوَّمَكْ  
فِي ضَلَالٍ مُّبِيْنٍ ﴿٤٤﴾

وَكَذَلِكَ نُرِي إِبْرَاهِيْمَ مَلَكُوتَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ وَلِيَكُوْنُ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ ﴿٤٥﴾

فَلَمَّا جَنَّ عَلَيْهِ اللَّيْلُ رَأَى كَوْكَبًا ۖ قَالَ  
هَذَا رَبِّي ۖ فَلَمَّا أَفَلَ قَالَ لَأُوْحِبُّ  
الْأَفْلَاقِيْنَ ﴿٤٦﴾

فَلَمَّا رَأَى الْقَمَرَ بَازِعًا قَالَ هَذَا رَبِّي ۖ

nti: "Mazima okulungamya kwa Katonda bwe bulungamu bwokka. Naffe (Abasiraamu) twewaddeyo eri Katonda w'ebitonde Oyo gy'Ali gye tulikunngaanyizibwa ku Lunaku Lw'okuзуukira.

75. Ekyo Ibrahiimu yakikola nga akyali muto olw'obukkiriza Katonda bwe yamutonderamu n'alaba nti ebifaananyi ebibaje tebiyinzza kuba Katonda asinzibwa.

76. Katonda yalaga eoyo Ibrahiimu alyoke abyesembese ku kulaga nga Ye (Katonda) bw'Ali Omu era nga bw'atafaanako na bitonde.

mba nti: Ono ye Mukama wange, (naye) bwe gwamala okubula n'agamba nti: Bw'anaaba Mukama wange, tannungamizza, mazima nja kubee-rera ddala mu kibiina eky'ababuze.

78. Bwe yamala okulaba nga enjuba evuddeyo (eyakaayakana), n'agamba nti: Ono ye Mukama wange. Ono y'asinga (bonna) obunene. (Naye) bwe yamala okubulirayo, n'agamba: Abange ekibiina kyange! Mazima nze njawukanye n'ebyo bye mugatta ku Katonda.
79. Mazima nze njolesezza amaaso gange eri oyo ayatondawo eggulu n'ensi, nga njawukanye ku ddiini endala (nze ku bwange), era siri nze wa mw'abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala.
80. Ne kimuwakanya ekibiina kye. N'agamba nti: Mumpakanya nze ku Katonda? Nga mazima y'annungamizza? Era sitya ebyo bye mugatta ku Ye wabula (ntya) bw'aba ayagadde Katonda wange ekintu (okubaawo, olwo kibaawo). Yagaziwa Mukama wange okumanya buli kintu. Abaffe (mmwe) temujjukira?
81. Ngeri ki bwe ntya ebyo bye mugasse ku Ye, (ate mmwe) ne mutatya nti mazima mmwe mugasse ku Katonda by'atassiza ku byo ku mmwe bujulizi? Kiriwa ku bibiina (byaffe) ebibiriekikakatirwako okuwona? (Munziremu) bwe mubeera nga mumanyi.

فَلَمَّا أَفْلَحَ قَالَ لَيْنَ لَمْ يَهْدِنِي رَبِّي  
لَا كُؤُنَنَّ مِنَ الْقَوْمِ الضَّالِّينَ ﴿٤٩﴾

فَلَمَّا رَأَى الشَّمْسَ بَارِعَةً قَالَ هَذَا  
رَبِّي هَذَا الْكَبْرُءُ فَلَمَّا أَفْلَحَ قَالَ  
يَقَوْمِ إِنِّي رَبِّي مِمَّا تُشْرِكُونَ ﴿٥٠﴾

إِنِّي وَجَّهْتُ وَجْهِيَ لِلَّذِي فَطَرَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضَ حَنِيفًا وَمَا أَنَا مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٤٩﴾

وَحَاجَّةُ قَوْمِهِ قَالَ أَلَمْ أَجْعَلْ رِبِّي  
اللَّهُ وَقَدْ هَدَانِ وَلَا أَخَافُ مَا تُشْرِكُونَ  
بِهِ إِلَّا أَن يَشَاءَ رَبِّي شَيْئًا وَسِعَ رَبِّي  
كُلَّ شَيْءٍ عِلْمًا أَفَلَا تَتَذَكَّرُونَ ﴿٥٠﴾

وَكَيْفَ أَخَافُ مَا أَشْرَكْتُمْ وَلَا تَخَافُونَ  
أَن تَكْفُرُوا بِاللَّهِ مَا لَمْ يُنَزَّلْ بِهِ  
عَلَيْكُمْ سُلْطَانًا فَأَنَّى الْفَارِيقِينَ لِحَقِّ  
قَوْلِهِ بِالْآمِنِينَ إِن لَّكُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٥١﴾

78. Nze njawukanye nabyo obutabisinza era n'okubeera nga tebinfuga. Yayogera atyo lwa kuba yamanya nti Katonda atekwa kubeera ku ngeri emu, tafuukafuuka.

79. Nze nsinza Katonda oyo ayatonda ebintu ebyo byonna era abiribirira.

80. Ekibiina kya Ibrahimu kyamuwakanya ku lw'okukkiriza Katonda Omutonzi nga bw'ali Omu. Ye kwe kubagamba nti ebyo bye musinza sibitya nti bisobola okunkola akabi. Wabula ntya Katonda wange Oyo, bw'aba ayagadde ekintu kyonna okubeerawo kibeerawo nga bw'ayagala.

81. Musinza ebyo Katonda by'ataakakasaako kuzinibwa. Kale kiriwa ekibiina ekiri ku

82. Abo abakkiriza ne batatabula bukkiriza bwabwe na bulyazaamaanya, abo be balina okuwona (era) n'abo be balungamu.

الَّذِينَ آمَنُوا وَلَمْ يَلْبِسُوا إِيمَانَهُمْ بِظُلْمٍ  
أُولَئِكَ لَهُمُ الْأَمْنُ وَهُمْ مُهْتَدُونَ ﴿٧٦﴾

83. N'ezo ensonga Zaffe twaziwa Ibrahiimu (azesembesa) ku kibiina kye. Tusitula mu madaala oyo gwe tuba twagala. Mazima Mukama wo Mukakasa, era Mumanyi wa byonna.

وَتِلْكَ حُجَّتُنَا آتَيْنَاهَا إِبْرَاهِيمَ عَلَى قَوْمِهِ  
نَرْفَعُ دَرَجَاتٍ مَن نَّشَاءُ إِنَّ رَبَّكَ  
حَكِيمٌ عَلِيمٌ ﴿٧٧﴾

84. Ne tugabira gy'ali (Ibrahiimu) Ishaka (n'omuzzukulu) Yakubu: Bonna (bonsatule) twabalungamya, ne Nuuhu twamulungamya oluberyeberyey (Iwa Ibrahiimu); ne mu zadde lye (Ibrahiimu — twalungamya) Dawuda ne Sulaimani ne Ayubu ne Yusufu Ne Musa ne Haruna. Na bwe kityo bwe tulasula abalungoosa.

وَوَهَبْنَا لِكُلِّ سَمْعٍ وَيَعْقُوبَ كُلًّا هَدَيْنَا  
وَنُوحًا هَدَيْنَا مِن قَبْلُ وَمِن ذُرِّيَّتِهِ  
دَاوُدَ وَسُلَيْمَانَ وَأَيُّوبَ وَيُوسُفَ وَمُوسَى  
وَهَارُونَ وَكَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿٧٨﴾

85. Era ne Zakaliya ne Yahaya ne Issa ne Eliyaasa. Bonna baali ba mu balongoofu;

وَزَكَرِيَّا وَيَحْيَى وَعِيسَى وَإِلْيَاسَ  
كُلٌّ مِّنَ الصَّالِحِينَ ﴿٧٩﴾

86. Ne Ismaili ne Yaasa, ne Yunusu ne Luutu. Na bonna twabasinza ku bitonde (abantu bonna),

وِإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ وَيُوسُفَ وَهُدَّيْنَا  
وَكُلًّا فَضَّلْنَا عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿٨٠﴾

87. Ne (tubasukkulumya okuva) mu bakitaabwe ne mu bazzukulu baabwe ne mu baganda baabwe; ne tubaa-wula era ne tubalungamya eri ekkubo eggolokofu.

وَمِن آبَائِهِمْ وَذُرِّيَّاتِهِمْ وَإِخْوَانِهِمْ  
وَاجْتَبَيْنَاهُمْ وَهَدَيْنَاهُمْ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٨١﴾

88. Okwo kwe kulungamya kwa Katonda kw'Alungamya nakwo omuntu gw'aba ayagadde mu baddu Be. Singa nga baagatta ku Katonda ekintu ekirala,

ذَلِكَ هُدَى اللَّهِ يَهْدِي بِهِ مَن يَشَاءُ  
مِن عِبَادِهِ وَلَوْ أَشْرَكُوا لَحَبِطَ عَنْهُمْ

butuufu, ku bibiina ebibiri: oyo ayasinza Katonda Omutonzi n'oyo asinza ebifaananyi? Kiriwa ku byo, oyo aliwona ebibonerezo ku Lunaku Olw'oluvannyuma?

84. Kale n'abalungamu nabo basasulwa nga Ibrahiimu bwe yasasulwa.

88. Abo bonna Bannabbi aboogeddwako mu aya 83-86. baatuuka ku ekyo Iwa kulungamya kwa Katonda.



byandiboonekedde ebyo (byonna)  
bye baali bakola.

89. Abo, be bo be twawa Ekitabo n'obufuzi n'obwannabbi. Bwe baba nga babiwakanya abo (Abayudaaya ab'omulembe gwa Muhammadi), mazima twabikumisa byo ekibiina ekitali kya kubiwakanya.
90. Abo (Bannabbi) be bo be yalunggama Katonda. Ne ku kulunggama kwabwe goberera (Ggwe Nabbi Muhammadi). Gamba (ekibiina kyo) nti: Sibasaba ku bwo (obubaka olw'okububatuusaako) mpeera. Teri yo (Kuraane) wabula kya Kujjukiza eri ebintonde.
91. (Abayudaaya) tebagulumiza Katonda bukakafu bwa kumugulumiza mu kiseera bwe baagamba nti: Katonda tassanga ku muntu kintu kyonna. Gamba nti: Ani eyassa Ekitabo ekyo kye yajja nakyo Musa? — nga kitanagaala era nga kulunggama kw'abantu, (mmwe) nga mukifuula empapula nga (ezimu) muzoolesa ate ne mukweka bingi (ku kyo), sso nga mwayigirizibwa ebyo bye mwali mutamanya mmwe (mwennyini) wadde bakadde bammwe. Gamba nti: Katonda (Ye yabussa obubaka) oluvannyuma obaleke mu bubuze bwabwe, n'obutamanya bwabwe nga bazannya.

مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٥٨﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ اتَّيَبْتُمْ إِلَيْهِمْ وَالْحَكْمَ  
وَالشُّبُهَةَ ۚ فَإِنْ يُكَفِّرْ بِهَا هَؤُلَاءِ فَقَدْ  
وَكَّلْنَا بِهَا قَوْمًا لَّيْسُوا بِهَا بِكَافِرِينَ ﴿٥٩﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ هَدَى اللَّهُ فَبِهِدْمِهِمْ  
اقْتَدِهْ ۗ قُلْ لَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ أَجْرًا  
إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٦٠﴾

وَمَا قَدَرُوا اللَّهَ حَقَّ قَدْرِهِ إِذْ قَالُوا  
مَا أَنْزَلَ اللَّهُ عَلَى بَشَرٍ مِّنْ شَيْءٍ ۚ قُلْ  
مَنْ أَنْزَلَ الْكِتَابَ الَّذِي جَاءَ بِهِ  
مُوسَى نُورًا وَهُدًى لِّلنَّاسِ تَجْعَلُونَهُ  
قُرْآنًا مَّيْمَنًا لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ  
وَعَلِمْتُمْ مَا لَمْ تَعْلَمُوا أَنْتُمْ وَلَا آبَاؤُكُمْ  
قُلْ اللَّهُ ذَرَّهُمْ فِي خُوضِهِمْ يَلْعَبُونَ ﴿٦١﴾

Kale singa abo abalongoofu, abo bannabbi, baakyuka okuva ku kwawula Katonda, ne bamugat-tako ebintu ebirala; emirimu gyabwe gyonna gye baakola tebaalifunyeemu mpeera.

89. Abo abakafiiri b'omu Makka bwe baba nga bawakanyizza Obwannabbi bwa Muhammadi, mazima twabukumisa ekibiina ky'abantu abalala abatajja kubulimbisa. Abo nno be bo abasenguka okuva e Makka ne bagenda e Madiina, *Al-Muhajirina* n'aba'uuzze b'omu Medina, *Al-Answari* (Abayambi).

91. Bano baagamba nti Katonda tassanga bubaka ku Muhammadi kubanga muntu buntu. Kale bo kyebaavanga bawakanya Kuraane. Sso nga oo wamu ne bakadde baabwe baayigirizibwa nayo Tauraati eyassibwa ku Musa ebyo bye baali tebamanyi; ate nga nayo yassibwa ku Musa nga Kuraane bwe yassibwa ku Muhammadi.

92. Na kino Ekitabo (Kuraane) twakissa nga kya mukisa ekikakasa amazima g'ebyo (ebyassibwa) ebiri mu maaso gaakyo, era olyoke otiise Nnyina w'Ebyalo (Makka) n'abo abali emabali waakyo. N'abo abakiriza obulamu obw'oluvannyuma bagikkiriza (Kuraane), nabo ku Sswala zaabwe beekuuma.

93. Ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo agunzeewo ku Katonda obulimba, oba agambye nti: Watumiddwa gye ndi (obubaka), sso ng'ate tewannatumwa gy'ali kintu kyonna, (oba) era n'omuntu agamba nti nja kussa eki-faanana nga ekyo ky'assizza Katonda? Singa olaba mu kiseera nga abalyazaamaanyi bali mu kutamiira olumbe nga ne bamalaika bagolodde emikono gyabwe (nga babagamba nti): Muggemu emyoyo gyammwe. Olwa leero muja kusalulwa ebibonyobonyo ebinyomesa ku lw'ebyo bye mwalinga mwogera ku Katonda ebitali bya mazima, era mwali mmwe nga mwekuza ku Bubonero Bwe!

94. Mazima mutujjide kinnoomu nga bwetwabatonda omulundi ogwasooka, ne muleka ebyo (byonna) bye twabagabira emabega w'emigongo gyammwe, era tetulaba awamu namwe bawolereza bammwe, abo be mwagambanga nti mazima bo mu mwe banne ba Katonda. Ddala mazima (kati) wakutuse wakati wammwe, ne bibabulako ebyo bye mwali mugamba nti bigenda kubawolereza!

وَهَذَا كِتَابٌ أَنْزَلْنَاهُ مَبْرُورًا مَّصْدِقًا  
الَّذِي بَيْنَ يَدَيْهِ وَلِتُنذِرَ أُمَّ الْقُرَى  
وَمَنْ حَوْلَهَا وَالَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ  
يُؤْمِنُونَ بِهِ وَهُمْ عَلَى صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا  
أَوْ قَالَ أُوحِيَ إِلَيَّ وَلَمْ يُوحَ إِلَيْهِ شَيْءٌ وَمَنْ  
قَالَ سَأُنزِلُ مِثْلَ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ وَلَوْ تَرَى  
إِذِ الظَّالِمُونَ فِي غَمَرَاتِ الْمَوْتِ وَالْمَلَائِكَةُ  
بَاسِطُوا أَيْدِيهِمْ أَخْرَجُوا الْأَنْفُسَ إِذْ هُمْ  
يُخْرَجُونَ عَذَابِ الْهُونِ بِمَا كَانْتُمْ تَقُولُونَ  
عَلَى اللَّهِ عَيْبًا الْحَقُّ وَلَكُمْ عَنِ اللَّهِ بُرْهَانٌ

وَلَقَدْ جَاءكُمْ نُورًا فَارَادِي كَمَا خَلَقْنَاكُمْ  
أَوَّلَ مَرَّةٍ وَتَرَكْتُمْ مَا خَوَّلْنَاكُمْ  
وَرَاءَ ظُهُورِكُمْ وَمَا نَرَى مَعَكُمْ  
شُفَعَاءَ كَمَا الَّذِينَ زَعَمْتُمْ أَهْلَهُمْ  
فِيكُمْ سُرَكُوا لَقَدْ لَفِطْنَا بَيْنَكُمْ وَ  
صَلَّ عَنكُمْ مَا كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ

92. Twassa Kuraane olyoke (Ggwe Muhammadi) otiise ebibonerezo bya Katonda abatuuze b'omu Makka n'abo abali mu nsi yonna.

Abo abakiriza mu yo bakuuma butiribiri esswala zaabwe, ne bazisaalira mu biser a byazo.

93. Tewali amusinga bulyazaamaanyi oyo agamba nti, waliwo bakatonda abali a, oba nti Katonda alina omwana, oba oyo ayeerimba obwannabbi n'obubaka.

95. Mazima Katonda y'ayasa empeke n'emiramwa (ne bimeruka) Aggya ekiramu mu kifu, n'aggya ekifu mu kiramu. Oyo mmwe Ye Katonda omutonzi: Ngeri ki nate bwe mukyuka?

إِنَّ اللَّهَ فَايِقُ الْحَبَّ وَالنَّوَى يُخْرِجُ الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَيُخْرِجُ الْمَيِّتَ مِنَ الْحَيِّ ذَلِكُمْ اللَّهُ فَأَيُّ تَوَكُّوُنٍ ٩٥

96. Ayasa mu budde Obw'enkya, n'afuula ekiro ekiwummulo, n'enjuba n'omwezi (nga biri) ku kubala (ebiseera). Okwo kwe kugera kw'Ow'ekitiibwa, Omumanyi wa byonna.

فَأَيُّ الْإِصْبَارِ وَجَعَلَ الْبَيْلَ سَكْنًا وَالشَّمْسَ وَالْقَمَرَ حُسْبَانًا ذَلِكَ تَقْدِيرُ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ٩٦

97. Naye Y'oyo eyabateerawo emmunyeenye mulyoke mulunngame nazo mu bizikiza by'oku lukalu ne ku nyanja. Mazima tunnyonyodde obubonero eri ekibiina ekimanyi.

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ النُّجُومَ لَتَهْتَدُوا بِهَا فِي ظُلُمَاتِ الْبَرِّ وَالْبَحْرِ قَدْ فَصَّلْنَا الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ٩٧

98. Naye Y'oyo eyabasibula mu muntu omu (Adamu), (n'abawa) amaka n'obutebenkero (oluvannyuma lw'okufa). Mazima tunnyonyodde obubonero eri ekibiina ekitegeera.

وَهُوَ الَّذِي أَنْشَأَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ فَمُسْتَقَرًّا وَمُسْتَوْدَعًا قَدْ فَصَّلْنَا الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَفْقَهُونَ ٩٨

99. Naye Y'oyo ayassa okuva waggulu amazzi (enkuba). ne tuggayo nago ebimera ebya buli ngeri; ne tufulumya mu go (ebimera) ebibisi, bye

وَهُوَ الَّذِي أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَخْرَجْنَا بِهِ نَبَاتَ كُلِّ شَيْءٍ فَأَخْرَجْنَا

94. Bw'atyo Katonda bw'alikomereza abakafiiri (emyoyo gyabwe) ku Lunaku Lw'okuzukira. Olwo bwe balidda gy'Ali nga bamaze okwawukana n'ebyo bye baasinzanga nga babyenkanyanankanya naye.

95. Empeke n'emiramwa bimerukamu ebimera eby'enjawulo. Katonda ameza ebimera ebiramu ng'abiggya mu mpeke n'emiramwa ebikalu ate n'aggyamu empeke n'emiramwa nga bikalu mu bimera ebibisi.

Empeke ze ziringa Kasooli ate emiramwa nga emmwanyi, n'empafu. Kale ngeri ki bwe muva ku kuzinza Katonda Oyo Omutonzi ne musinza ebyo bye yatonda?

96. Katonda aleeta ekitangaala ng'akiggya mu kizikiza (ekiro) ky'obudde obw'enkya. Era yatonda enjuba n'omwezi nga bitambulira ku kubala okugere ne bitayinza kukuvaako.

97. Emmunyeenye zisobozesa abantu okumanya oludda lwe balagako ku lw'okuziribirako bwe baba ku mayanja oba mu malungu, oba mu bibira era n'ewalala.

Fhyo byonna ebyogeddwako mu aya zino bubonero obulaga obuyinza bwa Katonda eri abo abamanyi; obuyinza Bwe.

tufulumyamu empeke ezeberese ku zinnaazo; ne (mu miti) gy'emitende, mu ngo zaagyo (muvaamu) enkota ezireebeeta ku ttaka. N'ennimiro ez'emizabbibu n'emizayituuni, n'enkomamawanga, (tukolamu) ezifaanagana n'ezitafaanana. Mutunuulire eri ebibala byagwo bwe guba nga gubaze (era mutunuulire) n'okwengera kwakyo (ekibala). Mazima mw'ekyo mmwe mulimu Obubonero eri ekibiina ekikkiriza.

100. Nate ne bateerawo Katonda banne mu majinni, sso nga ye yagatonda; era ne bamugunjirawo okuba n'abaana abalenzi, n'abawala. Awatali (kukiggya) ku kumanya. Yayawukana n'agulumira kw'ebyo bye bamwogerako.

101. Ye Mutonzi w'eggulu n'ensi! Ngeri ki bw'ayinza okubeera n'omwana ate nga tabangako na Mukazi, era (nga) ye yatonda buli kintu (era nga) naye ku buli kintu Mumanyi?

102. Oyo mmwe Ye Katonda, Mukama wammwe! Tewali Katonda mulala asinzibwa wabula Ye, Omutonzi wa buli kintu, n'olw'ekyo mumusinze. Naye Ye Mukuumi ku buli kintu.

مِنْهُ خَصْرًا نَخْرَجُ مِنْهُ حَبَابًا مَرَاكِبًا  
وَمِنَ النَّخْلِ مِنْ طَلْعِهَا قِنْوَانٌ دَانِيَةٌ  
وَجَنَّاتٍ مِنْ أَعْنَابٍ وَالزَّيْتُونَ وَالرَّيْحَانُ  
مُشْتَبِهًا وَغَيْرَ مُنْتَسِبٍ  
أَنْظُرْ إِلَى ثَمَرِهِ إِذَا أَثْمَرَ وَيَنْعِهِ  
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِقَوْمٍ  
يُؤْمِنُونَ ﴿١٠٠﴾

وَجَعَلُوا لِلَّهِ شُرَكَاءَ الْجِنَّ وَخَلَقَهُمْ  
وَخَرَقُوا لَهُ بَنِينَ وَبَنَاتٍ بِغَيْرِ عِلْمٍ  
سُبْحَانَ اللَّهِ عَمَّا يُصِفُونَ ﴿١٠١﴾

بَدِيعَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ أَنْ يَكُونَ  
لَهُ وَلَدٌ وَلَمْ تَكُنْ لَهُ صَاحِبَةً وَخَلَقَ  
كُلَّ شَيْءٍ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿١٠٢﴾  
ذَلِكُمْ اللَّهُ رَبُّكُمْ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ  
خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ فَاعْبُدُوهُ وَهُوَ  
عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ ﴿١٠٣﴾

100. Kale ngeri ki bwe baddirira amajinni ne bagafuula bakatonda abasinzibwa, nga ate Katonda ye yagatonda!

Era bamugunjako batya abaana nga Abakristaayo bwe bagamba nti Issa mwana wa Katonda, n'Abayudaaya nti Uzairu mwana We, era nga Abakafiiri b'omu Makka bwe baagambanga nti Bamalaika bawala ba Katonda!

Katonda yayawukana n'okubeera n'omwana yenna, oba okuba n'oyo amwegattako mu Bwakatonda Bwe.

101. Katonda yatonda eggulu n'ensi nga talina kibifaanana kwe yalabira. Kale tayinza kuzaala ku'anga talina mukazi. Era tekisoboka okuddira ebitonde bye n'abifuula abaana Be.

103. Tegamutuukirira amaaso (kumulaba), ate nga ye atuukirira amaaso (n'agalaba). Naye Mukwatampola, Omumanyi w'ebyama.

لَا تُدْرِكُهُ الْأَبْصَارُ وَهُوَ يُدْرِكُ  
الْأَبْصَارَ وَهُوَ اللَّطِيفُ الْخَبِيرُ ﴿١٣﴾

104. Mazima kubajjidde okulaba okuva eri Mukama wammwe, n'omuntu alaba aba alabidde mwoyo gwe: n'omuntu aziba amaaso (akabi k'obutalaba kwe) kadda ku ye. Siri nze ku mmwe mukuumi.

قَدْ جَاءَكُمْ بَصَائِرُ مِنْ رَبِّكُمْ فَمَنْ  
أَبْصَرَ فَلِنَفْسِهِ وَمَنْ عَمِيَ فَعَلَيْهَا  
وَمَا أَنَا عَلَيْكُمْ بِحَفِيظٍ ﴿١٤﴾

105. Era bwe kityo bwe tunnyonnyola Obuonero, balyoke bagambe nti: Wasoma (Gwe Muhammadi, n'oyiga), era tubinnyonnyolera eri ekiibiina ekimanyi.

وَكَذَلِكَ نُصِرِفُ الْآيَاتِ  
لِيَقُولُوا أَدْرَسْتَ وَلِنُبَيِّنَهُ لِقَوْمٍ  
يَعْلَمُونَ ﴿١٥﴾

106. Goberera ebyo ebyatumibwa gy'oli okuva eri Mukama wo; tewali Katonda mulala wabula Ye; yawukana ku bagatta Katonda n'ebintu ebirala.

اتَّبِعْ مَا أَوْحَى إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ ۚ لَا  
إِلَهَ إِلَّا هُوَ ۚ وَأَعْرِضْ عَنِ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٦﴾

107. Singa yayagala Katonda, tebandimugasse na bintu birala. Tetwaku-teekawo kuba mukuumi ku bo, era toli gwe mutaasa ku bo.

وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ مَا أَشْرَكُوا ۚ وَمَجْعَلْنَاكَ  
عَلَيْهِمْ حَفِيظًا ۚ وَمَا أَنْتَ عَلَيْهِمْ بِوَيْلٍ ﴿١٧﴾

108. Temuvumanga abo be basaba abatali Katonda, kubanga bandivuma Katonda ku lw'obulumbaganyi awatali kumanya. Bwe kityo twawundira buli kibiina (emirimu gyabwe). Oluvannyuma eri Mukama waabwe bwe buddo bwabwe, ne tubategeza ebyo bye baalinga bakola.

وَلَا تَسْبُوا الَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ دُونِ  
اللَّهِ فَيَسْبُوا اللَّهَ عَدُوًّا لِعِبَادِهِ  
كَذَلِكَ زَيَّنَّا لِكُلِّ أُمَّةٍ عَمَلَهُمْ  
ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّهِمْ مَرْجِعُهُمْ فَيُنَبِّئُهُمْ  
بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٨﴾

103. Katonda amaaso g'abantu tegamulaba naye ye alaba ebitonde byonna.

104. Omuntu alaba amazima n'agagoberera, amagoba gadda gy'ali: n'oyo eyecebya amaaso n'atalaba mazima, akabi k'okubula kadda ku ye.

Ye Nabbi Muhammadi (s.a.w.), ssi mukuumi ku bantu alyoke abalunnigamye olw'empaka, wabula mubaka bubaka atuusa eri bo ebyo ebyamutumwa.

105. Obuonero (Kuraane) bunnyonnyolwa mu ngeri ezitali zimu, era n'eb'okulabirako nfaafa biweebwa, abo abatamanyi basohole okutegeera.

Ekiibiina ekimanyi ky'eky'abo abamanya amazima ne bagagoberera era ne bamanya ebitali bituufu ne banyewala.

109. Era balayira ku Katonda n'obunyikiivu bw'okuyira kwabwe nti bwe kiriba nga kibajjidde ekyamagero balikikiriza ddala. Gamba nti: Ebyamagero biri eri Katonda: Kiki ekibamanyisa (mmwe Abasiraamu) nti mazima byo (oyamagero) bwe biba bizze (abakaafiiri) tebajja kukkiriza?

وَأَسْمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ لِيُنْزَلَ عَلَيْهِمْ الْقُرْآنَ  
وَأَسْمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ لِيُنْزَلَ عَلَيْهِمْ الْقُرْآنَ  
جَاءَهُمْ آيَةٌ يَوْمَئِذٍ بِهَا  
قُلْ إِنَّمَا الْآيَاتُ عِنْدَ اللَّهِ وَمَا يُشْعِرُكُمْ أَنَّهَا إِذَا جَاءَتْ لَا  
يُؤْمِنُونَ ﴿٩﴾

110. Era (naffe) tulikyusa emitima gyabwe n'okulaba kwabwe. Nga bwe batakkiriza ku mulundi ogwasooka, ne tubaleka mu kubula kwabwe nga babulubuuta.

وَنُقَلِّبُ أَفْئِدَتَهُمْ وَأَبْصَارَهُمْ كَمَا لَمْ يُؤْمِنُوا بِهِ أَوْلَٰى مَرَّةٍ وَذَرُّهُمْ  
فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١٠﴾

111. Mazima Ffe singa twassa gye bali Bamalaika, (babakakase obutuufu bw'Obubaka bwa Muhammadi) era ne bayogera nabo abafu, ne tubazuukiriza buli kintu mu lwatu, tebandibadde ba kukkiriza wabula nga ayagadde Katonda. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi:

وَلَوْ أَنَّا نَزَّلْنَا إِلَهُمُ الْمَلَكَةَ  
وَكَلَّمَهُمُ الْمَوْئِي وَحَشَرْنَا عَلَيْهِمْ  
كُلَّ شَيْءٍ قَبْلًا مَا كَانُوا يُولُونَا إِلَّا  
أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ  
يَجْهَلُونَ ﴿١١﴾

112. Era bwe kityo twateeka eri buli Nabbi omulabe (okuva) mu sitaane ez'omu

وَكَذَلِكَ جَعَلْنَا لِكُلِّ نَبِيٍّ عَدُوًّا

108. Mmwe abakkiriza temuvumanga abakaafiiri abasinza balubaale, nabo bandivuma Katonda olw'obutamanya bwabwe, olwo ne mubeera ensonga evumisizza Katonda.

Wabula mubaleke, oluvannyuma nga bazze eri Katonda alisasula buli omu omulimu gwe. Bwe guliba omulungi alimuwa empeera ennungi, bwe guliba omubi alimuboneriza.

109. Ggwe Muhammadi gamba abo abakaafiiri abasaba ebyamagero olw'okuwalaza empaka nti: "Ebyamagero biri mu buyinza bwa Katonda, bw'aba nga ayagadde asobola okubireeta."

110. Katonda yasiikiriza wakati waabwe n'obukkiriza. Tebasobola kulungama ne bwe balaba ebyamagero, nga era bwe batakkiririzaawo mu kusooka.

Era bo balirekebwa nga babulubuutira mu bukafiiri nga tebasobola kulungama mu kkubo ttuufu, kubanga okulungama mpeera y'abo ababa boolekedde ekkubo ly'okulungama ne banyii-kira okulikwata.

111. Tebandikkiriza ebyo byonna ne bwe baalibirabyeko n'amaaso gaabwe.

Era abasinga obungi mu bo tebamanyi nti Katonda y'alungamya oyo gw'aba ayagadde. Ate oyo gw'aba talungamizza, taf'upa kirala kyonna kisobola kumulungamya.

bantu (abajeemu) ne mu mageege (amajinni) nga bawerezagana bokka na bokka ebigambo ebinyirize kungulu ebigayaza. Singa Mukama wo yayagala tebandikikoze, kale baleke n'ebyo bye bagunjawo;

شَيْطَانِ الْإِنْسِ وَالْجِنِّ يُوحِي بَعْضُهُمْ  
إِلَى بَعْضٍ فُحَرْفُ الْقَوْلِ غُرُورًا  
وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ مَا فَعَلُوهُ فَذَرَّهُمْ  
وَمَا يَفْقَرُونَ ﴿١١٣﴾

113. Era giryoke giwulirize gye biri (eby'obulimba ebyo) emitima gy'abo abatakkiriza Nkomerero, eta balyoke babisiime era bakole ebyo bye bakola.

وَلِتَضَعِ إِلَيْهِ أَفْئِدَةُ الَّذِينَ لَا  
يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ وَيَرْضَوْهُ وَ  
لِيَفْتَرُوا مَا هُمْ مُفْتَرُونَ ﴿١١٤﴾

114. Atali Katonda gwe mba noonya okuba Omulamuzi, nga Naye Y'oyo ayassa gye muli Ekitabo (kino) ekinnyonyola? N'abo be twaleetera Ekitabo oluberyeberye bamanyi nti mazima kyo kyassibwa okuva eri Katonda wo n'amazima. Kale tebeereranga ddala (Ggwe Muhammadi) ow'omu babuusabuusa.

أَفَعَيَّرَ اللَّهُ أَبْنَعَى حَكَمًا وَهُوَ الَّذِي  
أَنْزَلَ إِلَيْكُمْ الْكِتَابَ مُفَصَّلًا وَ  
الَّذِينَ آتَيْنَاهُمُ الْكِتَابَ يَعْلَمُونَ أَنَّهُ  
مُرْسَلٌ مِنْ رَبِّكَ بِالْحَقِّ فَلَا تَكُونَنَّ  
مِنَ الْمُتَّعِبِينَ ﴿١١٥﴾

115. Kyajjula Ekigambo kya Mukama wo nga mazima na bwenkanya. Tewali wa kukyusa Bigambo Bye. Naye Muwulizi, Omumanyi.

وَتَمَّتْ كَلِمَتُ رَبِّكَ صِدْقًا وَعَدْلًا  
لَا مُبَدِّلَ لِكَلِمَاتِهِ وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿١١٥﴾

116. Bw'oligondera abasinga obungi abantu b'omu nsi balikubuza okukwawukanya ku kkubo lya Katonda. Tebagoberera (mu kubula kwabwe) wabula birowoozo, era tebali bo, wabula bageraageranya bugeraageranya.

وَلَنْ نُطِيعَ أَكْثَرَهُمْ فِي الْأَرْضِ نِضْوًا  
عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ إِنْ يَتَّبِعُونَ إِلَّا  
الظَّنَّ وَلَنْ هُمْ إِلَّا يَخْرُصُونَ ﴿١١٦﴾

117. Mazima Mukama wo, Y'amanyi omuntu abula okuva ku kkubo Lye; Era Ye

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ مَنْ يَضِلُّ عَنْ

115. Katonda yayogera mazima mw'ebyo bye yayogera, era yalamula mazima mw'ebyo bye yalamula. Tewali kubuusabuusa mu byo era tewali wa kubikyusa. Naye awulira eby'abaddu Be era amanyi ebikolwa byabwe. Tewali kisobola kumwekisa.

116. Tebali ku kumanya okutuufu, wabula balowoolereza bulowoolereza ebitali bituufu era ne bageraageranya nga tebaggya ku kumanya, era ne bagoberera ebyo ebitali bituufu.



Y'amanyi (abo) abalunngamu.

118. Mulyenga mu ebyo (ebisolo) ebibanga byogereddwako erinnya lya Katonda (mu kusalibwa), bwe muba nga muli abakkiriza Obubonero Bwe.

119. Mulina ki mmwe ekibagaana okulya mw'ebyo ebyogereddwako erinnya lya Katonda, nga mazima yabannyonyola ebyo bye yaziza ku mmwe, wabula ekyo kye muba muwalirizibwa gye kiri? Mazima bangi babula ku lw'obwagazi bwabwe awatali (kuggya) ku kumanya. Ddala Mukama Y'amanyi abasukka amateeka Ge.

120. Muleke (okukola) ebibi eby'okungulu n'eby'omunda (olwata ne mu kyama). Mazima abo abakola ebibi bagenda kusalulwa ebyo bye baalinga bakola.

121. Temulyanga kw'ebyo (ebisolo) ebityogereddwako linnya lya Katonda ddala mazima ekyo bwonoonyi. Era mazima basitaane baweereza (bakubiriza) eri abantu baabwe balyoke babakaayanye (mu bitaliimu). Bwe munaaba nga mubagondede, mazima mmwe mujja kubeera mw'abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala.

122. Oyo ayali nga mufu ne tumuzuukiza ne tumuteerawo ekitangaala ky'ata-

سَبِيلَهُ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِينَ ﴿١١٤﴾

فَكُلُوا مِمَّا ذَكَرَ اللَّهُ عَلَيْهِ

إِنْ كُنْتُمْ بآيَاتِهِ مُؤْمِنِينَ ﴿١١٥﴾

وَمَا لَكُمْ أَلَّا تَأْكُلُوا مِمَّا ذَكَرَ اللَّهُ

عَلَيْهِ وَقَدْ فَصَّلَ لَكُمْ مَا حَرَّمَ عَلَيْكُمْ

إِلَّا مَا اضْطُرِرْتُمْ إِلَيْهِ وَإِنَّ

كَثِيرًا لَيُضِلُّونَ بِأَهْوَاءِهِمْ

بِغَيْرِ عِلْمٍ إِنْ رَبُّكَ هُوَ أَعْلَمُ

بِالْمُعْتَدِينَ ﴿١١٩﴾

وَذُرُوا ظَاهِرَ الْأَيْدِي وَبَاطِنَهَا

إِنَّ الَّذِينَ يَكْسِبُونَ الْأَيْدِي سَيَجْرُونَ

بِمَا كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿١٢٠﴾

وَلَا تَأْكُلُوا مِمَّا لَمْ يَذْكُرْ اللَّهُ

عَلَيْهِ وَإِنَّهُ لَفِسْقٌ وَإِنَّ الشَّيْطَانَ

لَيُوحِيَنَّ إِلَى أَوْلِيَئِهِمْ لِيُجَادِلُوكُمْ

وَإِنْ أَطَعْتُمُوهُمْ إِنَّكُمْ لَمُشْرِكُونَ ﴿١٢١﴾

أَوْ مَن كَانَ مِثْلًا فَأَحْيَيْنَاهُ وَجَعَلْنَا

118. Bwe muba abakkiriza amateeka ga Katonda, mulyenga ennyama eyo esaliddwa ku mateeka Ge.

121. Mmwe Abasiraamu bwe mugondera banywanyi ba sitaane ne mugoberera ebigambo byabwe abo abatali Katonda, mujja kuba muvudde ku mateeka ga Katonda era nga muvudde ku ddiini yammwe ey'Obusiraamu.

Lino ly'etteeka eriganira ddala Omusiraamu kulya ennyama etasaliddwa mu mateeka ga ddiini.

mbula nakyo mu bantu, ayinza okuba nga oyo ekifaananyi kye alinga ali mu bizikiza nga tali wa kubivaamu? Bwe kityo bwe byanyirizibwa eri aba-kaafiiri ebyo bye baali bakola.

123. Era bwe kityo bwe twateeka mu buli kyalo abakulu mu boonoonyi baa-kyo balyoke basalire enkwe mu kyo. Tebasala nkwe (Iwa mulala yenna) wabula basalira myoyo gyabwe, naye tebamanyi.

124. Bwe buba nga bubajjidde Obujulizi, bagamba nti: Tetujja kukkiriza okutuusa (naffe) lwe tunaawebwa ekifaanana nga ebyo bye baawebwa ababaka ba Katonda. Katonda Y'amanyi awo w'assa obubaka Bwe. Kujja kubatuukako abo abaayonoona okunyoozebwa awali Katonda, n'e-bibonyobonyo ebityirivu (bya kubatuukako aboonoonyi), ku lw'ezo enkwe ze baalinga basala.

125. N'oyo Katonda gw'ayagadde okulunngamya, ayanjululiza ekifuba kye eri Obusiraamu; n'oyo gw'aba ayagadde okubuza afuula ekifuba kye ekifunda ekiziyivu n'aba ng'alinnya mu ggulu. Bw'atyo Katonda bw'assa ekibi kw'abo abatakkiriza.

لَهُ نُورٌ أَيْسَنِي بِهِ فِي النَّارِ كَمَنْ  
مَثَلُهُ فِي الظُّلْمِ لَيْسَ بِخَارِجٍ  
مِنْهَا كَذَلِكَ رُبِّينَ لِلْكَافِرِينَ مَا  
كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٢٣﴾

وَكَذَلِكَ جَعَلْنَا فِي كُلِّ قَرْيَةٍ كَبِيرًا  
مُجْرِمِيهَا لِيَمْزُكُوا فِيهَا وَمَا يَمْكُرُونَ  
إِلَّا بِأَنْفُسِهِمْ وَمَا يَشْعُرُونَ ﴿١٢٤﴾

وَإِذَا جَاءَتْهُمْ آيَةٌ قَالُوا لَنْ نُؤْمِنَ  
حَتَّى نُؤْتَى مِثْلَ مَا أُوتِيَ رُسُلُ  
اللَّهِ وَاللَّهُ أَعْلَمُ حَيْثُ يَجْعَلُ  
رِسَالَاتِهِ سَيُصِيبُ الَّذِينَ أَجْرَمُوا  
صَغَارًا عِنْدَ اللَّهِ وَعَذَابٌ شَدِيدًا  
بِمَا كَانُوا يَمْكُرُونَ ﴿١٢٥﴾

فَمَنْ يُرِدِ اللَّهُ أَنْ يَهْدِيَهُ يَشْرَحْ  
صَدْرَهُ لِلْإِسْلَامِ وَمَنْ يُرِدْ أَنْ  
يُضِلَّهُ يَجْعَلْ صَدْرَهُ ضَيِّقًا حَرَجًا  
كَأَمْثَا يُصْعَدُ فِي السَّمَاءِ كَذَلِكَ يَجْعَلُ  
اللَّهُ الرِّجْسَ عَلَى الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٢٥﴾

123. Basalira enkwe Bannabbi ababa batumiddwa gye bali, wabula ate akabi k'enkwe ezo kadda kubo

124. Abatakkiriza abo aboonoonyi bwe baafuna obubonero obulaga amazima ga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) baabuwakanya. Baagamba nti: "Tetujja kukkiriza Muhammadi okutuusa naffe lwe tunaawebwa obubaka nga ababaka ba Katonda."

Mw'abo abaayogera ekyo mwe muli Abu Jahal, eyagamba nti: "Mu mazima ga Katonda tetujja kumugoberera Muhammadi wabula nga naffe tuweereddwa Obubaka nga ye." Wabula Ye Katonda Y'amanyi oyo asaana obubaka n'abumuwa, sso tabuwa buli yenna aba abwagala.

126. Nalino ly'ekkubo lya| Katonda w e eggolokofu. Mazima tunnyonnyodde Obubonero eri ekibiina ekijjukira.

وَهَذَا صِرَاطُ رَبِّكَ مُسْتَقِيمًا قَدْ  
فَصَّلْنَا الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَذَّكَّرُونَ ﴿١٢٦﴾

127. Balina Ennyumba ey'emirembe (Ejjana) awali Mukama waabwe. Naye Katonda Ye Mukuumi waabwe ku lw'ebyo (ebirongoofu) bye baali bakola.

لَهُمْ دَارُ السَّلَامِ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَهُمْ  
وَلِيَّهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٢٧﴾

128. Olunaku lw'alibakunngaanya bonna, (alibagamba nti): Abange mmwe eggye ly'amageege! Mazima mwayitiriza okubuza bangi mu bantu. Ne bagamba bannaabwe (abo abaagobereranga amajinni) mu bantu, nti: Katonda waffe! Twasanyusagananga ffekka na ffekka, wabula (kati) tutuuse ku bbanga lyaffe eryo lye watugerera. Aligamba nti: Omuliro bwe buddo bwammwe. Muli ba kubeera mu gwo lubeerera, wabula ekyo ky'anaayagala (okuwonya) Katonda. Mazima Katonda wo Mukakasa, Omumanyi.

وَيَوْمَ نَحْشُرُهُمْ جَمِيعًا لِمَعْزَرِ الْجِنِّ  
فَدِ اسْتَلْزَمْتُمْ مِنَ الْإِنْسِ وَقَالَ  
أَوْلِيَهُمْ مِنَ الْإِنْسِ رَبَّنَا اسْمَعْ  
بَعْضَنَا بِبَعْضٍ وَابْعَثْنَا آجَلَنَا الَّذِي  
أَجَلْت لَنَا قَالَ النَّارُ مَثْوَاكُمْ  
خَالِدِينَ فِيهَا إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ إِنَّ  
رَبَّكَ حَكِيمٌ عَلِيمٌ ﴿١٢٨﴾

129. Era bwe kityo tufuza abamu mu balyazaamaanyi bannaabwe ku lw'ebyo bye baalinga bakola.

وَكَذَلِكَ لَوْلِي بَعْضَ الظَّالِمِينَ بَعْضًا  
بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٢٩﴾

130. Abange mmwe eggye ly'amageege n'abantu! Abaffe, tebaabajjira ababaka nga bava mu mmwe nga babategeeza mmwe Ebigambo Byange era

يَمْعَزُ الْجِنَّ وَالْإِنْسِ أَلَمْ يَأْتِكُمْ  
رَسُولٌ مِّنْكُمْ يَفْضُونَ عَلَيْكُمْ آيَاتِي

125. Katonda aziyiza ekifuba ky'oyo gw'aba ayagadde ne kitasobola kuyingiramu bukkiriza n'akatonu. Afunza ekifuba omuntu n'aba nga alinnya mu ggulu; naye nga bwe kiri nti tasobola kulinnva mu ggulu, kale bwe kitwo n'obukkiriza bwe butasobola kuyingira mu mutima gwe.

Ago amateeka ge tuteese mu Kitabo Kuraane, ly'ekkubo eggolokofu era tunnyonnyodde amazima eri abo abalina okutegeera.

127. Abalongoofu ku Lunaku Lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda baliba w'Ali, mu Nnyumba y'Ejjana, olwo nga abasasudde empeera y'emirimu gyabwe emirungi.

128. Abantu baasanyusanga amageege ku lw'okugoberera ebiragiro byago, ate n'amageege ne gasanyusa abantu ku lw'okukola ebyo bye baagalagiranga.

129. Tuddira abakafiiri abamu mu mageege ne bafuga abakafiiri mu bantu, ne babeera nga babalagira ne babagondera. Era ne mu bantu ne mubaamu abafuga amageege ne gabagondera. Kale okwefugangana kw'abakafiiri kiwonyaako abakkiriza okukemebwa kwa sitaane.

130. Amajinni n'abakafiiri mu bantu balyewaako bokka obujulizi ku Lunaku Lw'oluvannyuma

nga babatiisa (babalabula) okusisin-kana olunaku lwammwe luno? Bali-gamba nti: Twejuliddeko ffekka ku myoyo gyaffe. Wabula bwabagayaa obulamu bw'ensi. Ne bajulira ku myoyo gyabwe nga mazima bo bwe baali abatakkiriza.

131. Bwe kityo, teyali Katonda wo wa kuzikiriza kyalo ku lw'obulyazaamaanyi nga n'abantu baakyo tebategedde.
132. Balina buli omu amadaala olw'ebyo bye baakola. Tali Mukama wo muga-yaavu kw'ebyo bye bakola.
133. Ne Katonda wo Ye Mugagga Ayee-malirira, Nnannyini Kusaasira. Bw'aba nga ayagadde ayinza okubaggyawo n'asigizaawo oluvannyuma lwammwe abo b'ayagala, (okufaanako) nga nammwe bwe yabasibula mu zzadde ly'ekibiina ky'abalala.
134. Mazima ebyo bye mulagaanyisibwa bya kujja, era temuli mmwe ba kubiremesa (n'akatono).
135. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Abange ekibiina kyange! Mwekole-

وَيُنذِرُونَكُمْ لِقَاءَ يَوْمِكُمْ هَذَا  
فَأُولَئِكَ نَأْتِيهِمْ نَأْتِيهِمْ  
الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَتَشْهَدُونَ عَلَىٰ أَنفُسِهِمْ  
أَنَّهُمْ كَانُوا كَافِرِينَ ﴿١٣١﴾

ذَٰلِكَ أَنْ لَّمْ يَكُنْ رَّبُّكَ مُهْلِكَ  
الْقُرَىٰ بِطُلُوحِ وَأَهْلِهَا غِافِلُونَ ﴿١٣٢﴾  
وَلِكُلِّ دَرَجَةٍ مِّمَّا عَمِلُوا وَرَأَىٰكَ  
بِغَافِلٍ عَمَّا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٣﴾

وَرَبُّكَ الْغَنِيُّ ذُو الرَّحْمَةِ إِنْ يَشَاءُ  
يُذْهِبْكُمْ وَيَسْتَلْخِفْ مِنْ بَعْدِكُمْ مَاءً  
يَشَاءُ كَمَا أَنشَأَكُمْ مِنْ ذُرِّيَةِ قَوْمٍ آخَرِينَ ﴿١٣٤﴾

إِنْ مَا تُوْعَدُونَ لَاتٍ، وَوَمَا أَنْتُمْ  
بِمُعْجِزِينَ ﴿١٣٥﴾

قُلْ يَقَوْمِ اعْمَلُوا عَلَىٰ مَكَانَتِكُمْ إِنِّي

nga bwe baawakanya ababaka Katonda be yatuma.

131. Katonda teyandiinzizza kuzikiriza abantu ku lw'obukafiiri bwabwe nga tannabatumira mubaka abasisimule bave mu bugayaavu bwe balimu n'okubalagirira ekkubo eggolokofu wamu n'okwawula Katonda.

132. Buli omu mu bakozi b'obulungi n'abakozi b'obubi balina amadaala mu mirimu gyabwe gye bakola kuno ku nsi. Era bagenda kusinngana mu kusalwa nga bwe basinngana mu mirimu gyabwe.

Era Katonda amanyi ebyo bye bakola era abibala alyoke abasasule empeera zaabwe mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

133. Okubaawo kwammwe kuliwo ku lwa kwagala kwa Katonda; era n'ebyo byonna bye mulina biri mu buyinza Bwe era bw'aba ayagadde okubaggyawo, abaggyawo n'azzaawo abalala mu bifo byammwe b'aba ayagadde nga nammwe bwe yabassaawo nga muva mu balala.

136. Bo ku lwabwe bassangawo omugabo gwa Katonda mu birimwa byabwe ne mu bisolo

rere nga bwe musobola. Nange mazima nkola. Kyaddaaki mujja kumanya ani an'abeera nga yiye enkomerero (ennungi) mu Nnyumba ey'Oluvan-nyuma. Mazima tebagenda kulokoka abalyazaamaanyi.

136. Ne bateerawo Katonda omugabo mw'ebyo bye yatonda mu birime ne mu bisolo ebirundwa, ne bagamba nti: Guno (omugabo) gwa Katonda, ku lw'okulowooza kwabwe — na guno gwa bannafe (bakatonda baabwe). N'ogwo omugabo ogwabanga ogwa balubaale baabwe nga tegutuuka eri Katonda ate n'ogwo ogwalinga ogwa Katonda, gwo nga gwe gutuuka eri bakatonda baabwe. Kubi nnyo okulamula okwo kwe baalamulanga.

137. Bwe kityo kyalungiyizibwa eri abasinga obungi mu bagatta Katonda n'ebintu ebirala eky'okutta abaana baabwe; (olw'okubanga) bannaabwe (basitaane) baabalagiranga okuziika abaana baabwe nga balamu, balyoke babazikirize, era balyoke babatabulire eddiini yaabwe. Singa Katonda yayagala tebandikikoze. Kale baleke n'ebyo bye bagunja.

138. Era ne bagamba (abakaafiiri b'omu Makka) nti: Bino ebisolo n'ebirime bizizibwa. Tajja kubirya, wabula oyo gwe tunaabanga twagadde — (baa-

عَامِلٌ فَسَوْفَ نَعْمُونَ ۚ مَنْ تَكُونُ  
لَهُ عَاقِبَةُ الدَّارِ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ الظَّالِمُونَ ﴿١٣٦﴾

رَجَعُوا إِلَيْهِ مِنَّمَا دَرَأُوا مِنَ الْحَرْثِ ۚ  
الْأَنْعَامَ نَصِيبًا فَقَالُوا هَذَا لِلَّهِ بِرِغْمِهِمْ  
وَهَذَا لِلشَّرْكَائِنَا ۚ فَمَا كَانَ لِلَّهِ كِتَابٌ  
فَلَا يَصِلُ إِلَى اللَّهِ ۚ وَمَا كَانَ لِلَّهِ فَهُوَ  
يَصِلُ إِلَى شُرَكَائِهِمْ ۚ سَاءَ  
مَا يَحْكُمُونَ ﴿١٣٧﴾

وَكَذَلِكَ زَيْنَ لِكَثِيرٍ مِنَ الْمُشْرِكِينَ  
قَتْلَ أَوْلَادِهِمْ شُرَكَاءَهُمْ لِيُرُدَّهُمْ  
وَلِيَلْبِسُوا عَلَيْهِمْ دِينَهُمْ وَلَوْ شَاءَ  
اللَّهُ مَا فَعَلُوا فَعَدَّهُمْ وَمَا يَفْقَهُونَ ﴿١٣٨﴾

وَقَالُوا هَذِهِ أَنْعَامٌ وَحَرْثٌ حَجَرٌ لَا  
يُطْعَمُهَا إِلَّا مَنْ نَشَاءُ بِرِغْمِهِمْ ۚ

byabwe; naye empewo bwe yakunnguunsanga, empeke ezimu ne ziva ku mugabo gwa bakatonda baabwe ne zecgatta n'omugabo gwe bassizaawo Katonda nga tebazizzaayo. Kale kwe kugambibwa nti eyo ennamula yaabwe mbi nnyo.

137. Ggwe Nabbi baleke abo okutuusa Katonda lw'anaalamula wakati wo nabo.

Abawarabu edda nga eddiini tennaba kujja baaziikanga abaana baabwe abawala nga balamu olw'okutya okuswala nti singa omuwala oyo abadde akuze, si kulwa nga yandikola ekivve eky'obwenzi, oba nga balowooza singa wajjawo olutalo, abawala bandiwambibwa abalabe sso nga ekyc baali bakivvoola. Era tebaayagalanga kufuna bako. Mu ngeri endala nga babasaddaaka eri amasanamu.

138. Ebimera ebyazizibwa byebyo ebya balubaale n'amasanamu bye baasinzanga. N'ebisolo ebyazizibwa okutikka ebintu ku migongo n'ebyo okutaalamirizibwango linnya lya Katonda mu

kolanga batyo) ku lw'okuloozoa kwa-bwe. N'ensolo ezimu zaazizibwanga okuzitikka ku migongo gyazo, n'ensolo endala nga tezogererwako linnya lya Katonda. (Ebyo byonna byakolebwa) ku lw'okugunjawo kwabwe ku Ye (Katonda, obulimba). Agenda kubasasula ebyo bye baalinga bagunjawo.

139. Ne bagamba era, nti: Ebyo ebiri mu mbuto za bino ebisolo byeyawudde nga bya basajja bokka mu ffe, era bizira ku bakyala baffe; wabula bwe kyabanga ekifudde kyokka (mu mbuto) nga abakazi nabo beegatta (ne balya) ku kyo. (Katonda) agenda kubasasula ebighambo byabwe (eby'obulimba ku Ye). Mazima Ye Mukakasa, Omumanyi.

140. Mazima baafaafaaganirwa abo abat-tanga abaana baabwe mu busiru awatali (kuggya) mu kumanya, ne baziza ebyo Katonda bye yabagabira, ku lw'okugunjawo (obulimba) ku Katonda. Mazima baabula era tebaali balungamu.

141. Naye Y'oyo cy'asibula ennimiro ezitindirwa ebitindiro n'ezitatindirwa, era (n'atonda) emitende n'ebisigwa ebyawukamu mu mpooma yaabyo, n'emizayituuni n'enkomamawanga, ezifaanagana n'ezitafaanagana. Mulye ku bibala byagyo bwe biba nga bibaze, era muweeyo ekivunaanwa

أَنْعَامٌ حَزَمَتْ طُهُورَهَا وَأَنْعَامٌ لَا  
يَذْكُرُونَ أَسْمَاءَ اللَّهِ عَلَيْهَا أَفْتِرَاءً  
عَلَيْهِ سَيَجْزِيهِمْ بِمَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿١٣٩﴾

وَقَالُوا مَا فِي بُطُونِ هَذِهِ الْأَنْعَامِ  
خَالِصَةٌ لِّذُنُورِنَا وَمُحَرَّمٌ عَلَى  
أَزْوَاجِنَا وَإِنْ يَكُنْ مَمِينَةً فَهُمْ  
فِيهِ شُرَكَاءُ ۗ سَيَجْزِيهِمْ وَصْفَهُمْ  
إِنَّهُ حَكِيمٌ عَلِيمٌ ﴿١٤٠﴾

قَدْ خَسِرَ الَّذِينَ قَتَلُوا أَوْلَادَهُمْ سَفِيهًا  
بِغَيْرِ عِلْمٍ وَحَزَمُوا مَا رَزَقَهُمُ اللَّهُ  
أَفْتِرَاءً ۗ إِنَّهُ عَلَى اللَّهِ قَدْ ضَلُّوا  
وَمَا كَانُوا مُهْتَدِينَ ﴿١٤١﴾

وَهُوَ الَّذِي أَنْشَأَ جَنَّاتٍ مَّعْرُوشَاتٍ  
وَعَايِرَ مَعْرُوشَاتٍ وَالنَّخْلَ وَالزَّرْعَ  
مُحْتَبِلًا أَكْلُهُ وَالزَّرِّيُونَ وَالرُّمَّانَ  
مُتَشَابِهًا وَغَيْرَ مُتَشَابِهٍ كُلُّوا مِنْ ثَمَرِهِ

kubisala, by'ebyo (engamiya) ebyawongerwanga bakatonda baabwe (amasanamu).

Baakolanga ebyo ne beesiganya ku Katonda nti y'abalagidde bw'atyo. sso nga balimba be babyegunjiddewo bokka na bokka.

139. Abakafiri b'omu Makka, embuzi bwe yazaalanga ennume ne bagisala nga teribwako mukazi, ate bwe yabanga effudde yokka olwo beegattanga wamu n'abakazi okugirya.

141. Katonda ye yatonda ennimiro z'ebirimwa ebyo ebikole, wa ebikindiro ne biran-lirako nga emizabbibu n'ennyanya wamu n'ebirala ebifaanana nga byo; era n'atonda n'ebyo-ebiyimirira ku nduli zaabyo ng'emititi gy'emitende emwanyi. n'emirala.

ku byo oinaku lw'amakungula gaa-byo, naye temuduubuudanga. Mazima Ye (Katonda) tayagala baduubuuzi.

إِذْ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ آيَاتِنَا لَئِيْلَ مَا يَصَدَّقُونَ  
وَلَا تُسْرِفُوا إِنَّهُ لَا يُحِبُّ  
الْمُسْرِفِينَ ﴿١٣٧﴾

142. Ne mu nsolo ezirundibwa mulimu ezeetikka n'ezisalibwa. Mulye mw'e-byo Katonda bye yabagabira (wabula), temugobereranga amakube ga sitaane, mazima ye mulabe wammwe omweyolefu.

وَمِنَ الْأَنْعَامِ حَمُولَةً وَفَرْشَاءَ كُفُوا  
مِمَّا كَرِهَتْ لَكُمْ اللَّهُ وَلَا تَتَّبِعُوا أَحْطَاتِ  
الشَّيْطَانِ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ﴿١٣٨﴾

143. Giri emitindo munaana (egy'ebisolo eburundibwa — ekisajja n'ekikazi: Mu ndiga emitindo ebiri, ne mu mbuzi ebiri. Gamba nti: Ensajja zombiriri ze Yaziza, (Katonda) oba enkazi zombiriri, oba ebyo nnabaana w'ebikazi ebibiri bye yakunngaanya? Mumbuulire nga muggya ku kumanya bwe muba nga mwogera mazima.

ثَمِينَةٌ أُولَئِكَ مِنَ الضَّالِّينَ  
وَمِنَ الْمَعْرُوفِينَ قُلْ أَلَمْ يَكُنْ  
حَرَامَ أَوْلَادِ الْيَتَامَىٰ أَمْ أَنَّهُمْ  
عَلَيْهِ أَرْحَامٌ أَلَمْ يَكُنْ لَكُمْ بَعْلٌ  
إِن كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٣٩﴾

144. Ne mu ngamiya mulimu emitindo ebiri (ekikazi n'ekisajja) ne mu nte ebiri. Gamba nti: Ebisajja ebibiri bye yaziza, oba ebikazi ebibiri oba ebyo nnabaana w'ebikazi byombi bye yakunngaanya; oba mwali weemuli nga mujulira mu kiseera Katonda we yabalaamira ekyo? Kale ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo agunjawo obulimba n'abuteeka ku Kato-

وَمِنَ الْإِبِلِ اثْنَيْنِ وَمِنَ الْبَقَرِ اثْنَيْنِ  
قُلْ أَلَمْ يَكُنْ حَرَامَ أَوْلَادِ الْيَتَامَىٰ  
أَمْ أَنَّهُمْ عَلَيْهِ أَرْحَامٌ أَلَمْ يَكُنْ  
أَمْ كُنْتُمْ شُهَدَاءَ إِذْ وَضَعَكُمُ اللَّهُ  
هَذَا فَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَىٰ

Era ku kiseera ky'amakungula g'ebirime ebyo abantu balaarikwa okutoolako ekitundu Katonda kye yalagira — zzakaani — ku lw'okutukuzza emmaali eyo.

142. Mu bisolo eburundwa mulimu ebiwanvu ebisobola okwetikka nga engamiya n'ebyo ebimpi ebitasobola kwetikka nga embuzi n'endiga.

Abantu bakkirizibwa okulya byonna Katonda bye yabakkiriza wabula baleme kubuzibwanga sitaane ne bagondera by'abalagira oba by'abagaana kubanga ye mulabe wa bantu ow'olulango.

143. Muntegeze nga muggya ku kumanya, sso si ku kulowooza bulowooza, engeri Katonda bwe yaddirira ebisolo ebimu mw'ebyo ebyogeddwako n'abiziza okubirya nga bwe mugamba. a wamu n'okuba nga bifaanana.

144. Abo abazizanga ebyo Katonda bye yabagabira okulya tebaalina bujulizi bwonna bulaga



nda alyoke abuze abantu (awatali) kuggya ku kumanya? Mazima Katonda talunngamya kibiina ky'abalyazamaanya.

145. Gamba nti: Sisanga mw'ebyo Ebyaweerezebwa gyendi ebizira kw'alya okubirya, wabula nga kibadde ennyamanfu, oba omusaayi ogukulukuta, oba ennyama y'embizzi, — kuba mazima yo kyeninyalwa — Obanga kisaliddwa mu ngeri y'obwoononyi eky'ogereddwako eritali linnya lya Katonda. N'omuntu awalirizibwa okulya kw'ebyo ebizira (ku lw'enjala), nga tali abuze oba asussizza ekikomo, ddala (kw'oyo), mazima Katonda wo Musonyiyi, Musaasizi.

146. Ne kw'abo Abayudaaya twaziza buli (kisolo) ekirina enjala. Ne mu nte n'endiga twaziza ku bo okulya amasavu gaazo wabula ago ge gisitudde emigongo gyazo oba ago agabisse ebyenda, oba ago agaba geetabudde n'amagumba. Ekyyo twakibasasula ku lw'obubuze bwabwe. Mazima ffe tuli ba mazima.

147. Bwe babanga bakulimbisizza (Ggwe Muhammadi), gamba nti: Mukama

اللَّهُ كَذِبًا يُضِلُّ النَّاسَ بِغَيْرِ عِلْمٍ  
إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿١٤٥﴾

قُلْ لَا أجدُني ما أدرِجُ إلى محرِّمًا  
على طاعةٍ تطعمه إلا أن يكونَ  
ميتةً أو دماءً مسفوحًا أو لحم خنزيرٍ  
فإنه رجسٌ أو فسقًا أهلٍ لغير الله  
به فمن اضطرَّ غير باغٍ ولا عادٍ  
فإن ربك عفوفٌ رحيمٌ ﴿١٤٦﴾

وَعَلَى الَّذِينَ هَادُوا حَرَّمْنَا كُلَّ ذِي  
ظفرٍ وَمِنَ البقرِ وَالغَنَمِ حَرَّمْنَا عَلَيْهِمْ  
تَخَوُّهُمَا إِلَّا أَمَا حَمَلَتْ ظُهُورُهُمَا  
أَوِ الْحَوَايَا أَوْ مَا اخْتَلَطَ بِعَظْمٍ ذَلِكَ  
جَزَيْنَاهُمْ بِبَغْيِهِمْ وَإِنَّا لَصَدِيقُونَ ﴿١٤٧﴾  
فَإِنْ كَذَّبُوكَ فَقُلْ رَبُّكُمْ ذُو رَحْمَةٍ

nti Katonda Ye yabibalaamira, wabula baagunjawo bigunje ne babikonjera Katonda nti ye yabibalagira sso nga nedda.

Kale abo tewali abasinga bulyazaamaanyi era ekigendererwa kyabwe kwe kubuza abantu babaggye ku bulunngamu.

145. Nabbi agamba abakafiiri nti: "Sisanga kyonna kyawerebwa ku mmwe kulya cri oyo aba ayagadde okuggyaKo ennyama etalaamiriziddwako linnya lya Katonda mu kugisala (okusalibwa mu mateeka g'eddiini), (teekako) kaffekkyia n'ennyama y'embizzi. (Era gattako) n'ekyo ekisalibwa nga kiraamiriziddwako amannya ga balubaale ne bakatonda abalala." nga Abawarabu Abakafiiri bwe baakolanga nga Obusiraamu tebunnajja.

"Omuntu atavunaanibwa nga abadde alidde ebyo y'oyo alya olw'obwetaavu nga talina kirala kyonna kisobola kuwonya bulamu bwe. Ate era atekwa kulyako kigero bugero ekivumula enjala. Oyo asonyiyibwa Katonda n'akkirizibwa okulya buli kisolo ekirina ebinuulo ebiteya wudddecu nga engamiya, n'ennyonyi ezirina enjala ezeegatta gamba nga embaata ne Maaya.

Era baali tebakirizibwa kulya masavu ga nte oba embuzi oba endiga okuggyako ag oku migongo gyazo, ne mu byenda, n'ago ageetabudde mu magumba.

wammwe Ye Nnannyini kusaasira okugazi (okubuna wonna), era tegazizibwayo amaanyi ge (ekibonerezo kye okuva) ku kibiina ky'abonoonyi.

148. Bajja kugamba abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala nti: Singa Katonda yayagala, tetwandimugasse na bintu birala wadde bakadde baffe (tebandikikoze), era tetwandiziziza kintu kyonna. Bwe batyo bwe baalimba abo ab'oluberyeberye lwabwe okutuusa lwe baakomba ku bibonyobonyo Byaffe. Gamba nti Abaffe mulina okumanya (okukakafu) kw'ekyo mukutuggyireyo? Temugoberera wabula ebirowoozo, era temuli mmwe wabula mugeraageranya bugeraageranya.
149. Gamba nti: Katonda y'alina ensonga ezimatiza ddala: Singa yayagala yandibalunngamizza mwenna.
150. Gamba nti: Muleete abajulizi bammwe abo abanaajulira nti mazima Katonda yaziza bino (byonna). Bwe babanga bajulidde, (ggwe) tojuliranga awamu nabo. Era togobereranga okwagala kw'abo abalimbisa Obubonero Bwaffe, era abo abatakkiriza Bulamu bwa Luvannyuma! Nabo ku Katonda waabwe bamwenkanyankanya (n'ebintu ebirala).
151. Gamba nti: Mujje mbasomere ebyo Katonda bye yaziza ku mmwe, (ya-

وَأَسِعَةٍ وَلَا يَرُدُّ بَأْسَهُ عَنِ الْقَوْمِ  
الْمُجْرِمِينَ ﴿١٤٨﴾

سَيَقُولُ الَّذِينَ أَشْرَكُوا لَوْ شَاءَ اللَّهُ مَا  
أَشْرَكْنَا وَلَا آبَاؤُنَا وَلَا حَرَمْنَا مِنْ  
شَيْءٍ ؕ كَذَلِكَ كَذَّبَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ  
حَتَّى دَاخَرُوا آبَاءَهُمْ فَلَمْ يُعْوَدُوا  
مِنْ عِلْمِ فَتُخَرَّبُوا لَنَا ؕ إِنَّ تَتَّبِعُونَ  
إِلَّا الظَّنَّ وَإِنَّ أَنْهَمُ إِلَّا خُرُوفًا ﴿١٤٩﴾

قُلْ فَلِلَّهِ الْحُجَّةُ الْبَالِغَةُ فَلَوْ شَاءَ  
لَهَدَاكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿١٥٠﴾

قُلْ هَلْ تَسْأَلُونَ كُمُ الَّذِينَ يُشْرِكُونَ  
أَنَّ اللَّهَ حَرَّمَ هَذَا ؕ فَإِنْ شَرِهْتُمْ  
تَشْهَدُ مَعَهُمْ وَلَا تَسْمَعُ أَهْوَاءَ الَّذِينَ  
كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ  
بِالْآخِرَةِ وَهُمْ يَرْجِعُونَ كَدُورًا ﴿١٥١﴾  
قُلْ تَعَالَوْا أَتْلُ مَا حَرَّمَ رَبِّي كُمُ

147. Wadde okusaasira kwa Katonda kugazi. naye bw'aba asindise ebibonerezo kw'abo ababa bamujjeemedde tewali asobola kubizzaayo.

148. Ne bakafiri bannaabwe abasooka bwe batyo bwe baalimbanga Ababaka ba Katonda nga boogera nga bano bwe balimba. Sso nga kye boogerako tebakirinaako kye bakimanyiiko, wabula balimba bulimbi, ebyo byonna niga bakonjera Katonda awatali gye babiggya.

150. Kale baleete abajulizi abajulira obukakafu bw'ebyo bye baziza nti Katonda Ye yabalagira. Tebabulina wabula balimba bulimbi, n'olw'ekyo bwe bajulira tobeegattako.

151. Temuttanga abaana bammwe ku lw'okutya obwavu n'olw'obuzibu bw'okubagabirira

gamba); temumugattanga n'ekintu ekirala n'abazadde ababiri (muteekwa) okubayisa obulungi, era temuttaŋga abaana bammwe ku lw'okutya obwavu — Ffe tubagabira mmwe nabo — era temusembereranga eby'obwenzi obwo obw'olwatu n'obw'ekyama. Era temuttanga omwoyo (omuntu) ogwo Katonda gwe yaziza (okutta) wabula na mazima. Ebyo mmwe (Katonda) by'abalaamidde oba olyawo ne mugeziwala.

152. Era temusembereranga emmaali ya mulekwa wabula n'ekyo ekisinga obulungi, okutuusa lw'atuusa obukulu bwe. Mutuukirize okugera n'okupima, n'obwenkanya. Tetuwaliriza mwoyo wabula ekyo ekiri mu kusobola kwagwo. Era bwe mubanga mwogedde (nga mujulira oba ekirala kyonna) mwenkanyenga newankubadde nga abadde ow'oluganda olw'okumpi (y'asingibwa); n'endagaano za Katonda muzituukirize. Ekyo mmwe, ky'ekyo Katonda kye yabalaamira mulyoke mujjukire.

153. Kale (Katonda abalagira nti): Mazima lino ly'ekkuubo Lyange eggolokofu,

عَلَيْكُمْ إِلَّا تَنْشُرُوا بِهِ شَيْئًا  
بِالْوَالِدِينَ إِحْسَانًا وَلَا تَقْتُلُوا أَوْلَادَكُمْ  
مِنْ أُمَّلِقٍ طَحْنٍ نَزْرُقُمْ وَإِيَاهُمْ  
وَلَا تَقْرَبُوا الْفَوَاحِشَ مَا ظَهَرَ مِنْهَا  
وَمَا بَطْنٌ وَلَا تَقْتُلُوا النَّفْسَ الَّتِي  
حَوَّمَ اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ ذَلِكُمْ وَصَّيْتُمْ  
بِهِ لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ﴿١٥١﴾

وَلَا تَقْرَبُوا أَمْوَالَ الْيَتَامَى إِلَّا بِالْحَقِّ  
هِيَ أَحْسَنُ حَتَّىٰ يَبْلُغُوا أَشُدَّهُمْ وَأَوْفُوا  
الْكَيْلَ وَالْمِيزَانَ بِالْقِسْطِ ۚ لَوْ كَفَّ  
نَفْسًا إِلَّا وَسَعَهَا ۚ وَإِذَا قُلْتُمْ وَعْدُوا  
وَلَوْ كَانَ ذَا قُرْبَىٰ ۖ وَبِعَهْدِ اللَّهِ أَوْفُوا ۚ  
ذَلِكُمْ وَصَّيْتُمْ بِهِ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿١٥٢﴾

وَأَنَّ هَذَا صِرَاطٌ مُسْتَقِيمٌ فَاتَّبِعُوهُ

kubanga Ye Katonda abaga birira.

Abawarabu abamu battanga abaana baabwe ku lw'okutya okubaliisa ne ku lw'ensonga endala, naye Obusiraamu bwe bwajja ne buggyawo empisa eyo embi.

Obwenzi obw'olwatu kwe kwenda ku bamalaaya ate okwenda-okw'ekyama kwe kuganza mu kyama.

Okutta omuntu kizira wabula nga attiddwa lwa kulokola ekyo ekimukakasaako okuttibwa mu mateeka ga Katonda. Ebyo byonna bikuutirwa ku bantu balyoke bategeere amateeka ga Katonda, baleme kwetantala kugamenya.

152. Temulyanga mmaali ya bamulekwa mu butali butuufu mu mateeka okutuusa lw'avubuka ne mugimuwa mu bujuvu. Era mwenkanye mu bipimo.

Omuntu bw'aba anyikidde okuwaayo ebyo ebiri mu kusobola kwe Katonda tamuwaliriza mw'e-byo by'atasobola.

Ebyo bikuutirwa abantu balyoke beebuulirire nabyo era balekeyo ebyo bye babadde bakola Katonda bye yagaana.

kale muligoberere. Temugobereranga amakubo amalala (agatali lyo), ne gabaawukanya mmwe ku kkubo Lye. Ekyo mmwe ky'abalaamidde, mulyoke (mwekuume) mutye Katonda.

154. Oluvannyuma (bategeeze Ggwe Muhammadi) nti: Twawa Musa Ekitabo (Taurati) mu bujjuvu, (nga kyongerera) kw'oyo eyalongoosa n'okunyonnyola buli kintu, era nga bwe bulungamu n'okusaasira, oba olyawo ne bakkiriza okusisinkana ne Katonda waabwe mu Bulamu Obw'oluvannyuma.
155. Na kino Ekitabo (Kuraane) twakissa nga kya mukisa. Kale mukigoberere era mutye Katonda, mulyoke musaa-sirwe.
156. (Kyassibwa) muleme okugamba (mmwe Abawarabu): Mazima kyassibwa Ekitabo ku bibiina bibiri (byokka, eby'Abayudaaya n'Abakristaayo) oluberye-berye lwaffe, na mazima (ffe) twali abagayaavu ku (kumanya) okusoma kwabwe;
157. Oba ne mugamba nti: Singa mazima kwassibwa ku ffe Ekitabo, twandibadde abalungamu okusinga bo (ab'ebitabo ebyasooka). Ddala kale kuba-jjidde okunyonnyolwa (okukakafu) nga kuva eri Mukama wammwe, n'okulungama n'okusaasira; kale ani asinga obulyazaamaanyi ku oyo ali-

وَلَاتَتَّبِعُوا السَّبِيلَ فَتَقْرَبَ بِكُمْ عَنْ  
سَبِيلِهِ ذَلِكَ وَمَا بِهِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٥٦﴾

ثُمَّ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ تَمَامًا عَلَى  
الَّذِي أَحْسَنَ وَنَفَصِيلًا لِلَّذِينَ نَشَاءُ  
وَهُدًى وَرَحْمَةً لِّعَالَمِهِمْ بِلِقَاءِ  
رَبِّهِمْ يُؤْمِنُونَ ﴿١٥٧﴾

وَهَذَا كِتَابٌ أَنْزَلْنَاهُ مُبَارَكًا فَاتَّبِعُوهُ  
وَأَلْفُوا لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿١٥٨﴾

أَنْ تَقُولُوا إِنَّمَا أَنْزَلَ الْكِتَابَ عَلَى  
طَائِفَتَيْنِ مِنْ قَبْلِنَا وَإِنْ كُنَّا  
عَنْ دَرَأْسَتِهِمْ لِّغَافِلِينَ ﴿١٥٩﴾

أَوْ تَقُولُوا لَوْ أَنَّا أَنْزَلْنَا الْكِتَابَ  
لَكُنَّا أَهْدَى مِنْهُمْ فَقَدْ جَاءَكُمْ  
بَيِّنَةٌ مِنْ رَبِّكُمْ وَهُدًى وَرَحْمَةٌ  
فَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ كَذَّبَ بِآيَاتِ اللَّهِ

153. Kubanga okutya Katonda kwe kutuusa omuntu eri Ye n'okumulungamya eri ebyo Katonda by'ayagala.

155. Katonda yakutira abantu beetegereze amakulu agali mu Kuraane era bagigoberere wamu n'okugikozesa, kubanga kyo Kitabo kya mukisa eri oyo yenna akikozesa n'okugigoberera. Era Kyo, gwe muguwa gwa Katonda omugumu.

156. Kuraane yassibwa, Abawarabu baleme kwekwa nti ebitabo by'amateeka ga Katonda byakka ku Bayudaaya abagoberezi ba Musa n'Abakristayo abagoberezi ba Issa.

Era baleme kugamba nti: "Naffe twali bagayaavu ku kusoma kwabwe ebitabo ebyo byombiriri ku lw'obutamanya lulimi lwabyo mwe biri."

157. Tewali mulyazaamaanyi asinga oyo ayawukana kw'ebyo Omubaka Nabbi bye yajja nabyo

mbisa Obubonero bwa Katonda, n'abwawukanako? Tugenda kusasula abo abawukana ku Bubonero Bwaffe ebibonyobonyo ebibi ku lw'ebyo bye baalinga baawukanako.

158. Abaffe balindirirayo (ekirala), wabula okubajjira Bamalaika; oba okujja Mukama wo (gye bali), oba bujje obubonero bwa Mukama wo? Olunaku lwe bulijja obumu mu bubonero bwa Katonda wo, tekugenda kugasa mwoyo okukkiriza kwagwo (kw'olwo) ogutaali nga gwakkiriza oluberyeberyey, (wadde) obanga tegwakola mu bukkiriza bwagwo obulungi (oluberyeberyey). Gamba abo (abakwawukanako) nti: Kale mulindirire! Naffe mazima tulindiridde!
159. Mazima abo abayawulayawula eddiini yaabwe ne babeera ebibiina ebyawukamu, toli (Ggwe Nabbi Muhammadi) avunaanyizibwa ku bo mu kintu kyonna. Mazima ekigambo kyabwe kiri eri Katonda, oluvannyuma alibannyonyola ebyo bye baali bakola.
160. Omuntu alijja (nga akoze) ekirungi alina (okusasulwa ebirungi) emirundi kkumi ebifaanana nga kyo, n'omuntu alijja n'ekibi tagenda kusasulwa, wabula ng'ekifaananyi kyakyo; nabo (abantu) tebagenda kulyazaamaanizibwa.

وَصَدَفَ عَنْهَا سَجْوَىٰ الذِّينِ  
يَصِدُّونَ عَنْ آيَاتِنَا سَوَاءَ الْعَذَابِ  
بِمَا كَانُوا يَصْدِرُونَ ﴿١٥٨﴾

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا أَنْ نَأْتِيَهُمُ الْمَلَائِكَةُ  
أَوْ يَأْتِي رَبُّكَ أَوْ يَأْتِي بَعْضُ آيَاتِ رَبِّكَ  
يَوْمَ يَأْتِي بَعْضُ آيَاتِ رَبِّكَ لَا يَنْفَعُ  
نَفْسًا إِنَّمَا نَهَا لَمْ تَكُنْ أَمَنَتْ مِنْ  
قَبْلُ أَوْ كَسَبَتْ فِي إِيمَانِهَا خَيْرًا  
ثُلَّ أَنْ تَنْظُرُوا وَإِنَّا مُنْتَظِرُونَ ﴿١٥٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ قَفَرُوا ذَرِبْنَاهُمْ  
وَمَا كَانُوا شِيعَا  
لَسْتُ وَمَنْ فِي شَيْءٍ لَمَّا أَمَرَهُمْ إِلَى  
اللَّهِ ثُمَّ يَتَّبِعُهُمْ بِمَا كَانُوا يُفْعَلُونَ ﴿١٦٠﴾

مَنْ جَاءَ بِالْحَسَنَةِ فَلَهُ عَشْرٌ مِثْلِهَا  
وَمَنْ جَاءَ بِالسَّيِّئَةِ فَلَا يُجْزَىٰ إِلَّا  
مِثْلُهَا وَهُوَ لَا يُظْلَمُونَ ﴿١٦٠﴾

nga biva eri Katonda, n'atabikkiriza era n'atabikozesa. Oyo ajja kubonyabonyezebwa ebibonerezo ebisinga obubi — okuyingizibwa mu muliro, babeeremu lubeerera.

158. Olunaku lwe bulituuka obumu ku bubonero bwa Katonda obulaga enkomerero, omuntu alibeera nga teyakkiriza, tekugenda kumugasa okukkiriza ku olwo. Era na buli yenna omujeemu, emirimu gye emirungi gye yali akola tegenda kumugasa oluvannyuma lw'okujja obubonero obwo.

159. Abo abava ku ddiini y'Obusiraamu ne ku mateeka ago agali mu Kitabo kya Katonda, tebvunaanyizibwa ku Nabbi Muhammadi olw'ebyo bye bakola. "Eddiini yo bwe Busiraamu (Ggwe Muhammadi) n'amateeka go ge go agali mu Kitabo Ekitukuvu Kuraane, ly'ekkubo lyokka eryawufu eritakkirizibwa kutabulamu kintu kirala."

160. Akola ekirangi afuna empeera y'ekyenkanyi kyakyo emirundi kkumi, wabula ow'ekibi

161. Gamba nti: Mazima nze, annunngamizza Katonda wange eri ekkubo eggolokofu, Eddiini engolokofu, Eddiini ya Ibrahimu (Omwesimbu), eyayawukana ku ddiini (endala) zonna, teyali mw'abo abagatta Katonda n'e-bintu ebirala.

قُلْ إِنِّي هَدَيْتُ رَبِّيَ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ۗ دِينًا قَدِيمًا مِلَّةَ إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا ۗ وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٦١﴾

162. Gamba nti: Mazima okusaala kwange n'emirimu gyange gye nkola (egy'-obulungi gyonna) n'obulamu bwange n'okufa kwange, (byonna) bya Katonda Omulezi w'ebitonde.

قُلْ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي وَمَحْيَايَ وَمَمَاتِي لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦٢﴾

163. Talina amwegattako (mu Bwakatonda Bwe). N'ekyo (eky'okumwawula) kye nalagirwa, nange nze ow'oluberyeberyey mu bamugoberedde.

لَا شَرِيكَ لَهُ ۗ وَبِذَلِكَ أُمِرْتُ وَأَنَا أَوَّلُ الْمُسْلِمِينَ ﴿١٦٣﴾

164. Gamba (abakwawukanako) nti: Atali Katonda Omutonzi gwe mba nnoonya okuba Mukama wange, nga naye ye Mulezi wa buli kintu? Era tegukola buli mwoyo gwonna wabula (ekyo kye guba gukoze) kiba ku gwo, (wadde) tegugenda kwetikka omwoyo ogwayo-noona kibi kya mulala. Oluvanyuma eri Katonda wammwe y'eri obuddo bwammwe n'alyoka abategeeza ebyo bye mwali mwawukanamu.

قُلْ أَعْبُدُوا اللَّهَ ابْعُدُوا رَبًّا وَهُوَ رَبُّ كُلِّ شَيْءٍ ۗ وَلَا تَكْسِبُ كُلُّ نَفْسٍ إِلَّا عَلَيْهَا ۗ وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَى ۗ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ مَرْجِعُكُمْ فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنتُمْ فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿١٦٤﴾

165. Era Ye Y'oyo eyabafuula abasika b'ensi n'asitula abamu waggulu w'abalala mu madaala, alyoke abagezeze mw'ebyo by'abawadde. Mazima Mu-

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَكُمْ خَلَائِفَ الْأَرْضِ ۗ وَرَفَعَ بَعْضَكُمْ فَوْقَ بَعْضٍ دَرَجَاتٍ

asasulwa ekibi ekyo obutayongezamu.

Abantu tebalivunaanwa ekyo kye bataakola wadde okubonerezebwa ku lw'ekyo kye bataakola. Era si ba kukendeerezebwa ku mpera za birungi byabwe bye baakola.

163. Nze Nabbi Muhammadi nze w'oluberyeberyey mw'abo Abasiraamu abagoberedde amateka Ge.

164. Buli muntu agenda kuvunaanwa ebibi bye yakola. Oluvanyuma nga bazze gy'Ali Katonda, alibategeeza buli bamu emirimu gyabwe egyo gye baalinga bawukanamu kuno ku nsi.

165. Katonda yafuula abantu abamu abasika ku bannaabwe — era nga omulembe gudda mu kifo ky'omulembe omulala. Era yasukkulumyamu mu madaala, g'ebitiibwa, okusoma n'ebirala. ag'a-

kama wo mwangu wa bibonerezo,  
(era nga) mazima ddala Ye Muso-  
nyiyi, Omusaasizi.

لَيَبْلُوَكُمْ فِي مَا آتَيْتُمُوهُ إِن رَّبَّكُمْ سَمِيعٌ  
بِئَرِ الْعُقَابِ ذُرِّيَّتَهُ لَغُفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٦٥﴾

---

bamu ku ga bannaabwe, era abagezesa n'ebyo by'abawa alabe oyo ayeebaza n'oyo omujecmu ateebaza.

Katonda abonereza amujcemera wabula asonyiwa, era n'asaasira oyo amuk kiriza n'amugondera.



## EBIFA KU SSUULA AL-AARAAF MU BUFUNZE (7)

Essuula eno eyitibwa Al-Aaraaf okusinziira ku aya 46. Eno y'emu ku ssuula **empanvu czakkira e Makka**. Erina aya 206.

Essuula eno, yo ebikulu ennyo by'eyogerako kwe kunnyonyola obubaka **obwo Katonda** bwe yassa ku Bannabbi Be babusaasaanye mu bantu, n'olw'ekyo eteeka **nnyo** essira ku kuyita abantu babukkirize. Essuula era ennyonyola mu bujjuvu ebyafaayo by'abantu, okuviira ddala ku Adamu okugenda waggulu, okuyitira mu Bannabbi eb'enjawulo — nga byo ebyafaayo bya Nabbi Musa binnyonyolwa mu bujjuvu wamu n'okukakaalukana kwe mu kutuusa obubaka bwe yatumwa nabwo okutuukira ddala ku Nabbi Muhammadi, oyo eyali ow'enkomerero.

Essuula etandika na kuyita bantu bakkirize era bagoberere obubaka **bwa Nabbi Muhammadi** era nti singa bagaana okukola ekyo, kajja kubajjuutuka mu Nkomerero ya byonna. Enjawulo wakati w'obubi n'obulungi eragibwa ebyafaayo ebifa ku Adamu ne Sitaane (Ibliisa) ecyekuluntaza n'ajeemera ekiragiro kya Katonda, Bwe yalagira bama-laika bonna okuvunnamira Adamu ye Sitaane (Ibliisa) n'agaana. Ekyo yakikola olw'okwekuluntaza, ensaalwa n'obuggya ebyali mu mutima gwe ebyamutuusa ne ku kukema Adam n'alya ku muti ogwali gumugaaniddwa. Kati abantu balabulwa beewale okula-bankanya kwa Sitaane kubanga ye yafuukira ddala omulabe waabwe ow'olulango okuviira ddala ku Adamu. Era ebiragiro bya Katonda ebitukuvu biweebwa nga bigeraageranyizibwa ku ebyo ebikolwa ebibi ebya Sitaane n'akabi akabivaamu. Kale olw'obutakkiriza Mazima enkomerero embi mu bulamu Obw'oluvannyuma eri eri abajeemu. A bantu baawulwamu emitendera esatu: Abakkiriza, abo ab'okwesiima mu Jjana n'abo abatakkiriza Bwomu bwa Katonda, bannabbi Be n'obubaka Bwe, ab'okwesogga omuliro, okwo tekeko abo abantu ba Al-Aaraafu, abaliyingira Ejjana oluvannyumako.

Essuula era eyogera ku byafaayo bya Bannabbi abamu ng'etandikira ku bya Nabbi Nuuhu, n'ezzaako Huudu Swalihi, Luutu, Swaibu ne Musa. Byo ebyafaayo bya Musa binnyonyolwa okusinga ku birala, nga biraga enkakaalukana ye ne Fir'auna ne bannansi be (mu Misiri), era nga biraga n'obuzibu bwe yayitamu ng'ali mu bantu be Abalsraili, abo abaali abakalubo ennyo era abajeemu ku Bubaka bwa Katonda — ebyafaayo ebyo byogerwako kirage nti Ababaka ba Katonda baajeemerwa wamu n'okuwakanyizibwa, wabula mu nkomerero ya byonna Amazima gaawangulanga, obwononyi ne bulemwa. Kale abantu b'omulembe gwa Nabbi Muhammadi kwe kulabulwa beewale obuजेemu basobole okwewonya enkomerero embi.

Abaana ba Adamu kati, oluvannyuma lw'okuzaalukuka ne babuna ensi yonna **bajju-kizibwa** Endagaano ya Katonda ne Jjajjaabwe Adamu balyoke bakkirize era bagoberere **Obubaka bwa Nabbi Ow'enkomerero**. Kyo eky'okulabirako eky'oyo eyali ategedde **Amazima** ate n'agalagajjalira ne yeemalira ku by'okufuna kw'ensi kiweebwa, kibeere okulabula eri abo abawakanya obubaka. Ebika by'abantu abo abakyamu abatakozesa kumanya okwabaweebwa, byogerwako era balabulwa, banenyezebwa, teekako n'okutiisibwa ekiribaviira mu ngeri zaabwe ezo embi.

Essuula emaliriza nga enyoomoola oyo asinza ebyo ebitawulira era ebitasobola kumugasa olw'okubisinza wadde okumukola akabi olw'obutabisinza. Sso nga oyo **yekka** ateckwa okusinziirwa ye Katonda Omutonzi era Omugabi Alina obuyinza **obujjuvu** kw'ebyo bye Yatonda.



## ESSUULA AL-AARAAF (7)

Yakkira Makka: Erina ebitundu 24 ne aya 206

*Ku linnya Iya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Alif, Laam, Miim, Swad.

التَّصْوِطِ

2. Ekitabo (kino Kuraane) kyassibwa gy'oli (Ggwe Muhammadi) — kale temubeeranga mu kifuba kyo okunyigibwa ku lwakyo — (Era kyasibwa) olabule nakyo era nga kya kubuulira eri abakkiriza.

كَيْتَابٍ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ فَلَا يَكُنُ فِي صَدْرِكَ حَرَجٌ مِّنْهُ لِتُنذِرَ بِهِ وَذِكْرَىٰ لِلْمُؤْمِنِينَ

3. Mugoberere ebyo ebyassibwa gye muli nga biva eri Mukama wammwe, temugobereranga omulala atali Ye. Mujjukira kitono!

اتَّبِعُوا مَا أَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ مِّن رَّبِّكُمْ وَلَا تَتَّبِعُوا مَن دُونَهُ أُولَٰئِكَ هُمُ قَلِيلٌ مَّا تَذَكَّرُونَ

4. Bimeka ebyalo bye twazikiriza (ku lw'obwonoonyi bwabwe) ne bibajjira ebibonerezo byaffe ekiro nga beebase, oba mu ttuntu nga nabo bali mu ggandaalo.

وَكَمْ مِّن قَرْيَةٍ أَهْلَكْنَاهَا فَجَاءَهَا بَأْسُنَا بَيَاتًا أَوْ هُمْ قَائِلُونَ

5. Tekwali okuwanjaga kwabwe, mu kiseera awo bwe byabajjiranga ebibonerezo byaffe, wabula baagambanga nti: Mazima ffe twali balyazaamaanyi (ku lw'obutakkiriza babaka).

فَمَا كَانَ دَعْوَاهُمْ إِذْ جَاءَهُمْ بَأْسُنَا إِلَّا أَنْ قَالُوا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ

1. Katonda yazitandisa essuula ezimu, ennyukuta ez'engeri eyo, era y'amanyi amakulu ge yagenderera mu zo.

2. Tobuusuabuusa mu Kitabo kino ggwe Muhammadi.

3. Mugoberere ebyo byonna by'azze nabyo Nabbi Muhammadi (s.a.w). Sso temugoberera omulala yenna atali Katonda n'abagya kw'ebyo Omubaka Muhammadi by'azze nabyo.

4. Twazikiriza ebyalo bingi nnyo ku lw'abantu baabyo okwawukana ku babaka be twabatumira. Era twabalecteranga ebibonerezo abamu kiro n'abalala misana.

6. Kale tugenda kubuuliza ddala abo be twatumira (obubaka Bwaffe), era tugenda kubuuliza ddala ababaka.
7. Tugenda kubategeereza ddala (bye baakola) nga tuggya ku kumanya, kuba tetwali bataaliwo (wadde aka-seera akatono nga babikola).
8. N'okupima ku lunaku olwo kuliba kwa mazima. N'omuntu bwe birizitowa ebipimo bye (eby'emirimu emirungi), abo bo be b'okulokoka;
9. N'omuntu bwe biriwewuka ebipimo bye: abo be bo abaafaafaaganirwa emyoyo gyabwe ku lw'ekyo kye baalinga balyazaamaanyamu Obubonero bwaffe.
10. Mazima twabatebenkeza (mmwe abantu) mu nsi, ne tubateerawo mu yo emirimu gye mufunamu (ebibabeezaawo mu bulamu). (Wabula) mwebaza katono nnyo!
11. Mazima twabatonda, oluvannyuma ne tubawa ekifaananyi (kyammwe eby'obuntu), oluvannyuma ne tugamba bamalaika: Muvunnamire Adamu! Ne bavunnama (bonna), okuggyako Ibliisa (Sitaane), teyali wa mu bavunnama.
12. (Katonda) n'agamba nti: Kiki ekikuziyizizza okuvunnama mu kiseera bwe
6. فَلَسَّعَلْنَا الَّذِينَ أُرْسِلَ إِلَيْهِمْ وَلَسَّعَلْنَا الْمُرْسَلِينَ ﴿٦﴾
7. فَلَنَقُصَّنَّ عَلَيْهِمْ بِعِلْمٍ وَمَا كُنَّا غَائِبِينَ ﴿٧﴾
8. وَالْوَزْنُ يَوْمَئِذٍ الْحَقُّ ۖ مَن تَقَلَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٨﴾
9. وَمَن خَفَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَٰئِكَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ بِمَا كَانُوا بِآيَاتِنَا يَظْلِمُونَ ﴿٩﴾
10. وَلَقَدْ مَكَّنَّاكُمْ فِي الْأَرْضِ وَجَعَلْنَا لَكُمْ فِيهَا مَعَايِشَ ۗ قَلِيلًا ۗ أَفَأَتُكْفَرُونَ ﴿١٠﴾
11. وَلَقَدْ خَلَقْنَاكُمْ ثُمَّ صَوَّرْنَاكُمْ ثُمَّ قُلْنَا لِلْمَلَائِكَةِ اسْجُدُوا لِآدَمَ فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ ۖ لَمْ يَكُن مِّنَ السَّاجِدِينَ ﴿١١﴾
12. قَالَ مَا مَنَعَكَ آلَا تَسْجُدَ إِذْ أُمِرْتَ ۖ
6. Tugenda kubuuzza Ababaka abo be twatumanga gye bali (abantu) okubatuusaako ebyo bye twabatuma. Nga ekyo kya kubaawo ku Lunaku Lw'enkomerero.
7. Katonda alibategeza abaddu Be ku Lunaku l.w'oluvannyuma ebyo byonna bye baayogeranga ne bye baakolanga, kubanga Ye alaba buli kintu ekiseera kyona; tetwali kimwekweka.
9. Batuuka ku kuzikiriza emyoyo gyabwe ku lw'okulyazaamaanya Amazima ne bagaanira okukiriza Obubaka bwa Katonda Ababaka bwe bajja nabwo. Era bagaanira n'okugoberera amateeka ga Bannabbi ge bajja nago okuva eri Katonda.
12. Ibliisa — ye mukulu wa basitaane. Ibliisa yannyonyola ensonga eyamugaana okuvunnamira Adamu nti lwa kubeeera nga ye, ye yali omulungi okusinga Adamu. Ekyo ne kibeeera ate nga ky'ekibi ekisinga okugaana okuvunnama.

nkulagidde? (Ibliisa) n'agamba nti: Nze mulungi okusinga ye (Adamu). Wantonda mu muliro (ye) n'omutonda mu ttaka.

13. (Katonda) n'agamba nti: Kka okuva mu yo (Ejjana)! Tolina gwe kwekuluntaliza mu yo, kale fuluma! Amazima ggwe oli wa mu banyoomebwa.
14. (Ibliisa) n'agamba nti: Nnindiriza okutuusa ku lunaku lwe baalizuukizibwa.
15. (Katonda) n'agamba nti: Mazima gwe oli mu balindirizibwa.
16. (Ibliisa) n'agamba nti: Nga bw'ombuzizza, nja kubatuuliriranga (abaddu bo nga mbateeze) ku kkubo Lyo Eggolokofu;
17. Oluvannyuma nja kubajjiranga okuva mu maaso gaabwe n'emabega waabwe ne ku ddyo waabwe ne ku kkono waabwe, era togenda kusanga nga abasinga obungi mu bo beebaza (ebyengerera Byo).
18. (Katonda) n'agamba nti: Vvaamu mu yo, nga oli avumiddwa, agobed-dwa. Omuntu aliba akugoberedde mu bo, Nngenda kujjuza omuliro (Jahannama) okuva mu mmwe mwenna.
19. Owange Adamu! Tuula Ggwe ne mukyala wo (Haawa) mu Jjana era

قَالَ اَلَا خَيْرٌ مِّنْهُ خَلَقْتَنِي مِنْ نَّارٍ  
وَخَلَقْتَهُ مِنْ طِينٍ ﴿١٣﴾

قَالَ فَاهْبِطْ مِنْهَا فَمَا يَكُونُ لَكَ أَنْ  
تَتَكَبَّرَ فِيهَا فَاخْرُجْ اِنَّكَ مِنَ الصَّغِيرِينَ ﴿١٤﴾

قَالَ اَنْظِرْنِي اِلَى يَوْمٍ يُبْعَثُونَ ﴿١٥﴾

قَالَ اِنَّكَ مِنَ الْمُنظَرِينَ ﴿١٥﴾

قَالَ فَمَا عَتَوَيْتَنِي لِأَقْعُدَنَّ لَهُمْ  
صِرَاطَكَ الْمُسْتَقِيمَ ﴿١٦﴾

ثُمَّ اَلَاتِيَنَّهُمْ مِّنْ بَيْنِ اَيْدِيهِمْ وَمِنْ  
خَلْفِهِمْ وَعَنْ اَيْمَانِهِمْ وَعَنْ شَمَائِلِهِمْ  
وَلَا تَحِذُ اَنْ تَرَهُمْ شَاكِرِينَ ﴿١٧﴾

قَالَ اَخْرُجْ مِنْهَا مَذْمُوْمًا مَّدْحُوْرًا لَّنْ  
نَبْعَثْكَ مِنْهَا لِمَنْ يَّرْتَضِيْنَ ﴿١٨﴾

وَاِيَادُهُمْ اَسْكُنْ اَنْتَ وَزَوْجُكَ الْجَنَّةَ

Yatunuulira obutonde bwe n'atatuulira kitiibwa kya Katonda n'oyo gwe yagulumiza. Kale Katonda yamugoba mu kusaasira Kwe era n'akolimirwa.

13. 'Kka okuva mu yo' ku lw'okujeemera ekiragiro kyange.

14. Bwe yagobwa mu Jjana mu kiseera ekyo Iblisa yasaba Katonda aleme kumuzikiriza wabula amulindirizeeko okutuusa nga okuzuukira kuli kumpi okutuuka.

15. Iblisa bwe yamala okulaba nga okusaba kwe kukkirizibwa, olwo n'atandika okuwera enkolokooto nga bw'ajja okubuza Adamu n'ezzadde lye. Yeewera nga bw'anaababuzza abaggye ku kkubo ly'okuwona nga naye bwe yabula.

17. Nngenda kubeetooloola mbabuze okuva ku buli ludda.

18. Katonda yamuddamu nga agamba nti: "Abo abanaakugoberera mu baana ba Adamu, mwenna awamu mu mmwe basitaane ne mu bantu, nja kubasogga omuliro okugujjuza."

- mulye okuva awo wonna we mwagala, kyokka temusembereranga omuti guno ne mubeera ab'omu balyazaa-maanyi.
20. N'abalabankanya sitaane (nga abasendasenda) alyoke abikkulire bombiriri ekyo kye baali bakisiddwa bombiriri mu by'ensonyi byabwe, n'agamba nti: Teyabagaana Mukama wammwe ku guno omuti wabula lwa kubanga mwandibeera bamalaika mwembiriri oba okubeera mwembiriri mu bwo (obulamu) olubeerera.
21. N'abalayirira bombiriri (ng'abagamba) nti: Mazima nze ndi wa mu babuuliririzi ku mmwe.
22. Kale n'abalagirira (eri obwonoonyi) n'okubakwenyakwenya. Bwe baamala okukomba (okuloza) ku muti ne zibebikkulira ensonyi zaabwe bombiriri ne batandika okwekwasaako ku bwo (obwerere) ebikoola by'omu Jjana. Awo Katonda waabwe n'abakoowoola bombiriri (ng'agamba): Ssaabagaana mmwe mwembiriri (okulya) kw'ogwo omuti era ne mbagamba nti: Mazima sitaane mulabe wammwe wa lwatu?
23. Ne bagamba bombiriri nti: Mukama waffe! Tulyazaamaanyizza emyoyo gyaffe. Bw'onooba totusonyiye n'otusaasira, tujja kubeerera ddala ab'omu bafaafaaganiddwa!
24. (Katonda) n'agamba nti: Mukemba (muveemu mu Jjana), mubeere n'obu-
- كُلًّا مِنْ حَيْثُ شِئْتُمْ وَلَا تَقْرَبَا هَذِهِ الشَّجَرَةَ فَتَكُونَا مِنَ الظَّالِمِينَ<sup>(19)</sup>
- فَوَسَّوَسَ لَهُمَا الشَّيْطَانُ لِيُبْدِيَ لَهُمَا مَا وُورِيَ عَنْهُمَا مِنْ سَوَاتِحِهِمَا وَقَالَ مَا نَهَاكُمَا رَبُّكُمَا عَنْ هَذِهِ الشَّجَرَةِ إِلَّا أَنْ تَكُونَا مَلَكَتَيْنِ أَوْ تَكُونَا مِنَ الْخَالِدِينَ<sup>(20)</sup>
- وَقَالَهُمَا آتَيْنَا لَكُمَا مِنَ النَّصِيحِينَ<sup>(21)</sup>
- قَدْ لَهْمَا يُعْرَوْنَ فَلَمَّا ذَاقَا الشَّجَرَةَ بَدَتْ لَهُمَا سَوَاتِحُهُمَا وَطَفِقَا يَخْصِفُنِ عَلَيْهِمَا مِنْ وَّرْقِ الْجَنَّةِ وَتَادَهُمَا رَبُّهُمَا أَلَمْ أَنْهَكُمَا عَنْ تِلْكَ الشَّجَرَةِ وَأَقْبَلَ لَكُمَا إِنَّ الشَّيْطَانَ لَكَا عَدُوٌّ مُبِينٌ<sup>(22)</sup>
- قَالَ رَبَّنَا ظَلَمْنَا أَنفُسَنَا وَإِنَّ لَنَا تَغْفِرْ لَنَا وَتَرْحَمْنَا لَنَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ<sup>(23)</sup>
- قَالَ هُوَ أَبْصَأَكُمْ لِيَعْصِيَ عَدُوٌّ

19. Mulye ebyo byonna ebibala ebiri mu Jjana nga bwe mwagala wabula temweryazaamaanya ne mulya omuti guno, ne mujeenera Katonda.

21. "Nze (Sitaane ayogera) mbabuulidde ekituufu kubanga nze nabasooka okubeera wano (mu Jjana), era nze mmanyi ebya wano okusinga mmwe. N'olwekyo mutwale kye mbagambye nga kituufu."

Adamu ne Haawa tebaasobola kumanya nti omuntu ayinza okulayira erinnya lya Katonda ate n'abeera nga alimba. N'olwekyo baakakasa amazima ge.

23. Mu kiseera ekyo Katonda yalagira Adamu ne Haawa, awamu ne Iblisa okukka ku nsi.

labe (mu mmwe) mwekka na mwekka. Era mulina mu nsi obutebenkero n'okweyagala okutuusa (okumala) ekiseera (ckigere).

- 25. (Katonda) n'agamba nti: Mu yo mugenda kubeera abalamu, ne mu yo mwe mulifiira, ne mu yo mwe muligiyibwa (mutwalibwe eri Okulamulwa ku Nkomerero).
- 26. Abange Abaana ba Adamu! Mazima twabassiza mmwe ebyambalo ebibikka obwereere bwammwe, n'ebiyambalo ebibanyiriza, naye kiyambalo ky'okutya Katonda kye kisingira ddala obulungi. Ekya kya mu Bubonero bwa Katonda, oba olyawo ne bajjukira.
- 27. Abange abaana ba Adamu! Tabakemanga sitaane nga bwe yaggya bakadde bammwe bombiriri (Adamu ne Haawa) mu Jjana nga abaggyeemu bombiriri ebyambalo byabwe (eby'obutukuvu) alyoke abalage obwereere bwabwe. Mazima ye (sitaane) n'ekika kye babalaba nga basinziirira awo we mutabalabira. Mazima ffe twafuula basitaane nga bafuzi eri abo abatakkiriza.
- 28. Bwe baba nga bakoze eby'obuwemu bagamba nti: Twabisanga ku bakadde baffe (nga babikola) era Katonda ye yatulagira. Gamba (ng'obaddamu) nti: Mazima Katonda talagira byabuwemu. Mwogera ku Katonda ebyo bye mutamanyi?

وَلَكُمْ فِي الْأَرْضِ مُسْتَقَرًّا وَمَتَاعًا إِلَىٰ حِينٍ ﴿٢٥﴾

قَالَ فِيهَا تَحْيَوْنَ وَفِيهَا تَمُوتُونَ وَ مِنْهَا تُخْرَجُونَ ﴿٢٦﴾

يَبْنِي أَدَمَ قَدْ أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ لُبًّا إِسْوَإِي سَوَاتِيمَ وَرِشْيَاءَ لِبَاسِ السَّقْوَىٰ ذَٰلِكَ خَيْرٌ ذَٰلِكَ مِنْ آيَاتِ اللَّهِ لَعَلَّهُمْ يَذَّكَّرُونَ ﴿٢٧﴾

يَبْنِي أَدَمَ لَا يَفْتِنُكُمْ الشَّيْطَانُ كَمَا أَخْرَجَ أَبَوَيْكَ مِنَ الْجَنَّةِ يَنْزِعُ عَنْهُمَا لِبَاسَهُمَا لِيُرِيَهُمَا سَوَاءٌ لَّهُمَا بَرَاءَةٌ يَٰرَبُّكُمْ هُوَ وَقَبِيلُهُ مِنْ حَيْثُ أَكْرَمْتُم بِنَا جَعَلْنَا الشَّيْطَانَ أَوْلِيَاءَ لِلَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٢٨﴾

وَإِذْ أَعْلَمُوا أَنَا حَشَّةٌ قَالُوا وَجَدْنَا عَلَيْهَا آبَاءَنَا وَاللَّهُ أَمَرْنَا بِهَٰذَا قُلْ إِنَّ اللَّهَ لَا يَأْمُرُ بِالْفَحْشَاءِ اتَّقُوا اللَّهَ عَلَىٰ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٢٨﴾

25. Mu nsi mugenda kumalamu ebbanga nga muli balamu ate mumalemu ebbanga eddala nga muli bafu. Oluvannyuma Katonda agenda kubazuukiza abaggye mu nsi ku lunaku lw'oluvannyuma.

26. Ebyambalo ebinyiriza by'ebyo ebyambalwa kungulu olw'okulabika obulungi, okugeza nga ekkooti ne busuuti. Wabula omuntu okukola emirimu emirungi n'obukkiriza kye kyambalo ekisinga obulungi.

29. Gamba nti: Mukama wange yalagira bwenkanya. Era mutereze amaaso gammwe (nga mwolekedde eri Ye) awali buli ssinzizo, era mumusabe nga mutukuza eddiini ku Lulwe (yekka). Nga bwe yabatandika muli ba kuddawo.

قُلْ أَمَرَ رَبِّي بِالْقِسْطِ وَأَقِيمُوا وُجُوهَكُمْ  
عِندَ كُلِّ مَسْجِدٍ وَادْعُوهُ مُخْلِصِينَ  
لَهُ الدِّينَ هُوَ كَمَا بَدَأَكُمْ  
تَعُودُونَ ﴿٢٩﴾

30. Ekibiina ekimu yakirungamya, n'ekibiina ekirala bwabakakatako obubuze, kuba ddala bo bafuula basitaane abafuzi (ababakuuma) ne baleka Katonda ne balowooza nti mazima bo balunggamu.

قَرِيبًا هُدًى وَفَرِيقًا حَقَّ عَلَيْهِمُ الضَّلَالَةُ  
إِنَّهُمْ أَخَذُوا وَالشَّيْطِينَ أَوْلِيَاءَ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ وَيَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ مُهْتَدُونَ ﴿٣٠﴾

31. Abange Abaana ba Adamu! Mutwalenga okwenyiriza kwamwe awali buli ssinzizo (Omuzigiti), era mulye era munywe, naye tumuduubuuda. Mazima Katonda tayagala baduubuuzi.

يٰٓبَنِي آدَمَ خُذُوا زِينَتَكُمْ عِندَ كُلِّ  
مَسْجِدٍ وَكُلُوا وَاشْرَبُوا وَلَا تُسْرِفُوا  
إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الْمُسْرِفِينَ ﴿٣١﴾

32. Gamba nti: Ani oyo aziza eby'okwenyiriza bya Katonda ebyo bye yawa abaddu Be, n'ebirungi (ebitukuvu) mu bigabwa (ebyokulya)? Gamba nti: Byo by'abo abakkiriza (n'abalala abatali bo wano) mu bulamu bw'ensi. Wabula byeyawulidde (abakkiriza) bokka ku Lunaku Lw'okuzuukira. Bwe tutyo bwe tunnyonyola Obubonero ku kibiina ky'abamanyi.

قُلْ مَنْ حَرَّمَ زِينَةَ اللَّهِ الَّتِي أَخْرَجَ  
لِعِبَادِهِ وَالطَّيِّبَاتِ مِنَ الرِّزْقِ قُلْ  
هِيَ لِلَّذِينَ آمَنُوا فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
خَالِصَةٌ يَوْمَ الْقِيَامَةِ كَذَلِكَ نُفَصِّلُ  
الآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿٣٢﴾

33. Gamba nti: Mazima Mukama wange yaziza eby'obuwemu (obwenzi), obwo

قُلْ إِنَّمَا حَرَّمَ رَبِّي الْفَوَاحِشَ مَا

29. Katonda yagabira abantu ekkubo eddungamu, nalyo kwe kugoberera ababaka. Kale abantu bavunnamenga ku lulwe yekka, era buli lwe babanga basinza era basinze Ye yekka obutamugattako kintu kirala. Oluvannyuma lw'okufa Aija kubazza obulamu.

31. Mwambalanga bulungi era mube bayonjo mu masinzizo, mu kiseera ky'okusaala n'eky'okwetoolola kaaba.

Temyuyitirizanga mu kulya emmere ne mu kunywa, ne musukka ebikomo; ne mutuuka mw'ebyo Katonda bye yaziza.

32. Eby'okwenyiriza Katonda yabitondera abaddu Be (abakkiriza), era n'abakkiriza okubikozesa, kyokka n'abatali bakkiriza bafunako mu bulamu obw'ensi.



obweyoleka n'obw'enkiso, n'ebibi n'okulumbagana (abantu) mu bitali bya mazima, era (abagaana) n'okugatta Katonda n'ekyo ekitakako bujulizi, era (yagaana) n'okwogera ku Katonda ebyo bye mutamanyi.

34. Era buli kibiina (kya bantu) kirina ebbanga (eggere), bwe kiba kituuse ekiseera kyabwe, tebalindirizibwa kiseera (kya ssaawa) era tebakulem-bezebwa.
35. Abange abaana ba Adamu! Mazima bagenda kubajjira ababaka nga bava mu mmwe nga babasomera mmwe ebigambao Byange, omuntu cyatya Katonda n'alongoosa (emirimu gye) — tebalina kutya era si ba kunakuwala.
36. N'abo abalimbisa Obubonero Bwaffe ne babwekulizaako — Abo be bannannyini (kuyingira) muliro; Bo mu gwo ba kubeeramu lubeerera.
37. Muntu ki omulyazaamaanyi okusinga oyo agunja ku Katonda obulimba, oba n'alimbisa Obubonero Bwe? Abo (ab'ekika ekyo) gubatuukako omugabo gwabwe okuva mu Kiwandiiko okutuusa lwe balibajjira ababaka Baffe (Bamalaika) babatte, ne bagamba nti: Biriwa ebyo bye mwalinga musinza ebitali Katonda? Ne bagamba nti: Batubuzeeko. Era beejulira bo benyini nti ddala bo baali bakaafiiri.

ظَهَر مِنْهَا وَمَا بَطَّنَ وَإِلَيْهِمُ الْمَعْبَى  
يَغْفِرُ الْحَقَّ وَإِنْ تُشْرِكُوا بِاللَّهِ مَا لَهُمْ  
يُنزِلُ بِهِ سُلْطٰنًا وَإِنْ تَقُولُوا عٰلَى  
اللَّهِ مَا لَتَعْلَمُوْنَ ﴿٣٤﴾

وَلِكُلِّ اُمَّةٍ اَجَلٌ ۗ وَاِذَا اَجٰءَ اَجَلُهُمْ  
لَا يَسْتَاخِرُوْنَ سَاعَةً وَّلَا يَسْتَقْدِرُوْنَ ﴿٣٥﴾

يٰۤاٰدَمُ اِمَّا يٰۤاٰتِيۤنٰكُمْ رُسُلٌ مِّنۡكُمْ  
يَقُصُّوْنَ عَلَيۡكُمْ اٰيٰتِيۤنَا فَمَنْ اتَّقٰنَا وَ  
اٰمَنَّا فَلَا خَوْفٌ عَلَيۡهِمْ وَلَا هُمْ  
يَحۡزَنُوْنَ ﴿٣٦﴾

وَالَّذِيۡنَ كَذَبُوۡا اٰيٰتِنَا وَاَسْتَكْبَرُوۡا عَنۡهَا  
اُولٰٓئِكَ اَصْحٰبُ النَّارِ هُمۡ فِيۡهَا خٰلِدُوْنَ ﴿٣٧﴾

فَمَنْ اَظۡلَمُ مِمَّنۡ اَفۡتَرٰى عَلٰى اللّٰهِ كَذِبًا  
اَوْ كَذَّبَ بِاٰيٰتِيۤهِ اُولٰٓئِكَ يَنٰلُهُمۡ نَصِيۡبُهُمۡ  
مِّنَ الْعَذَابِ حَتّٰى اِذَا لَجَءَ نَهُمۡ رُسُلُنَا  
يَتَوَقَّوۡنَهُمۡ قَالُوۡا اَيۡنَ مَا كُنۡتُمْ تَدۡعُوۡنَ  
مِنۡ دُوۡنِ اللّٰهِ قَالُوۡا اَضٰۤاۡءُ وَاَعۡنَاۤا وَاَشۡهَدُوۡا  
عَلٰى اَنۡفُسِهِمۡ اَنَّهُمۡ كٰنُوۡا كٰفِرِيۡنَ ﴿٣٨﴾

34. Buli mulembe gwa bantu, balina ekiseera kye bamala Katonda kye yabagerera omulembe ne guggwaako. Entuuko zaabwe bwe ziba zituuse tebalindirizibwako era tebaggibwawo nga ekiseera kyabwe tekinnatuuka.

37. Tewali mulyazaamaanya kusinga abo abagunja ku Katonda obulimba oba abalimbisa obubonero Bwe bannabbi Be bwe bajja nabwo.

38. (Katonda) n'agamba nti: Musingire mu bibiina mazima ebyayita olubeberye lwammwe — mu majinni ne mu bantu — (musingire) mu muliro. Buli lwonna ekibiina lwe kiriyingiranga (omuliro) nga kikolimira kinne waakyo (ekyasooka), okutuusa bwe baliba nga basisinkanidde mu gwo bonna, ne bagamba ab'oluvannyuma eri abaasooka: Katonda waffe! Bano be baatubuza, n'olw'ekyo bawe ebibonyobonyo chy'ennyongeza mu Muliro. (Katonda) n'agamba nti: Buli omu (mu mmwe) alina ennyongeza (y'ebibonerezo), naye temumanyi.

39. Ne bagamba abaasooka eri ab'oluvannyuma nti: Tewaliwo nkizo gye mulina ku ffe (nammwe muli basobya nga ffe), kale mukombe ku bibonyobonyo ku 'w'ebyo bye mwalinga mukola.

40. Mazima abo abaalimbisa Obubonero Bwaffe ne beekuluntaliza ku bwo (ne batakkiriza), tegigenda kubeggulirawo emiryango gy'eggulu (Ejjana) era tebagenda kuyingira Jjana, okutuusa engamiya lw'eringira mu katuli k'empiso. Bwe tutyo bwe tusasula aboononyi.

41. Balina mu muliro (Jahannama) obuliri, ne waggulu waabwe (babikkidwa) ebibikka (bya muliro). Era bwe tutyo bwe tulisasula abalyazaamaanyi.

قَالَ ادْخُلُوا فِي آيَاتِي قَدْ خَلتَ مِنْ  
قَبْلِكُمْ مِنْ أَلْحِنٍ وَالْأَرْضِ فِي النَّارِ كُلَّمَا  
دَخَلتَ آيَةً نَعنتُ أَخْتَهَا حَتَّى إِذَا  
ادْخُلُوا فِيهَا جَمِيعًا قَالَتِ أَخْرَبَهُمْ  
لِأَوْلَاهُمْ رَبَّنَا هَؤُلَاءِ أَصَلُّونَا فَاتِرَهُمْ  
عَذَابًا ضِعْفًا مِنَ النَّارِ قَالَ لِكُلِّ  
ضِعْفٍ وَلَكِنْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٣٨﴾

وَقَالَتِ أُولَاهُمْ أَخْرَبَهُمْ كَمَا كَانَ لَكُمْ عَذَابِنَا  
عَمَّ مِنْ فَضْلٍ فذُوقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٣٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِالْبَيْتِنا وَاسْتَكْبَرُوا  
عَنَّا لَا نَفْعُهُمْ أَبْوَابُ السَّمَاءِ وَلَا  
يَدْخُلُونَ الْجَنَّةَ حَتَّى يَلْبِغُوا الْجَمَلُ  
فِي سَمِّ الْخَيْطِ وَأَكْذَابُكَ تَجْرَى فِي جُرْحِ  
لَهُمْ مِنْ هَهْمٍ هَاهُنا وَمِنْ فَوْقِهِمْ  
غَوَاشٍ وَأَكْذَابُكَ تَجْرَى فِي الظُّلُمِينَ ﴿٤٠﴾

Abantu ab'engeri eyo bafuna emirimu gyabwe n'ebiyokufuna kwabwe, n'obwagazi bwabwe ebyo Katonda bye yabawandiikira okufuna mu nsi. Wabula oluvannyuma ba kulumulwa, basasulwe empeera zaabyo. Balibaa bulira abo bakatonda baabwe be baagattanga ku Katonda, era bo bennyini balyewaako obujulizi nga bwe baali abatakkiriza.

38. Katonda aligamba abakafiiri nti musingire mu muliro wamu n'ebibiina by'abakafiiri abaabasooka.

40. Emyoyo gy'abakafiiri tegikkirizibwa kuyingira mu ggulu bwe baba nga bafudde. Era nga bwe kitasoboka ngamiya kuyingira mu katuli k'empiso, bwe kityo tekisoboka okuyingira Ennyumba E'emirembe (Ejjana) ku muntu eyafa nga takkiriza.

42. N'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu — tetuwaliriza mwoyo wabula kye gusobola — Abo be banannyini kuyingira Jjana. Bo mu yo ba kubeeramu bugenderevu.

43. Ne tuggyamu ebyo ebyali mu bifuba byabwe mu bukukuuzi. Nga emigga gikulukutira wansi waabwe. Ne bagamba (mu kwebaza kwabwe) nti: Buli kitendo kya Katonda Oyo eyatulungamya eri kino. Tetwali ba kulungama singa Katonda teyatulungamya. Mazima baja ababaka ba Katonda waffe n'amazima. Era ne bakoowoolwa nti: Eyo mmwe (y'Ejjana) Ennyumba Ey'emirembe, gye musikidde ku lw'e-byo bye mwalinga mukola.

44. Ne bakoowoola abantu b'omu Jjana eri abantu b'omu muliro nti: Mazima ffe tusanze nga ebyo Mukama waffe bye yatulagaanyisa bya Mazima. Abaffe (nammw) musanze nga ebyo Katonda wammwe bye yabalagaanyisa bya Mazima? Ne bagamba nti: Yee, (ddala bya Mazima). Olwo n'alangirira omulangirizi wakati waabwe nti: Mazima ekikolimo kya Katonda kiri ku balyazaamaanyi;

45. Abo abaaziyizanga (abantu) ku kkubo lya Katonda ne banoonya ekkubo ekkyamu, nabo nga bagiwakanya Enkomerero.

46. Ne wakati waabwe (abantu b'omu Jjana n'ab'omu muliro) waliwo olukomera. Ne ku 'Al-Aaraafi' (ebifo bya waggulu) kuliko abasajja aba-

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَا  
نُكَفِبُ نَفْسًا إِلَّا وَسَعَهَا أَزْوَاجُكَ  
أَصْحَابُ الْجَنَّةِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٣٢﴾

وَنُرَعْنَا مَا فِي صُدُورِهِمْ مِنْ غَيْلٍ  
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهِمُ الْأَنْهَارُ وَقَالُوا الْحَمْدُ  
لِلَّهِ الَّذِي هَدانا لهذا وَمَا كُنَّا لِنَفْتَرِي  
لَوْلَا أَنْ هَدانا اللَّهُ لَقَدْ جَاءَتْ  
رُسُلٌ رَبِّنا بِالْحَقِّ وَنُودُوا أَنْ تَتَّكُمُ  
الْجَنَّةُ أَوْ رَتَّمُوها ما كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٣٣﴾

الَّتِي

وَنَادَى أَصْحَابُ الْجَنَّةِ أَصْحَابَ النَّارِ  
أَنْ قَدْ وَجَدْنَا ما وَعَدَنا رَبُّنا حَقًّا فَهَلْ  
وَجَدْتُمْ ما وَعَدَ رَبُّكُمْ حَقًّا قَالُوا نَعَمْ  
فَأَذِنَ مَوْدُونٌ بَيْنَهُمْ أَنْ لَعْنَةُ اللَّهِ  
عَلَى الظَّالِمِينَ ﴿٣٤﴾

الَّذِينَ يَصْدُونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ  
يَعْتُونَهَا عَوجًا وَهُمْ بِالْآخِرَةِ لَكِرُونَ ﴿٣٥﴾  
وَبَيْنَهُمْ أَجْبابٌ وَعَلَى الْأَعْرَابِ رِجالٌ  
يَعْرِفُونَ كَلِماتٍ سِيماهُمْ وَنَادُوا أَصْحابَ الْجَنَّةِ

وَالَّذِينَ

43. Obukukuuzi n'obukyayi abamu bwe baalina ku bannaabwe kuno ku nsi bujja kusangulwa ku moyo gyabwe tebalibijukira.

Wansi w'amayumba gaabwe mu Jjana waliba wakulukutira emigga.

45. Bawakanya okuzuukira n'okusisinkana ne Katonda niu Bulamu Obw'oluvannyumu.

46. Wakati w'Ejjana n'omuliro waliwo ekyawulawo — nga ku bifo, ebya waggulu (Al-Aaraafu)

manyi buli omu (ow'omu Jjana n'ow'omu muliro) olw'obubonero bwa-bwe. Ne bakoowoola bannannyini kuba mu Jjana nti: *Assalaamu Alaikum* (Emirembe giri ku mmwe)! Nga tebannayingira (mu Jjana wabula) nga nabo balulunkanira (okugiyingira).

47. Bwe galikyusibwa amaaso gaabwe ne gatunula ku ludda lwa bannannyini kuba mu muliro, ne bagamba nti: Katonda waffe! Totuteeka awamu n'ekibiina ky'abalyazaamaanyi.

48. Ne bakoowoola bannannyini kuba ku *Al-Aaraafi* abasajja (b'omu muliro) be bamanyi olw'obubonero bwabwe, ne bagamba nti: Kiki kye bwabagasa obungi bwammwe n'ebyo bye mwalinga mwekuza?

49. (Bano abakkiriza) be mwalayiriranga nti Katonda talibatuusaako kusaa-sira? (Mazima bagambiddwa n'i): Muyingire (Ejjana) Ennyumba Ey'emirembe. Temulina kutya, era temuli ba kunakuwala.

50. Bannannyini kubeera mu Muliro ne bakoowoola bannannyini (kubeera) mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe). nti: Mutukulukusizeeyo ku mazzi oba kw'ebyo Katonda bye yabagabira. Ne bagamba (ab'omu Jjana) nti: Mazima Katonda yabiziza byombiriri ku bakafiiri;

51. Abo abaafula eddiini yaabwe omuzannyo n'eky'okwegayaaaza, ne buba-

أَنْ سَأَلُوا عَلَيْكُمْ لِكُمِّي حُلُوهَا وَهُمْ يَطْمَعُونَ ﴿٤٧﴾

وَرَادَ اصْرَفَتْ أَبْصَارُهُمْ تِلْقَاءَ أَصْحَابِ  
النَّارِ قَالُوا رَبَّنَا لَا تَجْعَلْنَا مَعَ الْقَوْمِ  
الظَّالِمِينَ ﴿٤٨﴾

وَنَادَى أَصْحَابُ الْأَعْرَابِ رَجُلًا لَّا يُخْرِقُهُمْ  
بِسْمِهِمْ قَالُوا مَا آغَىٰ عَنْكُمْ مَعَكُمْ  
وَمَا كُنْتُمْ تَسْتَكْبِرُونَ ﴿٤٩﴾

أَهْوَلَاءِ الَّذِينَ أَقْسَمْتُمْ لَا يَبَايِعُهُمُ اللَّهُ  
بِرَحْمَةٍ أَدْخُلُوا الْجَنَّةَ لَا تَخُوفٌ عَلَيْكُمْ  
وَلَا أَنْتُمْ تَحْزَنُونَ ﴿٥٠﴾

وَنَادَى أَصْحَابُ النَّارِ أَصْحَابَ الْجَنَّةِ  
أَنْ أَفِيضُوا عَلَيْنَا مِنَ الْمَاءِ أَوْ مِمَّا  
رَزَقَكُمُ اللَّهُ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ حَرَّمَهُمَا  
عَلَى الْكَافِرِينَ ﴿٥١﴾

الَّذِينَ اتَّخَذُوا دِينَهُمْ لَهْوًا وَلَعِبًا وَ

kuliko abasajja abamanyi abantu b'omu muliro n'ab'omu Jjana ku lw'obubonero obulaga obweyolefu. Kale abo abali ku *Al-Aaraafi* bakoowoola abali mu Jjana.

50. Ebyokulya by'omu Jjana n'ebyokunywa byamu, Katonda yabifuula bya muzizo ku batakiriza.

51. Beerabira Obulamu Obw'oluvannyuma.

gayaaza obulamu bw'ensi. Kale olwa leero tujja kubeerabira nga (nabo) bwe beerabira okusisinkana Olunaku lwabwe luno era nga bwe baali nga bawakanya Obubonero Bwaffe.

52. Mazima twabaleetera Ekitabo (Kuraane) kye twannyonyola nga (tugya) ku kumanya, nga kya kulungamya era nga kya kusaasira ku kibiina ky'abakkiriza.

53. Abaffe balindirirayo ekirala wabula okutegeeza kwakyo (Ekiyaama)? Olunaku lwe kulijja okutegeeza kwakyo baligamba abo abaakerabira oluberyeberye: Mazima baja ababaka ba Katonda waffe n'Amazima! Abaffe tulina abawolereza batuwolezeze? Oba tuzziabwe (ku nsi), tukole ebitali ebyo bye twali tukola? Mazima baafaafaaganirwa emyoyo gyabwe, ne bibabulako ebyo bye baali nga bagunjawo.

54. Mazima Mukama wammwe Ye Katonda Omutonzi Oyo eyatonda eggulu n'ensi mu Nnaku Mukaaga, oluvannyuma n'atereera ku *Al-Arushu*. Abissa ekiro omusana, ne gukirondoola mu bwangu, era ye yatonda n'enjuba n'omwezi n'emmunyeenyeyi, (byonna) byagonzebwa ku lw'obuyinza Bwe. Abange kukwe (Yekka) okutonda n'obufuzi. Yatukula Katonda, Omulezi w'Ebitonde.

عَزَّوَجَلَّ الْحَيَاةَ الدَّالِيَةَ فَاَلَيْسَ مِنْ  
نَسَمِهِمْ كَمَا سَأَلْتَهُمْ هَذَا  
وَمَا كَالْوَابِئِنَّا يَجْحَدُونَ ﴿٥١﴾

وَلَقَدْ جِئْتَهُمْ بِكِتَابٍ فَصَّلْنَاهُ عَلَى  
عِلْمِهِ هُدًى وَرَحْمَةً لِّقَوْمٍ  
يُؤْمِنُونَ ﴿٥٢﴾

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا تَأْوِيلَهُ يَوْمَ يَأْتِي  
تَأْوِيلَهُ يَقُولُ الَّذِينَ سَأَلُوهُ مِنْ قَبْلُ  
قَدْ جَاءَتْ رُسُلٌ رَبِّنَا بِالْحَقِّ فَهَلْ  
لَنَا مِنْ شَفَعَاءَ فَيَشْفَعُوا لَنَا أَوْ نُرَدُّ  
فَنَعْمَلْ غَيْرَ الَّذِي كُنَّا نَعْمَلُ هَٰذَا  
خَيْرٌ وَأَنْفُسُهُمْ وَصَلَّ عَنْهُمْ مَّا  
كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٥٣﴾

إِنَّ رَبَّكُمُ اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَى  
عَلَى الْعَرْشِ تَعْبَثُ الْيَلُّ اللَّهَامَا  
يَطْلُبُهُ حَتَّى تَبْتَأَ وَالشَّمْسُ وَالْقَمَرُ  
الْبُجُومُ مُخَضَّبَاتٌ بِأَمْرِ آلِهِ الْخَلْقِ  
وَالْأَمْرُ بِإِذْنِ اللَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٥٤﴾

53. Abo abaalagajjala Kuraane ne batakiriza, baafiiriza emyoyo gyabwe ku lw'okukola ebyo ebibayingiza omuliro. Era bija kubaabulira ebyo bye baali basinza ebitali Katonda nga balwoowa nti biribawolereza mu maaso ga Katonda.

54. Katonda yatebenkera ku *Al-Arushu*. Addira ekiro n'akibikka omusana, n'omusana ne gubikkwa ekiro.

55. (Abange abantu)! Musabe Katonda wammwe mu bukkakkamu ne mu kyama. Mazima Ye (Katonda) tayagala basukka bikomo Bye.

أَدْعُوا رَبَّكُمْ ذُرْعًا وَخُفِيَةً طَارَاتُهَا  
لِيُجِيبَ الْمُعْتَدِينَ ﴿٥٥﴾

56. Era temwonoona mu nsi oluwananyuma lw'okulongooka kwayo, era mumusabe nga mumutya n'essuubi. Mazima okusaasira kwa Katonda kuli kumpi n'abalongoosa.

وَلَا تُفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ بَعْدَ إِصْلَاحِهَا  
وَادْعُوا خَوْفًا وَطَمَعًا إِنَّ رَحْمَتَ اللَّهِ  
قَرِيبٌ مِّنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٥٦﴾

57. Naye (Katonda) Y'oyo asindika empewo ezisaasaanya amawulire (ag'essanyu) wakati mu maaso g'okusaasira Kwe, okutuusa lwe ziba nga zisitudde ebire ebizito (ebijjudde enkuba), ne tubisindika eri ensi efudde, ne tussa ku yo amazzi (enkuba okuva mu bire ebyo) ne tufulumya nago buli (kika kya) bibala. Bwe tutyo bwe tulifulumya abafu. Oba olyawo ne mujjukira.

وَهُوَ الَّذِي يُرْسِلُ الرِّيحَ بِشَرِّابَيْنَ  
يَدْمِي رَحْمَتَهُ حَتَّىٰ إِذَا أَقَلَّتْ سَحَابًا  
ثَقُلْنَا سُنَّاتُهُ لِيَكْدَ مِن مَّيِّتٍ فَأَنْزَلْنَا  
بِهِ الْمَاءَ فَأَخْرَجْنَا بِهِ مِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ  
كَذَٰلِكَ نُخْرِجُ الْمُوتَىٰ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿٥٧﴾

58. N'ettaka eddungi lifulumya ebibala byalyo (ebirungi mu bwangu) lwa buyinza bwa Mukama waalyo; n'eryo eryabijja, tebifuluma wabula na buzito. Bwe tutyo bwe tunnyonyola Obubonero eri ekibiina ekyebaza.

وَالْبَلَدُ النَّاصِبِ يُخْرِجُ نَبَاتَهُ بِإِذْنِ  
رَبِّهِ وَالَّذِي خَبثَ لَا يَخْرِجُهُ إِلَّا  
تَكْدًا أَكْذَلِكُ نَصْرَفَ الْآيَاتِ لِقَوْمٍ  
يَسْكُرُونَ ﴿٥٨﴾

59. Mazima twatuma Nuuhi eri ekibiina kye n'agamba nti: Abange ekibiina

لَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ فَقَالَ

56. Temwonoona mu nsi olw'okujeemera Katonda n'okulekayo okumusinza; ekyo ne kivaako ensi okwonooneka sso nga Katonda yagirongoosa bwe yatimiramu Bannabbi okubuulirira abantu n'okubalabula obutoonoona, n'okubatiisa ebibonerezo bya Katonda.

Kale musinze Katonda olw'okutya ebibonerezo Bye era nga musuubira okufuna empeera Ze.

57. Amawulire ag'essanyu ge g'okutonnyesa enkuba, era gaba galaga okusaasira kwa Katonda okuba kujja mu maaso.

Nga Katonda bw'azza obulamumu ettaka eribadde likaze (lifudde) n'ebimera ne bifa. bw'atyo bw'asobola okuzuukiza abafu abali mu ntaana. Musaana abantu mujjukire ekyo.

58. Ettaka eritali ggimu limeza ebimera ebikonziye era eby'omuswaba.

Katonda yakuba ekifaananyi ky'ettaka eddungi nga ye mukkiriza, ate ng'ekifaananyi ky'ettaka ebbi y'oyo omukafiiri. Ebyo binnyonyolwa ku kibiina ekitegeera obuyinza bwa Katonda ne kimugondera n'okumwebaza.

kyange! Musinze Katonda Omutonzi. Temulina Katonda mulala atali Ye. Mazima nze mbatiisa mmwe ebibonyobonyo by'Olunaku olw'ekikangabwa.

60. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu mu kibiina kye nti: Mazima ffe tukulaba nga oli mu bubuze obweyolefu.

61. N'agamba nti: Abange kibiina kyange! Ssirina nze bubuze, naye mazima nze ndi mubaka avudde eri Omulezi w'Ebitonde!

62. Mbatuuseeko obubaka bwa Mukama wange era mba buulirire, era mmanyi okuva eri Katonda ebyo bye mutamanyi.

63. Mwewuunyizza bwe kubajjidde oku buulirirwa okuva eri Katonda wammwe nga kuyita ku musajja ava mu mmwe. alyoke abatiise mulyoke mutye Katonda, oba olyawo ne musaasirirwa?

64. Ne bamulimbisa, kale ne tumuwonya n'abo be yali nabo mu kyombo, ne tusaanyaawo abo abaalimbisa Obubonero Bwaffe. Mazima bo baali ekibiina ki muzibele!

65. Era n'eri ekika kya Aadi (twabatamira) muganda waabwe Huudu. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda! Temulina mmwe Katonda mulala atali Ye. Abaffe temutya?

يَقُومُ اعْبُدْ وَاللَّهِ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ  
غَيْرُهُ إِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ  
يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٥٩﴾

قَالَ الْمَلَائِكَةُ مَنْ قَوْمِهِ إِنَّا لَنَرَاكَ فِي  
ضَلَالٍ مُبِينٍ ﴿٦٠﴾

قَالَ يَقَوْمِ لَيْسَ بِي ضَلَالَةٌ وَلَكِنِّي  
رَسُولٌ مِّن رَّبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦١﴾

أَبَلَعْتُمْ رَسُولِي وَأَنْصَحْتُمْ وَأَنْعَمْتُمْ  
مِنَ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٦٢﴾

أَوْحَيْبْتُمْ أَنْ جَاءَكُمْ ذِكْرٌ مِّن رَّبِّكُمْ  
عَلَى رَجُلٍ مِّنكُمْ لِيُنذِرَكُمْ وَلِتَتَّقُوا  
وَلَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٦٣﴾

كَذَّبُوا فَاجْتَنِبْهُمْ وَالَّذِينَ مَعَهُ فِي  
الْغُلَاظِ وَأَعْرَفْنَا الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا  
إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا عَمِينَ ﴿٦٤﴾

وَأَلِي عَادٍ أَخَاهُمْ هُودًا قَالَ يَقَوْمِ  
اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ  
أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٦٥﴾

60. Olw'okutulagira okuleka bakatonda baffe oli mu bubuze obw'enkukunala.

64. Twamuwonya n'abo abaalimbisa bamukkiriza. Abatakkiriza ne balimbisa ebyo bye yayja nabyo Nabbi Nuuu, baali bazibi ba maaso olw'obutalaba bulungamu obwabaleteterwa nga buva eri Katonda. Era baasaanyizibwawo mu mujuzo ogw'amataba.

65. Okufaananako nga bwe twatuma Nabbi Nuuu eri abantu b'ekibiina kye, bwe tutyo twatuma



66. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu, abo abaakaafuwala mu kibiina kye: Mazima ffe tukulaba nga oli mu butamanya (busirusiru), mazima ddala ffe tukulwooza oli wa mu balimba.
67. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Ssirina nze butamanya, naye mazima nze ndi mubaka ava eri Omulezi w'Ebitonde!
68. Mbatuuseeko obubaka bwa Mukama Katonda wange, nange ndi Mubuulirizi mwesigwa eri mmwe.
69. Abaffe mwewuunyizza okubajjira okubuulirirwa okuva eri Katonda wammwe nga kuyita ku musajja ava mu mmwe, alyoke abatiise (abalabule)? Mujjukire mu kiseera bwe yabafuula (mmwe) abadda mu bigere by'abo abaaliiwo oluvannyuma (lw'okuzikiriza) ekibiina kya Nuuhu, n'abongera mu butonde (bwammwe) obuwantu n'amaanyi. Mujjukire ebyengera bya Katonda bye yabawa (byonna), oba olyawo ne mulokoka.
70. Ne bagamba nti: Otujjidge tusinze Katonda Omutonzi Yekka, olwo tuleke ebyo bakadde baffe bye baalinga basinza? Kale tuletere ebyo (ebibonerezo) by'otutiisatiisa nabyo bw'oba nga oli wa mu ba mazima.
71. N'agamba nti: Mazima kukakase (ku mmwe) okuva eri Mukama wammwe ebibonyobonyo, n'obusungu (Bwe). Mumpakanya ku lw'amannya ge mwa-

قَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِ آدَمَ  
فِي سَفَاهَةٍ وَإِنَّا لَنَنْظُرُكَ مِنَ الْكَذِبِينَ ﴿٦٦﴾

قَالَ يَقَوْمِ لَيْسَ بِي سَفَاهَةٌ وَلَكِنِّي  
رَسُولٌ مِّن رَّبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٧﴾

أَبْلَغُكُمْ رَسُولًا لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ  
وَإِنَّا لَكُنَّا مُصِرِّينَ ﴿٦٨﴾

أَوْحَيْبُكُمْ أَنْ جَاءَكُمْ ذِكْرٌ مِّن رَّبِّكُمْ  
عَلَىٰ رَجُلٍ مِّنكُمْ لِيُنذِرَكُمْ وَأَذُنُوكُمْ  
إِذْ جَعَلَكُمْ خُلَفَاءَ مِنْ بَعْدِ قَوْمِ  
نُوحٍ وَزَادَكُمْ فِي الْخَلْقِ بَصُطَةً ۗ  
فَأَذْكُرُوا لِآيَاتِ اللَّهِ لَعَلَّكُمْ تَفْقَهُونَ ﴿٦٩﴾

قَالُوا إِنَّا لَنَعْبُدَ اللَّهَ وَحْدَهُ وَ  
نَدْرُ مَا كَانَ يَعْبُدُ آبَاؤُنَا ۗ فَأَنْتَ بِنَا  
نَعُدُّ نَأْرًا لَّن كُنْتُمْ مِنَ الضَّالِّينَ ﴿٧٠﴾

قَالَ قَدْ وَقَعَ عَلَيْكُمْ مِّن رَّبِّكُمْ رُجْسٌ  
وَغَضَبٌ أَجْدَادُ نُونِي فِي أَسْمَاءِ

Nabbi Huudu eri abantu b'ekika kye ekiyitibwa Aadi; ababuulirire n'okubatiisa ebibonerezo bya Katonda.

66. Olimba olw'okutugamba okusinza Katonda Omu tuleke bakatonda baffe abalala.

67. Siri nze atamanyi nga bwe mugamba wabula mbajjidge n'amazima agava eri Katonda.

71. Wabula baagaana okumukkiriza, n'oluvannyuma n'abagamba balindirire ebibonerezo bya Katonda olw'okugaana okukkiriza nga naye (Nabbi Huudu) bw'alindiridde nabo olunaku lwe binaabaatuukako.

tuuma (obutuumi), mmwe ne baki-tammwe, sso nga Katonda tassanga ku go (amasanamu) bujulizi (bukakasa nti bakatonda)? Kale mulindirire (ekinaabaviiramu), mazima nze ndi wamu nammwe mu balindiridde?

72. Ne tumuwonya n'abo abaali naye ku lw'okusaasira okwava gye tuli, ne tukutulakutula (omulandira gwe) ekibiina ky'abo abaaimbisa obubonero Bwaffe, (bo) tebaali bakkiriza.

73. N'eri (ekika) kya Thamuudu (twabatumira) muganda waabwē Swalihi. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda. Temulina Katonda mulala atali Ye. Mazima kabajjidde Akabonero okuva eri Katonda wammwe. Eno ngamiya (enkazi) ya Katonda, nga kabonero gye muli; kale mugireke erye mu nsi ya Katonda, temugituusaako akabi ne bibakwata ebibonyobonyo ebiruma.

74. Era mujjukire mu kiseera bwe yabafuula abasika oluvannyuma lwa Aadi n'abatebenkeza mu nsi. Nga muteeke (muzimba) mu misectwe gyayo embiri era nga muwookoola mu nsozi amayumba. Mujjukire ebyengera bya Katonda (byonna), temukolanga ebibi mu nsi ne muba nga muli aboononyi.

75. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu, abo abeegulumiza, mu kibiina kye eri

سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَأَبَاكُمْ مَا نَزَّلَ اللَّهُ  
بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ فَأَنْتُمْ وَالْإِنِّي مَعَكُمْ  
مِنَ الْمُنْتَظِرِينَ ٤١

فَأَجْبِنُهُ وَالَّذِينَ مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا  
وَقَطَعْنَا دَابِرَ الَّذِينَ كَذَبُوا يَا أَيُّهَا  
وَمَا كَانُوا مُؤْمِنِينَ ٤٢

وَالِى شَمُودَ إِخَاهُمْ ضَالِحًا مِمَّا  
يَقُومُ عِبَادُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنَ اللَّهِ  
غَيْرُهُ قَدْ جَاءَ تَكْوِينَهُ مِنْ رَبِّكُمْ  
هَذِهِ نَاقَةُ اللَّهِ لَكُمْ آيَةٌ قَدْ رَوَّهَا  
تَأْكُلُ فِي أَرْضِ اللَّهِ وَلَا تَمْسُوهَا  
سُوءًا فَيَأْخُذْكُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ٤٣

وَأَذْكُرُوا إِذْ جَعَلَكُمْ خُلَفَاءَ مِنْ بَعْدِ  
عَادٍ وَبَوَّأَكُمْ فِي الْأَرْضِ تَتَخَذُونَ مِنْ  
سُهُولِهَا قُصُورًا وَتَخْتَوْنَ الْجِبَالَ  
بُيُوتًا فَادْكُرُوا الْآءَ اللَّهِ وَلَا تَعْتُوا  
فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ٤٤

قَالَ الْمَلَأَ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا مِنْ قَوْمِهِ

٤١  
٤٢  
٤٣  
٤٤

74. Abathamuudu be baasikira ekika kya Aadi oluvannyuma lwakyo okuzikirizibwa olw'okuwakanya Nabbi Huudu.

Baazimbanga amayumba mu bitundu eby'emisectwe ge baabangamu mu biseera by'ebbugumu, ate ne bawookoola mu nsozi z'amayinja amayumba ge baabangamu mu biseera by'obutiti.

Baabuulirirwa obutajeemera biragiyo bya Katonda ne Bannaabbi Be, n'obutakola bya mbyone mu nsi. Kyok ka awamu n'okulabulwa okwo, baayawukana ku Nabbi waabwe Swalihi ne bamulimbisa.

- abo abaanafuyizibwa (abateesobola), mw'abo abakkiriza mu bo, nti: Mumananyi nga mazima Swalihi mubaka ava eri Mukama we? Ne bagamba nti: Mazima ffe ebyo by'atumiddwa nabyo tubikkirizza.
76. Ne bagamba abo abeegulumiza! Mazima ffe kw'ebyo bye mukkiriza tubiwakanyizza.
77. Ne bafumita engamiya, ne beekuluntaliza ku kigambo kya Mukama waa-bwe, ne bagamba nti: Owange Swalihi! Tuleetere ebyo (ebibonerezo) bye watulagaanyisa bw'oba nga ddala oli wa mu babaka (ba Katonda)!
78. Ne kubakwata okujugumira (musisi), ne bakeesa enkya nga mirambo egi-bundadde ku maviivi.
79. Kale (Swalihi) n'akyuka okubavaako n'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Mazima mbatuusizzaako Obubaka bwa Mukama wange era ne mbabuulirira, naye temwagala babuulizi!
80. Ne (Nabbi) Luutu! (jjukira) twamutuma mu kiseera bwe yagamba eri ekibiina kye: Mukola eby'obuwemu ebitakolwanga muntu n'omu mu bitonde?
81. Mazima mmwe mumalira obwagazi ku basajja sso abatali bakazi. Wabula mmwe muli ekibiina ekiyitirizza (okwonona).
- لَّذِينَ اسْتَضَعُوا مِنَ اٰمَنٍ مِنْهُمْ  
اَتَعْلَمُونَ اَنْ صٰلِحًا مَّرْسَلٌ مِّن رَّبِّهِ  
قَالُوْا اِنَّا بِمَا اُرْسِلَ بِهِ مُؤْمِنُوْنَ ﴿٥٨﴾
- قَالَ الَّذِيْنَ اسْتَكْبَرُوْا اِنَّا بِالَّذِيْ اٰمَنُمْ  
بِهِ كٰفِرُوْنَ ﴿٥٩﴾
- فَعَقَرُوا وَالتَّائِفَةَ وَعَتَاوَعَنْ اٰمِرٍ رَّبِّهِمْ  
وَقَالُوْا يٰضٰلِحِ اٰتَيْنٰ بِمَا تَعِدُ اِنَّا اَنْ كُنْتِ  
مِّنَ الْمُرْسَلِيْنَ ﴿٦٠﴾
- فَاَخَذَتْهُمُ الرَّجْفَةُ فَاَصْبَحُوْا فِي  
دَارِهِمْ جٰثِمِيْنَ ﴿٦١﴾
- فَتَوَلَّوْا عَنْهُمْ وَقَالَ يٰقَوْمِ لَقَدْ اٰتٰنَاكُمْ  
رِسٰلَةً رَبِّيْ وَنَضَحْتُمْ لَكُمْ وَلٰكِنْ لَّا  
تُحِبُّوْنَ التَّصْحِيْحٰنِ ﴿٦٢﴾
- وَلَوْطًا اِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ اَتَاْتُوْنَ  
الْقٰحِشَةَ مَا سَبَقَكُمْ بِهَا مِنْ اٰحِدٍ  
مِّنَ الْعٰلَمِيْنَ ﴿٦٣﴾
- اِنَّا كُنَّا لَتٰتُوْنَ الرَّجَالَ شَهْوَةً مِّنْ  
دُوْنِ النِّسَاءِ بَلْ اَنْتُمْ قَوْمٌ مُّسْرِئُوْنَ ﴿٦٤﴾

78. Musisi ow'amaanyi yabajjira n'okubwatuka okwava mu ggulu. Baafa ne watawonako muntu n'omu wabula bonna baasaanawo.

80. Abantu ba Sodoma ne Gomorra Nabbi Luutu be yatumwamu, ekyo kye baali bakola eky'okwagala okusobya ku basajja emabega waabwe tewaali muntu yenna yali akikoze mu nsi oluberyeberye lwabwe.

82. Tekwali okwanukula kw'ekibiina kye wabula baagamba (wakati waabwe) nti: Mubaggye mu kyalo kyammwe. Mazima bo bantu abeetukuza.

وَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَنْ قَالُوا  
أَحْرَجُوهُمْ مِنْ قَرْيَتِكُمْ إِنَّهُمْ أَنَاسٌ  
يَتَطَهَّرُونَ ﴿٦٠﴾

83. Ne tumuwonya n'ab'omu maka ge, okuggyako mukyala we, yali mw'abo abaasigalira.

فَالْحَبِيبَةُ وَأَهْلُهَا إِلَّا امْرَأَةً كَانَتْ  
مِنَ الْغَابِرِينَ ﴿٦١﴾

84. Ne tubatonyeseza enkuba (ey'amayinja). Tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'aboononyi!

وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا فَأَنْظَرِكَيْفَ  
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُجْرِمِينَ ﴿٦٢﴾

85. N'eri abantu b'omu Madiyana (twabatumira) muganda waabwe Swaibu, n'agamba: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda. Temulina Katonda mulala atali Ye. Mazima bubajjide obujulizi (obukakafu) okuva eri Mukama wammwe; mutuukirize emirengo n'ebipimo, temuttiriranga abantu ebintu byabwe, era temwonoonanga mu nsi oluvannyuma lw'okulongooka kwayo. Ekyo kye kirungi gye muli bwe mubeera nga muli bakkiriza.

وَالِى مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْبًا قَالَ يَا قَوْمِ  
اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُم مِّنْ إِلَهِ غَيْرُهُ قَدْ  
جَاءَتْكُمْ نَبِيئَةٌ مِّن رَّبِّكُمْ فَأَوْفُوا الْكَيْلَ  
وَالْمِيزَانَ وَلَا تَبْخَسُوا النَّاسَ أَشْيَاءَهُمْ  
وَلَا تَنفُسُوا وَاِنِ الْارْحُسَ بَعْدَ اِضْلَاحِهَا  
ذَلِكَ خَيْرٌ لَّكُمْ اِنْ لَّمْ تُؤْمِنُوا بِهِ ﴿٦٣﴾  
وَلَا تَقْعُدُوا بِرَأْسِ السَّبْتِ كَيْفَ سَعَى الْكَا  
فِرِينَ ﴿٦٤﴾

86. Temutuulanga ku buli kkubo nga mutiisatiisa abantu (abatambuze), ne

81. Mususse amateeka ga Katonda okubeera nga mulesseewo abakazi Katonda be yabakolera okumalirako obwagazi bwammwe, ne mudda ku basajja.

82. Ekibiina kya Nabbi Luutu tekyamukkiriza mu ebyo yabagamba. Wabula baalagira awangangusibwe abaviire mu nsi yaabwe wamu n'abo abaaazukkiriza. Ekyo nga bakibakola lwa kubanga bo beetukuza ne beetamwa ekikolwa kyabwe eky'ekiive ekyo eky'okusobyana emabega w'abasajja bannaabwe.

83. Mukyala wa Luutu yasigalira ku kyalo ekyo oluvannyuma lwa Luutu okuvaako n'ab'omu maka ge. Kale omukyala yazikirira n'abo abaaazikirira kubanga teyakkiriza wadde yali mukyala wa Nabbi.

84. Baazikirizibwa enkuba ey'amayinja. Kale tunuulira olabe engeri Katonda gy'akolamu abo abeetantala okumujjemera n'okulimbisa bannabbi Be.

Ebifa ku Nabbi Luutu bijja kwogerwako mu bujuvu mu kitundu ekirala.

85. Bwe mubanga mutunda mugerenga emirengo emituufu, era mupimenga mu butuufu.

86. Temuteeganga abantu ku makubo ne mubatiisatiisa okubatta mulyoke mubanyageko emmaali yaabwe.

muziyiza abantu ku kkubo lya Katonda abo abamukkiriza, ne mwagala okulikiyama. Mujjukire bwe mwali abatono, (Katonda) n'abaaza. Era mutunuulire engeri bwe yali enkomerero y'aboononyi!

87. Bwe kibeera nga ekibiina mu mmwe bakkirizza ebyo bye ntumiddwa nabyo, n'ekibiina ekirala nga tekikkirizza, kale mugumiikirize okutuusa Katonda lw'anaalamula wakati waffe. Naye Ye mulungi okusinga abalamuzi bonna.

88. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu abo abeekuzza mu kibiina kye: Tujja kukuggya (kukugoba), Owange Swaibu, n'abo abakkiriza awamu naawe mu kyalo kyaffe, oba si kyo mujja kuddira ddala mu ddiini yaffe. (Swaibu) n'abagamba nti: Newankubadde nga tubadde tetwagala?

89. Mazima tunaabeera tugunzeewo ku Katonda obulimba bwe tunaaba nga tuzze mu ddiini yammwe oluvannyuma lwa Katonda okutuwonnya (okuva) mu yo. Tetulina ffe kudda mu yo wabula nga ayagadde Katonda Omulezi waffe. Yagaziwa Mukama waffe okumanya buli kintu. Tusinza Katonda

وَتَصَدُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ مِنْ أَمْنٍ  
بِهِ وَتَبْعُونَهَا عِوَجًا ۚ وَادْكُرُوا آيَاتِ  
كُنْتُمْ قَلِيلًا فَكَثَرَكُمْ ۚ وَانظُرُوا آيَاتِ  
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِينَ ﴿٨٧﴾

وَإِنْ كَانَ طَائِفَةٌ مِنْكُمْ أَمْنًا يَدْعُوا  
أَرْسَلْتُ بِهِ وَطَائِفَةٌ لَمْ يُقِمْ مَوَاقِفَ  
فَأَصْبِرُوا حَتَّىٰ يَخْضَعُوا لِلَّهِ بَيْنَنَا ۚ  
وَهُوَ خَيْرُ الْحَاكِمِينَ ﴿٨٨﴾

قَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا مِنْ  
قَوْمِهِ لَخُذْ جَنَّتِكَ يَسْعَيْبُ وَالَّذِينَ  
أَمْنًا مَعَكَ مِنْ قَرِينِنَا أَوْ لَتَعُودَنَّ  
فِي مِلَّتِنَا ۚ قَالَ أَوَلَوْ كُنَّا كَارِهِينَ ﴿٨٩﴾

قَدِ افْتَرَيْنَا عَلَى اللَّهِ كَذِبًا ۚ عَدْنَا  
فِي مِلَّتِكُمْ بَعْدَ إِذْ بَخَّسْنَا اللَّهُ مِنْهَا ۚ  
وَمَا يَكُونُ لَنَا أَنْ نَعُودَ فِيهَا إِلَّا  
أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّنَا ۚ وَسِعَ رَبُّنَا كُلَّ

Mutunuulire bwe byazikirizibwa ebibiina by'abantu ebyayita, bwe byagaananga okukkiriza Nabbi oyo Katonda gwe yabatumiranga.

87. Mmwe abakkiriza mugumiikirize okutuusa Katonda lw'anaasalawo, kubanga y'alamula mu bwenkanya okusinga abalamuzi bonna. Era enkomerero ennungi eja kuba y'abo abatya Katonda n'okuzikirira kujja kuba ku bakafiiri.

88. Aya eno yeeyongerako okunonyonyola ensonga ezifa ku Nabbi Swaibu n'ekibiina kye. Mu aya eno Katonda yategeeza engeri gye baagezaako okutiisatiisa Nabbi Swaibu n'abo be yali nabo mu bakkiriza. Nga bamutegeeza nga bwe bajja okumugoba ku kyalo kyabwe, singa Ye Swaibu n'abamukkiriza banaaba tebaddiridde kuva ku nzikiriza yaabwe — eyo ey'okukkiriza Katonda Omu Yekka n'okugondera amateeka Ge, ne badda mu ddiini y'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala ssi nsonga wadde bo baali tebaagala.

waffe. Mukama waffe! Lamula wakati waffe n'ow'ekibiina kya bannaffe n'amazima, naawe Ggwe mulungi okusinga abalamuzi bonna.

شَيْءٌ عَلَّمْنَا عَلَى اللَّهِ وَكَلَّمْنَا رَبَّنَا  
اَفْتَحْنَا بَيْنَنَا وَبَيْنَ قَوْمِنَا بِالْحَقِّ وَأَنْتَ  
خَيْرُ الْفَاتِحِينَ ﴿٨٩﴾

90. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu, abo abaakaafuwala, mu kibiina kye: Mazima bwe munaaba nga mugoberedde Swayibu, ddala mujja kuba abafaafaaganiddwa!

وَقَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِهِ  
لِإِنَّ النَّبْعَ مُمْسِكٌ لَكُمْ إِذَا خِشِرُونَ ﴿٩٠﴾

91. Ne kubakwata okukankana (kwa musisi), ne bakeeseza mu mayumba gaabwe nga babutamidde ku maviivi gaabwe, nga bafudde.

فَأَخَذْتَهُمُ الرَّجْفَةَ فَأَصْبَحُوا فِي  
مَعْدَنِهِمْ جُثَمِينَ ﴿٩١﴾

92. Abo abaalimbisa Swayibu baalinga abatabeerangako (mu kyalo kyabwe). Abo abaalimbisa Swayibu, be baali bo abafaafaaganiddwa.

الَّذِينَ كَذَّبُوا شَعِيبًا كَانُوا لَمْ يَكُنُوا  
فِيهَا الَّذِينَ كَذَّبُوا شَعِيبًا كَانُوا  
هُمْ الْخٰسِرِينَ ﴿٩٢﴾

93. N'akyuka n'abavaako, n'agamba nti: Abange ekibiina kyange! Mazima mbatuusizzaako obubaka bwa Mukama wange, ne mbabuulirira; kale ngeri ki bwe nennyamira ku lw'ekibiina ky'abakafiiri?

فَتَوَلَّى عَنْهُمْ وَقَالَ يَاقَوْمِ لَقَدْ أَبْلَغْتُكُمْ  
رِسَالَتِي رَأَيْتُمْ لَكُمْ فَكَيْفَ  
رَأَيْتُمْ عَلَى قَوْمٍ كٰفِرِينَ ﴿٩٣﴾

94. Tetwatumanga ku kyalo Nabbi yenna wabula twaleeteranga abantu baakyo obubenje n'obuzibu oba olyawo ne bagonda.

وَمَا أَرْسَلْنَا فِي قَرْيَةٍ مِّنْ نَّبِيٍّ إِلَّا  
أَخَذْنَا أَهْلَهَا بِالْبَأْسَاءِ وَالضَّرَّاءِ  
لَعَلَّهُمْ يَضُرَّعُونَ ﴿٩٤﴾

90. Katonda yabasindikira musisi ow'amaanyi n'abattira mu mayumba gaabwe ekiro olw'okugaana okukkiriza Katonda omu n'obubaka bwa Nabbi Swayibu, ne batandika n'okutiisatiisa Nabbi wa Katonda n'abo abamukkiriza.

91. Abaalimbisa Swayibu be baafiirwa, naye ssi abo abaamukkiriza nga bo (abatakkiriza) bwe baali balowooza.

92. Swayibu yeesammula ku kibiina kye nga tasobola kwennyamira ku lw'okuzikirira kwabwe, nga ate baawakanya obubaka bwe yajja nabwo, era nga yababuulirira n'okubalabula ne bageana.

94. Okutuma omubaka yenna eri abantu Katonda yabaleeteranga obulwadder n'obuzibu mu kufuna kwabwe. Ekyo lwa kuba yayagalanga balyoke batye ebibonerezo Bye, bamukkirize era bamusabe okubaggyirawo obuzibu obwo obwabanga bubatuuseeko.

95. Oluvannyuma ne tukyusa, mu kifo ky'akabi (ne tuzzaawo) obulungi okutuusa lwe baayala ne bagamba nti: Mazima bwatuuka ku bakitaffe obuzibu n'eddembe. Ne tubakwata kibwatukira, nga nabo tebamanyi.
- ثُمَّ بَدَلْنَا مَكَانَ السَّيِّئَةِ الْحَسَنَةَ  
حَتَّىٰ عَفَوْا وَقَالُوا قَدْ مَسَّ آبَاءَنَا  
الصَّرَافُ وَالسَّرَّاءُ فَأَخَذْنَاهُمْ بَغْتَةً  
وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٩٥﴾
96. Singa mazima abantu b'ebyalo bakikiriza ne batya Katonda, (ddala) twandibagguliddewo emikisa okuva mu ggulu ne mu nsi. Naye mazima baalimbisa ababaka abo (bonna) Katonda be yabatumira, kale ne tubakwata ku lw'ebyo bye baalinga bakola.
- وَلَوْ أَنَّ أَهْلَ الْقُرَىٰ آمَنُوا وَاتَّقَوْا  
لَفَتَحْنَا عَلَيْهِم بَرَكَاتٍ مِّنَ السَّمَاءِ وَ  
الْأَرْضِ وَلَٰكِن كَذَّبُوا فَأَخَذْنَاهُم بِمَا  
كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٩٦﴾
97. Abaffe bawonye banna nnyini byalo, okubajjira ebibonyobonyo byaffe, ekiro nga nabo beebase?
- أَفَأَمِّنَ أَهْلُ الْقُرَىٰ أَنْ يَأْتِيَهُمْ بَأْسُنَا  
بَيَاتًا وَهُمْ نَائِمُونَ ﴿٩٧﴾
98. Oba beesize okuwona bannannyini byalo okubajjira ebibonyobonyo byaffe mu ttuntu, nga nabo bazannya?
- أَوْ آمِنَ أَهْلُ الْقُرَىٰ أَنْ يَأْتِيَهُمْ بَأْسُنَا  
صُحَّىٰ وَهُمْ يَسْبُونَ ﴿٩٨﴾
99. Beesize okuwona enkwe za Katonda? Tebayinza (kwesiga) kuwona nkwe za Katonda, wabula ekibiina ky'aba-faafaaganiddwa.
- أَفَأَمِنُوا مَكْرَ اللَّهِ فَلَا يَأْمَنُ مَكْرَ اللَّهِ  
إِلَّا الْقَوْمُ الْخَاسِرُونَ ﴿٩٩﴾
100. Abaffe tekirungamya kw'abo abasikira ensi oluvannyuma lw'abo (abaa-
- أَوَلَمْ يَهْدِ لِلَّذِينَ يَرْتُدُّونَ الْأَرْضَ

95. Twabakyusizakyusizanga mu mbeera mu kifo ky'obwavu ne tuzzaawo obugagga, mu ky'obugagga ne tuzzaawo obwavu. Kale olwo abadde omugagga n'ayavuwala, ate abadde omwavu n'agagawala. Ate abadde omulwadde n'awona, abadde omulamu n'alwala balyoke basobole okuddirira okuva ku bubuze.

Twabageza mu buli ngeri yonna balyoke bagonde naye tekyagasa era tebeekomako, wabula baagamba bugambi nti ne bakitaffe baatuukako obuzibu n'obubenje oluvannyuma ate ne bafuna obwangu. Naffe ab'akakyo kano bwe tuyo oluusi tuba bulungi, olulala ne tuba bubi. Eyo nkyukakyuka ya kisceera ne kibatuusa ne ku butategeera buyinza bwa Katonda bw'abalinako. N'olw'ekyo Katonda kyeyava abazikirizanga ekibwatukira nga tebamanyi.

99. Omuntu omukkiriza tayinza kwesiga kuwona bibonyobonyo bya Katonda na buyinza Bwe, wabula abo abatakiriza be bayinza okwesiga okubiwona. Naye ye omukkiriza buli kisceera abecra nga atya ebibonyobonyo ebyo era aba agondera Katonda. Ekyewuunyisa omukafiri kwe kuba nga yeesiga okuwona ebibonyobonyo bya Katonda awamu n'okumujechera.



sookawo abaali) bannyiniyo, nti singa tuba twagadde, tubatuusaako (ebibonyobonyo) ku lw'ebibi byabwe, ne tuggalira ne ku mitima gyabwe nabo ne batawulira?

101. Ebyoebyallo tubikuyumiza ggwe (Muhammadi, ebyafaayo) byabyo. Mazima baabajjira ababaka baabwe n'obubonero obweyolefu, naye era tebaali ba kukkiriza ebyo bye baalimbisa oluberyeberye. Bw'atyo bw'aggalira Katonda ku mitima gy'abakafiiri (ne batawulira).

102. Tetwasanga ku basinga obungi mu bo (bwesimbu bwa) kutuukiriza ndagaano. Wabula, twasanga nga abasinga obungi boonoonyi.

103. Bwe twamala ne tutuma, oluvannyuma lwabwe, Musa n'Obujulizi Bwaffe eri Fir'auna n'ekibiina ky'abakungu be, naye ne babulyazaamaanya (baabulimbisa). Tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'aboonoonyi!

104. Musa n'agamba nti: Owange Fir'auna! Mazima nze ndi mubaka, avudde eri Mukama w'Ebitonde byonna.

105. Kikakafu sisobola kwogera ku Katonda wabula amazima (gokka). Mazima mbajjidde n'obujulizi okuva eri Mukama wammwe. Kale ta awamu nange batabani ba Israili (tugende).

مِنْ بَعْدِ أَهْلِهَا أَنْ لَوْ نَشَاءُ أَصَبْنَاهُمْ  
بِذُنُوبِهِمْ وَنَطْبَعُ عَلَى قُلُوبِهِمْ  
فَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ ﴿١٠١﴾

بَلَاغُ الْقُرَى نَقِصُ عَلَيْكَ مِنْ أَنْبَاءِهَا  
وَلَقَدْ جَاءَهُمْ رَسُولُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ  
فَمَا كَانُوا لِيُؤْمِنُوا بِمَا كَذَّبُوا مِنْ  
قَبْلُ كَذَلِكَ يَطْبَعُ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِ  
الْكَافِرِينَ ﴿١٠١﴾

وَمَا وَجَدْنَا لَكَ كَثْرَهُمْ مِنْ عَهْدٍ  
وَإِنْ وَجَدْنَا أَكْثَرَهُمْ لَفَاسِقِينَ ﴿١٠٢﴾

ثُمَّ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ مُوسَى بِآيَاتِنَا  
إِلَى فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِ فَظَلَمُوا بِهَا  
فَأَنْظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِينَ ﴿١٠٣﴾  
وَقَالَ مُوسَى لِفِرْعَوْنَ إِنِّي رَسُولٌ مِنْ  
رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٠٤﴾

حَقِيقٌ عَلَى أَنْ لَا أَقُولَ عَلَى اللَّهِ إِلَّا  
الْحَقَّ قَدْ جِئْتُكُمْ بِبَيِّنَاتٍ مِنْ رَبِّكُمْ  
فَأَرْسِلْ رَجُلِي بِنَبِيِّ إِسْرَائِيلَ ﴿١٠٥﴾

100. Oluvannyuma lw'okuggalira emitima gyabwe baba tebakyasobola kuwulira kubuulirirwa. Ekyo Katonda akikola ng'ekibonerezo ku bo olw'obutalungama ng'ate badda mu bifo by'abo Katonda be yazikiriza ne batakiifuula kya kulabirako, nti singa nabo banaakola ebikolwa ebyo bali bye baakola nabo baja kuzikirizibwa.

102. Abasinga obungi mu bantu tebatuukiriza ndagaano eyo Katonda gye yalagaanyisa ku mukkiriza, ey'obutamugattako bakatonda balala.

106. (Fir'auna) n'agamba nti: Bw'oba nga ozze n'obujulizi, kale buleete, bw'oba nga oli wa mu boogera mazima.
107. (Olwo Musa) n'asuula omuggo gwe, okugenda okulaba nga musota omweyolefu;
108. Ate n'aggyayo omukono gwe (mu kimeeme kye), okugenda okulaba nga ggwo mweru ttuku eri buli atunuulira.
109. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu mu kibiina kya Fir'auna: Mazima ono mulogo, omumanyi (w'eddogo)
110. Ayagala okubaggya mu nsi yammwe: (kati) kiki kye mulagira?
111. (Ne bagamba Fir'auna): Mulindirizeeko (akaseera), otume mu kibuga abakunngaanya (abalogo),
112. Bakuleetere buli mulogo omumanyi ennyo.
113. Ne bajja abalogo eri Fir'auna, ne bagamba nti: Ddala tulina (okusa-
- قَالَ اِنْ كُنْتَ حَقًّا بِآيَةٍ فَاتِ بِهَا  
اِنْ كُنْتَ مِنَ الصّٰدِقِيْنَ ﴿١٠٦﴾  
فَاْتَلِ عَصَاكَ فَاِذْ اِهْبِ اَنْ تَكْبَانَ مُبِيْنًا ﴿١٠٧﴾  
وَنَزَعْنٰ اَيْدِيَّكَ فَاِذْ اِهْبِ بِيْضًا لِلنّٰظِرِيْنَ ﴿١٠٨﴾  
قَالَ الْمَلٰٓئِكُ مِنْ قَوْمِ فِرْعَوْنَ اِنَّ هٰذَا  
لَسَجْرٌ عَلَيْكَ ﴿١٠٩﴾  
يُرِيْدُ اَنْ يُخْرِجَكَ مِنْ اَرْضِنَا فَمَاذَا  
تَأْمُرُوْنَ ﴿١١٠﴾  
قَالُوْا اَرْجِهْ وَاَنْتَا هٗ اَرْسِلْ فِي الْمَدِيْنِ  
خٰسِرِيْنَ ﴿١١١﴾  
يٰٓاٰكُوْلِيْ جِبِلٍّ لِّسَجْرِ عَلَيْمٍ ﴿١١٢﴾  
وَجَآءَ السَّحَرَةُ فِرْعَوْنَ قَالُوْا اِنَّ لَنَا

105. "Nzize eri gwe Fir'auna n'abakungu be n'obubonero obulaga amazima gange mw'ebyo by'antumye okubaleetera Mukama wammwe".

"Bate Abaana ba Israili obaggye mu buddu, n'okubawaliriza okukola emirimu emizito; obaleke basinze Katonda waabwe era Katonda wo ggwe. Kubanga be baana baboowo, era baava mu lukolo olutukuvu olwa Yakubu omwana wa Ishakka, mutabani wa Ibrahiimu omwagalwa wa Katonda.

107. Omuggo gwafuuka omusota gwenyini ne gulumba Fir'auna nga gwasamye Fir'auna yatya n'atandika okuwogwana, bw'agamba nti: Owange Musa gukwate! Era nja kukkiriza Katonda wo, era nte n'Abaana ba Israili.

108. Musa bwe yaggyayo mu kimeeme ky'ekkanzu ye omukono gwe oluvannyuma lw'okugyingizaamu, gwali mweru ttuku nga gumasama. Ekyo kyali kyamagero kyakubiri ekyeyongedde ku ky'asoose. Bwe yamala n'aguzzaayo ne gudda mu ngeri yaagwo eya bulijjo.

109. Mu kiseera ekyo baateesa Fir'auna n'abakungu be balabe kiki eky'okukola, era ekinaateereza embeera y'abagoberezi baabwe baleme okukyukira eri Musa.

112. Abakungu ba Fir'auna baamubuulirira alindirize ku Musa ne Haruna nga mu kiseera kye kimu bwe bamuleetera abakungu abasingayo mu kumanya eddogo mu Misiri, basobole okuvuganya ne Musa. Abalogo abo baakunngaanyizibwa.

- sulwa) empeera bwe tunaaba nga ffe tusinze?
114. N'agamba Fir'auna nti: Yee, mazima ddala mmwe muja kuba abasembezebbwa (ku lusegere lwange).
115. Ne bagamba nti: Owange Musa! Oba ggwe teekawo (eddogo okusooka) oba okubeera nga ffe tuba tutee-kawo?
116. N'agamba nti: Mmwe muteekeewo okusooka. Bwe baamala okuteekawo (eddogo lyabwe) baaloga amaaso g'abantu ne babatiisa ekisukkiridde kuba baja n'eddongo (essukkirivu).
117. Ne tutumira Musa (ne tugamba) nti: Suula omuggo gwo! Okugenda okulaba nga gwo gumira ebyo byonna bye baafuddefudde.
118. Awo ne gakakatawo Amazima ne byonooneka ebyo bye baali bakola.
119. Bwe batyo ne basingibwa mu kiseera ekyo, ne bakyuka nga banyoomeddwa.
120. Abalogo ne bagwa (wansi) nga bavunnama,
121. Ne bagamba nti: Tukkirizza Mukama w'Ebitonde byonna,

لَا جُرْأَن لِّكَ أَتَىٰ الْغُلَيِّينَ ﴿١١٣﴾  
 قَالَ نَعَمْ وَإِنِّي لَمِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴿١١٤﴾  
 قَالُوا يَمُوسَىٰ إِمَّا أَنْ تُلْقَىٰ وَإِمَّا أَنْ  
 تَكُونَ مَحْنًا لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿١١٥﴾  
 قَالَ الْقَوَاهِ فَلَمَّا الْقَوَاهِ سَكَّرُوا عَيْنَ  
 النَّاسِ وَاسْتَرْهَبُوهُمْ وَجَاءُوا  
 بِسِحْرِ عَجَبٍ ﴿١١٦﴾  
 وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنْ ألقِ عَصَاكَ  
 فَإِذْ هِيَ تَلْقَفُ مَا يَأْفِكُونَ ﴿١١٧﴾  
 فَوَقَعَ الْحَقُّ وَبَطَلَ مَا كَانُوا  
 يَعْمَلُونَ ﴿١١٨﴾  
 فَغَلَبُوا هَاتِلِكِ وَالْقُلُوبُ اصْغُرِينَ ﴿١١٩﴾  
 وَأَلْقَى السَّحَرَةُ سِحْرَهُمْ ﴿١٢٠﴾  
 قَالُوا آمَنَّا بِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٢١﴾

114. Abalogo bwe baja eri Fir'auna ku lunaku olwalaanyizibwa, yabalagaanya okubawa empeera n'okubasembeza ku lusegere lwe, singa bawangula eddogo lya Musa. Kale bwe baamala okusisinkana ne Musa mu nsiike nga buli omu amaze okwetegeka, ate olwo bo abalogo ne baaloga okumanya anaasoka.

116. Abalogo baaloga amaaso g'abantu, emigwa n'emiggo gye baaleeta ne bibafaananira emisota kale ne balowooza nti misota ddala egisobola n'okutambula.

Abamanyi bagamba nti abalogo baali omutwalo gumu n'ekitundu nga buli omu alina omuggo n'omugwa, gyo egyalabikira abantu nga egifuuse emisota. Mu kiseera ekyo Nabbi Musa yalinda ekiragiro ekiva eri Katonda amutegeze kiki ky'aba akola. Katonda yalagira Musa okusuula omuggo gwe wansi, ne gufuuka essota eryamira ebyo abalogo ba Fir'auna bye baakola.

119. Abalogo bwe baamala okulaba nga emiggo n'emiguwa gyabwe bimiriddwa, ne bategeera nti Musa (Emirembe gibe ku ye) si mulogo, era n'ekyo ky'akoze si ddogo; wabula kyamagero. Awo ne bakakasa obwannabbi bwe ne bamukkiriza.

122. Mukama wa Musa ne Haruuna.

رَبِّ مُوسَى وَهَارُونَ ﴿١٢٢﴾

123. Fir'auna n'agamba nti: Mukkirizza nga sinnabakkiriza? Mazima ezo nkwe ze mwasalidde mu kibuga mulyoke mukiggyemu abantu baakyo. Naye mujja kukimanya (ekinavaamu)!

قَالَ فِرْعَوْنُ أَمِنْتُ بِهِ قَبْلَ أَنْ أَدْنَى  
لَكُمْ إِنَّ هَذَا الْمَكْرَ مَكْرٌ مُؤَمَّرٌ فِي  
الْمَدِينَةِ لِيُخْرِجُوا مِنْهَا أَهْلَهَا فَسَوْفَ  
تَعْلَمُونَ ﴿١٢٣﴾

124. Nzija kubatemerako ddala emikono gyammwe, n'agamu gammwe mu ngeri y'ekyennyume. Oluvannyuma, mwenna nja kubakomerera ku musaalaba.

لَا قَطِيعَ أَيْدِيكُمْ وَأَرْجُلِكُمْ مِنْ خِلَافٍ  
ثُمَّ لَأَصْلِبَنَّكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿١٢٤﴾

125. Ne bagamba nti: Mazima ffe eri Katonda waffe gye tunadda!

قَالُوا إِنَّا إِلَى رَبِّنَا مُنْقَلِبُونَ ﴿١٢٥﴾

126. Tolina ky'otwekokolerako (kirala) mu kutubonereza, ffe wabula lwa kukkiriza Bigambo by Mukama waffe bwe, bimaze okututuukako. Mukama waffe! Fukirira ku ffe okugumiikiiza otutte nga tuli bawulize (Basi-raamu).

وَمَا تَنْفَعُكُمْ ثَمَلًا إِلَّا أَنْ أَمَّا يَا أَيَّتُهَا  
رَبَّنَا إِنَّمَا جَاءَنَا رَبَّنَا بِمَا أَفْرَعْنَا عَلَيْهَا  
صَبْرًا وَتَوَقْنَا مُسْلِمِينَ ﴿١٢٦﴾

127. Abakungu mu kibiina kya Fir'auna ne bagamba: Onooleka Musa n'ekiibiina kye boonoono mu nsi, ne bakuleka ggwe ne bakatonda bo? (Fir'auna) n'agamba nti: Tujja kutta abaana baabwe abalenzi tuleke bawala baabwe nga balamu, mu mazima ffe tuli wagulu waabwe ab'amaanyi abasobola.

وَقَالَ الْمَلَأُ مِنْ قَوْمِ فِرْعَوْنَ أَتَدْرِكُ  
مُوسَى وَقَوْمَهُ لِيَفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ  
وَيَذَرُكَ وَالرَّهَتَكَ قَالَ سَنُقْبِلُ أَبْنَاءَهُمْ  
وَسَتُعْقِبُ نِسَاءَهُمْ وَإِنَّا فَوْقَهُمْ  
قَاهِرُونَ ﴿١٢٧﴾

123. Abalogo mwakoze ebyo eby'okwewakanyawakanya ne Musa muli nga musala nkwe, oluvannyuma mwegatte mulyoke mutwale obufuzi mugobemu abakungu baamu, olwo mubeere nga mmwe mulina obuyinza. Nja kubabonereza n'ebibonerezo ebikakali.

124. Nja kubatemako omukono ogwa ddyo n'okugulu okwa kkono.

125. Tetufaayo ku bibonerezo byo by'otugambye, kubanga ffe tujja kuba tuzze eri Katonda waffe. N'ebibonerezo bya Katonda bye bisinga amaanyi — ggwe tukole ekyo ky'oyagala.

127. Abakungu ba Fir'auna baamugamba obutaleka Musa na kibiina kye kubanga baja kwoonona abagoberezi be — babakoowole okusinza Katonda waabwe baleke okusinza Fir'auna ne bakatonda be be yessizaawo. Awo Fir'auna kwe kubategeeza nga bwe banatta abaana abalenzi abanaazalibwa mu Baisraili baleke abawala.

Ekikolwa ekyo Fir'auna yakikola nga ogwo muiundi gwa kubiri. Yali yakikolako dda abalaguzi

128. Musa n'agamba ekibiina kye: Mwe-yambise Katonda era mugumiikirize. Mazima ensi ya Katonda. Agisikiza oyo gw'aba ayagadde mu baddu Be. N'enkomerero (ennungi y'abo) abaty Katonda.

129. Ne bagamba nti: Twabonyabonyezebwa oluberyeberye nga tonnatujjira, n'oluvannyuma lw'okutujjira ggwe. (Musa) n'agamba nti: Oba olyawo Mukama wammwe ajja kuzikiriza omulabe wammwe abasigize (mmwe) mu nsi; (alyoke) atunuulire engeri gye mukola (oba muneebaza).

130. Mazima twakwasa abantu ba Fir'auna emyaka gy'enjala n'okukendeeza kw'e-bibala, oba olyawo ne bajjukira.

131. (Bwe batyo bwe baali, nga) bwe buba nga bubajjidde obulungi, bagamba nti: Kyaffe kino, (tukakatirwa okukifuna); (naye) bwe kaba nga kabatuuseko akabenje nga beekokkola Musa n'abo abaali awamu naye. Abange! Mazima ekikwa kyabwe n'okubonerezebwa kwabwe biri eri Katonda. Naye ddala abasinga obungi tebamanyi.

132. Ne bagamba nti: Buli lwonna lw'o-nootuleetera akabonero konna olyoke okatulogese, tetuli ffe ba kukikkiriza.

قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ اسْتَعِينُوا بِاللَّهِ  
وَاصْبِرُوا إِنَّ الْأَرْضَ لِلَّهِ يُورِثُهَا  
مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَالْعَاقِبَةُ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٣٨﴾

قَالُوا أَوْ ذِينَا مِنْ قَبْلِ أَنْ تَأْتِيَنَا وَرَبُّنَا  
بَعْدَ مَا جِئْنَا قَالَ عَسَى رَبُّكُمْ أَنْ  
يُهْلِكَ عَدُوَّكُمْ وَيَسْتَخْلِفَكُمْ فِي الْأَرْضِ  
فَيَنْظُرَ كَيْفَ تَعْمَلُونَ ﴿٣٩﴾

وَلَقَدْ أَخَذْنَا آلَ فِرْعَوْنَ بِالسِّنِينَ وَ  
نَقَصِ مِنَ الثَّمَرَاتِ لَعَلَّهُمْ يَذَّكَّرُونَ ﴿٤٠﴾

فَإِذَا جَاءَهُمْ الْحَسَنَةُ قَالُوا لِنَا هَذِهِ  
وَإِنْ كُنَّا لَهُمْ سَيِّئَةً لِيُظَاهِرُوا فِي مَوْسَى  
وَمَنْ مَعَهُ إِلَّا إِنَّمَا ظَنَرُوهُمْ عِندَ  
اللَّهِ وَلَكِنَّ الْكُفْرَ هُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٤١﴾

وَقَالُوا مَهْمَا تَأْتِيَانِيهِ مِنْ آيَةٍ نَسْجُرُونَهَا  
بِهَا لَا فِئْتَانُ لَكَ بِنُورِ مِينِ ﴿٤٢﴾

Iwe baamutegeeza nti mu Baisraili muja kuzaalibwamu omwana an'aba ensonga y'okuggyawo Obwakabaka bwe. Awo kwe kuyisa ekiragiro eky'okutta buli mwana yenna omulenzi anaazaa-libwa mu Baisraili.

128. Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye) agumya Abaisraili. N'ekyaddirira nabo ne batandika okumunyonyola obuzibu bwabwe bwe baali balina okuva edda mu aya eziddirira.

131. Beekwasanga nti tebandituukiddwako kabi singa tabadde Musa n'abantu be; sso nga endwooza eyo yavanga ku bo butamanya ebyo biva eri Katonda.

132. Abakungu ba Misiri baagamba Musa nga bwe bataamukkirize na buli kabonero konna k'anaabaleetera, wadde na buli bujulizi bwonna bw'anaateekawo. Era nti si ba kukkiriza ebyo bye yabaleetera.

133. Kale ne tubasindikira amataba, n'en-zize n'ensekere (oba kawuukuumi) n'ebikere n'omusaayi nga Bubonero obweyolefu. Kyokka ne beekuluntaza, ne babeera ekibiina ky'aboonoonyi.

فَأَرْسَلْنَا عَلَيْهِمُ الطُّوفَانَ وَالْجُرَادَ وَالْقُمَّلَ وَالضَّفَادِعَ وَالِدَّمَ أَيْتٍ مُّفَصَّلَتٍ  
فَأَسْتَكْبَرُوا وَكَانُوا قَوْمًا مُّجْرِمِينَ ﴿١٣٣﴾

134. Bwe byamala okubagwako ebibonyobonyo, ne bagamba (Musa) nti: Owange Musa! Tusabire Mukama wo n'ezo endagaano z'olina. Bw'ono-oba nga oggye ku ffe ebibonyobonyo ddala, tujja kukukkiriza era tujja kusindika awamu naawe Abaana ba Israeli.

وَلَمَّا وَقَعَ عَلَيْهِمُ الرِّجْزُ قَالُوا لِمُوسَى اذْعُرْنَا رَبِّكَ بِمَا عٰهَدَ عِنْدَكَ لَئِن كَشَفْتَ عَنَّا الرِّجْزَ لَنُؤْمِنَنَّ بِكَ وَ لَنُرْسِلَنَّ مَعَكَ بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿١٣٤﴾

135. Bwe twamala okubaggyako ebibonyobonyo okutuusa ku bbanga eggere bo lye baali ob'okutuusa, okugenda okulaba nga bo bamenya endagaano!

فَلَمَّا كَشَفْنَا عَنْهُمُ الرِّجْزَ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّمْ بِالْعَوَّةِ إِذْ هُمْ يُنَادُونَ ﴿١٣٥﴾

136. Kale ne tubasunguwalira; ne tubasanyaa wo mu nnyanja: olw'okubanga mazima bo baalimbisa Obubonero Bwaffe (era) ne babeera nga ku bwo bagayaavu.

فَانقَسَمْنَا لَهُمُ فَاغْرَقْنٰهُمْ فِي الْيَمِّ بِآيٰتِنَا كَذٰلِكَ يُؤٰيِبُ الْاٰتِنَا وَكَانُوا عَنٰهَا غٰفِلِيْنَ ﴿١٣٦﴾

137. Ne tusikiza ekibiina ky'abo abaali nga banafuyizibwa (banyoomebwa — Abaana ba Israeli) mu buvanjuba bw'ensi n'obugwanjuba bwayo, eyo gye twassaamu emikisa ensi y'e Shaamu. Ne kijjula ekigambo kya Mukama wo ekirungi ku Baana ba Israeli, ku lw'ebyo bye baagumiikiriza; ne tubetenta ebyo (byonna) Fir'auna bye yali akola n'ekibiina kye wamu n'ebyo bye baalinga bazimba.

وَأَوْرَثْنَا الْقَوْمَ الَّذِيْنَ كَانُوا يُسْتَضَعُونَ مَشَارِقَ الْأَرْضِ وَمَغَارِبَهَا الَّتِي بَرَكْنَا فِيهَا هُمُومَاتٍ كَلِمَتُ رَبِّكَ الْحُسْنَىٰ عَلَىٰ بَنِي إِسْرَائِيلَ هَٰ بِمَا صَبَرُوا وَوَدَّعْنَا مَا كَانُوا يَصْنَعُونَ فِرْعَوْنَ وَقَوْمَهُ وَمَا كَانُوا يَعْرِشُونَ ﴿١٣٧﴾

133. Amataba oba omujuzo gwayaayaala ne gatuuka mu mayumba g'Abamisiri. Ate enzige zaalya wamu n'okwonoona cibala byabwe. Ebikere byo byajjulanga amayumba gaabwe ne bigwanga ne mu mmere yaabwe. Amazzi gona gaafuuka omusaayi omukwafa.

134. Bw'atyo Fir'auna n'ekibiina kye bwe baasabanga Musa asabe Katonda we abaggyirewo ebibonyobonyo. Fra baamulagaanyisanga nga bwe banaamukkiriza. Naye buli Musa lw'e yasa banga ebibonyobonyo ne biggibwawo nga bo bagaana okukkiriza.

138. Ne tusomosa Abaana ba Israili ennyanja, ne bayita ku kibiina ekyali ku kusinza ebifaananyi byabwe ebi-bajje (amasanamu). (Abaana ba Israili) ne bagamba nti: Owange Musa! Tuteerewo naffe Katonda nga nabo bwe balina bakatonda. (Musa) n'agamba nti: Mazima mwe muli ekibiina ekitategeera.

وَجَاوَزْنَا بِبَنِي إِسْرَائِيلَ الْبَحْرَ فَأَتَوْا  
عَلَى قَوْمٍ يَعْطِفُونَ عَلَىٰ صُنَادِهِمْ  
قَالُوا أَيُّمُوسَىٰ اجْعَلْ لَنَا إِلَهًا كَمَا لَهُمْ  
إِلَٰهَةٌ ؕ قَالَ إِنَّكُمْ قَوْمٌ يَتَّبِعُونَ ﴿١٣٨﴾

139. Mazima abo, bya kuzikirira ebyo bo bye baliko era byonoonefu ebyo bye bakola.

إِنَّ هَؤُلَاءِ مَتَّبِعُوا مَا هُمْ فِيهِ وَلَبِئْسَ  
مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٩﴾

140. (Musa) n'agamba: Atali Katonda omutonzi gwe mba mbaagaliza okuba Katonda, nga naye (Katonda Omutonzi) yabasinza ku bitonde byonna?

قَالَ أَغَيَّرَ اللَّهُ إِلَهَكُمْ الْهَاءَ قَىٰ هُوَ  
فَطَّمَكُمْ عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿١٤٠﴾

141. Era mujjukire mu biseera bwe twabawonya ku bantu ba Fir'auna abaabakombyanga ku bibonyobonyo ebibi, nga batta batabani bam-mwe ne balekawo bawala bammwe. Ne mw'ekyo (mwalimu) okugezesebwa kusukkirivu okuva eri Mukama wammwe.

وَأَذِّنْ لِكُلِّ قَوْمٍ مِّنْ آلِ فِرْعَوْنَ يَوْمُ مَثَلٍ  
سُوِّءَ الْعَذَابِ يُقْتُلُونَ أَبْنَاءَهُمْ وَأَسْرِيَ  
يَسْتَحْيُونَ نِسَاءَهُمْ وَفِي ذُلِّكُمْ بَلَاءٌ  
مِّن رَّبِّكُمْ عَظِيمٌ ﴿١٤١﴾

142. (Era) ne tulagaanyisa Musa ebiri amakumi asatu ne tubijjuzza n'ebiro kkumi, n'ejjula endagaano ya Mukama we n'ebiro amakumi ana; Musa n'agamba muganda we Haruuna (nga agenda): Nsigalira mu kibiina kyange (ng'oli musigire). Olongoose, era togoberera ekkubo ly'aboononyi.

وَوَعَدْنَا مُوسَىٰ ثَلَاثِينَ لَيْلَةً وَأَتَمَّمْنَا  
بِعَشْرٍ فَتَمَّ مِيقَاتُ رَبِّهِ أَلْبَعِينَ لَيْلَةً  
وَقَالَ مُوسَىٰ لِخِيَمِهِ هَرُونَ اخْلُقْنِي  
فِي قَوْمِي وَأَصْلِحْ وَلَا تَتَّبِعْ سَبِيلَ  
الْمُفْسِدِينَ ﴿١٤٢﴾

143. Musa bwe yamala okujja ku lw'enda-gaano yaffe, Mukama we n'ayogera

وَلَتَجَاءَ مُوسَىٰ لِمِيقَاتِنَا وَكَلِمَةُ

138. Naffe tubajjireyo ekifaananyi, tukisinze nga abo bwe bakisinza.

Musa yadda mu kibiina kye nga bwe kiri ekitategeera kitiibwa kya Katonda okubeera nga ayawulwa obutagattibwako kintu kirala kyonna mu kumusinza.



naye, n'agamba nti: Katonda wange! Nneeraga ntunule gy'Oli. (Katonda) n'agamba nti: Tojja kundaba, naye tunuulira eri olusozi! Bwe lunaabera nga luteredde mu kifo kyalwo, olwo (oba olyawo) onondaba. Mukama we bwe yamala okweyolekera ku lusozi n'alufuula olwesedde. Awo n'agwa Musa nga azirise (olw'entiisa gy'alabye). Bwe yamala okudda engulu, n'agamba: Okwawulibwa (mu Bwakatonda Bwo) kuli gy'Oli! Nee-nenyezza gy'Oli, nange nze w'olube-ryeberye mu bakkiriza.

144. (Katonda) n'agamba nti: Owange Musa! Mazima nze nkawuwde ku bantu n'obubaka Bwange (bwe nkuwadde) era n'ebigambo Byange (bye njogedde naawe). Kale kwata ebyo bye nkuwadde, obeere mu beebaza.
145. Ne tumuwandiikira ku mbaawo eza (Taurati) buli kintu, n'okubuulira n'okunyonnyola buli kintu, (ne tumugamba): Zikwate n'amaanyi; era olagire ekibiina kyo bazikwate n'engeri esinga obulungi. Nja kubalaga ennyumba y'aboonyoni.
146. Nja kukyusizakyusiza Obubonero bwange abo abeekuliza mu nsi mu bitali bya mazima, (nga ne) bwe baba nga balabye buli kabonero konna te-

رَبُّهُ قَالَ رَبِّ أَرِنِي أَنْظُرَ إِلَيْكَ ۗ  
قَالَ لَنْ تَرِنِي وَلَكِن أَنْظُرَ إِلَى الْجَبَلِ  
فَإِنِ اسْتَقَرَّ مَكَانَهُ فَسَوْفَ  
تَرِنِي ۚ فَلَمَّا تَجَلَّى رَبُّهُ لِلْجَبَلِ جَعَلَهُ  
دَكًّا وَخَرَّ مُوسَى صَاحِقًا فَلَمَّا أَفَاقَ  
قَالَ سُبْحَانَكَ تُبْتُ إِلَيْكَ وَأَنَا أَوَّلُ  
الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٤٦﴾

قَالَ يُوسُفُ إِنِّي اصْطَفَيْتُكَ عَلَى  
النَّاسِ بِرِسَالَتِي وَبِكَلَامِي فَخُذْ مَا  
أَتَيْتُكَ وَكُن مِنَ الشَّاكِرِينَ ﴿١٤٧﴾  
وَكَتَبْنَا لَهُ فِي الْأَنْوَارِ مِنْ كُلِّ شَيْءٍ  
مَوْعِظَةً وَتَفْصِيلًا لِكُلِّ شَيْءٍ  
فَخُذْهَا بِقُوَّةٍ وَأْمُرْ قَوْمَكَ يَا خُدَّاءُ  
بِأَحْسَنِ مَا دَسَّوْا رِيكُمُ دَارَ الْفَاسِقِينَ ﴿١٤٨﴾  
سَأَصْرِفُ عَنْ آيَاتِيَ الَّذِينَ يَتَكَبَّرُونَ  
فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ وَإِنْ يَرَوْا

143. Musa bwe yasaba Katonda amulabikire, Katonda yamuddamu nga bwe kitaasoboke kumulaba kubanga tewali kitonde kyonna kisobola kulaba Katonda mu bulamu buno obw'ensi.

Wabula Katonda yamulagira atunuulire eri olusozi bwe lunaaba ku mbeera yaalwo eya bulijjo, ne lutabaako kintu kyonna oba olyawo Musa anaumulaba.

Nga azze engulu okuva mu ntiisa gye yafuna Musa yeeyama nga bw'ali omuberberye mu bakkiriza, era nga bwe watali asobola kulaba Katonda.

145. Ku mbaawo za Tauraati kwe kwawandiikibwa ebyo byonna mu bigambo by'eddiini Musa bye yali yeetaaga okumanya. Ku nkomerero ya aya Katonda agamba nga bw'anaalaga Abaisraili enkomerero y'abo abaayawukana ku biragiro Bye, ne bagaana okumugondera: era nga bwe banaalaba engeri gy'abazikirizaamu.

146. Aya eno etegeeza nga Katonda bwe yeewera nga bw'annamma abatakkiriza okutegeera

bakakkiriza, (era ne) bwe baba nga balabye ekkubo ly'obulungamu tebalifuula kkubo (kulikwata), (wabula) bwe baba nga balabye ekkubo ly'obubuze (lyo) balifuula ekkubo. Ekyo (bakikola) ku lw'okubanga mazima bo baalimbisa Obubonero Bwaffe, era baalinga babulagajjalira

147. N'abo abaalimbisa obubonero Bwaffe (era ne balimbisa) n'okusisinkana Olunaku Lw'enkomerero, gayonononeka emirimu gyabwe. Abaffe balisasulwa wabula ebyo bye baali bakola?

148. Ne kikola ekibiina kya Musa, oluvannyuma (lw'okugenda) kwe, mu bikomo byabwe ennyana erina omubiri erina n'okungoonga (ng'ente nga ya kusinza). Abaffe, tebaalaba nga yo teyinza kwogera nabo, era nga teyinza kubalungama (mu kkubo) ggolokofu? Baagifuula Katonda (asinzibwa) ne babeera abalyazaamaanyi.

149. Bwe baamala okwejjusa (okwefumitiriza) ne balaba nti babuze; ne bagamba: Bw'anaaba tatusaasidde Katonda waffe n'atusonyiwa, tujja kubeerera ddala ab'omu bafaafaaganiiddwa.

obujulizi Bwe, amateeka Ge n'ekitiibwa Kye, abo abeeukuza ne bagaana okumugondera, era ajja kubamma n'obulungamu bafe nga babuze. Abo abeeukuza bo tebakkiriza kukwata kkubo ggolokofu wabula eryo lyo ery'obubuze balikkiriza ne baligoberera oluvannyuma lw'okumanya nga kkyamu. Era abo baagayaalira okukozesa ebyo Katonda bye yatuma ababaka Be okuleetera abantu babikozese.

147. Abo abalimbisa obubonero bwa Katonda si ba kususulwa mpeera mu mirimu gyabwe emirungi gye bakola kuno ku nsi kasita balifa nga bakyali ku ngeri eyo. Buli muntu wa kususulwa nga ekigero ky'omulimu gwe gwe yakola bwe kyenkana. Bwe guliba omulungi asasulwe bulungi, bwe guliba omubi asasulwe bubi.

148. Oluvannyuma lwa Nabbi Musa okugenda ku lusozi Sinai, abantu be baakola ennyana ne bagisinza, olwo ne bafuuka abalyazaamaanyi olw'okussa okusinza mu kitali kifo kyakwo. Kubanga okusinza kukakatiirwa ku kusinza Oyo Omutonzi eyatonda eggulu n'ensi, n'ebirimu sso si kusinza ebifaananyi abantu bye beekolede ebitagasa era ebitalina kabi ke bireetera muntu singa bibadde tebisin/iddwa. Wabula obutamanya n'okwagala bye byabaziba amaaso ne batalaba mazima.

كُلَّ آيَةٍ لَا يُؤْمِنُونَ بِهَا وَإِنْ يَرَوْا  
سَبِيلَ الرُّسُلِ لَا يَنْخَدُوا وَهُمْ سَبِيلًا وَإِنْ  
يَرَوْا سَبِيلَ الْعِزِّ يَنْخَدُوا وَهُمْ سَبِيلًا ذَلِكَ  
بِأَنَّهُمْ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَكَانُوا عَنْهَا غَافِلِينَ ﴿١٣٧﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَلِقَاءِ الْآخِرَةِ  
حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ هَلْ يُعْجِزُونَ إِلَّا  
مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٨﴾

وَإِذْ أَخَذَ قَوْمَ مُوسَى مِنْ بَعْدِهِ مِنْ  
حُلِيِّهِمْ عِجْلًا جَسَدًا آلَهُمْ خُورًا ط  
يَرَوْنَ أَنَّهُ لَا يُكَلِّمُهُمْ وَلَا يُهْدِيهِمْ  
سَبِيلًا مَّا يَنْخَدُوا وَكَانُوا ظَالِمِينَ ﴿١٣٩﴾

وَلَمَّا سَقَطَ فِي أَيْدِيهِمْ وَرَأَوْا أَنَّهُمْ  
قَدْ ضَلُّوا قَالُوا الَّذِينَ لَمْ يَرْحَمْنَا رَبُّنَا  
وَيَغْفِرْ لَنَا لَأَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿١٣٩﴾

150. Musa bwe yamala okudda eri ekibiina kye, nga musunguwavu omwenyamivu, n'agamba nti: Kibi nnyo kye mwakoze nga ssiriwo oluvannyuma lwange (nga ngenze). Lwaki mwanguyirizza ekiragiro kya Katonda wammwe? N'asuula embaawo, n'akwata ku mutwe gwa muganda we ng'amuwalula amuzza gy'ali. (Haruna) n'agamba nti: Mwana wa nnyabo! Mazima ekibiina kyannafuyizza (ne kitawuliriza bigambo byange), ne kiscemberera okunzita. Tonsanyusizaa ko balabe era tonteka wamu n'ekibiina ky'abalayazaamaanyi!

151. (Musa) n'agamba nti: Katonda wange! Nsonyiwa ne muganda wange; Otuyingize mu kusaasira Kwo; Naawe Ggwe musaasizi okusinga abasaasizi bonna.

152. Mazima abo abaafuula ennyana (Katonda asinzibwa), bujja kubatuukako obusungu okuva eri Mukama waabwe n'obuswavu mu bulamu bw'ensi. Bwe tutyo bwe tusaasula abafuzi (abagunja eby'obulimba ku Katonda).

153. N'abo abakola ebibi bwe bamala ne beenenya oluvannyuma lwabyo ne bakkiriza, -- Mazima Katonda wo oluvannyuma lwabyo Musonyiyi, Omusaasizi.

وَلَمَّا رَجَعَ مُوسَى إِلَىٰ قَوْمِهِ غَضْبَانَ  
أَيْسًا قَالَ يَبْنَؤُكُمْ مِمَّنِي مِنْ بَدَيْتُ  
أَعْلَمْتُ أَمْرَ رَبِّكُمْ وَاللَّيْلِ آلُكُمْ  
أَخَذَ بِرَأْسِ أَخِيهِ يَجُرُّهُ إِلَيْهِ قَالَ  
ابْنَ أُمَّ إِنَّ الْقَوْمَ اسْتَضَعُّونِي وَكَادُوا  
يَقْتُلُونَنِي فَلَا تَلْمِزْنِي بِالْإِعْدَاءِ وَلَا  
تَجْعَلْنِي مَعَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٥٠﴾

قَالَ رَبِّ اغْفِرْ لِي وَلِإِسْحٰقَ وَأَدْخِلْنَا  
جَنَّةَ رَحْمَتِكَ وَأَنْتَ أَرْحَمُ الرَّحِيمِينَ ﴿٥١﴾

إِنَّ الَّذِينَ اتَّخَذُوا الْعِجْلَ سَيَنَالُهُمْ  
عَذَابٌ مِنْ رَبِّهِمْ ذَلِكَ فِي الْحَيٰوةِ  
الدُّنْيَا وَكَذٰلِكَ نُجْزِي الْمُفْتِرِينَ ﴿٥٢﴾

وَالَّذِينَ عَمِلُوا السَّيِّئَاتِ ثُمَّ تَابُوا مِنْ  
بَعْدِهَا وَآمَنُوا إِنَّ رَبَّكَ مِنْ بَعْدِهَا  
أَعْفُوٌّ رَحِيمٌ ﴿٥٣﴾

149. Ekibiina kya Musa oluvannyuma lw'okusinza ennyana beefumitiriza ne bategeera kibi kyabwe kyeabaava badda eri Katonda ne bamusaba abasonyiwe.

150. Musa yasunguwalira ekikolwa ky'Abaana ba Israaili olw'okusinza ennyana ne batasaŋala wadde kumulindirira adde abamalire ebyetaago byabwe.

Mu kwennyamira kwe n'obusungu obungi, Musa n'asuula wansi embaawo okwandikidwa Taurati n'asika omatwe gwa Muganda we. Ekyo yakikola lwa kulowooza nga Haruna ayalaganjande Anaana ba Israeli n'atabagana kusinza nnyana. Sso nga yalamererwa bulamererwa okubagana nga baagala okumutta.

Katonda nga xvogera ku nsonga eno mu kitundu ekirala, yagamba nti: "Musa n'agamba nti: Owang! Haruna kiki kyakugaanye okungoberera mu kiscera bwe walabye nga babuze? Wajee-medde ekiragiro kyange."

154. Bwe bwamala okusiriikirira obusungu bwa Musa n'akwata embaawo, nga ne mu biwandiiko byazo mulimu okulungama n'okusaasira eri abo bo abatya Mukama waabwe.

وَلَمَّا سَكَتَ عَنْ مُوسَى الْغَضَبُ أَخَذَ  
الْأُكُوْحَةَ فِي نُفُوسِهِمْ أَهْدَىٰ وَرَحْمَةً  
لِّلَّذِينَ هُمْ لِرَبِّهِمْ يَرْتَابُونَ ﴿١٥٤﴾

155. Musa n'alonda mu kibiina kye abasajja nsanvu ku lw'endagaano Yaffe (ey'ekiseera kye twalagaana). (wabula) bwe yamala okubakwata musisi, (Musa) n'agamba nti: Mukama wange! Singa wabadde oyagadde (okubazikiriza), wandibazikirizza oluberye nange. Otuzikirizza ku lw'e-byo abasiru mu ffe bye baakoze? Tekiri ekyo, wabula kugezesa Kwo. Obuza nakwo omuntu gw'oba oyagadde n'olungama (nakwo) omuntu gw'oba oyagadde. Ggwe Mukuumi waffe, kale tusonyiwe otusaasira, Naawe Ggwe mulungi okusinga abasonyiya.

وَاخْتَارَ مُوسَىٰ قَوْمَهُ سَبْعِينَ رَجُلًا  
رِّمِيًّا إِنَّمَا فُلْنَا أَخَذْنَا مِنْهُمُ الرَّحْمَةَ  
قَالَ رَبِّ لَوْ شِئْتَ أَهْلَكْتَهُمْ مِنْ قَبْلُ  
وَأَيَّايَ أَهْلَكْنَا بِمَا فَعَلَ السُّفَهَاءُ  
مِنَّا إِنْ هِيَ إِلَّا فِتْنَتُكَ تُضِلُّ بِهَا  
مَنْ تَشَاءُ وَتَهْدِي مَنْ تَشَاءُ إِنَّتَ  
وَلِيِّنَا فَاغْفِرْ لَنَا وَارْحَمْنَا وَأَنْتَ  
خَيْرُ الْغَافِرِينَ ﴿١٥٥﴾

156. Era otuwandiikire muno mu nsi obulungi ne mu Bulamu Obw'enkomerero, mazima ffe, tweneyezza okudagya'Oli. (Katonda) n'agamba nti: Ebibonerezo byange mbituusa kw'oyo gwe mba njagadde, n'okusaasira kwange kwabuna buli kintu, n'olw'e-kyo nja kukukakasa kw'abo abatya Katonda ne batoola ne zakka (Al-Zzakaati), era ne kw'abo bo abakiriza Obubonero Bwaffe;

وَكَتُبْنَا فِي هَذِهِ الدُّنْيَا حَسَنَةً  
وَفِي الْآخِرَةِ إِنَّا هُنَا أُنزِلْنَآ إِلَيْكَ  
قَالَ عَذَابِي أُصِيبُ بِهِ مَنْ أَشَاءُ وَرَحْمَتِي  
وَسِعَتْ كُلَّ شَيْءٍ مَّا فَسَأَلْتُمُونِ  
بِالَّذِينَ يَتَّقُونَ وَرُؤُوسَ الرِّكْوَةِ  
وَالَّذِينَ هُمْ بِآيَاتِنَا يُوْحُونَ ﴿١٥٦﴾

155. Nabbi Musa yalonda abasajja abakungu abakulu nsanvu okuva mu kibiina kye nga alagiddwa Katonda agenda nabo ku lusizi Sinai bamwegayirire abasonyiwe olw'ekikolwa ekibi Abaisraili kye baakola eky'okusinza ennyana. Wabula nabo baali sibakkiriza mu bujjuvu. kyeabaava bagamba Musa nga bwe batamukkirize okuggyako nga balabye Katonda olwatu. Awo Katonda kwe kubazikiriza ne Musisi. Musa kwe kulaa janira Katonda nti: Wandibazikirizza nga sinnaba kuja nabo. Abaana ba Israili ne babeerabirako nga bwe bafudde ne balema okufumiitiriza nti nze nabavse.

Abadallah Mutabani wa Abbasi, omu mu bannyonnyozi abakugu yagamba nti: Ensonga kyeabaava bakubwa musisi ne bafa lwa kubanga tebaagezaako kugaana abantu baabwe okusinza ennyana. Wabula oluvannyuma lw'okusaba kwa Musa Katonda yabazza engulu.

157. Abo abagoberera Omubaka (Muhammadi), Nabbi atasoma biwandiike era atawandiika, oyo gwe baasanga nga awandiikibwa we bali mu Tauraati n'enjiri. Nga abalagira empisa ennungi n'abagaana empisa embi. Nga abakkiriza okulya ebirungi (byonna) n'aziza ku bo okulya ebibi: era nga abaggyako obuzito bwabwe n'ebikoligo ebyo ebyabaliko. Kale n'abo abamukkiriza, ne bamuwagira, ne bamutaasa era ne bagoberera ekitaangaala (Kuraane) ekyo kye yassibwa naky'o: Abo bo be b'okulokoka.

الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ الرَّسُولَ النَّبِيَّ الَّذِي  
الَّذِي يَجِدُ وَنَهُ مَكْتُوبًا عِنْدَ هُمْ فِي  
التَّوْرَةِ وَالْإِنْجِيلِ يَا مَرْهُمُ اعْرِفُوا  
وَنِيهِمْ مَعْنِ السُّكْرِ وَيَحِلُّ لَهُمُ الطَّيِّبَاتُ  
وَيُحَرِّمُ عَلَيْهِمُ الْغَبِيَّاتُ وَيَصْعَقُ عَنْهُمْ  
إَصْرُهُمْ وَالْأَعْلَالُ الَّتِي كَانَتْ عَلَيْهِمْ  
فَالَّذِينَ آمَنُوا بِهِ وَعَزَّرُوهُ وَنَصَرُوهُ  
وَاتَّبَعُوا التَّوْرَ الَّذِي أَنْزَلَ مَعَهُ  
۱۹  
أُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٥٧﴾

158. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Abange mmwe abantu! Mazima nze ndi mubaka wa Katonda ntumiddwa gye muli mwenna, — (Katonda) Oyo alina obufuzi bw'eggulu n'ensi. Tewali Katonda mulala wabula Ye. Alamusa n'atta. Mukkirize Katonda n'omubaka We, Nabbi atasoma biwandiike wadde atawandiika, oyo akkiriza Katonda n'ebigambo Bye, era mumugoberere mulyoke mulungame.

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ  
جَمِيعًا الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَ  
الْأَرْضِ مَنْ ذَا الَّذِي يَشْفَعُ عِنْدَ رَبِّهِ  
فَأَمَّنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ النَّبِيِّ الَّذِي  
الَّذِي يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَكَلِمَاتِهِ وَاتَّبَعُوهُ  
لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿١٥٨﴾

157. Omubaka alangibwa wano ye Muhammadi. Yali teyasoma nti yali asobola okwesomera era nga tamanyi kuwandiika. Ako kabonero akalaga amazima ge kubanga singa yali amanyi okusoma n'okuwandiika bandigambye nti ebyo yasoma bisome. Abo abasoma Tauraati ekitabo kya Musa, n'Enjiri ekitabo kya Nabbi Issa, omwana wa Mariamu: ne basanga nga Obutonde bwe buwandiikidwa mu Bitabo ebyo — Byali bimulanga nga bw'agenda okuba Nabbi atamanyi kusoma na kuwandiika era ow'enkomerero.

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yajja n'amateeka ago agaggyawo amateeka amazito agaali mu Tauraati ne mu Njiri, nga gali mu k'itabo ekitukuvu Kuraane.

158. Katonda y'awa obulamu era y'abuggyawo. Mumukkirize Katonda nga bw'Ali Omu era mukkirize n'Omubaka We Muhammadi nga bw'ali ow'amazima era akkiriza ebigambo ebiri mu Kuraane, era n'abikozesa. Nammwe abantu mukwate ekkubo lye ly'akutte mulyoke mulungame mu kkubo eggolokofu.

159. Ne mu kibiina kya Musa mulimu ekibiina ekirungama (abantu) eri amazima, era nga benkanya nago.

وَمِنْ قَوْمِ مُوسَى أُمَّةٌ يَهْدُونَ بِالْحَقِّ  
وَبِهِ يَعْدُونَ ﴿١٥٩﴾

160. (Abaisraeli) ne tubakutulamu ebika kkumi na bibiri, amawanga (amaawufu); ne tutumira Musa, mu kiseera bwe kyamusaba okukinywesa amazizi ekibiina kye, (Twamugamba) nti: Kuba ejinja n'omuggo gwo! Awo ne mufukumukamu ensulo kkumi na bbiri, mazima baamanya abantu ababuli kika obunywero bwabwe. Ne tubasiikiriza n'ekire era ne tubassiza (emmere) eyitibwa *Al-Manna* ne *Al-Ssalwaa*, (Ne tubagamba): Mulye mu birungi ebyo bye twabagabira (naye baajeema). Tetwabalyazaamaanya nga emyoyo gyabwe.

وَقَطَعْنَاهُمْ أَثْنَتَيْ عَشَرَ لَأَسْبَاطًا أُمَّةً  
وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ إِذِ اسْتَسْقَاهُ قَوْمَهُ  
أَنْ اضْرِبْ بِعَصَاكَ الْحَجَرَ فَانْبَجَسَتْ  
مِنْهُ اثْنَتَا عَشْرَةَ عَيْنًا قَدْ عَلِمَ كُلُّ  
أُنَاسٍ مَّشْرَهُمْ وَظَلَلْنَا عَلَيْهِمُ الْعَمَامَ  
وَأَنزَلْنَا عَلَيْهِمُ الْمَنَّانَ وَالسَّلْوَىٰ كُلًّا  
مِنْ طَيِّبَاتِ مَا رَزَقْنَاكُمْ وَمَا ظَلَمُونَا  
وَلَكِنْ كَانُوا أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿١٦٠﴾

161. Era jjukira mu kiseera bwe baagam-bibwa nti: Mutuule mu kyalo kino (Jerusaalemu) era mulye mu kyo awo wonna we mwagadde, mugambe nti: Tuggyeeko ebibi, era musingire mu mulyango nga muvunnamye (muli bawulize); tujja kubasonyiwa ebisobyo byammwe; era tujja kwongera abalongoosa (empeera).

وَأَذَقْنَا لِقِيلَ الْيَهُودِ لِقِيلَ الْقُرَيْبَةِ  
وَكُلُّوْا مِنْهَا حَيْثُ شِئْتُمْ وَتَوَلَّوْا حِطَّةً  
وَأَدْخَلُوا الْبَابَ سُجَّدًا نَّغْفِرُ لَكُمْ  
خَطِيئَتَكُمْ سَتَرْنَا لَكُمْ مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٦١﴾

162. (Naye) abo abalyazaamaanyi mu bo ne bakyusa ekigambo ekirala ekitali ekyo ekwabagambibwa, kale ne tubasindikira ebibonyobonyo okuva mu ggulu ku lw'ebyo bye baali balyazaamaanya.

قَبَّلَ الَّذِينَ ظَلَمُوا مِنْهُمْ قَوْلًا  
غَيْرَ الَّذِي قِيلَ لَهُمْ فَأَرْسَلْنَا  
عَلَيْهِمْ رِجْرًا مِنَ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوا  
يَظْلِمُونَ ﴿١٦٢﴾

160. Abaana ba Israili baasaba Musa kiyokunywa nga bali mu ddungu. Katonda kwe kulagira Musa n'akuba omuggo ku lwazi ne lufukumukamu ensulo kkumi na bbiri. Buli kika ne kifunako ensulo emu kwe kinywera. Era Katonda yabassizanga okuva waggulu emmere eyitibwa *Al-Manna* ne *Al-Ssalwaa*.

163. Babuuze (Gwe Muhammadi) ebyafa ku kyalo ekyo ekyali kiriraanye ennyanja mu kiseera, bwe baasukka etteeka ne bavuba ku Lunaku Lw'omukaaga (Ssabiiti), mu kiseera bwe byabajjiranga ebyennyanja ku lw'omukaaga lwabwe kungulu (ku mazzi nga byalaala), sso nga olunaku olutaabanga lwa mukaaga nga tebibajjira. Bwe tutyo bwe twabagezesa ku lw'ebyo bye baali boonoonamu.

وَسَأَلْتَهُمْ عَنِ الْقَرْيَةِ الَّتِي كَانَتْ  
حَاصِرَةً الْبَحْرَ إِذِ عَدُّوْنَ فِي السَّبْتِ  
إِذْ تَأْتِيهِمْ حِينَمَا لَهُمْ يَوْمٌ سَبْتِيهِمْ شُرْعًا  
وَيَوْمٌ لَا يَسْبِتُونَ لَا تَأْتِيهِمْ كَذَلِكَ  
نَبَّوْهُم بِمَا كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿١٦٣﴾

164. Jjukira mu kiseera ekibiina mu bo bwe kyagamba: Lwaki mubuulirira ekibiina Katonda b'anaazikiriza oba b'anaabonyabonya ebibonyobonyo ebiyitirivu? Ne bagamba (nga babaddamu): (Tukikola) ku lwa kwetonda eri Mukama wammwe, era (tukikola) oba olyawo ne batya Katonda (ne baddirira).

وَإِذْ قَالَتْ أُمَّةٌ مِّنْهُمْ لِمَ تَعْبُدُونَ  
قَوْمًا اللَّهُ مُهْلِكُهُمْ أَوْ مُعَذِّبُهُمْ عَذَابًا  
شَدِيدًا قَالُوا مَعذْرَةٌ إِلَىٰ رَبِّنَا  
وَلَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ ﴿١٦٤﴾

165. Bwe baamala okwerabira ebyo ebyababuulirirwa, ne tuwonya abo abaa-ziyanga bannaabwe okukola ebibi, ne tukwata abo abalyazaamaanya n'ebibonyobonyo ebikakali ku lw'ebyo bye baali boonoonamu.

فَلَمَّا نَسُوا مَا ذُكِّرُوا بِهِ اتَّبَعَْنَا الَّذِينَ  
يَبْهُونَ عَنِ السُّوءِ وَأَخَذْنَا الَّذِينَ  
ظَلَمُوا عِذَابًا بِبِئْسَٰ مَا كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿١٦٥﴾

166. Bwe baamala okwekuluntaza ne beemerera ddala okuva kw'ebyo ebya-

فَلَمَّا عَتَوْا عَن مَّا نُهُوا عَنْهُ قُلْنَا لَهُمْ

163. Okuvuba, okufaananako n'emirimu emirala gyonna — byali biwereddwa Abayudaaya ku lunaku olw'omukaaga (Ssabiiti). Kale Katonda yabagezesa n'abuza ebyennyanja ku nnaku ezitali za Ssabiiti, ate n'abireeta mu bungi ku lunaku lw'omukaaga, nga kigezo ku lw'obwonoonyi bwabwe. Kale aboonoonyi mu bo ne bamenya ekiragiro eky'obutavuba ne balyoka bavuba ku lw'omukaaga wadde nga bannaabwe abakiriza abatuufu, abayigirize mu bo baabuulirira obutavuba. Kale Katonda n'abasindikira ekibonerezo.

164. Ababuulirizi baddamu nga bategeeza nga bwe baabuulirira aboonoonyi lwa nsonga bbiri: (1) Lwa kwetonda na kwetaasa eri Katonda aleme kubalirira mu boonoonoyi. (2) Era lwa kulwooza nti okubuulirira kwandibagasa abo aboonoonyi ne batya ebibonerezo bya Katonda ne baddirira okuva ku kumujeemera.

165. Ebibonerezo eby'amaanyi byali bya kubafuula nga enkobe ne baba abanyoomebwa mu bannaabwe, abataliimu nsa. Era baasindikirwa n'ekirwadde kya kawumpuli.

166. Olw'obutakozesa magezi ga buntu kuwulira bibabuulirirwa baafuulibwa enkobe.

Ekyalo ekyo ekyogerwako kiyitibwa Ayilat. Kyali wakati wa Madiyana n'olusozzi Sinaai. Abantu b'oku kyalo ekyo baalimu emitendero esatu — (1) Abaavuba (2) Abaagezaako okuziyiza okuvuba, (3) n'abaasirika ne batamwa ekikolwa ekyo.



bagaanibwa, ne tubagamba nti: Mu-beere nkobe ezinyoomebwa (era abeenyinyalwa).

167. Jjukira mu kiseera bwe yalangirira Mukama wo nti ajja kubasindikiranga (Abayudaaya) okutuukira ddala ku Lunaku Lw'enkomerero, abo abanaabakombyanga ku bibonerezo ebibi. Era mazima ddala Mukama mwangu wa kubonereza! Ddala mazima Ye Musonyi, Omusaasizi.

168. Era twabaa wulayawulamu mu nsi ebibiina (bingi). Mu bo mulimu abalongoofu, ne mu bo mulimu abatali abo. Ne tubagezesa n'ebirungi n'ebibi, oba olyawo ne badda (eri okutya Katonda).

169. Ne basigirwa oluvannyuma lwabwe abasigire (ababi) abaasikira Ekitabo (Tauraati). Nga batwala ebyokufuna by'eno (ensi, ebibi) ebya wansi ne bagamba nti: Tujja kubisonyiyibwa. (Nga ate ne) bwe byabajjiranga ebyokufuna (ebirala) ebifaanana nga ebyo, nga babitwala. Abaffe tebaggibwako ndagaano okuva mu Kitabo balemenga okwogeranga ku Katonda, wabula

كُونُوا قِرَدَةً خَاسِئِينَ ﴿١٦٧﴾

وَأَذِّنْ لِرَبِّكَ لِيُبَعِثَنَّ عَلَيْهِمُ إِلَى  
يَوْمِ الْيَقِينَةِ مَنْ يَسُودُهُمْ سُوءَ الْعَذَابِ  
إِنَّ رَبَّكَ لَسَرِيعُ الْعِقَابِ ۖ وَإِنَّهُ  
لَغَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٦٨﴾

وَقَطَعْنَا لَهُمْ فِي الْأَرْضِ أَصْنَافًا مِنْهُمْ  
الصَّالِحِينَ وَمِنْهُمْ ذُرِّيَّةٌ  
وَبَلَوْنَهُمْ بِالْحَسَنَاتِ وَالسَّيِّئَاتِ لَعَلَّهُمْ  
يَرْجِعُونَ ﴿١٦٩﴾

فَخَالَفَ مِنْ بَعْدِهِمْ خَلْفٌ وَرِثُوا الْكِتَابَ  
يَأْخُذُونَ عَرَضَ هَذَا الْأَرْضِ وَيَقُولُونَ  
سِعْفُ رَبِّنَا وَإِنَّا لِيَأْتِيهِمْ عَرَضٌ مِثْلَهُ  
يَأْخُذُونَ إِلَّا أَلَّيْكُمْ وَعِبْنَا وَالْكِتَابَ  
أَن لَّا يَقُولُوا عَلَى اللَّهِ إِلَّا الْحَقَّ وَدَرَسُوا

Katonda yayogera ku baavuba nga bwe yababonereza, n'ayogera ne kw'abo abaabuuliriranga nga bwe baawona; wabula abaasirika tebaayogerwako oba baawona oba nedda. Ekituufu kiri nti baawona kubanga okubuulirira tekukwata ku buli kinn'omu. Omu bw'abuulira amalira abasigadde naye olw'okubanga tebalina kye baakola, tewali nsonga eboogezaako.

167. Ebbanga lyonna Omuyudaaya aba mu kubonaabona, talina ddembe okuva ddi n'okutuusa ddi. Ekya lwa kujeemera amateeka ga Katonda n'okwekuluntaza ku babaka Be, wamu n'okutya bannabbi Be.

168. Oluvannyuma Abayudaaya b'oku mulembe gwa Musa baddirwa mu bigere ekibiina ekyoononefu. Abasika bano baakwekanga amazima ne batagoogera ku lw'okwagala ebyokufuna by'ensi. Tebeekomako wadde tebaafangayo ku kutwala ebyo ebyabanga bibajjidde mu byokufuna by'ensi, ssi nsonga bizira oba tebizira. Sso nga Katonda yakola nabo endagaano bannyonyole abantu ebyo ebiri mu Kitabo kyabwe, baleme kukweka mazima. Kale abo abalulunkanira eby'obugagga bw'ensi ne balekerera eby'Obulamu Obw'oluvannyuma, obwo obusinga obulungi, tebategeera.

- amazima? Ne basoma n'ebyo ebirimu. N'Ennyumba Ey'enkomerero y'ennungi eri abo abatya Katonda. Abaffe temu-tegeera?
170. N'abo abekwata ku Kitabo, era ne bayimirizaawo esswala — Mazima ffe tetuyinza okwonoona mpeera z'abalongoosa.
171. Era jjukira mu kiseera bwe twasitula olusozi waggulu waabwe ne lubeera nga minvuuli, ne balowooza nga bakakasa nti mazima lwo lwa kubagwira, (ne tugamba): Mukwate ebyo bye tubaleetedde n'amaanyi, era mujjukurire ebyo ebirimu, oba olyawo mmwe ne mutya Katonda.
172. Era jjukira mu kiseera bwe yaggya Katonda wo ku Baana ba Adamu (abantu), mu migongo gyabwe ezadde lyabwe, n'abajuliza ku myoyo gyabwe, (n'ababuza) nti: Ssiri Katonda wammwe? Ne bagamba nti: Yee! Ddala, Oli Katonda waffe. Tujulidde. (Ekyo yakikola) muleme okugamba ku lunaku Lw'okuyimirizibwa (mu maaso Ge), nti: Mazima ffe twali kw'ekyo abagayaavu (abatakimanyiiko);
173. Oba muleme okugamba nti: Mazima bakadde baffe baagatta ku Katonda ebintu ebirala oluberyebye (lwaffe) era ffe twali bazzukulu abajja oluvannyuma lwabwe. Onootuzikiriza olw'ebyo bye baakola aboonoonyi?
174. Bwe tutyo bwe tunnyonyola Ebigambo, oba olyawo ne badda (eri okwawula Katonda).

مَا فِيهِ وَالذَّارِ الْآخِرَةُ خَيْرٌ لِلَّذِينَ  
يَتَّقُونَ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿١٧٠﴾

وَالَّذِينَ يُمَسِّكُونَ بِالْكِتَابِ وَأَقَامُوا  
الصَّلَاةَ إِنَّا لَا نَضِيعُ أَجْرَ الْمُصَلِّينَ ﴿١٧١﴾

وَإِذْ تَنْقَلِبْنَا الْجَبَلَ فَوَقَّهُمْ كَأَنَّهُ ظِلَّةٌ  
وَوَظَنُوا أَنَّهُ وَاقِعٌ بِهِمْ خُذُوا مَا

أَتَيْنَاكُمْ بِقُوَّةٍ وَاذْكُرُوا مَا فِيهِ  
لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٧٢﴾

وَإِذْ أَخَذَ رَبُّكَ مِنْ بَنِي آدَمَ مِنْ  
ظُهُورِهِمْ ذُرِّيَّتَهُمْ وَأَشْهَدَهُمْ عَلَى

أَنفُسِهِمْ أَلَسْتُ بِرَبِّكُمْ قَالُوا بَلَىٰ  
شَهِدْنَا أَنَّا نَقُولُ لَكُمْ قَالُوا بَلَىٰ

عَنْ هَذَا غَفْلِينَ ﴿١٧٣﴾

أَوْ تَقُولُوا إِنَّمَا أَشْرَكَ آبَاؤُنَا مِنْ قَبْلُ  
وَكُنَّا ذُرِّيَّةً مِنْ بَعْدِهِمْ أَفَتُهْلِكُنَا

بِمَا فَعَلْنَا الْمُبْطِلُونَ ﴿١٧٤﴾  
وَكَذَلِكَ نَقُصِّلُ إِلَيْكَ مَا هُمْ يَرْجِعُونَ ﴿١٧٥﴾

173. Tosaana kutubonereza ku lw'ebyo bye baakola bakadde baffe kubanga bo be baabissaawo. N'olw'ekyo Katonda kyeyava aggya ku bantu bonna obujulizi nga tebannaba kujja ku nsi kuno baleme kwekwasa kw'ebyo byonna. Olw'ekyo Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Buli mwana yenna azaalibwa, azaalibwa nga ali ku ddiini ey'obutonde." Ekyo kitegeza nti azaalibwa ali ku ddiini eyawula Katonda nga bw'ali Omu — Eddiini y'Obusiraamu. Wabula bakadde be be bamubuza ne bamuyingiza mu yaabwe yonna gye baba bakkiriza.

175. Era basomere ekyafaayo ky'oyo gwe twawa obubonero Bwaffe, n'abwesowolamu, n'amugoberera sitaane n'abeera ow'omu babuze.
176. Era singa twali twagadde twandimusittude nabwo, naye mazima ye yate-reera kuno ku nsi n'agoberera obwagazi bwe. Ekifaananyi kye kiringa ekifaananyi ky'embwa: bw'oba nga ogigobye ewejjawejja, era ne bw'oba ogiresse ewejjawejja. Ekyo ky'ekifaananyi eky'ekibiina ekilimbisa Obubonero Bwaffe. Banyumize ebyafaayo (by'abo abaasooka), oba olyawo ne balwooza.
177. Kibi nnyo ekifaananyi ky'ekibiina ky'abo abaalimbisa obubonero bwaffe, n'emyooyo gyabwe (bo bennyini) gye baalinga balyazaamaanya.
178. Omuntu Katonda gw'aba alunggamizza naye ye mulunggamu, n'omuntu abuzibwa — abo be bafaafaaganid-dwa.

وَأْتَلُ عَلَيْهِمْ نَبَأَ الَّذِي آتَيْنَاهُ آتِنَا  
فَأَسْلَخَ مِنْهَا فَأَتَبَعَهُ الشَّيْطَانُ فَكَانَ  
مِنَ الْغَوِينَ ﴿٤٥﴾

وَأَوْشَيْنَا لِرَفْعِنَاهُ بِهَا وَلَكِنَّهُ أَخْلَدَ  
إِلَى الْأَرْضِ وَاتَّبَعَ هَوَاهُ فَمَثَلُهُ كَمَثَلِ  
الْكَلْبِ إِنْ تَحَمَلَ عَلَيْهِ يَاهْتِ أَوْ  
تَتْرَكُهُ يَاهْتِ ذَلِكَ مَثَلُ الْقَوْمِ  
الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا فَاقْصُصْ  
الْقِصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿٤٦﴾

سَاءَ مَثَلًا الْقَوْمَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا  
وَأَنفُسُهُمْ كَانُوا بِآيَاتِنَا مُؤْمِنُونَ ﴿٤٧﴾

مَنْ يَهْدِ اللَّهُ فَهُوَ الْمُهْتَدِى وَمَنْ  
يُضِلْ فَأُولَئِكَ هُمُ الضَّالُّونَ ﴿٤٨﴾

175. Aya eno terina muntu omu yeeyawudde yenna gw'ekwatako. Wabula eyinza okukwata ku buli muntu yenna aweebwa obulunggamu okuva eri Katonda ate wabula n'abuvaako; n'akwata amakubo ga Sitaane.

Abannyonyozi abamu bagamba nti aya eno eyogera ku musajja Bal'amu ow'omu zadde lya Israili, oyo Katonda gwe yali alunggamizza n'amuwa okumanya ebigambo ate ye ne yeggyamu yekka, n'atandika n'okusabira obubi Nabbi Musa n'abagoberenzi be. Katonda kyeyava amusowola olulimi n'atandika okujjawejja.

176. Omuntu oyo ayogerwako yandisituddwa Katonda n'atuusibwa ku ddaala ly'abayigirize abalongoofu mu ddiini, wabula ye yakyukira ebyokufuna by'ensi n'afa nga wa mu baswawu abafaafaaganiddwa.

Kale Katonda alagira Nabbi Muhammadi asomere Abayudaaya abyafaayo bya bannaabwe abaasooka oba olyawo ne beddako ne balunggama.

177. Tebalina mulala yenna gwe baalyazaamaanya mu kiserera bwe baalimbisa obubonero bwa Katonda, okuggyako beeryazaamaanya bokka.

178. Abantu aboogerwako be bo abatategeera mazima wadde okugawuliriza, kale tebasobola kulunggama eri ekyo Katonda kye yabakolera. Bafaananako ng'ebisolo ebitasobola kwegasa n'ebyo ebyogeddwako, wabula mpozzi mu kunoonya ekyokulya ky'ensi. Era bafaananako ng'ebisolo mu butafaayo ku kumanya Katonda n'okukola ekyo ekiribayamba mu bulamu obw'oluvannyuma.

179. Mazima twatondera omuiiro (Jahannama) bangi mu mageege n'abantu balina emitima naye tegitegeera, era balina amaaso naye tabagalabisa, era balina amatu naye tebagawuliza. Abo balinga ebisolo ebirundibwa — nedda, wabula bo be babuze okusinga ebisolo! Abo bo be bagayaavu.
- وَلَقَدْ دَرَأْنَا إِلَهُمْ كَثِيرًا مِّنَ الْجِنَّةِ  
الْإِنْسِ لَهُمْ قُلُوبٌ لَا يَفْقَهُونَ بِهَا  
وَأَهُمْ أَعْيُنٌ لَا يُبْصِرُونَ بِهَا وَلَهُمْ  
أُذَانٌ لَا يَسْمَعُونَ بِهَا وَأُولَئِكَ كَانُوا  
فِي أَعْيُنِنَا قَدْ كَفَرْنَا ۗ أُولَئِكَ  
سُجُودًا ۝١٧٩
180. Ne Katonda alina amannya amalungi. Kale mugamusabise. Era muleke abo abakyusakyusa mu mannya Ge. Bali-sasulwa ebyo bye baali bakola.
- وَلِلَّهِ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَىٰ فَادْعُوهُ بِهَا  
سُودًا ۝١٨٠  
وَالَّذِينَ يُلْحِدُونَ فِي آسْمَائِهِ  
سَيُجْزَوْنَ  
مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ۝١٨١
181. Ne mw'abo be twatonda mulimu ekibiina ekirungama n'amazima nga benkanya nago.
- وَمِمَّنْ خَلَقْنَا أُمَّةً يَهْتَدُونَ بِالْحَقِّ  
بِهِ يَعْبُدُونَ ۝١٨١
182. N'abo abalimbisa obubonero Bwaffe — Tujja kubatwaliriza mu kiseera awo nga tebamanyi (tubazikirize).
- وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا  
سَنَسْتَدْرِجُهُم  
مِّنْ حَيْثُ لَا يَعْلَمُونَ ۝١٨٢
183. Mbalindiriza (kubanga) mazima entegeka Zange nnywevu (tezigwa but-aka).
- وَأْمُرِي لَهُمْ أَنْ يُكِيدُوا  
مَتْنِينَ ۝١٨٣
184. Abaffe! Tebalowooza, (ne bategeera) nti si mugwi wa ddalu munnaabwe? Tali ye, wabula Omutiisa omweyolefu.
- أَوَلَمْ يَتَفَكَّرُوا مَا بِصَاحِبِهِمْ  
مِّنْ جَنَّةٍ ۚ إِنَّ هُوَ إِلَّا نَذِيرٌ  
لِّمُؤْمِنِينَ ۝١٨٤

Kyebava baba ababuze okusinga ebisolo kubanga byo biwulira omulunzi waabyo ne bimugondera, sso nga bano bo tehawulira kukoowoola kwa Katonda.

180. Abakafiiri b'omu Makka baakyusakyusanga mu mannya ga Katonda agamu ne baga-tuuma bakatonda baabwe.

181. Bakoza amazima ago mu kulamula kwabwe. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Tckigenda kuvaawo ekibiina ekiyimiridde ku mazima mu kibiina kyange okutuusa ensi lw'erivaawo nga talina ky'akikola oyo aba akyabulidde. Mu buli mulembe mubaamu abantu abali ku mulimu gw'okulun-gama abantu. Era abantu abo tebatya kabi konna kava mw'oyo aba abaawukanyeekeo.

Abayigirize bagamba nti abantu abo be bo abamanyi amateeka g'eddiini era abagasomesa era ne bagakozesa mu bulamu bwabwe.

183. Katonda addira abo abalimbisa ebighambo Bye n'ababaka Be n'abawa ebyokufuna kuno ku nsi ne bagayaazibwa nabyo; nga balowooza nti bali ku kintu ekyesigibwa. Oluvannyuma atuusa okubatta nga tebamanyi. Olwo n'abatuusa ku bibonerezo Bye, ebyo bye yabatekeratekeera.

184. Nabbi Muhammadi yajja kulabula bantu beewale ebibonerezo bya Katonda, singa banaa-

185. Abaffe tebatuunulira mu bufuzi bw'eggulu n'ensi, n'ebyo Katonda bye yatonda mu bintu (ebiri ku nsi) (Tebalaba mazima oba olyawo entuuko yaabwe n'ebeera ng'eseembedde? Kir-iwa kyonna ekigambo oluvannyuma lwa kino kye banakkiriza?

أَوَلَمْ يَنْظُرُوا فِي مَلَكُوتِ السَّمَوَاتِ وَ  
الْأَرْضِ وَمَا خَلَقَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ قَدْ  
أَنْعَى أَنْ يَكُونَ قَدِ اقْتَرَبَ  
أَحْلَاهُمْ فَيَأْتِي حَدِيثٍ بَعْدَهُ  
يَوْمَئِذٍ ﴿١٨٥﴾

186. Omuntu Katonda gw'aba abuzizza, tewali amulunggama. N'abaleka mu kubula kwabwe nga babulubuuta.

مَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ فَلَا هَادِيَ لَهُ وَيَذَرُهُمْ  
فِي طُعْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١٨٦﴾

187. Bakubuuza (Ggwe Muhammadi) ku kiseera ky'enkomerero, nti: Ddi lwe kirituuka? Gamba nti: Mazima okumanyibwa kwakyo kuli wa Mukama wange yekka. Tewali amanyidde ddala kiseera kyalwo wabula Ye yekka. Kwazitowa (okukimanya) mu ggulu ne mu nsi tekigenda kubajjira waggulu, wabula (kiribajjira) kibwatukira. Bakubuuza nga oli nga ggwe akimanyi (ebikifaako). Gamba nti: Mazima okumanyibwa kwakyo kuli wali Katonda (yekka), naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

يَسْأَلُونَكَ عَنِ السَّاعَةِ أَيَّانَ مُرْسَاهَا  
قُلْ إِنَّمَا عِلْمُهَا عِنْدَ رَبِّي لَا يُجِيبُنَهَا  
الْوَقْتُ إِلَّا هُوَ ثَقُلَتْ فِي السَّمَوَاتِ وَ  
الْأَرْضِ لَا تَأْتِيكُمْ إِلَّا بَغْتَةً يَسْأَلُونَكَ  
كَأَنَّكَ حَفِيفٌ عَنْهَا قُلْ إِنَّمَا عِلْمُهَا  
عِنْدَ اللَّهِ وَلَكِنَّ الْغُلَّامَ لَيَعْلَمُونَ ﴿١٨٧﴾

188. Gamba nti: Ssiyinja kufunira mwoyo gwange mugaso oba akabi, wabula ekyo Katonda ky'aba ayagadde. Era singa nali manyi ebitalabikako, nandiyitiriza okufuna ebirungi (eby'obugagga), era sandituukiddwako kabi

قُلْ لَا أَمْلِكُ لِنَفْسِي نَفْعًا وَلَا ضَرًّا إِلَّا  
مَا شَاءَ اللَّهُ وَلَوْ كُنْتُ أَعْلَمُ الْغَيْبِ  
لَا سْتَكْتَرْتُ مِنَ الْخَيْرِ وَمَا مَسَّنِيَ

mukkiriza ne bamwawula mu Bwakatonda Bwe. Sso si mugwi wa ddalu nga Abawarabu Abakaafiiri bwe baagambanga nti mugwi wa ddalu — ate nga Ye mubaka wa Katonda ow'amazima, Katonda gwe yatuma okujja okulunggama abantu era abatiise ebibonerezo Bye singa bagezaako okumunyooma.

185. Singa batuunulira Enfuga y'eggulu n'ensi bandiyinza okutegeera obuyinza bwa Katonda ne babeera nga bakkiriza. Bwe baba nga tebakkiriza kigambo ekiri mu Kitabo. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ky'azze nakyo, banakkiriza kigambo ki ekirala?

188. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) teyamanya binaabawo ku lulwe yekka, wabula nga amaze kutegeera ku lw'obubaka obuwa eri Katonda. Era teri muntu n'omu amanyi binaabawo nga tebinnaba kubaawo.

konna. Siri nze kirala kyonna wabula omutiisa, era omubuulizi (w'amawulire ag'essanyu) eri ekibiina ekikiriza.

189. Ye y'oyo cyabatonda ng'abaggya mu muntu omu (Jjajjamwe Adamu), n'atonda ng'aggya mu ye mukyala we alyoke awummulire gy'ali. Bwe yamala okulabagana naye n'aluna olubuto oluwewufu, n'agenda nalwo (nga lukyali luto), naye bwe yamala okuzitowa nga lukuze bombiriri ne basaba Katonda. Mukama waabw'e, nti: Bw'onooba otuwadde (Omwana) omulongoofu twandibadde ab'omu.beebaza.

190. Naye bwe yamala okubawa omwana omulungi, ne bamuteekako (Katonda) bakatonda abalala mw'ekyo ky'abawadde. Yagulumira Katonda, okwawukana kw'ebyo bye bamugattako.

191. Bagatta ku Katonda ekyo ekitasobola kutonda muntu, nga nabo (abo bakatonda baabw'e) batondebwa butondebwa?

192. Era abatasobola kubataasa, era abatosobola kwetaasa bokka!

193. Bwe muba nga mubayise okuja eri Obulunngamu, tebabagoberera. Kye kinu ku mmwe bwe mubayita oba bwe muba mmwe nga musirise.

مَعَ السَّوْءِ إِنَّ إِنْ إِلَّا نَذِيرٌ وَبَشِيرٌ  
لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٨٨﴾

هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ  
وَجَعَلَ مِنْهَا ذُرُوءًا لِيَسْتَكِنَ إِلَيْهَا  
فَلَمَّا تَعَشَّرَ مَا حَمَلَتْ حَمْلًا خَفِيفًا فَمَرَّتْ  
بِهِ فَلَمَّا أَثْقَلَتْ دَعَا اللَّهَ رَبَّهُمَا لَئِنْ  
أَتَيْتَنَا صَالِحًا لَنُكَفِّرَنَّ مِنَ الشَّرِّينَ ﴿٨٩﴾

فَلَمَّا أَتَاهَا صَالِحًا جَعَلَهُ شُرَكَاءَ  
فِيمَا آتَاهُمَا فَعَلَى اللَّهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٩٠﴾

أَيُّشْرِكُونَ مَا لَئِنِ خَلَقُوا شَيْئًا وَهُمْ يَخْفَوْنَ ﴿٩١﴾

وَلَا يَسْتَطِيعُونَ لَهُمُ نَصْرًا وَلَا أَنفُسُهُمْ  
يَنْصُرُونَ ﴿٩٢﴾

وَإِنْ تَدْعُوهُمْ إِلَى الْهُدَى لَا يَتَّبِعُوهُمْ  
سِوَاءَ عَلَيْكُمْ أَدْعَاؤُهُمْ أَمْ أَنْتُمْ صَامِتُونَ ﴿٩٣﴾

Era Nabbi aba kumanya binaamujjira yandyejjuziza eby'obulungi nga emmaali enfaafa, era yandyekese al'abi konna ne katamutuukako.

189. Abazadde bombiriri bwe balaba olubuto, nga lukuze, basaba Katonda abawe omwana omulungi mu butonde bwe ne mu mpisa.

190. Omwana bw'amala okuzaalibwa, abazadde olwo ne beerabira obuyinza bwa Katonda, obw'okutonda. Kale olwo ne bamugattako n'ebintu ebirala ku lw'omwana gw'abawadde, balyoke bakuume obulamu bwe.

192. Abo bakatonda be bagatta ku Katonda nabo batondebwa butondebwa, kale tebayinza kubaggya mu bezibu singa baba bubaguddeko, era nabo bennyini bakatonda abo tebayinza kwetaasa singa ba'irwa obuzibu.

194. Mazima abo be musaba abatali Katonda Omutonzi nabo baddu ba (Katonda) okufaanana nga mmwe. Kale mubasa be babaanukule, bwe mubeera ab'amazima.
195. Abaffe balina amagulu ge batambuza, oba balina emikono gye bakwasa? Nandiki, oba balina amaso ge balabisa, oba balina amatu ge bawuliza? Bagambe (Ggwe Nabbi Muhammadi) nti: Mukoowoole bannammwe bakatonda bammwe, oluvannyuma munsalire enkwe (ez'okunzita), temunindiriza!
196. Mazima Omufuzi wange ye Katonda Oyo eyassa Ekitabo (Kuraane). Ye Nannyini balongoofu.
197. N'abo be musaba abatali Katonda Omutonzi tebasobola kubataasa, wadde okwetaasa bo bennyini.
198. Ne bwe muba nga mubakoowoola (Mmwe Abasiraamu) okujja eri Obulunngamu, tebawulira; era obalaba nga batunula gy'oli (Ggwe Muhammadi), sso nga nabo tebalaba.
199. Weekuunire ku kusonyiwa (Ggwe Muhammadi), era olagire empisa ennungi wabula oyawukane ku batamanyi.

إِنَّ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
عِبَادٌ أَمْثَلُكُمْ قَادِحُوهُمْ فَلَيْسَ بِهِمْ  
لَكُمْ أَنْ تَنْتُمْ صِدْقِينَ ﴿١٩٤﴾

أَلَهُمْ أَرْجُلٌ يَمْشُونَ بِهَا أَنْ لَهُمْ  
أَيْدٍ يَبْطِشُونَ بِهَا أَنْ لَهُمْ أَعْيُنٌ  
يُبْصِرُونَ بِهَا أَنْ لَهُمْ آذَانٌ يَسْمَعُونَ  
بِهَا أَقْصَابٌ يَضْرِبُونَ بِهَا كَمَا تَمَّ  
كَيْدُكُمْ فَلَا تَنْظُرُوا ﴿١٩٥﴾

إِنَّ رَبِّيَ اللَّهُ الَّذِي نَزَّلَ الْكِتَابَ  
وَهُوَ يَتَوَلَّى الصَّالِحِينَ ﴿١٩٦﴾

وَالَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ لَا يَسْمَعُونَ  
نَصْرَكُمْ وَلَا أَنْفُسَهُمْ يَنْصُرُونَ ﴿١٩٧﴾

وَأَنْ تَدْعُوهُمْ إِلَى الْهُدَى لَا يَمْعُوا  
وَتَرَاهُمْ يُنْظَرُونَ إِلَيْكَ وَهُمْ  
لَا يُبْصِرُونَ ﴿١٩٨﴾

خُذِ الْعَفْوَ وَأْمُرْ بِالْعُرْفِ وَأَعْرِضْ  
عَنِ الْجَاهِلِينَ ﴿١٩٩﴾

194. Bwe mubeera n'amazima mu kigambo kyammwe kye mugamba nti nabo bakatonda, kale mubasa be babadduukirire.

198. Ebyo ebifaananyi bye basinza tebiwulira mu kiseera nga babisaba, era olaba nga bikutu-nulira naye nga tebiraba. Kale ngeri ki ow'amagezi bw'ayinza okubisaba n'okubisiza awamu n'okuba nga bye bye wansi okusinga ye omuntu. Kubanga ye alaba, awulira era ategera.

199. Katonda alagira Muhammadi alekerenga era aleme kunonoozanga nnyo bisoby ebye ebimukoleddwa. Era alagirenga abantu empisa ez'obuntubulamu, wabula abo abatamanyi aleme kubalumbagana na kukaayana nabo.



200. Naye bwe kiba ekirabankanya nga kikulabankanyizza okuva eri sitaane, kale weekingirize ne Katonda. Mazima Ye Awulira. Amanvi.
201. Mazima abo abatya Katonda (ne beekuuma), bwe buba nga bubakutte obuzibu oba okulabankanyizibwa okuva eri sitaane, bajjukira (ebibonerezo bya Katonda) ogenda okulaba nga mazima bo balaba!
202. Ne baganda baabwe (basitaane) babongera kubatwala mu bubuze, era tebakendeenzaako.
203. Bw'oba nga tobalectedde kyamagero, bagamba nti: Singa okereetedde? Gamba nti: Mazima nze ngoberera ebyo (byokka) ebiweerezebwa gyendi okuva eri Mukama wange. Eno (Kuraane) kya kulabisa ekivudde eri Mukama wammwe, era kya Bulunngamu na Kusaasira eri ekibiina ekikkiriza.
204. Era bw'ebanga esomwa Kuraane, Mugiwulirizenga era mutegerezenga, oba olyawo ne musaasirwa.
205. Jjukira Mukama wo mu mwoyo gwo mu kugonda n'okumutya, awatali kusitula ddoobozi enkya n'eggulo, era tobeeranga mu bagayaavu.
- وَالْمَايَنَزَعْنَاكَ مِنَ الشَّيْطَانِ نَزْعًا  
فَأَسْعِدْ بِاللَّهِ إِنَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٠٠﴾
- إِنَّ الَّذِينَ اتَّقَوْا إِذَا مَسَّهُمْ طَائِفٌ  
مِّنَ الشَّيْطَانِ تَذَكَّرُوا فَإِذَا هُمْ  
مُتَّبِعُونَ ﴿٢٠١﴾
- وَإِخْوَانُهُمْ يَمُدُّوهُمْ فِي الْعِشْمِ  
لَا يُفَصِّرُونَ ﴿٢٠٢﴾
- وَإِذَا مَرَّتْ إِلَيْهِمُ بَايِعَةُ الْقَوْلِ الْغَابِيَةُ  
قُلْ لِنَسَاءِ اتَّبَعْتُمَايُوحَىٰ إِلَىٰ مَنْ رَزَىٰ  
هَذَا بَصِيرَةٌ مِّنْ رَبِّكُمْ وَهُدًى وَ  
رَحْمَةٌ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٢٠٣﴾
- وَإِذَا قُرِئَ الْقُرْآنُ فَاسْتَمِعُوا لَهُ  
أَنْصِتُوا لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٢٠٤﴾
- وَإِذْ كَرَّرْنَا فِي نَفْسِكَ نَضْرَعًا  
خَيْفَةً وَدُورَ الْجَهْرِ مِنَ الْقَوْلِ  
بِالْغَدُوِّ وَالْإِصَالِ وَلَا تَلْنُ مِنَ الْغَفْلِينَ ﴿٢٠٥﴾

200. Bw'oba nga ofunye okulabankanyizibwa kwa Sitaane, weewogome mu Katonda akuwonye obubi bwayo.

201. Bejjukiriza ne balaba ekkubo ettuufu, ne balunngama okuva mu kulabankanyizibwa kwa Sitaane.

203. Kuraane emala bumazi okubeera nga y'era omuntu obulunngamu. Tekyetaagisa na kuleeta kyamagero, wabula yo emala bumazi okuba ckyamagero.

204. Eteeka lino ery'okuwuliriza Kuraane newankubadde nga likwata ku buli yenna abeera awulidde nga esomwa, naye kikakafu ku muntu aba asaala nga akulembedwa, okuwuliriza okusoma kw'omukulembeze we. Bwe kityo bw'atekwa okukola ne mu kiseera ky'omubulizi ng'ali ku kituuti ku lunaku lw'Ejjuma n'ennaku za Iddi.

205. Mwogereko n'eddoboozi ery'omu makkati. Toleekaananga ate tolikwekanga eddobozi.

206. Mazima abo abali awali Mukama wo (bamalaika) tebeekuluntaliza ku kumusinja, era bamutendereza ne bavunnama ku Lulwe.

إِنَّ الَّذِينَ عِنْدَ رَبِّكَ لَا يَسْتَكْبِرُونَ  
عَنْ عِبَادَتِهِ وَيَسْجُدُونَ لَهُ يَسْجُودًا

Kale eri abo ababa boogera ku Katonda wano kitegeezebwa nti mu kiseera ky'okusaba Katonda tekyetaagisa kuleekaana. Wabula omuntu asaana asabe n'eddoboosi esseeneekerevu, kubanga Nabbi (s.a.w.) bwe yawulira abayigirizwa be nga basaba baleekaana, yabagamba nti: "Musaasire emyoyo gyammwe", "Gwe musaba si kiggala wabula awulira, era Ali kumpi nammwe."

206. Wano Katonda ayogedde ku Bamalaika n'engeri gye hamusinja. Naffe abantu tukifuule eky'okulabirako tugoberere ekikolwa kyabwe. N'olw'ekyo kirungi ku buli muntu asoma ekitundu kino avunname omulundi gumu oluvannyuma lw'okukisoma.

## EBIFA KU SSUULA AL-ANFAAL MU BUFUNZE (8)

Essuula eno eyitibwa Al-Anfaal (Eminyago), y'emu ku ssuula ezakkira e Madiina esinga okunyonnyola Amateeka agakwata ku by'entalo entukuvu (*Jihaad*). Yakka oluvannyuma lw'olutalo lw'e Badri okuggwa, olwo olwali entandikwa y'Obuwanguzi bw'eggwe ly'Abasiraamu. Erina aya 75.

Essuula eno ennyonnyola eby'okuyiga ebyava mu lutalo lw'e Badri nga essira eriteeka ku bikwata ku minyago eginyagibwa ku balabe; ne ku mpisa ensaamu ddala ezetaagisa mu kulwana olutalo ku lw'amazima; ne ku buwanguzi obwayita ku nkonge empitirivu obunene n'obungi; okusonyiwa, okwelwoozaako n'okulwooza ku balala ku kiseera ky'obuwanguzi.

Abakkiriza bannyonnyolwa nti tebasaaanye kulwana lwa kusuubira bikwata ku kufuna minyago, wabula basaanye ekyo ckikwata ku minyago bakitwale nti kaba kakisa bukisa akagwawo obugwi; era tewali mulwany yenna atekwa kwebala nti aba akakatirwa okugabanako. Era Abakkiriza bayigirizibwa nti olutalo olutukuvu lubaawo ku lwa bantu bonna be lukwatako, kale ebyo byonna eburuwaamu biba bya Katonda oba abantu abo bennyini oba ekigendererwa kyalwo. Kale wateekwa okubaawo engeri egobererwa mu kugabanya eminyago okuggyawo omulugube gw'abamu n'okwerwoozaako. Kimu kyakutaano kiba kya Nabbi (Omuduumizi w'eggwe) ku lw'ebjetaago bye okuyamba abaavu n'abalwadde, ne bamulekwa ne bannamwandu. Ebisigalawo Nabbi nga y'abigaba eri abalwany bennyini, n'abo abayamba mu lutalo mu ngeri yonna, abato n'abakulu.

Mu ssuula eno, okusinziira ku gazibu agaaliwo mu lutalo lw'e Badri, kiragibwa nti Obuyambi n'okutaasa kwa Katonda kubaawo singa abantu baba balwana mu kkubo lya Katonda; sso si ku lwabwe kyokka. Era ebiragiro biweebwa okulaga engeri abawambe gye bateekwa okuyisibwamu era ebisobozesa okulecetawo obutebenkevu mu bantu bonna awamu.

Essuula esooka kuyigiriza Bakkiriza nti ebifunibwa mu ntalo tebiba minyago wabula biba ebyengera ebiva eri Katonda era bigabanyizibwa Nabbi nga agoberera ebiragiro bya Katonda. Era bayigirizibwa nti obuwanguzi bubaawo lwa kutaasa kwa Katonda sso ssi lwa maanyi ga bakkiriza. Mulimu okulangirira nti ekigendererwa ky'Abakkiriza mu ntalo kiteekwa kuba kumalawo embeera embi zonna eziba zikijjany okutebenkera kw'Obusiraamu so ssi kwefunira minyago. Era mulimu okuyigiriza nti obuwulize, obugovu eri ebiragiro, obuvumu, obukkiriza obuzira n'okutya Katonda bye bituusa ku buwanguzi, sso nga bwo obwonoonyi tebuyinza kuwanguzisa. N'olw'ekyo abakkiriza basaanye beeyunire eri okuyita kw'Omubaka wa Katonda nga abwayitira eri ekirimu obulamw bwabwe n'ekitiibwa kyabwe mu nsi muno ne ku nkomerero.

Lwo olutalo lw'e Badri kyali kigezo kya maanyi era Katonda ye yayagala lubeerewo, Obusiraamu bulyoke buwangule Obutakkiriza n'obutamanya. Abakkiriza beekesebwa okubikkula ebyama byabwe eri abatakkiriza, era okukola ekyo kuba kulya lukwe mu Katonda n'Omubaka We. Okutya Katonda kwogerwako nga bwe kuleetera Katonda okussa ekitangaala mu mutima gw'omukkiriza n'asobola okwawula ekirungi ku kibi, n'obulungamu ku bubuze era n'okwawula amazima ku bulimba.

Obugumiikiriza, obuvumu mu kwolekagana n'omulabe, obuzira n'okwewaayo mu kwetegekera olutalo n'ebirala — abakkiriza bye bateekwa okuba nabyo, ne Katonda

kw'assa okutaasa kwe. Obuzibu ka bwenkane butya tebutema, kasita olutalo lw'okulwanyisa abalabe lwesigamizibwa ku Mazima n'obukkiriza; kyokka ku nkomerero ya byonna okusonyiwa n'okulowooza ku balala mu kiseera ky'obuwanguzi bya mugaso ddala.



## ESSUULA AL-ANFAAL (8)

Yakkira Medina: Erina Ebitundu 10 ne Aya 75

*Ku linnya Iya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Bakubuuza (Ggwe Muhammadi) ku minyago (nti ani nnyaninyigo). Gamba nti: Eminyago gya Katonda na Mubaka, kale mutye Katonda, mulongoose ebyo ebiri wakati wammwe, era mugondere Katonda n'Omubaka We, bwe mubeera nga muli bakkiriza.
2. Mazima abakkiriza (abaddala) be bo bw'aba nga ayogeddwako Katonda emyoyo gyabwe gitya, era bwe biba nga bibasomeddwa ebigambo Bye kibongera obukkiriza, era nga beesiga; mukama waabwe.
3. Be bo abayimirizaawo esswala ne mw'ebyo bye tubagabidde bagabako.
4. Abo bo be bakkiriza Ab'amazima. Balina amadaala awali Katonda waabwe, n'okusonyiyibwa, n'eb yokufuna eby'ekitiibwa.
5. Nga bwe yakuggya Katonda wo mu nnyumba yo n'Amazima, wadde

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الْأَنْفَالِ قُلِ الْأَنْفَالُ لِلَّهِ وَالرَّسُولِ فَانقُضُوا اللَّهَ وَأَصِحُّوا ذَاتَ بَيْنِكُمْ وَأَطِيعُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ①

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ إِذَا دُرِّبُوا لِلْحَرَبِ لَمْ يَمْلِكُوا أَنْ يَتَذَكَّرُوا فِي اللَّهِ وَلَا أُخْبِرُوا وَأَذَانًا عَلَىٰ رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ②

الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَيُطِيعُونَ أَوْلِيَاءَهُمْ الْمُؤْمِنُونَ حَقَّ لَهُمْ دَرَجَاتٌ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَمَغْفِرَةٌ وَرِزْقٌ كَرِيمٌ ③

كَمَا أَخْرَجَكَ رَبُّكَ مِنْ بَيْتِكَ بِالْحَقِّ

1. Ominyago egigenderedwa wano y'emmaali enyagiddwa ku batakkiriza mu lutalo, n'etteek' lino lyakka ku lutalo lw'e Badri nga lwakaggwa. Abasiraamu baabuuza Nabbi ani anaatwala eminyago.

Awo Katonda kwe kussa etteeka lino n'abategeeza nti tewali alina buyinza ku mmaali eyo, okuggyaako Ye n'omubaka We olw'okubanga bo be bamanyi engaba yaayo.

4. Abo abakkiriza aboogeddwako, Katonda yabatekeratekera amadaala aga waggulu. Nga agamu gasinga gannaago nga okusinngana kw'emirimu gyabwe. Era Katonda agenda kubasonyiwa ebibi byabwe, abawe ebyokufuna eby'ebitiibwa mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

- mazima ekibiina mu bakkiriza baa-walirizibwa (tebaakisiima eky'okulwana),
6. Nga bakukaayanya mu ky'Amazima oluvannyuma lw'okweyoleka, ne baba nga mazima abatwalibwa eri okufa nga nabo batunula.
  7. Jjukira mu kiseera Katonda bwe yabalagaanyisa ekimu ku bibiina ebibiri nti mazima kyo kyammwe, ne mwagala nti mazima ekitalina byakulwanyisa kye kiba kibeeera ekyammwe. Wabula Katonda n'ayagala okukakasa amazima n'Ekigambo Kye, era akutulewo enkomerero y'abatakkiriza;
  8. Alyoke akakaseewo amazima era alyoke amalewo obulimba, wadde nga aboononefu tebakayagala.
  9. Jjukira mu kiseera bwe mwasaba Mukama wammwe okubadduukirira n'abaanukula (ng'agamba) nti: Mazima nze ndi wa kubadduukirira ne bamalayika lukumi, abagoberagana (mu nnyiriri).
  10. Katonda teyakifuula ekyo, wabula (kibcere) kya kubasanyusa, era giteereere nakwo (okubadduukirira) emyoyo gyammwe. Era tewali kutaasa (walala) wabula okwo okuva w'Ali Katonda. Mazima Katonda wa Kitii-bwa, Mukakasa.
  11. Jjukira mu kiseera Katonda bwe yababissa okusumagira nga ly'edde-

وَأَنَّ قَرِيبًا مِّنَ الْمُؤْمِنِينَ لَكُرْهُونَ ⑤

يَجَادِلُونَكَ فِي الْحَقِّ بَعْدَ مَا بَيَّنَّ كَأَمَّا  
يَسْأَلُونَ إِلَى الْمَوْتِ وَهُمْ يَنْظُرُونَ ⑥

وَأَذِيعِدُكُمْ اللَّهُ أَحَدَى الطَّائِفَتَيْنِ  
أَنَّهُ لَكُمْ وَتَوَدُّونَ أَنْ غَيْرَ ذَاتِ  
الشُّوْكَةِ تَكُونُ لَكُمْ وَيُرِيدُ اللَّهُ أَنْ  
يُخَيِّقَ الْحَقَّ بِكَلِمَتِهِ وَيَقْطَعَ دَائِرَ  
الْكُفْرَيْنِ ⑦

لِيُخَيِّقَ الْحَقَّ وَيُطِيلَ الْبَاطِلَ وَلَوْ  
كَرِهَ الْمُجْرِمُونَ ⑧

أَذِيعِدُكُمْ رَبُّكُمْ فَاسْتَجَابَ لَكُمْ  
أَنِّي مُبِدُّكُمْ بِالْفِئَةِ مِنَ الْمَلَائِكَةِ  
مُرْدِفِينَ ⑨

وَمَا جَعَلَهُ اللَّهُ إِلَّا بُشْرَىٰ وَلِتَطْمَئِنَّ  
بِهِ قُلُوبُكُمْ وَمَا النَّصْرُ إِلَّا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ  
إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ⑩

أَذِيعِدُكُمْ النَّعَاسَ أَمَنَةً مِنْهُ وَ

7. Ekibiina ekimu ku byombiriri ly'eggye ly'Abakuraishi ekyava e Makka okulwanyisa Abakkiriza kiralala ky'eky'abasubuzi abaali badda e Makka nga tebalina byakulwanyisa, abo aboogerwako nti tebaalina maanyi. Katonda yayagala Abakkiriza basisinkane n'ekibiina ky'abajaasi balwane nabo, olwo balyoke bakakase ekigambo Kye: eky'eddiini y'Obusiraamu nga bw'eja okuwangula eddiini zonna, era amalewo obukafiiri.

mbe erivudde gy'Ali n'abassiza okuva mu ggulu amazzi (g'enkuba), alyoke abatukuze nago, era abaggyeko obubi bwa Sitaane, era anyweze emitima gyammwe era anyweze nago ebigere (byammwe).

12. Era (mujjukire) mu kiseera bwe yatumira Mukama wo eri bamalayika (nga agamba) nti: Mazima Nze ndi wamu nammw. Kale munyweze abo abakkiriza. Nja kuteeka mu mitima gy'abo abatakkiriza okutya. Mukube waggulu w'ensingo (zaabwe) era mubakube ku buli busongezo bw'ennwe z'engalo.
13. Ekyo kibakoledwa lwa kubanga mazima baayawukana ku Katonda ne ku Mubaka We. N'oyo ayawukana ku Katonda ne ku Mubaka We, ddala mazima Katonda muyitirivu wa bibonerezo.
14. Ekyo (ky'ekibonerezo), kale mmwe mukikombeko, era balina abakaafi-iri ebibonerezo by'omuliro.
15. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga musisinkanye abo abatakkiriza nga bakunngaanye (okubalwanyisa), temubakubanga amabega ne mudduka.

يُنزِلُ عَلَيْكُمْ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً لِيُطَهِّرَكُمْ بِهِ وَيُذْهِبَ عَنْكُمْ رِجْسَ الشَّيْطَانِ وَلِيُرْبِطَ عَلَى قُلُوبِكُمْ وَيُثَبِّتَ بِهِ الْأَقْدَامَ ۝

إِذْ يُوحِي رَبُّكَ إِلَى الْمَلَائِكَةِ أَنْي مَعَكُمْ فَتَبَيَّنُوا الَّذِينَ أَمْنُوا سَأَلْنِي فِي قُلُوبِ الَّذِينَ كَفَرُوا الرُّعْبَ فَاضْرِبُوا نَوْقَ الرِّعَانِ وَاضْرِبُوا مِنْهُمْ كُلَّ بَنَانٍ ۝

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ شَاقُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَمَنْ يُشَاقِقِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَإِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ۝

ذَلِكَ فَذَنْ وَّقُوهُ وَأَنَّ لِلْكَافِرِينَ عَذَابَ النَّارِ ۝

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا الْقِيَمُ الَّذِينَ كَفَرُوا زَحْفًا فَلَا تُولُوهُمُ الْآذِينَ ۝

11. Katonda yabaleetera okusumagira balyoke bafune obukkakkamu, obuvumu n'eddembe mu mitima gyabwe, bavecmu okutya omulabe kwe baalimu. Yabatonyeseza enkuba abaggyeko okulabankanya kwa Sitaane. Era amazzi gaali kabonero ku bo bagumiikirize n'okukakasa; kubanga gaaweweza emitima gyabwe egyali girakasidde olw'enkalamata n'obukoowu. Enkuba eyo yagunya omusenyu ne gukwata ebigere byabwe bireme kutubira mu gwo.

12. Katonda yategeeza bamalika bagumye abakkiriza babeere nabo mu kulwanyisa omulabe. Era yassa enkyukwe mu mitima gyabwe (Abakuraishi) baleme kufuna maanyi kulwana.

13. Abatakkiriza baagaana okukkiriza Katonda n'okugoberera amateeka Ge. Era ne bargaana okugoberera omubaka We Muhammadi (s.a.w.).

14. Mukombe (mmwe Abakafiiri) ku bulumi bw'okutibwa n'okuwangukwa. Era Katonda yategekera abakafiiri ebibonyobonyo by'omuliro ku Lunaku Olw'oluvannyuma.



16. N'omuntu alibakuba emabega ge ku lunaku olwo, okuggyako oyo akyuse ku (lw'okwetegekera) okulwana, oba adduse ku lw'okwegatta eri ekibiina, mazima aba azzeeyo n'okusunguwalirwa okuva eri Katonda, n'obuddo bwe muliro (Jahannama), nabwo bwe businga okuba obuddo obubi.
17. (Mmwe Abasiraamu), temwabatta (abalabe bammwe) naye mazima Katonda ye yabatta. Tewakanyuga (Ggwe Muhammadi) mu kiseera bwe wakanyuga, naye mazima Katonda ye yakanyuga, era alyoke agabire abakkiriza mu (lutalo) olwo ekyengera ekirungi. Mazima Katonda Awulira, Mumanyi.
18. Ekyo nno (kimanye nti) mazima Katonda wa kunafuya enkwe z'abatakiriza.
19. (Mmwe Abatakiriza!) Bwe mubanga musaba okusalawo, mazima kuba-jjidde okusalawo. Bwe munaaba nga mukomye (okuyigganya abakkiriza) ekyo kirungi kyammwe, naye bwe munaaba nga muzzecemu oku-

وَمَنْ يُؤَلِّمْ يَوْمَئِذٍ دَبْرَةً إِلَّا مُحْتَرِفًا  
لِقِتَالِ أَوْ مُتَحَيِّزًا إِلَى فِتْنَةٍ فَقَدْ بَاءَ  
بِعُضْبٍ مِنَ اللَّهِ وَمَا وَدَّ جَهَنَّمُ  
وَيْسُ الْمُصْبِرِ ⑤

فَلَمْ يَتَّقُوا لَهُمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ قَتَلَهُمْ  
وَمَا رَمَيْتَ إِذْ رَمَيْتَ وَلَكِنَّ اللَّهَ رَفِيَ  
وَلِيَسْبِي الْمُؤْمِنِينَ مِنْهُ بَلََاءٌ حَسَنًا  
إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ⑥

ذَلِكَ وَأَنَّ اللَّهَ مُوهِنٌ كَيْدَ الْكٰفِرِينَ ⑦

إِنْ تَسْتَفْتِحُوا فَقَدْ جَاءَكُمْ الْفَتْحُ  
وَإِنْ تَنْتَهُوا فهُوَ خَيْرٌ لَكُمْ وَإِنْ  
تَعُودُوا نَعُدْ وَلَنْ نُغْنِي عَنْكُمْ قُلُوبَكُمْ

16. Kale olw'ekyo Nabbi (s.a.w.) bwe yali nga abala obubi obusinga obunene, yagamba nti: "Mwekeke ebibi omusanvu ebizikiriza:-

1. Okugatta Katonda n'ebintu ebirala.
2. Okutta Omuntu Katonda gwe yaziyiza okuttibwa wabula ku lw'amazima.
3. Okulya emmaali y'okuwola kw'okuzzaamu (*Riba*).
4. Okulya emmaali ya mulekwa.
5. Okudduka ku lutalo.
6. Okuwaayiriza obwenzi omukazi ow'ensa omukkiriza.
7. N'okuwa obujulizi obw'obulimba.

17. Okukasuka kwa Nabbi Muhammadi si kwe kwatuusa obuyinja mu maaso g'abalabe, naye ekyo kyaliwo n'obuyinza bwa Katonda.

Nabbi (s.a.w.) bwe yamala okusaba Katonda ku lutalo lw'e Badri okumutaasa ku balabe be, awamu n'abagoberezi be, n'akwata olubatu lw'ettaka ery'obuyinjayinja n'arikasukira abalabe, Tewaasigala mulabe n'omu atayyikibwako ttaka mu maaso. Olwo bwe yamala ekyo, Nabbi (s.a.w.) n'alagira eggye lye litandike okulwana. Ne balwana era ne bawangula nga basse abantu mu balabe nsanvu (70) ate n'abalala nsanvu ne bawambibwa. Katonda kye yagabira abakkiriza gy'eminyago gye baafuna ku mulabe.

19. Bwe munaddamu okulwanyisa Nabbi n'eggye lye. Naffe tujja kudda okubataasa. Era ne bwe

balumbagana). Naffe tujja kudda. Era tegujja kubagasa ogubinja gwammwe kintu kyonna, newankubadde nga guyitiridde obungi, era ddala mazima Katonda ali wamu n'abakiriza!

20. Abange mmwe abakiriza! Mugondere Katonda n'Omubaka We, era temukyuka okumuvaako nga namuwe muwulira (bw'abanga ayogera).
21. Era temubeeranga ng'abo abagamba nti: Twulidde nga nabo tebawulira.
22. Mazima ekisingayo obubi awali Katonda, mu biramu ebitambula, be bakiggala, bakasiru abatategera.
23. Singa yamanya Katonda mu bo akalungi konna yandibawulizza, wabula singa yabawuliza era bandikyuse nga nabo baawukana ku mazima.
24. Abange mwe abakiriza! Mwanukule Katonda n'Omubaka We bw'aba nga abayise eri ekyo ekibafuula abalamu; era mumanye nti mazima Katonda asiikiriza wakati w'omuntu n'omutima gwe, era mazima gy'Ali gye mugenda okukunngaanyizibwa.
25. Mutye akabi (kubanga) tekakwata kw'abo abalyazaamaanya bokka mu mmwe era mumanye nti mazima Katonda muyitirivu wa bibonerezo.

سُبْحَانَكَ يَا مَنْ لَا يَلْمُكَ أَحَدٌ وَلَا تُكَلِّمُكَ أَهْلًا  
 ١٩ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللَّهَ وَ

رَسُولَهُ وَلَا تَوَلَّوْا أَعْنَافًا وَأَنْتُمْ تَسْمَعُونَ  
 ٢٠ وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ قَالُوا سَمِعْنَا وَهُمْ

لَا يَسْمَعُونَ ٢١

إِنَّ شَرَّ الدِّينِ وَآبٍ عِنْدَ اللَّهِ الضَّمُّ  
 ٢٢ الْبُكْمِ الَّذِينَ لَا يَعْقِلُونَ ٢٣

وَلَوْ عَلِمَ اللَّهُ فِيهِمْ خَيْرًا لَأَسْمَعَهُمْ  
 ٢٤ وَلَوْ أَسْمَعَهُمْ لَتَوَلَّوْا وَهُمْ مُعْرِضُونَ ٢٥

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اسْتَجِيبُوا لِلَّهِ وَ  
 ٢٦ لِلرَّسُولِ إِذَا دَعَاكُمْ لِمَا يُحْيِيكُمْ وَ  
 ٢٧ اعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَحُولُ بَيْنَ الْمَرْءِ وَ  
 ٢٨ قَلْبِهِ وَأَنَّهُ إِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ٢٩

وَأَتَقُوا فَتْنَةَ الَّذِينَ يَدِينُونَ ظُلْمًا  
 ٣٠ مِنْكُمْ خَاصَّةً ٣١ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ شَدِيدُ  
 ٣٢ الْعِقَابِ ٣٣

munaakunngaanya eggye eddene ennyo nga bwe musobola, terijja kubagasa wabula era muli ba kuwangulwa.

20. Temulekanga okugoberera ebyo by'abalagira oluvannyuma lw'okumanya obutuufu bwabyo.
21. Abo be bannanfuusi abo abakirizanga kungulu, sso nga munda emitima gya bwe tegikkiriza.
25. Mu Aya eno Katonda yalagira Abakiriza baleme okulekawo obwonoonyi, wabula ba-

26. Mujjokire mu kiseera bwe mwali abatono nga munafuyizibwa mu nsi (mu Makka), nga mutya abantu, okubasikula, (Katonda) n'abasenza era n'abawagira n'okutaasa Kwe, era n'abagabira mu birungi Bye, oba olyawo ne mwebaza.

وَأَذْكُرُوا إِذْ أَنْتُمْ قَلِيلٌ مُسْتَضْعَفُونَ  
فِي الْأَرْضِ تَخَافُونَ أَنْ يَخَطَّفَكُمْ  
الْأَسْرُ قَاوِمَكُمْ وَأَيُّكُمْ بِنَصْرِهِ وَرَزَقَكُمْ  
مِّنَ الطَّيِّبَاتِ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٢٦﴾

27. Abange mmwe abakkiriza! Temukumpanyanga Katonda n'omubaka Wwe, wadde ne mukumpanya obwesigwa bwammwe nga nammwe mumanyi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَخَوْا اللَّهَ وَ  
الرَّسُولَ وَتَخَوْا أَمْثِلَكُمْ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٧﴾

28. Era mumanye nti mazima emmaali yammwe n'abaana bammwe kigezo, era mazima Katonda w'Ali waliwo empeera ennene.

وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عِنْدَهُ أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿٢٨﴾

29. Abange mmwe abakkiriza! Bwe muba nga mutidde Katonda, ajja kubassizaawo enjawulo (wakati w'ekirungi n'ekibi) era akingirize ku mmwe ebibi byammwe, era abasonyiwe. Katonda ye nnanyini bulungi obusukkirivu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ تَتَّقُوا اللَّهَ يَجْعَلْ  
لَكُمْ فُرْقَانًا وَيُكَفِّرْ عَنْكُمْ سَيِّئَاتِكُمْ وَ  
يَعْفُو لَكُمْ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿٢٩﴾

30. Jjukira (Ggwe Muhammadi) mu kiseera bwe baakusalira enkwe abo abatakkiriza balyoke bakusibe oba bakutte oba bakuwannganguse; kale

وَأَذْكُرُوا الَّذِينَ كَفَرُوا بِالْبَيْتِ شُرَكَاءَ  
يَقْتُلُونَ أَوْ يَحْرِمُونَ وَيَكْفُرُونَ وَيَكْفُرُونَ

Iwane okubuggirawo ddala: kubanga akabi bwe kaba nga kaze kababuna bonna wadde ne ssaalunya naye azingirwamu.

26. Obusiraamu bwe bwali nga bwakajja mu Makka Abawarabu abakkiriza baali ba wansi nnyo, nga banaku banyoomebwa, bayigganyizibwa tebalina miremba n'akatono, era nga n'emmaali yaabwe enyagibwa. Baali batono nnyo nga balwanyisibwa entakera. Oluvannyuma Katonda yabadduukirira n'abawa obubadamu mu Madiina ne bafuna emikwano n'abayambi, n'abongera amaanyi n'obungi, ne basobola okuwangula abalabe baabwe abaabayigganyanga okusooka. Olwo ne baba abafuzi aba waggulu abali mu ddembe ku lw'okutaasa kwa Katonda.

28. Empeera Katonda gy'alibawa abantu ku lw'okumugondera, y'ennungi okusinga abaana bammwe n'emmaali yammwe. N'olw'ekyo tebibaawukanya ku kugondera Katonda.

29. "Okubassizaawo enjawulo": Enjawulo eyo ebasobozesa okuwawula wakati w'amazima n'ebitali bituufu. Kale ekyo ne kibasobozesa okuwona ebibonyobonyo.

30. Ekitundu kino kyakka ku Nabbi nga kimutegeza nga Abakafiiri b'omu Makka bwe baatuula ne beekoba kye banaakola Nabbi olwo kiryoke kisobozese okusaanyaawo eddiini ya Katonda ey'Obusiraamu cyawula Katonda Omu mu Bwakatonda Bwe. Beekoba bamusibe, bamugga-

ne basala enkwe (ez'okukutta), ne Katonda n'asala enkwe (ez'okukuwonya); ne Katonda ye mulungi w'enkwe okusinga ab'enkwe bonna.

31. Bwe buba nga bubasomeddwa Obubonero Bwaffe bagamba nti: Mazima tuwulidde. Singa twagala twandyogedde ebifaanana nga ebyo. Teri eyo (Kuraane) wabula nfumo ez'ab-aasooka.
32. Jjukira mu kiseera bwe baagamba nti: Ayi Katonda! Bw'eba eno Kuraane Yo nga ge Mazima agavudde gy'Oli, tonnyesa ku ffe amayinja (enkuba ey'amayinja) okuva mu ggulu oba tuleetere ebibonyobonyo ebi-  
ruma!
33. Teyali Katonda wa kubabonyabonya nga naawe oli mu bo, era teyali Katonda wa kubabonyabonya nga nabo beegayirira okusonyiyibwa.
34. Balina ki (eky'okwewezaako) obutabonyabonyezebwa, nga nabo baziyi-za (abakkiriza) ku Muzigiti Ogw'emizizo, sso nga si be bannannyini ku-

اللَّهُ وَاللَّهُ خَيْرُ الْمَكْرِينِ ٣١

وَإِذْ اتَّخَذْتُمْ عَلَيْهِمْ إِيْتَانًا فَاتَّوَأْتَدَّ سَمْعَنَا  
لَوْ نَشَاءُ لَقُلْنَا مِثْلَ هَذَا إِنْ هَذَا  
إِلَّا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ٣٢

وَإِذْ قَالُوا اللَّهُمَّ إِنْ كَانَ هَذَا هُوَ  
الْحَقُّ مِنْ عِنْدِكَ فَأَمْطِرْ عَلَيْنَا حِجَابًا  
مِّنَ السَّمَاءِ وَإِنَّا لَنَكْفُرُ بِآيَاتِكَ ٣٣

وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيُعَذِّبَهُمْ وَأَنْتَ فِيهِمْ وَمَا  
كَانَ اللَّهُ لِيُعَذِّبَهُمْ وَهُمْ سَبُّ عَمْرُونَ  
وَمَا لَهُمْ آلَاءُ يَعْتَدُونَ اللَّهُ لَهُمْ يَصُدُّونَ  
عَنِ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَمَا كَانُوا أَوْلِيَاءَ تَأْتِكُ

lire mu nnyumba ye okutuusa lw'alifa, abalala ne bateesa eky'okumuwanngangusa; ate abalala ne baleeta ekiteeso eky'okumutta. Eky'okumutta kye kyayitamu ne baawukana nga bamaliridde okumutta.

Awo Katonda kwe kulagira Nabbi okusenguka okuva mu Makka agende e Madiina. Eyo abantu baayo baali bamaze okukkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga n'Abasiraamu bangi bamaze okusengukirayo (e Madiina).

Nabbi yasenguka ng'ali wamu ne Abu Bakari. Katonda yabakuuma n'abawonya enkwe z'abakafiiri abaali beetoolodde enju ya Nabbi ekiro ekyo mwe yaddukira.

31. Singa twagadde okwogera nga ebyo by'osomye mu Kuraane twandibyojedde, naye tetwagadde bwagazi. Ekyo baayogeranga kyogere awatali kukikoia ku lw'obutasobola: kubanga baalemwa n'okuleeta essuula esinga obutono efaananako ezo eziri mu Kuraane.

32. Olw'obutamanya bw'abakafiiri n'obuyitirivu bw'empaka zaabwe baasaba ebibonyobonyo okuva eri Katonda singa Kuraane eba nga ya mazima. Sso nga ekyandisaanidde okusaba eri ategeera, kwe kusaba Katonda okumulungamya agoberere amazima.

33. Ensonga egaanyisizza okubabonyabonya nga bwe basabye kwe kubeera nga Nabbi (s.a.w.) akyalii mu Makka; ate n'okubeera nga mukyalimu abo abakkiriza abegayirira Katonda abasonyiwe.

gukuuma? Tewali bannannyini kugukuuma wabula (Abakkiriza) abatyia Katonda. Naye mazima abasinga obungi tebamanyi.

35. Tekwali okusaba kwabwe (abakafiiri) awali Ennyumba Entukuvu wabula kufuuwa mpa na kukuba mu ngalo. (N'olw'ekyo bagambibwa): Mukombe ku bibonyobonyo ku lw'ebyo bye mwali muwakanya.
36. Mazima abatakkirira baawaayo emmaali yaabwe balyoke baziyize abantu ku kkubo lya Katonda. Era bajja (kweyongera) okugiwaayo, oluvannyuma kubeere ku bo okwejusa, n'oluvannyuma basingwe. N'abatakkiriza, eri omuliro (Jahannama) gye balikunngaanyizibwa;
37. Katonda alyoke ayawule omubi ku mulungi. Era (alyoke) ateeke ekibi ekimu ku kinnaakyo, olwo abituume byonna entuumu wamu, (n'oluvannyuma) abikasuke mu muliro (Jahannama). Abo be bo abaafaafaaganirwa.
38. Gamba abo abatakkiriza nti: Bwe baba nga bakomezza ebyo bye babaddede okuyigganya abakkiriza bajja kusonyiyibwa ebyo ebyakulembera; (naye) bwe banaaba nga bazeemu okukola ebibi ne batalekaayo, mazima lyayita dda etteeka ng'eky'okulabirako ku baasooka ery'okuzikirizibwa.
39. Era mubalwanyise (abo abatakkiriza) okutuusa lwe wataabeewo bukafiiri, ebeere nga eddiini yonna ya Katonda Omutonzi. Naye bwe baba nga bakomezza obukafiiri bwabwe, mazima Katonda Alaba ebyo bye bakola.

أُولَئِكَ أَكْتَرُهُمْ  
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٥﴾

وَمَا كَانَ صَلَاتُهُمْ عِنْدَ الْبَيْتِ إِلَّا مُكَامَّةً ذُرِّيَّةً  
وَقَدُوتُوا الْعَذَابَ بِمَا كَانُوا يُكْفَرُونَ ﴿٣٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا أَيْنَفُونَ أَمْوَالَهُمْ  
لِيَصُدَّوْا عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ فَسَيَقُولُونَ هَٰ  
تُمْ تَكُونُونَ عَلَيْهِمْ حَسْرَةً تُمْ يَلْعَبُونَ هَٰ  
وَالَّذِينَ كَفَرُوا إِلَىٰ هَهُم مُّخْسَرُونَ ﴿٣٧﴾

لِيَمِيزَ اللَّهُ الْخَيْرِ مِنَ الطَّيِّبِ وَيَجْعَلَ  
الْخَيْرِ بَعْضَهُ عَلَىٰ بَعْضٍ فَيَرْكُمُهُمْ جَمِيعًا  
فَيَجْعَلُهُ فِي هَهُم أُولَئِكَ هُمُ الْخٰسِرُونَ ﴿٣٨﴾

قُلْ لِلَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ يَنْتَهُوا يُغْفَرْ لَهُمْ  
مَا قَدْ سَلَفَ وَإِنْ يَعُودُوا فَقَدْ مَضَتْ  
سُنَّتُ الْأَوَّلِينَ ﴿٣٩﴾

وَقَاتِلُوهُمْ حَتَّىٰ لَا تَكُونَ فِتْنَةٌ وَيَكُونَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا لَكُمْ عَذَابًا أَلِيمًا  
بِمَا يَعْمَلُونَ بِصِيرٍ ﴿٤٠﴾

40. Era bwe baba nga bakyuse okuva kw'ebyo, mumanye nti mazima Katonda ye Mukuumi wammwe, Ye ky'Ekyengera ky'Omuukuumi, era Ekyengera ky'Omutaasa!
41. Era mumanye nti mazima ekyo kyonna ky'e muba munyaze mu kintu kyonna, ddaa Katonda alinako kimu kyakutaano n'Omubaka We n'ab'oluganda lwa Nabbi, ne bamulekwa, n'abana n'abatambuze, bwe muba nga mukkiriza Katonda n'ebyo ebyassibwa ku muddu Waffe (Muhammad s.a.w.) ku Lunaku Lw'okwawula, olunaku lwe byasisinkana ebibiina (by'amagye ebibiri). Ne Katonda Muyinza ku buli kintu.
42. Mujjukire mu kiseera bwe mwali ku ludda (lw'ekiwonvu) okumpi (ne Madiina), nabo (ab'eggye ly'abatakiriza) nga bali ku ludda olukomere-rayo emitala, nga n'abali mu ssafaali mu mmwe bali wansi wammwe. Singa mwali mulagaanye (okusisinkana) mwandya wakanye ku ndagaano, naye Katonda (yakikola atyo ne musisinkana) alyoke amale ekigambo ekyaggwa edda okukola; (alyoke) azikirire oyo eyazikirira ng'ali ku bunnyonnyofu era alamuke oyo alamuka ng'ali ku bunnyonnyofu. Mazi-ma Katonda Awulira, Mumanyi.

وَأَنْ تَوَلَّوْا فَاَعْلَمُوْا اِنَّ اللّٰهَ مَوْلَاكُمْ  
رِغْمَ الْمَوْلٰى وَرِغْمَ النَّصِيْرِ ﴿٣٠﴾

وَأَعْلَمُوْا اِنَّ اللّٰهَ مَوْلَاكُمْ مِّنْ شَيْءٍ فَاَنْ  
لِلّٰهِ حُجْمَةٌ وَّلِلرَّسُوْلِ وَّلِذِي الْقُرْبٰى  
وَالْيَتٰمٰى وَ الْمَسْكِيْنَ وَاٰلِ السَّبِيْلِ ؕ  
لَا تَكْفُرُوْا اَمْنًا مِّنْ اللّٰهِ وَّمَا نَزَّلْنَا عَلٰى  
عَبْدِنَا يَوْمَ الْفُرْقٰنِ اَنْ يَتَّقِيَ الْجٰمِعِيْنَ  
وَاللّٰهُ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرٌ ﴿٣١﴾

لَا اَنْتُمْ بِالْعٰدُوْةِ الدُّنْيَا وَّهُمْ بِالْعٰدُوْةِ  
الْقٰصُوْىِ وَ الرُّكْبٰى اَسْفَلَ مِنْكُمْ وَّلَوْ  
تَوَاعَدْتُمْ لِخِتٰفَتِكُمْ فِى الْمِيْعَدِ وَّلٰكِنْ  
يَبْقٰى لِلّٰهِ اَمْرًا كَاَنْ مَفْعُوْلًا ؕ  
يٰٓهٰٓؤُلَآءِ مَنْ هٰذٰكَ عَنۢ بَيْنَتِيْ وَ يَحْسَبُوْنَ  
مَنْ حَسٰى عَنۢ بَيْنَتِيْ وَاِنَّ اللّٰهَ اَسْمِعُ  
عَلَيْهِمْ ﴿٣٢﴾

41. "Olunaku lw'okwawula" Lwe lwo olwaliko okwawula wakati w'amazima n'obwonoonefu: Olwo olutalo lw'e Badri kwe lwalwanirwa — Ekibiina ky'amagye g'abakkiriza lwe kyasisinkana n'eky'abakafiiri.

Emmaali y'eminyago egerwamu emiteeko etaano, emiteeko ena gya balwanyi ababadde ku lulato. Ate ogumu guweebwa abo aboogeddwako mu aya eno — nga guyitibwa omugabo gwa Katonda. Nabbi ye yalinanga okulaba b'aguwa. Omugabo ogugwe nga aguwa abantu be ab'omu maka ge, ogwa baganda be nga aguwa ezzadde lya Haabsi n'erya Twalibu.

42. Safaali y'abasuubuzi eyali eva e Shaamu nga eyolekera Makka, nga ekulemberwa Abu Sufyane, ye yayita wansi ku lubalama lw'ennyanja.

Okusisinkana kw'ebibinja ebyo kwaliwo lwa kwagala kwa Katonda ku lw'okutuukiriza ekyo kye yali yamala dda okutegeka mu kumanya Kwe: eky'okukuza Obusiraamu akkakkanye obukafiiri. Nga ekigendererwa mw'ekyo kwe kulaga amazima g'eddiini y'Obusiraamu ku lulato lw'e Badri

43. Jjukira mu kiseera Katonda bwe yabakulaga (abalabe bammwe Ggwe Muhammadi) mu kirooto kyo nga batono, sso singa yabakulaga nga bangi, mwandifootoose. (mmwe abakkiriza), ne mukaayana mu kigambo. Naye mazima Katonda yawonya (mmwe okukaayana). Mazima Ye amanyi ebiri mu bifuba (by'abantu).

إذ برئهم الله في مناياهم قليلاً ودوناً  
أذ لهم كثير الفشلهم ولتنازعهم  
في الأمور ولكن الله سلم إنهم عليهم  
بذات الصدور ﴿٣٣﴾

44. Era mujjukire mu kiseera lwe yabalaga, awo bwe mwasisinkana (mu nsiike) mu maaso gammwe nga batono, n'abakendeeza nammwe mu maaso gaabwe, alyoke Katonda amale eki-gambo kyaliki eky'okukolebwa. N'eri Katonda y'ezizibwa ebigambo byonna.

وإذ برئهم الله إذ التقيتم في أعينكم  
قليلاً ويقال لكم في أعينهم ليقص الله  
ع أمراً كان مفعولاً وإلى الله ترجع الأمور ﴿٣٤﴾

45. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga musisinkanye ekibinja (ky'abalabe), munywerenga era mwogerenga nnyo ku Katonda, oba olyawo ne mulokoka.

يأيها الذين آمنوا إذ التقيتم فأنبئوا  
وأذكروا الله كثير الحكم ليقولون ﴿٣٥﴾

46. Mugondere Katonda n'omubaka We, temukaayananga ne mufootooka ne gagenda amaanyi gammwe; era mugumiikirize! Mazima Katonda ali wamu n'abagumiikiriza.

وأطيعوا الله ورسوله ولا تنازعوا  
فقدشأوا وتذهب ربحكم وأصبروا  
إن الله مع الصابرين ﴿٣٦﴾

47. Temubeeranga ng'abo abaava mu mayumba gaabwe nga beekaaliisa

ولا تكفوا أكال الذين خرجوا من ديارهم

n'okudduukirira Abasiraamu bawangule awamu n'okuba nga be baali abatono. Awo alyoke azikirire oyo agaanye okukkiriza oluvannyuma lw'okumweyolekera obujulizi obulaga amazima. Olwo ye omukkiriza awone kyokka naye ng'amaze okulaba amazima.

43. Katonda kycyava alaga Nabbi Muhammadi mu Kirooto nga abalabe batono, kwe kwagala okufunyisa Abasiraamu obuvumu basobole okwanguwa mu kwannganga okubalwanyisa abalabe baabwe. Abeerera kubamulaga nga bangi banditidde ne bakaayana; wabula Katonda yabamuwonya, Abasiraamu n'abadduukirira ne bawangula.

44. Ebiina ebibiri: eky'abakkiriza n'eky'abakafiiri, buli bamu baalabanga bannaabwe nga batono mu kiseera nga basisinkanye ku lutalo. Ekyo kyasobozesa buli luuyi obutatya lunnaalwo. Era Katonda yakola atyo alyoke atukkirize ensonga gye yali yagera dda ey'okutaasa Abasiraamu n'okuzikiriza abalabe baabwe.

45. "Temukaayananga ne muyenjebuka ne kitabasobozesa kwannganga mulabe wammwe olw'okwawukana." Kale bwe batyo abagoberizi ba Nabbi (s.a.w.) baagondera etteeka cryo, oku-



n'okweragira ku bantu, nga baziyiza abantu mu kkubo lya Katonda, ne Katonda yectoolodde kw'ebyo bye bakola.

48. Jjukira mu kiseera Sitaane bwe yabanyiririza emirimu gyabwe (emibi abo abakafiiri), n'agamba nti: Tewali ajja kubawangula olwaleero mu bantu, nange mazima nja kubayamba. Wabula bwe byamala okwolekagana ebibiina (by'abalwany) byombiriri, n'afunyamu nga akyukira ku bisinziro bye, n'agamba nti: Mazima nze njawukanye nammwe. Ddala nze ndaba ekyo kye mutalaba. Mazima nze ntya Katonda. Ne Katonda muyitirivu wa bibonerezo.
49. Jjukira mu kiseera bwe baagamba abannanfuusi n'abo abalina mu myoyo gyabwe obulwadde (nti): Ebasigudde abo eddiini yaabwe. N'omuntu ayeesiga Katonda, (amanye nti) mazima Katonda wa Kitiibwa, Mulamuzi.

بَطْرًا أَوْ رِثَاءَ النَّاسِ وَيَصُدُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ وَاللَّهُ يَمَّا يَعْمَلُونَ مُحِيطٌ ﴿٣٨﴾

وَأَذْرَيْنَ لَهُمُ الشَّيْطَانُ أَعْمَاهُمُ قَالَ لَا غَالِبَ لَكُمْ الْيَوْمَ مِنَ النَّاسِ وَإِنِّي جَارِكُمْ فَلَمَّا تَرَأَتِ الْعَيْنُ نَكَصَ عَلَى عَقِيئِهِ وَقَالَ رَبِّي بَرِحِي مِّنكُمْ إِنِّي أَرَى مَا لَا تَرَوْنَ إِنِّي أَخَافُ اللَّهَ وَاللَّهُ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٣٩﴾

أَذْيَعُولُ الْمُنْفِقُونَ وَالَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ غَرَّهُوا أَذْيَهُنْهُمُ وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَإِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٣٩﴾

tuusa Katonda lwe yabawa obuwanguzi ne bawangula a balabe baabwe mu ntalo zonna ze baalwana; ne batuusa okumalawo obwakabaka bwa Fursi ne Rumi.

47. Abo aboogerwako wano (Abakuraishi abakafiiri), Katonda yali amanyi ekyo kye baali bagenderera — eky'okulwanyisa Abasiraamu babasaanyewo era n'okufunā emmaali nfaafa ey'eminyago.

Ensonga eno yajjawa bw'eti: Abu Jahali amawulire bwe gaamala okumutuukako nti Nabbi Muhammad n'abagobereze be baali beetegese okunyaga ebyobusuubuzi byabwe, bo (abatak kiriza) ebyali biva e Shaamu, n'ayungula eggyc okudduukurira emmaali yaabwe. Bw'aba nga ali mu kkubo ne bamutegeera nga emmaali bw'etuuse emirembe; era nga bamusaba addeyo e Makka. Abu Jahal yagaana n'agamba nti: Tetujja kuddayo, okutuusa lwe tunaatuuka ku mazzi g'e Badri, tusale engamiya, tunywe omwenge, abawala batukubire ebivuga nga bwe bayimba; oluvannyuma Abawarabu banyumyenga ekitiibwa kyaffe mu byafaayo kye tunaafuna ku lunaku olwo. Abu Jahal yali asubira obuwanguzi ku lutalo lw'e Badri, naye Katonda n'amuswaza n'attibwa kw'olwo. Abasiraamu olutalo be baaluwangula.

48. Ebibiina ebi' iri byali: ekibiina ky'amagye g'Abasiraamu n'eky'Abakafiiri b'omu Makka — Abakuraishi.

Sitaane ebyo yabyogera ku lutalo lw'e Badri. Kyokka bwe yamala okulaba nga bamalaika basse okudduukurira abakkiriza, awo n'ayabulira abakafiiri n'atabakuuma nga bwe yali abalagaanyisizza.

49. Abakaafiiri baagamba nti Abasiraamu eddiini yaabwe ebaabuzaabuzizza n'okubasigula ne beetantala olutalo awamu n'okuba nga batono Baali bawera ebikumi bisatu mu kkumi na basatu (313) bokka, sso ng'ate bo abalabe baabwe (abakafiiri) baali bawera lukumi lulamba (1000). Katonda yabaddamu nti: "Oyo ayeesiga Katonda amukuumu n'amutaasa."

50. Singa olaba mu kiseera nga bama-laika batta abo abatakkiriza, nga bakuba mu maaso gaabwe n'emabega waabwe (bwe babagamba nti): Mukombe ku bibonyobonyo ebyokya!

وَلَوْ تَرَىٰ إِذِ يَتَوَفَّى الَّذِينَ كَفَرُوا الْمَلَائِكَةُ يَضْرِبُونَ وُجُوهَهُمْ وَأَدْبَارَهُمْ وَذُوقُوا عَذَابَ الْحَرِيقِ ﴿٥٠﴾

51. Ekyo (kibakolebbwa) ku lw'ebyo bye yakulembeza emikono gammwe, ddala mazima Katonda ssi mulyazaamaanyi ku baddu Be:

ذَٰلِكَ بِمَا قَدَّمْت أَيْدِيكُمْ وَأَنَّ اللَّهَ لَيْسَ بِظَلَّامٍ لِّلْعَبِيدِ ﴿٥١﴾

52. Engeri yaabwe efaananako n'engeri y'abantu ba Fir'auna n'abo abaabasooka; baajeemera Obubonero bwa Katonda, Katonda n'abakwata ku lw'ebibi byabwe (n'ababonereza). Mazima Katonda wa Maanyi, muyitirivu wa bibonerezo

كَذَّٰبِ آلِ فِرْعَوْنَ ۖ وَالَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ كَفَرُوا بِآيَاتِ اللَّهِ فَآخَذَهُمُ اللَّهُ بِذُنُوبِهِمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ قَوِيٌّ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٥٢﴾

53. Ekyo kyali bwe kityo ku lw'okubanga mazima Katonda teyali wa kukyusa (ayonoone) kyengera kye yagabira ekibiina, okutuusa bo lwe baayonoonanga ekyo ekibaliko (eky'obukkiriza), (kubanga) mazima Katonda Awulira, Mumanyi wa byonna.

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ لَمْ يَكُ مُغَيِّرًا لِّلْعَمَّةِ ۗ أُنْعِمْنَا عَلَىٰ قَوْمٍ مَّحْسِيٍّ يَنْعُرُوا مَّا بِنَاهُمْ ۗ وَأَنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٥٣﴾

54. Engeri yaabwe efaananako n'engeri y'abantu ba Fir'auna n'abo abaabakulembera; baalimbisa Obubonero bwa Mukama waabwe, kale ne tubazikiriza ku lw'ebibi byabwe. Ne tusaanyawo (mu nnyanja) abantu ba Fir'auna (awamu naye). Na buli bamu baali balyazaamaanyi.

كَذَّٰبِ آلِ فِرْعَوْنَ ۖ وَالَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ كَذَّبُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ فَأَهْلَكْنَاهُمْ بِذُنُوبِهِمْ ۗ أَمْ نَرَىٰ أَنَّا لَمُؤْمِنِينَ ۗ كَانُوا ظَالِمِينَ ﴿٥٤﴾

55. Mazima ebitonde ebisinga obubi mu bitambulira ku nsi mu maaso ga

إِنَّ سَعْرَ الدَّوَابِّ عِنْدَ اللَّهِ الَّذِينَ كَفَرُوا

50. Katonda talanga muntu yenna bwereere, era tasala ku mpeera z'oyo akoze obulungi.

52. Abantu ba Fir'auna n'abo bonna abaagaana okukkiriza Bannabbi abaasooka, Katonda yabazikiriza ku lw'ebibi byabwe.

54. Okufaananako nga bwe baakolebwa abantu ba Fir'auna wamu naye, n'abalala ababafaanana abaalimbisanga Bannabbi n'obubonero obulaga amazima gaabwe. Katonda yabazikirizanga ku lw'ebibi byabwe. Sso teyabalyazaamaanya mw'ekyo wabula bo beeryazaamaanya bokka ku lw'okulimbisa obubonero Bwe.

- Katonda be bo abaakaafuwala, nabo tebakkiriza;
56. Abo (be bo) be walagaanyisa (endagaano) abamu mu bo, oluvannyuma ne bamenya endagaano yaabwe buli mulundi, era nabo tebatya (Katonda).
57. Bw'obanga obagwikirizza n'obawangula ku lutalo, babonereze ebibonerezo ebikambwe babeera kyo'okulabirako eri abo abali emabega waabwe oba olyawo ne bajjukira.
58. Mazima bw'obanga (Ggwe Muhammadi) nga otya mu kibiina okukumpanya (kye wakola nakyo endagaano), basuulire endagaano yaabwe mu lwatu. Ddala Katonda tayagala bakumpanya.
59. Tebalowoolezanga ddala abo abatakiriza nti bayise ku Katonda. Mazima bo si ba kulemesa (Katonda).
60. Mubateekereteekere kyo kye musobola mu maanyi ne mu kusiba embalaasi, nga mutiisa nakyo omulabe wa Katonda era omulabe wammwe, n'abalala abatali bo (abannanfuusi); Temubamanyi Katonda y'abamanyi. Buli kintu kyonna kye mugaba mu kkubolya Katonda kirituukirizibwa gye muli (okukibasula mu bujjuvu), nammwe temugenda kulyazaamaanyizibwa.
- فَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٥٦﴾
- الَّذِينَ عَاهَدْتَ مِنْهُمْ ثُمَّ يَنْقُضُونَ عَهْدَهُمْ فِي كُلِّ مِرَّةٍ وَهُمْ لَا يَتَّقُونَ ﴿٥٧﴾
- فَمَا تَتْلِفَهُمْ فِي الْحَرْبِ تَتَرَدَّدُ بِهِمْ مَنْ خَلْفَهُمْ لَعَلَّهُمْ يَدْكُرُونَ ﴿٥٨﴾
- وَأَمَّا اتَّخَذْنَا مِنْ قَوْمٍ خِيَانَةً فَانظُرْ إِلَيْهِمْ عَلَى سَوَاءٍ إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ الْمُخَابِرِينَ ﴿٥٩﴾
- وَلَا يُحْسِنُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَاسْبَغُوا إِثْمَهُمْ وَلَا يُعْجِزُونَ ﴿٦٠﴾
- وَأَعِدُّوا لَهُمْ مَا اسْتَطَعْتُمْ مِنْ قُوَّةٍ وَمِنْ رِبَاطِ الْخَيْلِ تُرْهِبُونَ بِهِ عَدُوَّ اللَّهِ وَعَدُوَّكُمْ وَآخَرِينَ مِنْ دُونِهِمْ لَا تَعْلَمُونَهُمُ اللَّهُ يَعْلَمُهُمْ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ شَيْءٍ فِي سَبِيلِ اللَّهِ يُوَفَّ إِلَيْكُمْ وَأَنْتُمْ لَا تُظْلَمُونَ ﴿٦١﴾

57. Mu aya eno, Katonda alagira Nabbi (s.a.w.) okubonereza abo abamenya endagaano ze baalagaananga naye okutuusa lwe babeera kyo'okulabirako eri abo abali emabega waabwe, abagoberera, nabo baleke kukola nga bo.

58. Bategeeze mwenna mukimanye humu nti endagaano y'eddembe eggiddwaawo, n'olw'ekyo kati kisoboka oludda olumu okulwanyisa lunnaalwo.

60. Katonda yakakasa ku Basiraamu okweteekerateekera omulabe waabwe n'ebyo kulwanyisa eby'amaanyi nga bwe basobola okweyambisa: Gamba nga ennyonyi, Motoka n'ebirala newan-kubadde nga Katonda yalagira mbalaasi, kubanga zo ze zaaliwo mu kiseera kyo. Kikakafu ku

61. Bwe babeeranga bazze eri okuteesaganya, naawe dda gye kuli, era weesige Katonda. Mazima ye Awulira, Mumanyi.
62. Bwe baba nga baagadde okukukwenyakwenya, mazima Katonda ye muma-malizi wo. Ye Y'oyo eyakuwagira n'okutaasa Kwe n'abakkiriza:
63. Era n'agatta wakati w'emitima gyabwe (abakkiriza). Singa wawaayo ebyo ebiri mu nsi byonna (Gwe Muhammadi) tewandigasse wakati wa mitima gyabwe, naye mazima Katonda yagatta wakati waabwe. Mazima Ye wa Kitiibwa, Mukakasa.
64. Owange Gwe Nabbi! Akumale Katonda n'oyo aba akugoberedde mu bakkiriza.
65. Owange gwe Nabbi! Kuitira abakkiriza okulwana. Bwe babeera mu

وَأَنَّ جَعَلُوا السَّلَامَ فَاجْتَمَعَتْ لَهَا وَتَوَكَّلْ  
عَلَى اللَّهِ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٦١﴾

وَأَنَّ يُرِيدُ وَأَنَّ يَخْذُحُوكَ فَإِنَّ حَسْبَكَ  
اللَّهُ هُوَ الَّذِي آتَاكَ بَصِيرَةً وَالْمُؤْمِنِينَ ﴿٦٢﴾

وَأَلْفَ بَيْنَ قُلُوبِهِمْ لَوْ أَنْفَقْتَ مَا فِي  
الْأَرْضِ جَمِيعًا مَا أَلْفَتْ بَيْنَ قُلُوبِهِمْ  
وَلَكِنَّ اللَّهَ أَلْفَ بَيْنَهُمْ طَرِيقًا إِنَّ عَزِيزًا  
حَكِيمًا ﴿٦٣﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ حَسْبُكَ اللَّهُ وَمَنِ اتَّبَعَكَ  
فَإِنَّ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٦٤﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ حَرِّضِ الْمُؤْمِنِينَ عَلَى

Basiraamu okuba nga balina eky'okwerinda nakyo ku mulabe alyoke atye okubalumbagana. olwo nabo Abasiraamu balyoke babeere nga bali mu ddembe.

61. Nabbi (s.a.w.) yakozesa etteeka eryo abakafiiri b'omu Makka bwe baamusaba nga ali mu kifo ekijitibwa Al-Hudaibiyat, okuteesaganya nabo. Yakkiriza ne bakola endagaano ey'eddembe okumala ebbanga lya myaka kkumi. Wabula bo abakafiiri baagimenyamu obutundu obumu; kale endagaano eyo n'etesobola kumala bbanga eryo: Ekyo kyaletera Nabbi okubalumba n'abalwanyisa ng'ava e Madiina — olutalo n'aluwangukira mu Kibuga ekitukuvu Makka. Etteeka lino lyakyusi-bwamu n'etteeka eriri mu Ssuula At-Tauba, eriragira oyo atannasiramuka okusimama ekimu ku bisatu bino: (1) Okusiramuka, (2) Okuwa omusolo, (3) Oba okulwanyisibwa.

62. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ategezebwa nga Ye Katonda bw'Ali Omumalizi we. Era nga bwe yamuwagira n'okulwanirira abo abakkiriza ku lutalo lw'e Badri, bw'atyo ajja kumutaasa ku buli yenna anaagezaako okukumpanya.

63. Katonda, ku lutalo lw'e Badri, Ye yasobola okugatta wakati w'emyooyo gy'abakkiriza ku lw'okubawa okukkiriza n'okukolaganira awamu ne baba ng'omuntu omu. Ebika by'e Madina ebibiri ebyali bisoowagana, ekyo Ausi ne Hazaraji; nabyo ne byerabira ennyombo zaabyo, ne bituuka e chissa ekimu. Singa tekwali kwagala kwa Katonda, ekyo tekyandisobose, Nabbi ne bwe yandiwaddeq ebintu ebiri mu nsi byonna.

64. 'Lotya kulwana na balabe, Katonda ajja kukumalira akutaase wamu n'abo abakkiriza abakugoberedde: newankubadde nga batono ng'ate bo abalabe bammwe bangi. Ekyo kubanga okutaasa kwa Katonda tekwesigamidde ku bungu.'

65. Mu aya eno, Nabbi yali akubiriza abagoberezi be okwewaayo okulwana n'obumalirivu, era

mmwe amakumi abiri abagumiikiriza bawangula ebikumi bibiri (eby'a-batakkiriza), bwe babeera mu mmwe ekikumi abagumiikiriza bawangula lukumi mw'abo abaakaafuwala, ku lw'okubanga mazima bo kibiina ekitategeera.

الْقَاتِلُ إِنْ يَكُنْ مِنْكُمْ عَشْرُونَ صَابِرِينَ  
يَعْلَمُوا مَا تَتَيَّنَّ ۖ وَلَنْ يَكُنْ مِنْكُمْ وَائِدَةٌ  
يَعْلَمُوا الْقَامِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا بِآلِهِمْ  
وَوَوْمَ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٦٥﴾

66. Kaakati Katonda abawewuddeko (obuzito), n'amanya nti mazima muli mu mmwe obunafu. Kale bwe mubeera mu mmwe ekikumi kigumiikiriza bawangula ebikumi bibiri, bwe mubeera mu mmwe olukumi bawangula enkumi bbiri ku lw'obuyinza bwa Katonda. Ne Katonda Ali wamu n'abagumiikiriza.

أَلَنْ خَفَّفَ اللَّهُ عَنْكُمْ وَعَلِمَ أَنَّ فِيكُمْ  
ضَعْفًا ۖ فَإِنْ يَكُنْ مِنْكُمْ وَائِدَةٌ صَابِرَةٌ  
يَعْلَمُوا مَا تَتَيَّنَّ ۖ وَإِنْ يَكُنْ مِنْكُمْ  
أَلْفٌ يَعْلَمُوا الْقَفِينِ بِإِذْنِ اللَّهِ وَاللَّهُ  
مَعَ الصَّابِرِينَ ﴿٦٦﴾

67. Tekyali kisaanira ku Nabbi okuba nga abeera n'abawambe okutuusa nga amalidde ddala okugonza (abalabe) mu nsi. Mwagala ebyokufuna by'ensi ne Katonda ayagala Nkomerero, ddala Katonda wa Kitiibwa, Mukakasa.

مَا كَانَ لِنَبِيِّ أَنْ يُكُونَ لَهُ أَسْرَى  
حَتَّىٰ يَتَّخِذَ فِي الْأَرْضِ طَرْدًا وَيُرِيدَ وَمَنْ عَرَضَ  
الدُّنْيَا لِلَّهِ يُرِيدِ الْأُخْرَةَ ۗ وَاللَّهُ  
عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٦٧﴾

68. Singa tekyali kiwandiiko ekyava eri Katonda ekyakulembere, byalibakidde ebibonyobonyo ebinene ku lw'ebyo bwe mutwala.

لَوْ لَا كَاتَبَ مِنَ اللَّهِ سَبَقَ لِمَسْكُومٍ  
فِيمَا أَخَذْتُمْ عَدُوَّكُمْ عَظِيمًا ﴿٦٨﴾

nga abasuubiza okuyingira Ejjana. Abakkiriza tebakkirizibwa kudduka balabe abo.

Oluvannyuma etteeka cryo lyakyusibwamu n'eddala eriri mu kitundu ekiddirira kino.

67. Kyali tekisaanira okuba n'abawambe wabula nga Nabbi amaze okulwanyisa abalabe b'eddiini n'abagonza ne battibwamu bangi. Olwo nno n'alyoka akkirizibwa okuba nabo. Abawambe bakkirizibwa okuteebwa ekiseera we mulabira nti si kya kabenje eri mmwe singa bateebwa. Kwo okusalawo eky'okukola abawambe kyavanga ku kwagala kwa Nabbi, era nga y'alina okusalawo oba bateebwe bwereere, oba bawe engassi beenunule.

68. Aya eno yakka kunenya bakkiriza olw'okululunkanira eminyago n'okutwala abawambe, ne batasooka kusescggulira ddala mulabe kumumala maanyi nga Katonda bwe yalagira mu Ssuula 47. aya 4. Wabula nga bwe baali bakkirizibwa edda okutwala eminyago n'abawambe, kye kyabasonyiisa.

69. Mulye mw'ebyo bye muba munyaze, nga bitukuvu ebirungi; era mutye Katonda. Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

فَكُونُوا مَعَ غَفِيرٍ حَلَّالًا طَيِّبًا حَقًّا  
تَقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ٦٩

70. Owange Ggwe Nabbi! Gamba abo abali mu mikono gyammwe mu bawambe: Singa Katonda anaamanya obulungi bwonna obuli mu mitima gyammwe ajja kubawa ebirungi ebisinga cbyo ebibaggiddwako, era ajja kubasonyiwa. Ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ قُلْ لِمَنْ فِي أَيْدِيكُمْ  
مِنَ الْأَسْرَىٰ إِنَّ يَعْلَمُ اللَّهُ فِي قُلُوبِكُمْ  
خَيْرًا لَّيُؤْتِكُمْ خَيْرًا مِّمَّا أَخَذَ مِنْكُمْ  
وَيَغْفِرَ لَكُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ٧٠

71. Bwe baba nga baagala okukumpanya (Ggwe Muhammadi), mazima baakumpanya dda Katonda, wabula n'abakusobozesa. Ne Katonda Mumanyi, Mukakasa.

وَإِنْ يُرِيدُوا إِخِيَانَتَكَ فَقَدْ خَانُوا  
اللَّهَ مِنْ قَبْلُ فَأَمَنْكَ مِنْهُمْ وَاللَّهُ  
عَلِيمٌ حَكِيمٌ ٧١

72. Mazima abo abakkiriza ne baseنگuka ne balwana (n'okuwaayo) emmaali yaabwe n'emoyo gyabwe mu kkubo lya Katonda, n'abo abaa-senza (abakkiriza) ne babataasa; abo abamu mikwano gya bannaabwe. N'abo abakkiriza kyokka ne batasenguka, temulina buvunaanyizibwa kubakuuma

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَهَجَرُوا وَجَاهَدُوا  
بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ  
وَالَّذِينَ آذَوْا وَأَصْرُوا أُولَٰئِكَ بَعْضُهُمْ  
أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ وَالَّذِينَ آمَنُوا وَلَمْ

70. Abawambe baayingira Obusiraamu olw'okusuubira okulongooka ku lw'obukkiriza obwali mu mitima gyabwe.

Okunnyonyola ku kwenunula ku abo abaawambibwa ku lutalo lw'e Badri: Katonda ng'amaze okukkiriza Abasiraamu okutwala emmaali y'okwenunula, Abakuraishi b'omu Makka baatandika okuweereza emmaali y'okununula abantu baabwe. Ye Abbas Kitaawe wa Nabbi omuto yawanjaga nga ye bwe yali yakkiriza edda, era awo n'ayingira mu ddiini y'Obusiraamu. Nabbi (s.a.w.) yamudamu n'amugamba nti: "Katonda y'amanyi Obusiraamu bwo. Bwe kiba nga bwe kiri nga bw'ogamba ojja kukusasulwa empeera, naye ffe mu kulaba okwokungulu, olina kwenunula Ggwe wennyini. onunule n'abaana ba muganda wo." Wabula Abbas yeeyongera okutegeza nga bw'atalina ssente. Nabbi kwe kumuddamu n'amugamba nti: "Ate emmaali gye waziise ne mukyala wo Ummu Al-Fazil." Wano Abbas n'alyoka agamba nti: "Kati njulira nga bw'oli Omubaka wa Katonda kubanga tewali muntu mulala yenna yamanya mmaali eyo."

Abayivu bagamba nti era eyo y'ensonga cyavaako okukka kw'ekitundu ekiddako.

72. Aya eno ekwata ku Bakkiriza abasengukira e Madiina nga badduka okukijanyizibwa Abakafiiri b'e Makka.

Bategezebwa nti singa abo abataasenguka babasabye okubayamba ku lutalo olukwata ku ddiini. babayambenga: kubanga ekyo kyakakasibwa ku bo olw'okubanga bo baganda baabwe mu ddiini. Wabula bwe baba (abo abataasenguka) nga balwanyisa abantu abo bo (abaasenguka) be

mu kintu kyonna okutuusa lwe banaasenguka; wabula bwe baba nga baba-sabye okubataasa mu bikwata ku ddiini kuli ku mmwe okubataasa okuggyako nga kikiwata ku kibiina nga waliwo wakati wammwe nabo endagaano. Ne Katonda Alaba ebyo bye mukola.

73. Era n'abo abaakafuwala abamu mikwano gya bannaabwe — Bwe mu-naaba nga temukizoze (kye tubagambye eky'okuyambagana), kijja kuba kabi mu nsi, era n'obwonoonyi obunene.

74. N'abo abakkiriza ne basenguka era ne balwana mu kkubo lya Katonda, wamu n'abo abaasenza (abasengusc) ne bataasa (eddiini ya Katonda) — Abo bo be bakkiriza ab'amazima. Balina okusonyiyibwa, n'okugabirwa okw'ekitiibwa.

75. N'abo abakkiriza oluvannyuma ne basenguka era ne balwana awamu nammwe, abo ba mu mmwe; n'ab'oluganda (mu buzaale) abamu be bakakirwa okusikira bannaabwe mu Kitabo kya Katonda. Mazima Katonda Mumanyi wa buli kintu.

يَهَاجِرُوا مَا لَكُمْ مِّنْ وَلَا تَيْتَهُمْ مِّنْ شَيْءٍ  
حَتَّىٰ يَهَاجِرُوا وَإِنِ اسْتَنْصَرُواكُمْ فِي  
الدِّينِ فَعَلَيْكُمْ النَّصْرُ إِلَّا عَلَىٰ قَوْمِ بَيْنَكُمْ  
وَبَيْنَهُمْ مِّيثَاقٌ وَاللَّهُ مَا تَعْمَلُونَ لَبِيرٌ ﴿٤٦﴾

وَالَّذِينَ نَفَرُوا بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ لَّا  
تَفْعَلُونَ لَكِن فَتَنَةً فِي الْأَرْضِ فَسَادُ كَيْدٍ ﴿٤٧﴾

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَهَاجَرُوا وَجَاهَدُوا  
فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالَّذِينَ آوَوْا وَانصَرُوا  
أُولَٰئِكَ هُمُ السُّؤْمُونَ حَقًّا لَهُمْ  
مَّغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَرِيمٌ ﴿٤٨﴾

وَالَّذِينَ آمَنُوا مِن بَعْدِ وَهَاجَرُوا  
وَجَاهَدُوا وَمَعَكُمْ فَاُولَٰئِكَ مِنكُمْ  
وَأُولَٰئِكَ الْأَرْحَامُ بَعْضُهُمْ أَوْلَىٰ بِبَعْضٍ  
فِي كِتَابِ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٤٩﴾

balinako endagaano — ey'eddembe, ne bwe bataba Basiraamu, olwo tebabayambanga baleme kumenya ndagaano.

73. Bwe mutaabayambe bannammwe na kubadduukirira, kijja kuleeta akabi akanene mu nsi. Kubanga omulabe wammwe ayinza okufuna amaanyi n'abatirimbula. Era obutabanguko n'okwonoona ne bisaasaana mu nsi olw'obujeemu obuyitiridde.

75. N'abo abaasenguka oluvannyuma nabo be bamu nga mmwe. Era babalinako obuvunaanyi-zibwa nga nammwe bwe mwerinako obuvunaanyi-zibwa mwekka na mwekka.

Kyokka ab'oluganda olw'obuzaale be bakulembezebwa era abateekwa okusikira baganda baabwe. Eryo ly'etteeka eriri mu Kitabo kya Katonda. Kino kyajja bwe kiti: Abakkiriza abaasengukira e Madiina (*Ba-Muhaajiriin*) n'abaabasenza (*Ba-Answari*) baali balowooza nti abamu baja kusikiranga bannaabwe wakati waabwe. Aya eno yakka kutegeera nti ekyo si bwe kyali wabula oluganda mu musaayi lwe lwali olukulu mu kusika.



## EBIFA KU SSUULA AT-TAUBA MU BUFUNZE (9)

Essuula eno eyitibwa At-Tauba (Okwenenya) okusenziira ku aya 104; ate n'eyitibwa erinnya eddala Al-Baarat (Okwejeerera) okusenziira ku aya esooka. By'eyogerako eyongerereza ku Ssuula Al-Anfaal (8). Eno y'essuula yokka etatandika na *Bismi-Llaahi' r-Rahmaani'r-Rahiim*. Yakkira Madiina mu mwaka A.H. 9. Erina aya 129.

Essuula eno essira eriteeka ku kwogera ku bifa ku biseera by'entalo n'eb'y'eddembe. Yeesigamira kw'ebyo byonna ku byaliwo ebifa ku lutalo lw'e Tabuuk. Ekitundu ekyo kyonna ekisooka ekyo aya ezo zonna ezikwata ku kumenyebwawo kw'endagaano z'oku-kuma eddembe obutalwanagana ezaali wakati w'Abasiraamu n'abatakkiriza, zakka nga abalamazi bali ku Hijja e Makka mu mwaka ogw'omwenda oluvannyuma lwa Nabbi okusengukira e Madiina (9 A.H.) ng'ava e Makka. Kale Nabbi yatumira Saidina Abu Bakari obubaka, eyali akulembedde abalamazi, ekitundu ekyo kyonna kisomwe Hazarat Ali eri abalamazi bonna nga kirangirira nga obukafiiri bwe bwali bukomye mu Buwarabu. Aya endala zonna, zo zakka manguko katono ku ezo ezifa ku kumenyawo kw'endagaano.


Essuula etandika n'okulangirira nga endagaano zonna ezaali wakati w'Abasiraamu n'abatakkiriza — bo abatakkiriza ne batatuukiriza ebyo bye zigamba zaali zimenyebwawo, kyokka nga baali baweebwa emyezi ena gyokka okugira nga bakyegazaanya n'okwetaaya mu ddembe oba beenenye olw'okusukka ebikomo byazo eri Abasiraamu. Amateeka n'ebiragiro biweebwa ebiteekwa okugobererwa mu kukuuma endagaano ezo, naye abo bonna ababimanya oluvannyuma lw'ekiseera ekyo okuggwaako baali ba kulwanyisibwa. Era abakkiriza bakubirizibwa okulwanyisa Abawarabu abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala (*Ba-Mushirik*), Abayudaaya n'Abakristaayo abo abaali baalabulwa edda akabi ak'okubaviira mu bikolwa byabwe ebibi eby'ekivve. Bo baali bafunvubira okuzikiza Ekitangaala kya Katonda (Eddiini Ye), kale Abasiraamu kyebaava bakuutirwa okulwanirira okuyimirizaawo Eddiini.

Abasiraamu babuulirwa lwatu nti ba kusikira ebyengera ebyabalagaanyisibwa Katonda singa bajjumbira n'amaanyi okumalawo obukafiiri (okulwana *Jihaad*). Bo Abasiraamu bennyini abatuufu bateekwa okufunvubira mu *Jihaad* awatali kutya buzibu oba nkonge yonna, oba kukembwa, oba ekintu ekirala kyonna. Obubonero bw'abannanfuusi obubawula ku Basiraamu ab'amazima n'akabi kaabwe binnyonyolwa eri Abakkiriza era amateeka n'ebiragiro biweebwa nga biraga engeri gye basaanye okuyisibwamu n'okumalirawo ddala.

Abo abaasigala ewaka ne batagenda ku Lutalo lw'e Tabuuk okulwana *Jihaad* awamu ne Nabbi, baawulwamu emitendera gino: abalwadde, bakateyamba nga abalema ne bamuzibe, abaavu abatalina kya kweyambisa mu lutalo, abakyalala, abaana abato, abannanfuusi, n'abakkiriza abo abeenenya oluvannyuma nga ne Nabbi tannadda kuva ku Lutalo. Kwo okusiima kwa Katonda, kw'abo ab'amazima abeewaayo mu kulwana mu kkubo Lye; era asonyiwa n'akiriza okwenenya kw'abo abasobya ne beenenya, sso si abo abagenderera okulecetawo obwonoonyi n'obutakkiriza mu nsi era n'okusooowaganya Abakkiriza. Era Katonda ye Mukuumi, Omutaasa w'Abakkiriza, olw'amazima gaabwe, era Musonyiye eri abadda eri Ye ne beenenya.

Mu kumaliriza, ebiragiro biweebwa Abakkiriza bibalungamye ku lw'obulungi bwabwe mu ddiini, era kitegezebwa nga buli Ssuula essibwa bw'eyongera obukkiriza,

abo abakkiriza aba nnamaddala wadde ng'abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe ebongera kubuusabuusa na bubuze. Ku nkomerero yennyini, Abakkiriza bakubirizibwa okugoberera Omubaka oyo omukwatampola, alumirwa abalala era abaagaliza obulungi, era beesige Katonda, Omulezi w'Ebitonde.



ESSUULA AT-TAUBA (9)

Yakkira Madiina: erina ebitundu 16 ne aya 129

1. Okulangirira okuggyawo endagaano (kukoleddwa) nga kuva eri Katonda n'Omubaka We eri abo be mwala-gaanyisa mw'abo abakaafiiri abagatta Katonda n'ebirala:
2. Mutambule (nga mwetaaya) mu nsi emyezi ena, era mumanye nti mazima mmwe temuyinza kulemesa Katonda era ddala Katonda wa kuswaza abakaafiiri.
3. Era okulangirira kuvudde eri Katonda n'Omubaka We eri abantu ku lunaku lwa Hijja olukulu (Idd Enkulu) nti, mazima Katonda ayawukanye n'abakaafiiri abagatta Katonda n'ebintu ebirala, (era bw'aty) n'Omubaka We. Kale bwe muba nga mwepenyezza ekyo kye kirungi kyammwe; naye bwe munaaba nga mukyuse okuva kw'ebyo ebibagambiddwa, olwo mumanye nti mazima mmwe temuli ba kulemesa Katonda. Buulira (Ggwe Muhammadi) abo abakaafuwala (amawulire) g'ebibonyobonyo ebiruma.

بَرَاءَةٌ مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ إِلَى الَّذِينَ  
عَاهَدْتُمْ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ①

فَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الَّذِينَ كَفَرُوا  
أَعْلَمُوا أَنَّكُمْ مُعْجِزِي اللَّهِ وَأَنَّ  
اللَّهَ مُخْزِي الْكَافِرِينَ ②

وَأَذَانٌ مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ إِلَى النَّاسِ  
يَوْمَ الْحَجِّ الْأَكْبَرِ أَنَّ اللَّهَ بَرِيءٌ مِنَ  
الْمُشْرِكِينَ كَمَا وَرَسُولُهُ إِنَّمَا الْبَشَرُ  
فَهُوَ خَيْرٌ مِنْكُمْ وَإِنْ تَوَلَّيْتُمْ فَأَعْلَمُوا  
أَنَّكُمْ عُقُوبَةُ اللَّهِ وَبَشِيرُ الَّذِينَ  
كَفَرُوا وَعَذَابُ أَلِيمٌ ③

أَعْلَمُوا

بَشِيرُ الَّذِينَ كَفَرُوا

عُقُوبَةُ اللَّهِ وَبَشِيرُ الَّذِينَ كَفَرُوا

1. Ekirangiriro kino kyava eri Katonda n'Omubaka We nga kikomya endagaano ez'eddembe ezaali wakati wa Nabbi (s.a.w.) n'abakaafiiri, era okuva olwo baali bakkirizibwa okutambula nga ba ddembe okumala emyezi ena gyokka, olwo endagaano z'eddembe zikome.

3. Singa mwenenyezza ne mulekayo okugatta Katonda n'ebintu ebirala ky'ekisinga obulungi gye muli.

Nabbi (s.a.w.) bwe yakomawo nga ava ku lutalo lw'e Tabuuki n'atuma Abu Bakari agende alangirire mu nnaku za Hijja nga omwaka oguddako bwe wataali mukafiiri ajja kukkirizibwa kukola Hijja, era bwe wataali mukafiiri anakkirizibwa kwetoolola Kaaba — Ennyumba ya Katonda ng'ali bwereere.

Oluvannyuma Ye Abu Bakari yagoberezaako Ali n'amulagira alangirire etteeka ly'okukomya endagaano ezaali wakati w'abakaafiiri ne Nabbi (s.a.w.).

4. Wabula abo be mwalagaanyisa mu bakaafiiri, oluvannyuma ne batabakendeenza kintu kyonna mw'ebyo ebiri mu ndagaano, era ne batayamba muntu yenna ku kubalwanyisa. Mubajjulize endagaano yaabwe okutuusa okumalayo ebbanga lyabwe lye mwalagaanya. Mazima Katonda ayalaga abamutya.

إِلَّا الَّذِينَ عَاهَدْتُمْ مِنَ الْمُشْرِكِينَ  
تَمَّ لَكُمْ تَقْوَاكُمْ سِيبًا وَلَمْ يَطْأَهُمْ  
عَيْبُكُمْ أَحَدًا فَأَجْتَوَأ إِلَيْهِمْ مَهْدَهُمْ  
إِلَى مَدْرَبِهِمْ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ  
الْمُتَّقِينَ ﴿٥﴾

5. Bwe giba nga giweddeko Emyezi Egy'emizizo, mutte abakafiiri awo wonna we mubasanze, mubakwate mubawambe era mubazingize era mubateege buli kkubo. Naye bwe baba nga beenenyezza ne bayimiri-zaawo esswala, ne batoola ne zakka, olwo mubaleke mu kkubo lyabwe, temubalumbagana. Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi nnyo.

فَإِذَا اسْلَخْنَا الْأَشْهُمَ الْحَرَامَ فَاذْكُرُوا  
الْمُشْرِكِينَ حَيْثُ وَجَدْتُمُوهُمْ  
وَخُذُوا مِنْهُمْ وَأَحْصُوا مِنْهُمْ وَأَقْرَبُوا  
لَهُمْ كُلَّ مَرْصِدٍ فَمَنْ تَابَ وَإِذَا قَامُوا  
الصَّلَاةَ وَأَتُوا الزَّكَاةَ فَخَلُّوا  
سَبِيلَهُمْ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٦﴾

6. Bw'abeera omu mu bakaafiiri nga akusabye obubudamu (Ggwe Muha-

وَأَنْ أَحَدًا مِنَ الْمُشْرِكِينَ اسْتَجَارَكَ

4. Abo abatuukiriza endagaano zaabwe Katonda b'ayagala.

Kitegerekeka nti ekiseera eky'emyezi ena ky'abo abaalina endagaano ezitaaliko bbanga ggere. Naye abo abaalina eziriko ebbanga eggere zaakoma ku kuggwaayo kwa bbanga lyazo.

5. Abo abakafiiri, oluvannyuma lw'ebbanga eribaweereddwa okuggwaako, mubalwanyise mubatte era mubazingizenga wamu n'okubateega mu buli kkubo we bayita. Naye bwe baba nga beenenyezza ne basaala era ne batoola zakka, temubalumbagananga, wabula mubalekeranga eddembe lyabwe. Kitegerekeka bulungi nga okukoowoola kwa Nabbi abantu okuyingira mu ddiini y'Obusiraamu bwe kwayita mu mitendera; kubanga ekiseera kyonna kye yamala e Makka yakozesanga kumatiza abo be yali atuusaako obubaka Katonda bwe yamutuma okusaasanya mu nsi, n'okubamatiza n'ebigambo newankubadde bo baagezaako okumuwalagganya wamu n'abo bonna abamukkiriza ne kimutusaako n'okusenguka okugenda e Madiina. Bwe yatuka e Madiina, yakola endagaano z'eddembe n'abo abakkirizanga okuzikola naye; era teyagezaako kumenya ndagaano n'emu kw'ezo ze yakola.

Ku kiseera ky'enkomerero y'obulamu bwe, kyali tekyebeereka butalwanyisa buli yenna afuuse enkonge mu kkubo ery'okubunyisa eddiini ya Katonda mu Nsi, wabula yamala kubawa bbanga ggere sso si kubagwako bugwi nga tebategedde.

Ebbanga eryo gy'emyezi ena eri oyo atalina ndagaano, oba oyo eyamenya endagaano ye oba oyo alina endagaano eteweza myezi ena. Oyo alina endagaano esussa emyezi ena (4), nga ajja kulindirizibwako okutuusa endagaano lw'erigwaako.

Kitegerekeka bulungi nti Obusiraamu tebwandibaddewo ne buterwanako ng'ate bukisobola.

mmadi), bumuwe okutuusa lw'awu-lira ekigambo kya Katonda, n'oluvannyuma omutuuse mu kifo ky'eddembe lye. Ekyo (kikoledwa) ku lw'okubanga mazima bo kibiina ekitamanyi.

7. Ngeri ki bwe baba nga balina abakafiiri endagaano awali Katonda n'Ombaka We okuggyako abo be mwalaagaanyisa awali Omuzigiti Ogw'emizizo? Ebbanga lye bamala nga bakyazibakuumidde (endagaano), nammwe muzibakuumire. Mazima Katonda ayagala abamutya.

8. Ngeri ki bwe baba n'endagaano y'eddembe (nammwe, nga) bwe baba (bo) nga babalinnyeeko, tebayinza kukuuma mu mmwe oluganda wadde endagaano? Baabasiimisa n'emimwa gyabwe wabula ne gigaana emitima gyabwe. Era abasinga obungi mu bo boononyi.

9. Baatunda ebigambo bya Katonda (Kuraane) omuwendo omutono, ne baziizya abantu (bangi) ku kkubo Lye. Mazima bo kibi nnyo ekyo kye baali bakola.

فَاجْرُهُ حَتَّىٰ يَسْمَعَ كَلِمَ اللَّهِ  
ثُمَّ ابْلِغُهُ أَمْرَهُ مُطِيعًا  
قَوْمًا لَا يَعْمُونَ ﴿٤﴾

كَيْفَ يَكُونُ لِلشُّرَكِيَّةِ عَهْدٌ عِنْدَ  
اللَّهِ وَعِنْدَ رَسُولِهِ إِلَّا الَّذِينَ عَاهَدُوا  
عِنْدَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ فَمَا اسْتَقَامُوا  
لَكُمْ فَاسْتَقِيمُوا لَهُمْ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ  
الْمُتَّقِينَ ﴿٥﴾

كَيْفَ وَإِن يَظْهَرُوا عَلَيْكُمْ لَا يَرْقُبُوا  
فِيكُمْ إِلَّا أَلَّا وَلَا ذِمَّةً يُرْضَوْنَكُم  
بِأَفْوَاهِهِمْ وَتَأْبَىٰ قُلُوبُهُمْ  
وَكَثُرُهُمْ فُتِنُونَ ﴿٦﴾

أَشْرَوْا بِآيَاتِ اللَّهِ ثَمَنًا قَلِيلًا فَصَدَّوْا  
عَنْ سَبِيلِهِ إِنَّهُمْ سَاءَ مَا كَانُوا  
يَعْمَلُونَ ﴿٧﴾

awali obulumbaganyi. Era tekyandibadde kituufu kulema okubunyisa eddiini ya Katonda eyo gye yatuma nayo Nabbi We (s.a.w.) alyoke agibunyise eri abantu mu nsi yonna.

6. Oluvannyuma muleke okutuusa lw'atuuka cwaabwe nga ali mirembe.

Tutaddewo etteeka eryo ku bantu abafaanana ng'abo balyoke basobole okumanya eddiini ya Katonda. Ekyo kisobozese eddiini okusaasaana mu nsi.

7. Tekisaanira ku bakafiiri okuba n'endagaano ey'eddembe ebbanga lyonna lye bamala nga balemedde ku bakafiiri. Wabula abo be mwakola nabo endagaano nga muli ku Muzigiti Ogw'emizizo, muteekwa okukuuma endagaano yaabwe ebbanga lye bamala nga tebannagimenya. Kyokka bwe baagimenya Nabbi (s.a.w.) yabalwanyisa olutato lwe yawangulira mu Makka.

8. Bo bwe baba nga babawangudde tebayinza kwekuuma butabakola kabi ku lw'oluganda oluli wakati wammwe oba olw'endagaano y'eddembe. Kale n'olw'ekyo tebasaana kuba nabo ndagaano ya eddembe.

9. Baddira ebigambo bya Katonda ne bagaana okubikkiriza ku lw'okutya okusubwa ebyo bye baagala mu bulamu bw'ensi; era ne baziizya buli yenna cyalinga ayagala okugoberera amazima.

10. Tebakuuma ku mukkiriza (Musiraamu) luganda wadde endagaano. Nabo be balumbaganyi abayisa ebikomo by'ama-teeka ga Katonda.

لَا يَرْفَعُونَ فِي مَوْمِنٍ إِلَّا وَاذِمَّةً  
وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُعْتَدُونَ ﴿١٠﴾

11. Naye bwe babecera nga beenenyezza ne bayimirizaawo esswala ne bawa ne zakka, olwo baba baganda bammwe mu ddiini. Era tunnyonyola Obubonero Bwaffe eri ekibiina ekitegeera.

فَإِنْ تَابُوا وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ وَآتَوُا  
الزَّكَاةَ فَإِخْوَانُكُمْ فِي الدِّينِ وَنُقِصَلُ  
الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿١١﴾

12. Era bwe baba nga bamenye endagaano yaabwe oluvannyuma lw'okulagaana kwabwe ne bavumagana eddini yammwe, olwo mulwanyise abakulembeze b'obukaafiiri — Kubanga mazima tebalina ndagaano yaabwe (ekuumibwa) — oba olyawo ne bakoma.

وَأَنْ تَكُونُوا إِيمَانَهُمْ مِنْ بَعْدِ عَهْدِهِمْ  
وَطَعْنًا فِي دِينِكُمْ فَقَاتِلُوا أُمَّةَ الْكَفْرَةِ  
رَأَيْتُمْ لَا إِيمَانَ لَهُمْ لَعَلَّكُمْ يَتَّقُونَ ﴿١٢﴾

13. Abaffe muyinza mutya obutalwanyisa kibiina ky'abo abaamenya endagaano yaabwe, ne baagala n'okugoba omubaka wa Katonda mu Makka nga nabo be baabasookereza ku mulundi ogwasooka? Abaffe! Mubatya? Ne Katonda y'akakatiirwa okutiibwa, bwe muba nga muli bakkiriza.

أَلَمْ تَقَاتِلُوا قَوْمًا تَكُونُوا إِيمَانَهُمْ  
وَهُمْ يُأْخِرُونَ الرُّسُولَ وَهُمْ  
بَدَاءُكُمْ وَأُولَئِكَ فَاتَّخَذْتُمْ لَهُمْ  
فَاللَّهُ أَحَقُّ أَنْ تَخْشَوْهُ إِنْ كُنْتُمْ  
مُؤْمِنِينَ ﴿١٣﴾

14. Mubalwanyise! Katonda ajja kubabonyabonya n'emikono gyammwe, era abaswaze, ababataaseeko, era avumule ebifuba by'ekibiina ky'abakkiriza,

فَاتَلَوْهُمْ يُعَذِّبُهُمْ وَأَلْقَى إِلَيْكُمُ  
وَيُخْرِجُهُمْ وَيَبْصُرْكُمْ عَلَيْهِمْ وَيَسْفِ  
صُدُورَ قَوْمٍ مُؤْمِنِينَ ﴿١٤﴾

15. Era aggyewo obusungu bw'emitima gyabwe. Era akkiriza okwenenya kw'oyo gw'ayagadde. Ne Katonda Mumanyi, Omukakasa.

وَيَذْهَبُ غِيظُ قُلُوبِهِمْ وَيَتُوبُ اللَّهُ  
عَلَى مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلَيْهِمْ حَكِيمٌ ﴿١٥﴾

11. Abakafiiri bwe baba nga beenenyezza ne balekayo okusinza ebifaananyi, ne bakola emirimu gy'eddiini, baba bamaze okufuuka baganda bammwe mu ddiini. Era temulina kubalwanyisa.

13. Bwe muba nga muli bakkiriza temutya abakafiiri okubalwanyisa. Wabula mutye Katonda muleme okwawukana ku biragiro Bye.

16. Abaffe, mulwoozezza nti mujja kulekebwa nga Katonda tannaba kumanya abo abaanyiikira ne balwana mu mmwe, ne batateekawo mulala yenna (wa mukwano) atali Katonda, Oba Omubaka We oba abakkiriza? Ne Katonda amanyi eby'omunda ebyo bye mukola.

أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تُتْرَكُوا وَلَمَّا يَعْلَمِ اللَّهُ  
الَّذِينَ جَاهَدُوا مِنْكُمْ وَلَمْ يَتَّخِذُوا  
مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلَا رَسُولِهِ وَلَا الْمُؤْمِنِينَ  
بِشَيْءٍ وَاللَّهُ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ④

17. Abakafiiri tebalina kuzimba na kula-birira mizigiti gya Katonda, (nga nabo bennyini) bajulira ku myoyo gyabwe obukafiiri. Abo gyayonooneka emirimu gyabwe, ne mu muliro bo ba kubeeramu lubeerera.

مَا كَانَ لِلْمُشْرِكِينَ أَنْ يَعْمُرُوا مَسْجِدَ  
اللَّهِ شَاهِدِينَ عَلَىٰ أَنْفُسِهِمْ بِالْقُرْآنِ  
أُولَٰئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ فِي النَّارِ  
هُمْ خَالِدُونَ ⑤

18. Mazima alabirira Emizikiti gya Katonda y'oyo cyakkiriza Katonda n'Olu-naku Lw'enkomerero n'ayimirizaawo esswala n'awa zakka n'ataty muntu yenna, wabula Katonda yekka. Oba olyawo abo (bokka) ne baba mu balungamu.

إِنَّمَا يَعْمُرُ مَسْجِدَ اللَّهِ مَنْ آمَنَ بِاللَّهِ  
وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَأَقَامَ الصَّلَاةَ وَآتَى  
الزَّكَاةَ وَلَمْ يَجْشِ إِلَّا اللَّهَ فَعَسَىٰ أُولَٰئِكَ  
أَنْ يَكُونُوا مِنَ الْمُهْتَدِينَ ⑥

19. Mututte okunywesa bahujaaji n'okulabirira Omuzigiti Gw'emizizo nti kufaanana nga oyo cyakkiriza Katonda n'Olu-naku Lw'enkomerero, era n'alwana mu kkubo lya Katonda? Tebenkanankana awali Katonda. Ne Katonda tayinza kulungamya kibiina ky'abalyazaamaanyi.

أَجَعَلْتُمْ سِقَايَةَ الْحَاجِّ وَعِمَارَةَ  
الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ كَمَنْ آمَنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ  
الْآخِرِ وَجَاهَدَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ لَا يَسْتَوُونَ  
عِنْدَ اللَّهِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ⑦

20. Abo abakkiriza ne basenguka era ne balwana mu kkubo lya Katonda (nga

16. Katonda agezesa abakkiriza n'ebigezo bye alyoke alabe obunyikivu bwabwe mu kulwana mu kkubo lya. Era alabe oba tebafuula mulala yenna ow'omukwano ogw'omunda okugyako Ye n'Omubaka We, n'abakkiriza abaddala.

18. Abo abakola nga batuukiriza ebyogeddwako be basuubirwa okubalibwa mu balungamu.

19. Abo abaagamba nti bo be baazimba Omuzigiti Gw'emizizo n'okugulabirira, Katonda yabayita abalyazaamaanyi ku lw'obukafiiri bwabwe. Kale eky'okulabirira obulabirizi Omuzigiti ickyabagasa kubanga baagaana okukkiriza Katonda n'Omubaka We.



bawaayo) emmaali yaabwe n'emoyo gyabwe, be basinga amadaala aga waggulu awali Katonda. Era abo be b'okwesiima.

21. Katonda waabwe abasanyusa ng'abategeeza nga bwe balina okusaasira okuva gy'Ali n'okusimibwa, n'Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) nga balina mu yo ebyengera eby'olubeerera;

22. Ba kugibeeramu lubeerera mirembe na mirembe. Mazima Katonda w'Ali waliwo empeera ennene.

23. Abange mmwe abakkiriza! Temufuulanga bakitammwe ne baganda bammwe ab'emikwano bwe baba nga baagaddewo obukaafiiri ku bukkiriza. N'omuntu yenna an'aba abafudde ab'emikwano mu mmwe, n'abo be balyazaamaanyi.

24. Gamba nti: Bwe babeera nga bakitammwe, ne batabani bammwe, ne baganda bammwe, ne bakyala bammwe, n'ab'oluganda lwammwe, n'emmaali gye mukoze ne mufuna, n'ebyokusuubula bye mutya okudiba, n'amayumba ge mweyagaliramu — (Bwe biba nga ebyo) bye bisinga okwagalwa gye muli okusinga Katonda n'Omubaka We n'okulwana mu kkubo Lye: Kale mulindirire okutuusa Katonda lw'anaaleeta ekiragiro Kye, ne Katonda talunngamya kibiina ky'aboonoonyi.

سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ أَكْثَرُ  
دَرَجَةً عِنْدَ اللَّهِ وَأُولَئِكَ هُمُ الْعَاكِفُونَ

يُبَشِّرُهُمْ رَبُّهُم بِرَحْمَةٍ مِنْهُ وَبِرِضْوَانٍ  
وَجَنَّتِ لَهُمْ فِيهَا نَعِيمٌ مُّقِيمٌ ﴿٢١﴾

خُلْدِيْنَ فِيهَا أَبَدًا بِإِذْنِ اللَّهِ عِنْدَ مَا  
أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿٢٢﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا آبَاءَكُمْ  
وَإِخْوَانَكُمْ أَوْلِيَاءَ إِنِ اسْتَحَبُّوا الْكُفْرَ  
عَلَى الْإِيمَانِ وَمَنْ يَتَوَلَّهُمْ مِنْكُمْ  
فَأُولَئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٢٣﴾

قُلْ إِن كَانَ آبَاؤُكُمْ وَأَبْنَاؤُكُمْ وَإِخْوَانُكُمْ  
وَأَزْوَاجُكُمْ وَعَشِيرَتُكُمْ وَأَمْوَالٌ  
بِقَدَرِ قُدْرَتِهَا وَتِجَارَةٌ تَخْشَوْنَ كَسَادَهَا  
وَمَسَلِينَ لِرُفْسِهَا أَحَبَّ إِلَيْكُمْ مِنَ اللَّهِ  
وَرَسُولِهِ وَهَاجِدٍ فِي سَبِيلِهِ  
فَقَاتِلُوا حَتَّى يَأْتِيَ اللَّهُ بِأَمْرٍ  
جَازٍ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ﴿٢٤﴾

24. Mu aya eno kitegeerekeka ng'omuntu bw'atayinza kuba mukkiriza okutuusa Katonda n'Omubaka We lwe babeera nga be baagalwa be gy'ali okusinga kitaawe, omwana we, n'abantu bonna wamu n'emmaali ye. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu tayinza kubeera mukkiriza okutuusa lwe mbeera nga nze nsinga okwagalwa gy'ali; okusinga Mukadde we n'omwana we, n'abantu mwenna."

25. Mazima yabataasa Katonda mu bifo (by'entalo) bingi ne ku lunaku (olw-liko) olutalo olwa Hunaini, mu kiseera lwe bwabecyinuza obungi bwammwe sso ne butabagasa n'akatono, n'ebafundirira mmwe ensi awamu n'obugazi bwayo; oluvannyuma ne mukuba enkyukira nga mudduka mudda emabega:

لَقَدْ نَصَرَكُمُ اللَّهُ فِي مَوَاطِنَ كَثِيرَةٍ  
وَيَوْمَ حُنَيْنٍ إِذْ أَعْجَبَتْكُمْ كُنُوزُكُمْ فَلَمْ  
تُغْنِ عَنْكُمْ تَبَتُّيًّا وَضَاقَتْ عَلَيْكُمُ الْأَرْضُ  
بِمَا كَرِهْتُمْ ثُمَّ وَلَّيْتُمْ مُدْبِرِينَ ﴿٢٥﴾

26. Oluvannyuma Katonda n'assa obusiriikirivu bwe ku Mubaka We ne ku bakkiriza, era n'assa eggye (Iya bama-laika babadduukirire) Iye mutaalaba, n'abonyabonya abo abakaafuwala. Kale eyo y'empeera y'abakaafiiri.

ثُمَّ أَنْزَلَ اللَّهُ سَكِينَتَهُ عَلَى رَسُولِهِ  
وَعَلَى الْمُؤْمِنِينَ وَأَنْزَلَ جُودًا لَمْ تَرْوَاهَا  
وَعَذَابَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَأُولَئِكَ جَزَاءُ الْكَافِرِينَ  
ثُمَّ يَتُوبُ اللَّهُ مَنِ بَعْدَ ذَلِكَ عَلَى مَنْ  
يَشَاءُ وَاللَّهُ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٦﴾

27. Oluvannyuma lw'ekyo Katonda n'akkiriza okwencya kw'oyo gw'aba ayagadde; ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

28. Abange mmwe abakkiriza! Mazima abagatta Katonda n'ebintu ebirala kyeninyalwa. N'olw'ekyo tebasembereranga Omuzigiti Ogw'emizizo (Kaaba: ogw'e Makka) oluvannyuma lw'omwaka gwabwe guno. Bwe muba nga mutidde obwavu Katonda ajja kubagaggawaza mu birungi Bye bw'anaaba ng'ayagadde. Mazima Katonda Mumanyi, Omukakasa w'ebigambo.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّمَا الْمُشْرِكُونَ  
نَجَسٌ فَلَا يَقْرَبُوا الْمَسْجِدَ الْحَرَامَ بَعْدَ  
عَامِهِمْ هَذَا ۖ وَإِنْ خِفْتُمْ عَيْلَةً فَسَوْفَ  
يُعْفِيكُمْ اللَّهُ مِنْ قَضَائِهِ إِنْ شَاءَ اللَّهُ  
اللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٢٨﴾

25. Mmwe Abasiraamu Katonda yabataasanga mu ntalo nnyingi ne muwangula wadde nga mwalinga batono. Wabula ku lunaku lw'e Hunaini lwe mwali abangi ennyo, obungi bwammwe tebwabagasa. Kale ne mukuba enkyukira nga mudduka omulabe wammwe; ne wasigalawa abo bokka abakkiriza abavumu abaali awamu ne Nabbi.

Katonda yabadduukirira oluvannyuma, ku lw'abo abasigalawo wamu ne Nabbi; ne basobola okufuna obuvumu n'okukoowola kwa Nabbi — Awo nate ne bayiikirira omulabe gwe baali badduse ne bamutwala kirinnyamatikka. Abasiraamu ku lutalo olwo Nabbi be yatwala mu ddwaniro baali bawera omutwalo gumu n'okusobamu, ng'ate abakaafiiri baali enkumi nnya zokka.

27. Oluvannyuma Nabbi n'abo be yasigala nabo — Nabbi yakooowola abo abaali badduse, abamu ne bakomawo ne batandika okulwana n'obuvumu bwa nsusso ekyaavaako n'okudusa abakaafiiri nga bangi abattiddwamu era nga nfaafa abawambiddwa; n'emmaali yaabwe ng'enyagiddwa.

Olutalo bwe lwagga abamu mu bakafiiri ne bajja nga becenyeczza okuva mu bukafiiri. Katonda yakkiriza okwencya kwabwe n'abasonyiwa ebibi byabwe.

28. Oluvannyuma lw'okulangirira nga abakaafiiri bwe batakyakkirizibwa kwetoolola Kaaba. era n'endagaano ez'eddembe nga bwe zigiddwaawo, abakaafiiri tebddayo kusemberera Omuzigiti

29. Mulwanyise abo abatakkiriza Katonda wadde Olunaku Lw'enkomerero, era ne bataziza ebyo bye yaziza Katonda n'Omubaka We, ne batagoberera ddiini ey'amazima, mw'abo abaa weebwa Eki-tabo. (Mubalwanyise) okutuusa lwe banakkiriza okuwa omusolo nga beewaddeyo, era nabo nga banyoomwa.

قَاتِلُوا الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَلَا يَوْمِ  
الْآخِرِ وَلَا يُحَرِّمُونَ مَا حَرَّمَ اللَّهُ وَرَسُولُهُ  
وَلَا يَدِينُونَ دِينَ الْحَقِّ مِنَ الَّذِينَ  
أُوْتُوا الْكِتَابَ حَتَّى يُعْطُوا الْجِزْيَةَ عَنْ  
يَدَيْهِمْ وَأَهُمْ صَاغِرُونَ ﴿١٩﴾

30. Abayudaaya ne bagamba nti: Nabbi Uzairu mwana wa Katonda, n'Abakristaayo bagamba nti: Nabbi (Issa) Masiha mwana wa Katonda. Ekyo ky'ekigambo kyabwe ekiva mu mimwa gyabwe, nga beefaananyiriza ekigambo ky'abo abakafiiri ab'edda. Yabakolimira Katonda. Ngeri ki bwe bakyuka (okuva ku Mazima)!

وَقَالَتِ الْيَهُودُ عُزَيْرٌ ابْنُ اللَّهِ وَقَالَتِ  
النَّصَارَى الْمَسِيحُ ابْنُ اللَّهِ ذَلِكَ قَوْلُهُمْ  
بِأَفْوَاهِهِمْ يُضَاهُونَ قَوْلَ الَّذِينَ  
كَفَرُوا مِنْ قَبْلُ قَاتِلْهُمْ اللَّهُ هُوَ  
أَنْتَ يَوْمَ تَكُونُ ﴿٢٠﴾

31. Baafuula Bakabona baabwe n'Abasosodooti baabwe okuba bakatonda atali Katonda Oyo ali Omu Omutonzi, era ne Masiha mutabani wa Mariyamu (baamufuula Katonda) ng'ate tebaalagirwa wabula basinze Katonda Omu. Tewali Katonda mulala wabula Ye. Musukkirivu Ayawulwa kw'ebyo bye bamugattako!

لَتَأْخُذُوا أَجْبَارَهُمْ وَرَبَّهُمْ لَنْ تُبَدَّلُوا  
مِنْ دُونِ اللَّهِ وَالْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ  
وَمَا أَمْرُهُمْ إِلَّا لِعِبَادَةِ اللَّهِ وَآلِهَاتِهِمْ  
لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ يُسَبِّحُهُ عَمَّا شَرَكُوا ﴿٢١﴾

32. Baagala okuzikiza ekitangaala kya Katonda n'emimwa gyabwe, kyokka

يُرِيدُونَ أَنْ يُطْفِئُوا نُورَ اللَّهِ بِأَفْوَاهِهِمْ

#### Ogw'emizizo.

Mwwe bwe muba mutidde obwavu olw'okusubwa eby'obusuubuzi bye babadde balceta, Katonda ajja kubagaggawaza mu makubo amalala. Kale tekibeeralikiriza ekyo.

29. Etteeka lino liragira okulwanyisa abo abaa lemera ku mateeka ga musa. Abayudaaya, n'abo abaa lemera ku ga Issa Abakristaayo okutuusiza ddala lwe banafuyizibwa ne beetoolera omusolo ogwo (*Jiziyat*). Ekyo eky'okuwa omusolo nga bakikola bo bwe baba nga tebaagadde kukkiriza Busiraamu obwawula Katonda nga bw'ali Omu mu Bwakatonda Bwe era nga bw'atalina mwana era n'okukkiriza obwannabbi bwa Mutume Muhammadi (s.a.w.).

Omusolo gwo gwe gwali ogw'okukuumbwa kwabwe *Gavumenti* y'Obusiraamu.

32. Abo abatakkiriza baagala baggyewo ebyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) by'azze nabyo, amazima n'obulunngamu; ku lw'okuwalaza empaka ne bafaananako ng'oyo ayagala okuzikiza ekitangaala ky'enjuba oba omwezi nga akifuuwa n'omumwa gwe. Wabula Ye Katonda abakakasa nga bwe

Katonda n'agaana wabula ajja kuj-  
juza ekitangaala Kye. newankubadde  
nga beetamidwa abatakkiriza.

وَيَأْتِي اللَّهَ إِلَّا أَنْ يَتِمَّ تَوْرَهُ وَتُؤَكِّدَهُ  
الْكَافِرُونَ ﴿٣٣﴾

33. Y'oyo Katonda eyatuma Omubaka  
We (Muhammadi s.a.w.) n'obulun-  
ngamu n'eddiini ey'Amazima, alyoke  
agyolese (okusinga) ku ddiini endala  
zonna, newankubadde bakitamwa abata-  
kkiriza.

هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَى وَ  
دِينِ الْحَقِّ لِيُظْهِرَهُ عَلَى الدِّينِ كُلِّهِ  
وَتُؤَكِّدَهُ الْمُشْرِكُونَ ﴿٣٤﴾

34. Abange mmwe abakkiriza! Mazima  
bangi mu bakabona abayivu mu Bayu-  
daaya n'abasossodooti bannaddiini  
mu Bakristaayo balya emmaali y'aba-  
ntu mu bitali bituufu era ne baziyiza  
n'abantu ku kkubo lya Katonda.  
N'abo abatereka (emmaali eya) zzaabu  
ne ffeeza ne batamuwaayo mu kkubo  
lya Katonda, babuulire (Ggwe Muha-  
mmadi) nga obasanyusa amawulire  
g'ebibonyobonyo ebiruma,

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَنْ كَثِيرًا مِنَ الْجِبَارِ  
وَالرُّهْبَانِ لِيَآكُفُونَ أَمْوَالَ النَّاسِ  
بِالْبَاطِلِ وَيَصُدُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ  
وَالَّذِينَ يَكْنِزُونَ الذَّهَبَ وَالْفِضَّةَ وَلَا  
يُنْفِقُونَهَا فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَبَشِّرْهُم بِعَذَابٍ  
أَلِيمٍ ﴿٣٥﴾

35. Olunaku lw'eryengerezebwa mu muliro  
(Jahannama), ne bisiyiikwa nayo  
(emmaali) ebyenyi byabwe n'embi-  
riizi zaabwe n'emigongo gyabwe. Ne  
bagambibwa nti: Ebyo bye mwater-  
ekera emyoyo gyammwe. Kale mu-  
kombe kw'ebyo bye mwali mutereka.

يَوْمَ يَحْشَىٰ عِلْمُهَا فِي نَارِهِمْ فَتَكُونُ بِهِمَا  
جِبَاهُهُمْ وَجُنُوبُهُمْ وَظُهُورُهُمْ هَذَا  
مَا كُنْتُمْ لَكُمْ أَنْفُسِكُمْ قَدْ قُوْنَا مَا كُنْتُمْ  
تَكْتُمُونَ ﴿٣٦﴾

36. Mazima omuwendo gw'emyezi awali  
Katonda giri emyezi kkumi n'ebiri

إِنَّ عَذَابَ الشُّهُورِ عِنْدَ اللَّهِ إِنَّا نَعْتَصِمُ بِهِهَا

batajja kusobola n'akatono, era Ye ajja kujjuza ensi yonna ekitangaala ekisaaniramu okufaanana  
nga ekitangaala ky'omwezi n'enjuba bwe bibuna ensi.

33. Eddiini y'Obusiraamu Katonda yeeyimirira okugyoleasa ebeere nga esinga eddiini zonna.  
Kale yo ddiini ya lubeerera tekyusibwakyusibwa amazima gaayo: Nnecyolefu eri buli omu. Katonda  
yatuma Nabbi Muhammadi alyoke agibunyise amawanga gonna, eggewo okusinza ebyo ebitali  
Katonda wadde nga bo ababisinza tebakyagala.

34. Abo abatuuma entuumu y'emmaali nga ntereke ne batatoolamu kigero kye baalaalikibwa

35. Katonda agenda kukola mu mmaali yaabwe eyo gye baakodowalira embaatibaati zengere-  
okuwaayo mu kkubo lya Katonda buli mwaka, babuulire nga bwe balina ebibonyobonyo ebiruma.  
zebwe mu muliro balyoke basiyiikibwe nazo ku mubiri gwabwe gwonna, eyo nga y'empeera  
y'okukodowalira kwabwe ebyo Katonda bye yabawa.

egiri mu Kitabo kya Katonda okuva olunaku lwe yakola eggulu n'ensi. Mu gyo emyezi ena gya mizizo (tegirwanirwamu): eyo y'eddiini engolokofu. Kale temulyazaamaanyanga mu gyo emyoyo gyammwe. Fra mulwanyise abakaafiiri mwenna nga nabo bwe babalwanyisa bonna. Era mumanye nti mazima Katonda Ali wamu n'abamutya.

37. Mazima enkyusakyusa mu myezi Egy'emizizo kuba kweyongera mu bukafiiri era babuzibwa nakyo abo abakaafuwala. ne bakkiriza okulwaniramu omwaka ng'ate baziya okulwaniramu omwaka omulala, balyoke batuukirize omuwendo gw'emyezi egyo Katonda gye yaziza, batukuze ekyo Katonda kye yaziza. Ebikolwa byabwe ebibi byabalungiyizibwa. Ne Katonda talungngama kibiina ky'abakafiiri.
38. Abange mmwe abakkiriza: Mulina ki (okulaba nti) bwe muba nga mugambiddwa mugende mulwane mu kkubo lya Katonda. muzitoowerwa ne (musiimawo) okutuula ku nsi? Abaffe musiimye obulamu bw'ensi okusinga obw'oluvannyuma? Tekuli okwesiima kw'obulamu bw'ensi ku bw'oluvannyuma wabula kintu kitono nnyo.

فِي كِتَابِ اللَّهِ يَوْمَ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ مِنْهَا أَرْبَعَةٌ حُرْمٌ ذَلِكَ الدِّينُ الْقَيِّمُ فَلَا تَطْفِئُوا نَفْسَكُمْ وَفَاتُوا الْمُشْرِكِينَ كَافَّةً كَمَا يُفَاتُونَكُمْ كَافَّةً وَاعْمُوا أَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُتَّقِينَ ﴿٩٠﴾

إِنَّمَا التَّسْبِيحُ زِيَادَةٌ فِي الْكُفْرِ يُضَلُّ بِهِ الَّذِينَ كَفَرُوا وَإِذَا جَاءَهُمْ عَامٌ مَّا يَكْفُرُونَ فِيهَا إِذْ جَاءَهُمْ اللَّهُ بِفَتْحٍ غَلِيظٍ مَاتُوا وَكَانُوا كَالْحَمِيمِ ﴿٩١﴾ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿٩٢﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا مَا لَكُمْ إِذَا قِيلَ لَكُمْ تَفَسَّحُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ إِنَّا قَدْ أَنزَلْنَا إِلَيْكُمْ الْكِتَابَ مِنْ آيَاتِنَا وَمِنَ الْآخِرَةِ قَمَاتِ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا فِي الْآخِرَةِ إِلَّا قَلِيلٌ ﴿٩٣﴾

36. Emyezi ekkumi n'ebbiiri gye gino:

- |                   |                 |
|-------------------|-----------------|
| 1. Muharramu      | 7. Rajab        |
| 2. Swafuru        | 8. Shabban      |
| 3. Rabbil-Awal    | 9. Ramadhane    |
| 4. Rabbil Thaani  | 10. Shawwali    |
| 5. Jamadal Awali  | 11. Dhul Kaada  |
| 6. Jamadal Thaani | 12. Dhul Hijja. |

At Egy'emizizo mu gyo gye gino, Dhul Kaada, Dhul Hijja, Muharramu ne Rajab.

37. Abatakkiriza banyirizibwa ebikolwa byabwe ebibi n'okutuuka okubalwoozesa nti ebyo bye bakola birungi.

38. Temusaanye kutuula ne mutalwana olw'okutya okuleka eby'okweyagala by'ensi ne muleka

39. Bwe munaaba nga temugenze (kulwana) Katonda ajja kubabonyabonya n'ebibonyobonyo ebiruma, era awaanyiscewo mu kifo kyammwe ekibiina ekirala ekitali mmwe. Era temuyinza kumuleetera kabi mu kintu kyonna. Ne Katonda Muyinza ku buli kin:u.
40. Bwe munaaba nga temutaasizza (Nabbi Muhammadi), mazima Katonda yamutaasa mu kiseera bwe baamugoba (mu Makka) abo abatakkiriza, nga ye wokubiri ku babiri; mu kiseera bwe baali bombiriri mu mpuku, awo bwe yagamba munne (Abu Bakari): Tonakuwala. Mazima Katonda ali wamu naffe. Kale Katonda n'assa obutebenkevu Bwe ku ye (Nabbi) n'amuwagira n'eggye (Iya bamalaika) lye mutaalaba, n'afuula ekigambo ky'abakaafiiri nga ky'ekya wansi, nga n'ekigambo kya Katonda ky'ekya waggulu. Ne Katonda wa Kitiibwa, Mukakasa.
41. Mugende mu bwangu ne mu buzito, mulwane, era mulafuubane n'emmaa fi

إِلَّا تَتَضَرَّعُوا وَيَعِدُّ بَكُمْ عَدَايَا الْبِمَاءِ لَا  
وَيَسْتَبِدُّنَ تَوْمًا غَيْرَكُمْ وَلَا تَضُرُّوهُ  
شَيْئًا وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٣٩﴾

إِلَّا تَتَضَرَّعُوا فَفَقَدْ نَصَرَ اللَّهُ إِذْ أَخْرَجَهُ  
الَّذِينَ كَفَرُوا ثَانِيًا فِي اثْنَيْنِ إِذْ هُمَا  
فِي الْغَارِ إِذْ يَقُولُ لِصَاحِبِهِ لَا تَهْزَنْ  
إِنَّ اللَّهَ مَعَنَا فَأَنْزَلَ اللَّهُ سَكِينَتَهُ  
عَلَيْهِ وَأَيَّدَهُ بِجُنُودٍ لَمْ تَرَوْهَا وَجَعَلَ  
كَلِمَةَ الَّذِينَ كَفَرُوا السُّفْلَىٰ ۗ وَ  
كَلِمَةُ اللَّهِ هِيَ الْعُلْيَا ۗ وَاللَّهُ عَزِيزٌ  
حَكِيمٌ ﴿٤٠﴾

إِنْفِرُوا خِفَافًا وَثِقَالًا وَجَاهِدُوا بِأَمْوَالِكُمْ

okugenda okukolerera Obulamu Obw'oluvannyuma kubanga obulamu bw'ensi kitiono nnyo bw'obugeraageranya n'okwesiima kw'Obw'oluvannyuma, era bwa kiseera buseera — sso nga obw'enkomerero bwa lubeerera.

39. Bwe mugaana mmwe okulwanirira eddiini, Katonda ayinza okubazikiriza n'azzaawo mu kifo kyammwe abalala.

40. Katonda yataasa Nabbi Muhammadi lwe yeekweka mu mpuku mailo nga ssatu okuva e Makka, awo mu kiseera abakafiiri nfaafa nga bamunoonya okumalira ddala ennaku ssatu ne bamubulwa. Yali yeekwese ne Saidina Abu Bakari.

Awo Katonda yafebya ekigambo ky'obukafiiri eky'okumugattako ebintu ebirala mu Bwaka-tonda Bwe n'akifuula ekya wansi ekiwanguddwa; wabula n'asitulira waggulu ekigambo ky'okum-wawula mu Bwaka-tonda Bwe. Kale n'alemesa abalabe ba Nabbi.

Aya eno yakka awo abakafiiri b'omu Makka bwe baateesa batte, oba basibe oba bawannganguse Nabbi Muhammadi, n'oluvannyuma balyoke balondeko eky'okumutta. Katonda yamukkiriza oku-senguka ave mu Makka ng'ali wamu ne Abu Bakari, nga olwo Abu Bakari mweraliikirivu olw'oku-tya embeera y'ensi bw'enezikirira singa akabi k'okuttibwa katuuka ku Nabbi. Nabbi kwe kumuguy-mya nti: "Tonakuwala, Katonda Ali wamu naffe ajja kututaasa." Oluvannyuma lw'ennaku ssatu baifuluma ne bava mu mpuku, olwo ne bakwata ekkubo eryabatuusa e Madiina nga tebaguddeeko mutawaana gwonna.

yammwe n'emyooyo gyammwe mu kkubo lya Katonda! Ekyo kye kirungi ekisingayo gye muli bwe muba nga mumanyi.

42. Singa byali ebyokufuna eby'okumpi (eby'amangu) nga n'olugendo lumpimpi (bonna) bandikugoberedde, naye lwabawanvuyira (nga luzito). Bajja kulayira Katonda (nga bagamba nti): Singa twabadde tusobola twandigenze nammwe. Nga bazikiriza emyooyo gya-bwe, kuba ne Katonda amanyi nti mazima bo balimba.

43. Katonda yakusonyiwa (Ggwe Muhammadi)! Lwaki wabakkiriza n'otalinda okutuusa lwe bandikweyolekedde abo abakkiriza n'omanya n'abalimba?

44. Tebakusaba kutuula abo abakkiriza Katonda n'Olunaku Lw'enkomerero baleme okulwana n'emmaali yaabwe n'emyooyo gyabwe. Ne Katonda amanyi abamutya.

45. Mazima abakusaba okubakkiriza okutuula be bo abatakkiriza Katonda n'Olunaku Olw'enkomerero, gya-buusabuusa emitima gyabwe, nabo mu kutankana kwabwe mwe babulu-butira.

وَأَنْفُسِكُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٣١﴾

لَوْ كَانَ عَرَضًا قَرِيبًا وَسَفَرًا آقِصًا  
لَاتَّبَعُوكَ وَلَكِنْ بَعَدَتْ عَلَيْهِمُ  
السُّقُطَةُ وَسَيَحْلِفُونَ بِاللَّهِ لَوِ اسْتَطَعْنَا  
مُخْرَجِنَا مَعَكُمْ يَهْلِكُونَ أَنْفُسَهُمْ  
وَاللَّهُ يَعْلَمُ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٣٢﴾

عَفَا اللَّهُ عَنْكَ لِمَ أَذِنْتَ لَهُمْ حَتَّى  
يَتَّبِعِينَكَ الَّذِينَ صَدَقُوا وَتَعْلَمَ  
الْكَاذِبِينَ ﴿٣٣﴾

لَا يَسْتَأْذِنُكَ الَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَ  
الْيَوْمِ الْآخِرِ أَنْ يُجَاهِدُوا بِأَمْوَالِهِمْ  
وَأَنْفُسِهِمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالْمُتَّقِينَ ﴿٣٤﴾

إِنَّمَا يَسْتَأْذِنُكَ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ  
بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَارْتَابَتْ قُلُوبُهُمْ  
فَهُمْ فِي رَيْبٍ مِمَّا يَكْفُرُونَ ﴿٣٥﴾

41. Aya eno ekwata ku lutalo lw'e Tabuuki era eragira nga abakkiriza bwe bateekwa okulwana olw'okusitula eddiini ya Katonda; ekyo nga kye kirungi kyammwe kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Bonna okutwalira awamu — abeesobola n'abateesobola, abavubuka n'abakadde awatali n'omu kusigalira.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: Katonda yeeyimirira oyo alwana mu kkubo l.ye. Bw'aba nga amusse, amuwa Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe). Oba bw'atamutta n'amuzzaayo mu maka ge aba afunye empere y'Ejjana awamu n'eminyago.

43. Singa wabalese n'otobakkiriza mangu kutuula butalwana olyoke omany'e omukkiriza ow'amazima ku lw'okugoberera ekiragiro kyo, era omany'e n'omulimba mu kukkiriza kwe olw'okukwawukanako. Ekyo kuba ddala abannafuusi baali bamaliridde obutagenda ku lutalo.



46. Era singa baali baagadde okugenda (ku lutalo) bandikwetegekede olwetegeka, naye Katonda yatamwa okugenda kwabwe n'abagayaaaza, (ne bagambibwa nti): Mutuule awamu n'abatudde.

وَأَوَّازُوا أَنْفُسَهُمْ وَاللَّهُ يَعْلَمُ  
 وَأَلَيْسَ اللَّهُ بِكَافٍ عَبْدَهُ  
 وَاللَّهُ يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَاللَّهُ  
 عَلِيمٌ ذَكِيمٌ ﴿٣٦﴾

47. Singa baaganda nammwe tebalina kye bandibongeddeko wabula emitawaana era banditawuse wano na wali wakati wammwe nga babaagaliza akabi; nga ne mu mmwe wandibaddemu ababawuliriza. Ne Katonda Amanyi abalyazaamaanyi.

لَوْ خَرَجُوا فِيكُمْ مَا زَادُوا إِلَّا  
 خَبَالًا وَلَوْ هُمْ فِيكُمْ لَيُبَغُونَكُمْ  
 أَلْفِينَ وَلَئِيْنَ كَانُوا فِيكُمْ  
 يَخْسَرُونَ ﴿٣٧﴾

48. Mazima baayagala dda okukuletera akabi mu kusooka ne bakyusizakyusiza ku ggwe ebigambo okutuusa lwe gajja Amazima ne kyeyoleka ekigambo kya Katonda, wadde nga nabo tebaayagala.

لَقَدْ ابْتِغُوا الْفِتْنَةَ مِنْ قَبْلُ  
 وَكَلِمَاتُكَ الْأَمْوَالُ حَتَّى جَاءَ الْحَقُّ  
 وَظَهَرَ أَمْرُ اللَّهِ وَهُمْ كَرِهُونَ  
 ﴿٣٨﴾

49. Ne mu bo (abannanfuusi) mulimu agamba nti: Nzikiriza (okutuula) era tonteeke ku kikemo. Abange (abo) mu kikemo mwe baagwa. Mu mazima omuliro gwetoolodde ku bakafiiri.

وَمِنْهُمْ مَن يَقُولُ أَدْرَأْنِي  
 أَلْفِينَ أَلْفِينَ سَقَطُوا وَإِنَّ  
 جَهَنَّمَ لَمُحِيطَةٌ بِالْكَافِرِينَ ﴿٣٩﴾

45. Emitima gyabwe gibuusabuusa amazima g'ebyo Nabbi Muhammad bye yajja nabyo. Kale basamaaliridde tebamanya kya kukola. - si bakkiriza era si bakafiiri.

46. Ku lw'obubi bw'abo abasaba Nabbi basigale, abo abannanfuusi, ebyo ebibali mu mitima eby'okwagaliza Abasiraamu obubi. Katonda yabeetamwa era n'abagayaaaza n'atabatekamu kirowoozo kya kugenda kutabaala.

Kyebaava bagambibwa basigale n'abo abatasobola kulwana, abakazi abaana abakadde wamu ne bakateyamba nga abalema. "Ekyo kye kibasaanira olw'endowooza zammwe enfu n'emitema gammwe egibulubutira mu kubuusabuusa."

47. Abasiraamu bategezebwa nti singa abannanfuusi baaganda ne batabaala wamu nabo, tebandibarectedde kalungi konna wabula emitawaana gyokka; kubanga banditambuzizza enngambo mu Basiraamu ne basasoowaganya. Ekyo lwa kuba nti wandibaddewo mu Basiraamu abo abandiwuliriza kye bagamba olw'obutamanya kigendererwa kyabwe. Kale ekyo kye kyaviirako Katonda obutabasobozesa kugenda.

48. Mu Aya eno Katonda ategeeza Nabbi (s.a.w.) ng'abannanfuusi bwe baali baakolera dda Abasiraamu enkwe, ne babaabulira era ne baagala bazikize ckitangaala ky'Obusiraamu nga Nabbi kyajje atuuke mu Madiina. Nate Oluvannyuma Katonda n'amutaasa, Obusiraamu ne buwangula nga bo tebaagala.

49. Ekitundu kino kyakka omusajja omu ayitibwa Jadi mutabani wa Kayisi bwe yasaba Nabbi

50. Bwe kiba nga kikutuuseeko ekirungi (Ggwe Muhammadi) kibennyamiza naye bwe kaba akabi nga kakutuuseeko bagamba nti: Mazima twekwata ku kigambo kyaffe eky'obutagenda mu Kusooka, awo ne bakyuka nga nabo basanyufu
51. Gamba nti: Tewali kitutuukako wabula ekyo Katonda kye yatuwandikirira. Ye ye mukuumi waffe. N'eri Katonda bateekwa beesige abakiriza!
52. Bagambe nti: Abaffe, mulina kye mutulindiriza wabula ekirungi ekimu ku bibiri? Naffe tubalindiriza Katonda okubatuusaako ebibonyobonyo okuva gy'ali oba (abibatuuseeko) n'okubabonyabonya n'emikono gyaffe. Kale mulindirire! Mazima ffe tuli wamu nammwe tulindiridde.
53. Bagambe nti: Muweeyo (emmaali yammwe), mu kwagala oba mu kukakibwa, (naye) tekujja kukkirizibwa okuwaayo okuvudde gye muli. Mazima mmwe muli kibiina ky'aboonoonyi.
54. Tewali kyagaanyisa kukkirizibwa ebiveebwayo byabwe ebivudde gye bali wabula lwa kubanga mazima bo baa-wakanya Katonda n'Omubaka We era tebajja mu kusaala wabula (bajja) nga bagayaavu, era tebaawaayo (ebyo
- إِنْ تُصَبِّحَ حَسَنَةً سَمِعُوهُمْ وَإِنْ تُصَبِّحَ مُصِيبَةً يَفْقَهُوا قَدْ أَخَذْنَا أَمْرًا مِنْ قَبْلٍ وَيَوْمَآءِهِمْ فَرِحُونَ ﴿٥٠﴾
- قُلْ لَنْ يُصِيبَنَا إِلَّا مَا كَتَبَ اللَّهُ لَنَا هُوَ مَوْلَانَا وَعَلَى اللَّهِ قَلْبُ كُلِّ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٥١﴾
- قُلْ هَلْ تَرَبَّصُونَ بِنَا إِلَّا أَحَدِي الْحَسَنِيِّينَ وَخَلَّيْنَا بَعْضَ بَعْضٍ أَنْ يُصِيبَكُمْ اللَّهُ بَعْدَ إِبْرَاهِيمَ مِنْ عِنْدِي أَوْ بِأَيْدِي بَنِي إِسْرَائِيلَ قَرَّبُوا بِنَا مَعَكُمْ مُتَرَبِّصُونَ ﴿٥٢﴾
- قُلْ أَنْفَعُوا طَوْعًا أَوْ كَرْهًا لَنْ يُتَقَبَلَ مِنْكُمْ إِلَّا تَكْرَهُنَّ قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٥٣﴾
- وَمَا مَنَعَهُمْ أَنْ يَقْبَلُوا مِنْهُمْ نَفَقَاتِهِمْ إِلَّا أَنَّهُمْ كَفَرُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَلَا يَأْتُونَ الصَّلَاةَ إِلَّا وَهُمْ كَسَالَى وَلَا يَنْفِقُونَ

(s.a.w.) amukkirize atuule aleme kugenda ku lutalo mbu olw'okubanga yali atya okukembwa ku lw'obulungi bw'abakazi abaaali mu kitundu ekyo omwali olutalo (Abasiiri). Nabbi naye yamuleka. Katonda n'assa aya eno nga ategeeza nga omusajja oyo bw'agudde mu kikemo olw'ekigambo ekyo.

50. Bakyuka ne beesanyukira olw'akabi akaba kagudde ku Nabbi nga eno bwe bagamba nti bo baalabuka ne beekuuma obutamugoberera kuva luberyeberye.

52. Bo abakafiiri baalinga mu kwagaliza abakiriza bazikirire, wabula bo abakiriza baalindanga ekimu ku bibiri: Okufiiririra eddiini ya Katonda ng'abajulizi, olwo batwalibwe mu Jjana —Oba okuwangula abalabe baabwe, olwo bafune eminyago wamu n'okusanyuka kuno ku nsi, naye ate ku nkomerero basasulwe nate — bafune empeera esingako ey'Ejjana.

bye bawaayo) wabula nga bawalirizibwa buwalirizibwa.

إِلَّا وَهُمْ كَرِهُونَ ﴿٥٣﴾

55. Tekwewuunyisanga emmaali yaabwe wadde abaana baabwe (Gwe Muhammadi). Mazima Katonda ky'ayagala kwe kubabonyabonya nabyo mu bulamu bw'ensi era giveemu emyoyo gyabwe (bafe) nga nabo bakaafiiri.

فَلَا تَجْعَبْكَ أَمْوَالُهُمْ وَلَا بَدْوُهُمْ إِنَّمَا يُرِيدُ اللَّهُ لِيُعَذِّبَهُمْ بِهَا فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَتَرْهَقَ أَنْفُسُهُمْ وَهُمْ كَرِهُونَ ﴿٥٥﴾

56. Era balayira Katonda (nga bagamba) nti: Mazima bo ba mu mmwe, ng'ate tebali mu mmwe, naye mazima bo kibiina (ekitiitiizi) ekyawukana.

وَيَجْعَلُونَ بِاللَّهِ إِهْمًا لَكُمْ وَمَأْتَهُمْ صِنْتُكُمْ وَلَكِنَّهُمْ قَوْمٌ يَفْقَهُونَ ﴿٥٦﴾

57. Singa bafuna obubudamo, oba empuku, oba emiwulukwa (egyingirwa), mwe bayinza okwewogoma, bandikyuse okudda gye biri nga bapaala.

لَوْ يُجِذُّونَ مَجَاجًا أَوْ مَغْرِبًا أَوْ مَدَحَلًا لَوْ كَرِهَ إِلَهِهِمْ وَسَبَّحُوا ﴿٥٧﴾

58. Mu bannanfuusi mulimu oyo akuvumagana mu (kugaba) saddaaka. Bwe baba nga baweereddako basiima, bwe baba nga tebaweereddako, oge-nda okulaba nga bo basunguwala!

وَمِنْهُمْ مَنْ يَلْمِزُكَ فِي الصَّدَقَاتِ فَإِنْ أُعْطُوا مِنْهَا رَضُوا وَإِنْ لَمْ يُعْطَوْهَا إِذْ هُمْ يُسْتَعْتَبُونَ ﴿٥٨﴾

59. Singa mazima bo baasiima ekyo Katonda kye yabawa n'Omubaka We. ne bagamba nti: Katonda atumala. Katonda agenda kutuwa mu birungi Bye, n'Omubaka We. Mazima ffe eri Katonda gye twagala (okudda).

وَلَوْ أَنَّهُمْ رَضُوا مَا آتَاهُمُ اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَقَالُوا حَسْبُنَا اللَّهُ سَيُؤْتِينَا اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ وَرَسُولُهُ إِنَّا إِلَى اللَّهِ رَاغِبُونَ ﴿٥٩﴾

55. Emmaali erimu emirundi ebiri: Oluusi ebeera nga kyengera Katonda ky'agabidde omuntu bw'amulunganyama n'abeera nga yebaza Katonda era n'agikozesa mu makubo amatuufu, mu ngeri y'emu n'abaana balimu emigaso. Kale oyo nno aba agoberedde mu mmaali ye.

Ate olulala emmaali n'abaana biyinza okuba nga bya kabi eri nnanyinibyo mu bulamu obw'ensi n'obw'oluvannyuma; Nnyinibyo bw'abikozesa mu makubo amabi.

56. Abannanfuusi baalimbanga abakkiriza nga nabo bwe bali abakkiriza abatuufu baleme kubalwanyisa. Sso nga muli tebaali bakkiriza, wabula baatyanga kubalwanyisa.

57. Singa baafuna engeri yonna gye bayinza okubaawukanako, bandyanguye okukikola ne babaddukako. Ekyo lwa kubanga bawalirizibwa buwalirizibwa okubeera nammwe, sso nga muli tebakyagala mu mitima gyabwe.

59. Kale singa baakola ekyo ne batadda mu kugeyengula n'okwekokkola Nabbi olw'engaba ye eya saddaka. ekyo kye kyandisnze obuluingi ku bo. Kuba Omukkiriza yenna asiima Katonda ky'amuwadde n'Omubaka We. Ne bw'aba tafunye asigala nga yeesiga Katonda, era nga asuubira okufuna mu birungi Bye.

60. Mazima saddaaka za baavu na banaku, n'abazikolako n'abo emitima gyabwe egikyamanyiizibwa (Obusiraamu), n'abaddu abalina endagaano z'okwenunula mu buddu n'ab'amabanja, n'abalwana mu kkubo lya Katonda, n'abatambuze; (nga) kugera okwava eri Katonda. Ne Katonda Amani, Mukakasa.

لَا تَبَايَعُوا الصَّادِقَاتِ وَالْمُفْقَرَاتِ وَالْمَسْكِينِ وَالْعِيْلِينَ عَلَيْهِنَ الْمَوْفَقَةُ فَلَوْ لَمْ يَكُن فِي الرِّقَابِ وَالْغَارِيَيْنِ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَابْنِ السَّبِيلِ فَرِيضَةٌ مِّنَ اللَّهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٦٠﴾

61. Mulimu mu bo (abannanfuusi) abo abanakuwaza Nabbi ne bagamba nti: Ye awuliriza (buli kimugambibwa). Bagambe nti: (Ye) awulira ku lwa bulungi gye muli, akkiriza Katonda era ne yeesiga abakkiriza, era (Nabbi) kya kusaasira eri abo abakkiriza mu mmwe. N'abo abanakuwaza Omubaka wa Katonda, balina ebibonyobonyo ebiruma.

وَمِنَهُمُ الَّذِينَ يُؤْذُونَ النَّبِيَّ وَيَقُولُونَ هُوَ ذُنَّ قُلْ أَذُنٌ حَيْرٌ لَّكُمْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَيُؤْمِنُ بِالْمُؤْمِنِينَ وَرَحْمَةٌ لِّلَّذِينَ آمَنُوا مِنكُمْ وَالَّذِينَ يُؤْذُونَ رَسُولَ اللَّهِ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٦١﴾

62. Babalayirira Katonda mmwe (Abasiraamu) balyoke babasimise, sso nga Katonda n'Omubaka We y'akakatirwa mu butuufu gwe baba basimisa — bwe baba nga bakkiriza.

يَخْلِفُونَ بِاللَّهِ لَكُمْ لِيُرْضَوْكُمْ وَاللَّهُ وَرَسُولُهُ أَحَقُّ أَنْ يُرْضَوْا إِنْ كَانُوا مُؤْمِنِينَ ﴿٦٢﴾

60. Katonda teyalekera muntu yenna buyinza kugaba zakka, wabula Ye yennyini ye yagye-gabira nga agiwa abali mu mitindo gino omunaana.

- (1) Omwavu — y'oyo atafuna kimumala, oba oluusi n'atafunira ddala.
- (2) Omunaku — y'oyo atafuna kimumala naye nga afunyeoyo akatono. Omwavu y'asinga omunaku okuba obubi.
- (3) Abagikolako Saddaaka — be bo abakola ku kugikunngaanya n'okugigaba.
- (4) Abaamanyisibwa emitima gyabwe — be bo Abasiraamu abaggya: baweebwa balyoke banywere mu Busiraamu.
- (5) Abaddu abalina endagaano ez'okwenunula — be bo abaalagaananga ne bakama baabwe okukola nga basasula ensimbi okutuusa lwe zagwangayo ne beenunula okuva mu buddu. Kati ebiri bino abo tebakyalivo.
- (6) Ab'amabanja — be bo abaalaya amabanja okutuusa lwe gaabalema okusasula. Baweebwa ku zzakaati basobole okusasula amabanja ago.
- (7) Abali mu kkubo lya Katonda — kino kitwaliramu buli yenna oyo ategana ku lw'okusitula eddiini ya Katonda.
- (8) Omutambuze — y'oyo akutuse n'emmaali ye newankubadde nga mu nsi ye mugagga.

61. Nabbi awulira lwa bulungi bwa bantu bonna: — awulira obubaka obuva eri Katonda n'abutuusa gye bali n'abawuliriza mmwe mu ngeri y'obuntubulamu, awemuukiriza obunnanfuusi bwammwe; bw'aba ategedde oyo ayogera amazima n'oyo alimba. Era akkiriza n'obwesigwa ebigambo byammwe abakkiriza nga bwe biri eby'amazima.

62. Balayirira mu linnya lya Katonda nga bagenderera kusanyusa Basiraamu olw'okubatya. sso

63. Tebamanyi nti mazima oyo alumbagana Katonda n'Omubaka We, ddala alina okuyingira omuliro (Jahannama), nga wa kutuula mu gwo lubeerera? Obwo bwe buswavu obunene.

أَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّهُ مَن يُجَادِدُ اللَّهَ وَ  
رَسُولَهُ فَإِنَّ لَهُ نَارَ سَمِّ خَالِدٍ فِيهَا  
ذَلِكَ الْخِزْيُ الْعَظِيمُ ﴿٣٦﴾

64. Abannanfuusi batya okussibwa ku bo essuula (gye muli mmwe Abasiraamu), nga ebategeeza ebyo ebiri mu mitima gyabwe. Bagambe nti: Kale mujeeje! Mazima Katonda wa kwolesa ebyo bye mutya (okutegee-rekeka?)

يَحْذَرُ الْمُنْفِقُونَ أَنْ تُنَزَّلَ عَلَيْهِمْ  
سُورَةٌ تَنْبِئُهُمْ بِمَا فِي قُلُوبِهِمْ قُلْ  
اسْتَهْزِءُوا بِإِنَّ اللَّهَ يُخْرِجُ مَا تَحْذَرُونَ ﴿٣٧﴾

65. Singa obabuuzizza (Ggwe Muhamma-di lwaki bajeje abakkiriza?) bajja kugambira ddala nti: Mazima tubadde tunyumya bunyumya era nga tuzannya. Bagambe nti: Katonda n'ebigambo Bye n'Omubaka We bye mubadde mujeeja?

وَلَيْن سَأَلْتَهُمْ لَيَقُولُنَّ إِنَّمَا كُنَّا نَخُوضُ  
وَنَلْعَبُ قُلْ أَبِاللَّهِ وَآيَاتِهِ وَرَسُولِهِ  
كُنْتُمْ تَسْتَهْزِءُونَ ﴿٣٨﴾

66. Temwetonda. Mu mazima mukaa-fuwadde oluvannyuma lw'obuk kiriza bwammwe. Bwe tunaaba nga tusonyiye ekibiina mu mmwe, tujja kubonyabonya ekibiina (ekirala) olw'okubanga mazima bo boonoonyi.

لَا تَعْتَدُوا وَأَقْدَلْ كَفَرْتُمْ بَعْدَ إِيمَانِكُمْ  
إِنْ نَعَفَ عَنْ طَائِفَةٍ مِّنْكُمْ فَاعْتَدِبْ  
طَائِفَةٌ بَأْسَهُمْ كَأُولِ الْفِتْيَانِ ﴿٣٩﴾

67. Abannanfuusi abasajja n'abannanfuusi abakazi abamu ba mu bannaabwe (bonna be bamu). Balagira (okukola) ebibi, ne bagaana ebirungi era ne bafunya emikono gyabwe (ne batagaba). Beerabira Katonda naye n'abeerabira. Mazima abannanfuusi bo be boonoonyi.

الْمُنْفِقُونَ وَالْمُنْفِقَاتُ بَعْضُهُمْ مِنْ بَعْضٍ  
يَأْمُرُونَ بِالْمُنْكَرِ وَيَنْهَوْنَ عَنِ الْمَعْرُوفِ  
وَيَقْبِضُونَ أَيْدِيَهُمْ نَسُوا اللَّهَ فَنَسِيَهُمْ  
إِنَّ الْمُنْفِقِينَ هُمُ الْفَاسِقُونَ ﴿٤٠﴾

singa beesimbu mu bukkiriza bwabwe bandibadde banoonya kusiima na kusanyusa Katonda ne Nabbi.

64. Katonda ajja kussa ku Nabbi obubaka abawemuukirize olw'ebikolwa byabwe ebibi.

65. Aya eno yakka oluvannyuma lw'omu mu bannanfuusi bwe yagamba nti: "Siraba nze (kalungi konna ku) bano abasomi baffe, wabula be basinga okwagala okujjuza embuto zaabwera era be basinga n'obulimba." Ebigambo ebyo bwe bigwa Nabbi mu kutu n'abibabuza, baamuddamu nga bwe baali banyumya obunyumya era nga bazannya balyoke banguyirwe olugendo.

66. Bwe tunaaba ba kusonyiwa, tujja kusonyiwa bamu, ate tubonereze abalala.

68. Katonda yalagaanyisa abanna-nfuusi abasajja n'abannanfuusi abakazi, n'abatakkiriza omuliro (Jahannama). Ba kutuula lubeerera mu gwo. Ogwo gwe gw'okubamala. Era Katonda yabakolimira, era balina ebibonyobonyo eby'olubeerera,

وَعَدَ اللَّهُ الْمُنَافِقِينَ وَالْمُنَافِقَاتِ وَالْكُفَّارَ نَارَ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا هِيَ حَسْبُهُمْ وَعَنْهُمْ اللَّهُ وَلَهُمْ عَذَابٌ مُّهِيمٌ ٦٨

69. Bafaananako nga abo abaabakulembera mmwe: baali nga be bayitirivu b'amaanyi okusinga mmwe, era nga be babasinja n'ebiyobugagga n'abaana. Era beeyagala n'omugabo gwabwe okumala akaseera nammwe bwe mutyo ne mweyagala n'omugabo gwammwe nga bwe beeyagala abo abaabakulembera n'omugabo gwabwe. Era ne muyingira (mu bwonoonefu) nga abo bwe baayingira. Abo gayayononeka emirimu gyabwe ku nsi ne mu Bulamu Obw'enkomerero era abo bo be bafaafaaganiddwa.

كَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ كَانُوا أَشَدَّ مِنْكُمْ فُؤُورًا وَآكَرًا مَوَالٍ وَأَوْلَادًا فَاسْتَمْتَعُوا بِخَلَائِقِهِمْ فَأَسْتَمْتَعْتُمُ بِخَلَائِقِكُمْ كَمَا اسْتَمْتَعْتُمُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ بِخَلَائِقِهِمْ وَخَضْتُمْ كَالَّذِينَ خَافُوا أَوْلِيَاءَكُمُ حَيْثُ أَتَيْتُمُ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَأَوْلِيَاءُكُمْ لِيُخْرِجُوا

70. Abaffe tekwabajjira okunyumya ebyafaayo by'abo abaabakulembera — (ebyafaayo) by'ekibiina kya Nuuhu, ne Aadi, ne Thamuudu; n'ekibiina kya Ibrahiimu, ne bannanyini Kibuga Madiyana (ekibiina kya Nabbi Swaibu) n'ebyo ebyalo ebyavuunikibwa (Sodoma ne Gomorra)? Baabajjira ababaka baabwe n'obujulizi obweyolefu. Kale Katonda teyabalyazaamaanya, naye baali abeeryazaamaanyanga bokka emyoyo gyabwe.

الْحَيَاتِيمَ نَبَا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ قَوْمَ نُوحٍ وَعَادٍ وَثَمُودَ وَقَوْمَ إِبْرَاهِيمَ وَأَصْحَابَ مَدْيَنَ وَالْمُؤْتَفِكَاتِ أَتَتْهُمْ رُسُلُهُم بِالْبَيِّنَاتِ فَمَا كَانَ اللَّهُ لِيَظْلِمَهُمْ وَلَكِنْ كَانُوا أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ٧٠

69. Nammwe muyingidde ne mubbira mu bwonoonefu ne mulimbisa Katonda ne Nabbi nga abo abaabasooka bwe baakola.

70. Abo abasanyuka n'ebyo Katonda bye yabawa mu bulamu buno obw'ensi, ne bakola ebitali bituufu, ne bak wata amakubo g'abo abaazikirira; tebaategeezebwa ebyo ebyakka ku bibiina ebyabasookawo? Abantu ba Nabbi Nuuhu baagaana okumukkiriza, Katonda n'abazikiriza n'amataba. N'ekika kya Aadi baalimbisa Nabbi Huudu, ne bazikirizibwa ekibwaturira ne musisi. Abantu b'ekibiina kya Ibrahiimu baamusuula mu muliro wabula Katonda n'amutaasa, n'azikiriza Kabaka waabwe Namurudhi. Bo abantu b'omu Madiyana baalimbisa Nabbi Swaibu, Katonda n'abazikiriza ne musisi. Ate bo aba Nabbi Luutu bwe baumulimbisa, Katonda yavuunikira ebyalo byabwe

71. N'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi, abamu mu bo mikwano gya bannaabwwe; balagira empisa ennungi ne bagaana empisa embi, ne bayimirizaawo esswala ne bawaayo zzaakati, ne bagondera Katonda n'Omubaka We. Abo Katonda agenda kubasasira. Mazima Katonda wa Kitiibwa, Mukakasa.

وَالْمُؤْمِنُونَ وَالْمُؤْمِنَاتُ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ يَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَيَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَيُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَيُطِيعُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ أُولَئِكَ سَيَرْحَمُهُمُ اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٤١﴾

72. Katonda yalagaanyisa abakkiriza, abasajja n'abakazi, Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) gikulukutira wansi waayo emigga, ba kutuula mu yo olubeerera — n'amayumba amalungi agali (mu Jjana) ey'obutebenkevu. N'okusiima okuva eri Katonda kwe kusinga obukulu. Okwo kwe kwe-siima okusukkirivu.

وَعَدَّ اللَّهُ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا وَمَسْكِنٍ طَيِّبَةٍ فِي جَنَّاتٍ عَدْنٍ وَرِضْوَانٍ مِّنَ اللَّهِ أَكْبَرُ ذَلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٤٢﴾

73. Owange Ggwe Nabbi! Lwanyisa nnyo abakaafiiri n'abannanfuusi! Obazitoo-wereze. N'obuddo bwabwe muliro (Jahannama), nagwo bwe buddo obusi-ngayo obubi.

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ جَاهِدِ الْكُفَّارَ وَالْمُنَافِقِينَ وَاغْلُظْ عَلَيْهِمْ وَمَأْوَاهُمْ جَهَنَّمُ ط وَبِئْسَ الْمَصِيرُ ﴿٤٣﴾

74. Balayira Katonda nga beegaana nti tebayogeranga (kibi kyonna), nga ate baayogera ekigambo ky'obukaafiiri, era ne bakaafuwala oluvannyuma lw'okusiramuka kwabwe. Era ne balulunkanira ekyo kye bataafuna, era tebaasunguwala, wabula lwa kubanga Katonda yabagaggawazza (mmwe abakkiriza), n'omubaka We mu bigabwa Bye. Bwe baba nga beenenyezza

يَحْلِفُونَ بِاللَّهِ مَا قَالُوا وَلَقَدْ قَالُوا كَلِمَةَ الْكُفْرِ وَكَفَرُوا بَعْدَ إِسْلَامِهِمْ وَهُمْ شُرَكَاءُ بِالْكَافِرِينَ أُولَئِكَ مَنَاقِبُ الَّذِينَ نَبَاؤُهُمُ اللَّهُ وَرَسُولُهُ مِنْ فَضْلِهِ فَإِنْ يَتُوبُوا يَكْ خَيْرٌ لَهُمْ وَإِنْ يَتُوبُوا لَعْنَةُ اللَّهِ عَلَيْهِمْ

(Sodoma ne Gomorrah), bonna ne bazikirira.

Kale abo bonna tebaalangwanga bwemage, wabula bo be beeryazaamaanyanga bokka ku lw'oku-limbisa Bannabbi ba Katonda n'okwawukana ku mazima.

72. Okusiima kwa Katonda kwe kusinga obukulu eri abakkiriza cra kwe kusinga byonna by'alibawa mu Jjana.

74. Aya eno etutegeeza nga abannanfuusi bwe baayagalanga okukola Nabbi akabi, era n'okumusalira amagezi ag'okwagala okumutta. Naye tebaasobola kufuna ekyo kye baayagala. Awamu



kibeera kirungi gye bali; naye bwe banaaba nga bakyuse okuva (ku kwenenya), Katonda ajja kubabonyabonyanya ebibonyobonyo ebiruma kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma, era tebalina mu nsi mukuumi wadde omutaasa.

75. Ne mu bo, mulimu oyo eyalagaanyisa Katonda, nti: Bw'anaaba nga atuwadde mu bigabwa Bye tujja kusaaddaakira ddala era tujja kubeerera ddala mu balongoofu.
76. Wabula bwe yamala okubawa mu bigabwa Bye, ne babikodowalira ne bakyuka, nga nabo bawakanya (kye baalagaanyisa);
77. N'olw'ekyo n'abagoberezaako obunnafuusi mu mitima gyabwe okutuusa ku lunaku lwe balimusinkana, ku lw'okwawukana ku Katonda mw'ekyo kye baamulagaanyisa, ne kulw'ebyo bye baali balimba.
78. Abaffe tebamanyi nti mazima Katonda amanyiebyama byabwe ne bye boogeranya mu kyama, era nti mazima Katonda amanyi Eby'ewala (ebitalabikako)!

اللَّهُ عَدَابًا لِّأَيُّهَا فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَمَا لَهُمْ فِي الْأَرْضِ مِنْ دَرَجَةٍ وَلَا نَصِيبٍ ۝٤٣

وَمِنْهُمْ مَنْ عٰهَدَ اللّٰهَ لَئِن اُنْتَابُواْ فَضَلِّهٖ لَنَصَّدَّقَنَّ وَلَنَكُوْنَنَّ مِنَ الصّٰلِحِيْنَ ۝٤٤

فَلَمَّا اٰتٰهُم مِّنْ فَضْلِهٖ بَخِلُوْا بِهٖ وَتَوَلَّوْا وَهُمْ مُّعْرِضُوْنَ ۝٤٥

فَاَعْقَبَهُمْ نِفَاقًا فِيْ قُلُوْبِهِمْ اِلٰى يَوْمٍ يَلْقَوْنَہٗ بِمَا اَخْلَقُوْا اللّٰهَ مَا وَعَدُوْهُ وَمِمَّا كَانُوْا يَكْذِبُوْنَ ۝٤٦

اَلَمْ يَعْلَمُوْا اَنَّ اللّٰهَ يَعْلَمُ سِرَّهُمْ وَنَجْوَاهُمْ وَاَنَّ اللّٰهَ عَلٰمُ الْغُیُوْبِ ۝٤٧

n'ekyo, singa bejjusa ne balekayo ebikolwa byabwe ebyo ebibi, Katonda akkiriza okwenenya kwabwe.

75. Ensonga y'okukka kwa aya eno yali nti omusajja omu ayitibwa Thalabat, yagenda eri Nabbi (s.a.w.) n'amusaba amusabire eri Katonda amuggawaze. Nabbi yamuwa amagezi okuba n'akatonon k'asobola okwebaza: nti kye kirungi okusinga lw'oba n'ekingi ky'otasobola kwebaza. Nabbi era n'amugamba nti: "Tosiima bw'oba ng'ofaananye nga Nabbi wa Katonda (olw'okuba nti ye talulankana)? Ndayidde Oyo alina omwoyo gwange mu mikono Gye, singa njagadde ensozi okukulukuta zaabu ne feeza mbikulukusa"

Awo Thalabati n'agamba nti: "Ndayidde oyo eyakutuma n'amazima, singa onsabidde Katonda n'ampa emmaali nja kuwa buli yenna akakatirwa okuweebwa". Nabbi (s.a.w.) n'agamba nti: "Ai Katonda! Gabira Thalabati emmaali."

Thalabati n'asiba embuzi n'embuzi, ne zaala ng'ebiwuka. N'asenguka okugenda mu kifo ekigazi, okutuusa lwe yabeera nga takyagenda na kusaala, wabula esswala bbiri zokka — cy'omu ttuntu (Zuhuri), n'ey'olw'eggulo (Al-Aswiri). Era yali takyasobola na kusaalira mu muzigiti okuggyako esswala y'ejjuma.

Embuzi zeezyongerera ddala okwala okutuusa lwe yalinga takyasobola na kusaala Jjuma, era olwo nga abuuza bubuuza ebifudde mu muzigiti, ne Nabbi by'agambye. Nabbi (s.a.w.) yatuma

79. Abo abavvoola abakozi b'obulungi mu bakkiriza abawaayo saddaaka mu kweyagalira n'abo abatafuna kye bagaba wabula okwewaayo kwabwe (n'obunyikiivu), ne babajeeja – Katonda naye yabajeeja. Era balina ebibonyobonyo ebiruma.

الَّذِينَ يَلْمُزُونَ الْمُطَّوِّعِينَ مِنْ  
الْمُؤْمِنِينَ فِي الصَّدَقَاتِ وَالَّذِينَ لَا  
يَجِدُونَ إِلَّا جُهْدَهُمْ فَيَسْخَرُونَ مِنْهُمْ  
سَخِرَ اللَّهُ مِنْهُمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٩٠﴾

80. K'obeegayiririre okusonyiyibwa (Gwe Muhammad) oba tobeegayiridde kusonyiyibwa (tewali njawulo); ne bw'obeegayiririra okusonyiyibwa emirundi ensanvu Katonda tajja kubasonyiwa. Ekyo lwa kubanga mazima bo baa-wakanya Katonda n'Omubaka We, ne Katonda talungamya kibiina ky'aboonoonyi.

اسْتَغْفِرُ لَهُمْ أَوْ لَا تَسْتَغْفِرُ لَهُمْ إِنْ  
تَسْتَغْفِرُ لَهُمْ سَبْعِينَ مَرَّةً فَلَنْ يَغْفِرَ  
اللَّهُ لَهُمْ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَفَرُوا بِاللَّهِ  
عَنْ رَسُولِهِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٩١﴾

81. Abannanfuusi abaaya wukana ne basigula abaasigala emabega basanyuka

فَرَحَ الْمُخَلَّفُونَ بِمَقْعَدِهَا خَلَفَتْ

ababaka bakunngaanye zakka, n'awandiikira Thalabat abawe zakka. Thalabat bwe yamala okusoma ebbaluwa n'atandika okugamba nti: "Guno musolo oba muganda wa musolo? Simanyi kiki kino? Kale mugende munadda."

Bwe baakomawo n'abasaba ebbaluwa, n'addamu okugisoma nga bw'ayogera nga bwe yayogera okusooka. N'agamba nti: "Mugende okutuusa lwe naamala okwetegerera."

Ne baddayo ababaka eri Nabbi (s.a.w.). N'agamba nti: "Bambi Thalabati." Awo Katonda n'assa aya eno.

Thalabat bwe yawulira bw'atyo olwo n'aleeta zakka ye. Nabbi n'agigaana. Nabbi bwe yafa olwo n'agireeta ewa Saidina Abu Bakari, era naye n'agigaana. Abu Bakari bwe yafa n'agireeta ewa Umaru naye n'agigaana okutuusiza ddala lwe yafa nga zakka ye egaaniddwa.

Wabula wadde ekitundu kino kyakka kw'oyo, kibuna ku buli muntu alagaanyisa Katonda n'atatuukiriza.

"Ai Katonda tuteeke mw'abo abatuukiriza ebyo bye balagaanyisizza:"

79. Abannanfuusi bavvoola abakkiriza abeesimbu abawaayo saddaaka ennene, era ne bavvoola n'abo abawaayo ekyo kye baba basobodde ka kibe kitono kitya. Bagezaako okubajeeja n'okubageya nga bwe bagamba nti: "Katonda mugagga nnyo obuteetaaga ako akatono ke bamuwadde. Ate bo abawaayo ekinene babagamba nti bawaayo lwa kweraira ku bantu."

Katonda yabasasola okujeeja kwabwe kwe bajeeja abaddu Be, era n'abatekeratekera ebibonerezo ebiruma mu bulamu obw'oluvannyuma.

Ensonga y'okukka kw'ekitundu kino yali nti, Nabbi (s.a.w.) bwe yalagira abantu okuwa obuyambi ku lutalo lwe Tabuuki, abamu mu bagagga baawaayo emmaali nnyingi. Kale olwo abannanfuusi ne batandika okubavumagana nga bagamba nti: "Oyo awaddeyo lwa kumuwaana." Ate abamu bwe baawaayo ekyo ekitono kye baasobola, abannanfuusi kwe kugamba nti: "Katonda mugagga obuteetaaga kuwaayo kw'oyo."

81. Abo be bannanfuusi abaasigalira emabega ne batalwana nga Nabbi agenze ku lutalo lwe Tabuuki. N'ekyabagambisa bannaabwe obutatabaala mu bbugumu lwa kuba olutalo olwo lwalwanibwa mu kyeya.

ku lw'okutuula kwabwe emabega w'O-mubaka wa Katonda, ne batamwa okulwana n'emmaali yaabwe n'emyoyo gyabwe mu kkubo lya Katonda. Era ne bagamba (abamu eri bannaabwe), nti: Temugenda mu bbugumu! Bagambe nti: Omuliro (Jahannama) gwe muyitirivu mu kwokya (okusinga omusana), singa baali nga bategeera.

82. (Kale) baseke katono: balikaaba nnyo, nga y'empeera y'ebyo bye baalinga bakola.

83. Bw'abanga akuzzizzaayo Katonda (okuva ku lutalo) eri ekibiina mu bo ne bakusaba okugenda (mulwane), ogambanga nti: Temuligenda (ku lutalo) nange mirembe na mirembe era temulirwanyisa mulabe nga muli nange. Mazima mmwe mwasiimawo okutuula ku mulundi ogwasooka. Kale mutuule awamu n'abasigadde.

84. Tosaaliranga ddala n'omu mu bo abafudde, era toyimiranga ku kabbuli ye (n'omusabira edduwa ng'aziikibwa), mazima bo bawakanya Katonda n'omubaka We, ne bafa nga nabo boononyi.

85. Tekwewuunyisa emmaali yaabwe wadde abaana baabwe! Mazima Katonda ayagala ababonyebonye nayomuno mu nsi, era giweemu emyoyo

رَسُولِ اللَّهِ وَكَرَهُوا أَنْ يُجَاهِدُوا  
بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ  
وَقَالُوا لَا تَنْفِرُوا فِي الْحَرِّ قُلْ نَارُ  
جَهَنَّمَ أَشَدُّ حَرًّا لَوْ كَانُوا يَفْقَهُونَ ﴿٨٢﴾

فَلْيَضْحَكُوا قَلِيلًا وَلْيَبْكُوا كَثِيرًا  
جَزَاءً بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٨٣﴾

وَإِنْ رَجَعَكَ اللَّهُ إِلَى طَائِفَةٍ مِنْهُمْ  
فَأَسْتَأْذِنُوا لَكَ لِيُحْرَزَ فِيهِ الْقُلُوبُ  
الَّتِي تَخْرُجُ مِنْكُمْ أَمْ يَأْمُرُكُمْ  
بِالْقَعُودِ أَوَّلَ مَرَّةٍ فَانْعَدُوا  
مَعَ الْحَالِقِينَ ﴿٨٤﴾

وَلَا تُصَلِّ عَلَى أَحَدٍ مِنْهُمْ مَاتَ أَبَدًا  
وَلَا تَقُمْ عَلَى قَبْرِهِ إِنَّهُمْ كَفَرُوا  
بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَمَاتُوا وَهُمْ فَسِقُونَ ﴿٨٥﴾

وَلَا تُحِبِّكَ أَمْوَالُهُمْ وَأَوْلَادُهُمْ  
إِنَّمَا يُرِيدُ اللَّهُ أَنْ يُعَذِّبَ بِهِمُ  
بِهَافِي

"Kale obanga batya kwokebwa musana basaana batye okwokya kw'omuliro (Jahannama); kuba gusingira ddala wala nnyo kinene okwokya kw'omusana ogwo gwe batidde."

Singa babadde bategeera bandikoze ebyo ebibawonya omuliro ogw'olubeerera okusinga lwe batya omusana ogw'ekiseera obuseera.

82. Ka baseke kuno ku nsi akaseera k'obulamu bwabwe; bajja kukaaba nnyo mu Bulamu Obw'oluvannyuma emirembe n'emirembe, nga eyo y'eriba empeera y'ebyo bye baakolanga.

84. Abannanfuusi tebasana kusaasirwa wadde kuweebwa kitiibwa, kubanga baayabulira Nabbi (s.a.w.) n'abakkiriza mu kiseera ekizito — eky'olutalo lw'e Tabuuki. Era baawakanya Katonda n'Omubaka We n'olw'ekyo basaandide kusuulwa busuulwa awatali kusaalirwa.

gyabwe (bafe) nga nabo bakaafiiri.

86. Bw'eba essibwa essuula (ebalagira) nti: Mukkirize Katonda era mulwane nga muli wamu n'Omubaka We, bakusaba okubakkiriza (basigale emabega) bannaggagga mu bo, ne bagamba nti: Tuleke tubeere awamu n'abatudde (ewaka).

الدُّنْيَا وَتَرْهَقَ أَنْفُسُهُمْ وَهُمْ كَافِرُونَ ﴿٥٧﴾  
وَأَذَانُكَ سُورَةٌ أَنْ أَمْنُوا بِاللهِ وَ  
جَاهِدُوا مَعَ رَسُولِهِ اسْتَأْذَانَكَ أَوْ لَوْ  
الطُّولِ مِنْهُمْ وَقَالُوا ذَرْنَا نَكُنْ مَعَ الْقَاعِدِينَ ﴿٥٨﴾

87. Baasiima okubeera wamu n'abaasigala ne gizibikirwa emitima gyabwe, (n'olw'ekyo) nabo tebategeera.

رَضُوا بِأَنْ يَكُونُوا مَعَ الْخَوَالِفِ وَطُبِعَ  
عَلَى قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٥٩﴾

88. Naye mazima Omubaka n'abo abakiriza (abaali) wamu naye baalwana n'emmaali yaabwe n'emoyo gyabwe. Abo balina obulungi era abo bo be b'okulokoka.

لَكِنَّ الرُّسُولَ وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ  
جَاهِدُوا بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ وَأُولَئِكَ  
لَهُمْ الْخَيْرَاتُ وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٦٠﴾

89. Katonda yabateekerateekera Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe), gikulukuta wansi waayo emigga, ba kutuula mu yo lubeerera. Okwo kwe kwesiima okusuffu.

أَعَدَّ اللهُ لَهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا  
الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا ذَلِكَ الْفَوْزُ  
الْعَظِيمُ ﴿٦١﴾

90. Ne bajja abaasaba okukkirizibwa obutalwana mu Bawarabu bannamalungu balyoke bakkirizibwe (obutagenda ku lutalo) — Ne batuula eka abo abaalimba Katonda n'Omubaka We. Bigenda kukwata abo abakaafuwala mu bo ebibonyobonyo ebiruma.

وَجَاءَ الْمُعَذِّبُونَ مِنَ الْأَعْرَابِ لِيُؤْذَنَ  
لَهُمْ وَقَعَدَ الَّذِينَ كَذَبُوا اللهَ وَرَسُولَهُ  
سَيُصِيبُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ  
عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٦٢﴾

91. Tewali kibi kyonna ku banafu (abateesobola) wadde ku balwadde ne

لَيْسَ عَلَى الضُّعَفَاءِ وَلَا عَلَى الْمَرْضَى

87. Baasiima okusigala n'abakazi abaalekebwa okukuuma amaka wamu n'abaana baabwe; ne batategeera ekyo ekirimu omugaso gye bali ne bakikola; n'ekyo ekiyinda okubaviiramu akabi bakireke.

90. Abo abannafuusi mu Bawarabu bannamalungu, abo abaalimba Katonda ne Nabbi nga beeyita abakkiriza baasigala mu maka gaabwe, bo tebaagenda wa Nabbi kwetonda.

kw'abo abatafuna ekyo kye bawayo bwe babeera nga baabuliridde ku lwa Katonda n'omubaka We. Tewali kubalongoosa (ng'abo) kkubo muyiti-bwa kubassako musango Ne Katonda Musonyiyi, Musasizi.

وَلَا عَلَى الَّذِينَ لَا يَجِدُونَ مَا يَمُنُّونَ حَرَجًا إِذْ أَنْصَحُوا لِلَّهِ وَرَسُولِهِ مَا عَلَى الْمُحْسِنِينَ مِنْ سَبِيلٍ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٩١﴾

92. Era tewali musango kw'abo abaakujjira (nga bakusaba) obafunire aby'okwebagala (bagende ku lutalo), n'ogamba (nti): Sirina kye mbatwalirako. Baddayo nga n'amaaso gaabwe gakulukuta amaziga, ku lw'okunakuwala alw'obutafuna kye bawayo.

وَلَا عَلَى الَّذِينَ إِذَا مَا اتَّوَلَّوْا لَعَنَّا لَهُمْ قُلْتُ لَا أَجِدَ مَا أَحْمِلُكُمْ عَلَيْهِ تَوَلَّوْا وَأَعْيُنُهُمْ تَفِيضُ مِنَ الدَّمِّ مَعَ حَزَنًا أَلَّا يَجِدُوا مَا يَمُنُّونَ ﴿٩٢﴾

93. Mazima ekkubo (ly'okuvunaanibwa) liri kw'abo abakusaba okubakkiriza (okutuula ewaka) nga nabo bagagga. Basiima okuba awamu n'abasigadde (mu mayumba), Katonda n'azibikira kumitima gyabwe ; nabo tebamanyi (kabi kalibaviiramu ewa Katonda).

إِنَّمَا السَّبِيلُ عَلَى الَّذِينَ يَسْتَأْذِنُونَكَ وَهُمْ أَغْنِيَاءُ رَضُوا بِأَنْ يَكُونُوا مَعَ الْخَوَالِفِ وَطَبَعَ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِهِمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٩٣﴾

94. Bajja kwetonda gye muli (Mmwe Abasiraamu) bwe munaaba muzeeyo gye bali. Bagambe nti: Temwetonda. kubanga tetujja kubakkiriza. Mazima yatutegeezizza Katonda mu bigambo byammwe (ebibafaako.) Ajja kulaba Katonda n'Omubaka We, ebikolwa byammwe oluvannyuma muzzibwe eri Ye (Katonda) omumanyi w'eb'yewala ebitalabikako n'ebirabika abategeeze ebyo bye mwali mukola.

يَعْتَذِرُونَ إِلَيْكُمْ إِذَا رَجَعْتُمْ إِلَيْهِمْ قُلْ لَا تَعْتَذِرُونَ لِي وَلَكِنْ تُوْءُونَ مِنْكُمْ قَدْ نَبَأْنَا اللَّهَ مِنْ أَنْبَارِكُمْ وَسِيرَى اللَّهُ عَمَلَكُمْ وَرَسُولُهُ ثُمَّ تُوْءُونَ إِلَىٰ عِلْمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٩٤﴾

95. Bajja kubalayirira Katonda. bwe muliba nga mukyuse ne mudda gye bali. mbu mulyoke mubaleke. Kale nammwe mubaleke. kubanga mazima bo kye-

سَيَحْفَظُونَ بِاللَّهِ لَكُمْ إِذَا انْقَلَبْتُمْ إِلَيْهِمْ لِنَعْرِضْ أَعْنَهُمْ فَأَعْرَضُوا عَنْهُمْ إِنَّهُمْ

95. Bo baalowozanga nti ebyo bye baakolanga mu kugana okugenda ku lutalo bijjabavi

nyinyalwa, n'obuddo bwabwe muliro (Jahannama) nga y'empeera ku lw'e-byo bye baalinga bakola.

رَجَسَ زُؤَامًا وَمِمْهَةً جَزَاءً لِّمَا  
كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٩٥﴾

96. Babalayirira mmwe mulyoke mubasiime. Wadde ne bwe mubasiima, mazima Ye Katonda tasiima kibiina kya boonoonyi.

يَخْلِفُونَ لَكُمْ لِتَرْضَوْا عَنْهُمْ فَإِنْ  
تَرْضَوْا عَنْهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يَرْضَىٰ عَنِ  
الْقَوْمِ الْفَاسِقِينَ ﴿٩٦﴾

97. Bannamalungu be bayitirivu mu buka-fiiri ne mu bunnanfuusi, era be bakafu b'obutamanya mateeka ago Katonda ge yassa ku Mubaka We. Ne Katonda Amanyi, Mukakasa.

الْأَعْرَابُ أَشَدُّ كُفْرًا وَنِفَاقًا وَأَجْدَرُ أَلَّا يَعْلَمُوا حُدُودَ مَا  
أَنْزَلَ اللَّهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ  
حَكِيمٌ ﴿٩٧﴾

98. Mu bannamalungu mulimu oyo atwala ekyo ky'aba awaddeyo mu (kkubo lya Katonda), ng'okufiirwa, era n'abalindiriza enkyukakyuka embi. Eri ku bo enkyukakyuka embi. Ne Katonda Muwulizi, era Mumanyi.

وَمِنَ الْأَعْرَابِ مَنْ يَتَّخِذُ مَا يَنْفَعُ  
مَغْرَمًا وَيَتَرَبَّصُ بِكُمُ الدَّوَابِرَ عَلَيْهِمْ  
دَائِرَةُ السَّوْءِ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٩٨﴾

99. Ne mu Bawarabu bannamalungu (bannalukoola) mulimu oyo akkiriza Katonda n'Olundaku lw'Enkomerero, n'afuula ebyo by'agaba nga bya kumusembeza awali Katonda n'okusabirwa Omubaka. Abange! Mazima ddala kyo kya kusembera kwabwe. Katonda agenda kubayingiza mu kusaasira Kwe. Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

وَمِنَ الْأَعْرَابِ مَنْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ  
الْآخِرِ وَيَتَّخِذُ مَا يَنْفَعُ قُرْبَةً عِنْدَ اللَّهِ  
وَصَلَاتٍ الرَّسُولِ لَدُنَّهَا قُرْبَةٌ  
لَّهُمْ سَيُدْخِلُهُمُ اللَّهُ فِي رَحْمَتِهِ  
إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٩٩﴾

100. N'abaakulembera abaasooka (mu Buisiraamu), mu Basenguse n'Abaataasa,

وَالسَّابِقُونَ السَّابِقُونَ أُولَئِكَ  
مِنْ السَّابِقِينَ وَ

ramu eddembe, kozzi nga kabi keereere. Ne bafuuka ekyenyinyalwa kuno ku nsi, era ne bafiriwa omugabo gwabwe gwe bandifunye mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

98. Mu Bawarabu bannamalungu mulimu abo abaayagaliza Abakkiriza battibwe okug-gwaawo mu lutalo lw'e Tabuuki, baleme kuddayo mu maka gaabwe.

Ne Katonda yali amanyi ebyo bye baakolanga n'ebyo bye baali bakweka mu mitima gyabwe —abo abannanfuusi. Era yababonereza olw'obubi bwe baayagaliza Abasiraamu.

n'abo abaabagoberera mu kukola obulungi — Katonda yabasiima nabo ne bamusiima, n'abategekera Ejjana nga gikulukuta wansi waayo emigga, ba kutuula mu yo obugenderevu n'obugenderevu. Okwo kwe kwesiima okusukkirivu.

الْأَنْصَارِ وَالَّذِينَ اتَّبَعُوهُمْ بِإِحْسَانٍ  
رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ وَأَعَدَّ لَهُمْ  
جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا  
أَبَدًا ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١٠١﴾

101. Ne mw'abo abali emabbali wammwe mu Bwarabu bannalukoola mulimu abannanfuusi, ne mu bantu b'omu Madiina mulimu (abamu) abaalemera ku bunnanfuusi. Tobamanyi, (Gwe Muhammadi), Ffe tubamnbyi. Era tugenda kubabonyabonya emirundi ebiri; oluvannyuima balizzibwa eri ebibonyobonyo ebinene.

وَمَنْ حَوْلَكُمْ مِنَ الْأَعْرَابِ مُنْفِقُونَ  
وَمِنْ أَهْلِ الْمَدِينَةِ مَرَدُوا عَلَى الْإِقْفَاقِ  
لَا تَعْلَمُهُمْ نَحْنُ نَعْلَمُهُمْ سَنُعَذِّبُهُمْ  
مَثَرًا لِمَنْ ثَمَّرَ ثَمَرًا إِلَىٰ عَذَابٍ عَظِيمٍ ﴿١٠٢﴾

102. (Waliwo) n'abalala abakkiriza ebibi byabwe. Baatabula emirimu emirungi nga n'emirala mibi oba olyawo Katonda n'akkiriza okwenenya kwabwe. Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

وَأَخْرَجُوا عَتَرَتُوهُمْ لِيُؤْتِيَهُمْ خَلْقًا  
عَدْلًا صَالِحًا وَآخِرُ سَيِّئَاتِهِمْ عَسَىٰ اللَّهُ  
أَنْ يَتُوبَ عَلَيْهِمْ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ  
رَحِيمٌ ﴿١٠٣﴾

103. Ggya mu mmaali yaabwe Saddaaka, nga obatukuza era obalongoose nayo

خُذْ مِنْ أَمْوَالِهِمْ صَدَقَةً تُطَهِّرُهُمْ

101. "Tugenda kubabonyabonya emirundi ebiri" — Katonda ababonyabonya kuno ku nsi n'okweraliikirira Ye okubikkula ehyama byabwe eri Nabbi (s.a.w.), n'eri Abasiraamu; wamu n'okuba nti amateeka g Obusiraamu gabakolako ate nga ssi Basiraamu. Ekirala ne babonyabonyezebwa mu Kabbuli, n'oluvannyuma ne bazzibwa eri ebibonyobonyo eby'olubeerera mu muliro oluvannyuma lw'okuzuukira.

102. Mwalimu mu Bwarabu bannalukoola n'ab'omu Madiina abo abakkiriza ebisobyo byabwe, nga balina emirimu emirungi n'emibi. Gyonna baagitabulanga. Olw'okubanga baali balina ebirungi bingi bye baakolanga ate nga tebaali bavumu mu mitima gyabwe ekyabaletera n'okuseetera ne basobyanga: bo Katonda bwe baba beenenyezza yabasuubiza okubasonyiwa olw'emirimu gyabwe emirungi.

Ekitundu kino kyakka omusajja omu ayali ayitibwa Lubaabat ne banne abawera bataano oba musanvu bwe baasigala ne batagenda na Nabbi (s.a.w.) ku lutalo lw'e Tabuuki olw'obugayaavu. Nabbi bwe yadda ne becsiba ku mpagi z'omuzigiti olw'okwejjusa, era ne balayira obutavaako wabula nga Nabbi y'abaggyeeko. Katonda olwo kwe kussa ekitundu kino ekitegeza ng'abalala bwe bamanya ebisobyo byabwe ku nkomerero.

103. Ibni Abbasi yagamba nti: "Nabbi bwe yamala okusumulula Lubaabat awamu ne banne, ne



era basabire. Mazima essaala zo ku bo kya kuwummula kwabwe. Ne Katonda Awulira, Amanyi.

104. Tebamanyi nti mazima Katonda y'akkiriza okwenenya kw'abaddu Be n'atwala ne Saddaka (zaabwe), era (nti) mazima Katonda ye Musonyiyi, Omusaasizi ennyo?

وَتَزِيلُهُمْ بِهَا وَصَلَّ عَلَيْهِمْ إِنَّ صَلَاتَكَ سَكَنٌ لَهُمْ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٦﴾

أَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ هُوَ يَقْبَلُ التَّوْبَةَ عَنْ عِبَادِهِ وَيَأْخُذُ الصَّدَقَاتِ وَأَنَّ اللَّهَ هُوَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿٣٧﴾

105. Bagambe nti: Mukole! Katonda ajja kulaba emirimu gyammwe, n'Omubaka We n'abakkiriza, era muja kuzibwa eri Omumanyi w'ebitalabikako n'ebirabikako, abategeeze ebyo bye mwalinga mukola.

وَقُلْ أَعْمَلُوا بِسَيْرَى اللَّهِ عَلَيْكُمْ وِرَسُولُهُ وَالْمُؤْمِنُونَ وَسِرُّدُونَ إِلَى عِلْمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَيَبِّئْكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٣٨﴾

106. (Waliwo) n'abalala balindirizibwa ekiragiro kya Katonda, oba anaababonyabonya oba anakkiriza okwenenya kwabwe. Ne Katonda Mumanyi, Mukakasa.

وَأَخْرُوجُونَ مُرْجُونَ لِأَمْرِ اللَّهِ إِنْ أَعْتَدْتُمْ وَإِنَّمَا يَتُوبُ عَلَيْهِمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٣٩﴾

107. N'abo abaateekawo omuzigiti ogw'akabi ne ku lw'obukaafiiri, n'okwawula wakati w'abakkiriza, era n'olw'okuteekerateekera oyo eyatabaala Katonda n'Omubaka We oluberyebereye, bajja kulayira nti: Tetulina kye twayagadde wabula bulungi. Ne Katonda ajulira, nti mazima bo balimba.

وَالَّذِينَ اتَّخَذُوا مَسْجِدًا ضِرَارًا وَكُفْرًا وَتَفْرِيقًا بَيْنَ الْمُؤْمِنِينَ وَإِرْصَادًا لِمَنْ حَارَبَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ مِنْ قَبْلُ وَيَخْلَعْنَ أَنْ أَرَدْنَا إِلَّا الْحُسْنَى وَاللَّهُ يَهْتَدُ لِمَنْ يَشَاءُ ﴿٤٠﴾

balecta emmaali yaabwe eri Nabbi n'agaana. Katonda ye n'assa ekitundu kino ng'amukkiriza agitwale era abasabire batukule."

105. Mugenda kuzibwa eri Katonda Amanyi buli kintu ku Lunaku Lw'okuzuukira, alyoke abategeeze emirimu gyammwe gye mwakolanga ku nsi, era abasasule empeera yaagyo.

107. Abannanfuusi baazimba omuzigiti e Kubba, mailo nga ssatu mu maserengeta g'e Madiina. nga balagiddwa Omusossodooti Abu Aamiri kibeere ekitebe kye. Omwo nga mw'anaasinziiira okulwanyisa Nabbi (s.a.w.) bw'anaaba akomyewo okuva e Hirkat gye yali agenze okunona amagye ag'okulwanyisa Nabbi, nga baagala balyoke baawukanye Obusiraamu n'okubuwakanya.

Abu Aamiri yali yalwanyisa dda Katonda ne Nabbi mu lutalo lw'e Uhudu, era ne mu kisee'a kino yali ava ku lutalo lw'e Hunaini mu nsi ye Assyria.

Kale bwe baamala okuzimba omuzigiti ogwo ne basaba Nabbi (s.a.w.) agende agusaaliremu. era

108. Toyimiranga (okusaalira) mu gwo obugendererevu. Omuzigiti ogwassibwa ku musingi gw'okutya Katonda okuva mu ntandikwa y'olunaku (Iwe gwa-zimbibwa) gwe mukakafu okuguyingira osaaliremu, mulimu abasajja abaagala okwetukuza. Ne Katonda ayagala abeetukuza.

لَا تَقُمْ فِيهِ أَبَدًا لَلَّذِينَ اسْبَغُوا  
التَّوْبَةَ مِنْ أَوَّلِ يَوْمٍ أَحَقُّ أَنْ تَقُومَ  
فِيهِ فِيهِ رِجَالٌ يُحِبُّونَ أَنْ يَتَّطَهَّرُوا  
وَاللَّهُ مُحِبُّ الْمُتَطَهِّرِينَ ﴿١٠٨﴾

109. Oyo assaawo omuzimbo gwe ku musingiri gw'okutya Katonda n'okunoonya okusiima kwa Katonda ye mulungi: oba oyo atandika omuzimbo gwe ku nsonda y'eyonjegooyego y'okuyiika, n'ayiika nagwo mu muliro (Jahan-nama)? Ne Katonda talunngamya kibiina ky'abalyazaamaanyi.

أَفَمَنْ اسْتَسْبَغَ بُنْيَانَهُ عَلَى تَقْوَىٰ مِنَ اللَّهِ  
وَرِضْوَانٍ خَيْرٌ أَمْ مَنْ اسْتَسْبَغَ بُنْيَانَهُ  
عَلَىٰ شَفَا حَرْفٍ نَّارٍ فَأَنْهَارِ بِهِيَ فِي نَارٍ  
كِهِمْ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿١٠٩﴾

110. Bulijjo omuzimbo gwabwe ogwo gwe baazimba (gwa kusigala) nga kubuusa buusa okubi mu mitima gyabwe. wabula bwe girikutuka emyoyo gyabwe ne bafa. Ne Katonda Mumanyi. era Mukakasa.

لَا يَزَالُ بُنْيَانُهُمُ الَّذِي بَنَوْا رِيبَةً فِي  
قُلُوبِهِمْ أَلَّا أَنْ تَقَطَّعَ قُلُوبُهُمْ وَاللَّهُ  
عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿١١٠﴾

111. Mazima Katonda yagula ku bakkiriza emyoyo gyabwe n'emmaali yaabwe nga mazima balina Ejjana (Enyumba Ey'emirembe): balwana mu kkubo lya Katonda ne batta (nabo) ne battibwa. Ekyo nga ndagaano ku Ye gye yeekakasaako olw'ekakasa mu Tauraati ne mu Njiri ne mu Kuraane. Ani atuukiriza endagaano ye okusinga Katonda? Kale musanyuke ku

إِنَّ اللَّهَ اشْتَرَىٰ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ أَنفُسَهُمْ  
وَأَمْوَالَهُمْ بِأَنْ لَهُمُ الْجَنَّةَ يُقَاتِلُونَ  
فِي سَبِيلِ اللَّهِ يُمِيتُونَ وَيُقْتَلُونَ وَعَلَىٰ  
عَلَيْهِ حَقٌّ فِي التَّوْرَةِ وَالْإِنْجِيلِ الْقُرْآنِ  
وَمَنْ أُوْفِيَ بِعَهْدِهِ مِنَ اللَّهِ فَاسْتَبِشِرُوا

ne bagamba nti baali baguzimbye lwa kusitula ddiini — nga gwa kuyamba banafu n'abalwadde abatasobola kutuuka kw'ogwo ogwa Nabbi oguli mu Madiina mu budde obw'ekiro. Sso mu mazima ssi kye kyali ekigendererwa.

Nabbi n'abalagaanyisa nti bwe ndiba nkomyewo okuva e Tabuuki nja kujja nsaaliremu. Bwe yali tannatuuka, Katonda n'assa kikitundu kino nga amutegeeza akabi k'omuzigiti ogwo, era nga bwe baaguzimba olw'okwagala okwawukanya mu Busiraamu.

111. Kye kimu abakkiriza bwe batta oba bo ne battibwa oba ne bwe bakola byombiriri, bafuna empeera y'Ejjana. Katonda yeekakasaako endagaano eyo n'agiwandiika mu bitabo bye yawa aba-

lw'okutunda kwammwe okwo kwe mutunze, nakwo kwe kwesiima okunene.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ وَذَلِكَ هُوَ الْقَوْلُ الْعَظِيمُ ﴿١١١﴾

112. (Ab'okwesiima be bo) abeenenya (eri Katonda), abamusinza, abamutendereza, abasiiba, abakutama, abavunama (abasaala), abalagira empisa ennungi ne bagaan'a empisa embi era abo abakuuma ebikomo by'amateeka ga Katonda — Kale sanyusa abakkiriza!

الْقَائِمُونَ الْعِيدُونَ الْحَامِدُونَ السَّائِحُونَ الرَّكْعُونَ السَّاجِدُونَ الْمُرُونَ بِالْحَرْبِ وَالنَّاهُونَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَالْحَفِظُونَ لِحُدُودِ اللَّهِ وَبَشِّرِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١١٢﴾

113. Teyalina Nabbi n'abo abakkiriza, kwegayiririra kusonyiyibwa abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala (abakaa-fiiri, nga bafudde), newankubadde oluvannyuma lw'okubannyonyokera nti mazima bo be bannannyini (kuyingira) muliro.

مَا كَانَ لِلنَّبِيِّ وَالَّذِينَ آمَنُوا أَنْ يَسْتَغْفِرُوا لِلْمُشْرِكِينَ وَلَوْ كَانُوا أُولِي قُرْبَىٰ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمْ أَنَّهُمْ أَحْصَابُ الْجَحِيمِ ﴿١١٣﴾

114. Tekwali okwegayirira kwa Ibrahiimu ku Kitaawe wabula ku lw'endagaano

وَمَا كَانَ اسْتِغْفَارُ إِبْرَاهِيمَ لِأَبِيهِ إِلَّا

baka abakulu. Nabyo by'ebitabo Tauraati — ekitabo ekyaweebwa Nabbi Musa. Enjiri, ekyaweebwa Nabbi Issa ne Kuraane ekyaweebwa Nabbi Muhammad (s.a.w.). Era tewali mulala asinga Katonda kutuukiriza ndagaano gy'aba alagaanyisizza. N'olwekyo ateebwa asanyuke ku lw'okufuna okwesiima okunene oyo an'aba atuukiriza endagaano eyo.

112. Ebyo ebikolwa ebyogeddwako, by'ebyo ebitendo by'abakkiriza Katonda be yalagaanyisa okubasasula Ejjana; era ebyo bye bibaawula ku balala. Abo be beenenya ne badda eri Katonda waabwe nga bamalirivu obutaddayo kumujeemera. Olwo ne bakola ebirungi ne basinza Katonda olusinza olubagatta gy'Ali. Bajulira nga bwe watali mulala ateebwa kusinzibwa wabula Ye yekka ne bamutendereza n'okumwebaza mu ddembe ne mu buzibu nga beewaddeyo eri Ye okwewaayo okujjuvu.

Kale bamusinza nga basubira okusaasira Kwe n'olw'ekyo beewaaayo okulunnigama abantu abalala eri empisa ennungi eryoke ebeere empagi y'okulongooka kwabwe n'okulongoosa ensi yonna. Era ebeere ensonga y'okukuuma amateeka ga Katonda n'ebiragiro Bye obutamenyebwa.

Abakola ebyo be bannakibiina Katonda kye yaguza Ejjana — Ennyumba Ey'Emirembe n'obulamu obutaggwaawo. Katonda yamaliriza aya eno n'okugamba Nabbi asanyuse abakkiriza abo aboogeddwako wano n'abo abalala bonna abatatuukirira abo mu ddaala, kubanga obwo obulamu by'Ejjana bwe bulamu obw'olubeerera Katonda ne Nabbi (s.a.w.) We bwe bakoowoolera abakkiriza okudda gye buli: Nga bwe yagamba mu kitundu (aya) ekirala nti: "Abange mmwe abakkiriza, mwanukule Katonda n'Omubaka We bw'abanga abayise eri ekyo ekibawa obulamu."

113. Omufu bw'afiira mu butakkiriza kale ne kibera kinnyonyofu eri Nabbi n'abakkiriza nga oyo afudde bw'ali ow'omu muliro, na bw'abeera ow'oluganda, tebakkirizibwa kumusabira.

114. Mmwe Abasiraamu temugondera Ibrahiimu olw'okuba nti yasabira kitaawe, oyo eyali omukafiiri; olw'okubanga ensonga kyeyava amusabira lwa kutuukiriza ndagaano eyo gye yal

gye yamulagaanyisa ye (Kitaawe), naye bwe kyamala okumunyonnyo-kera nga mazima ye (Kitaawe) mulabe wa Katonda (Ibrahiimu), n'amwawukanako. Mazima Ibrahiimu yali muyitirivu mu kugonda n'okusaba (era nga) wa kisa.

115. Katonda teyali wa kubuza kibiina oluvannyuma lw'okubalunggama okutuusiza ddala lwe yamalanga okubannyonyola ekyo kye bateekwa okutya. Mazima Katonda Mumanyi wa buli kintu.

116. Mazima Katonda bubwe Obufuzi bw'eggulu n'ensi. Alamusa n'atta. Temulina atali Katonda, Mukuumi oba omutaasa.

117. Mazima yakkiriza okwenenya ku Nabbi, n'abaasenguka (*Muhaajiriin*) n'abaataasa (*Answar*) — abo abaa-mugoberera mu kiseera ekizibu. Oluvannyuma lw'okusemberera emitima gy'abamu mu bo okukyuka, kyokka oluvannyuma n'akkiriza okwenenya kwabwe. Mazima ye mukwatampola ku bo, Musaasizi.

118. Era yakkiriza okwenenya kw'abo abasatu abaaalekbwawo (ne batata-

عَنْ مَوْعِدَةٍ وَعَدَّهَا أَيَّامًا فَلَمَّا تَبَيَّنَ  
لَهُ أَنَّهُ عَدُوٌّ لِلَّهِ تَبَرَّأَ مِنْهُ ط إِنَّ  
إِبْرَاهِيمَ لَأَوَّاهٌ حَلِيمٌ ﴿١١٣﴾

وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيُضِلَّ قَوْمًا مَا بَعَدَ إِذْ  
هَدَاهُمْ حَتَّىٰ يُبَيِّنَ لَهُمْ مَا يَتَّقُونَ إِنَّ  
اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿١١٤﴾

إِنَّ اللَّهَ لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
يُنزِلُ السَّمَاءَ مِثْرًا وَمَا لَكُم مِّنْ دُونِ اللَّهِ  
مِنْ وَّلِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ ﴿١١٥﴾

لَقَدْ تَابَ اللَّهُ عَلَى التَّيْبِيِّ وَالْمُهَاجِرِينَ  
وَالْأَنْصَارِ الَّذِينَ اتَّبَعُوهُ فِي سَاعَةِ  
الْعُسْرَةِ مِنْ بَعْدِ مَا كَادَ يَزِيغُ قُلُوبَ  
فَرِيقٍ مِّنْهُمْ ثُمَّ تَابَ عَلَيْهِمْ ط إِنَّهُ  
بِهِمْ رءُوفٌ رَّحِيمٌ ﴿١١٤﴾

وَعَلَى الثَّلَاثَةِ الَّذِينَ خَلَقُوا حَتَّىٰ إِذَا

yamulagaanyisa nga asubira nti oba olyawo analunggama.

Katonda yagamba mu kitundu ekirala nga Ibrahiimu bwe yagamba kitaawe nti: "Emirembe gibe ku ggwe, nja kukwegayiririra Katonda wange."

116. Ebintu byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi biri mu buyinza bwa Katonda. Y'alina okubiwa obulam n'okubuggyawo era Ye mukuumi wa buli kintu, era nga y'ataasa omuntu mu kabi so tewali mulala.

117. Abakkiriza abamu baasemberera okubusabuusa mu ddiini ya Katonda, n'okuva ku kulwana olw'obuzibu obw'amaanyi obwabatuuakako, gamba nga: obutaba na byakulya bimala, n'ensoloez'okutambulirako nga ate n'omusana gwali muyitirivu. Awamu n'ekyoo, Katonda ya bagabira oluvannyuma, okwenenya wamu n'okunyerera mu ddiini.

baala) okutuusa bwe yamala okubafundirira ensi, awamu n'obugazi bwayo, ne gibafundirira n'emoyoyo gyabwe (olw'okweraliikirira), era ne balwooza nga bwe batalina buddukiro kuva ku Katonda wabula okudda gy'Ali. Oluvannyuma n'akkiriza okwenyanya kwabwe nabo balyoke beenenye (gy'Ali). Mazima Katonda Ye y'akkiriza okwenyanya, Omusasizi.

119. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda, era mubeere awamu n'abakkiriza ab'amazima.
120. Tekyali kisaanira ku bantu b'omu Madiina n'abo abali emabali waabwe mu Bawarabu bannamalungu okwawukana ku Mubaka wa Katonda. Oba okwagala emyoyo gyabwe okusinga ku mwoyo gwe. Ekyo kyali bwe kityo ku lw'okubanga mazima bo teyabakwata ennyonta oba obukoowu oba enjala mu kkubo lya Katonda, era tebaalinnya kigere (kyonna) nga banyizi abakafiiri, era tebaafuna ku mulabe kye baafuna, wabula baawandiikirwanga nakyo omulimu omulungi. Mazima Katonda tayonoona mpeera z'abalongoosa;
121. Tebawaayo ekiweebwayo kyonna (ka kibe), kitono oba kinene, era tebama-laako lusenyi lwonna (nga bagenda mu lutalo) wabula (byonna) bibawandiikirwa, alyoke abasasule Katonda ebisinga obulungi kw'ebyo bye baalinga bakola.
122. Era tekyali kisaana ku Bakkiriza okuva bonna awamu (mu byalo

ضَاقَتْ عَلَيْهِمُ الْأَرْضُ بِمَا رَحِمَتْ وَ  
ضَاقَتْ عَلَيْهِمُ أَنْفُسُهُمْ وَظَنُّوا أَنْ لَا  
مَلْجَأَ مِنَ اللَّهِ إِلَّا إِلَيْهِ ثُمَّ تَابَ عَلَيْهِمْ  
لِيَتُوبُوا إِنَّ اللَّهَ هُوَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿١١٨﴾

١١٨  
ع ٣

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَكُونُوا  
مَعَ الصَّادِقِينَ ﴿١١٩﴾

مَا كَانَ لِأَهْلِ الْمَدِينَةِ وَمَنْ حَوْلَهُمْ  
مِّنَ الْأَعْرَابِ أَنْ يَتَخَلَّفُوا عَن رَّسُولِ  
اللَّهِ وَلَا يَرْعَبُوا بِأَنفُسِهِمْ عَن نَّفْسِهِ  
ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ لَا يُصِيبُهُمْ ظَمَأٌ وَلَا نَصَبٌ  
وَلَا خَمَصَةٌ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلَا يَطَّوِّئُونَ  
مَوْطِئًا يَغِيظُ الْكُفَّارَ وَلَا يَنَالُونَ مِنْ  
عَدُوِّهِمْ إِلَّا كَتِيبَ لَهُمْ بِهِ عَمَلٌ  
صَالِحٌ إِنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٢٠﴾

وَلَا يَنْفِقُونَ نَفَقَةً صَغِيرَةً وَلَا كَبِيرَةً  
وَلَا يَقْطَعُونَ وَإِذَا كَتِيبَ لَهُمْ  
لِيَجْزِيَهُمُ اللَّهُ أَحْسَنَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٢١﴾

وَمَا كَانَ الْمُؤْمِنُونَ لِيَنفِرُوا كَافَّةً

120. Wano kitegeerekeka nga ebyo byonna bye bukola mu lutalo abakkiriza, era na buli buzibu bwonna obubatuukako, Katonda abiwandiika mu mirimu gyabwe emirungi.

byabwe babireke ttayo bajje e Madiina), lwaki tekwegandangako abamu okuva mu buli kibiina mu bo (ne bagenda ewa Nabbi) ne babangulwa mu ddiini (kale nga bazze) ne babangula ekibiina kyabwe (ekyasigadde eka) bwe baba nga bakomyewo gye bali, oba olyawo ne beekaka.

123. Abange mmwe abakkiriza! Mulwanyise abo ababaliraanye mu batakkiriza, era bafune mu mmwe obuzito (mu kubalwanyisa), era mumanye nti mazima Katonda ali wamu n'abo abamutya.
124. Era bw'eba nga essibbwa essuula mulimu mu bo abannanfuusi oyo agamba Ani mu mmwe gw'eyongedde eyo obukkiriza? Naye mazima a bo abakkiriza, ebongedde obukkiriza, era nabo basanyuka (ku lwayo).
125. Naye abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe, ebongera obubi ku bubu bwabwe, ne bafa nga nabo bakaafiiri.
126. Abaffe, mazima bo tebalaba nti bagezesebwa mu Buli mwaka omulundi gumu oba ebiri? Oluvannyuma ne bateenenya, era ebali bo ba kujjukira.
127. Era bw'eba nga essibbwa essuula, bectunulaganako (abannanfuusi ng'abagamba nti) Abaffe waliwo n'omu abalaba. Bwe bamala ne beebulun-

فَأُولَٰئِكَ نَفَرْنَا مِنْ كُلِّ قَرْيَةٍ مِنْهُمْ  
طَائِفَةٌ لِيَتَفَقَّهُوا فِي الدِّينِ وَلِيُنذِرُوا  
قَوْمَهُمْ إِذَا رَجَعُوا إِلَيْهِمْ لَعَلَّهُمْ  
يَحْذَرُونَ ﴿١٢٣﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَتَىٰ آلَ الَّذِينَ يُبَايِعْتُمُ  
مِنَ الْكُفَّارِ وَلَيَجِدُنَّ فِيكُمْ غِلْظَةً  
وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُتَّقِينَ ﴿١٢٤﴾

وَإِذَا مَا أَنْزَلْنَا سُورَةً فَمِنْهُمْ مَن يَقُولُ  
أَيُّكُمْ زَادَتْهُ هِذِهِ آيَاتِنَا قَالَ أَلَّذِينَ  
آمَنُوا فَزَادَتْهُمْ آيَاتِنَا وَهُمْ يَسْتَبْشِرُونَ ﴿١٢٥﴾

وَإِنَّا لَنَدْعُو فِي قُلُوبِهِمْ قِرَادَةً لَهُمْ  
رِجْسًا إِلَىٰ رِجْسِهِمْ وَمَا نُوَاؤُهُمْ لِكُفْرٍ  
أَوْ لِيُرُونَ ﴿١٢٦﴾

أُولَٰئِكَ يَرَوْنَ أَنَّهُمْ يُفْتَنُونَ فِي كُلِّ  
عَامٍ مَّرَّةً أَوْ مَرَّتَيْنِ ثُمَّ لَا يَتُوبُونَ  
وَلَا هُمْ يَذَّكَّرُونَ ﴿١٢٧﴾

وَإِذَا مَا أَنْزَلْنَا سُورَةً نَّظَرَ بَعْضُهُمْ  
إِلَىٰ بَعْضٍ هَلْ يَرَىٰكُمْ مِن أَحَدٍ ثُمَّ

122. Abamu, mu buli kibiina ky'abakkiriza, buli lutabaalo baaligenzenga ne batabaala, ate abalala baalisigaddenga emabega bo ne bayigira ddala ebifa mu ddiini. Ebyo bye baaliyigirizanga bannaabwe nga bavuddeyo ku lutalo, oba olyawo ne beekuuma ebibonerezo bya Katonda.

125. Obukkiriza bw'abakkiriza bweyongeranga amaanyi kuba bo bakkirizanga buli ssuula Katonda gye yassanga. N'obunnanfuusi bw'abannanfuusi bweyongeranga ku lw'okubusabuusa buli ssuula eyakkanga.

gula (nga bagenda). Katonda yakyusa emyoyo gyabwe kubanga bo kibiina ekitategeera.

انصروا واصرف الله قلوبهم بائس  
قوم لا يفقهون ﴿١٢٤﴾

128. Mazima yabajjira Omubaka. nga ava mu mmwe, nga kimukeeyeekeerera ekyo ekibazitoowerera, ng'alulunkanira ku mmwe (abalunggamy); (era nga) ku bakkiriza mukwatampola, musaasizi.

لقد جاءكم رسول من انفسكم عزيز  
عليه ما عنتم حريص عليكم بالمؤمنين  
رؤوف رحيم ﴿١٢٥﴾

129. Wabula bwe baba nga bakyuse (Ggwe Muhammadi). gamba nti: Omumalizi wange Katonda. Tewali Katonda mulala atekwa kusinzibwa wabula Ye. Ye gwe neesiga, naye ye Mufuzi wa *Al-Arush*i ennene.

فان تولوا فقل حسبي الله ولا اله  
الا هو عليه توكلت وهو رب  
العرش العظيم ﴿١٢٦﴾

128. Nabbi (s.a.w.) abajjidde ng'alulunkanira okubalunggama n'okutuusa omugaso gye muli, mmwe ekibiina kye, mu bulamu obw'ensi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Eri abantu be abakkiriza, wa kisa era musaasizi mu ngeri yonna. Tabaagaliza buswavu na kukola bibi, wabula abaagaliza ekitiibwa kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

129. Katonda ye mufuzi wa buli kintu era Ye mutonzi waabyo kubanga *Al-Arush*i ke kasolya k'ebitonde byona — Ebitonde byonna ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi, n'eryo ebbanga eriri wakati wa byombiriri — Ate byonna biri wansi wa *Al-Arush*i. Katonda yagulumira obutafaanana na bitonde Bye; era Ye yekka gwe tusaba okulunggama.





## EBIFA KU SSUULA YUNUSU MU BUFUNZE (10)

Eno y'emu ku ssuula ezakkira e Makka. Eyitibwa Yunusu okusenziira ku kyafaayo kya Nabbi Yunusu (emirembe gibe ku ye) ekyogerwako mu yo. Erina aya 109.

Essuula eyita abantu okukkiriza Obubaka Nabbi Muhammadi bwe yajja nabwo nga ebalabula n'okubatiisa ebibonyobonyo ebikakali ebiribakwata singa baba tebakkiriza. Obukakafu bw'enzikiriza y'Obw'omu bwa Katonda, Obwakatonda n'Obulamu Obw'oluvannyuma bunnyonyolwa mu ngeri ematiza nga ekigendererwa abantu kwe kweyambisa obubaka obwo basobole okwewala okubula n'ebibi ebikuvamu. Okwemu-lugunya kw'abantu mu Bw'omu bwa Katonda n'okubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma biggibwawo essuula eno nga bw'erabula abantu beewale okulagajjalira obubaka bwa Katonda. Mu ngeri y'emu, okubuusabuusa, okuwanuuzza, n'okunonooza, ebyo abantu bye baalcetangawo mu kwemulugunya obukakafu bw'Obwannabbi bwa Muhammadi (s.a.w.) n'Obubaka bwe yaleeta biddibwamu mu ngeri ematiza.

Embeera y'obulamu mu Bulamu obw'oluvannyuma egeraageranyizibwa mu kuwa ebifaananyi bingi ng'ekigendererwa kwe kulabulirawo abantu balongoose engeri zaabwe baleme kwejjusa mu luvannyuma olw'enneyisa yaabwe embi mu nsi muno. Balabulwa wamu n'okutiisibwa nti obulamu bw'oku nsi kigezo era bukoma ku katikitiki ak'oluvannyuma omuntu ng'afa, guno gwe mukisa gwokka gwe balina okukkiririzaamu obubaka n'okuwanguliramu ekigezo ekyo. Era bakubirizibwa okweyambisa omukisa ogubaweeddwa olw'okulonda Nabbi Muhammadi (s.a.w.) abalungamye. Era bakubirizibwa bafunire ddala okumanya okutuufu okw'Obukakafu mu Kuraane, kubanga bwe bataki kola baja kwejjusa ng'ate tebakyalina kya kubawonya.

Ebyokulabirako biweebwa nga bigeraageranyizibwa n'ebikolwa eby'obutamanya obweyolefu n'obubuze ebyaliwo nga biva bulambalamba mu kulagajjalira kw'Obubaka bwa Katonda Obutukuvu. Ku nsonga eno, ebyafaayo bya Nabbi Nuuhu binnyonyolwa mu bufunze ate ebya Musa ne binnyonyolwa mu bujjuvu olw'okuggumiza ensonga zino wammanga:

Esooka: "Enneyisa yammwe ku Nabbi Muhammadi nga bw'eringa ey'abantu ba Nabbi Nuuhu ne Musa bwe baabeeyisizaako, nammwe mukimanye nti kaja kubajjuutuka mu ngeri y'emu nga nabo bwe kaabajjuutuka. Ey'okubiri: Tekibeeyibaaza ne mulwooza nti obuzito n'okunakuwazibwa Nabbi Muhammadi by'alimu kati nti bya lubeerera Katonda Omuyinza cyawagira n'okutaasa Nabbi Musa ne Haruna ne bawangula naye mu ngeri emu amutaasa n'amwanguyiza okutuukiriza obubaka obwamutumibwa mu bujjuvu era n'afuna okwesiima n'essanyu," Ey'okusatu: "Singa temweyambisa kiseera kye mulina nga mukyali balamu ne mulongoosa empisa n'ebikolwa byammwe kati, sso ne mutalindiriza kutuuka ku nkomerero y'obulamu bwammwe ku nsi nga Fir'auna bwe yakola, okwenenya kwammwe si kwa kukkirizibwa." Bulijjo obutakkiriza butuusa abantu ku kuzikirira. naye bo abantu ba Nabbi Yunusu beenenya, ne Katonda n'abaddiramu olw'okusaasira Kwe okuyitirivu. Kati Katonda kwe kugumya abakkiriza, abagoberezi ba Nabbi nga bw'alibataasa era abawanguze obuzibu bwe baalimu obw'o-

kukijanyizibwa n'okuwalagganyizibwa abalabe b'Eddiini ya Katonda. Wabula abalabula okwekeka baleme kweyisa mu ngeri eyo eyeyisibwamu Abaisraeli ne beeryazaamaanya nate, Ye Katonda bwe yamala okubawonya effugabbi lya Fir'auna.

Essuula ekomekkereza nga ekubiriza abantu beeyunire Eddiini ya Katonda ku lw'obulungi bwabwe kubanga oyo anaagaana Obubaka Bwe aba yeefaafaaganya yekka.



## ESSUULA YUNUSU (10)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 11, ne Aya 109

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. ALIIF LAAM RAA. Bino by'ebigambo eby'omu kitabo ekikakafu (Al-Kuraane).
2. Abaffe! Abantu baalinga balina okwewuunya bwe twatumira obubonero Bwaffe eri omusajja mu bo, ne tumulagira nti: Tiisa abantu era osanyuse n'amawulire ag'essanyu abakkiriza nti mazima balina ekigere ekinyewu awali Mukama waabwe? Ne bagamba abakafiiri: Tali ono (Muhammadi) wabula mulogo omweyolefu.
3. Mazima Omulezi wammwe ye Katonda Oyo ayatonda eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga, bwe yamala n'aterera ku *Al-Arushii*, nga alabirira ebigambo byonna. Tewali muwolereza yenna (aliwolereza) wabula luvannyuma lwa kukkiriza Kwe. Oyo mmwe ye Katonda, Omulezi wammwe, kale mumusenze awatali kumugattako kirala. Abaffe temujjukira?

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ  
الرَّتِّيَاتُ ٣  
الرَّتِّيَاتُ أَيُّهَا الْكُتَيْبُ الْحَكِيمُ ①

أَكَانَ لِلنَّاسِ مَجْأَأُنْ أَوْحَيْنَا إِلَى  
رَجُلٍ مِّنْهُمْ أَنْ أَنْذِرِ النَّاسَ وَبَشِّرِ  
الَّذِينَ آمَنُوا أَنَّ لَهُمْ قَدَمٌ صَدِقٍ  
عِنْدَ رَبِّهِمْ قَالَ الْكَافِرُونَ إِنَّ  
هَذَا لَشَجَرٌ مُّبِينٌ ②

إِنَّ رَبَّكُمْ اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَى  
عَلَى الْعَرْشِ يَدْبُرُ الْأَمْرَ مَا مِنْ  
شَيْءٍ إِلَّا مِنْ عِنْدِنَا ذَلِكَ اللَّهُ  
رَبُّكُمْ فَاعْبُدُوهُ أَفَلَا تَتَذَكَّرُونَ ③

1. AliF LAAM RAA: Ezo ennyukuta Katonda y'amanyi ekyagendererwa mu zo.

2. Katonda yawakanya okwewuunya kw'abakaafiiri olw'okuba nti yatuma ababaka nga abaggya mu bantu sso nga ekyo tekisaana kwewuunya. Ekyo yakikola lwa kwagala abantu bategeeregane n'ababaka be. mu nnimi zaabwe zennyini. olwo obubaka bwe balyoke babwesembese balunngame Omubaka wa kulabula abatakiriza balyoke batye ebibonerezo bya Katonda, ate nga wa kusanyusa abakkiriza bo babeere banyewu era baterevu mu kiseera we girikankanira emyooyo gy'abantu n'ebigere abo abatakiriza. Awamu n'okuba nga twabatumira omuntu munnaabwe alyoke abatiise ebibonerezo, era abasanyuse n'okubategeeza ebirungi bye balifuna singa bakkiriza ne bakola ebirungi. abakaafiiri bo baamuyitanga mulogo, sso nga ekyo kya bulimba.

3. Obuyinza bwonna n'okulamula biri mu mikono gya Katonda kale tewali aliwolereza muntu kumusembeza mu maaso ga Katonda, wabula oyo gw'aliba akkiriza. Oyo ye Katonda wammwe gwe

4. Gy'Ali y'eri obuddo bwammwe mwenna; okwo kwe kulagaanyisa kwa Katonda okukakafu. Mazima Ye ye yatandika ebitonde. bw'alimala n'abizaaawo, alyoke asasule abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu n'obwenkanya; n'abo abaakaafuwala, balina ebyokunywa eby'amazzi ag'olweje n'ebibonyobonyo ebiruma ku lw'ebyo bye baalinga bawakanya.

5. Ye y'Oyo ayafuula enjuba eyaka n'omwezi (nga gulina) ekitangaala, n'agugerera ebifo (emitendera), mulyoke mumanye omuwendo gw'emyaka n'okubala, Katonda teyakola ebyo wabula na mazima. Annyonyola obubonero ku kibiina ekimanyi.

6. Mazima mu kwawukana kw'ekiro n'emisana n'ebyo Katonda bye yatonda mu ggulu ne ku nsi, Bubonero obulaga obuyinza (Bwa Katonda) eri ekibiina ekitya (ebibonerezo Bye).

7. Mazima abo abatasuubira kususinkana Kwaffe ne basiiimawo obulamu bw'ensi ne batereera nabwo, era n'abo abagayavu ku bubonero Bwaffe,

8. Abo obuddo bwabwe muliro ku lw'ebyo bye baalinga bakola.

9. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, Mukama

إِلَيْهِ مَرْجِعُكُمْ جَمِيعًا وَعَدَ اللَّهُ حَقًّا  
أَنَّهُ يَبْذُؤُا الْخَاقِ ثُمَّ يُعِيدُهُ لِيُخْزِيَ  
الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ بِالْقِسْطِ  
وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَالْهُدَىٰ شَرَّابٌ مِّنْ حَمِيمٍ  
وَعَذَابٌ إِلَيْهِمْ بِمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ﴿٤﴾

هُوَ الَّذِي جَعَلَ الشَّمْسُ ضِيَاءً وَالْقَمَرَ  
نُورًا وَقَدَّرَ لَهُ مَنَازِلَ لِتَعْلَمُوا عَدَدَ  
السِّنِينَ وَالْحِسَابَ مَا خَلَقَ اللَّهُ ذَلِكَ  
إِلَّا بِالْحَقِّ يَفْصَلُ الْأَيَّاتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿٥﴾

إِنَّ فِي اخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَمَا خَلَقَ  
اللَّهُ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ لآيَاتٍ  
لِّقَوْمٍ يَتَّقُونَ ﴿٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُرْجُونَ لِقَاءَ نَا وَرَضُوا  
بِالْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَأَطْمَأْنَنُوا لَهَا وَالَّذِينَ  
هُمْ عَنْ آيَاتِنَا غُفُورٌ ﴿٧﴾

أُولَئِكَ مَاؤُهُمُ النَّارُ بِمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ﴿٨﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ يُهْدِيهِمْ

muteekwa okusinza. Abaffe temuloowoza era temujukira nti mugenda kuddayo gy'Ali abale emirimu gyammwe, asasule oyo cyamukkiriza era abonyebonye oyo cyamugatta n'ebintu ebirala.

5. Katonda yakola enjuba n'omwezi ku ngeri eyo gye biriko, abantu tusobole okubala ennaku n'okumanya emyaka cgyakayita ku buli kintu. Era olw'okwaka kw'enjuba ennaku zimanyika, ate n'okwaka kw'omwezi tusobola okumanya emyezi.

6. Engeri y'okwawukana kw'ekiro n'emisana — ekimu ne kijja ekirala ne Kigenda; n'okulaba ebyo Katonda bye yatonda ku nsi ng'ennyanja, ensozi, emigga n'ebiramu ebirala. Okwo gattako

waabwe abalunggama ku lw'obukkiriza bwabwe. Girikulukutira wansi (w'amayumba gaabwe) emigga, mu Jjana ey'ebyengeta.

رَبُّهُمْ بِأَيْمَانِهِمْ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهِمُ  
الْأَنْهَارُ فِي حَبْطِ التَّعْوِيمِ ④

10. Okusaba kwabwe nga bali mu yo (kuliba): Oyawulwa Ggwe, ayi Katonda! N'okulamusa kwabwe nga bali mu yo, (kuliba): Mirembe. N'enkomerero y'okusaba kwabwe, baligambanga nti: Buli kitendo kyonna kya Katonda, Omulezi w'ebitonde!

دَعْوَاهُمْ فِيهَا سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَتَحِيَّاتِهِمْ  
فِيهَا سَلَامٌ وَأُخْرَدُ عَنْهُمْ أَنْ أَحْمَدُ  
لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ⑤

11. Singa Katonda yayanguyiza abantu obubi nga bw'abanguyiza obulungi, yandimalidde gye bali (mu bwangu) entuuko zaabwe. Wabula tuleka abo abatasuubira kutusinkana mu bubuze bwabwe nga babulubuuta (okumala akaseera).

وَكُلُّهُمْ جِئِلُ اللَّهِ لِلنَّاسِ الشَّرَّ اسْتَجَابَهُمْ  
بِالْخَيْرِ لِقَاضِي إِلَيْهِمْ أَجَلُهُمْ نَذَارٌ  
الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا فِي طُغْيَانِهِمْ  
يَعْمَهُونَ ⑥

12. Omuntu obuzibu bwe buba nga bu mukutte atuwanjagira (mu ngeri yonna) nga agalamidde, oba nga atudde, oba nga ayimiridde, kyokka bwe tumala okumuggyako obuzibu bwe ayita ng'ali ku ngeri ye nga ataatusabye olw'obwo obuzibu bwe obwamukutte. Bwe bityo bwe byanyiririzibwa abaayitiriza okukola ebibi ebyo bye baali bakola.

وَإِذَا مَسَّ الْإِنْسَانَ الضُّرُّ دَعَانَا لِجَنَّةٍ  
أَوْ قَاعٍ أَوْ قَائِمًا قَالِمًا كَشَفْنَا عَنْهُ  
ضُرَّهُ كَمَا مَرَّ كَانَ ثُمَّ يَدْعُنَا إِلَى ضُرِّ  
مَسَّهُ كَذَلِكَ دَرَجَاتُ الْمُسْرِفِينَ مَا  
كَانُوا يَعْمَلُونَ ⑦

13. Mazima twazikiriza emirembe egy'oluberyeberye lwammwe bwe baalyazaa-

وَلَقَدْ أَهَلَكْنَا الْقُرُونِ مِنْ قَبْلِكُمْ

n'ebyo bye yatonda ku ggulu ng'enjuba, omwezi n'emmunyenyene, obwo bwonna bubonero obulaga omuntu obuyinza bwa katonda — singa omuntu oyo aba omukkiriza.

10. Abo a baliba mu Nuyumba Ey'emirembe (Ejjana) be bo abaliba bawumudde okweraliikirira n'okutawaana kw'ensi. baliba batuuse mu kifo ky'eddembe n'okwesiima ne babeera nga batenderezza katonda waabwe n'okumwebaza ebyo ebirugi bye yabawa mu ddembe lye baatuukamu-

11. Singa katonda yabaanukula mu kiseera we beesabira obubi yandibazikiririzzaawo mbagirawo. Naye abaleka okutuusa entuuko zaabwe ze yabagerera lwe zituuka.

12. Omuntu bw'aba aguddeko obuzibu asaba Katonda mu buli ngeri yonna, Naye Katonda bw'amuwonya mu kabi ako olwo ye n'amwesamba- n'adda ku ngeri ye gy'abaddeko n'abeera nga atanatuukako buzibu.

maanya; nga baabajjira ababaka baabwe n'obujulizi obukakafu (okuva eri Katonda). Wabula tebaali ba kukkiriza. Bwe tutyo bwe tusasula eki-biina ky'abonoonyi!

لَمَّا ظَنَّمُوا وَجَاءَهُمْ رَسُولٌ بِآيَاتٍ  
دَمَا كَانُوا لِلْيَوْمِ مُؤْمِنًا كَذَلِكَ نَجْزِي  
الْقَوْمَ الْمُجْرِمِينَ ﴿١٣﴾

14. Bwe twamala ne tubafuula abasigire (baabwe) mu nsi oluvannyuma lwabwe, tulyoke tulabe engeri nga bwe mweyisa!

ثُمَّ جَعَلْنَا لَهُمْ خَلِيفًا فِي الْأَرْضِ مِنْ  
بَعْدِهِمْ لِنَنْظُرَ كَيْفَ يَعْمَلُونَ ﴿١٤﴾

15. Bwe biba nga bibasomeddwa ebigambo Byaffe mu bunnyonnyofu, bagamba abo abatasuubira kutusisinkana nti: Leeta Kuraane eteri eno, oba gikyuse. Gamba (Gwe Muhammadi) nti: Tekiri ku nze okugikyusa nga nzigya mu mwoyo gwange. Ssiri agoberera, wabula ekyo ekitumiddwa gyendi. Mazima nze ntya singa mba njeemedde Katonda wange ebibonyobonyo by'Olunaku Olunene.

وَإِذْ أُنزِلَ عَلَيْهِمْ آيَاتُنَا بَيِّنَاتٍ قَالَ  
الَّذِينَ لَا يَرِجُونَ لِقَاءَنَا إِنَّا بُرْهَانَ  
غَيْرِ هَذَا أَوْ بَدِّلْهُ طَعْلٌ مَا يَكُونُ لِي  
أَنْ أُبَدِّلَهُ مِنْ تِلْقَائِي نَفْسِي ۚ إِنْ  
اتَّبِعُوا إِلَّا مَا يَوْسَىٰ إِلَىٰ ۗ إِنَِّّي أَخَافُ أَنْ  
عَصَيْتَ رَبِّي عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿١٥﴾

16. Bagambe nti: Singa yayagala Katonda sandigibasomedde (Kuraane) era teyandigibamanyisiza yo. Mazima ntudde mu mmwe ebbanga lyonna oluberye-berye lwayo (nga sinnatumibwa). Abaffe temutegeera?

قُلْ كَوْشَاءَ اللَّهُ مَا تَلَوْتُمْ عَلَيْهِمْ وَلَا  
أَدْرِكُمْ بِهِ ۚ فَقَدْ لَيْسَتْ فِيكُمْ عُمْرًا  
مِّنْ قَبْلِهِ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿١٦﴾

17. Ani mulyazaamaanyi okusinga oyo agunja ku Katonda obulimba oba

فَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ اتَّخَذَ عَلَيَّ اللَّهَ

14. Mu kiseera kino Katonda yali ayogera ku Bakuraish — naye kino kikwata ne ku bantu ab'awalala bonna abaliwo mu kiseera ekyo, wadde ne mu kakyoo kano. Katonda yawa omuntu ekifaananyi ategeere nga bwe yadda mu bigere by'abo abaasooka; era na buli byonna by'afunye nga bwe byali eby'abo be yaddira mu bigere. Era nti zaamala kuggwaako ennaku zaabwe ne bimutuukako ebyo bye yafuna. Ate naye ajja kubivaamu bidde mu mikono gy'omulala. Kale omuntu asaanye aleme kugayaaazibwa n'ensi n'amasanyu gaayo kubanga wa kubuuzibwa ku byo.

16. Okubasomera mmwe (abantu) Kuraane n'okugibamanyisa, kyali kiragiro na kwagala kwa Katonda kubanga Nabbi yamala mu bo ebbanga ddene (emyaka amakumi ana) nga talina kye yaagambye. Singa kyali mu kusobola kwe, tewandibadde nsonga emumaza bbanga eryo lyonna. Kale ekyo kitegeeza nga Kuraane bw'eri Obubaka obwava eri Katonda n'amazima sso si bigambo ebiiyiye obuyiyya.

n'alimbisa Obubonero Bwe? Mazima tebagenda kulokoka abonoonyi.

18. Ne basinza ebyo ebitali Katonda Omutonzi ebyo ebitabaleetera kabi singa tebasisinzizza era ebitabagasa, ne bagamba nti: Abo be bawolereza baffe awali Katonda. Bagambe nti: Mutegeeza Katonda ebyo by'atamanyi, mu ggulu wadde mu nsi? Yayawukana Katonda n'agulumira kw'ebyo bye bamugattako!

19. Tebaali abantu wabula (kyali) eki-biina kimu; oluvannyuma ne baawukana; singa tekyali Kigambo kyakulumbira okuva eri Mukama wo wandiramuddwa wakati waabwe mw'ekyo kye baayawukanamu.

20. Ne bagamba (abo abaalimbisanga Nabbi) nti: Singa kussibwa ku ye ekyamagero okuva eri Mukama we! Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima ebyewala ebitalabikako bya Katonda. Kale mulindirire, mazima nze ndi wamu nammwe mu balindirira.

21. Bwe tuba nga tukombezza abantu ku kusaasira oluvannyuma lw'obuzibu obuba bubakutte, ogenda okulaba nga balina enkwe ku bubonero Bwaffe. Gamba nti: Katonda y'asinga obwangu bw'enkwe. Mazima ababaka Baffe

كَذَّبًا أَوْ كَذَّبَ بِآيَاتِهِ إِنَّهُ لَا يُفْعِلُ  
الْمُجْرِمُونَ ﴿٤﴾

وَيَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَضُرُّهُمْ  
وَلَا يَنْفَعُهُمْ وَيَقُولُونَ هَوَآءُ شِعْرَانَا  
عِنْدَ اللَّهِ قُلْ أَتَسْتَبْشِرُونَ اللَّهَ بِمَا لَا يَعْلَمُ  
فِي السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ سُبْحٰنَهُ  
وَتَعْلَى عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٥﴾

وَمَا كَانَ النَّاسُ إِلَّا أُمَّةً وَاحِدَةً  
فَأَحْسِنُوا وَلَوْلَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِن  
رَّبِّكَ لَفُضِّبَ بَيْنَهُمْ فَيَمَافِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿٦﴾

وَيَقُولُونَ لَوْلَا أُنزِلَ عَلَيْهِ آيَةٌ مِّن  
رَّبِّهِ فَقُلْ إِنَّمَا الْغَيْبُ لِلَّهِ فَانْتَظِرُوا  
إِنِّي مَعَكُمْ مِنَ الْمُنْتَظِرِينَ ﴿٧﴾

وَإِذَا أَدْفَنَّا النَّاسَ رَحْمَةً مِّن بَعْدِ  
صَرَآءِ مَسَّهُمْ إِذَا هُمْ مَكْرُوفٌ أَيَاتِنَا  
قُلِ اللَّهُ أَسْرَعُ مَكْرَاهَاتِ رُسُلِنَا يَكْتُمُونَ

19. Singa teryali tteeka Katonda lye yamala edda ery'okulindiriza abantu okutuusa lwe bamalayo ekiseera kyabwe kye yabagerera, andibalamudde kuno ku nsi n'ababonereza mw'ebyo bye baayawukanamu.

20. Abakafiiri baasabanga Nabbi (s.a.w.) nga bagamba nti singa Katonda assizza ku Muham-madi ekyamagero — okugeza nga engamiya ya Nabbi Swalihi oba singa akasozi Aswaffa kafuuse zaabu n'ebirala ebifaanana nga ebyo. Katonda kwe kulagira Nabbi we abagambe nga okumanya eby'ewala ebyo ebitalabikako, bwe kuli mu buyinza Bwe (Ye Katonda). Kale balindirire okulamula kwe kw'anaabalamula.



(bamalayika) bawandiika enkwe ezo ze basala.

22. Y'oyo Ye abatambuzza ku lukalu ne mu nnyanja, okutuusa bwe muba nga muli mu lyato ne gasaabala nabo n'empewo ennungi ne basanyuka nayo, n'egajjira ate empewo ey'omuyaga era ne gabajjira amayengo mu buli mpuyi ne balowooza nti mazima bo beetoolodwa; mu kiseera (ekyo) bawanjagira Katonda nga bamutukuza ku lw'eddiini; (nga bagamba nti): Bw'onooba otuwonyezza mu kino tujja kubeerera ddala ab'omu beebaza!

23. (Sso nga ate) bw'amala okubawonya, ogenda okulaba bo nga babula mu nsi mu bitali bya mazima. Abange mmwe abantu! Mazima okubula kwamme kuli ku myoyo gyammwe. (Mulina) ebyokweyagala by'obulamumu bw'ensi obw'ekiseera; n'oluvannyuma gye Tuli y'eri obuddo bwammwe olwo tubategeze ebyo bye mwali mukola.

24. Mazima ekifaananyi ky'obulamumu bw'ensi bulinga amazzi ge tussa okuva waggulu (mu bire), ne byetabula nago ebimera by'ensi mw'ebyo abantu bye balya n'ebisolo ebirundibwa, okutuusa

مَا تَذَكَّرُونَ ﴿١٦﴾

هُوَ الَّذِي يَسِيرُكُمْ فِي الْأَرْضِ وَالْبَحْرِ حَتَّىٰ إِذْ أَكُنْتُمْ فِي الْفُلِكَ وَجَرَّجْنَاهُمْ بِهِمْ يُرِيحُ طَيْبَةً وَفَرَّحُوا بِهَا جَاءَ تَهَارٌ مِّنْ عَامِصَةٍ وَرَجَاءَ هُمُ الْمَوْجِ مِنْ كُلِّ مَكَانٍ وَظَنُّوا أَنَّهُمْ أُحِيطَ بِهِمْ دَعَوُا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ لَهُ لَئِنِ ابْتِغَيْنَا مِنْ هَذِهِ لَتُكُونَنَّ مِنَ الشَّاكِرِينَ ﴿١٧﴾

فَلَمَّا ابْتِغَاهُم وَادَّاهُمُ الْبَحْرُ فِي الْأَرْضِ بَعَثَ الْوَيْحَ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّمَا نَعْبُدُكُمْ عَلَىٰ أَنْفُسِكُمْ مِن تَمَازُجِ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ثُمَّ إِلَيْنَا مَرْجِعُكُمْ فَنُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٦﴾

إِنَّمَا مَثَلُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا كَمَاءٍ أَنْزَلْنَاهُ مِنَ السَّمَاءِ فَاخْتَلَطَ بِهِ نَبَاتُ الْأَرْضِ مِمَّا يَأْكُلُ النَّاسُ وَالْأَنْعَامُ حَتَّىٰ

22. Katonda y'akuuma abantu nga bali mu nnyanja, oba ne ku lukalu okulema okusaanawo. Era bwe batuukibwako ekibatiisa nga basaabala bawanjagira Ye yekka-ne batamugattako kirala kyonna abayambe: nga eno beeyama nga bwe banaamusinza Ye yekka obutamwenkanyankanya na kintu kirala kyonna. Wabula akabenje oluggwaako, olwo ne beerabira okudduukirira kwa Katonda ne bakola n'enkwe eziwakanya n'okusaanyaawo Obubaka Bwe.

23. Oluvannyuma lw'okubawonya, batandika okumujeemera ne bamugattako n'ebintu ebirala kyokka akabi k'obujeemu bwabwe kadde ku bo bennyini; era oluvannyuma lw'obulamumu bw'ensi kwe beeyagalira akaseera obuseera balina okudda eri katonda, balyoke bategeezebwe emirimu gyabwe era bagisasulwe. Oya alisasulwa obulungi atendereze katonda, n'oyo alisasulwa obubi tabanga ne gw'anenya wabula anenyenga omwoyo gwe.

24. Ekifaananyi nga ekyo kinnyonnyolwa eri ekibiina ekisobola okutegeera. katonda yakuba ekifaananyi ky'obulamumu bw'ensi n'ebimera mu bitundu bingi ebya kuraane, nga ayagala omuntu

Iw'eba ensi nga etandise okulongooka kwayo n'enyirira, awo ne balowooza bannannyiniyo nti mazima bo bagisobodde, ne kigijjira (ensi) ekigambo Kyaffe ekiro oba emisana, ne tugifuula enkungule n'eba nga etaabaddewo eggulo. Bwe tutyo bwe tunnyonyola obubonero ku kibiina eky'abalowooza.

25. Ne Katonda akoowoola abantu okujja eri Ennyumba Ey'emirembe, era alungama oyo gw'ayagadde eri ekkubo eggolokofu.
26. Balina abo abalongoosa obulungi (obwa nnamaddala) n'ennyongeza. Era tekugenda kubikka maaso gaabwe okuddugala wadde obunyoomoofu. Abo be bannannyini Jjana (Ennyumba Ey'emirembe); bo ba kutuula bugenderevu mu yo.
27. N'abo abaakola ebibi, (balisasulwa) empeera y'ekibi nga ekyenkanyi kyaky; era kugenda kubabikka okunyoomwa — Tebalinaberi Katonda Mukuumi — Mulibeera nga omubikiddwa mu maaso gaa we ekitundu mu kiro eky'ekizikiza ennyo. Abo be bannannyini muliro; bo ba kutuula bugenderevu mu gwo.
28. N'olonaku lwe tulibakunngaanya bonna, oluvannyuma ne tugamba eri abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala nti: Mubeere mu bifo byammwe

إِذَا أَخَذَتِ الْأَرْضُ زُخْرُفَهَا وَأُزْبِثَتْ  
وَطْنَ أَهْلَهَا أَنَّهُمْ قَدِرُونَ عَلَيْهَا ۝  
أَنَّهُمْ أَمْرًا لَيْدًا أَوْ نَهَارًا جَعَلْنَاهَا  
حَصِيدًا كَأَن لَّمْ تَعْنِ بِأَلَمِيسْ كَذَلِكَ  
نُقِصِّلُ الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴿٣٧﴾

وَاللَّهُ يَدْعُو إِلَى دَارِ السَّلَامِ وَهَيِّدِنِي  
مَنْ يَشَاءُ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٣٨﴾

لِلَّذِينَ أَحْسَنُوا الْحُسْنَىٰ وَزِيَادَةٌ وَلَا  
يَرْهَقُهُمْ ذُنُوبُهُمْ قَدْ لَدْنَا أُولَٰئِكَ  
أَصْحَابُ الْجَنَّةِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٣٩﴾

وَالَّذِينَ كَسَبُوا السَّيِّئَاتِ جَزَاءُ سَيِّئَةٍ  
بِمِثْلِهَا وَتَرْهَقُهُمْ ذِلَّةٌ مَّا لَهُمْ مِنَ  
اللَّهِ مِنْ عَاصِمٍ كَأَنَّمَا أُغْشِيَتْ وُجُوهُهُمْ  
قُطْعًا مِّنَ اللَّيْلِ مُظْلِمًا أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ  
النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٤٠﴾

وَيَوْمَ نَحْشُرُهُمْ كَيْدًا وَمُبِيعًا ثُمَّ لَقَوْلِ  
الَّذِينَ اسْتَرْكَبُوا ذُنُوبَهُمْ لِئَسْرَكُوا  
مَعَكُمْ أَنَّهُمْ وَشِرْكَاؤُهُمْ فَرِيقًا لِّبِئْسَ

aleme kugayaazibwa nabwo n'abeera nga bw'ak olerera bwokka, neyeerabira obwo Obw'oluvanny uma obutali bwa kuggwaawo .

26. Abo abalongoosa ne bakkiriza katonda Ali Omu, ne bakkiriza bannabbi , ne bakola emirimu emirungi ; katonda agenda kubasasula empeera z'emirimu gyabwe. Era ajja kubongeza ennyongeza. Mu maaso gaabwe mugenda kuba nga mutangalijja, era bagenda kuba ba kitiibwa . Balituula mu Nnyumba Ey'emirembe, olubeerera .

28 . Abo be baali bayita bakatonda baabwe balyawukanyizibwa nabo, n'enkolagana wakati

mmwe ne bannammwe (bakatonda bammwe)! Ne twawukanya wakati waabwe. Ne bagamba bannaabwe (abo be baasinzanga): Temwalinga nga ffe be musinza.

29. Kimale okuba nga Katonda ye mujulizi wakati waffe nammwe, (ajulira) nga bwe twali abagayaavu ku kutusinza kwammwe!
30. Mu kiseera ekyo gulireeterwa buli mwoyo ekyo kye gwakulembeza okukola, ne bazzibwa eri Katonda Mukama waabwe ow'amazima, ne bibabulako ebyo bye baalinga bagunjawo.
31. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Ani abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? (Oba) ani afuga okuwulira n'okulaba? Era ani aggya ekiramu mu kifudde era n'aggya ekifudde mu kiramu era n'alabirira ebigambo (ensonga zonna)? Bajja kugamba nti: Katonda Omutonzi (y'akola ebyo byonna). Olwo bagambe nti: Abaffe temutya?
32. Oyo mmwe ye Katonda, Omulezi wammwe ow'amazima, ate kiki oluvannyuma lw'amazima wabula (mpozzi) okubula? Ngeri ki nate bwe mukyuka?
33. Bwe kityo bwe kyakakata ekigambo kya Mukama wo kw'abo abaayonoona;

وَقَالَ شُرَكَاءُهُمْ مَا نَحْنُمْ بِأَبْنَاءَ اللَّهِ وَكُنَّا نَحْنُ

فَكَفَى بِاللَّهِ شَهِيدًا بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمْ إِنْ كُنَّا  
عَنْ عِبَادَتِكُمْ لَغْفِيلِينَ ﴿٢٩﴾

هَذَا لِكَيْ تَبْلُغُوا كَلِمَةَ نَفْسٍ مَا أَسْلَفَتْ وَ  
رُدُّوْا إِلَى اللَّهِ مَوْلَاهُمُ الْحَقُّ وَضَلَّ عَنْهُمْ  
الْبَصِيرُ ﴿٣٠﴾ مَا كَانُوا يَفْقَهُونَ ﴿٣١﴾

قُلْ مَنْ يَرْزُقُكُمْ مِنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ  
أَمْ مَنْ يَمْلِكُ السَّمْعَ وَالْأَبْصَارَ وَمَنْ يُخْرِجُ  
الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَيُخْرِجُ الْمَيِّتَ مِنَ  
الْحَيِّ وَمَنْ يُدْبِرُ الْأَمْرَ فَسَيَقُولُونَ اللَّهُ  
فَعَلْ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٣٢﴾

فَذَلِكُمْ اللَّهُ رَبُّكُمُ الْحَقُّ فَمَاذَا بَعَدَ  
الْحَقِّ إِلَّا الضَّلَالَةُ فَأَنَّى تُصْرَفُونَ ﴿٣٣﴾

كَذَلِكَ حَقَّقْتُ كَلِمَاتِ رَبِّكَ عَلَى الَّذِينَ

waabwe n'esisika. Era abo be baayitanga bakatonda bagenda kubeegeana nga bo bwe bataananya wadde okubalagira abo abatakikiriza, baabasinze.

29. Ku lunaku olwo bye baasinzanga bigenda kubeegeana nga bwe bitaamanyanga kusinza kwabwe okwo kwe baabisinzanga. Era birijulira eri Katonda nga byagala okuwona mu kibi kyabwe.

30. Mu kiseera ekyo amazima galayeyoleka obuyinza bwonna ne budda mu mikono gya Katonda. Balibulawo abo bakatonda ab'obulimba be baalowozanga nti bagenda kubawolereza mu maaso Ge.

31. Babuuzze oyo atonnyesa enkuba, n'ameza ebimera, era nti ani cyabawa amaanyi ge muwuliza wamu n'okulabisa. Ba kukuddamu (Ggwe Muhammadi) nti Katonda ye yabawa ebyo byonna. Bagambe nti kale oba bakimanyi ekyo, ate lwaki tebamutya ne balema okumugattako ebintu ebirala mu Bwakatonda Bwe.

32. Mu aya eno mulimu okubuuza abantu nti: Oluvannyuma lw'okumanya amazima nti Katonda

nti mazima bo tebajja kukkiriza.

34. Bagambe nti: Abaffe mulimu mu bannammwe (abo be mugatta ku Katonda) oyo atandikawo ebitonde oluvannyuma n'abizzaawo? Bagambe nti: Katonda! Y'atandikawo ebitonde era bw'alimala n'abizzaawo. Ngeri ki bwe mukyuka (okuva ku mazima)!

35. Bagambe nti: Mulimu mu bannammwe (abo be mugatta ku Katonda) oyo alunngamya eri amazima? Gamba nti: Katonda y'alunngamya eri amazima. Oyo alunngamya eri amazima y'akakagirwa okugobererwa oba oyo atalunngamya wabula ne yeetaaga okulunngamizibwa? Mulina ki mmwe, ngeri ki bwe musalawo?

36. Tebagoberera abasinga obungi mu bo wabula ebirowoozo obulowoozo. Mazima okulowooza tekugasa ku mazima kintu n'akamu. Mazima Katonda amanyi ebyo bye mukola.

37. Teyali eno Kuraane esoboka okugunjibwawo okuva eri oyo atali Katonda; naye ekakasa ebyo (ebitabo ebyajja) oluberyeberye lwayo. N'okunnyonyola Ekitabo; temuli kubuusabuusa mu kyo — Kyava eri Mukama w'ebitonde.

سَقُوا أَنَّهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٣٤﴾

قُلْ هَلْ مِنْ شُرَكَائِكُمْ مَنْ يَبْدُو  
أَخْلَقَ ثُمَّ يَعْبُدُهِ قُلِ اللَّهُ يَبْدُو  
أَخْلَقَ ثُمَّ يَعْبُدُ هَ أَفَأَنْتُمْ تُكْفِرُونَ ﴿٣٥﴾

قُلْ هَلْ مِنْ شُرَكَائِكُمْ مَنْ يَهْدِي  
إِلَى الْحَقِّ قُلِ اللَّهُ يَهْدِي لِلْحَقِّ أَفَمَنْ  
يَهْدِي إِلَى الْحَقِّ أَحَقُّ أَنْ يُتَّبَعَ أَمْ  
لَا يَهْدِي إِلَى الْإِلَهِ أَنْ يَهْدِي فَمَا لَكُمْ كَيْفَ تَحْكُمُونَ ﴿٣٦﴾

وَمَا يَتَّبِعُ أَكْثَرُهُمْ إِلَّا ظَنًّا إِنَّ الظَّنَّ  
لَا يُعِينُ مِنَ الْحَقِّ شَيْئًا ط إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ  
بِمَا يَفْعَلُونَ ﴿٣٧﴾

وَمَا كَانَ هَذَا الْقُرْآنُ أَنْ يُفْتَرَى مِنْ  
دُونِ اللَّهِ وَلَكِنْ تَصْدِيقَ الَّذِي  
بَيْنَ يَدَيْهِ وَتَفْصِيلَ الْكِتَابِ  
لَا رَيْبَ فِيهِ مِنْ رَبِّ  
الْعَالَمِينَ ﴿٣٨﴾

ye yekka y'asaana okusinzibwa, ngeri ki ate bwe bakyuka okugavaako ne badda mu kusinza ebyo ebitagasa; ne baleka Katonda omutonzi era Omulabirizi ku buli kintu; era Omuyinza atabuuizibwa kw'ekyo ky'akola?

33. Nga abo abakaafiiri bwe baledmedde ku bukaafiiri n'okusinza balubaale ne baleka okusinza Katonda wamu n'okumanya nga ye yabatonda: Katonda abakakasizzaako obubuze ne baba nga ba kutuula mu muliro obutavaamu, n'olwekyo si ba kukkiriza.

35. Amagezi gammwe galamula gatya, okuddira Katonda Oyo Omutonzi era alunngamya, ne mumwenkanya n'ebyo bye yatonda?

37. Kuraane ennyonyola amateeka agali mu yo, era tebuusibwabuuusibwa mu mazima gaayo. ago agava eri Katonda omulezi w'ebitonde.

38. Oba bagamba nti yagigunjawo (Muhammadi)? Bagambe nti: Kale muleete essuula cgifaanana, era mubabe (okubayamba) oyo yenna gwe muba musobodde atali Katonda, bwe muba nga mwogera mazima.

أَمْ يَقُولُونَ اقْتَرَبَهُ ثَلَاثُ أَنْوَاعٍ مِثْلِهِ وَادْعُوا مَنْ اسْتَطَعْتُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٣٨﴾

39. Wabula baalimbisa ekyo kye bata-sobola kwetooloola kukimanya era nga tekunnabajjira okunnyonyola kwayo. Era bwe batyo (nabo) bwe baalimbisa abo ab'oluberyeberye lwabwe, kale tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abalyazaamaanyi.

بَلْ كَذَّبُوا بِالْحُجُجِ الَّتِي أُبَيِّقُوا بِهَا وَكَلَّمُوا بَرِيئِينَ وَإِنَّمَا كَلَّمُ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ لَدِينِ اللَّهِ وَإِنَّمَا كَلَّمُ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ لَدِينِ اللَّهِ وَإِنَّمَا كَلَّمُ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ لَدِينِ اللَّهِ وَإِنَّمَا كَلَّمُ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ لَدِينِ اللَّهِ

40. Ne mu bo (abantu) mulimu abagikkiriza (Kuraane), era ne mu bo mulimu oyo atagikkiriza, ne Katonda wo y'asinga okumanya abonoonyi.

وَمِنْهُمْ مَن يَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ إِنْ أَرَادْنَاهُمْ آلَاءَ رَبِّكَ أَفَلَا يَافِقُونَ ﴿٣٩﴾

41. Bwe baba nga bakulimbisizza, bagambe nti: Nnina omulimu gwange nammwe mulina omulimu gwammwe, mwe mwawukanye kw'ebyo bye nkola, nange njawukanye kw'ebyo bye mukola.

وَإِن كَذَّبُوكَ فَقُلْ إِنِّي كَلَّمْتُ لَدِينِ اللَّهِ وَإِن كَذَّبُوكَ فَقُلْ إِنِّي كَلَّمْتُ لَدِينِ اللَّهِ وَإِن كَذَّبُوكَ فَقُلْ إِنِّي كَلَّمْتُ لَدِينِ اللَّهِ

42. Ne mu bo mulimu abo (abeefuula) abakuwuliriza. Kyokka abaffe ggwe oyinza okuwuliza bakiggala ne bwe baba nga tebategeera?

وَمِنْهُمْ مَن يَسْتَمِعُونَ إِلَيْكَ إِذَا نَادَىٰ لَهُمْ فَلَا يُجِيبُونَكَ إِلَّا بِكَلِمَاتٍ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٤٠﴾

43. Era mu bo mulimu atunula gy'oli. Naye abaffe Ggwe oyinza okulunngamya bamuzibe, ne bwe babeera nga tebalaba?

وَمِنْهُمْ مَن يَسْتَمِعُونَ إِلَيْكَ إِذَا نَادَىٰ لَهُمْ فَلَا يُجِيبُونَكَ إِلَّا بِكَلِمَاتٍ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٤١﴾

38. Wano Katonda yagamba abo abali bawakanya Kuraane nti oba babuusabuusa mu kuba nti yava eri Katonda, ne bagamba nti Muhammadi ye yagyeyiyiza, kale nabo baleteyo essuula eyaabwe efaananako nga ezo eziri mu Kuraane. Ekyo yaki bagamba kubanga nabo twa kuba bantu nga Nabbi. Era yabagamba basabe oyo yenna gwe basobola okusaba mu bakatonda baabwe abayambeko kw'ekyo. Wabula tebaasobola kukikola.

39. Baalimbisa Kuraane abo abatakkiriza nga teoanagitegeera na kumanya amakulu n'enkomerero y'ebyo ebigerimu. Wabula nga bwe bakulimbisizza abakafiiri b'omulembe gwo, ggwe Nabbi, bwe batyo ne bannabbi abaakusooka bwe baalimbisibwa abo abakafiiri b'emirembe gyabwe. Bw'etyo n'ebeera enkomerero yaabwe nga yali ya Katonda kubazikiriza.

42. Waliwo abamu mu batakkiriza abawuliriza ebiganbo byo- ggwe Muhammadi. naye nga

44. Mazima Katonda talyazaamaanya bantu kintu (kyonna); naye abantu be balyazaamaanya emyoyo gyabwe.

إِنَّ اللَّهَ لَا يَظْلِمُ النَّاسَ شَيْئًا وَلَكِنَّ  
النَّاسَ أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٣٤﴾

45. N'olunaku lw'alibakunngaanya, balibeera nga abataatuula (ku nsi) wabula akaseera obuseera ak'emisana, nga bamanyigana wakati waabwe, mazima baafaafaaganirwa abo abaalimbisa okusisinkana ne Katonda era tebaali balungamu.

وَيَوْمَ يُحْشَرُهُمْ كَمَا كَانُوا يُشْكَرُونَ  
سَاعَةً مِّنَ النَّهَارِ يَتَعَارَفُونَ بَيْنَهُمْ  
قَدْ خَسِرَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِلِقَاءِ اللَّهِ وَمَا  
كَانُوا مُهْتَدِينَ ﴿٣٥﴾

46. Oba tuyinza okukulagira ddala (Gwe Muhammadi) ebimu kw'ebyo bye tubalagaanyisa (ebibonerezo) oba ne tukutta nga tobirabyc, (kye kimu) ne gye Tuli y'eri obuddo bwabwe, oluvannyuma Katonda ye mujulizi kw'ebyo bye bakola.

وَأَمَّا رَبِّي فَأَعْبُدُ الرَّبَّ الَّذِي نَعْبُدُهُمْ  
أَوْ تَوَكَّلْتُمْ فَإِنَّا بِمَرْجِعِهِمْ إِلَى اللَّهِ  
شَائِدًا عَلَىٰ مَا يَفْعَلُونَ ﴿٣٦﴾

47. Buli kibiina (kyali) kirina omubaka. Bw'aliba nga azze Omubaka waabwe (ku Lunaku Lw'okulamula) walirumulwa wakati waabwe n'obwenkanya. Nabo tebagenda kulyazaamaanyi-zibwa.

وَلِكُلِّ أُمَّةٍ رَسُولٌ فَإِذَا جَاءَ رَسُولُهُمْ  
قَضَىٰ بَيْنَهُمْ بِالْقِسْطِ وَهُمْ لَا يَظْلِمُونَ ﴿٣٧﴾

48. Ne bagamba: Ddi w'eneetuukira eyo endagaano; bwe mubeera nga muli bamazima?

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَذَا الْوَعْدُ إِن كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ﴿٣٨﴾

49. Gamba nti: Ssifunira mwoyo gwange kabi oba omugaso, wabula ekyo ky'aba ayagadde Katonda. Buli kibiina kirina ekiseera ekyakigererwa. Bwe kiba kizze ekiseera kyabwe tebayinza kulin-dirizibwa kaseera era tebayinza kukikulembera.

قُلْ لَا أَمْرًا لِنَفْسِي ضَرًّا وَلَا نَفْعًا  
إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ لِكُلِّ أُمَّةٍ أَجَلٌ  
وَإِذَا جَاءَ أَجْلُهُمْ فَلَا يَسْتَأْخِرُونَ  
سَاعَةً وَلَا يَسْتَقْدِمُونَ ﴿٣٩﴾

tebafaayo kulungama nabyo. Kale abo Katonda yabayita bakiggala kubanga tebasobola kwegasa nebyo bye bawulidde.

44. Katonda ye tayinza kulanga bantu bwereere n'ababonyabonya. Era asasula emirimu gyabwe okusenziira nga bwe giri. Kyokka, abantu beeryazaamaanya bokka olw'okujeemera Katonda ne beetantala ebibonerezo Bye.

45. Abonoonyi balimanyigana mu kiseera nga kyebajje bazuukire. Wabula n'oluvannyuma okumanyagana kugenda kuggwaawo olw'ebitiiso by'olunaku olwo.

- 50. Bagambe nti: Mumbuulire (mulaba mutya): Singa bibajjidde ebibonyobonyo Bye ekiro oba emisana; (Musobola okubyewala)? Lwaki banguyiriza mu byo aboonyoni?
- 51. Oluvannyuma bwe binaaba nga biguddewo (ebibonyobonyo) ne mukkiriza (nti ddala ye Katonda)? (Sso nga ate) mazima nga mwali mwanguyirizza okusaba ebibonerezo (olw'obujeemu bwammwe)?
- 52. Oluvannyuma ne bagambibwa abo abaalyazaamaanya (nti): Mukombe ku bibonyobonyo eby'olubeerera. Temujja kusalulwa wabula ebyo bye mwali mukola!
- 53. Bakubuuza obategeeze nti: Kya mazima ekyo (eky'okuzuukira, n'Oulunaku Lw'enkomerero)? Gamba nti: Yee, ndayidde Mukama wange, mazima kyo kya mazima. Temuli mmwe ba kulemesa.
- 54. Singa mazima buli mwoyo ogwalya zaamaanya (gwali) nga gulina ebyo ebiri mu nsi gwandyenunudde nabyo; ne bakisa okwejjusa, bwe baliraba ebibonyobonyo. Ne walamulwa wakati waabwe n'obwenkanya era nabo si ba kulyazaamaanyizibwa.
- 55. Abange, mazima bya Katonda ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi. Abange, mazima endagaano ya Katonda ya Mazima — Naye mazima abasinga obungi tebamanyi.

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَنْتُمْ عَدَابُكُمْ بِبَيِّنَاتٍ  
أَوْ نَهَارًا مِمَّا دَايَسْتَجِئِلُ مِنْهُ الْمُجْرِمُونَ ﴿٥٠﴾

أَنْتُمْ إِذَا مَا وَقَعَ مِنْكُمْ بِهِ آتٍ  
وَقَدْ كُنْتُمْ بِهِ تَسْتَعْجِلُونَ ﴿٥١﴾

تَمَّ قِيلَ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا ذُوقُوا عَذَابَ  
الْخُلْدِ هَلْ تُجْرُونَ إِلَيْهَا أَنْتُمْ  
تَكْسِبُونَ ﴿٥٢﴾

وَيَسْتَبِشُونَكَ أَحَقُّ هُوَ قُلْ إِي وَرَبِّي  
إِنَّهُ أَحَقُّ لِمَا أَنْتُمْ مُعْجِزِينَ ﴿٥٣﴾

وَلَوْ أَنَّ لِلْحُلِّ نَفْسٍ ظَلَمَتْ مَا فِي الْأَرْضِ  
لَافْتَدَتْ بِهِ وَأَسْرُوا النَّدَامَةَ كَمَا  
رَأَوْا الْعَذَابَ وَفُضِيَ بَيْنَهُم بِالْقِسْطِ  
وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٥٤﴾

الْآرَانَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
الْآرَانَ وَعَدَّ اللَّهُ حَقِّي وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ  
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٥٥﴾

﴿٥٥﴾ - ﴿٥٠﴾ : سُورَةُ الْيُونُسِ عِبْرَةُ السَّالِمِينَ

53. Temujja kulema oba okwewalla kufuuka ttaka oluvannyuma lw'okufa. Era tekigenda kulemesa Katonda kubazzaawo nga bwe yabatandikawo ng'abaggya mu butabaawo. Ekyo lwa kuba nti ye bw'aba ayagadde ekintu agamba bugambi nti ba ne kiba.



56. Ye alamusa n'atta, ne gy'Ali gye mulizzibwa.
57. Abange mmwe abantu! Mazima kubajjidde okubuulira okuva eri Mukama wammwe, era nga (kwo) kyakuvumula kw'ebyo ebiri mu bifuba (byammwe), era nga kyakulungamya na kusaasira eri abakkiriza.
58. Gamba nti: Ku lw'ebyengera bya Katonda n'okusaasira Kwe, ku lw'ekyo bateekwa basanyuke. Kyo (ekitabo Kuraane) kye kirungi okusinga ebyo bye bakunngaanya.
59. Bagambe nti: Mulaba mutya ebyo Katonda bye yabassiza (ebyokulya eby'okubabeezawo), ate ne mufuula ebimu mu byo ebizira n'ebirala ebikkirizibwa? Bagambe nti: Katonda ye yabakkiriza oba mugunjawo obulimba ku Katonda?
60. Era kuli kutya okulowooza kw'abo abagunja obulimba ku Katonda (ku mbeera gye balibeeramu) ku Lunaku Lw'okuzuukira? Mazima Katonda ye nnannyini bulungi (bw'akolera) abantu naye mazima abasinga obungi mu bo tebeebaza.
61. Tobeera (Ggwe Muhammadi) na mulimu gwonna gw'okola era tosoma

هُوَ يَحْيَىٰ وَرُؤَيْبُتٌ وَاللَّيْثُ تَرْجَعُونَ ﴿٥٦﴾

يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَ تَكُمْ مَوْعِظَةٌ  
مِّن رَّبِّكُمْ وَشِفَاءٌ لِّمَا فِي الصُّدُورِ  
وَهُدًى وَرَحْمَةٌ لِّلْمُؤْمِنِينَ ﴿٥٧﴾

قُلْ يُفَضِّلُ اللَّهُ بِرَحْمَتِهِ فِئْدَالِكَ  
فَلْيَقْرَأُوا هُوَ خَيْرٌ مِّمَّا يَجْعَلُونَ ﴿٥٨﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ مَا أَنزَلَ اللَّهُ لَكُمْ مِّن  
رِّزْقٍ فَجَعَلْتُم مِّنْهُ حَرَامًا وَحَلَالَ قُلْ  
اللَّهُ أَذِنَ لَكُمْ أَمْ عَلَى اللَّهِ تَفْتَرُونَ ﴿٥٩﴾

وَمَا ظَنُّ الَّذِينَ يَقْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ  
يَوْمَ الْقِيَامَةِ إِنَّ اللَّهَ لَذُو فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ  
وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ لَا يَشْكُرُونَ ﴿٦٠﴾

وَمَا تَكُونُونَ فِي شَأْنٍ وَمَا تَتْلُوا مِنْهُ

56. Oluvannyuma lw'okuzuukira abantu balizzibwa eri Katonda, alyoke abasasule empeera z'ebyo bye baakolanga ku nsi.

57. Okubuulira okwo n'okuvumula endwadde mu mitima, ate ogatteko okulungamya n'okusaasira ebya Katonda, bifuniddwa oyo amukkiriza akkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.). Era nga akkiriza nga ebyo ebiri mu Kuraane bwe biri eby'amazima – olwo Kuraane n'ebeera eky'okusaasira n'okulungamya gy'ali ekimuwonya ebibonezezo bya Katonda.

58. Abakkiriza bateekwa okusanyuka olw'okubalceera Kuraane, ne kiba eky'okusaasira gye bali era eddagala erivumula obulwadde obuli mu mitima gyabwe olw'endowooza embi. Ekyo ky'ekisaana okusanyukira okusinga ebyo bye bakunngaanya mu byokufuna by'ensi eby'okuggwaawo.

60. Abantu Katonda yabagazyiza mu byokufuna n'abagabira era n'abalagirira eri ekkubo ery'obulungamu. naye kyokka abasinga obungi tebeebaza ebyo ebyengera bye yabawa. Bamujeemera ne batagondera mateeka Ge.

61. Ebyo byonna ebikolebwa biwandiiikibwa ku lubaawo oluli awali Katonda, era amanyi buli kyonna we kibeerawo.

(kitundu kyonna) mu yo Kuraane, era temukola mu mulimu gwonna (kitundu), wabula tubeera abajulizi ku mmwe mu kiseera we muyingirira mu gwo (omulimu ogwo). Era tekye-samba ku Mukama wo kintu kyonna (ne bwe kiba nga) mu kigero ky'akanyinkuuli nga kiri mu nsi oba mu ggulu, oba ekitono okusinga awo oba ekinene okusinga awo wabula nga kiri mu kitabo ekinnyonyofu.

62. Abange, mazima abaagalwa ba Katonda tebalina bo kutya, era tebali bo ba kunakuwala;
63. Abo abakkiriza ne baba nga batya Katonda,
64. Balina okusanyusibwa mu bulamu obw'ensi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Tewali kukyusa mu bigambo bya Katonda. Okwo kwesiima okunene.
65. Tekikunakuwaza ekigambo kyabwe (Ggwe Muhammadi). Mazima ekitiibwa kyonna kya Katonda. Naye Awulira, Amanyi.
66. Abange! Mazima bya Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi. Tebagoberera abo abasaba (ebyo) ebitali Katonda, ebyo bye bamugattako, bwe baba nga bagoberera wabula birowoozo, tebali bo wabula bateebereza buteebereza.

مِنْ قُرْآنٍ وَلَا تَعْمَلُونَ مِنْ عَمَلٍ  
إِلَّا كُنَّا عَلَيْكُمْ شُهُودًا إِذْ تُبْعَثُونَ فِيهِ  
وَمَا يَعْرُبُ عَنْ رَبِّكَ مِنْ مِّثْقَالٍ  
ذَرَّةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي السَّمَاءِ وَلَا  
أَصْغَرَ مِنْ ذَلِكَ وَلَا أَكْبَرَ إِلَّا فِي  
كِتَابٍ مُبِينٍ ﴿٦١﴾

الَّذِينَ أَوْلِيَاءُ لِلَّهِ لَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ  
وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٦٢﴾  
الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ﴿٦٣﴾

لَهُمُ الْبُشْرَى فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي  
الْآخِرَةِ لَا تَبْدِيلَ لِكَلِمَاتِ اللَّهِ  
ذَلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٦٤﴾  
وَلَا يَحْزَنُونَ قَوْلَهُمْ إِنَّ الْجَهَنَّمَ  
كُلَّهَا هِيَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٦٥﴾

الَّذِينَ آمَنُوا مِنْ فِي السَّمَوَاتِ وَمَنْ فِي  
الْأَرْضِ وَمَا يَتَّبِعُ الَّذِينَ يَدْعُونَ  
مِنْ دُونِ اللَّهِ شُرَكَاءَ إِنَّ يَتَّبِعُونَ  
إِلَّا الظَّنَّ وَإِنَّ هُمْ إِلَّا يَخْرُصُونَ ﴿٦٦﴾

62. Abo abasiimibwa Katonda olw'emirimu gyabwe emirungi tebalina bo kye batya mw'ebyo bye boolekedde mu bizibu by'oku Lunaku Lw'enkomerero, era si ba kunakuwala olw'ebyo bye baaleka kuno ku nsi.

63. Abantu abo abaagalwa eri Katonda, be bo abakkiriza Obwomu bwa Katonda, ne Bannabbi Be, era ne baba nga bamutya — Katonda.

66. Abo abagatta ebintu ebirala ku Katonda, tebasinza bintu ebyo nga basinziira ku kumanya nti bisinzibwa okuggyako okuteebereza obuteebereza.

67. Y'oyo (Ye Katonda) ayabateerawo ekiro mulyoke muwummuliremu, n'omusana obudde obulaba. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero obulaga (obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekiwulira.

هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ الْيَلَّ لِتَسْكُنُوا فِيهِ وَالنَّهَارُ مُبْجَرٌ لِّرَأْسِ ان فِي ذَلِكَ آيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَسْمَعُونَ ﴿٦٧﴾

68. Bagamba nti: Katonda yeeteerawo omwana! Yayawukana n'ekyo, Ye mugagga (talina kye yeetaaga)! Alina ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi. Temulina bujulizi kw'ekyo. Abaffe! Mwogera ku Katonda ebyo bye mutamanyi?

قَالُوا اتَّخَذَ اللَّهُ وَلَدًا سُبْحٰنَهُ هُوَ الْغَنِيُّ لَهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ اِنْ عِنْدَكُمْ مِنْ سُلْطٰنٍ بِهٰذَا اتَّقُوا لَنْ عَلٰى اللّٰهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٦٨﴾

69. Gamba nti: Mazima abo abagunjawo obulimba ku Katonda ssi ba kulokoka.

قُلْ اِنَّ الَّذِيْنَ يَقْفُرُوْنَ عٰلَى اللّٰهِ الْكٰذِبِ لَا يُفْلِحُوْنَ ﴿٦٩﴾

70. Balina okweyagala ku nsi, oluvannyuma gye Tuli y'eri obuddo bwabwe. Olwo tulibakombya ku bibonyobonyo ebityirivu ku lw'ebyo bye baali bakanyanya.

مَتَاعٌ فِي الدُّنْيَا ثُمَّ اِلَيْنَا مَرْجِعُهُمْ ثُمَّ نَذِيْقُهُمُ الْعَذَابَ الشَّدِيْدَ يَمَّا كَانُوْا يَنْتَعِبُوْنَ ﴿٧٠﴾

71. Era basomere kyaafaayo kya Nabbi Nuuhu mu kiseera bwe yagamba eri ekibiina kye: Abange ab'ekibiina kyange! Bwe kuba nga kubazitoweredde mmwe okubeera kwange mu mmwe n'okubabuulirira kwange obubonero bwa Katonda, nneesize Katonda, kale mukunngaanye ekigambo kyammwe wamu ne banammwe (abo be mumugattako Katonda). Oluvannyuma tekibeera ekigambo kyammwe (kye musazeewo) mu kyama. Oluvannyuma (lw'okusalawo) mulamule ku nze, era temunnindiriza.

وَاٰتٰى عَلَيْهِمْ نَبَا لُوْجٍ اِذْ قَالُ لِقَوْمِهِمْ يَقُوْمُوْا اِنْ كٰنَ كَبْرًا عَلٰىكُمْ مَّقٰمِيْ وَتَذٰكِرًا لِّبَرِيْ بِاٰيٰتِ اللّٰهِ فَعَلَى اللّٰهِ تَوَكَّلْتُ فَاجْبِعُوْا اَمْرَكُمْ وَشُرَكَاءُكُمْ ثُمَّ لَا يَكُنْ اَمْرًا عَلٰىكُمْ عَمَةً ثُمَّ اَنْصُرُوْا اللّٰهَ وَلَا تَنْظُرُوْنَ ﴿٧١﴾

68. Temusaanye kwogera ku Katonda ebyo bye mutamanyi: ebyo bye mugamba nti alina omwana ate nga temukirinaako bujulizi bukikakasa.

71. Kale mwegatte wamu ne bakatonda bammwe abo be musinza, musalewo ekyo kye mwagala okunkola. N'oluvannyur a lw'okusalawo kwammwe mukole ekyo owatali kunnindiriza.

72. Bwe muba nga mukyuse (okuva kw'e-kyo ne munnimbisa) sibasabye mpeera yonna. Teri empeera yange wabula eri wa Katonda yekka, era nalagirwa okubeera ow'omu Basiraamu (abagoberezi b'amateeka ga Katonda).
73. Kale ne bamulimbisa, ne tumuwonya n'abo be yali nabo mu lyato, ne tubafuula abasigire (mu nsi), ne tuzikiriza abo abaalimbisa obubonero Bwaffe. Tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abo abaatiisibwa (wabula ne batafaayo).
74. Nate ne tutuma oluvannyuma lwe (Nuuhu) ababaka eri abantu b'ebibiina byabwe, ne babajjira n'obujulizi obukakafu (obukakasa amazima gaabwe). Wabula tebaali ba kukkiriza ebyo bye baalimbisa oluberyeberye. Bwe tutyo bwe tuzibikira ku mitima gy'abalumbaganyi.
75. Nate ne tutuma oluvannyuma lwabwe (ababaka) Musa ne Haruna okugenda eri Fir'auna n'ekibiina ky'abakungu be n'obujulizi Bwaffe, wabula ne beekuza ne babeera aboonyi.
76. Bwe gaamala okubajjira amazima okuva we Tuli, ne bagamba nti: Mazima kino ddogo eryeyolefu.
77. N'abagamba Musa nti: Mugamba amazima nti ddogo bwe gabajjidde?

فَإِنْ تَوَلَّيْتُمْ فَمَا سَاءَ لَكُمْ مِنْ أَجْرٍ  
 إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَى اللَّهِ وَأُمِرْتُ أَنْ  
 أَكُونَ مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿٦٢﴾

فَكَذَّبُوهُ فَجَعَلْنَاهُ وَمَنْ مَعَهُ فِي الْفَلَكِ  
 وَجَعَلْنَاهُمْ خَلِيفَةً وَأَعْرَفْنَا الَّذِينَ  
 كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا ۖ فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ  
 الْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٦٣﴾

ثُمَّ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِهِ رَسُولًا إِلَى قَوْمِهِمْ  
 فَجَاءَهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ فَمَا كَانُوا بِالْيُؤْمِنِ  
 بِمَا كَذَّبُوا بِهِ مِنْ قَبْلُ ۚ كَذَلِكَ نَطْبَعُ  
 عَلَى قُلُوبِ الْمُتَعَدِّينَ ﴿٦٤﴾

ثُمَّ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِهِمُ مُوسَى وَهَارُونَ  
 إِلَى فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِ بِآيَاتِنَا فَاسْتَكْبَرُوا  
 وَكَانُوا قَوْمًا مُجْرِمِينَ ﴿٦٥﴾

فَلَمَّا جَاءَهُمُ الْحَقُّ مِنْ عِنْدِنَا قَالُوا  
 إِنَّ هَذَا الْيَحْرُومِيُّونَ ﴿٦٦﴾

قَالَ مُوسَى أَنْتُمْ لِلْحَقِّ لِلْبِغَاءِ كُفْرًا

72. Bwe muva ku bye mbagambye ne munnimbisa, Katonda wange ye w'okunasula sso ssi mmwe.

74. Baalimbisa Bannabbi, ate ne balumbagana amateeka ago ge baabajjiranga nago, ne bagamenya.

75. Fir'auna n'abakungu be beekuliza ku Mubaka Musa ne Haruna ne bargaana okubakkiriza wadde nga baabalaga obujulizi obukakasa amazima gaabwe. Kale olw'ekyo ne babeera aboonyi olw'okugaana okukkiriza.

- Ddogo lino? (Sso nga) abalogo tebagenda kulokoka.
78. Baagamba: Otujjidde alyoke atukyuse (okuva) kw'ekyo kye twasangako bakitaffe, era mubeere nga mulina mwebiriri obukulu mu nsi (eno Misiri)? Tetuli ffe ba kubakkiriza mmwe mwebiriri.
79. N'agamba Fir'auna nti: Mundeetere buli mulogo omumanyi nnakinku.
80. Bwe baamala okujja abalogo ba Fir'auna, Musa n'abagamba nti: Musuule ebyo mmwe bye musuula!
81. Bwe baamala okusuula, Musa n'agamba: Eryo lye muzze nalyo ddogo. Mazima Katonda ajja kubyonoona. Ddala Katonda talongoosa mulimu gwa bonoonyi.
82. Katonda n'akakasa amazima n'ekigambo Kye, newankubadde nga tebakyalaga abonoonyi.
83. Tebakkiriza Musa okuggyako ezzadde okuva mu kibiina kye, ku lw'okutya (kwe baalina) ku Fir'auna n'ekibiina ky'abakungu baabwe okubabonyabonya. Era mazima Fir'auna yeegulumiza mu nsi, mazima ye yali ow'omu bayitiriza okwonoona.
84. Musa n'agamba nti: Abange ekibiina kyange! Bwe muba nga (ddala) mwakkiriza Katonda mumwesige, bwe mubeera nga muli Abasiraamu (abagoberezi b'amateeka ga Katonda)!

أَسْحَرُ هَذَا وَلَا يُفْلِحُ السَّاحِرُونَ ﴿٤٥﴾

قَالُوا أَجِئْتَنَا لِنَأْفِتِنَا عَمَّا وَعَدْنَا عَلَيْهِ  
أَبَاءَنَا وَتَكُونُ لَكُمُ الْكِبْرِيَاءُ فِي الْأَرْضِ  
وَمَا نَحْنُ لَكُمُ بِمُؤْمِنِينَ ﴿٤٦﴾

وَقَالَ فِرْعَوْنُ إِنِّي لَأَكْبَرُ عَلَيْكُمْ ﴿٤٧﴾

فَلَمَّا جَاءَ السَّحَرَةُ قَالَ لَهُمْ مُوسَى الْقُوا  
مَا أَنْتُمْ مُلْقُونَ ﴿٤٨﴾

فَلَمَّا الْقُوا قَالَ مُوسَى مَا جِئْتُمْ بِهِ  
السَّحَرُ إِنَّ اللَّهَ سَيُبْطِلُهُ إِنَّ اللَّهَ لَا  
يُضِلُّ عَمَلِ الْمُفْسِدِينَ ﴿٤٩﴾

وَيُحْيِي اللَّهُ الصَّحْقَى بِكَلِمَاتِهِ وَلَوْ كَرِهَ  
الْمُجْرِمُونَ ﴿٥٠﴾

فَمَا آمَنَ لِمُوسَى إِلَّا ذُرِّيَّةٌ مِّنْ قَوْمِهِ  
عَلَى خَوْفٍ مِّنْ فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِمْ  
أَن يَفْتِنَهُمْ وَإِنَّ فِرْعَوْنَ لَعَالٍ فِي  
الْأَرْضِ وَإِنَّهُ لَمِنَ الْمُسْرِفِينَ ﴿٥١﴾  
وَقَالَ مُوسَى يُقَوْمُ إِن لَّكُمُ آمَنَةٌ  
بِاللَّهِ فَعَلَيْهِ تَوَكَّلُوا إِن كُنتُمْ مُسْلِمِينَ ﴿٥٢﴾

78. Fir'auna n'abakungu be baagamba Musa nti otujjidde tuve ku nzikiriza gye twasangako bakadde baffe, tudde ku mmwe bye mutuleetedde?

83. Fir'auna yali abalibwa mw'abo abasukka ebikomo olw'okwesukkulumya ne yeeyita Katonda.

85. Ne bagamba nti: Twesize Katonda. Ayi Mukama waffe, totufuula eky'okukemebwa ky'ekibiina ekiryaza-zaamaanyi;

فَقَالُوا عَلَى اللَّهِ تَوَكَّلْنَا رَبَّنَا إِنَّا أَتَجَعَلْنَا  
فِتْنَةً لِّلْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿١٥﴾

86. Era otuwonye ku lw'okusaasira Kwo mu kibiina ky'abakafiiri.?

وَجِئْنَا بِرَحْمَتِكَ مِنَ الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿١٦﴾

87. Ne tutumira eri Musa ne Muganda we (Haruuna nga tugamba) nti: Mu-terewo ekibiina kyammwe mu Misi-ri amayumba, mufuule amayumba gammwe obwolekero, era muyimiri-zeewo esswala. Era osanyuse abak-kiiriza.

وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ وَأَخِيهِ أَنْ تَبَوَّأْ  
لِقَوْمِكُمَا بِمِصْرَ بُيُوتًا وَأَجْعَلُوا بُيُوتَكُمْ  
قِبْلَةً وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَشِرْكُ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٧﴾

88. Musa n'agamba nti: Katonda waffe! Mazima Ggwe owadde Fir'auna n'eki-biina ky'abakungu be ebyokwenyiriza n'emmaali mu bulamu bw'ensi, Katonda waffe! Balyoke babule (abantu) okuva ku kkubo Lyo (Eddiini Yo). Ayi Katonda waffe! Sangulawo emmaali yaabwe era osibe emitima gyabwe (gizibikire babeere nga) tebajja kukkiriza okutuusa lwe banaalaba ebibonyobonyo ebiruma.

وَقَالَ مُوسَىٰ رَبَّنَا إِنَّكَ آتَيْتَ فِرْعَوْنَ  
وَمَلَائِكَةَ زِينَةً وَأَمْوَالًا فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
رَبَّنَا لِيُضِلُّوا عَنْ سَبِيلِكَ رَبَّنَا اطْمِسْ  
عَلَىٰ أَمْوَالِهِمْ وَأَشْدُدْ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ  
فَلَا يُؤْمِنُوا حَتَّىٰ يَرَوُا الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ﴿١٨﴾

89. (Katonda) n'agamba nti: Mazima kwa-nukuddwa okusaba kwammwe. Mu-lunngame mwembiriri (ku kkubo eggolokofu), era temugoberera ekkubo ly'abo abatamanyi.

قَالَ قَدْ أُجِيبَتِ دَعْوَتُكُمَا فَاسْتَقِيمَا  
وَلَا تَتَّبِعِينَ سَبِيلَ الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٩﴾

90. Ne tusomosa Abaana ba Israili ennya-nja, Fir'auna n'abagoberera n'eggwe

وَجَاوَزْنَا بِبَنِي إِسْرَائِيلَ الْبَحْرَ فَأَتَيْنَاهُمْ

87. Amayumba ago gaali ga kuba masinzizo gaabwe mwe basaalira. Ekyo kiyali nti Abaisraili baategeza Musa nga bwe batasobola kusaala lwatu ku lw'okutya Fir'auna n'abantu be. Kale Katonda n'abakkiriza basaale mu mayumba gaabwe era boolekeze amayumba gaabwe mu bwolekero gye boolekera nga basaala — *Al Kiblati* (ekibula).

88. Musa yasabira Fir'auna n'abagobereri be nga asunguwadde ku lwa Katonda ne ku lw'eddiini ye. Bwe yamala okulaba nga tebajja kuvaamu kirungi kyonna, nga era ne Nabbi Nuuhu bwe yasabira ekibiina kye oluvannyuma lw'okubageza n'alaba nga tebakyasobola kukkiriza — olwo yasaba Katonda aleme okulekawe ennyumba n'emu mu mayumba g'abakafiiri. Ne Katonda n'akkiriza okusaba okwo.

90. Fir'auna yakkiriza kyokka nga okukkiriza kwe tekukyamusaga.

lye ku lw'okwekuluntanza n'okulumbagana okutuusa lwe kwamutuukako okusaanawo mu mazzi, n'agambanti: Nzikirizza nti mazima tewali Katonda (mulala) akakatirwa kusinzibwa wabula Oyo Abaisraili gwe bakkiriza, nange ndi wamu n'Abasiraamu (abagoberazi b'amateeka Ge).

91. (Fir'auna yaddibwamu): Kaakati (okkiriza), nga mazima wajeema oluberyebye n'obeera ow'omu bonoonyi?
92. Olwa leero tujja kukuwonya omubiri gwo (enjole) olyoke obeere Aka bonero ak'okulabirako eri abo abalijja oluvannyuma lwo. Mazima bangi mu bantu bagayaavu ku bubonero Bwaffe.
93. Mazima twatebenkeza Abaana ba Israili mu kifo eky'amazima (ekirungi). Ne tubagabira mu birungi; tebaaya-wukana okutuusa lwe kwabajjira okumanya. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maso Ge) mw'ekyo kye baali bayawukanamu.
94. Bw'oba nga olimu okubusabuusa (Ggwe Muhammad) mw'ebyo bye twassa ku ggwe, buuza abo abasoma Ekitabo ekyak ka oluberyebye lwo. Mazima gaakujjira amazima nga gava eri Mukama wo. Kale tobeereranga ddala ow'omu babuusabuusa.
95. Era tobeereranga ddala mw'abo abalimbisa Obubonero bwa Katonda, olwo

فَرَعُونَ وَجُودُهُ بُغْيًا وَعَدُوا حَتَّى  
إِذَا أَدْرَكَهُ الْعَرَبُ قَالَ آمَنْتُ أَنْتَهُ  
لَا إِلَهَ إِلَّا الَّذِي آمَنْتُ بِهِ بَشَرًا  
إِسْرَائِيلَ وَأَنَا مِنَ الْمُسْلِمِينَ ④

الَّذِي وَقَدْ عَصَيْتَ قَبْلُ وَكُنْتَ  
مِنَ الْمُفْسِدِينَ ⑤

فَأَيُّكُمْ يُبْعَثُ بِبَدَلِكُ إِنْ كُنَّ لِمَنْ  
خَلَقَكَ آيَةٌ طَوَّانَ كَثِيرًا مِنَ النَّاسِ  
عَنْ آيَاتِنَا الْغَافِلُونَ ⑥

وَلَقَدْ بَوَّأْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ مَبَادِرَ  
وَرَرْنَا فِيهِمُ مِنَ الظُّلُمَاتِ فَمَا اخْتَلَفُوا  
حَتَّى جَاءَهُمُ الْعِلْمُ إِنَّ رَبَّكَ يَقْضِي  
بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامِ كَمَا كُنْتُمْ يَخْتَلِفُونَ ⑦

فَإِنْ كُنْتَ فِي شَكٍّ مِمَّا أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ  
فَسْأَلِ الَّذِينَ يُقْرَأُونَ الْكُتُبَ مِنْ  
قَبْلِكَ ۚ لَقَدْ جَاءَكَ الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ فَلَا  
تَكُونَنَّ مِنَ الْمُمْتَرِينَ ⑧

وَلَا تَكُونَنَّ مِنَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِ

92. Abantu abasinga obungi bagayaalirira obubonero Bwaffe ne bata bufuula kyakulabirako. Ensonga efa ku kuzikirira kwa Fir'auna eja kujja mu kitundu ekirala mu kunnyonyola okusingako awo.

94. Bw'oba obuusabuusa ebyo ebiri mu Kuraane gye twassa ku ggwe, gwe Muhammad: buuza Abakristaayo n'Abayudaaya ab'amazima, abessimbu bakutegeeze ekituufu nga Kuraane bw'eri amazima gava eri Katonda wo.



- n'obeera ow'omu bafaafaaganiddwa.
96. Mazima abo abaakakatako ekigambo kya Mukama wo eky'okubabonereza ssi ba kukkiriza,
97. Newankubadde nga kabajjidde buli kabonero, okutuusa lwe baliraba ebi-bonerezo ebiruma.
98. Singa waaliwo ekyalo nga kyakkiriza ne kukigasa okukkiriza kwakyo (nga tekinnazikirizibwa), ukuggyako eki-biina kya (Nabbi) Yunusu! Bwe baamala okukkiriza ne tubaggyako ebi-bonerezo ebiswaza mu bulamu bw'ensi ne tubeeyagaza okutuusa ekiseera ky'okuggyaako entuuko zaabwe.
99. Singa yayagala Mukama wo bandikkiriza abantu abali mu nsi bonna bonna. Ggwe (Muhammadi oyinza) okukaka abantu okutuusa babeere abakkiriza (bonna)?
100. Tegwalina omwoyo kukkiriza wabula ku lw'obuyinza bwa Katonda. N'ateka obubi kw'abo abatategeera.
101. Bagambe nti: Mutunuulire biki byo ebiri mu ggulu ne mu nsi! Wabula tebugasa obubonero n'okutiisa ku kibiina ekitakkiriza.
102. Abaffe balindirira ekintu kyonna okuggyako ekifaananyi ky'ennaku z'abo abaayita oluberyeberye lwabwe?
- اللَّهُ فَتَكُونُ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٩٥﴾  
 إِنَّ الَّذِينَ حَقَّتْ عَلَيْهِمْ كَيْدَاتُ رَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٩٦﴾  
 وَلَوْ جَاءَتْهُمْ كُلُّ آيَةٍ حَتَّىٰ يَبْرُؤُوا الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ﴿٩٧﴾  
 فَلَوْلَا كَانَتْ قَرْيَةٌ آمَنَتْ فَنَفَعَهَا إِيمَانُهَا إِلَّا قَوْمَ يُونُسَ مَلَكْنَا امْنُوا كَشَفْنَا عَنْهُمْ عَذَابَ الْخِزْيِ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَنَعَّمْنَا بِهِمْ إِلَىٰ حِينٍ ﴿٩٨﴾  
 وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ لَأَمَنَّ مِنَ فِي الْأَرْضِ كُلَّهُمْ جَمِيعًا مَا فَانْتَ تَكْفُرُ الْكَافِرِينَ حَتَّىٰ يَكُونُوا مُؤْمِنِينَ ﴿٩٩﴾  
 وَمَا كَانَ لِنَفْسٍ أَنْ نُؤْمِنَ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ وَيَجْعَلُ الرِّجْسَ عَلَى الَّذِينَ لَا يَعْقِلُونَ ﴿١٠٠﴾  
 قُلْ أَنْظِرُوا مَاذَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا نُغْنِي الْأَيْدِي وَالْأَنْدَادَ عَنْ قَوْمِ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٠١﴾  
 فَهَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا مِثْلَ أَيَّامِ الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ قَبْلِهِمْ قُلْ فَانظُرُوا إِلَىٰ

97. Abo Katonda be yakakasaako ebibonerezo, tebasobola kukkiriza okutuusa ekiseera ky'okubiraba, olwo ne balyoka bakkiriza; ng'ate okukkiriza kwabwe okwo tekukyabagasa.

101. Obubonero bwa Katonda obuli mu ggulu ne mu nsi obwo obulaga obuyinza Bwe, wamu n'okutiisa Kwe, tebigasa eri abo abatakkiriza olw'obutabigoberera.

102. Abo abalimbisa Nabbi Muhammadi tebalina kye balindirira kirala kyonna wabula ekyo ekifaananako nga ekyatuuka kw'abo abalimbisa bannabbi abasooka — eky'okubazikiriza.

- Bagambe nti: Mulindirire! Mazima nze ndi wamu nammwe mu balindirira.
103. Oluvannyuma ne tuwonya abakaka Baffe n'abo abakkiriza, bwe kityo kikakafu ku Ffe okuwonya abakkiriza.
104. Gamba nti: Abange mmwe abantu! Bwe mubeera mu kubuusa buusa mu ddiini yange, (mukimanye nti) sija kusinza abo be musinza abatali Katonda, naye nsinza Katonda Oyo abatta, era nalagirwa okuba mu bakkiriza,
105. Era (nalagirwa) nti: Yolekeza ekyeyi kyo ku ddiini ya Katonda Entukuvu nga ovudde ku ddiini zonna, era tobbeeranga ddala ow'omu bagatta Katonda n'ebintu ebirala;
106. Era tosabanga ekyo ekitali Katonda—Ekyo ekitakugasa era ekitakuleetera kabi, bw'onooba nga okoze ekyo mazima ggwe ojja kuba ow'omu balyazaamaanyi.
107. Bw'aba Katonda nga akutuusizzaako akabi, tewali akaggyawo wabula Ye, era bw'aba nga akwagalizza obulungi, tewali azzaayo birungi Bye. Abifunyisa oyo gw'aba ayagadde mu baddu Be. Naye ye Musonyiyi, Omusaasizi.
108. Gamba nti: Abange Mmwe abantu! Ddala gabajjidde amazima okuva eri Mukama wammwe. Kale omuntu yenna alunngama, mazima alunngama ku lwa mwoyo gwe, n'omuntu abula, mazima, abula ku lwagwo. Siri nze mukuumi ku mmwe.

مَعَكُمْ مِنَ الْمُنْتَظِرِينَ ﴿١٠٦﴾

ثُمَّ نُفِخُ بِرُسُلِنَا وَالَّذِينَ آمَنُوا أَكْذَابًا  
حَقًّا عَلَيْنَا نُنَاجِي الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٠٧﴾

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِن كُنتُمْ فِي شَكٍّ  
مِّن دِينِي فَلَا أَعْبُدُ الَّذِينَ تَدْعُونَ  
مِن دُونِ اللَّهِ وَلَكِن أَعْبُدُ اللَّهَ الَّذِي  
يَتَوَفَّاكُمْ وَأُمِرْتُ أَنْ أَكُونَ مِنَ الْمُنْذِرِينَ ﴿١٠٨﴾  
وَأَنْ أَدْعُوَ صِهْرَكُمُ الَّذِينَ كَفَرُوا  
تَكُونُونَ مِنَ الْمُنْكَرِينَ ﴿١٠٩﴾

وَلَا تَدْعُ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُكَ وَلَا  
يَضُرُّكَ فَإِن فَعَلْتَ فَإِنَّكَ إِذًا مِنَ الظَّالِمِينَ ﴿١١٠﴾

وَأَن يَسْأَلَ اللَّهَ لِي لِيُضِرَّ فَلَا كَاشِفَ لَهُ  
إِلَّا هُوَ وَأَن يُرِيدُكَ لِيخَيَّرِكَ مَا رَأَى  
لِقَضِيَّتِهِ يُصِيبُ بِهِ مَنْ يَشَاءُ مِنْ  
عِبَادِهِ وَهُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿١١١﴾

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ الْحَقُّ مِن  
رَبِّكُمْ فَمَنْ اهْتَدَى فَإِنَّمَا يَهْتَدِي  
لِنَفْسِهِ وَمَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا  
وَمَا أَنَا عَلَيْكُمْ بِوَكِيلٍ ﴿١١٢﴾

109. Goberera (Ggwe Muhammadi) ebyo ebitumiddwa gy'oli, era ogumiikirize okutuusa Katonda lw'anaalamula. Naye ye mulungi okusinga abalamuzi bonna.

وَاتَّبِعْ مَا يُوحَىٰ إِلَيْكَ وَاصْبِرْ  
 حَتَّىٰ يَخْرُجَكَ اللَّهُ ۗ وَهُوَ خَيْرُ  
 الْخَالِقِينَ ﴿١٠٩﴾

---

109. Katonda ye mulamuzi omwenkanya okusinga abalamuzi bonna.

## EBIFA KU SSUULA HUUDU MU BUFUNZE (11)


Essuula eno nayo yakkira Makka, nga ebigirimu byongereza kw'ebyo ebiri mu Ssuula Yunusu. Eyitibwa Huudu okusenziira ku kyafaayo kya Nnabbi Huudu (emirembe gibe ku ye) ekyogerwako mu Ssuula eno. Erina aya 123.

Essuula eyogera ebikwata ku nzikiriza y'eddiini y'Obusiraamu nga eyita abantu bw'e-bakubiriza okukkiriza n'okugoberera Omubaka wa Katonda; baleme kugatta ku Katonda bintu birala era basinze Ye Katonda Omu yekka; era beesigamize obulamu bwabwe bwonna ku kukakasa nti lumu bajja kulamalwa n'okusasulwa mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Mulimu okutiisa abantu b'omulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bajjukizibwa abantu abo abaabasooka, abaatwala obulamu bw'ensi okuba eky'omugaso ne bagaana Obubaka Bannabbi baabwe bwe baabaleeteranga ne balyoka baweebwa ebibonyobonyo ebikakali. N'olwekyo kati kiri eri bo abantu okulondako ekkubo lye baba bakwata: ettuufu ery'okugondera amateeka ga Katonda oba ery'obu-buze nga ery'abo abaayita. Mulimu n'okulabula ebonoonyi nti baleme kugayaaazibwa ekisera kye balindirizibwa kuno ku nsi ne balema okwenenya ne balongoosa mbu olw'okuba ebibonerezo tebibatuukako mbagirawo. Okubalindiriza okwo kuba kusaasira na kisa kya Katonda ky'abakolera naye bwe bateddako ne beenenya nga bakozeza akakisa akabaweereddwa, bajja kuzikirizibwa bonna okuggyako abakkiriza bokka. N'ebyaafaayo bya bannabbi abaasooka binyumizibwa n'ekigendererwa ky'okugumya Muhammadi (s.a.w.) olw'ebizibu n'okunakuwazibwa bye yafuna nga awalanwa n'oku-walagganyizibwa abatakkiriza b'omu Makka, okusingira ddala ebyo bye yatuukako oluvannyuma lw'okufa kwa Kitaawe Omuto Abi Twalibu ne Mukyala we Khadija Kale Aya zakkanga nga zimutegeeza ebyo ebyatuuka ku babaka olw'okubonyabonyezebwa mu ngeri ezitali zimu alyoke naye abagoberere mu kugumiikiriza ebyo ebimukolebwa abatakkiriza b'omulembe gwe, abo ab'omu Makka.

Nabbi Nuuhu mu kulumirwa abantu be yabuulira Amazima ga Katonda n'obubaka Bwe wabula ne bamulimbisa n'okumujeja. Kyokka yazimba eryato ku kulagira n'okulabirira kwa Katonda n'alinniyisaamu abagoberezi be na buli kika ky'ekitonde, ekikazi n'ekisajja. Abo abataamukkiriza bo ne basaanyizibwawo amataba. Nuuhu ye Nabbi eyasinga okufuna ebizibu okuva mu bantu be, era ye yasinga bannabbi bonna okugumiikiriza n'okuwangaala.

Essuula eno etutegeeza nga Nabbi Huudu bwe yabuulira abantu be aba Aadi baleme kusinza bakatonda ba bulimba, era n'etegeeza nga ne Nabbi Swalihi bwe yabuulira aba Thamuudu baleme kujeeгуuла kabonero ka Katonda (Engamiya). Bombiriri baalimbisibwa abantu baabwe era ne bazikirizibwa. Mu ngeri y'emu Essuula eno era etutegeeza nga abantu ba Nabbi Swaibu, ab'e Madiyana bwe baalabulwa bakomye obukumpanya n'obwonoonyi naye ne batamuwuliriza — era bwe batyo ne basaanyizibwawo. Nabbi Musa ne Haruuna baatumwa eri Fir'auna n'abantu be ab'e Misiri kyokka Fir'auna n'abuza Abamisiri olw'obutamanya bwabwe. Era bwe batyo ne basaanyizibwawo.

Ekyokuyiga ekikulu mu byafaayo bino kiri nti Katonda bw'amala okusalawo kyonna ky'aba asazeewo ku bantu, talina yenna gw'asonyiwa, wadde k'abe ow'oluganda olw'amaanyi ne Nabbi. Kino kirabika okuva ku mutabani wa Nabbi Nuuhu ne mukyala wa Luutu abaasaanyizibwawo olw'okwetaba awamu mu bajeemu.



## ESSUULA HUUDU (11)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 10, ne Aya 123

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. ALIF LAAM RAA. (Kino kye) Kitabo (Kuraane) — byakakasibwa ebitundu byakyo oluvannyuma ne binyonyolwa obutuufu okuva awali Omukakasa (Katonda) Omumanyi w'ebiyama,
2. (Kigamba nti): Muleme okusinza ekirala kyonna, wabula Katonda Omutoenzi. Mazima nze ndi abatiisa (ebibonerezo bya Katonda) era abasanyusa (olw'empeera za Katonda).
3. Era (ntumiddwa mbabuulire) nti: Mwegayirire Mukama wammwe abasonyiwe oluvannyuma mwenyene okudda gy'Ali. Ajja kubecyagaza olweyagaza olulungi (mu nsi) okutuusa eri ebbanga eggere. Era aliweebwa buli nnannyini kukola bulungi obulungi bwe. Bwe munaaba nga mukyuse (okuva kw'e-byo), mazima nze mbatiisa ebibonyobonyo (ebikakali) ku Lunaku Olunene;
4. Eri Katonda y'eri obuddo bwammwe, Naye Muyinza ku buli kintu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ  
اَلْحَمْدُ لَیْلَةُ تَمَّ  
فَصَلَّتْ مِنْ لَدُنْ حَكِیْمٍ  
خَبِیْرٍ ①

اَلتَّعْبُدُ وَاِلَّا اللّٰهُ اِنِّیْ لَكُمْ مِّنْهُ  
نَذِیْرٌ وَّبَشِیْرٌ ②

وَ اِنْ اَسْتَعْفَرُوْا رَبَّكُمْ ثُمَّ تَوَلَّوْا اِلَیْهِ  
یَمْتَحِكُمْ مَّتَاعًا حَسَنًا اِلَىٰ اَجَلٍ مُّسَمًّی  
وَّ یُؤْتِ كُلَّ ذِی فَضْلٍ فَضْلَهُ ۗ وَاِنْ  
تَوَلَّوْا فَاِنَّیْ اِخٰتٌ عَلَیْكُمْ عَذَابٌ  
یُّوْمٍ كَبِیْرٍ ③

اِلَى اللّٰهِ مَرْجِعُكُمْ ۗ وَهُوَ عَلٰی كُلِّ شَیْءٍ  
قَدِیْرٌ ④

1. Ezo ennyukuta: ALIF LAAM ne RAA, Katonda y'amanyi kye yagenderera mu zo. Era zisangibwa ne ku ssuula endala ezimu.

2. Mazima Kuraane yakka nga kitabo ekikakafu, ekinnyonyola abantu basinze Katonda Oyo Omutoenzi yekka obutamugattako bintu birala. Era Nabbi(s.a.w) yatumbwa abategeeze nti: Nze mazima utumiddwa gye muli nga nva eri Katonda mabatiise ebibonerezo Bye singa temukkiriza, era mbasanyuse nga mbategeeze empeera ze mulifuna okuva eri Ye singa mubadde mukkiriza.

3. Okutiisa okwo kwa maanyi eri omuntu aba akyuse okuva ku ddiini ya Katonda, n'alimbisa ababaka Be. Omuntu oyo kyava atisiibwa ebibonerezo ebikakali ku Lunaku Lw'enkomerero.

5. Abange mazima bo bakweka ebifuba byabwe balyoke bamwekweke Katonda? Abange mu kiseera bwe beebikka engoye zaabwe, (Katonda aba) amanyi ebyo bye bakisa n'ebyo bye boolesa. Mazima ye Katonda amanyi ebiri mu bifuba (by'abantu).

أَلَا اللَّهُمَّ يَتَنَوَّنُ صُدُورُهُمْ يَسْتَحْفُوا  
مِنْهُ وَالْأَجِينِ يَسْتَعْمُونَ ثِيَابَهُمْ  
يَعْلَمُ مَا يَسْرُونَ وَمَا يُعْلِنُونَ  
إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑤

6. Tewali (na kimu) mu bitonde byonna ebitambula mu nsi wabula kuli ku Katonda okubigabira. Era amanyi obutebenkero bwakyo n'obuterekero bwakyo. Buli kimu kiri mu kitabo ekyeyolefu.

وَمَا مِنْ دَابَّةٍ فِي الْأَرْضِ إِلَّا  
عَلَى اللَّهِ رُفُّهَا وَيَعْلَمُ مُسْتَقَرَّهَا  
وَمُسْتَوْدَعَهَا كُلٌّ فِي كِتَابٍ مُبِينٍ ⑥

7. Era Ye Y'oyo eyatonda eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga — Arushi Ye yali nga eri ku mazzi — Alyoke abagezese (alabe) ani mu mmwe asinza omulimu omulungi. Bw'oba obagambye (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima mmwe muli ba kuzuukira oluvannyuma lw'okufa, bagambira ddala abo abaakaafuwala nti: Tekiri kino (Ekitabo kuraane) wabula ddogo eryeyolefu.

وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ  
فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ وَكَانَ عَرْشُهُ عَلَى الْمَاءِ  
لِيَبْلُوكُمْ أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا وَلَئِنْ قُلْتُمْ  
إِنَّكُمْ مَبْعُوثُونَ مِنْ بَعْدِ الْمَوْتِ لَيَقُولَنَّ  
الَّذِينَ لَقُوا هَذَا إِلَّا شَعْرًا مَبِينٍ ⑦

8. Bwe tuba nga tubalindirizzaako ku bibonyobonyo eri ekiseera ekigere,

وَلَئِنْ أَخْرَأْنَا عَنْهُمْ الْعَذَابَ إِلَىٰ آُمَّةٍ

5. Ekitundu kino (aya) kitegeeza abatakkiriza engeri gye baawalagganyanga Nabbi n'abakkiriza nga balowooza nti Katonda tasobola kumanya ngeri yaabwe mu kiseera bwe baakwekanga mu mitima obulabe bwabwe ku Nabbi n'Abakkiriza nga balowooza nti Katonda tayinza kubawemuukiriza ku lw'okwoleka obubi bwabwe. Sso nga Katonda amanyi eby'olwatu n'ebikweke ebiri mu mitima.

6. Buli kiramu kyonna ekiri ku nsi Katonda yeeyimirira okukigabira. Era amanyi embeera yaakyo yonna gye kibeerako ekiseera kyonna era amanyi ekifomu oyo w'alifiira ne w'aliziikwa.

7. Eggulu n'ensi byatonderwa mu bbanga lya nnaku mukaaga, Katonda n'abifuula ebisaanira obulam bw'ebiramu. Yatonda abantu n'abagondeza eggulu n'ensi alyoke abagezese nabyo alabe asinza emirimu emirungi eri Ye. Wabula abakaafiri abatakkiriza bubonero bwa Katonda, Nabbi bwe yabagambanga nti bagenda kuzukira baddangamu nga bawakanya ne bagamba, nti: Tetukkiriza nti tugenda kuzuukira oluvannyuma lw'okufa, wabula ekyo ky'oyogedde ddogo bulogo. Tewali wa kukugoberera wabula oyo gw'onooza oloze."

8. Katonda bwe yabanga alindirizzaako abo aboonoonyi n'atabaleeterawo bibonyobonyo mu kiseera kyennyini kye baalimbisizangamu Omubaka We, nga bagamba nti kikiiekibisibye ne betajja. kale Katonda kwe kubategeeza nga olunaku lwe birikka ku bo ebibonyobonyo ebyo. tebigenda kubaggyibwako.

bagambira ddala nti: Kiki ekibisibye?  
Abange olunaku lwe biribajjira, ssi  
bya kubaggyibwako, ne kikka ku bo  
ekyo kye baalinga bajeeja.

مَعْدُودَةٌ لَيَقُولَنَّ مَا يَحْسِبُهُ الْيَوْمَ  
يَأْتِيهِمْ لَيْسَ مَصْرُوقًا عَنْهُمْ وَحَاقَ بِهِمُ  
عُجُ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ⑧

9. Bwe tuba tukombezza omuntu ku  
kusaasira okuva gye Tuli oluvannyuma  
ne tukumuggyako, mazima ye akutuka  
n'okusuubira nga awakanya (eky'o-  
kumuddizza ekyengera ekyo).

وَلَيَنْ أذُقْنَا الْإِنْسَانَ مَثَارِحَةً ثُمَّ  
نَرْعَمُهَا مِنْهُ إِنَّهُ لَكَيْفُوسٌ كَفُورٌ ⑨

10. Era bwe tuba nga tumukombezza ku  
kusaasira okuva gye Tuli oluva-  
nnyuma lw'akabi akaba kamukutte,  
agambira ddala nti obubi bunnya-  
museeko. Mazima ye abanga ddala  
musanyufu eyeeragira (ku bantu);

وَلَيَنْ أذُقْتُهُ نِعْمَاءَ بَعْدَ ضَرَاءِ مَسْتَهْ  
لَيَقُولَنَّ ذَهَبَ السَّيِّئَاتِ عَنِّي إِنَّهُ  
لَفَرِحٌ فَخُورٌ ⑩

11. Wabula abo abagumiikiriza ne bakola  
emirimu emirongoofu abo balina bo  
okusonyiyibwa n'empeera ennene.

إِلَّا الَّذِينَ صَبَرُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
أُولَئِكَ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَبِيرٌ ⑪

12. (Kirabika) oba olyawo ggwe wandireka  
ekimu mw'ebyo ebitumiddwa gy'oli,  
era onyigibwe ku lwakyo mu kifuba  
kyo, olw'okubanga bagamba nti: Singa

فَلَعَلَّكَ تَارِكٌ بَعْضُ مَا يَوَسَّى السَّيِّئَاتِ  
وَضَائِقٌ بِهِ صَدْرُكَ أَنْ يَقُولُوا لَوْلَا

Emirembe egyasooka nga Nabbi Muhammadi tannabaawo, Katonda yagizikirizanga ne gisaanawo embagirawo oluvannyuma lw'okulimbisa Omubaka eyabanga atumiddwa gye bali nga abaleetedde obujulizi obulaga amazima Ge: ate nga n'obubaka obwo bwabanga bwa kisera. era nga bwa bantu abaaawufu. N'olw'ekyo bwakomanga na kuggwaawo kwa mulembe ogwo. Obutafaananako n'obwo obubaka bw'emirembe egyo, obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe bubaka obw'enkomerero, era yatumbiwa eri amawanga gonna n'eri abantu aba buli mulembe. Awo ne kibeera nga obujulizi bwe yajja nabwo obulaga Obwannabbi bwe, si kintu eky'okuggwaawo – nakyo kye Kitabo kye yajja nakyo Kuraane. Ne kibeera nti kale omulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) tegugenda kuzikirizibwa kusirikkira ddala nga emirembe gya bannabbi abasooka bwe gyazikirizibwa okutuusa Katonda lw'aliggwawo ensi.

9. Omuntu bw'aba agabiddwa okusaasira kwa Katonda n'afuna ku byengera Bye, gamba nga obugaga n'obulam obwesimisa, ate bwe bimuggyibwako oluvannyuma omuntu oyo akaafuwala n'akutuka n'okusuubira okufuna ebigabwa bya Katonda ebirala.

11. Abantu abo bo ba kusonyiyibwa ebyo bye bassobya ku nsi era basasulwe empeera ennene nakwo kwe kuyingira Ejjana mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

Tossana kulekayo kintu kyonna mu ebyo ebitumiddwa eri ggwe obitegeeze abantu. Era tonyiiga olw'ebyo bye bakugamba abakafitiri. Gwe ky'olina kwe kutiisa abantu ebibonerezo bya Katonda, sso ssi kubaleetera ebyo bye bakusaba. Ne Katonda ye Mukuumi ku bo . era alaba ebyo bye bakola.



kussibwa ku ye eggwanika, oba mala-yika n'ajja awamu naye (atutegeeze amazima ge)! Mazima Ggwe oli mutiisa, ne Katonda mukuumi ku buli kintu.

أُنزِلَ عَلَيْهِ كِتَابٌ وَأُوحِيَ مَعَهُ مَلَكٌ  
إِنَّمَا أَنْتَ نَذِيرٌ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ  
شَيْءٍ وَكِيلٌ ١٣

13. Oba bagamba nti (Kuraane eno Muhammadi) ye yagigunjawo. Bagambe nti: Muleete essuula kkumi ezifaanana (nga eza Kuraane) engunjewo, era musabe oyo yenna gwe musobola (okusaba abayambe), oyo atali Katonda Omutonzi bwe muba nga mwogera mazima!

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ قُلْ فَأْتُوا بِعَشْرِ  
سُورٍ مِّثْلِهِ مَفْتَرَاتٍ وَأَدْعُوا مَنِ  
اسْتَعْجَلُ مِنْ دُونِ اللَّهِ إِنَّ لَكُمْ صِدْقِينَ ١٤

14. Bwe baba nga tebaabanukudde, manye nti mazima Kuraane yassibwa na kumanya kwa Katonda yekka; era tewali asinzibwa mulala yenna, wabula Ye Katonda. Abaffe mmwe musiramuse (amakulu nti muteekwa musiramuke)?

فَالَمْ يَسْجُدُوا لِلَّهِ فَاعْلَمُوا أَنَّمَا  
أُنزِلَ بِهِ عِلْمُ اللَّهِ وَأَنَّ الْإِلَهَ الْأَوْهَى  
فَهَلْ أَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ١٤

15. Omuntu aba ayagala obulamu bw'ensi n'ebwokwewunda byayo, Tutuukiriza okubasasula emirimu gyabwe mu yo (ensi), nabo mu yo tebaseerwa.

مَنْ كَانَ يُرِيدِ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَ  
زِينَتَهَا نُوفِ إِلَيْهِمْ أَعْمَالَهُمْ فِيهَا  
وَهُمْ فِيهَا لَبِيسُونَ ١٥

16. Abo be bo abatalina (mugabo) mu Nkomerero wabula Omuliro. Byayoononeka ebyo bye baakola mu yo (ensi) era byoononefu ebyo byonna bye baalinga

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَيْسَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ  
إِلَّا النَّارُ وَسَحِطُ مَا صَنَعُوا فِيهَا

13. Amakulu ga aya eno gali nti Katonda yawakanya abo abaagambanga nti Kuraane si Kitabo Kye, wabula Muhammadi ye yakigunjawo. Naye Bwe yabagamba nabo bagunjeyo essuula kkumi ezifaanana n'eziri mu Kuraane baalemwa. Ekyo lwa kubanga ebigambo bya Katonda tebifaanana na bya bantu. Katonda yagulumira obutafaana na wadde akatono bitonde bye yatonda, n'ebigambo Bye tebifaanana bigambo bya bitonda. N'olwekyo tekisubirwayo emirembe gyonna omuntu okugunjawo abigambo ebifaanana ebiri mu Kuraane.

14. Oluvannyuma lw'okumala okumanya ensonga ezo ezimatiza, mugonze ( musiramuse ) ne mugoberera amateeka ga Katonda ? Ekitegeeza nti: Muteekwa kusiramuka na kugoberera ebyo by'abaleetedda Nabbi (s.a.w.) .

15. Abantu ab'ekika ekyo bafuna ebyo Katonda bye yabagerera okufuna mu nsi awatali kuseerwa Naye kyokka bafiriwa Obulamu Obw'oluvannyuma, sso nga baali basobola okukolerera obulamu bw'ensi n'Obw'oluvannyuma byombiriri ne babifuria.

bakola (ku nsi).

17. (Naye ayinza okulimbisibwa — Muhammadi) Oyo ali ku bunnyonyofu okuva eri Mukama we, nga abusoma omujulizi (Jibriilu) okuva eri Ye (Katonda), nga n'oluberyeberyelwayo, waaliwo Ekitababo kya Musa (Tauraati) nga kikulembeze era nga kusaasira? Abo (Nabbi n'abakkiriza) bagikkiriza yo (Kuraane), n'oyo agiwakanya mu bibiina (by'abakafiiri), Omuliro y'endagaano ye. Tobeeranga na kubuusabusa mu yo. Mazima yo ge mazima agava eri Mukama wo naye ddala abantu abasinga obungi tebakkiriza!

18. Ani asinga obulyazaamaanyi ku oyo agunja obulimba ku Katonda? Abo balyanjulwa eri Mukama waabwe, ne bagamba abajulizi (Bamalayika) nti: Abo be bo abaayogera eby'obulimba ku Mukama waabwe. Abange ekikolimo kya Katonda kibere ku balyazaamaanyi,

19. Abo abaziyiza abantu ku kkubo lya Katonda ne balyagaza obukyamu, nabo nga Olunaku Lw'enkomerero bo baluwakanya!

20. Abo tebaali ba kulemera ku nsi, era tebaalina atali Katonda mutaasa ayinza kubawonya mu bibonerezo bya Katonda. Bigenda kubeeyongeranga ebibonerezo. Tebaali nga basobola

وَبِطَلِّ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٧﴾

أَقْسَنَ كَانَ عَلَىٰ بَيْنَتِهِ مِنْ رَبِّهِ وَ  
يَتْلُوهُ شَاهِدٌ مِنْهُ وَمَنْ قَبْلَهُ كَتَبُ  
مُوسَىٰ إِمَامًا وَرَحْمَةً أُولَٰئِكَ يُؤْمِنُونَ  
بِهِ وَمَنْ يَكْفُرْ بِهِ مِنَ الْأَحْزَابِ فَالنَّارُ  
مَوْعِدُهُ فَلَا تَكُنْ فِي مِرْيَةٍ مِنْهُ إِنَّ  
اللَّهَ الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ وَالْكَرْبُ الْأَثَرُ  
التَّائِبِينَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٨﴾

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ  
كَذِبًا أُولَٰئِكَ يُعْرَضُونَ عَلَىٰ رَبِّهِمْ  
وَيَقُولُ الشَّهَادَةُ هَؤُلَاءِ الَّذِينَ كَذَّبُوا  
عَلَىٰ رَبِّهِمْ آلَا عِنْدَ اللَّهِ عَلَى الظَّالِمِينَ ﴿١٩﴾

الَّذِينَ يَصُدُّونَ عَنِ سَبِيلِ اللَّهِ وَ  
يَعْمَلُونَهَا عِوَجًا وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ كَافِرُونَ ﴿٢٠﴾

أُولَٰئِكَ لَمْ يَكُونُوا مُجْرِبِينَ فِي الْأَرْضِ  
وَمَا كَانُوا لَهُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ  
أَوْلِيَاءٍ يُضَعَّفُ لَهُمُ الْعَذَابُ مَا

فِي  
الْآخِرَةِ

18. Bamalayika abo be bo abajulira nga Ababaka ba Katonda bwe baatуса obubaka eri abantu. Abo abalyazaamaanya amazima ne bagatta ku Katonda ebintu ebirala, kiri ku bo ekikolimo Kye.

20. Abo aboogeddwako Katonda yabawa amatu agawulira n'amaaso agalaba naye tegaabagasa, kubanga beezibya amatu ne batawulira, era ne beezibya amaaso ne batalaba mazima era ne batakkiriza.

- okuwulira, era tebaabanga basobola kulaba.
21. Abo be bo abaafaafaaganirwa emyoyo gyabwe, ne bibabulako ebyo bye baalinga bagunjawo.
22. Kikakafu mazima bo ku Lunaku Lw'enkomerero bo be b'okufaafaaganirwa.
23. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu ne batebenkera eri (okusinza) Mukama waabwe; abo be bannannyini (Jjana) Ennyumba Ey'emirembe; bo ba kutuula mu yo olubeerera.
24. Ekifaananyi ky'ebibiina ebibiri (abonoonefu n'abalongoofu), kiringa muzibe era nga kiggala (okumugeraageranya) n'alaba era nga awulira. Abaffe benkanankana mu kugeza? Abaffe temujukira?
25. Mazima twatuma Nuuhu eri ekibiina kye, (n'abagamba nti): Mazima nze ndi mutiisa wammwe omweyolefu:
26. (Mbatiiisa nti): Temusinza (kintu kirala) kyonna wabula Katonda Omutonzi yekka, mazima nze ntiisa ku mmwe ebibonyobonyo by'Olunaku oluluma.
- كَأَنَّا لَيَسْتَبِيعُونَ السَّمْعَ وَمَا كَانُوا  
يُبْجِرُونَ ﴿٢٠﴾  
أُولَئِكَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ وَصَلَّ  
عَنَّهُمْ مَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٢١﴾  
لَا جْرَمَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ لَهُمُ الْآخِرُونَ ﴿٢٢﴾  
إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَ  
أَخْبَتُوا إِلَىٰ رَبِّهِمْ أُولَئِكَ أَصْحَابُ  
الْجَنَّةِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٣﴾  
مَثَلُ الْفَرِيقَيْنِ كَالْأَعْمَىٰ وَالْأَصْمَىٰ وَالْبَصِيرِ  
وَالسَّمِيعِ هَلْ يَسْتَوِينَ مَثَلًا أَفَلَا تَتَذَكَّرُونَ ﴿٢٤﴾  
وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ إِنِّي لَكُمْ  
نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٢٥﴾  
أَنْ لَا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ إِنِّي أَخَافُ  
عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمِ السِّعْرِ ﴿٢٦﴾

21. Mu kiseera ky'okulamulwa ebyo bye baali basinza bye baayitanga katonda bigenda kubabulako era tebigenda kubagasa mu kintu kyonna.

24. Muzibe era kiggala nga bw'atayinza kwenkana oyo alaba era awulira, bwe kityo n'abo abonoonefu tebayinza kwenkana na balongoofu. Abakafiiri balinga bamuzibe era bakiggala olw'obutalaba na kuwulira mazima kuno ku nsi. Kale n'olw'ekyo tebalina kalungi konna mu Bulamu Obw'olubannyuma. Katonda kyavudde amala aya nga agamba nti: "Temuyinza kujjukira njawulo eri wakati wa muzibe ne kiggala, n'oyo alaba era awulira; ne mugezaako okumanya enjawulo eri wakati w'omukafiiri n'omukkiriza?"

26. Mbatiiisa ebibonyobonyo by'Olunaku Olw'enkomerero okubatuukako singa munaaba mulemedde ku bukafiiri.

27. Ne kigamba ekibiina ky'abakungu b'abo abaakaafuwala mu kibiina kye: Tetukulaba ggwe (na njawulo ku ffe) wabula oli muntu okufaanana nga ffe, era tetulaba abo abakugoberedde, wabula nga be bo aba wansi waffe abagoberedde mu ntandikwa y'ekigambo (nga tebamaze na kwetegereza), era tetulaba nga mulina mmwe enkizo ku ffe wabula tubaloozo kuba nga muli balimba.
28. (Nuuhu) n'agamba nti: Abange kibiina kyange! Mumbuulire, bwe mbeera nga ndi ku bunnyonnyofu obuvudde eri Mukama wange n'andeetera okusaa-sira (Obwannabbi) okuva gy'Ali, ne kibeekweka mmwe ne mutakiraba, tukibakakaatikeko (okukikiriza) nga nammwe temukyagala?
29. Abange ekibiina kyange! Sibasaba kumpa mmaali ku kubabuulirira kuno. Teri empeera yange (eri muntu yenna) wabula eri Katonda yekka, era ssiri nze wa kugoba abo abakkirizza (olw'o-kubanga ba wansi), mazima bo ba kusisinkana Mukama waabwe (mu Bulamu Obw'oluvannyuma). Naye ddala nze mbalaba mmwe nga muli kibiina ekisiriwala!
30. Abange kibiina kyange! Ani ayinza okuntaasa eri Katonda bwe mba nga

فَقَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِهِ  
مَا تَرَكْنَا إِلَّا بَشَرًا مِثْلَنَا وَمَا نَرَاكَ  
اتَّبَعَكَ إِلَّا الَّذِينَ هُمْ أَرَادُوا أَنْ  
يَادِبُوا الرَّأْيِيَّةَ وَمَا تَرَى لَكُمْ عَلَيْنَا مِنْ  
فَضْلٍ بَلْ نُنَظِّمُ كَذِبِينَ ﴿٢٧﴾

قَالَ يَقَوْمِ أَرَأَيْتُمْ إِنْ كُنْتُ عَلَىٰ بَيِّنَةٍ  
مِّن رَّبِّي وَاللَّيْلِ رَحْمَةً مِّنْ عِنْدِي فَجَعَلْتِ  
عَلَيْكُمْ أَنْزِلًا مِّمَّوْهَا وَأَنْتُمْ لَهَا كَاذِبُونَ ﴿٢٨﴾

وَيَقَوْمِ لَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مَا لَاطِإِنْ  
أَجْرِي إِلَّا عَلَى اللَّهِ وَمَا أَنَا بِطَارِدٍ  
الَّذِينَ آمَنُوا أَنَّهُمْ يُفْعَلُونَ بِهِمْ  
لِكَيْ يَأْسَؤُكُمْ قَوْمًا يَجْهَلُونَ ﴿٢٩﴾

وَيَقَوْمٍ مِّنْ يَبْصُرِي مِنَ اللَّهِ إِنْ

27. Abantu b'omulembe gwa Nabbi Nuuhu baagaana okumukkiriza, nga bagamba nti: "Kubanga naye Nuuhu yali muntu nga bo, era nga tebalaba nkizo yonna abagobereri be gye baalina ku bo, era nti kirabika nga abo abamugoberedde be ba wansi abaavu abatali ba bitibiwa — abo abaamala gagoberera nga tebamaze na kwetegereza.

"N'olwekyo tuloozo nti muli balimba". Okwo okulimbisa kw'abakafiri b'omulembe gwa Nuuhu n'ezo ensonga ezitaliimu nga beekwasa, kiraga obutono bw'okutegeera kwabwe kubanga tekaba kamogo singa Amazima gagobereddwa abantu abanyoomwa. Era go amazima gasigala nga mazima newankubadde nga abo abeeraba nga bakitiibwa tebagoberedde. Ddala mu butuufu abo abagoberera amazima be b'ebitiibwa ssi nsonga ka babe nga baavu oba bakopi.

N'abo abagaana okugoberera amazima be baba aba wansi; ssi nsonga ka babe nga bagagga oba baami. Ate bulijjo ekisinga okulabika kwe kubeera nga abasinga okugoberera amazima mu ntandikwa yaago batera kubeera abo abagayibwa.

mbagobye? Abaffe, temujjukira (temufumiitiriza)?

31. Era siyinza kubagamba nti: Nnina amawanika ga Katonda era simanyi by'ewala ebitalabikako, era siyinza kugamba nti: Mazima nze ndi malayika! Era sigamba kw'abo amaaso gammwe be ganyoomoola nti Katonda tagenda kubawa bulungi. Katonda y'amanyi ebyo ebiri mu mitima gyabwe. Mazima nze bwe kiba bwe kityo naaba wa mu balyazaamaanyi.

32. Ne bagamba nti: Owange Nuuhu! Mazima otukaanyizza n'oyitiriza okutukaanyanya; tuleetere ebyo by'otutiisa nabyo (okututuukako mu bibonerezo), bw'obanga oli mu b'amazima (mw'ebyo by'oyogera).

33. N'agamba nti: Mazima Katonda aija kubibaleetera bw'anaaba ayagadde, temuli mmwe ba kulemesa (Katonda).

34. Tekujja kubagasa okubuulirira kwange bwe mba nga njagadde okubabuulirira, bw'aba Katonda nga ayagala kubabuza. Ye ye Mukama wammwe ne gy'Ali gye mulizzibwa.

35. Oba bagamba nti: (Muhammadi) yagunjawo nngunje (Kuraane)? Gamba nti: Bwe mba nga nakigunjawo, kiri ku nze ekibi kyange! Nange, njawukanye kw'ebyo bye mwonoona.

36. N'atumirwa Nuuhu, (nga agambibwa nti): Mazima tajja kukukkiriza mu

طَرَدْتُهُمْ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿٣١﴾

وَلَا أَقُولُ لَكُمْ عِندِي خَزَائِنُ اللَّهِ  
وَلَا أَعْلَمُ الْغَيْبَ وَلَا أَقُولُ لِرَبِّي  
مَلِكٌ وَلَا أَقُولُ لِلَّذِينَ تَزْدَرِي  
أَعْيُنُهُمْ لَنِ يُؤْتِيهِمُ اللَّهُ خَيْرًا اللَّهُ  
أَعْلَمُ بِمَا فِي أَنْفُسِهِمْ طَرَفًا إِذَا  
لَمِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٣٢﴾

قَالُوا يَنْبَغِي لَنَا أَنْ نَكْتُمَ  
جِدَارًا فَإِنَّا نَسْمَعُ مَا نَحْنُ بِمَعْنَى  
مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٣٣﴾

قَالَ إِنَّمَا يَأْتِيكُمْ بِهِ اللَّهُ إِنْ شَاءَ  
وَمَا أَنْتُمْ بِمُعْجِزِينَ ﴿٣٤﴾

وَلَا يَنْفَعُكُمْ نُصْحِي إِنْ أَرَدْتُ أَنْ  
أَنْصَحَ لَكُمْ إِنْ كَانَ اللَّهُ يُرِيدُ أَنْ  
يُغْوِيَكُمْ هُوَ رَبُّكُمْ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ  
أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ قُلْ إِنْ افْتَرَيْتُهُ  
فَعَلَىٰ إِجْرَائِي وَإِنَّا بِرَبِّي لَمُتَّبِعُونَ ﴿٣٥﴾

وَأَوْحَىٰ إِلَىٰ دُونِهِ أَنَّهُ لَنْ يُؤْمِنَ مِنْ

32. Bw'oba nga oyogera mazima nti waliwo ebibonerezo ebisobola okututuukako. kale bireete kubanga ffe tetujja kukukkiriza.

34. Oyo Katonda ye Mukama wammwe, era muli ba kuzizibwa gy'Ali mu Bulamu Obw'oluvannyuma, alyoke abavunaane ebyo bye mwakola kuno ku nsi.

kibiina kyo wabula abo abakkiriza mu kusooka. N'olw'ekyo tonakuwala olw'ebyo bye baali bakola.

قَوْمَكَ إِلَّا مَنْ قَدَّامَنْ فَلَا تَبْتَئِسْ

بِمَا كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿٣٧﴾

37. Kola eryato n'okulabirira Kwaffe, n'okuyigiriza Kwaffe, kyokka toyogera nange (nga owolereza) kw'abo abaa-lyazaamaanya (abakafiiri) — Mazima bo ba kusaanawo.

وَأَصْنَعِ الْفُلْكَ بِأَعْيُنِنَا وَوَحِينَا وَلَا تَخْطُبْنِي فِي الدِّينِ ظَلَمُوا إِنَّهُمْ مُعْرِضُونَ ﴿٣٨﴾

38. Nuuhu n'atandika okulola eryato, buli lwonna lwe kyamuyitangako eki-biina ky'abakungu mu kibiina kye, nga bamunyoomerera. N'agamba: Bwe muba nga mutunyoomerera ffe, naffe tubanyooma nga (nammwe) bwe mutu-nyooma;

وَيَصْنَعِ الْفُلْكَ تَهَنُّؤًا وَكَلِمًا مَرَّةً عَلَيْكَ مَلَأَ مِنْ قَوْمِهِ لُخْرًا وَأَمْنَةً قَالَ إِنْ كُنْتُمْ رَاوِدُنَا فَآتَا نَسْرًا مِنْكُمْ كَمَا كُنْتُمْ رَاوِدُونَ ﴿٣٨﴾

39. Kyaddaaki oba olyawo ne mumanya ani gwe binajjira ebibonyobonyo ebinaamuswaza; era bikke ku ye ebibonyobonyo eby'olubeerera:

فَسَوْفَ تَعْلَمُونَ لِمَنْ يَأْتِيهِ عَذَابٌ يُخْزِيهِ وَيَحِلُّ عَلَيْهِ عَذَابٌ مُقِيمٌ ﴿٣٩﴾

40. (Bw'etyo embecera bwe yali) okutuusa lwe kyajja ekiragiro Kyaffe eky'okubasaanyaawo; n'ettanuulu n'efukumuka amazzi, ne tugamba Nuuhu nti: Tikka mu lyo (eryato) nga oggya mu buli mutindo (gw'ebiramu) bibiri (ekisajja n'ekikazi), n'abantu bo ab'omu maka go, okuggyako oyo gwe kyaku-

حَتَّىٰ إِذَا جَاءَ أَمْرُنَا وَفَارَ التَّنُّورُ رَأَيْنَا أَحْمَلَ فِيهَا مِنْ كُلِّ زَوْجَيْنِ اثْنَيْنِ وَأَهْلَكَ إِلَّا مَنْ سَبَقَ عَلَيْهِ الْقَوْلُ وَمَنْ آمِنٌ وَمَنْ آمِنٌ وَمَا آمِنٌ مَعَهُ إِلَّا

qwertyuio plkjhgfd saxzcvbnm

37. Katonda yagaana Nuuhu okuwolereza abo abaa-lyazaamaanya emyoyo gyabwe olw'obutakkiriza. Ekyo lwa kubanga yali tagenda kubasonyiwa wabula yali wa kubasaanyaawo n'omujjuzo bazikirire. Eky'okubazikiriza, Katonda yakikola oluwannyuma lw'okusaba kwa Nabbi Nuuhu okuzikiriza abo bonna abatakkiriza. Era yategeeza nti singa abalekawo n'atabasaanyaawo baali bajja kuzaala abo ababasinga obubi.

Baali yakkiriza okusaba okwo; n'abazikiriza n'omujjuzo n'atwaliramu n'omwana mutabani wa Nuuhu oyo atakkiriza.

38. Abatakkiriza baali banyooma Nuuhu, era nga bamulimbisa mu kiseera bwe yabagamba nti singa temukkiriza Katonda aija kubazikiriza abasaanyeewo n'omujjuzo. Nuuhu naye kwe kubaddamu nti obanga mutugaya, naffe tubagaya olw'okulowooza kwammwe nti temuyinza kuzikirira.

40. Katonda yafukumula ensulo okuva mu ttaka n'enkuba okuva mu ggulu. Ensi yonna yabuna ensulo ne mu ttanuulu omufumbirwa emigaati oba amataffaali namwo ne mufukumukamu amazzi. Awo n'alagira Nuuhu atecke mu lyato ng'aggya, mu buli bitonde, ekisajja n'ekikazi, era na buli mukkiriza eyali amugoberera. Wabula abantu b'omulembe gwe tebamukkiriza okuggyako abatono ennyo.

lemberako ekigambo ky'okuzikirira, (era teekamu) n'oyo yenna eyakkiriza. Tebakkiriza wamu naye (Nuuhu) wabula abatono ddala.

41. (Nuuhu) n'agamba nti: Mulinye mulyo! Ku lw'erinnya lya Katonda (kujja kubeerawo) okutambula kwalyo n'okuyimirira kwalyo. Mazima Mukama wange Musonyiyi, Musaasizi.
42. Nalyo ne (litandika) okuseeyeyeya nabo mu mayengo agalinga ensozi, Nuuhu n'akoowoola mutabani we eyali kumabbali (w'eryato) — (N'agamba nti): Owange mutabani wange! Linnya eryato awamu naffe, tobeera awamu n'abakaafiiri!
43. (Mutabani we) n'agamba nti: Nja kulaga ku nsozi zinkuume ku mazzi. (Nuuhu) n'agamba nti: Tewali kijja kukukuuma olwa leero ku kiragiro kya Katonda wabula oyo gw'anaasa-asira. Ne gasiikiriza amayengo wakati waabwe bombiriri (Nuuhu n'omwana we), n'abeera mu baasaanawo.
44. (Oluvannyuma lw'okuzikiriza ebitonde ebyo)! Ne wagambibwa nti: Owange nsi! Mira amazzi go naawe ggulu, ziyiza (enkuba)! Amazzi ne gakalira, Ekigambo ne kiggwa (eryato) ne litereera ku (lusoji) *Al-Juudi*, ne wagambiwa nti: Okwesamba (ku kusaasira kwa Katonda) kubeeere ku kibiina ky'abalyazaamaanyi (abakafiiri)!

قِيلَ ③

وَقَالَ الْكَبِيرُ فِيهَا بِسْمِ اللَّهِ تَجْرِبَهَا  
وَمُرْسَاهَا إِنَّ رَبِّي لَغَفُورٌ رَحِيمٌ ③

وَهِيَ تَجْرِي بِهِمْ فِي مَوْجٍ كَالْجِبَالِ  
وَنَادَى نُوحٌ ابْنَهُ وَكَانَ فِي مَعْزِلٍ  
يَبْنَئِي أَكْبَ مَعْنَا وَلَا تَكُن مَعَ الْكَافِرِينَ ③

قَالَ سَأُوْحَىٰ إِلَىٰ جِبَلٍ يَّعْبُثُهُمْ  
الْمَاءُ قَالَ لَأَعَاظُهُمْ يَوْمَ مَنَآءِ اللَّهِ  
إِلَّا مَن رَّحِمَهُ وَحَالَ بَيْنَهُمَا الْمَوْجُ  
فَكَانَ مِنَ الْمُهْرَقِينَ ③

وَقِيلَ يَا أَرْضُ ابْلَعِي مَاءَكِ وَيَسْمَأِ  
أَقْلَبِي وَغَبِضِ الْمَاءَ وَفُغِيَ الْأَمْرُ  
أَسْتَوَتْ عَلَىٰ الْجُودِيِّ وَقِيلَ بُعْدًا  
لِّلْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ③

42. Eryato lyaseeyeyeyanga n'abo abalirimu, nga bayita mu mayengo amatumbiivu nga ensozi; oluvannyuma lw'amazzi okubuutikirira ensi n'ensozi empanvu ne zibuliramu. Mutabani wa Nuuhuye yasigalira kuba yali takkiriza bwannabbi bwa kitaawe. Nuuhu mu kukoowoola kwe yawnjagira mutabani we alinnye nabo eryato aleme kusaanawo na kubalibwa wamu n'abo abo abakafiiri.

43. Olw'obutamanya bwa mutabani wa Nuuhu, yalowoza nti amazzi tegayinza kutuuku ku rtikko za nsozi — n'olw'ekyo kwe kulowooza nti bw'anaaba aziwalampye tegeggya kumusaanyaawo. Sso nga yali yeerimba. Gaamusaanyaawo wamu n'abo abalala bonna abataali mu lyato.



45. Nuuhu n'akoowoola Mukama we, n'agamba nti: Mukama wange! Mazima mutabani wange wa mu bantu bange! Ddala mazima endagaano Yo ya Mazima era Naawe Ggwe Mulamuzi okusinga abalamuzi bonna!
46. (Katonda) n'amugamba nti: Owange Nuuhu! Mazima ye si wa mu bantu bo (abo be nakulagaanyizza okuwonya); mazima ye yakola omulimu ogutali mulungi, kale tonsaba ekyo ky'otolinaako kumanya. Mazima Nze nkubuulirira oleme kubeera ow'omu batategeera!
47. (Nuuhu) n'agamba nti: Mukama wange! Neekingirizza naawe okukusaba ekyo kye ssirinaako kumanya. Bw'onooba tonsonyiye n'onsaasira nja kubeera ow'omu bafaafaaganiddwa.
48. Ne wagambibwa nti: Owange Nuuhu! Kka (okuva mu lyato) n'emirembe egiva gye Tuli, n'emikisa egissiddwa ku ggwe ne ku bibiina ebiri naawe. N'ebibiina ebirala tugenda kubyeyagaza mu nsi oluvannyuma tubituuseeko ebibonyo-bonyo ebiruma (okuva gye Tuli).
49. Ebyo (ebyafaayo bya Nuuhu) bya mu bigambo eby'ewala ebitalabikako bye tukutumira (Ggwe Muhammadi). Tewali nga obimanyi Ggwe wennyini,

وَنَادَى نُوحٌ رَبَّهُ فَقَالَ رَبِّ إِنَّ ابْنِي  
مِنَ أَهْلِي وَإِنَّ وَعْدَكَ الْحَقُّ وَأَنْتَ  
أَحْكَمُ الْحَكَمِينَ ﴿٤٥﴾

قَالَ يُوحَىٰ إِنَّكَ لَيْسَ مِنْ أَهْلِكَ إِنَّهُ  
عَمَلٌ غَيْرُ صَالِحٍ فَلَا تَسْأَلْنِ مَا لَيْسَ  
لَكَ بِهِ عِلْمٌ إِنِّي أَعِظُكَ أَنْ تَكُونَ  
مِنَ الْجَاهِلِينَ ﴿٤٦﴾

قَالَ رَبِّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ أَنْ أَسْأَلَكَ  
مَا لَيْسَ لِي بِهِ عِلْمٌ وَإِلَّا تَغْفِرْ لِي  
وَتَرْحَمْنِي أَكُنُ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٤٧﴾

قِيلَ يُوحَىٰ أَمَّا أَهْلِ بَابِ مَكَّةَ  
عَلَيْكَ وَعَلَىٰ الْأُمَمِ مِمَّنْ مَعَكَ وَ  
أَمْ سَأَمْتُهُمْ فِئْتُم مَّمْ سَأَمْتُهُمْ  
عَدَاؤُ آبَائِهِمْ ﴿٤٨﴾

تِلْكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْغَيْبِ نُوحِيهَا إِلَيْكَ  
مَا كُنْتَ تَعْلَمُهَا أَنْتَ وَلَا قَوْمُكَ مِنْ

45. Nuuhu yawanjagira Katonda we ng'amusaba asonyiwe omwana we, era n'amutegeeza nga omwana oyo bw'ali ow'omu b'omu maka ge. Katonda yali yalagaanyisa okuwonya abantu b'omu maka ga Nuuhu nga eyo y'endagaano esinga okubeera ey'amazima.

Katonda yadda mu Nuuhu nga amutegeeza nga mutabani we bw'atakali mu bantu ba mu maka ge n'olw'ekyo tasaana kusaasirwa, kubanga teyakola bikolwa birungi, era n'amugaana okumusaba ebyo by'atalinaako kumanya.

46. Mu aya eno, Katonda ategeeza Nabbi Muhammadi nga ye wadde n'abantu be (Abawarabu) bwe baali tebamanyi byafaayo ebyo ebya Nuuhu (emirembe gibe ku ye). Kale abo abamulimbisa (Muhammadi) baali tebasobola kugamba nti bo be baabimusomesa, wabula ye Muhammadi yabimanya na bubaka obwamutumirwa okuva eri Katonda.

Kale Katonda kwe kumugumya nti agumiikirize kubanga bulijjo enkomerero ennungi ebeera y'abo abamutya — oluvannyuma a batuusa ku kuwanguka omulabe waabwe.

wadde ab'ekibiina kyo oluberyeberye lwa kino. Kale gumiikiriza, mazima enkomerero (ennungi) y'abo abatya Katonda.

50. (Twatumira) eri (ekika) kya Aadi muganda waabwe Huudu. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda! Temulinaayo Katonda mulala atali Ye. Temuli mmwe, wabula abagunja obugunzi (abo bakatonda abalala be mweteerawo).
51. Abange ab'ekibiina kyange! Siba-saba mpeera ku kino (eky'okubatuusaako obubaka). Teri empeera yange wabula eri kw'Oyo eyantonda. Abaffe temutegeera?
52. Abange ab'ekibiina kyange! Mwegayirire Mukama wammwe, oluvannyuma mwenenye okudda gy'Ali; abasindikire ebire (bibatonnyeseze) nnamungi w'enkuba eddingana. Era abongere amaanyi ku maanyi gammwe (ge mulina). Temukyuka (okuva kw'ekyo, ne muba) abonoonyi!
53. Ne bagamba nti: Owange Huudu! Totuleetedde bujulizi bukakafu (kw'ebyo by'ogamba), era tetuli ffe ba kuleka bakatonda baffe ku lwa kigambo kyo, era tetuli ffe ba kukukkiriza!
54. Tetugamba, wabula nti (ekikwogeza ebyo) lwa kusuilwa ddalu abamu mu bakatonda baffe (ku lw'okuboogerako) obubi. N'agamba nti: Mazima nze

قَبْلِ هَذَا قَاصِدٌ إِنَّ الْعَاقِبَةَ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٥٠﴾

وَالِى عَادٍ أَخَاهُمْ هُودًا قَالَ يَقُومُ  
اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ  
إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا مُفْتَرُونَ ﴿٥١﴾

يَقُومُوا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ أَجْرًا إِنْ  
أَجْرِي إِلَّا عَلَى الَّذِي فَطَرَنِي أَفَلَا  
تَعْقِلُونَ ﴿٥٢﴾

وَيَقُومُوا اسْتَغْفِرُوا رَبَّكُمْ ثُمَّ تُوبُوا  
إِلَيْهِ يُرْسِلِ السَّمَاءَ عَلَيْكُمْ مِدْرَارًا  
يَزِدْكُمْ قُوَّةً إِلَى قُوَّتِكُمْ وَلَا تَتَوَلَّوْا  
مُجْرِمِينَ ﴿٥٣﴾

قَالُوا يَهُودُ مَا جِئْتَنَا بِبَيِّنَةٍ وَمَا نَحْنُ  
بِتَارِكِي آلِ هَارُونَ عَنْ قَوْلِكَ وَمَا نَحْنُ  
لَكَ بِمُؤْمِنِينَ ﴿٥٤﴾

إِنْ تَقُولُ إِلَّا اعْرَبْكَ بِعُصِ الْهَيْتَانَا  
يُسْوِطُ قَالَ إِنِّي أَشْهَدُ اللَّهَ وَالشَّهَادَةُ

51. Nze sibasaba mpeera ku kubatuusaako obubaka Katonda bw'antumye, mubeere nga muzitooowerwa. Empeera zange ez'okubatuusaako obubaka ziri eri Katonda. Abaffe mmwe temuyinza kutegeera oyo abakoowoola okujja eri ekyo ekibawonya ne muba abalongoofu?

njulira Katonda, era mujulire (namuwe) nti: Mazima nze njawukanye kw'ebyo bye mugatta ku Katonda,

إِنِّي بَرَّيْتُ وَمَا نَشَرْتُ لَوْ أَنَّ

55. Ebyo ebitali Ye. (Kale mugezeeko) munsalire enkwe mwenna, oluvanyuma temunnindiriza.

مِنْ دُونِهِ فَكَيْدُ وِنِي جَمِيعَاتِمُ  
لَا تَنْظُرُونُ ٥٥

56. Mazima nze neesize Katonda, Mukama wange era Mukama wammwe. Tewali kiramu kyonna ekitambula wabula Ye y'akutte mu kawompo kaakyo! Mazima Katonda wange ali ku kkubo eggolokofu.

إِنِّي تَوَكَّلْتُ عَلَى اللَّهِ رَبِّي وَرَبِّكُمْ  
مَا مِنْ دَابَّةٍ إِلَّا هِيَ آخِذٌ بِنَاصِيَتِهَا  
إِنَّ رَبِّي عَلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ٥٦

57. Bwe munaaba nga mukyuse (okuva kw'ebyo bye mbagambye), mazima mbatuusizzaako ekyo kye natumwa okutuusa gye muli, ne Mukama wange ajja kusigiza (mu bifo byammwe) ekibiina ky'abalala abatali mmwe. Era temujja kumuleetera kabi konna. Mazima Mukama wange Mukuumi ku buli kintu.

فَإِنْ تَوَلَّوْا فَقَدْ أَبْلَغْتُكُمْ مَا أُرْسِلْتُ  
بِهِ إِلَيْكُمْ وَيَسْتَخْلِفُ رَبِّي قَوْمًا غَيْرَكُمْ  
وَلَا تَنْظُرُونَ شَيْئًا إِنَّ رَبِّي عَلَى كُلِّ  
شَيْءٍ حَفِيفٌ ٥٧

58. Bwe kyamala okujja ekigambo Kyaffe (eky'okubazikiriza) ne Tuwonya (Nabbi) Huudu n'abo abakkiriza awamu naye ku lw'okusaasira okwava gye Tuli; ne tubawonya mu bibonyo-bonyo ebizito.

وَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا نَجَّيْنَا هُودًا وَالَّذِينَ  
آمَنُوا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَنَجَّيْنَاهُمْ مِنْ  
عَذَابٍ غَلِيظٍ ٥٨

59. N'abo ab'ekika kya Aadi; baawakanya Obubonero bwa Mukama waabwe. Ne bajeamera ababaka Be ne

وَتِلْكَ آيَاتُ مُحَمَّدٍ وَإِبْرَاهِيمَ وَعَصَا

55. Mmwe ne bakatonda bammwe munneekobere muntuuseeko akabi bwe muba nga musobola. Era temumpa kaagaanya mu kukantuusaako akabi ako bwe muba nga mumaze okusalawo.

56. Buli kitonde kyonna kiri wansi wa buyinza bwa Katonda na bufuzi Bwe. Ye ye mulamuzi omwenkanya atasaliriza mu kulamula Kwe, era Oyo y'akakatirwa okusinziywa yekka, sso ssi ebifaanyi ebitagasa oyo abisinza wadde okuleetera akabi ku oyo aba tabisinziywa

57. Huudu yategeeza ekibiina kye nti singa baawukana ku Bubaka bw'abaleetede — obubalagira okusinza Katonda Omu obutamugattako kintu kirala — ye yali amaze okutuukiriza obubaka Katonda bwe yali amutumye gye bali. Era yabalabula nti baali ba kuzikirizibwa mu kifo kyabwe wazizibwewo abantu abalala, abanaasiza Katonda obutuufu.

58. Katonda yabaleetera kikunnguunta ataalimu nkuba n'abazikiriza bonna abo abagaana okukkiriza.

bagoberera ekigambo kya buli ayee-kuza (omuwalazaazi w'empaka).

60. Ne bagoberezebwako ekikolimo muno mu nsi ne ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Abange, mazima ab'ekika kya Aadi baawakanya Katonda waabwe. Abange (Obulungi) bwesamba ab'ekika kya Aadi ekibiina kya Huudu.

61. Ne (tutumira) eri ab'ekika kya Thamuudu muganda waabwe Swalihi. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda, (Oyo Ali Omu). Temulinaayo Katonda mulala atali Ye. Ye ye yabatandikawo (n'abassa) mu nsi n'abafuula abagizimba. N'olw'ekyo mumwegayirire (abasonyiwe) era mwenenye gy'Ali Mazima Mukama wange Ali kumpi, era Ayanukula (abamusaba).

62. Ne bagamba nti: Owange Swalihi! Mazima obadde osuubirwamu (okufuna ebirungi okuva) mu ffe oluberye-berye lwa kino. Otugaana okusinza ebyo bye baasinzanga bakitaffe? Mazima ffe tuli mu kubuusabuusa mw'ekyo ky'otuyitira okujja gye kiri. (Tuli) abakitankanamu.

63. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Mumbuulire, bwe mbeere nga ndi ku Bunnyonyofu obuvudde eri Mukama wange, n'ampa okuva gy'Ali okusaasira, ani anantaasa eri Katonda bwe naabeera nga mujee-medde? Temulina kye mujja kunnyongerera ekitali kufiirwa.

64. Abange (abantu) b'ekibiina kyange! Eno Engamiya ya Katonda, ezze nga

رَسُولُهُ وَاتَّبَعُوا أَمْرًا كَلِمًا جَبَّارًا عَنِينًا ٥٩

وَاتَّبَعُوا فِي هَذِهِ الدُّنْيَا لَعْنَةً وَيَوْمَ  
الْقِيَامَةِ أَلْرَّانَ عَادًا كَفَرُوا رَبَّهُمْ أَلَا  
بُعْدًا لِّلْعَادِ قَوْمِ هُودٍ ٦٠

وَالِى تَمُودَ أَخَاهُمْ صَالِحًا قَالَ يَوْمَ  
اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ هُوَ  
أَشْرَأُكُمْ مِنَ الرَّضِ وَأَسْتَعْرَكُمْ فِيهَا  
فَأَسْتَغْفِرُوا لَهُ ثُمَّ تُوْبُوا إِلَيْهِ إِنَّ رَبِّي  
قَرِيبٌ مُّجِيبٌ ٦١

قَالُوا يَا صَالِحُ قَدْ كُنْتَ فِينَا مَرْجُوًّا  
قَبْلَ هَذَا أَتَنْهَانَا أَنْ نَعْبُدَ مَا يَعْبُدُ  
آبَاؤُنَا وَأَنَا لَفِي شَكِّ مِمَّا تَدْعُونَا  
إِلَيْهِ مُّرِيبٌ ٦٢

قَالَ يَقَوْمِ أَرَأَيْتُمْ إِنْ كُنْتُ عَلَى  
بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّي وَأَنْتُمْ مِّنْهُ رَحِمَةٌ  
فَمَنْ يَنْصُرُنِي مِنَ اللَّهِ إِنْ عَصَيْتُهُ  
فَمَا تَزِيدُونَنِي غَيْرَ تَخْسِيرٍ ٦٣

وَيَقَوْمِ هَذِهِ نَاقَةُ اللَّهِ لَكُمْ آيَةٌ

64. Swalihi yagamba abantu be nti engamiya eyo kaali kabonero akalga amazima g'Obwannabbi bwe era nga kyamagero Katonda kye yamuwa abantu be balyoke bamukkirize.

kabonero kammwe (akalaga amazima g'ebyo bye mbagamba), mugireke yeetaaye nga erya (omuddo) mu nsi ya Katonda, temugituusako akabi ne bibakwata ebibonyobonyo ebiri okumpi.

65. Ne bagifumita, (Swalihi) n'abagamba nti: Mweyagalire mu mayumba gammwe ennaku ssatu (zokka)! Eyo y'endagaano eteri ya kulimbisibwa.
66. Bwe kyamala okujja ekigambo Kyaffe (eky'okubazikiriza), ne Tuwonya (Nabbi) Swalihi, n'abo abakkiriza awamu naye, ku lw'okusaasira okwava gye Tuli; ne (tubawonya) mu buswavu bw'olunaku olwo. Mazima Mukama wo Ye, ye w'Amaanyi. Ow'ekitiibwa.
67. Ne kubakwata abo abaalyazaamaanya (emyoyo gyabwe) okubwatuka ne bakeeseza mu mayumba gaabwe nga mirambo egibutamidde ku maviivi,
68. Ne baba ng'abataabadde nga beeyagalira mu yo (ensi). Abange, mazima abantu b'ekika kya Thamuudu bawakanya Mukama waabwe. Abange (obulungi) bwesamba abantu ba Thamuudu.
69. Mazima bajja eri Ibrahiimu ababaka (bamalayika) Baffe n'okumutegeeza eky'essanyu. Ne bagamba nti: Mirembe!

فَذَرُوهَا تَأْكُلْ فِي أَرْضِ اللَّهِ وَلَا تَمَسُّوهَا بِسُوءٍ فَيَأْخُذَكُمْ عَذَابٌ قَرِيبٌ ﴿٣٧﴾

فَعَقَرُوهَا فَقَالَ لَمْ تَعْوَفِي دَارِكُمْ ثَلَاثَةَ أَيَّامٍ ذَلِكَ وَعْدٌ غَيْرُ مَكْدُوبٍ ﴿٣٥﴾

فَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا جَعَلْنَا صِلْحَاءَ الَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ رَحْمَةً مِنَّا وَمُنْخِزِي يَوْمَئِذٍ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ الْقَوِيُّ الْعَزِيزُ ﴿٣٦﴾

وَأَخَذَ الَّذِينَ ظَلَمُوا الصَّلِيحَةَ فَاصْبَحُوا فِي دِيَارِهِمْ جثيمين ﴿٣٤﴾

كَانَ لَمْ يَغْنَوْا فِيهَا أَلَا إِنَّ تَمُودَ أَكْفَرُوا رَبَّهُمْ أَلَا بَعْدَ التَّمُودِ ﴿٣٨﴾

وَالْقَدْ جَاءَتْ رُسُلُنَا إِبْرَاهِيمَ بِالْبَشْرَى قَالُوا

Ensonga eyo yajja bw'eti: Abantu ba Swalihi baamusaba obanga Nabbi ddala nga bw'agamba. asabe Katonda we abaggyire engamiya mu lwazi nga erina n'omwana gwayo. Nabbi Swalihi awo kwe kusaba Katonda engamiya n'eva mu lwazi nga bwe baamusaba. Ye n'abalabula baleme kugirumbagana obutagitusaako kabi konna ; era n'abeekesa nga bwe kanaabajjuutuka singa banaagituusako akabi. Awamu n'okulabula okwo. era baagifumita ne bagitta.

65. Swalihi yabagamba abantu be nga bamaze okufumita engamiya babeere mu maka gaabwe okumala ennaku ssatu nga beeyagala: Oluvannyuma lw'ennaku ezo okuggwaako, ebibonerezo bijja kubajjira ku lw'okugitta n'okugaana okukkiriza.

67. Abo abeeryazaamaanya emyoyo gyabwe baakwatibwa okubwatuka ne musisi eby'amaanyi ne babuutikirwa mu mayumba gaabwe ekiro, ne bakeesa enkya nga babutamidde omwo mirambo:

69. Bamalayika abaatumwa eri ibrahiimu baali balabika nga abantu era ibrahiimu olwamala okubalamusa, teyabandaaza n'abaleetera obugenyi obw'ennyama y'ennyana enjokye.

Naye n'agamba nti: Mirembe! Teyamala kaseera n'abaleetera (ennyama) y'ennyana enjokye.

70. Bwe yamala okulaba nga emikono gyabwe nga tegigituukako (ennyama), n'abeekanga, era n'abafunamu okutya; ne bamugamba nti: Totya; mazima ffe tutumiddwa ku lwa kibiina kya Luutu.
71. Ne mukyala we (Sarah cyali) ng'ayimiridde awo n'aseka, ne tumutegeeza nga tumusanyusa (nga bw'anaazaala) Ishaka, n'emabega wa Ishaaka (nti) wajja kubaayo Yakubu (omuzzukulu).
72. (Sarah) n'agamba nti: Abange zinsanze nze! Nnaazaala ntya nga nange ndi mukadde, nga n'ono baze mukadde? Mazima kino kintu ekyewuunyisa!
73. (Bamalayika) ne bamugamba nti: Weewuunya ekiragiro kya Katonda? Okusaasira kwa Katonda n'emikisa Gye biri ku mmwe abantu b'omu nnyumba (ya Ibrahiimu)! Mazima Ye (Katonda) atenderezebwa, Mugagga!
74. Bwe kwamala okuva ku Ibrahiimu okutya, n'okumala okujjirwa okutegezebwa okw'essanyu n'atandika oku-

سَلَامًا قَالَ سَلَامًا قَالَتْ أَنْ جَاءَ بِعِجْلٍ خَبِيرٍ ٤٩

فَلَمَّا رَأَىٰ أَيْدِيَهُمْ أَرَادَ أَنْ يَنْتَصِلَ إِلَيْهِمْ لَكَّرَهُمْ  
وَأَوْجَسَ مِنْهُمْ خِيفَةً قَالُوا لَا تَمَخَضْ  
إِنَّا أُرْسِلْنَا إِلَىٰ قَوْمِ لُوطٍ ٥٠

وَأَمْرَاتُهُ قَابِلَةٌ فَفَضَحَتْ بَبَشْرِهَا  
بِأَسْحَقَ وَوَمِنْ وَرَاءِهِ اسْتَعَىٰ يَعْقُوبَ ٥١

قَالَتْ يَوَيْلَىٰ آلِ الدُّوَانَا عَجُوزٌ وَهَذَا  
بَعْلِي سَيُخَيِّطُنِي إِنَّ هَذَا الشَّيْءَ عَجِيبٌ ٥٢

قَالُوا أَلَيْسَ لِنَحْنِ الْمَرْبُوعِينَ مِنْ أَمْرِ اللَّهِ رَحِمَتُ اللَّهِ  
وَبَرَكَتُهُ عَلَيْكُمْ أَهْلَ الْبَيْتِ طِيبَاتٌ  
حَمِيدٌ مَجِيدٌ ٥٣

فَلَمَّا ذَهَبَ عَنِ الْإِبْرَاهِيمَ الرُّؤُوسُ وَجَاءَتْهُ

70. Ibrahiimu bwe yalaba nga tebalidde n'abatamwa olw'obutalya era n'atandika okubatya. Ekyabagaana okulya lwa kuba ababaka abo baali bamalayika abajjidde mu kifaananyi ky'abantu. ate nga bamalayika mu butonde bwabwe tebalya. Kale nabo bwe baumulaba ng'abatidde kwe kumugumya n'okumugamba aleme kutya: era nga bo bwe baali batumiddwa okugenda okuzikiriza abantu ba Muganda we Luutu ab'e Sodom ne Gomorra.

71. Era baamutegeeza nga bw'ajja okuzaala omwana Ishaka, ate ye Ishaka azaale omuzzukulu Yakubu Mukyala wa Ibrahiimu, Sarah yaseka ng'awulidde amawulire ago kuba muli kyali kizibu okukkiriza — yali akaddiye ng'alina emyaka nga kyenda ate ye Ibrahiimu ng'ali kikumi. Kale bombiriri baali basusse emyaka agy'okuzaala okusenziira mu butonde bw'omuntu.

72. Nabbi Ibrahiimu nga amaze okuggwebwamu okutya kwe yatya bamalaika n'okutegezebwa nga bw'anaafuna omwana omulenzi, yatandika okukaayanya bamalayika nga abagamba nti: "Ngeri ki bwe munaazikiriza kyallo nga mulimu omukkiriza? Mazima mulimu Luutu". bamalayika baamugamba nti: "Ffe tusinga okumanya oyo alimu. Era tujja kumuwonya obutamuzikiriza n'abantube okuggyako mukyala we." Ibrahiimu bwe yawulira ekyo n'asirika.

tukaayanya ku (kuzikiriza) ekibiina kya Luutu.

الْبَشْرَى يُجَادِلُنَا فِي قَوْمِ لُوطٍ ﴿٤٧﴾

75. Mazima Ibrahiimu yali wa kisa, nga muzitirivu mu kugondera (Katonda), ayeenya ennyo n'ayanguwa okudda (eri Katonda).

إِنَّ إِبْرَاهِيمَ حَكِيمٌ ۗ وَأَوَّاهٌ مُّزِينٌ ﴿٤٨﴾

76. (Bamalaika baamugamba): Owange Ibrahiimu! Yawukana ove kw'ekyo. Mazima kyo kimaze okujja ekiragiyo kya Mukama wo, era mazima byo bya kubajjira ebibonyobonyo ebitali bya kuzizibwayo.

يَا إِبْرَاهِيمُ اعْرِضْ عَنْ هَذَا ۖ إِنَّكَ قَدْ جَاءَ أَمْرٌ رَبِّكَ ۗ وَرَتَّبْنَاهُمْ لِيَوْمِ عَدَابِكَ غَيْرَ مُرَدِّدٍ ﴿٤٩﴾

77. Bwe baamala okujjira Luutu ababaka Baffe, n'anakuwala n'okulumwa omutima ku lwabwe nga tasobola kubalabirira. N'agamba nti: Luno lunaku luzibu!

وَلَمَّا جَاءَتْ رُسُلُنَا لُوطًا سِيقَ بِهِمْ وَصَاقَ بِهِمْ ذُرْعًا وَقَالَ هَذَا يَوْمٌ عَصِيبٌ ﴿٥٠﴾

78. Ekibiina kye ne kimujjira (bunnambiro), nga basaatuuku okujja gy'ali, n'oluberyebereye (lwa kino) baali bakola ebibi (ebyokusobya ku basajja). N'abagamba: Abange kibiina kyange! Bano abawala bange be batukuvu gye muli. Mutye Katonda, temunswaza eri abagenyi bange. Temuli mu mmwe musajja mulunngamu?

وَجَاءَهُ قَوْمُهُ مُهْرَعُونَ ۖ إِلَيْهِ مِنْ قَبْلُ كَانُوا يَعْمَلُونَ السَّيِّئَاتِ قَالَ يٰقَوْمِ هَؤُلَاءِ بَنَاتِي هُنَّ أَطْهَرُ لَكُمْ فَاتَّقُوا اللَّهَ وَلَا تَخْزُونِ فِي صَيْغِي ۗ أَلَيْسَ مِنْكُمْ رَجُلٌ رَشِيدٌ ﴿٥١﴾

79. Ne bamugamba nti: Mazima omanyi ggwe nga bwe tatalina bwetaavu mu bawala bo, era ddala ggwe omanyi ekyo kye twagala.

قَالُوا لَقَدْ عَلِمْتَ مَا لَنَا بِبَنَاتِكَ مِنْ حَقٍّ ۗ وَإِنَّكَ لَنَعْلَمُ مَا تُرِيدُ ﴿٥٢﴾

77. Nuuhu yeeraliikirira kubanga yamanya nti singa abantu be banaagezaako okulumba abagenyi be babakoleko eby'obuwemu, yali tasobola kwerevanako kubataasa.

Abantu ba Luutu baakolanga ebivve eby'okwagala abasajja ne babasobyako emabega waabwe ne baleka abakazi.

78. Nabbi Luutu yasaba abantu be baleme kumuswaza eri abagenyi be ku lw'okwagala okubasobyako. Era yabategeeza nga abawala be --- abakazi abali mu bo bwe bali abatukuvu okusinga okwagala abasajja. Ekyo lwa kubanga Katonda abakazi beyakolera abasajja be baba bamalirangako obwagazi bwabwe, sso ssi kubumalira ku basajja. Kyokka abantu be tebamuwuliriza.

79. Abantu be baamutegeeza nga bwe batalina bwetaavu mu bakazi; ne bamujjukiza nga naye bw'amanyi empisa yaabwe ey'okusobya ku basajja.



80. (Luutu) n'abagamba: Singa mazima mbadde nga nnina amaanyi ku mmwe oba nzire eri empagi enngumu!

قَالَ لَوْ أَنَّ لِي بِكُمْ قُوَّةٌ أُوَدِّعِي إِلَى  
رُكْنٍ شَدِيدٍ ٨٠

81. Ne bagamba (bamalayika—bajjira mu kifaananyi kya bavubuka) nti: Owange Luutu! Mazima ffe tuli babaka ba Mukama wo; tebjaja kutuuka gy'oli. Tambula ekiro n'abantu bo mu kitundu ky'ekiro, takyuka (okutunula emabega) mu mmwe omuntu n'omu wabula mukazi wo. Mazima kya kumutuukako (naye) ekyo ekinaabatuukako. Mazima endagaano yaabwe (kubazikiriza) mu matulutulu. Tegali amatulutulu kumpi (kutuuka)?

قَالُوا يَا لُوطُ إِنَّا رُسُلُ رَبِّكَ لَنْ نُبْرَأَ  
إِلَيْكَ فَاسْرِبْ هَاهُنَا بِقَطْعِ مَنْ إِلَيْكَ  
وَلَا يَلْتَفِتْ مِنْكُمْ أَحَدٌ إِلَّا أَمْرًا تَكْط  
إِنَّهُ مُصِيبُهُمَا مَا أَصَابَهُمْ لَنْ مَوْعِدَهُمْ  
الضُّبْحُ مَا أَلَيْسَ الضُّبْحُ بِقَرِيبٍ ٨١

82. Bwe kyamala okujja ekiragiro Kyaffe (eky'okubazikiriza). Ne tufuula (ensi ebadde) waggulu waayo wansi waayo ne tugitonnyesaako amayinja ag'omu bbumba ejjokye, agafukumuka,

فَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا جَعَلْنَا عَلَى سَأْفَاهَا  
وَأَمْرُنَا عَلَيْهَا جَارَةً مِّنْ سِجِّيلٍ ٨٢  
مَنْضُودٍ ٨٢

83. (Amayinja) amalambe (okuva) awali Mukama wo. Era tekiri ekyo ku balyazaamaanyi kiri wala.

مُسَوَّمَةٌ عِنْدَ رَبِّكَ وَمَا هِيَ مِّنْ  
الظَّالِمِينَ بِبَعِيدٍ ٨٣

84. Era (twatumira) eri abantu b'omu Madiyana muganda waabwe Swayibu;

وَالِى مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْبًا قَالَ

80. Luutu yawanjaga eri ekibiina kye nti singa yalina amaanyi, ye ku lulwe yandisobodde okubakolako nga bw'asobola. Kale oba si ekyo, adde eri empagi enngumu—Nayo ye Katonda nga gw'asuubira okumutaasa kw'abo abamulumbaganye ku bagenyi be — Oyo Katonda atayabulira baddu Be abalongoofu.

81. Abantu b'ekibiina kya Nabbi Luutu baali baledmedde ku mulyango gwe nga baagala okuyingira batuuke eti abagenyi be, wadde Luutu yali abaziyiza okutuusa Malayika lwe yajja n'abakuba amaaso ne gaziba.

82. Abantu ba Sodoma ne Gomorrah Katonda yabazikiriza n'okubatonnyesaako (enkuba) ey'amayinja amagumu nga ebbumba eryokye, era n'okubabuutikira mu ttaka bwe yavuunika ensi mwe baali.

84. Katonda yagabira ebyokufuna ebirungi abantu ba Madiyana ne baba nga tebalina bwetaavu bubatuusa ku kibi ekyo — eky'okukendeenza ebigeri n'ebipimo, n'obutakkiriza. Yabagamba era nga omuze ogwo bwe gutayinza kubagaggawaza, era nga bwe batayinza kwavuwala singa babadde bagulesse. Era yabalabula nti nga babadde tebalise muze ogwo Katonda yali ajja kubabonyabonya abibonerezo ebiribeetooloola ne babula obuddukiro ku Lunaku Lw'enkomerero.

n'abagamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda Omutonzi! Temulina mmwe Katonda mulala atali Ye! Temukendeezanga ebigerero n'ebipimo. Mazima nze mbalaba nga muli bulungi, mazima nze mbatiisa mmwe ebibonyobonyo by'olunaku olulyetoolola (Olunaku Lw'enkomerero).

85. Abange ab'ekibiina kyange! Mutuukirizenga ebigerero n'ebipimo mu bwenkanya, era temuseranga abantu ebintu byabwe. Era temwonoona mu nsi, nga muli abonoonyi.

86. Okugaba kwa Katonda kwe kulungi gye muli bwe mubeera nga mukkiriza; ssiri nze mukuumi ku mmwe.

87. Ne bagamba nti! Owange Swaibu! Okusaala kwo kwe kukulagira tuleke ebyo bye baalinga basinza bakitaffe, oba (tulekeyo) okukola mu mmaali yaffe ebyo bye twagala? Mazima ggwe oli wa kisa, omulungamu!

88. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange, mumbuulire: Bwe mbeera nga ndi ku bunnyonnyofu obuvudde eri Mukama wange n'angabira okuva gy'Ali ebyokufuna eburungi (n'obwannabbi — mbivaako ntya ne nzira ku bubuze)? Era saagala kubaawukanako ndage eri ekyo kye mbagaana. Sirina kye njagala, wabula kulongoosa ekyo kye nsobodde. Tekuli okulungama kwange, wabula kuli eri Kato-

يَقُولُوا عِبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ وَلَا تَتَّقُوا الْيَكِيَالَ وَالْمِيزَانَ إِنِّي أَرَاكُمْ بِخَيْرٍ وَإِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ مُّجِيبٍ ﴿٨٥﴾

وَيَقُولُوا أَوْفُوا بِالْمِيزَانَ وَالْقَيْطِ وَلَا تَجَسَّسُوا النَّاسَ أَشْيَاءَ هُمْ وَلَا تَعْتَوُوا فِي الْأَرْضِ مُّفْسِدِينَ ﴿٨٥﴾

بَقِيَّتُ اللَّهِ خَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُّؤْمِنِينَ هَ وَمَا أَنَا عَلَيْكُمْ بِخَفِيضٍ ﴿٨٦﴾

قَالُوا يُشْعِبُ أَسْلُوتُكَ تَأْمُرُكَ أَنْ تَتْرُكَ مَا يَعْبُدُ آبَاؤُنَا وَأَنْ نَفْعَلَ فِي أَمْوَالِنَا مَا نَشَاءُ إِنَّكَ لَا أَنْتَ الْحَكِيمُ الرَّشِيدُ ﴿٨٥﴾

قَالَ يَقُولُوا أَرَأَيْتُمْ إِنْ كُنْتُمْ عَلَىٰ بَيِّنَةٍ مِنْ رَبِّي وَرَزَقْنِي مِنْهُ رِزْقًا حَسَنًا وَمَا أُرِيدُ أَنْ أُخَالِفَكُمْ إِلَىٰ مَا أَنْهَكُمْ عَنْهُ إِنْ أُرِيدُ إِلَّا الْإِصْلَاحَ مَا اسْتَطَعْتُ وَمَا تَوْفِيقِي إِلَّا بِاللَّهِ عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ وَإِلَيْهِ

86. Ekyo Katonda ky'abawadde kye kirungi okusinga ekyo kye muba mufunye mu kusala ku minzaane okubagaaniddwa.

87. Ekyo baakimugamba lwa kumuierega, n'okukagira ddala nga bwe bamugaya. era n'obutawuliriza by'abagamba.

nda. Nneezize Ye era nneeneya okudda gy'Ali.

89. Abange ab'ekibiina kyange! Teku-batwaliriza okunjawukanako (ne mulemera ku bukafiiri), ne kibatuukako ekifaanana nga ekyo ekyatuuka ku kibiina kya Nuuhu oba (ekyatuuka) ku kibiina kya Huudu, oba ekibiina kya Swalihi; era tekiri ekibiina kya Luutu wala okuva ku mmwe.

90. Era mwegayirire Mukama wammwe abasonyiwe oluvannyuma mwenenye okudda gy'Ali. Mazima Mukama wange Musaasizi, Omwagazi.

91. Ne bagamba nti: Owange Swaibu! Tetutegeera bingi mu ebyo by'ogamba era mazima ffe tukulaba nga oli munafu mu ffe. Singa tekibadde kika kyo (nga kye tutya) twandikanyugidde amayinja. Toli ggwe wa kitiibwa gye tuli.

92. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Ekika kyange kye ky'ekitiibwa we muli okusinga Katonda? Ne mumuteeka emabega wammwe, nga mumukubye amabega! Mazima Mukama wange yetoolodde (okumanya) ebyo bye mukola.

93. (Era n'agamba): Abange ab'ekibiina kyange! Kale mukolere ku kkubo

أَنْبُؤ ٨٨

وَيَقُولُوا لَا يَجْرِمَنَّكُمْ شِقَاقِي أَنْ يُصِيبَكُمْ  
مِثْلُ مَا أَصَابَ قَوْمَ نُوحٍ أَوْ قَوْمَ هُودٍ  
أَوْ قَوْمَ صَالِحٍ وَمَا قَوْمَ لُوطٍ مِنْكُمْ بِبَعِيدٍ ٨٩

وَاسْتَعِظْ وَارْتَبِكُمْ لَكُمْ لُذُومٌ إِلَيْهِ إِنَّ  
رَبِّي رَحِيمٌ وَدُودٌ ٩٠

قَالُوا لَيْسَ عَلَيْنَا لِمَا نَفَقَهُ كَثِيرٌ مِمَّا نَقُولُ  
وَإِنَّا لَأَنزَارِكُمْ فِيْنَا ضَعِيفًا وَلَوْ لَمْ نَرِ هَطُكَ  
لَرَجَمْنَاكَ وَمَا أَنْتَ عَلَيْنَا بِعَزِيزٍ ٩١

قَالَ يَقُولُوا هَطُكُ أَعْرَابِكُمْ مِنَ اللَّهِ  
وَأَتَّخَذْتُمُوهَا وَرَأَى كُمْ ظَهْرًا لَأَنَّ رَبِّي  
بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ٩٢

وَيَقُولُوا عَمَلُوا عَلَيَّ مَكَانَتِكُمْ إِنِّي عَامِلٌ

89. Singa munaabera mulemedde ku bukafiiri, ne munnimbisa n'okumpalagganya, bya kubatuukako ebibonerezo ebyo ebyatuuka ku bantu abo abaagaana okukkiriza; — abo aba bannabbi aboogeddwako. Era ekyafaayo ky'okuzikiriza kw'abantu abaagaana okukkiriza Nabbi Luutu tekiri wala nammwe — tekinnatwala bbanga ddene. Era n'ekitundu kyabwe we baali kiri kumpi nammwe.

90. Katonda asaasira era n'ayagala oyo aba yeenenyeezza. Mu aya eno Nabbi Swaibu yayongera okunnyonyola abantu be nga Katonda bw'ayinza okubasonyiwa bwe baleka ebisobyo bye baali bakola, ne bamwegayirira nga beenenya badde gy'Ali. Wabula ebyo byonna tebyagasa, era beeyongera mu maaso n'okumuwakanya.

91. Singa tekubadde kutya kuweebuula kika kyo twandikukubye amayinja kubanga ggwe tokyali wa kitiibwa gye tuli.

93. Ebyo Nabbi Swaibu yatuuka okubyogera oluvannyuma lw'okumala okukutuka n'okusuubira okukkiriza kwabwe.

lyammwe (lye mwagala), mazima nze nange nkolera (ku kkubo lyange). Kyaddaaki mujja kumanya ani gwe binajjira ebibonyobonyo ebinaamu-swaza, era (mujja kumanya) ani mulimba. Era mulindirire, mazima nze nange ndi wamu nammwe nindiridde.

94. Bwe kyamala okutuuka ekigambo Kyaffe (eky'okubazikiriza) ne tuwonya Swaibu n'abo abakkiriza awamu naye ku lw'okusaasira okwava gye Tuli; ne kubakwata abo abaalyaazaamaanya okubwatuka (okw'ensusso), ne bakeesa enkywa mu mayumba gaabwe nga mirambo egibutamidde ku maviivi.
95. Ne babeera ng'abatabangako mu go. Abange okusaanawo kwali ku bantu b'omu Madiyana, nga bwe kwali ku b'ekika kya Thamuudu!
96. Mazima twatuma Musa n'ebyamagero Byaffe n'obujulizi obweyolefu,
97. Eri Fir'auna n'ekibiina ky'abakungu be, naye ne bagoberera ekigambo kya Fir'auna, tekyali ekigambo kya Fir'auna kirunggamu.
98. (Fir'auna) agenda kukulemba ekibiina kye ku Lunaku Lw'okuyimira (Olw'okuzuukira) abayingize omuliro. Obusinga okuba obuyingiro obubi okuyingirwamu bwe bwo!
99. Ne bagoberezebwa mw'eno (ensi) ekikolimo ne ku Lunaku Lw'okuzuu-

سَوْفَ تَعْلَمُونَ مَنْ يَأْتِيهِ عَذَابٌ يُخْزِيهِ  
وَمَنْ هُوَ كَادِبٌ وَأَرْتَابٌ وَإِذْ نَادَىٰ مَعَهُ رُؤَيْبٌ

وَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا نَجَّيْنَا شُعَيْبًا وَالَّذِينَ  
آمَنُوا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَأَخَذَتِ  
الَّذِينَ ظَلَمُوا الصَّيْحَةَ فَأَصْبَحُوا فِي  
دِيَارِهِمْ جُثَثِينَ ﴿٩٤﴾

كَانَ لَمْ يَعْنُوا فِيهَا أَلَا بَعْدَ الْمَدِينِ  
كَمَا بَعْدَتْ ثَمُودُ ﴿٩٥﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا وَسَطَّنَ مُوسَىٰ  
إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِ فَأَتَّبَعُوا أَمْرَ فِرْعَوْنَ  
وَمَا أَمْرُ فِرْعَوْنَ بِرَشِيدٍ ﴿٩٦﴾

يَقْدُمُ قَوْمَهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فَأَوْرَدَهُمُ  
النَّارَ وَبِئْسَ الْوِرْدُ الْمَوْرُودُ ﴿٩٧﴾

وَأَتَّبَعُوا فِي هَذِهِ لَعْنَةً وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ

95. Ab'ekika kya Thamuudu baali ba muliraano n'abantu b'ekibiina kya Swaibu. Era bonna baali Bawarabu nga bafaanana mu bukaafiri bwabwe.

97. Abagoberezi ba Fir'auna baali bagoberera ekkubo lye ekkyamu, ne bagaana ebyo Musa bye yabategeeza. N'olw'ekyo tebaali ku bulungamu n'akatono, wabula baali ku butamanya bwereere na bukafiri.

98. Katonda yafaanaayiriza engeri fir'auna gy'alikulemberamu abagoberezi be okubatwala mu muliro, nga omulaalo akulemba ente okuzitwala okunywa amazzi ku mugga.

kira. Okusinga obubi okugobererwa kw'ekigobererwa kwe kwo!

بِعَسِّ الرِّبْدِ الْمُرْوَدِ ٩٩

100. Ebyo ebitegeezebwa wano bya mu byafaayo by'ebyalo (ebyazikirizibwa oluberyeberye) bye tukunyumiza ggwe (Muhammadi). Mulimu mu byo ebi-kyayimiridde n'ebyasirikka (edda).

ذَلِكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْقُرَى نَقِصُهُ عَلَيْكَ  
مِنْهَا قَائِمٌ وَحَصِيدٌ ١٠٠

101. Tetwabalyazaamaanya, naye bo be balyazaamaanya emyoyo gyabwe; te-baabagasa mu kintu kyonna bakatonda baabwe abo be baasabanga abatali Katonda bwe kyamala okutuuka eki-gambo kya Mukama wo (eky'okubazikiriza); tekwabongera (kintu kyonna) okuggyako okufaafaaganirwa n'okuzikirira.

وَمَا ظَلَمْنَاهُمْ وَلَكِنْ ظَلَمُوا أَنْفُسَهُمْ فَمَا  
أَعْنَتْنَا عَنْهُمْ الرَّهْمُ الَّذِي يَدْعُونَ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ لَمَّا جَاءَ أَمْرُ رَبِّكَ وَمَا  
زَادَهُمْ عَيْرٌ تَجَنَّبُ ١٠١

102. Bwe kutyo (bwe kuba) okukwata kwa Mukama wo bw'aba nga akutte ekyalo nga nakyo kiryazaamaanyi. Mazima okukwata Kwe kuluma, era kuyitirivu.

وَكَذَلِكَ أَخْذُ رَبِّكَ إِذَا أَخَذَ الْقُرَى  
وَهِيَ ظَالِمَةٌ إِنَّ أَخْذَهُ أَلِيمٌ شَدِيدٌ ١٠٢

103. Mazima muli mw'ebyo ebyogeddwa eky'okugerezaako eri oyo atya ebi-bonyobonyo by'enkomerero. Olwo lwe Lunaku lwe balikunngaanyizibwa abantu ku bwalwo, n'olwo lwe lunaku lw'okusembera.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِمَنْ خَافَ عَذَابَ  
الْآخِرَةِ ذَلِكَ يَوْمٌ تَجْمَعُ لَكَ النَّاسُ  
وَذَلِكَ يَوْمٌ مَشْهُودٌ ١٠٣

104. Era tetululindiriza (Olunaku Lw'enkomerero) wabula ku lwa bbanga eggere.

وَمَا نُؤَخِّرُهُ إِلَّا لِأَجَلٍ مُعَدَّدٍ ١٠٤

100. Mw'ebyo ebyalo (by'abantu) ebikunyumizibwa ebimu bikyaliwo okugeza, nga Misiri (Egypt) wadde Fir'auna n'abaamugoberera baasaanyizibwawo; ate ebirala byazikirira ne bisirikira ddala.

102. Katonda agamba nti nga bwe yazikiriza emirembe egyayita ku lw'okulimbisa ababaka Be, bw'atyo bw'ajja okukola n'abalala abafaanana nga abo. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yagamba nti: "Mazima Katonda ayinza okulindiriza omulyazaamaanyi okutuusa lw'aba nga amukutte n'atayinza kumusumattuka."

103. Olunaku olwo olwogerwako — Olw'enkomerero, lwa ntiisa. Bamalayika n'ababaka bagenda kusembera bakunngaane, n'abantu bonna abasooka n'ab'oluvannyuma gattako n'ebitonde byonna. Katonda omwenkanya atandike okulamula wakati waabyo. Talisaliriza wadde okulyazaamaanya omuntu yenna akatono akenkana akanyiinkuuli.

104. Tewali nsonga erugaana kutuuka wabula lwa kuba nga ekiseera kyalwo kye lwagererwa tekinnaba.

105. Olunaku lwe lulijja tegugenda kwo-gera omwoyo wabula ku lwa kukkiriza Kwe (Katonda); mu bo (abantu) mulibaamu abonoonefu n'abalongoofu.
106. Naye abo abaayonooneka (ku lunaku olwo) ba mu muliro; balina mu gwo okusinda n'okuyiritira (ku lw'obulumu obuyitirivu):
107. Ba kugubaamu bugenderevu (okumala) ebbanga lye birimala nga bikyalilwo eggulu n'ensi wabula eryo (ebbanga) Mukama woly'aliyagala. Mazima Mukama wo akola ekyo ky'ayagala.
108. N'abo abalongooka baliba mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), ba kugibaamu obugenderevu (okumala) ebbanga lye birimala nga bikyalilwo eggulu n'ensi. Wabula eryo ebbanga ly'aliyagala Mukama wo: Nga kuweebwa okutali kwa kukutakawo.
109. Tobeeranga mu kutankana (mu butali butuufu) mw'ebyo bye basinza (abo abakafiiri). Tebasinza, wabula nga bwe baasinzanga bakitaabwe olube-ryeberye. Ffe tuli ba kubatuukiririza omugabo gwabwe mu bibonerezo awatali kugukendeezaako.
110. Era mazima twawa Musa Ekitabo (Tauraati), ne kyawukanwamu; singa tekyali kigambo kyakulemba oku-eri Mukama wo (eky'obutabazikiri-

يَوْمِيَاتٍ لَا تَكَلِّمُنَّ نَفْسٌ إِلَّا بِذَاتِهَا  
فِيهَا تَسْمَعُ وَتَسْمَعُ ۝١٥

فَأَمَّا الَّذِينَ نَسَقُوا فِي النَّارِ لَهُمْ فِيهَا  
زَفِيرٌ وَسَهيقٌ ۝١٦

خُلِدِينَ فِيهَا مَا أَدَامَتِ السَّمَوَاتُ وَالْأَرْضُ  
إِلَّا مَا شَاءَ رَبُّكَ إِنَّ رَبَّكَ فَعَّالٌ لِمَا  
يُرِيدُ ۝١٧

وَأَمَّا الَّذِينَ سَعِدُوا فِي الْجَنَّةِ خُلِدِينَ  
فِيهَا مَا أَدَامَتِ السَّمَوَاتُ وَالْأَرْضُ إِلَّا  
مَا شَاءَ رَبُّكَ عَطَاءٌ غَيْرُ مَجْدُودٍ ۝١٨

فَلَا تَأْكُلُ فِي مَرْيَتِهِ مِمَّا يَعْبُدُونَ هَؤُلَاءِ  
مَا يَعْبُدُونَ إِلَّا كَمَا يَعْبُدُ آبَاؤُهُمْ  
مِمَّن قَبْلُ وَإِنَّا لَمَوَدُّوهُمْ نَصِيبُهُمْ  
غَيْرُ مَنْقُوصٍ ۝١٩

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ فَاسْتَلَخَ فِيهِ  
وَلَوْلَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ لَقَضَىٰ بِهِنَّ

105. Mu bantu abalikunngaanyizibwa balibaamu emitendera ebiri: ogw'abalongoofu n'ogw'abonoonyi. Abalongoofu ba kuyingira mu Jjana — Ennyumba Ey'emirembe. n'abonoonefu ba kuyingira mu Muliro — ekifo eky'okubonabona.

110. Abantu baayawukana mu kukkiriza Tauraati: abamu bakkiriza n'abalala ne bagiwakanya. Mu ngeri y'emu ne Kuraane Nabbi Muhammadi gye yajja nayo, abamu bagikkiriza abalala ne bawakanya amazima gaayo.

rizaawo) wandiramuddwa wakati waa-bwe (mbagirawo). Ddala mazima (bo abalimbisa) bali mu kubuusabuusa mu yo (Kuraane) nga batankana.

111. Mazima bonna Mukama wo agenda kubatuukiriza okusasula emirimu gya-bwe. Mazima Ye kw'ebyo bye mukola Mumanyi wa byonna.
112. Kale lunngama nga bwe walagirwa (gwe Nabbi, ggwe) n'abo abeenenya abali awamu naawe — (Abakkiriza), era temubula. Mazima Ye (Katonda) alaba ebyo bye mukola.
113. Era temukyukiranga eri abo abaalya-zaamaanya (amazima) omuliro ne gubakwata, temulina bataasa atali Katonda, oluvannyuma temugenda kutaasibwa mulala yenna.
114. Muyimirizeewo esswala ku nsonda z'omusana (enkyana n'olweggulo) n'eki-seera mu kiro. Mazima ebirungi bigyayo ebibi. Okwo kubuulirira eri ababuulirirwa (abakkiriza);
115. Era gumikiriza (Ggwe Muhammadi), mazima Katonda tayinza kwonoona mpeera za balongoosa.

وَالَّذِينَ هُمْ عَنْ صَلَاتِهِمْ سَاهَوْنَ ۗ وَمَا يُغْنِي عَنْهُمْ كَثْرَتُ ثَمَرِهِمْ وَلَا يَأْمُرُونَ ﴿١١٠﴾

وَلَنْ كَلَّا لَيَكْفُرِينَ بِكُمْ رَبُّكُمُ الْأَعْمَالُ ﴿١١١﴾  
إِنَّهُ بِمَا يَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿١١٢﴾

فَأَسْتَقِيمُ كَمَا أُمِرْتُ وَمَنْ تَابَ مَعَكَ ﴿١١٣﴾  
وَلَا تَطْعَمُوا لَهُ إِلَّا بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرًا ﴿١١٤﴾

وَلَا تَتْرَكُوا إِلَى الَّذِينَ ظَلَمُوا فَمَا تَسْكُمُ  
التَّارُ وَمَا لَكُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ  
أَوْلِيَاءَ تَعْمَلُونَ لِيُصْرَفُونَ ﴿١١٥﴾

وَأَقِمِ الصَّلَاةَ طَرَفِي الْبَهَارِ وَرُفْعًا  
مِنَ اللَّيْلِ إِنَّ الْحَسَنَاتِ يُذْهِبَنَّ السَّيِّئَاتِ  
ذَلِكَ ذِكْرِي لِلَّذِينَ كَرِهُوا ﴿١١٦﴾

وَأَصْبِرْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ  
الْمُحْسِنِينَ ﴿١١٧﴾

113. Temwemaliranga abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe olw'obutakkiriza Obw'omu bwa Katonda. Temusiimanga bikolwa byabwe ebifa ku bo. Bwe munaakikola, temujja kufuna mutaasa yenna kubawonya mu bibonerezo bya Katonda.

114. Ekigendererwa n'okuyimirizaawo esswala ku nsonda z'omusana y'esswala ya Subuhi (Al-Fajri) esaalibwa kumakya nga emmamba yaakasala, n'esswala ya Zhuhuri esaalibwa mu ttuntu nga enjuba yakakyuka mu ggwango; wamu n'esswala ya Al-Asiri esaalibwa olweggulo nga enjuba cgolooba (ekkirira).

Ate ekyagendererwa n'okuyimirizaawo esswala mu kiro, y'esswala ya Magharibi esaalibwa nga enjuba yaakagwa. N'esswala ya Isha esaalibwa nga obudde butandise okukwata mu biseera by'amalya g'ekyeggulo. Ebiseera by'esswala ettaano byaggweera mu kitundu ekyo mu bufunze.

Ekitundu kino kirimu n'okutegeza nga singa omuntu yeemanyizi okusaala Katonda bw'ayinza okumusonyiwa ebisobyo ebitono. Nabbi yagamba nti: "Tewali Musiraamu yenna akola ekisobyo n'atawaaza n'asaala eraaka bbiri Katonda n'atamusonyiwa ekisobyo ekyo ekitono ky'aba akoze."



116. Singa waaliwo mu mirembe egy'abaa-sooka bannannyini bulungi (banna-ddiini), abagaana (abantu) okwonoona mu nsi — (Tebaaliwo) wabula okuggyako abatono (ddala) mw'abo be twawonya mu bo! Ne bagoberera bo abalyazaamaanyi ebyo bye baagabirwa mu byo (mu byengera), ne babeera abonoonyi.

فَاُولَٰئِكَ كَانَ مِنَ الْقُرُونِ مِن قَبْلِكُمْ  
أُولَٰئِكَ يَتَّبِعُونَ عَنِ الْفَسَادِ فِي  
الْأَرْضِ إِلَّا قَلِيلًا مِّنَ الْمُجْتَنِبِينَ  
وَاتَّبَعَ الَّذِينَ ظَلَمُوا مَا أُتْرِفُوا  
فِيهِ وَكَانُوا مُجْرِمِينَ ﴿١١٦﴾

117. Teyali Mukama wo wa kuzikiriza (bantu ba) kyalo mu kubalanga obwe-reere. Nga n'abantu baakyo abo balo-ngoosa.

وَمَا كَانَ رَبُّكَ لِيُهَيِّجَ الْقُرَىٰ بِظُلْمٍ  
وَأَهْلِهَا مُصْلِحِينَ ﴿١١٧﴾

118. Singa Mukama wo yayagala, yandi-fudde abantu (bonna) nga bali ekibiina kimu (bali ku nzikiriza emu), naye tebagenda kulekayo kwawukana,

وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ لَجَعَلَ النَّاسَ أُمَّةً  
وَاحِدَةً وَلَا يَزَالُونَ مُخْتَلِفِينَ ﴿١١٨﴾

119. Wabula oyo Mukama wo gw'aliba asaasidde; olw'ekyo yabatonda. Ne kijjula Ekigambo kya Mukama wo (kye yagamba nti): Nngenda kujjuliza ddala omuliro (Jahannama) nga nzigya mu majinni ne mu bantu bonna.

إِلَّا مَن رَّحِمَ رَبُّكَ وَلِذَٰلِكَ خَلَقْنَا  
وَتَمَّتْ كَلِمَةَ رَبِّكَ لَا مَأْوَىٰ لَهُمْ  
مِنَ الْجَنَّةِ وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ ﴿١١٩﴾

120. Na buli kimu tukikunyumiza mu bya-faayo by'ababaka ekyo kye tunyweza nakyo omutima gwo era Amazima gakujjide mw'eno (essuula) era nga kyakubuulirira na kujjukiza eri abakkiriza.

وَكُلًّا نَّقُصُّ عَلَيْكَ مِنْ أَنبَاءِ الرُّسُلِ  
مَا نُشِيتُ بِهِ فُؤَادَكَ وَجَاءَكَ فِي هَذِهِ  
الْحَقُّ وَمَوْعِظَةٌ وَذِكْرَىٰ لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿١٢٠﴾

121. Bagambe abatakkiriza: Mukolere ku ngeri yammwe. Mazima naffe tukola.

وَقُلْ لِلَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ أَعْمَٰؤُاَعَالَىٰ  
مَكَانَتِكُمْ إِنَّا عَمِيمُونَ ﴿١٢١﴾

117. Katonda talina bantu bonna be yazikirizanga mu mirembe egyayita, okuggyako nga bamaze kwonoona. Kubanga tayinza kuzikiriza bantu balongoofu.

119.. Katonda yagera dda n'amala nga bw'agenda okujjuza omuliro nga aggya mu majinni ne mu bantu, abo abamujeemera.

121. Mmwe mukolere ku ngeri yammwe ne ku kkubo lyammwe nga bwe mwagala, naffe tukolere ku lyaffe eryo Katonda lye yatulagira. Wabula temujja (mmwe abatakkiriza) kulemesa ngerika ya Katonda ey'okubazikiriza mmwe.

122. Mulindirire! Mazima naffe tulindiridde.
123. Era bya Katonda ebyo ebitalabikako (n'ebirabikako ebiri) mu ggulu n'ebiri mu nsi, ne gy'Ali ebigambo byonna gye bidda. Kale mumusinze era mumwesige. Tali Mukama wo agayaalirira ebyo bye mukola.

وَأَنْتَظِرُوا إِنَّا مُنْتَظِرُونَ ﴿١٢٢﴾

وَاللَّهُ غَيْبُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَإِلَيْهِ  
يُرْجَعُ الْأَمْرُ كُلُّهُ فَاعْبُدْهُ وَ  
تَوَكَّلْ عَلَيْهِ وَمَا رَبُّكَ بِغَافِلٍ

عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿١٢٣﴾

122. Mulindirire muja kulaba oyo ku ffe ne ku mmwe anaaba n'enkomerero ennungi. Katonda yatuukiriza endagaano eyo, obuwanguzi ne bubeera nga bwa Nabbi (s.a.w). Era n'asitula Ekigambo Kye n'akkakanya ekigambo ky'abakafiiri abo abaasinzanga ebifaananyi.

123. Tebyekwese Katonda ebyo abakulimbisa bye bakola, wabula byonna abimanyi bulungi era agenda kubibavunaana.

## EBIFA KU SSUULA YUSUFU MU BUFUNZE (12)


Essuula eno y'emu kw'ezo ezakkira e Makka ezo ezinyumya ebyafaayo bya Bannabbi kyokka nga eno yo yonna yeemalira ku kunyumya ku kyafaayo kya Nabbi Yusufu (emirembe gibe ku ye). Yakka nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) anaatera okusengukira e Madina. Erina Aya 111.

Essuula eyogera ku bizibu eby'engeri ezitali zimu ng'ebyo ebyamutuusibwako baganda be bwe baasalawo okumusuula mu kinnya n'oluvannyuma bamale bamutunde mu buddu, gattako n'ebyo ebyamutuukako nga ali mu maka g'omukungu, Al-Aziizi, eyamugula mu nsi y'e Misiri, mukyala muka mukama we bwe yamwegomba n'akozesa obukujjukuju bwonna n'enkwe ng'ayagala amusobyeko. Okwo oteekeko okusibibwa kwe mu kkomera oluvannyuma lw'abakyala b'abakungu mu kibuga ekyo okumwegomba ekyaletera abaami baabwe okumuteeka mu kkomera; okutuusa Katonda lwe yamuvvuunusa enkwe zaabwe.

Katonda yamuwa obwannabbi n'okuvvuunula endooto era eyo n'eba nga ye yali ensonga y'okumuggya mu kkomera n'atandika obulamu obulala ennyo obwesiimisa; n'atebenkerera ddala. Olw'okugera kwa Katonda, yamusisinkanya nate ne baganda be mu Misiri wadde nga bo baali tebakyamujjukira, ate oluvannyumako n'amuyunga ne Kitaawe Yakubu n'aboluganda lwe abalala bonna.

Okukka kw'essuula eno kwali eky'okusanyusa eri Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'okumugumya. Ekyo lwa kubanga mu kiseera we yakkira yali mu nnaku nnyingi n'ebizibu eby'amaanyi ebyamutuukako, ye n'abagoberezi be, abaali bamaze okumukkiriza, olw'okuyigganyizibwa abantu b'omu Makka abatakkiriza. Naddala yasinga kunakuwazibwa mu kiseera ng'amaze okufiirwa mukyala we Khadija oyo eyali amuyamba ne kitaawe omuto, Abi Twalibi, oyo eyamulwanirira mu buli ngeri zonna. Kale nno ekyafaayo kya Nabbi Yusufu (a.s.) ne kiba ekimala Nabbi Muhammadi ennaku era ne kimuwa eddembe n'obutebenkevu okubeera nga amanya nti eryo ly'ekukubo lya bannabbi bonna lye baayitamu abo abaamusooka, era ne kimugumya n'aba n'obwesige nti naye yali wa kuwanguka ebizibu bye mu luvannyuma nga nabo bwe baabiwangulanga oluvannyuma lw'okubonaabona ennyo.

Essuula y'emu era erimu ebyokulabirako, okugerezaako n'okubuilirira eri oyo alina omwoyo omulamu n'afaayo ku by'eyogerako. Kubanga obubaka bw'essuula eno butegeza nga obuwanguzi bwe buli okumpi eri oyo yenna aba yeekutte ku kugumiikiriza n'akwata amakubo ga bannabbi n'ababaka era n'abakoowoozi ab'amazima abakoolwoola abantu okudda eri ekkubo erituusa omuntu ku kusiima kwa Katonda.



Yakkira Makka: Erina Ebitundu 12, ne Aya 111

### ESSUULA YUSUFU (12)

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. ALIF LAAM RAA. Obwo bwe bubonero bw'Ekitabo (Kuraane) obweyolefu.
2. Mazima Ffe twagissa Kuraane nga ya Luwarabu mulyoke mutegeere.
3. Mazima tukunyumiza Ggwe (Muhammad) ekisinga obulungi mu byafaayo ku lw'ebyo bye twassa gy'oli (ebiri mu) eno Kuraane, newankubadde nga wali oluberyeberye lwayo (nga tennakuwebwa) mu bagayaavu (abatamimanyi).
4. (Jjukira) mu kiseera Yusufu bwe yagamba Kitaawe (Yakubu): Ye ggwe kitange! Mazima ndabye (mu kirooto) emmunyeenye kkumi n'emu n'enjuba n'omwezi, mbirabye (byonna) nga binvunnamira!
5. (Kitaawe) n'agamba nti: Owange katabani kange! Tonyumiza endooto yo

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ۝۱

۝۱ اِنَّا اَنْزَلْنَاهُ قُرْءَانًا عَرَبِيًّا لَعَلَّكُمْ

تَعْقِلُوْنَ ۝۲

تَحْنُ نَقُصُّ عَلَيْكَ اَحْسَنَ الْقَصَصِ  
بِمَا اَوْحَيْنَا لَكَ هٰذَا الْقُرْءَانَ ۝۳

۝۳ اِنْ كُنْتَ مِنْ الْغٰفِلِيْنَ ۝۴

۝۴ اِذْ قَالَ يُوسُفُ لِاَبِيْهِ يَا اَبَتِ اِنِّیْ رَاَيْتُ

اَحَدَ عَشَرَ كَوْكَبًا وَّ الشَّمْسَ وَّ الْقَمَرَ

رَاَيْتُهُمْ لِيْ سٰجِدِيْنَ ۝۵

۝۵ قَالَ يَبْنَؤُا لَاقُصُّ رُءُؤَاكَ عَلٰی

1. ALIF LAAM RAA: Ennyukuta ezo Katonda y'amanyi ekyagendererwa nazo.
2. Kuraane yassibwa mu lulimi Oluwarabu kubanga lwe lusinga ennimi zonna obwangu okukwata n'okunyonnyola obulungi amakulu g'ebigambo, era nga lwe lusinga obugazi n'okumatiza. N'olwekyo n'ebeera nga erina enkizo ku bitabo ebirala kubanga eri mu lulimi olusinga ennimi zonna. Ate yaweebwa Nabbi asinga mu Bannabbi bonna ng'emuleteebwa Malayika Jiburuulu asinga bamalayika bonna; era yatandika okukka mu mwezi ogusinga emyezi gyonna — ogwa Ramadhaane.
4. Kimanyiddwa bulungi nga okuloota kwa bannabbi buba bubaka. Abannyonnyozi bategeeza nti emmunyeenye ekkumi n'emu be baganda be kubanga baali kkumi n'omu, ye nga wa kkumi na babiri. Ate enjuba n'omwezi ye Kitaawe ne Nnyina.
5. Yakubu yagaana omwana we okunyumiza baganda be ekirooto kye kubanga yategeera nti singa banaategeera amakulu g'ekirooto ekyo, baja kumukwatirwa ensaalwa ku lw'okubuzibwa Sitaane; kubanga sitaane mulabe wa muntu yenna.

baganda bo, bandikusalira enkwe (olw'okukukwatirwa ensaalwa). Mazima Sitaane mulabe wa muntu omwoyolefu (mu bulabe bwe).

6. Era bwe kityo aija kukwawula Mukama wo (obeere Nabbi) era akuyigirize okuvuunula endooto, akujjulize ekyengerera Kye ne ku zzadde lya Yakubu nga bwe yakijjuliza ku bakadde bo ababiri oluberyeberye, Ibrahiimu ne Ishaka. Mazima Mukama wo Amanyi, Mukakasa.
7. Mazima mwali (mu kyafaayo) kya Yusufu ne baganda be, Obubonero (obw'okulabirako) eri abo ababuuza (ku nsonga yaabwe).
8. (Jjukira) mu kiscera bwe baagamba (baganda ba Yusufu), nti: Mazima Yusufu ne Muganda we (Benyamiini bwe bagatta nnyaabwe) y'asinga okwagalwa eri kitaffe okusinga ffe, nga naffe tuli kibiini (eky'amaanyi). Mazima Kitaffe ali mu kubula okweyolefu.
9. (Omu yagamba banne): Mutte Yusufu oba mumuwannangusize mu nsi (ez'e-wala), abalekere mmwe amaaso ga kitammwe mubeere oluvannyuma lwe ekibiini ekirongoofu.

إِخْوَانِكَ فَيَكِيدُ أُولَئِكَ كَيْدًا إِنَّ الشَّيْطَانَ لِلْإِنْسَانِ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ﴿٥﴾  
 وَكَذَلِكَ يَجْتَبِيكَ رَّبُّكَ وَيُغَيِّرُكَ مِنْ تَأْوِيلِ الْآحَادِيثِ وَيُمَتِّعُ نِعْمَتَهُ عَلَيْكَ وَعَلَى آلِ يَعْقُوبَ كَمَا أَتَمَّمَا عَلَى أَبَوَيْكَ مِنْ قَبْلِ إِبْرَاهِيمَ وَاسْتَقْبَلَ إِبْرَاهِيمَ مِنْ قَبْلِهِ عَلَيْهِمْ حَكِيمٌ ﴿٦﴾

لَقَدْ كَانَ فِي يُوسُفَ وَإِخْوَتِهِ آيَاتٍ لِلْمُتَذَكِّرِينَ ﴿٧﴾

إِذْ قَالُوا لِيُوسُفُ وَأَخُوهُ أَحَبُّ إِلَيْنَا أَيْتَامًا وَتَحْنُ عَصَبَةٌ إِنَّ أَبَانَا لَفِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٨﴾

يَا أَيُّهَا يُوسُفُ أَوِاطِرْ حُورَةَ الْأَرْضِ الْغُلَّ لَكُمْ وَجْهَ أَبِيكُمْ وَتَكُونُوا مِنْ بَعْدِهِ قَوْمًا صَالِحِينَ ﴿٩﴾

6. Katonda yagabira ebyengerera abo aboogeddwako mu aya eno n'abafuula bannabbi, era n'aggya mu zzadde lyabwe ne bannabbi abalala bangi.

7. Mu kyafaayo kya Yusufu ne baganda be mulimu okulaga amazima ga Nabbi Muhammad (s.a.w.). Tebubeera kuba bubaka obwamutumirwa Muhammad okuva eri Katonda, teyandisobodde kumanya ebyo ebyafa ku Yusufu ne baganda be.

8. Baayogera ekyo eky'okuyita Kitaabwe Yakubu abuze kubanga yamaliza okwagala kwe ku bato baabwe ababiri abanafu, n'atayagala bo abangi abasinga obungi n'amaanyi.

Olw'ebikolwa bya baganda ba Yusufu: nga okulaga ensaalwa n'obuggya, n'oluvannyuma okwekoba bamutte oba bamuwannangusize okumuggya mu nsi eyo bamutwale mu ndala, kiraga nga bwe bataali bannabbi. Era tewali bujulizi bwonna bulaga nga mu bo ekkumi bwe mwaliimu Nabbi.

9. Munnaabwe yabagamba balondeko ekimu ku bibiri, bawannanguse Yusufu oba bamutte basigale abagalwa eri kitaabwe, era n'oluvannyuma lw'okukolako ekimu beenenye eri Katonda abasonyiwe babeeere abalongoofu.

10. N'agamba omwogezi omu mu bo: Temutta Yusufu (wabula), mumusuule wansi mu kinnya, bamulonde abamu mu batambuze; bwe munaaba nga mukikoze.
11. (Bwe baamala okwekobaana) ne bagamba nti: Owange kitaffe! Lwaki totwesiga ku Yusufu, mazima (nga) ffe ku ye tuli ababuulirira?
12. Musindike awamu naffe enkya (alyoke) asanyuke era azannye. Mazima ffe tujja kumukuuma.
13. (Yakubu) n'agamba nti: Mazima nze kinnakuwaza (mmwe) okugenda naye, era ntya omusege okumulya nga namwe mumulagajjalidde,
14. Ne bagamba nti: Omusege bwe gnaaba nga gumulidde nga naffe tuli kibiina (eky'amaanyi), mazima ffe bwe kinaaba bwe kityo tunaaba abafaafaaganidwa.
15. Bwe baamala okugenda naye, ne bassa kimu okumuteeka wansi mu kinnya, ne Tumutumira (Yusufu): Ogenda kubategeereza ddala (oluvannyuma)

قَالَ قَائِلٌ مِّنْهُمْ لَا تَقْتُلُوا يُوسُفَ وَ  
الْقَوْلَ فِي غَيْبَتِ الْجُبِّ يَلْقَاهُ بَعْضُ  
السَّيَّارَةِ إِن كُنتُمْ فَاعِلِينَ ﴿١٠﴾

قَالُوا يَا أَبَانَا مَا لَكَ لَا تَأْمَنَّا عَلَى يُوسُفَ  
وَإِنَّا لَهُ لَنَاصِعُونَ ﴿١١﴾

أَرْسَلَهُ مَعَنَا غَدًا يَزِينَهُ وَيُبْعَثُونَا  
لَهُ لِحَفِظُونَ ﴿١٢﴾

قَالَ لِي لَيْسَ بِي شَيْءٌ أَن تَذْهَبُوا بِهِ وَ  
أَخَافُ أَن يَأْكُلَهُ الدِّيبُ وَأَنتُمْ  
عَنْهُ غَافُونَ ﴿١٣﴾

قَالُوا لَئِن أَكَلَهُ الدِّيبُ وَسَخَّ عَصَبُهُ  
إِنَّا إِذَا الْخُسْرُونَ ﴿١٤﴾

فَلَمَّا ذَهَبُوا بِهِ وَاجْمَعُوا أَن يَجْعَلُوهُ  
فِي غَيْبَتِ الْجُبِّ وَأَوْحَيْنَا إِلَيْهِ لَتُنَبِّئَنَّهُمْ

10. Oyo munnaabw yategeeza nga bwe wataali kyetaagisa kutta Yusufu, wabula nti kyali kimala bumazi okumusuula mu kinnya ekyo ekirimu amazzi. Abamu mu batambuze bwe banajja okusena amazzi bajja kumulonda bamutwale bo baganda be bamuwone; bwe baba nga baali bamalirivu okukikola.

Bonna awamu abaana ba Yakubu baamalirira ne bassa kimu okukola ekigambo ekinene eky'okukutula oluganda n'okujeamera mukadde waabw, awatali kukwatibwa kisa muto waabw ataaliko musango ne bamusuula mu kinnya. Tebaatya kitiibwa kya Mukadde waabw wadde okumusaasira okumuggyako omwana we gw'asinga okwagala, olw'enkizo gy'asinza ku banne.

11. Haayogera batyo eri kitaabw lwa kumusalira magezi asobole okubakkiriza okugenda naye: olwo babeere nga mu maaso ga Yakubu beesigwa sso nga muli baali balimba.

14. Ekyo baakyogera okukakasa nga omusege bwe gutayinza kumulya nga nabo bangi abasobola okwerwanako. Awo oluvannyuma lw'okutegeeza kitaabw ebyo n'akkiriza bagande naye.

15. Nga bamaze okumusuula mu kinnya n'okumwambulamu ekkanzu ye, n'okumukola eby'obukambw; Katonda yamutumira Malayika amugumye era amutegeeze, nti: Ogenda kutegeeza baganda bo kino kye bakukoze olwa leero nga nabo tebamanyi nti ye ggwe.

ekigambo kyabwe kino (kye bakukoze leero) nga nabo tebakyakitegeera.

16. Ne bajjira kitaabwe akawungeezi nga bakaaba.
17. Ne bagamba nti: Owange kitaffe! Mazima ffe twagenze okudduka (nga tuwakana), ne tuleka Yusufu awali ebintu byaffe (nga abikuuma), omusege ne gumulya, era toli ggwe wa kutukkiriza (ebyo bye tukugambye) newankubadde nga tubadde ab'amazima.
18. Ne bajja (nga kuliko) ku kkanzu ye (Yusufu) omusaayi ogw'obulimba. N'agamba (Yakubu batabani be) nti: Wabula emyoyo gyammwe gibaagazizza (okumukola) ekigambo ekibi. (Nja kugumiikiriza) okugumiikiriza okulungi. Katonda ye Muyambi kw'ekyo kye mwogera.
19. Ne wajja abatambuze, ne batuma abakimira amazzi n'assa endobo ye (mu luzzi olulimu Yusufu, okudda waggulu nga mulimu omwana). N'agamba nti: Essanyu! Ono omulenzi! Ne bamukisa (bamufuule) ekyamaguzi, ne Katonda amanyi ebyo bye baakola.
20. Ne bamutunda omuwendo omutono (nga) *dirihamu* mbale bubazi; ne ba-beera mu bamukyaye!

يَا مَرِيحُ هَذَا وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ١٥

وَجَاءُوا أَبَاهُمْ عِشَاءً يَبْكُونَ ١٦

قَالُوا يَا أَبَانَا أَنْتَا ذَهَبْنَا نَسْتَبِقُ وَتَرَكْنَا  
يُوسُفَ عِنْدَ مَتَاعِنَا فَأَكَلُ الذَّنْبُ  
وَمَا أَنْتَ بِمُؤْمِنٍ لَنَا وَلَوْ كُنَّا صَادِقِينَ ١٧

وَجَاءُوا عَلَى قَمِيصِهِ بِدَمٍ كَذِبٍ قَالَ  
بَلْ سَوَّلَتْ لَكُمْ أَنْفُسُكُمْ أَمْرًا فَصَبِرُوا  
جَمِيلٌ وَاللَّهُ الْمُسْتَعَانُ عَلَى مَا تَصِفُونَ ١٨

وَجَاءَتْ سَيَّارَةٌ فَأَرْسَلُوا وَارِدَهُمْ  
فَادُلُّهُمُ إِلَى بَيْتِهِ هَذَا غُلَامٌ  
وَأَسْرُودٌ بِضَاعَةٌ وَاللَّهُ عَلَيْهِمْ  
يَعْمَلُونَ ١٩

وَنَشَرُوا بِثَمَنٍ بَخْسٍ دَرَاهِمَ مَعْدُودَةٍ  
وَكَانُوا فِيهِ مِنَ الزَّاهِدِينَ ٢٠

17. Baamugamba kitaabawe nga bwe bamanyi nti yali tayinza kukkiriza nti boogera mazima kubanga yali yababuusizzaabusizzaamu dda nga n'ekyo tekinnabaawo bwe yali nga atiisizza omusege okulya Yusufu. Kale bwe baamugamba nti omusege gumulidde teyayinza kukkiriza.

Ebyo byonna baabyogera balyoke bamulowoozese nti boogera mazima. Nga Yakubu bwe yali Nabbi wa Katonda, ye yategeera nga balimba, n'ekikulu yalaba nti batabani be baddira omusaayi ne bagusaabaanya ekkanzu ye ate nga yo nnamu. Ekyo tekisoboka kuba bwe kityo, omusege okulya omuntu yo ekkanzu ne gutagiyuza.

19. Baganda ba Yusufu bwe baawulira nga abatambuze bamuggye mu kinnya ne bagenda gye bali, ne babakisa ne batabagamba nti muganda waabwe. Wabula baagamba nti yali muddu waabwe ne bamutunda.

20. Baganda ba Yusufu baamutunda omuwendo omutono ogutandimugyiddemu; ne bagamba nti yali muddu waabwe (Yusufu) tebakyamwagala. Ekyo baakyogera lwa kuba bo baali tebamanyi ddaala lye awali katonda. Baatandika okugamba abo abaamugula nti mumusibe kubanga ayinza



21. Oyo eyamugula mu Misiri n'agamba mukazi we: Gulumiza ekifo kye. Oba olyawo n'atugasa oba ne tumufuula omwana. (Katonda agamba) nti: Bwe kityo bwe twatebenkeza Yusufu mu nsi (y'Emisiri) era tulyoke tumuyigirize okuvvuunula ebigambo (endooto). Ne Katonda y'asinga (amaanyi) ku kigambo Kye, (ky'aba ayagadde tewali akizzaayo), naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

22. Bwe yamala okutuuka obukulu bwe (okusajjakula) ne tumuwa Obwannabbi n'okumanya. Era bwe tutyo bwe tusa-sula abalongoosa (emirimu gyabwe n'empisa zaabwe).

23. (Omukyala muka - nnyinimu) ye yennyini, oyo mu nnyumba ye (Yusufu) mwe yali abeera, n'amwegomba n'ayagala (Yusufu) amusobyeko. N'aggalawo enzigi, n'amugamba nti: Jjangu ndi wano nkewadde. (Yusufu) n'amugamba: Nneekingiriza ne Katonda! Mazima ddala (bbaawo) mukama wange, yalongoosa ekifo kyange (n'angulumiza). Mazima ddala tebagenda kulokoka abalyazaamaanyi (ab'enzi).

24. Mazima (omukazi) yamwegomba (naye Yusufu) n'amwegomba, singa teyalaba

وَقَالَ الَّذِي اشْتَرَاهُ مِنْ مِصْرَ لِامْرَأَتِهِ  
اَكْرِمِي مَثْوَاهُ عَسَىٰ اَنْ يَنْفَعَنَا اَوْ نَحْتَمِلَ  
وَكذٰلِكَ مَكَّنَّا لِيُوسُفَ فِي الْاَرْضِ  
وَلِنُعَلِّمَهُ مِنْ تَاْوِيلِ الْاَحَادِيثِ وَاللّٰهُ  
غَالِبٌ عَلٰى اَمْرِهِ وَلٰكِنْ اَكْثَرَ النَّاسِ  
لَا يَعْلَمُوْنَ ﴿٢١﴾

وَلَمَّا بَلَغَ اَشَدَّهٗ اٰتَيْنَاهُ حِكْمًا وَّاَعْلَمًا  
وَكذٰلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِيْنَ ﴿٢٢﴾

وَرَاوَدَتْهُ الَّتِي هُوَ فِي بَيْتِهَا عَنْ نَفْسِهِ  
وَعَلَّقَتِ الْاَبْوَابَ وَقَالَتْ هَيْتَ لَكَ  
قَالَ مَعَاذَ اللّٰهِ اِنَّ رَبِّيْ اَحْسَنُ مِمَّا تُشْرِكُ  
اِنَّهٗ لَا يَفْلِحُ الظّٰلِمُوْنَ ﴿٢٣﴾

وَلَقَدْ هَمَّتْ بِهٖ وَهَمَّ بِهَا لَوْلَا اَنْ

okutoloka. Oky'omukisa omulungi, oyo eyamugula mu Misiri, Katonda yamuteekamu omutima ogumulumirwa ne batamutwala nga muddu.

Kamugula yalagira mukyala we awe Yusufu ekitiibwa, era n'amutegeeza nga bwe bayinza n'okumufuula omwana waabwe.

22. Omwami cyagula Yusufu Omumisiri yali wa kitiibwa e Misiri. Kale yeegomba Yusufu nga omwana omulungi n'agamba mukyala we Zulaika, amuyise bulungi mu kitiibwa sso ssi nga omuddu. Era yagamba nti baali ba kumufuula nga omwana waabwe. Wabula oyo Zulaika ye yalina muli ekyama kye; yeegomba obulungi bwa Yusufu nnyo nnyo n'ayagala Yusufu amwagale era okwegomba kwe okwo kwaziba n'amagezi wadde okulowooza kwa Zulaika okw'obuntu — n'afiiririra kimu kyokka cky'okwematiza obwagazi bw'omubiri gwe.

Awamu n'ebyo byonna bye yakola ng'amusikiriza, Yusufu ye yagaana; kubanga mukama we yali amuyisizza bulungi ddala era mu kitiibwa; ekirala ye yali Nabbi wa Katonda kale nga tayinza kusobya mu bitali nya mugaso mu maaso ga Katonda. Okugaana kwa Yusufu kwamuwalanyisa nnyo Zulaika ekyamutuusa ne kukulondawo okusibibwa mu kkomera.

kabonero ka Katonda we (kamugaana kumusobyako yandimwagadde). Bwe kityo (twakikola) tulyoke tumukyuse okumuggya ku bubu n'obuwemu. Mazima ye (Yusufu) yali wa mu baddu Baffe abatukuza emirimu gyabwe.

25. Ne bagobagana (nga balaga) ku mulyango, (omukyala) n'ayuzza ekkanzu ye emabega ne basisinkana bombiriri (omukyala ne Yusufu) omwami we mu maaso g'omulyango. (Omukyala) n'amugamba nti: Mpeera ki ey'omuntu aba ayagadde (okukola) obubi ku mukyala wo, wabula okuba nga asibwa (mu kkomera) oba (okumubonyabonya) ebibonyobonyo ebiruma?
26. (Yusufu nga yewozaako) n'agamba: Ye yanjagadde nze kennyini (nze nga ssaagala). Omujulizi n'awa obujulizi okuva mu bantu (b'omukyala): Bw'eba nga ekkanzu ye eyuziddwa mberi (omukyala) aba ayogedde amazima naye (ye Yusufu aba) wa mu balimba!
27. Naye ekkanzu ye bw'eneeba nga eyuziddwa emabega, omukyala anaaba alimbye, naye (ye Yusufu anaaba) nga wa mu boogera amazima!

رَأْبُرْهَانَ رَبِّهِ كَذَلِكَ لِنَصْرِفَ عَنْهُ  
السُّوءَ وَالْفَحْشَاءَ إِنَّهُ مِنْ عِبَادِنَا  
الْمُخْلِصِينَ ﴿٢٥﴾

وَأَسْبَقَ الْبَابَ وَقَدَّتْ قَمِيصَهُ مِنْ  
دُبُرٍ وَالْقِيَاسُ يَدَّهَا لَدَّ الْبَابِ قَالَتْ  
مَا جَزَاءُ مَنْ أَرَادَ بِأَهْلِكَ سُوءَ إِلَّا  
أَنْ يُسَجَّنَ أَوْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢٥﴾

قَالَ هِيَ رَأْدَتْ نَفْسِي وَشَهِدَتْ  
شَاهِدًا مِنْ أَهْلِهَا إِنْ كَانَ قَمِيصُهُ  
قُدَّ مِنْ قُبُلٍ فَصَدَقَتْ وَهُوَ مِنَ  
الْكَاذِبِينَ ﴿٢٦﴾  
وَإِنْ كَانَ قَمِيصُهُ قُدَّ مِنْ قُبُلٍ فَكَذَبَتْ  
وَهُوَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٢٧﴾

25. Yusufu bw'agaana ate nga ye Zulaika—Omukyala muka-nnyinimu amwezinzemu, yasalawo kudduka wabula ye omukyala kwe kumugoba amutangize. Mu kumugoba omukyala yasika ekkanzu ya Yusufu emabega n'eyulika nga ye agezaako okwetakkuluzza. Olwagullawo oluggi nga ku nnyinimu kwe bakuba amaaso. Olw'ensonyi ennyingi n'ekiruyi kya Yusufu obutamusobyako, omukyala kwe kuwaayiriza Yusufu nti yali ayagala kumusobyako era kwe kuwa bbaawe amagezi Yusufu asibibwe oba abonerezebwe n'okukubibwa kibooko.

26. Omu ku ludda lw'omukyala ayali kagezimunyu mu kumanya ensonga yawabula omwami atunuulire ekkanzu ya Yusufu eyali eyulise, alabe: singa eba cyulise mu maaso olwo omukyala anaaba ayogera mazima kubanga olwo kiba kiraga nti omukazi yagikuttemu n'eyulika nga yeetaasa. N'olw'ekyo Yusufu aba mulimba.

27. Singa ekkanzu eba eyuziddwa mabega, olwo omukyala abanga ye mulimba: kuba kiba kiraga nga Yusufu y'abadde amwetakkuluzzaako omukyala n'agiya, kubanga akwata omukazi ekkanzu teyinza kuyulika mabega.

28. Bwe yamala okulaba nga ekkanzu ye eyuziddwa mabega, (Omwami) n'agamba nti: Mazima kino kya mu nkwe zammwe (abakazi). Mazima enkwe zammwe mpitirivu.

فَلَمَّا رَأَيْتُمُوهُ قُدَّ مِنْ دُبُرٍ قَالَ إِنَّهُ  
مَنْ كَيْدِ كُنَّ ط إِنَّ كَيْدِ كُنَّ  
عَظِيمٌ ٢٨

29. Yusufu, bireke ebyo (tobinyumya ebweru)! (Gwe omukyala) weegayirire okusonyiyibwa ku lw'ekibi kyo. Mazima ggwe obadde ow'omu basoby.

يُوسُفُ اعْرِضْ عَنْ هَذَا وَاسْتَغْفِرِي  
لِدُنْيَاكَ إِنَّكَ كُنْتَ مِنَ الْخَاطِئِينَ ٢٩

30. Abakyala b'omu kibuga (Misiri) ne bagamba: Mukyala wa Al-Aziizi ayagala omuvubuka (omuddu) we yennyini (nga ye tayagala). Mazima okwagala kumutuuse ku ntobo y'omutima. Mazima ffe tumulaba (nga ali) mu bubuze obweyolefu.

وَقَالَ نِسْوَةٌ فِي الْمَدْيَنَةِ امْرَأَتُ الْعَزِيزِ  
تُرَادُّوهُنَّ عَنْ نَفْسِهِ قَدْ شَغَفَهَا حُبًّا  
إِنَّا لَنَرَاهَا فِي ضَلَالٍ مُبِينٍ ٣٠

31. (Omukyala) bwe yamala okuwulira enkwe zaabwe, n'abatumira (bajje ku kijjulo) mu maka ge n'abateekerateekera emitto (egy'okwesigamako) n'aleetera buli omu mu bo ekiso, n'agamba (Yusufu) nti: Fuluma ogende gye bali! Bwe baumulaba ne bamugulumiza (ku lw'obulungi bwe) ne beesala engalo zaabwe, ne bagamba, kino kiri wala!

فَلَمَّا سَمِعَتْ بِمَكْرِهِنَّ أَرْسَلَتْ إِلَيْهِنَّ  
وَأَعَدَّتْ لَهُنَّ مَتَكًا وَآتَتْ كُلَّ  
وَاحِدَةٍ مِّنْهُنَّ سِكِّينًا وَقَالَتِ  
اخْرُجْ عَلَيْهِنَّ فَلَمَّا رَأَيْنَهُ أَكْبَرْنَهُ  
وَقَطَعْنَ أَيْدِيَهُنَّ وَقُلْنَ حَاشَ لِلَّهِ

28. Omwami nga amaze okulaba amazima ga Yusufu n'obulimba bwa mukazi we, yakyukira omukyala n'amutegeeza nga bw'ali ye ayali awaayiriza Yusufu nga akozesa enkwe z'ekikyala.

29. Bba w'omukyala yamugamba Zulaika yeenenye eri Yusufu ku lw'okumuleetera obuswavu nga amulimirira nti yagezaako okumukwata, era ne ku lw'ekikolwa kye kyennyini eky'okwagala omuvubuka ono — Yusufu.

31. Enngambo bwe zaabuna mu kibuga ezikwata ku muka Al-Aziizi kwagala 'Omuddu we', ne bituuka ne ku bakyalab'abakungu abalala mu kibuga: Mukyala Al-Aziizi kwe kuyita bakyalab'abanne ewuwe, n'abakolera ekijjulo eky'amaanyi bajje becrabirco oba bo bayinza okwewala okwegomba Yusufu.

Ekiyo we baatuula kyayalirirwa ebijolobero n'emitto egy'okwesigamako. Era banne, mukyala Al-Aziizi yabateekerateekera obyokulya nga mulimu n'eb'okusalibwa n'ebiso.

Emboozo nga egudde amakerenda era nga n'ebayogeddwa ku mukyala Al-Aziizi byerabiddwa, awo mu kisera we baali bagendera ddala okusala ebibala byabwe, mukyala Al-Aziizi we yayitira Yusufu aje owali ekijjulo — nga ava mu kisenge gye yali amukwese. Bonna olwamulaba ne basamaalirira wamu n'okuwuniikirira olw'obulungi bwa Yusufu ne beesala n'engalo zaabwe. Baumulowooza okuba Malayika. Era oluvannyuma baagamba mukyala munnaabwe nga bw'atanenyeczewa kubanga nti baali tebalabanga ku muntu afaanana nga ye.

Tulayidde Katonda, ono ssi muntu.  
Tali ono wabula malayika ow'ekitiibwa.

مَا هَذَا بَشَرًا إِنْ هَذَا إِلَّا مَلَكٌ  
كَرِيمٌ ﴿٣١﴾

32. (Mukyala Al-Aziizi) n'agamba nti: Oyo mmwe gwe mwabadde munne-nyeza? Mazima nnamwagadde okumukolako eby'ensonyi ye n'agaana, (naye) bw'anaaba takozze ekyo kye mmulagira ajja kusibibwa ddala era ajja kubeera ow'omu bagayibwa.

قَالَتْ فَذَلِكُنَّ الَّذِينَ لَمَّسَتْ بِنِي فِيهِ وَ  
لَقَدْ رَأَوْنَهُ عَنْ نَفْسِهِ فَأَسْخَمَتْ  
وَلَيْنَ لَمْ يَفْعَلْ مَا أَمَرَهُ لَيَجَنَّ  
وَلَيَكُونَنَّ مِنَ الضَّالِّينَ ﴿٣٢﴾

33. (Yusufu) n'agamba: Katonda wange! Ekkomera lye lisinga okwagalwa gyendi okusinga (okukola) ekyo kye bampitira okugenda gye kiri, bw'onooba Ggwe tonzigyeko nkwe zaabwe nja kukyukira gye bali mbeere ow'omu batamanyi.

قَالَ رَبِّ السَّجِينُ أَحَبُّ إِلَيَّ مِمَّا يَدْعُونِي  
إِلَيْهِ ۖ وَلَا تَصْرِفْ عَنِّي كَيْدَهُنَّ  
أَصْبُ إِلَيْهِنَّ وَأَكُنَّ مِنَ الْجَاهِلِينَ ﴿٣٣﴾

34. Katonda we n'ayanukula (okusaba kwe) n'amuggyako enkwe zaabwe. Ye Awulira, era Amanyi.

فَأَسْتَجِبْ لَهُ رَبُّهُ فَصَرَفَ عَنْهُ  
كَيْدَهُنَّ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٣٤﴾

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yagamba nti: 'Yusufu yaweebwa kimu kyakubiri mu bulungi obwaweebwa abantu bonna'.

33. Yusufu bwe yalaba nga omukazi omwelayiridde okumukozesa ekisobyo ekyo n'awanjagira Katonda we. Era yalondako okusibibwa mu kkomera okusinga okusobya ku muka Al-Aziizi. Yalaaanira Katonda nga ye bw'atasobola kwekuuma yekka mu nkwe z'abakazi bonna, singa Ye Katonda we aba tamukuumye kubanga obuyinza bwonna buli cri Katonda.

Katonda yawuliriza okuwanjaga kwe n'amukuuma olukuuma olwawufu n'amusiimisa n'okusibibwa mu kkomera okusinga okukola ekivve eky'okwagala muka omukungu wadde ye Yusufu yali muvubuka omujjuvu nga ate n'omukyala omwagala wa kitiibwa.

Ng'ayogera ku kino, Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Abantu musanvu Katonda agenda kubassa mu kisiikirize ku Lunaku lwe wataliba kisiikirize wabula ekikyey kyokka:-

- (1) Omukulembeze omwenkanya,
- (2) N'omuvubuka eyakulira ku kusinza Katonda,
- (3) N'omusabi alina omutima gwe nga yaguwanika mu muzigiti (bw'aba afulumye aguleka omwo okutuusa lw'adda);
- (4) N'abasajja ababiri abaalana ku lwa Katonda ne beegatta nga bali ku mukwano ogwo okutuusa lwe baaawukana nga bakayagalana.
- (5) Omusajja eyasaddaaka n'akweka saddaaka omukono gwe ogwa kkono ne gutamanya ddyo ky'awaddeyo.
- (6) Omusajja omukazi ow'ekitiibwa gwe yayita amusobyeko, ye (omusajja) n'agamba nti: Mazima nze ntya Katonda.
- (7) Omusajja eyajjukira Katonda nga ali yekka amaaso ge ne gattulukuka amaziga."

35. Bwe kyamala okubeeyolekera (nti kirungi — Al-Aziizi ne basajja banne), (wadde) n'oluvannyuma lw'okulaba Obubonero (obukakafu nti Yusufu si musobya okuggyako omukyala), (ne basalawo) nti bajja kumusiba okutuusa ebbanga eggere.

ثُمَّ بَدَّ لَهُمْ مِّنْ بَعْدِ مَا رَأَوُا الْآيَاتِ  
لِيَسْجُنَنَّهُ فَحَىٰ حِينٍ ﴿٣٥﴾

36. Ne bayingira ekkomera awamu naye abavubuka babiri. N'agamba omu ku bombiriri: Mazima nze nalabye mu kirooto nga nkamula omubisi. Omulala n'agamba: Mazima nze nalabye mu kirooto nga nneetisse omugaati waggulu ku mutwe gwange (naye) nga ennyonyi zigulyako. Tubuulire endootolola yaabyo (ebirooto ebyo ebibiri), mazima ffe tukulaba nga oli mu balongoosa,

وَدَخَلَ مَعَهُ السَّجَنَ فَتَيْنِ ط قَالَ  
أَحَدُهُمَا لِي أَرِنِي أَعْصُرُ خَمْراً وَقَالَ  
الْآخَرُ لِي أَرِنِي أَحْمِلُ فَوْقَ رَأْسِي  
خُبْزاً إِنَّا كُلُّ الْظَّالِمِينَ مِنْهُ ط تَبْنَا  
بِنَاؤِيلِهِ إِنَّا نَرَاكَ مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٦﴾

37. (Yusufu) n'agamba nti: Tejja kubajjira emmere gye munaaweebwa (nga bulijjo) wabula (nja kuba) nga mbategeezezza endootolola yaabyo, oluberye-berye nga tennabajjira. (Ekyo kye kimu) mw'ebyo bye yanjigiriza Mukama wange. Mazima nze naleka eddiini y'ekibiina ekitakkiriza Katonda nga n'Oulunaku Lw'enkomerero bo baluwakanya.

قَالَ لَا يَا تَيْمُاطَا ط مَا تُرْتَفِقُ بِهِ إِلَّا  
بِنَاؤِيلِهِ ط إِنَّا نَرَاكَ مِنَ الْمُحْسِنِينَ  
ذَلِكَ مَا مَتَاعَ عَالَمِينَ ط رَأَى  
تُرْكُتُ مِلَّةَ قَوْمٍ لَا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَهُمْ  
بِالْآخِرَةِ هُمْ كَافِرُونَ ﴿٣٧﴾

38. Era ngoberera eddiini ya bakitange, Ibrahiimu ne Ishaka ne Yakubu. Tekyali nga kisaanira ku ffe okugatta ku Katonda ekintu ekirala (kyonna). Ekyo kya mu bigabwa bya Katonda bye yatwagaliza ne ku bantu abalala;

وَاتَّبَعْتُ مِلَّةَ آبَائِي إِبْرَاهِيمَ وَاسْمَعُ  
وَيَعْقُوبَ ط مَا كَانَ لَنَا أَنْ نَشْرَكَ بِاللَّهِ  
مِنْ شَيْءٍ ط ذَلِكَ مِنْ فَضْلِ اللَّهِ عَلَيْنَا

35. Nga bumaze okubeeyoleka obubonero obulaga nga Yusufu bw'atalina musango gwa kwagala mukyala oyo, ne balaba nti ekirungi Yusufu kwe kusibwa mu kkomera okumala ebbanga. Ekyo lwa kulaba nti olugambo lwali lubunye mu kibuga olwa Yusufu Okwagala omukyala oyo. Abasajja bonna wamu ne Al-Aziizi kyabawumuzza ku mmeeme okusiba Yusufu, wadde teyali musobya, kubanga abakyala mu kibuga omwo baali bali mu kegungo olw'obulungi bwa Yusufu.

37-38. Yusufu nga tannalooolola bavubuka abo yamala kubasomesa (kubabuulira) ebifa ku Katonda, nga omuntu (Nabbi) amanyi eby'ewala era munnaddiini omwenkanya era omukkiriza.

naye mazima abantu abasinga obungi tebee baza.

وَعَلَى النَّاسِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا  
يَشْكُرُونَ ﴿٣٨﴾

39. Abange basibe bannange (mwembiriri)! Bakatonda abaa wukamu be balungi oba Katonda Omu, Oyo Omukasi?

يُصَاحِبِي السَّجِينِ ءَأَرْبَابٌ مُّتَفَرِّقُونَ  
خَيْرٌ أَمْ اللَّهُ الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ﴿٣٩﴾

40. Ebyo bye musinza ebitali Ye (Katonda) wabula mannya bunnya ge mwatuuma, mmwe ne bakadde bammwe. Katonda tassanga ku byo bujulizi obulaga nga bisinzibwa. Tekuli okulamula (kuno), wabula kwa Katonda, yalagira nti muleme okusinza ekirala kyonna wabula Ye Yekka. Eyo y'eddiini engolokofu, naye abantu abasinga obungi tebamanyi

مَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ أَاسْمَاءُ  
سَمِيَتْ لَهُمْ مِنْكُمْ ءَأَبَاءُكُمْ مَا أَنْزَلَ  
اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ إِنْ الْحُكْمُ إِلَّا  
لِلَّهِ ءَأَمْرًا لَا تَعْبُدُونَ إِلَّا إِيَّاهُ ذَلِكَ  
الدِّينُ الْقَدِيمُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ  
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٤٠﴾

41. Abange basibe bannange (mwembiriri)! Naye omu mu mmwe agenda kunywesa mukama we omubisi (gw'enzabbibu); naye omulala, ajja kuko mererwa ku musaalaba ennyonyi zimulye ku mutwe. Ekigambo kiwedde ekyo kyo kye (mubadde) mubuuza—

يُصَاحِبِي السَّجِينِ ءَأَمَّا أَحَدُكُمْ مَا  
فَيَسْقِي رَبَّهُ خَمْرًا ءَأَمَّا الْخُرُوبِيُّ صَلْبٌ  
فَتَأْكُلُ الطَّيْرُ مِنْ رَأْسِهِ تُضَيُّ الْأَمْرُ  
الَّذِي فِيهِ تَسْتَفْتِينَ ﴿٤١﴾

42. (Yusufu) n'agamba oyo gwe yalooza nti mazima ye awonye ku bombiriri: Onzujukiranga awali mukama wo (kabaka). Wabula sitaane

وَقَالَ لِلَّذِي ظَنَّ أَنَّهُ نَاجٍ مِنْهُمَا  
إِذْ كُنِيَ عِنْدَ رَبِّكَ فَآخَسَهُ

39. Katonda Oyo Omutonzi akakkanya buli kintu, ye mulungi atekwa okusinziywa; okillsinga ebyo ebirala bye musinza ebitali Ye.

40. Ebyo bye musinza ebitali Katonda mwabiteekawo ne mubituuma amannya nga mugoberera bakadde bammwe.

41. Eyaloota nga asogola omubisi yali wa kudde ku mulimu gwe agusogolereka kabaka. Naye oyo omulala yali wa kuwanikibwa ku kalabba ennyonyi zimulye ku mutwe. Ago ge gaali amakulu g'ebirooto byabwe okusinziira nga kabaka bwe yali asazeewo.

42. Yusufu yagamba oyo, omu ku basibe ababiri eyali ow'okuwona. amujjukire eri Kabaka nga amutgeza ebimufaako. Kyokka ye bwe yateebwa yeerabizibwa sitaane okutegeza Kabaka ebifa ku Yusufu; bw'atyo Yusufu n'asigala mu kkomera. Abamu mu bamanyi bagamba nti yamala emyaka musanvu oba kkumi n'ebiri, oba kkumi n'ena nga ali mu kkomera.

n'amwerabiza okujjukiza mukama we, kale (Yusufu) n'amala mu kkomera emyaka (wakati w'omusanvu n'ekkumi n'ena).

43. (Lumu) kabaka n'agamba nti: Mazima nze ndabye (mu kirooto) ente musanvu ensava nga ziriibwa ente musanvu enkapa, (era nalabye) n'ebirimba musanvu ebibisi n'ebirala musanvu ebikalu. Abange mmwe ekibiina ky'abakungu muntegeeze (amakulu ge) ekirooto kyange, bwe mubeera nga mumaanyi okulooolola ebirooto.

44. Ne bagamba nti: Okwo kulogojjana kwa birooto, tetuli ffe bamanyi kuvuunula birooto.

45. N'agamba oyo eyawona (ekkomera) ku bombiriri (omusenero), n'ajjukira oluvannyuma lw'okuyitawo ekiseera (ekiwanvu n'agamba): Nze nja kubategeza enzivuunula yaakyo, kale mutume.

46. (Bwe yatuuka mu kkomera, n'agamba): Yusufu, Owange ow'amazima! Tutegeze ku nte omusanvu ensava nga ziriibwa (ente) musanvu enkapa n'ebirimba omusanvu ebibisi n'ebirala ebikalu (musanvu), nzireyo eri abantu oba olyawo ne bamanya (amakulu g'ekirooto ekyo).

الشَّيْطَانُ ذَكَرَ رَبَّهُ فَلَيْتَ فِي السَّجْنِ  
بِضَعْرِ سَيْنٍ ﴿٣٤﴾

وَقَالَ الْمَلِكُ إِنِّي أَرَى سَبْعَ بَقَرَاتٍ  
سَيَّانٍ يَأْكُلْنَ سَبْعَ عَجَائِفَ وَسَبْعَ  
سُنْبُلَاتٍ خُضْرٍ وَأُخْرَى يُسَبِّتُ بِهَا  
الْمَلَائِكَةُ فِي رُءْيَايَ إِنْ كُنْتُمْ لِلرُّءْيَا  
تَعْبُرُونَ ﴿٣٥﴾

قَالُوا أَضَعَاتٌ أَوْلَادِهِ وَمَا نَحْنُ بِأُولِي  
الْأَحْلَامِ بِعِلْمَيْنِ ﴿٣٦﴾

وَقَالَ الَّذِي نَجَا مِنْهُمَا وَادَّكَرَ بَعْدَ  
أُمَّةٍ أَنَا أُنْتَبِئُكُمْ بِتَأْوِيلِهِ فَأَرْسِلُونِ ﴿٣٧﴾

يُوسُفُ إِلَيْهَا الصِّدْقِ أَفْتِنَا فِي سَبْعِ  
بَقَرَاتٍ سَيَّانٍ يَأْكُلْنَ سَبْعَ عَجَائِفَ  
وَسَبْعِ سُنْبُلَاتٍ خُضْرٍ وَأُخْرَى يُسَبِّتُ  
لِعَلِّي أَرْجِعُ إِلَى النَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿٣٨﴾

43. Kabaka yayita abakungu be n'ababuulira ekirooto kye ekyo ekyamutitsa nga ayagala bamunyonnyole amakulu gaakyo. Kyokka tewali mu bo yasobola kumanya kukinnyonnyola. Eyo n'ebeera ensonga y'okuggya Yusufu mu kkomera nga bwe tunaalaba wansi.

44-45 Abakungu ababeezi ba Kabaka baalemwa okuvuunula ekirooto kye, nti olw'okuba kyali kitabufu era kyabalabikira nga okulogojjana kw'ebirooto. Mu kiseera ekyo omuvubuka eyateebwa, oyo eyali ne Yusufu mu kkomera n'amujjukira. Era n'asaba bamutume agende gy'ali asobole okubaleetera amakulu g'ekirooto ekyo Kabaka ky'aloose. Yali amanyi nti Yusufu ajja kumutegeza amakulu gaakyo, kyokka nga ayagala ye y'aba agulumizibwa. Ekyo kye kyamugaana ok wogerayo Yusufu.



47. (Yusufu) n'agamba nti: Mugenda kusiga emyaka musanvu egiddirinnganye, (naye) ebyo bye mulikungula mubireke mu birimba byabyo wabula (muggyeko) bitono mw'ebyo bye mulya.
48. Oluvannyuma (Iw'egyo egy'ebiyengera) gigenda kutuuka emyaka musanvu emizito, girye ebyo bye mwakulembeza (okutereka) ku lwagyo, wabula mulikewo kitono mw'ebyo bye mulikuuma (ku lw'ensigo).
49. Ate oluvannyuma, omwaka gugenda kutuuka, mu gwo abantu bagenda kufuna enkuba ne mu gwo bagenda kukamula (omubisi n'amafuta ga oilo).
50. Kabaka n'agamba nti: Mumundeetere. Bwe yamala okumujjira omubaka (wa Kabaka, Yusufu) n'agamba nti: Ddayo eri mukama wo omubuuze nsonga ki (efa) ku bakazi abo abeesala

قَالَ تَزْرَعُونَ سَبْعَ سِنِينَ دَأْبًا  
فَمَا حَصَدْتُمْ فَذَرُوهُ فِي سُبُلِهِ  
إِلَّا قَلِيلًا مِمَّا تَأْكُلُونَ ﴿٤٧﴾

ثُمَّ يَأْتِي مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ سَبْعٌ شِدَادٌ  
يَأْكُلْنَ مَا قَدَّمْتُمْ لَهُنَّ إِلَّا قَلِيلًا  
مِمَّا تَحْصُونَ ﴿٤٨﴾

ثُمَّ يَأْتِي مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ عَامٌ فِيهِ  
يَجْعَلُ النَّاسُ وَفِيهِ يَعْرِوْنَ ﴿٤٩﴾

وَقَالَ الْمَلِكُ إِنِّي أُنْزِلُ فِيهِ فَكَيْفَا  
جَاءَهُ الرَّسُولُ قَالَ أَرْجِعْ إِلَى  
رَبِّكَ فَسَأَلَهُ مَا بَالَ الْإِسْوَةِ الَّتِي

47-48 Mujja kufuna enkuba n'ekyengera okumala emyaka musanvu egiriraanaganye nga musiga. Oluvannyuma Iw'ekyengera wa kuddawo emyaka emirala musanvu egy'enjala. Yabawa n'amagazi beeterekere emmere erisobola okubayisa mu buzibu obwali mu makulu g'ekirooto ekyo.

Ente omusanvu ensava gy'emyaka omusanvu egy'ekyengera atc zo omusanvu enkapa gy'emyaka omusanvu egy'enjala mwc baliriira bye baatereka.

49. Oluvannyuma Iw'okuggwaako emyaka gy'enjala omwaka oguliddirira guliba gwa nkuba era nga gwa kyengera. Abantu bagenda kukamula omubisi ogw'emizabbibu n'ebintu ebirala ebisogolwa nga obutto n'amata agakamulwa mu bisolo.

Ekitundu kino ekikomereyayo ekitegeeza omwaka gw'ekyengera oluvannyuma Iw'emyaka omusanvu, tekiri mu kirooto kya Kabaka. Wabula Nabbi Yusufu yakiggya ku kumanya Katonda kwe yamuwa. Yayagala kubannyonyola ebyo eby'okuddirira oluvannyuma Iw'emyaka emizibu.

50. Omusenero bwc yadda eri Kabaka n'abategeeza ebyo Yusufu by'amugambye, Kabaka n'asaba bamuggye mu kkomera atwalibwc gy'ali.

Omubaka bwe yadda eri Yusufu, Yusufu yamalagira addeyo eri Kabaka bamafe okubuuliriza ensonga y'abakazi abo abeesala ngalo obanga bamumanyiiko ekibi. Kye yali ayagala kwe kuva mu kkomera nga abantu bonna bategedde nga bwe yasibirwa obwereere.

Nabbi (s.a.w.) ayogera ku bugumikiriza bwa Nabbi Yusufu nga agamba nti: "Singa nze nali mmaze mu kkomera ebbanga nga Yusufu lye yamalumu nandyanutukudde omukoowozi." amakulu nti: "Nze nandikkiriza okuvaamu awatali kugamba mubaka nti mala kuddayo."

Yusufu yayagala ensonga y'abakyala ebuulirizibweko nga taliwo batuuke okumanya nga ye bw'atazanga musango ogwo gwe yawaayirwa era nga bw'atakukiranga gye bali kukola kye baagala. Yalina obwesige nga amazima bwc gaali gajja okulabika, kubanga go ne bwe geekweka ebbanga eddene, oluvannyuma geevoleka. Era yeesiga eri Katonda we kubanga Ye amanyi enkwe z'abakyala abo ze baali bamusalira okumusuula mu kibi.

emikono gyabwe. Mazima Mukama wange amanyi nnyo enkwe zaabwe.

قَطَعْنَ أَيْدِيَهُنَّ إِنَّ رَبِّي بِكَيْدِهِنَّ  
عَلِيمٌ ﴿٥١﴾

51. (Kabaka yatumya abakyala) n'agamba nti: Eri etya ensonga yammwe n'ekigambo kyammwe mu kiseera bwe mwegomba Yusufu ye yennyini? (Ne bagamba): Kiri wala! Tulayidde Katonda! Tetumumanyangako kabi konna. N'agamba mukyala wa Al-Aziizi: Kaakati amazima geeyolese. Nze namwegomba ye yennyini (ansobyeko n'agaana), mazima ye wa mu boogera mazima.

قَالَ مَا خَطْبُكُمْ إِذْ رَأَوُنَّ يُوسُفَ  
عَنْ نَفْسِهِ قُلْنَ حَاشَ لِلَّهِ مَا عَلِمْنَا عَلَيْهِ  
مِنْ سَوْءٍ قَالَتْ امْرَأَتُ الْعَزِيزِ لَنْ  
حَصَّصَ الْحَقُّ أَنَا رَأَوْهُ وَعَنْ  
نَفْسِهِ وَرَأَتْهُ لَمَنِ الصِّدِّيقِينَ ﴿٥١﴾

52. (Omukyala n'agamba): Ekyo (nkyogedde, Yusufu) alyoke amanye nti: Mazima nze simukumpanyanga mu butabaawo bwe (n'okuba nga) ddala mazima Katonda talunngamya nkwe za bakumpanya.

ذَلِكَ لِيَعْلَمَ أَنِّي لَمْ أَخُنْهُ بِالْغَيْبِ  
وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي كَيْدَ  
الْمُخَلِّينَ ﴿٥٢﴾

53. Seetukuza mwoyo gwange. Mazima omwoyo (gw'omuntu) gulagira okukola obubi wabula oyo Mukama wange gw'aba asaasidde. Mazima Mukama wange Musonyiyi, Omusaasizi.

وَمَا أُبْرِئُ نَفْسِي إِنْ النَّفْسَ  
لَأَمَّارَةٌ بِالسُّوءِ إِلَّا مَا رَحِمَ رَبِّي  
إِنَّ رَبِّي غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٥٣﴾

54. Kabaka n'agamba nti: Mumundeetere (Yusufu) mwemalire nze kennyini.

وَقَالَ الْمَلِكُ إِنِّي أرى فِيهَا سَفَلَةَ

52. Yusufu okubonaabona kwe okujjudde obugumiikiriza okuva lwe yasulwa mu luzzi, n'okumufumiitiriza okwagala mukyala wa mukama we (Al-Aziizi), oteekeko ennaku y'ekkomera, bikomye awo.

53. Omukyala yagamba nga bw'atayinza kwetukuza ne yeegaana nti ye yayagala Yusufu kubanga omwoyo gutera nnyo okukyukira eri ebyobwagazi okuggyako oyo Katonda gw'aba akuumye n'amusaasira, kubanga Ye alina okusaasira okunene n'okusonyiwa eri oyo aba aze gy'Ali.

Abannyonyozi abamu bagamba nti Yusufu ye yayogera nti 'sectukuza mwoyo gwange olw'okubanga mazima omwoyo bulijjo gulagira okukola obubi' nga kyagenderera okwogera ekyo kwe kulaga obukkakkamu eri Katonda, lwa kwagala kukkakkanya omwoyo gwe guleme okwewaana obutakola kintu ekyo n'okwesukkulumya.

54. Kabaka yatumya Yusufu nga amaze okumanya ebimufaako alyoke amufuule omwesigwa we ow'oku lusegere ayecebuuzibwako era omuwi w'amagezi. Era nga amujjidde, bwe yayogera naye n'alaba amagezi n'amazima ge, okumanya n'okuyiga kwe, wamu n'ekitiibwa ky'alina, — n'amuwa ekifo ekyo waggulu ddala eky'ekitiibwa era eky'obwesigwa gy'ali.

Bwe yamala okwogera naye, n'amugamba nti: Mazima ggwe olwa leero olina we tuli ekifo n'obwesigwa!

55. (Yusufu) n'agamba: Nfuula omuwanika w'amawanika g'ensi (Misiri). Mazima nze ndi mukuumi omumanyi.
56. Era bwe kityo twatebenkeza Yusufu mu nsi (y'Emisiri). Nga abera mu yo wonna w'ayagala. Tutuusa okusaasira Kwaffe kw'oyo gwe twagadde. Era tetwonoona mpeera z'abalongoosa.
57. N'empeera ez'enkomerero ze zisinga obulungi eri abo abakkiriza, ne baba nga batya (Katonda).
58. Baganda ba Yusufu ne bajja (nga baddukidde emmere) ne bayingira gy'ali, n'abamanya nga bo tebamumanyi.
59. Bwe yamala okubateekerateekera emiguu gyabwe, n'agamba nti: Mundeeter muganda wammwe mu kitammwe. Temulaba nga mazima nze ntuukiriza ebigerera nange (nga) nze mulungi okusinga abakyalirwa?

لِنَفْسِي ۖ قُلْنَا كَذَبَةٌ قَالَ إِنَّكَ الْيَوْمَ

لَدَيْنَا مَكِينٌ أَمِينٌ ﴿٥٦﴾

قَالَ اجْعَلْنِي عَلَى خَزَائِنِ الْأَرْضِ

إِنِّي حَفِيظٌ عَلَيْهِمْ ﴿٥٧﴾

وَكذَلِكَ مَكَّنَّا لِيُوسُفَ فِي الْأَرْضِ ۚ

يَتَّبِعُونَ آيَاتِهِ ۚ حَيْثُ شَاءَ نُصِيبُ بِرَحْمَتِنَا

مَنْ نَشَاءُ ۚ وَالرُّضِيعَ آجْرَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٥٨﴾

وَالْجُرْأَةَ الْآخِرَةَ خَيْرَ لِّلَّذِينَ آمَنُوا

كَأَنَّهُمْ يَتَّخِذُونَ

وَجَاءَ إِخْوَتُهُ فُيُوسُفَ فَدَخَلُوا عَلَيْهِ

فَعَرَفُوهُ وَهُمْ لَهُ مُنْكَرُونَ ﴿٥٩﴾

وَلَمَّا جَاهَدَهُمْ بِجَاهِهِمْ قَالَ أُمَّتُونِي

بِأَنفُسِكُمْ ۚ مَنْ أَيْكُمُ الْآتِرُونَ إِنِّي

أُوفِي الْكَيْلَ وَإِنَّا خَيْرُ الْمُنْزِلِينَ ﴿٥٩﴾

55. Yusufu yasaba aweebwe obuwanika alyoke alabirire amawanika g'emmere cneckungaanyi-zibwa mu nsi y'Emisiri olw'enjala eyali ebindabinda. Yayongerako okutegeeza Kabaka nga ye bwe yali amanyi ebifa ku buwanika era nga bwe yali asobola okugakuuma.

56. Twatebenkeza Yusufu mu nsi y'Emisiri, n'aba nga azimba amaka mu kifo kyonna kye yabanga ayagadde nga yetaaya, oluvannyuma lw'okunyigibwa ennyo bwe yali nga ali mu kkomera.

58. Yusufu baganda be bwe baamujjira yabategeera kyokka bo nga tebamutegeera, kubanga mu kiseera we baamusuulira mu kinnya yali akwali muto. Ate abatambuze be baamuguzi, okuva awo we baamubaguliza, bo tebaamanya ludda wa gye baalaga. Ate nga bwe baamutunda mu buddu, baali tebalowooza nti asobola nate okutuuka ku ddaala eryo.

Baganda ba Yusufu nga batuuse w'ali baamweyanjulira era ne bamutegeeza nga bwe bali abaana ba Yakubu — Nabbi wa Katonda, era nga bwe baali ekkumi n'omu naye nga baze kkumi. Baamutegeeza nga muto waabwe bwe baamulekayo; era ne bamutegeeza nga bwe baazaalibwa ekkumi n'ababiri kyokka muganda waabwe omu n'azaayira mu malungu (Yusufu).

Oluvannyuma Yusufu yalagira bafuulibwe abagenyi be era bagulumizibwe bateekereteekerwe emmere gye banaatwala n'ebinaabayamba mu lugendo lwabwe.

59. Yabagamba atyo alyoke abaagaze okudda okuddukira emmere endala, basobole n'okumulectera muganda we (Benyamini) bwe baali bazaalibwa mu nda ya nnyaabwe omu.

60. Bwe munaaba nga temumundeetedde, tewali kubapimira mmere we ndi era temunsebereranga.

فَإِن لَّمْ تَأْتُونِي بِهِ فَلَا كَيْلَ لَكُمْ  
عِنْدِي وَلَا تَقْرَبُونِ ٦٠

61. Ne bagamba nti: Tujja kupeeka kitaawe okutuusa lw'anaamutuwa; ddala mazima ffe tuli ba kukikola.

قَالُوا سِرًّا وَدَعْنَاهُ أَبَاةً وَرَثَةً  
لِقَاءِ عَاوَنَ ٦١

62. (Yusufu) n'agamba abavubuka be (abaweezeza) nti: Muteeke essente zaabwe (ze baaguzizza emmere) mu migugu gyabwe, oba olyawo ne bazi-manyanya bwe banaaba nga bazeeyo eri abantu baabwe, oba olyawo ne bakomawo.

وَقَالَ لِفِتْيَانِهِ اجْعَلُوا بِضَاعَتَهُمْ  
فِي رِحَالِهِمْ لَعَلَّهُمْ يَعْرِفُونَهَا  
إِذَا انْقَلَبُوا إِلَىٰ أَهْلِهِمْ لَعَلَّهُمْ  
يَرْجِعُونَ ٦٢

63. Bwe baamala okuddayo eri kitaabwe ne bagamba: Owange kitaffe! Batu-gaanye (okutupimira emmere omulundi ogw'okubiri okuggyako nga tugenze ne muganda waffe Benyamini), kale sindika muganda waffe (Benyamini), wamu naffe tufune emmere, mazima ffe tujja kumukuuma.

فَلَمَّا رَجَعُوا إِلَىٰ أَبِيهِمْ قَالُوا يَا نَارِثَةَ  
مِنَّا الْكَيْلَ فَأَرْسِلْ مَعَنَا آخَانَ كَنُتْلَ  
وَرِثَالَهُ لِحَفْظُونَ ٦٣

64. N'agamba nti: Abaffe mbeesige ku ye (mu ngeri endala yonna) eteri nga bwe nabeesiga ku muganda we oluberyeberye (ne mumubuza)? Katonda y'asinga obulungi (okuba) omukuumi, era Ye ye Musaasizi okusinga abasaasizi.

قَالَ هَلْ أَمْنٌكُمْ عَلَيَّ إِلَّا كَمَا  
أَمْنْتُمْكُمْ عَلَىٰ أَخِيهِ مِن قَبْلُ ۗ قَالَ  
خَيْرٌ حَفِظْنَا لَهُ وَهُوَ أَحْمَرُ الرَّحْمَنِ ٦٤

65. Bwe baamala okusumulula emigugu gyabwe ne basangamu sseente zaabwe

وَلَمَّا اخْتَوٰا مَتَآهُمْ وَجَدُوْا بِضَاعَتَهُمْ

61. Baawa Yusufu obweyamo nga bwe banaafuba nga bwe basobola okumusaba kitaabwe (Yakubu), okutuusa lw'anaamubawa muto waabwe bagende naye.

62. Yusufu yalagira ekyo kikolebwe baganda be balyoke basobole okudda okugula emmere nga balabye essente ezo oluvannyuma lw'okutuuka ewaabwe.

Wagambibwa nti Yusufu yatya nti baganda be bayinza obutadda singa tebaafune kye banaaguza mmere. N'olwekyo kyeyava azibaddiza basobole okudda baguzise ensimbi ezo ezaabaddizibwa.

64. Kirabika nga ebyo baabyogera nga tebannaba kusumulula migugu gyabwe.

65. Baganda ba Yusufu beewozaako eri kitaabwe bagende ne Benyamini olwo basobole okufuna

nga zibaddizibwa. N bagamba nti: Owange Kitaffe! Kiki ate kye twagala? Zino ssente zaffe zituddizibwa! (Ekirungi) kwe kusakira emmere abantu baffe tukuume muganda waffe, era tweyongere ekigero ky'engamiya endala. Ekyo ekigero kitono (Omu-kungu taja kukifunamu buzito bwonna kukituwa).

66. Yakubu n'agamba nti: Sijja kumu-sindika nammwe okutuusa lwe munampa akakalu eri Katonda nga mazi-ma ddala mujja kumundeetera, okuggyako nga mwetooloddwa. Bwe baamala okumuwa obukalu bwabwe, n'agamba nti: Katonda ye Mukuumi ku bino bye twogera.

67. Era n'agamba nti: Abange baana bange! Temuyingirira (Misiri) mu mulyango ogumu; (wabula) muyingirire mu miryango myawufu. Tewali kintu kye nzija kubagasa eri Katonda. Tewali kulamula wabula kwa Katonda. Nne-size Ye, bateekwa beesige Ye abeesiga.

68. Bwe baamala okuyingirira awo nga kitaabwe bwe yabalagira, tekyabagasa kintu kyonna eri (entegeka ya) Katonda; okuggyako obwetaavu obwali mu mwoyo gwa Yakubu bwe yamala (yatuukiriza); mazima ye Yakubu yalina

رَدَّتْ إِلَيْهِمْ قَالُوا يَا بَانَا مَا نَبْعِي هَذِهِ  
بِضَاعَتِنَا رَدَّتْ إِلَيْنَا وَمِيرَاهُنَا وَ  
حَفَظَ أَحَانَا وَتَزَادَ كَيْلَ بَعِيرٍ ذَلِكَ  
كَيْلٌ كَيْسِيرٌ ﴿١٥﴾

قَالَ لَنْ أُرْسِلَهُ مَعَكُمْ حَتَّى تُؤْتُونِ  
مَوْثِقًا مِنَ اللَّهِ لَسَأْتُنِي بِهِ إِلَّا أَنْ  
يُحَاطَ بِكُمْ قُلْنَا أَمْوَالُهُمْ قَالَتْ  
اللَّهُ عَلَى مَا نَقُولُ وَكِيلٌ ﴿١٦﴾

وَقَالَ يَبْنَى لَأَنْدَجُلُوا مِنْ بَابٍ وَاحِدٍ  
وَأَدْخَلُوا مِنْ أَبْوَابٍ مُتَفَرِّقَةٍ وَمَا أَعْنَى  
عَنْهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ إِنْ أَلْكُمُ اللَّهُ  
عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ وَعَلَيْهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُتَوَكِّلُونَ ﴿١٧﴾

وَلَمَّا دَخَلُوا مِنْ حَيْثُ أَمَرَهُمْ أَبُوهُمْ  
مَا كَانَ يُغْنِي عَنْهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ  
إِلَّا حَاجَةٌ فِي نَفْسِ يَعْقُوبَ قَضَاهَا  
رَأَيْتُمْ لَوُجَاهِ رَبِّهَا عَنَانُهُ وَالْكَرْبُ

emmere, nga Yusufu bwe yali abagaanye okugifuna singa tebddayo na muganda waabwe. Baayongera n'okunnyonyola kitaabwe nga bwc banaafuna n'ennyongeza y'emmere eyo eneetikikibwa engamiya ya Benyamini. Ekyo lwa kuba buli muntu Yusufu yamuwanga emmere okusinzira ku kigero engamiya ye kye yeetikka.

66. Yakubu yamala kukozeza batabani be obukalu okutwala muganda waabwe. Nti obuta-muzza nga mpozzi basingiddwa omulabe waabwe amaanyi - okubakozeza obukalu okwo ng'ala-bye nti talina kya kukola wabula okusindika omwana we ne banne olw'obwetaavu bw'emmere bwe baalina. Ebyo byonna bye baayogera yabyesigamiza eri Katonda.

okumanya kwe twamuyigiriza; naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

69. Bwe baamala okuyingira awali Yusufu, n'ateeka gy'ali muganda we, n'agamba nti: Mazima nze muganda wo. (naye) tonakuwala kw'ebyo (baganda baffe) bye baalinga bakola.

70. Bwe yamala okubateekerateekera entegeka (emmere) yaabwe n'ateeka ekikopo mu mugugu gwa muganda we, oluvanyuma omulangirizi n'alangirira: Abange mmwe bannannyini ngamiya (abali ku lugendo)! Mazima muli babbi (mubbye ekikopo kya Kabaka).

71. Ne bagamba nga baboolekedde: Kiki kye mubuliddwa?

72. Ne bagamba nti: Tubuliddwa ekikopo kya Kabaka (ekipima emmere) omuntu anakireeta alina (okuweebwa emmere) ekigero ekyetikwa engamiya, (Yusufu n'agamba) nange ekyo nkyeyimiridde.

73. (Baganda ba Yusufu) ne bagamba: "Mazima tulayidde Katonda, ddala mumanyi (okuviira ddala lwe twajja okusooka nti) tetwazze ku lwa kwonoona mu nsi (yammwe eno) era tetubangako babbi.

74. Ne bagamba (abazze okwaza) nti: Kibonerezo ki (ky'anaafuna), bwe munaaba abalimba.

عَلَّمَ الْكَلِمَاتِ لَا يَعْلَمُونَ ٤٨

وَلَمَّا دَخَلُوا عَلَى يُوسُفَ أَدَّى إِلَيْهِ  
أَخَاهُ قَالَ إِنِّي أَنَا خَوْفُكَ فَلَا تَتَّخِذْ

بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ٤٩

فَاللَّسَّاجِدُ لَهُمْ بِجَهَنَّمَ جَعَلَ السَّاقِيَةَ  
فِي رَحْلِ أَخِيهِ ثُمَّ أَذِنَ مُؤَدِّنَ إِلَيْهَا  
الْعَبِيرَ إِنَّكُمْ لَسَارِقُونَ ٥٠

قَالُوا وَأَقْبَلُوا عَلَيْهِمْ مَاذَا اتَّفَقُوا ٥١

قَالُوا اتَّفَقُوا صَوَاءَ الْمَلِكِ وَلَمَّا جَاءَ  
بِهِ حَمَلٌ بَعِيرٌ وَأَنَا بِهِ زَعِيمٌ ٥٢

قَالُوا اتَّأَلَّ اللَّهُ لِقَدِّ عَلَيْهِمْ مَا جِئْنَا لِنُقِذَ  
فِي الْأَرْضِ وَمَا كُنَّا سَارِقِينَ ٥٣

قَالُوا مَا جَزَاءُ لَئِن كُنْتُمْ كَذِبِينَ ٥٤

69. Baganda ba Yusufu bwe baamutuukako nga bali ne muganda we - Benyamini bwe bagatta abazadde bombiriri, Yusufu yabaaniriza n'abawa ekitiibwa okusinga ne ku Iwasooka. Oluvanyuma yeeyawula ne muto we n'amweyanjulira nga bw'ali muganda we oyo eyazaawa. Era yamugumya aleme kusaalirwa na kwennyamira nnyo olw'ebyoebyamukolwa baganda be; era n'amulagira akuume ekyama ekyo obutakibuulirako baganda be.

74-75. "Singa ekikopo ekyo kisangibwa n'omu ku mmwe, oyo anaafuna kibonerezo ki?" Baganda ba Yusufu baawa amagezi nga bw'asaana nnyini kusangibwa nakyo okusigazibwa afuulwe omuddu. Ekyo kye kyali ekibonerezo ky'omubbi mu mateeka ga Nabbi Yakubu.

75. Ne bagamba nti: Ekibonerezo kye (omubbi), y'oyo omunaasangibwa (ekikopo) mu mugugu gwe, ye yennyini (y'anaaba) omutango gwakyo. Bwe kityo bwe tusasula abalyazamaanyi (ababbi)!

قَالُوا جَزَاءُ مَا مَنَّ اللَّهُ بِكَ مِنْ رَحْمَةٍ رَبِّهِمْ  
جَزَاءُ مَا كَفَرْنَا بِكَ بِنَجْمِ الطَّمِيرِينَ ﴿٤٥﴾

76. Kale (Yusufu) n'atandika okwaza nga atandikira ku bo nga tannaba kwaza nsawo ya muganda we (Benyamini), oluvannyuma n'akiggya mu nsawo ya muganda we. Bwe kityo bwe twawa Yusufu amagezi g'okusalira baganda be olukwe. Teyali wa kutwala muganda we (nga asinziira) mu tteeka lya kabaka (w'e Misiri) wabula nga Katonda ayagadde. Tositula amadaala g'oyo gwe tuba twagadde, era buli waggulu w'omumanyi waliyo omumanyi (omulala amusingako).

فَبَدَأَ بِأَوْعِيَّتِهِمْ قَبْلَ وِعَاءِ أَخِيهِ ثُمَّ  
اسْتَخْرَ جَهْرًا مَنْ وِعَاءِ أَخِيهِ كَذَلِكَ كِدْنَا  
لِيُوسُفَ مَا كَانَ لِيَأْخُذَ أَخَاهُ فِي دِينِ  
الْمَلِكِ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ نَرْفَعُ دَرَجَاتٍ  
مَنْ نَشَاءُ وَنُزِقُ كُلَّ دِينٍ عَلَيْهِمْ ﴿٤٦﴾

77. Ne bagamba nti: Bw'aba nga abbye, mazima ne muganda we yabba oluberyebery. Yusufu n'akikweka mu mwoyo gwe n'atakiboolesesa. N'agamba (mu mwoyo gwe) nti: Mmwe musinga (okuba) mu kifo ekibi eri Katonda okusinga oyo. Ne Katonda y'amanyi ebyo bye mwogera.

قَالُوا إِنْ يَسْرِقْ فَقَدْ سَرَقَ أَخٌ لَهُ  
مِنْ قَبْلُ فَأَسْرَهَا يُوسُفُ فِي نَفْسِهِ  
وَلَمْ يَبْدِهَا لَهُمْ قَالَ أَنْتُمْ شَرُّ  
مَكَانًا وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِالتَّصِفُونَ ﴿٤٧﴾

78. (Baganda ba Yusufu) baagamba: Owanenge gwe ow'ekitiibwa! Mazima alina kitaawe mukadde mukulu (ajja kunakuwala nnyo), (n'olwekyo) twalamu omu ku ffe mu kifo kye mazima ffe tukulaba nga oli mw'abo abasinga okuba ab'ekisa.

قَالُوا يَا لَيْلَى الْعَزِيزُ إِنَّ لَهُ أَبًا شَيْخًا  
كَبِيرًا أَخُذْ أَحَدَنَا مَكَانَهُ إِنَّا نَرَاكَ  
مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٤٨﴾

76. Katonda yayigiriza Yusufu olukwe Iw'anaayitamu asobole okusigaza muganda we. N'olw'ekyo olukwe olwo Iwayitamu Iwa kwagala kwa Katonda kubanga tewali mumanyi yenna wabula nga waggulu we waliyo omulala amusinga; okutuusa okusingana Iwe kukomera ddala ku Katonda Omugulumivu.

77. Baganda ba Yusufu bwe baalaba nga ekikopo kiggyiddwa mu nsawo ya muto waabwe, bennyamira nnyo ne bagamba nti: "Bw'aba nga abbye, tekyewuunyisa - kubanga ne muganda we eyazaawa yabbako, nga olwo bategeeza Yusufu sso nga mu mazima yali tabbangako.



79. (Yusufu) n'agamba: Twekingirizza ne Katonda (ffe) okutwala omuntu (omulala) okuggyako oyo gwe tusanze n'ebintu byaffe ng'abirina; mazima ffe bwe kiba bwe kityo nga tututte omulala tuba balyazaamaanyi.

قَالَ مَعَاذَ اللَّهِ أَنْ نَأْخُذَ إِلَّا مَنْ وَجَدْنَا  
مَتَاعِنَا عِنْدَهُ إِنْ أَرَادَ الظَّالِمُونَ ﴿٤٩﴾

80. Bwe baamala okukutuka n'okusuubira okuva gy'ali (Yusufu) ne beeyawula nga bateesa. N'agamba mukulu waabwe: Temumanyi nti mazima ddala kitammwe yabaggyako akakalu (ak'okuzzaayo Benyamini) okuva eri Katonda, era (temumanyi) ebyo bye mwayitiriza okukola ku Yusufu oluberye-berye (Iwa kino)? N'olw'ekyo sijja kuva mu nsi (eno Misiri) okutuusa kitange lw'ananzikiriza (okuddayo) oba Katonda lw'anannamulira. Naye ye mulungi okusinga abalamuzi bonna.

فَلَمَّا اسْتَأْذِنُوا مِنْهُ خَلَصُوا نَجِيًّا قَالَ  
كَبِيرُهُمْ أَلَمْ تَعْلَمُوا أَنَّ آبَاءَكُمْ قَدْ  
أَخَذَ عَلَيْكُمْ مِيثَاقًا مِنَ اللَّهِ وَمِنْ  
قَبْلِ مَا قَرَّرْتُمْ فِي يُوسُفَ ۖ فَكُنْ  
أَبْرَارًا ۚ أَرْضَ حَتَّى يَأْذَنَ لِي ابْنِي أَوْ  
يُحْكَمَ اللَّهُ لِي ۚ وَهُوَ خَيْرُ الْحَاكِمِينَ ﴿٥٠﴾

81. Muddeyo eri kitammwe mumugambe nti: Owange kitaffe! Mazima omwana wo yabbye. Tetujulidde wabula ekyo kye tumanyi (kye twalabye) era tetwabadde ffe bakuuma ebyo ebitalabikako (mu kiseera we twakuweeredde obukalu bwaffe).

ارْجِعُوا إِلَى آبَائِكُمْ فَقُولُوا يَا أَبَانَا إِنَّ  
ابْنَنَا سَرَقَ ۚ وَمَا شَهِدْنَا إِلَّا لِمَا  
عَلَّمْنَا وَمَا كُنَّا مِنَ الْغَيْبِ حَافِظِينَ ﴿٥١﴾

82. Buuza (abantu) b'oku kyalo ekyo kye twabaddeko (obuuze ne) ssafaali y'ab'engamiya eyo gye twajjiddemu: Ddala mazima ffe tuli ba mazima.

وَسْئَلِ الْقَرْيَةَ الَّتِي كُنَّا فِيهَا وَالْعِيرَ  
الَّتِي أَقْبَلْنَا فِيهَا ۚ وَإِنَّا لَصَادِقُونَ ﴿٥٢﴾

79. Yusufu yagaana okusigazaamu omulala mu kifo kya Benyamini nga baganda be bwe baali basabye. Era yagamba nti okukola ekyo eky'okutwalamu atakwatiddwa na bintu, olwo bo babeera mu balyazaamaanyi olw'okulanga omuntu obwemage.

Mu njogera ya Yusufu, teyagamba nti tujja kusigaza oyo eyatubbye wabula nti tujja kusigaza oyo gwe tusanze n'ebintu byaffe. Ekyo lwa kubanga yali amanyi nti muto we teyali mubbi wabula lwali lukwe bukwe, lwa kumusigaza.

81. Mugambe nti ekyo mmwe kye mujulidde ky'ekyo kye mwalabye – “Benyamini yakwattiddwa n'ekikopo ekibbe. Nga bwe tutamanyi eby'ewala, tetulina bukakafu oba yabbye oba nedda; era tetwamanya nti mutabani wo oyo anabba mu kiseera we twakuweera obukalu bwaffe.”

82. 'Oba obuusabuusa bye twogera, kale buuza abo be twazze nabo mu ssafaali okuva e Misiri. Bajja kukutegeeza nga bwe twogera ebituufu. 'N'abo abajulizi baali ab'ekika kya Kan'aani be baali nabo mu ssafaali.

83. (Bwe baatuuka eri Kitaabwe Yakubu), n'agamba nti: Wabula emyoyo gyammwe gyabaagazizza (okumukola) ekigambo. (Nze ku lwange nnina) okugumiikiriza okulungi! Oba olyawo Katonda n'abandeetera bonna. Mazima Ye Amanyi, era Mukakasa.

قَالَ بَلْ سَوَّلَتْ لَكُمْ أَنْفُسُكُمْ  
أَمْراً فَصَبْرٌ جَمِيلٌ وَعَسَى اللَّهُ أَنْ  
يَأْتِيَنِي بِهِمْ جَمِيعاً إِنَّهُ هُوَ الْعَلِيمُ  
الْحَكِيمُ ﴿٨٣﴾

84. N'akyuka n'abavaako, n'agamba nti: Abange okusaalirwa ku Yusufu! Amaaso ge ne gatukula ku lw'obunakuwavu (bwe yalimu), nga naye muniikaavu.

وَتَوَلَّى عَنْهُمْ وَقَالَ يَا سَعْدِي عَلَى يُوسُفَ  
وَابْيَضَّتْ عَيْنُهُ مِنَ الْحُزْنِ فَهُوَ كَوَّامٌ ﴿٨٤﴾

85. Ne bagamba nti: Tulayidde Katonda, tookomye kujjukira Yusufu okutuusa lw'onookonziba oba n'oba mu bazi kiridde (abafu)!

قَالُوا تَاللَّهِ تَفْتَأُ أَتَذْكُرُ يُوسُفَ حَتَّى  
تَكُونَ حَرَضاً أَوْ تَكُونَ مِنَ الْهَالِكِينَ ﴿٨٥﴾

86. N'agamba nti: Mazima nze nteeka okulumwa kwange n'okunakuwala kwange eri Katonda, era mmanyi okuva eri Katonda ebyo bye mutamanyi—

قَالَ إِنَّمَا أَشْكُوا بَثْنِي وَحُزْنِي إِلَى  
اللَّهِ وَأَعْلَمُ مِنَ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٨٦﴾

87. Abange baana bange! Mugende mu buulirize ku Yusufu ne muganda we, temukutuka na kusuubira okusaasira kwa Katonda. Mazima tewali akutuka na kusaasira kwa Katonda wabula ekibiina ky'abakafiiri.

يَبْنِي إِذْ هَبُوا دُخَانًا فَأَنفَسُوا مِنْ يُوسُفَ  
وَإِخِيهِ وَلَا تَأْتِسُوا مِنْ دُخَانِ اللَّهِ  
إِنَّهُ لَا يَأْتِسُ مِنْ دُخَانِ اللَّهِ إِلَّا الْقَوْمُ  
الْكَافِرُونَ ﴿٨٧﴾

88. Bwe baamala (nate) okuyingira w'ali (Yusufu, nga bazzeeyo e Misiri) ne

فَلَمَّا دَخَلُوا عَلَيْهِ قَالُوا يَا أَيُّهَا الْعَزِيزُ

83. Yakubu yawuuniikirira nnyo olw'amawulire ag'ennaku ge yategeezebwa batabani be omwenda. Era yagaanira ddala okukkiriza ebyo n'abagamba nga emyoyo gyabwe bwe gyabaagaza okukola Benyamini ekibi ne bakikola. Ye kye yasigaza okukola bwe bugumiikirizi. Nabbi Yakubu yabafumiitiriza okukola muganda waabwe ekibi ku lw'ekyo kye baakola Yusufu.

Yakubu yeesiga Katonda nti yandimuleetera abaana be abasatu gye bujja - Yusufu ne mutoowe Benyamini wamu ne mukulu waabwe (Yuda) oyo cyalemera mu Misiri nga atidde okuddayo eri Kitaabwe oluvannyuma lw'okukwatibwa kwa Benyamini. Mukulu waabwe oyo ye yali yeeyimiride Benyamini ewa kitaabwe Yakubu kubanga ye yali omukulu. N'olw'ekyo yatya okuddayo eri Yakubu n'asalawo asigale e Misiri.

87. Yategeza nti bo abakkiriza abaddira emitima gyabwe ne bagiteeka eri Katonda, tebayinza kukutuka na kusuubira kusaasira Kwe, wadde ka babe nga beetooloddwa akabi.

88. Yakubu bwe yalagira batabani be okudde e Misiri, baakikola. Era nga bayingidde eri

bagamba nti: Owange gwe ow'eki-tiibwa! Akabi kaatutuukako ffe n'abantu baffe, era tuzze n'essente mbi (abasuubuzi ze batakkiriza) tujjulize ebigerero era otusaddaakire. Mazima Katonda asasula abasaddaasi.

89. (Yusufu) n'agamba nti: Abaffe! Mumanyi ekyo kye mwakola Yusufu ne muganda we mu kiseera bwe mwali nga temumanyi?

90. Ne bagamba nti: Mazima ggwe Yusufu? N'agamba nti: Nze Yusufu n'ono (ye) muganda wange (Benyamini). Mazima Katonda yatugabira ekyengera. Ddala omuntu atya Katonda n'agumiiki-riza, (Katonda amusasula ebirungi); mazima Katonda tayonoona mpeera z'abalongoosa.

91. Ne bagamba nti: Tulayidde Katonda, mazima Katonda yakusukkulumya ku ffe, era mazima ffe twali basobya!

92. (Yusufu) n'agamba nti: Temukyalina kunenyezebwa olwa leero! Katonda abasonyiwe, naye ye Musaasizi okusinga abasaasizi!

93. Mugende n'ekkanzu yange eno mugisuule ku maaso ga Kitange, (nate) ajja kuba ng'alaba—(yali azibye amaaso); era mundeetere abantu bammwe bonna.

مَسْنَا وَأَهْلَنَا الْكُفْرَ وَجُنَا بِيضَاعَةَ  
مُزَجَّتِهِ فَأَوْفٍ لَنَا الْكَيْلُ وَتَصَدَّقُ  
عَلَيْنَا إِنَّ اللَّهَ يَجْزِي الْمُتَصَدِّقِينَ ﴿٨٩﴾

قَالَ هَلْ عَلِمْتُمْ مَا فَعَلْنَا بِيُوسُفَ  
وَآخِيهِ إِذْ أَنْتُمْ جَاهِلُونَ ﴿٩٠﴾

قَالُوا أَعْرَأْنَاكَ لَأَنْتَ يُوسُفُ قَالَ  
أَنَا يُوسُفُ وَهَذَا أَخِي قَدْ مَنَّ  
اللَّهُ عَلَيْنَا إِنَّكَ مِنْ يَتِيئِي وَيَصْبِرُ  
فَإِنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٩١﴾

قَالُوا تالله لقد أتراك الله علينا  
وإن كنا لخطئين ﴿٩٢﴾

قَالَ لَا تَتْرِبْ عَلَيْكُمُ الْيَوْمَ  
يَعْفِرُ اللَّهُ لَكُمْ وَهُوَ أَرْحَمُ  
الرَّحِيمِينَ ﴿٩٣﴾

إِذْ هَبُوا بَيْعِينَ هَذَا أَلْفَ قَوْصَةٍ عَلَى  
وَجْهِ أَبِي يَأْتِ بَصِيرًا وَأَتُونِي بِأَهْلِكُمْ  
أَجْمَعِينَ ﴿٩٤﴾

Yusufu, baamutegeza nga bwe baatuukibwako akabi k'enjala ate nga baali baffe n'essente embi abasuubuzi ze bataagala.

89. Yabagamba nga ekyo ekibi kye baakola Yusufu ne muganda we bwe bwali obutamanya obwakibatusaako, bwe baagamba Yusufu nti mubbi ne mutooowe.

91. Wano baganda be baagamba nga bamaze okukkiriza enkizo ya Yusufu gy'alina ku bo; mu mpisa ne mu kikula, gattako obwannabbi n'obwakabaka, ne bakakasa nga bwe baasobya mu ngeri gye baamuyisaamu obubi.

93. Muddeyo eri Kitaffe n'abantu bammwe, musenguke mubandeetere eno e Misiri, bonna ab'ennyumba ya Yakubu.

94. Bwe zaamala okusitula ensolo ennee-tissi kitaabwe n'agamba (be yali nabo); mazima nze nfuna olusu lwa Yusufu, singa temumputtaaze.
95. Ne bagamba (be yali nabo): Tulayidde Katonda! Mazima ggwe oli mu bubuze bwo obw'edda (obw'okwagala ennyo Yusufu obutamwera bira).
96. Bwe yamala okutuuka omubuulizi eyajja okumubuulira (amawulire ag'essanyu) n'agisuula (ekkanzu) ku maaso ge, olwo n'addayo okulaba. N'abagamba nti: Saabagambye nti mazima nze mmanyi okuva eri Katonda ebyo bye mutamanyi?
97. Ne bagamba nti: Owange kitaffe: Twegayiririre (Katonda) atusonyiwe olw'ebibi byaffe, mazima ffe twali basobywa.
98. N'agamba nti: Oba olyawo ne mbeegayiririra Mukama wange abasonyiwe. Mazima Yc ye Musonyiyi, Omusaa-sizi.
99. Bwe baamala okuyingira awali Yusufu, n'ateeka bakadde be gy'ali n'abagamba nti: Muyingire Misiri (mubeere mirembe), Katonda bw'anaaba ng'ayagadde!
100. N'asitula bakadde be (n'abateeka) ku Nnamulondo (bonna) ne bagwa ku
- وَلَمَّا فَصَلَتِ الْعَيْرُ قَالَ أَبُو هَمْرٍ  
لَكَ جَدْرٌ يُرِيحُ يَوْسُفَ لَوْلَا أَنْ تَفْتَدِينَ ٩٤
- قَالُوا تَاللَّهِ إِنَّكَ لَفِي ضَلَالِكَ الْقَدِيمِ ٩٥
- فَلَمَّا أَنْ جَاءَ الْبَنِيءُ أَلْفُهُ عَلَى  
وَجْهِهِ فَأَرْتَهُ بَصِيرًا ۖ قَالَ أَلَمْ أَقُلْ  
لَكُمْ إِنِّي آتِعُمُ مِنْ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ٩٦
- قَالُوا يَا أَبَانَا اسْتَغْفِرْنَا ذُنُوبَنَا إِنَّا  
كُنَّا خَاطِئِينَ ٩٧
- قَالَ سَوْفَ أَسْتَغْفِرُ لَكُمْ رَبِّي إِنَّهُ  
هُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ٩٨
- فَلَمَّا دَخَلُوا عَلَى يُوسُفَ أَدَّى إِلَيْهِ  
أَبْوِيهَ وَقَالَ ادْخُلُوا مِصْرَ إِن شَاءَ  
اللَّهُ أَمِينٌ ٩٩
- وَرَفَعَ أَبْوِيهَ عَلَى الْعَرْشِ وَخَرُّوا لَهُ

94. Yakubu yamanya ku kubaayo kwa Yusufu nga n'amawulire tegannamutuuka gennyini. Olwo okwogera atyo abaana be baali baakasitula bave mu Misiri nga bajja e Shaamu bamutuseeko amawulire ago.

100. Mu njogera ya Yusufu, teyajjukiza kitaawe ebyo baganda be bye baamukola era teyayogera na ku ngeri gye yava mu luzzi, wabula yamutegeza kya kuva mu kkomera. Ekyo yakikola aleme okubeeraliikiriza baganda be abeera kwogera kw'ebyo ebimu bye baamukola. Wabula yayogera ku kusibibwa kwe mu kkomera, olw'okubanga si baganda be be baamusibisa.

Yakubu n'abaana be baatebenkera mu Misiri okutuusa Yakubu lwe yafa oluvannyuma lw'okumala mu Misiri emyaka kkumi na musanvu. Abavvunuzu abamu bo bagamba nti yaweza emyaka 24 n'afa, ye Yusufu n'afa emyaka 23 oluvannyuma lw'okufa kwa kitaawe.

lulwe ne bamuvunnamira, (Yusufu) n'agamba nti: Owange Kitange! Gano ge makulu g'ekirooto kyange kye naloota oluberyeberye. Mazima Mukama wange yakifuula kya mazima, era ddala yannongooseza nze, mu kiseera bwe yanzigya mu kkomera n'abaleeta mmwe okubaggya mu ddungu oluvannyuma lwa Sitaane okumala okwonoona wakati wange ne baganda bange. Mazima Katonda wange mukwatampola kw'ekyo ky'aba ayagadde. Mazima Ye ye Mumanyi, Omukakasa

101. Ai Mukama wange! Mazima wampa nze obwakabaka n'onjigiriza okuvvunula ebigambo (ebirooto n'ebirala). (Owange) Ggwe omutonzi w'eggulu n'ensi! Ggwe Mukuumi wange mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. (Ku kiseera ky'okufa) nzita nga ndi Musiraamu, onsisinkanye n'abalongoofu.

102. Ekyo (ekyafaayo kya Yusufu) kya mu bigambo eby'ewala Ebitalabikako bye tukutumira (Ggwe Muhammadi). Tewali nabo (we baali baganda ba

مُجَدِّدًا وَقَالَ يَا بَنِي هَذَا تَوَّابِلٌ  
رُءْيَايَ مِنْ قَبْلُ قَدْ جَعَلَهَا رَبِّي حَقًّا  
وَقَدْ أَحْسَنَ بِي إِذْ أَخْرَجْتَنِي مِنَ السِّجْنِ  
وَجَاءَكَ بِكُمْ مِنَ الْبَدْوِ مِنْ بَعْدِ أَنْ  
نَزَغَ الشَّيْطَانُ بَيْنِي وَبَيْنَ إِخْوَتِي ط  
إِنَّ رَبِّي لَطِيفٌ لِمَا يَشَاءُ إِنَّهُ هُوَ  
الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ ﴿١٠١﴾

رَبِّ قَدْ آتَيْتَنِي مِنَ الْمَالِكِ وَعَلَّمْتَنِي  
مِنْ تَأْوِيلِ الْأَحَادِيثِ فَاطِرَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ أَنْتَ وَلِيِّ فِي الدُّنْيَا وَ  
الْآخِرَةِ تَوَفَّنِي مُسْلِمًا وَأَلْحَقْنِي  
بِالصَّالِحِينَ ﴿١٠٢﴾

ذَلِكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْغَيْبِ نُوحِيهِ إِلَيْكَ  
وَمَا كُنْتَ لَدَيْهِمْ إِذْ اجْتَمَعُوا أَمْرَهُمْ

Okugatta awamu ezzadde lya Yakabu lye yagenda nalyo okusisinkana Yusufu lyawera abantu kinaana mu mukaaga abaagenda bazaalukuka okutuusa ku mulembe gwa Musa lwe baava e Misiri okuddayo e Shaamu, nga bawera obusiriivu mukaaga n'okusingawo.

101. Yusufu yasaba Katonda edduwa eno nga amaze okuddinngana ne Kitaawe n'abantu be bonna. N'oluvannyuma ku nkomerero y'edduwa eno yasaba Katonda amusisinkanye ne Bannabbi banne n'ababaka - (Emirembe gya Katonda gibeere ku bo).

Ebyafaayo bya Nabbi Yusufu bikomye awo - Nga mulimu eby'okulabirako ebiraga eri abantu amazima ga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) kubanga ebyafaayo bya Yusufu byali tebimanyiddwa mu nsi y'Abawarabu omwo Nabbi Muhammadi mwe yakulira alyoke abeere nga abimanyi. N'olw'ekyo kyera ga bwerazi nga ensonga ezo ezifa ku Yusufu, ye Nabbi Muhammadi yazimanya ku Iwa bubaka obwamutumirwa okuva eri Katonda. Era Katonda akakasa ekyafaayo kino mu Kitabo Kuraane nga bwe tunaakitegereza mu aya eddako.

102. Baganda ba Yusufu bwe bassa ekimu eky'okusuula Yusufu mu kinnya, ye Muhammadi teyaliwo wamu nabo alyoke amanye ebyo bye baakola oluvannyuma asobole okubibuulira abantu: wabula ebigambo ebyo yabimanya ku Iw'obubaka obwamutumirwa.

Yusufu) mu kiseera bwe bassa ekimu ku kigambo kyabwe (eky'okumusuala mu kinnya) nga nabo basala enkwe.

وَهُمْ يَتَكْرَهُونَ ﴿١٦﴾

103. Abantu abasinga obungi ssi ba kukkiriza newankubadde ggwe okirurunkanidde.

وَمَا أَكْثَرَ النَّاسِ وَلَوْ حَرَصْتَ وَمُؤْمِنِينَ ﴿١٧﴾

104. Sso tobasaba mpeera kw'okwo (okubalunggama). Wabula teri yo (Kuraane), wabula kubuulirira kwa bitonde (abantu).

وَمَا كَسَبَتْهُمْ عَلَيْهِمْ مِنْ آجْرٍ إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿١٨﴾

105. Era bwenkanawa obubonero obuli mu ggulu ne mu nsi bwe bayitako nga nabo babulagajjalidde, (nga tebabulowoozaako bakifuule eky'okulabirako).

وَكَأَيِّنْ مِنْ آيَةٍ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ يَمُرُّونَ عَلَيْهَا وَهُمْ عَنْهَا مُعْرِضُونَ ﴿١٩﴾

106. Abasinga obungi mu bo tebakkiriza Katonda (mu kumwawula) wabula (bamukkiriza) nga nabo bamugatta n'ebintu ebirala.

وَمَا يُؤْمِنُ أَكْثَرُهُمْ بِاللَّهِ إِلَّا وَهُمْ مُشْرِكُونَ ﴿٢٠﴾

105. Mu aya eno Katonda ategeeza nga abantu bwe balema okutegeera obubonero Bwe obulabibwako mu ggulu ne ku nsi nga enjuba, omwezi, emunnyeene n'endabika yaabyo; okwo gattako ennyanja, ensozi n'ebiramu ebiri ku nsi n'emitindo gyabyo n'ebirala ebitali ebyo mw'ebyo Katonda bye yagondeza omuntu. Ebyo ebisobozesa okumanya obuyinza Bwe, wamu n'okumanya nti Ali Omu Yekka mu Bwakatonda Bwe — era bamusinze awatali kumugatta na kintu kirala kyonna.

106. Abasinga obungi mu bantu tebayawula Katonda mu Bwakatonda Bwe. Mu kumukkiriza bamugatta n'ebintu ebirala; ate ne bamusinza ng'eno bwe bakola ka bandabe. Abalala basubira okufuna omugasoba akabi okuva eri ebyo ebirala bye bamugattako. N'olw'ekyo Nabbi Muhammedi (s.a.w.) yagamba nti: "Okugatta Katonda n'ebintu ebirala kwekwese mu mmwe (abantu) okusinga n'okwekweka kw'okutambula kw'ensanafu."

Ne mw'ebyo Nabbi bye yabala nga okugatta Katonda n'ebintu ebirala, mwe muli okulayira ekintu ekitali Ye (Katonda). Yagamba nti: "Omuntu alayira ekitali Katonda aba amugashe n'ekintu ekirala." Ok wambala ensiriba nakwo kuba kumugattako kintu kirala. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mazima ensiriba n'eyirizi kuba kugatta Katonda na kintu kirala." Ate n'agamba nti: "Omuntu ayambala ensiriba aba agasse Katonda n'ekintu ekirala; n'okukola bandabe kuba kugatta Katonda na kintu kirala: — kyokka kwo kutono, tekubalibwa nga kuli okulala okw'okusinza ekitali Ye. Era na buli mulimu gwonna ogukolebwa ku lwa bandabe Katonda tagusasula."

Katonda agamba: "Omuntu angattako omulala mmuleka n'oyo munne gw'aba angasseeko; okwo ogatteko n'ekintu ekirala ky'angattako okw'omu kyama wonna w'abeera aleme okuyingiza mu kukkiriza kwe ekirala kyonna ekiyinza okwonoona enzikiriza ye."

*Tusaba Katonda atukuume mu kibi ekyo ekinene ne mu bibi ebirala byonna.*

107. Abaffe beesiga okuwona (abo abalimbisa Katonda) okubajjira ebibonerezo ebibabikka mu bibonerezo bya Katonda, oba okubajjira Ekiseera ky'enkomerero ekibwatukira nga nabo tebageera?

أَفَأَمِنُوا أَنْ تَأْتِيَهُمْ غَاشِيَةٌ مِّنْ عِندِ اللَّهِ وَأُتُوا بِمِثْلِهِمُ السَّاعَةَ وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿١٠٧﴾

108. Gamba nti: Lino ly'ekkubo lyange! Mpita (abantu okujja) eri Katonda nga ndi ku kulaba (okukakafu), nze n'oyo angoberedde. Ayawulwa Katonda! Ssiri nze wa mu bagatta Katonda na bintu birala.

قُلْ هَذِهِ سَبِيلِي أَدْعُو إِلَى اللَّهِ فَقَدْ عَلَىٰ بَصِيرَةٍ أَنَا وَمَنِ اتَّبَعَنِي وَسُبْحَانَ اللَّهِ وَمَا أَنَا مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٠٨﴾

109. Tetwatumanga (babaka) oluberyeberye lwo wabula nga basajja be tutuma gye bali okuva mu bantu b'omu byalo. Abaffe tebatambulako mu nsi ne batunuulira engeri nga bwe yali enkomerero y'abo (abatakkiriza) abaabakulembere? N'ennyumba (y'Obulamu) Obw'enkomerero y'esingira ddala obulungi eri abo abatya Katonda. Abaffe temutegeera?

وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ إِلَّا رَجُلًا نُوحِي إِلَيْهِمْ مِنْ أَهْلِ الْقُرَىٰ أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَلَكِنَّ الْأَخْرَجُوا خَيْرَ الَّذِينَ اتَّبَعُوا أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿١٠٩﴾

110. (Okutaasa kwa Katonda tekwajjanga) okutuusa ababaka lwe baabanga bakutuse n'okusubira ne balowooza nti mazima bo balimbisiddwa, olwo ne kubajjira okutaasa Kwaffe, ne tuwonya oyo gwe twagadde. Era tebizziwayo ebibonerezo Byaffe ku kibiina ky'abonoonyi.

حَتَّىٰ إِذَا اسْتَأْذَنَ الرَّسُلُ وَطَئَا أَنَّهُمْ قَدْ كُذِبُوا جَاءَهُمْ نُصْرًا لَّا فَنِيَّ مِنْ لَدُنَّا وَلَا يَرْدُ بَاسُنَا عَنِ الْقَوْمِ الْمُجْرِمِينَ ﴿١١٠﴾

107. Abo abagatta ku Katonda ebintu birala beesigula nti tebisobola kubajjira ebibonerezo ne bibabuutikira nga tebageedde kujja kwabyo — oba Olunaku Lw'enkomerero ne lutuuka nga nabo tebamanyi?

Ekitegeeza nti tebasana kumugattako Katonda kintu kyonna kubanga ayinza okubalectera ebibonyobonyo ekiseera kyonna.

108. Katonda agamba Nabbi We ategeeze abantu bonna nti: "Lino ly'ekkubo lyange ery'okuyita abantu okujja eri okwawula Katonda, era nkoowoola abantu bonna okujja eri Katonda nga ndi ku mazima. Na buli yenna anzikirizza, akoowoola bw'atyo nga ali kw'ekyo ekitegeerekeka, era ekiriko obujulizi ku mazima gaakyo.



111. Mazima mwali mu byafaayo bya Bannabbi eky'okulabirako eri abalina amagezi amalamu. Tebibanga bigambo ebigunjibwawo naye byajja okukakasa ebyo ebiri mu maaso gaayo (Kuraane) mu bitabo ebyasooka n'okunnyonyola buli kintu, era nga kya kulunggama na kusaasira eri ekibiina ekikkiriza.

لَقَدْ كَانَ فِي قَصَصِهِمْ عِبْرَةً لِّأُولِي  
الْأَلْبَابِ مَا كَانَ حَدِيثًا يُفْتَرَىٰ وَ  
لَكِنَّ تَصْدِيقَ الَّذِي بَيْنَ يَدَيْهِ وَ  
تَفْصِيلَ كُلِّ شَيْءٍ وَهُدًى وَرَحْمَةً  
لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿١١١﴾

111. Ebigambo bya Kuraane si byayiyibwa muntu buntu. Kuraane yo ng'Ekitabo, kyaleetebwa nga kya kunnyonyola ebyo byonna Katonda bye yaziza ne bye yakkiriza; bye yalaalika, by'ayagala ne by'atayagala wamu n'okunnyonyola ebigambo ebinene.

Era Kuraane yajja nga ya kulunggama abantu okubaggya mu bubuze okubalaga obulunngamu, era n'okubaggya mu kizikiza okubazza mu kitangaala - era kyajja kibeere ensonga y'okusaasira kwabwe mu nsi n'oluvannyuma.


*Ayi Katonda tukusaba naffe tubeere ababalibwa mu bo.*

## EBIFA KU SSUULA AR-RAAD MU BUFUNZE (13)

Essuula Ar-Raad y'emu ku Ssuula ezakkira e Madina. Erina aya 43.

Ekikulu ddala essula eno ky'eyogerako kwe kuggumiza n'okukakasa ng'Obubaka bwa Mutume Muhammadi (s.a.w.) bwe buli Amazima amasengeje. Ennyonnyola mu ngeri ezitali zimu ebyo ebikakasa Obwomu bwa Katonda, okubaawo kw'Okuzuukira n'Okulamulwa mu Bulamu Obw'oluvannyuma oteekeko n'okwogera ku Bubaka bw'Abatume. Era ennyonnyola nga eggyirawo ddala ebyo eby'obulimba abakafiiri bye boogera ku Katonda: Kale abantu bakubirizibwa bakkirize ebikulu ebyo ku lw'obulungi bwabwe ku nsi kuno ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Ne balabulwa nti bajja kwefaafaaganya bokka singa tebakkiriza, olw'okubanga obukafiiri buba busiru bwennyini na butamanya. Era Essuula eyita abantu bakkirize Enzikiriza y'Eddiini ya Katonda — Obusiraamu; ng'ate bw'ebalabula beewale okwesuula mu katyabaga k'ebibonerezo ebikakali ebiriva mu butakkiriza, mu kiseera kye kimu bw'eyogera ku bitendo by'abalongoofu n'empeera ezisanyusa ezirifunibwa Abakkiriza. Egeraageranya ekifaananyi ky'abakkiriza n'abononefu n'egamba nga bwe kiringa ekifaananyi ky'omuntu alaba (Omukkiriza) ne muzibe (mutakkiriza).

Era mu yo mulimu okugumya abakkiriza abo abaali mu bizibu n'obweraliikirivu olw'okuwalagganyizibwa abalabe b'Eddiini, n'okubasuubiza okutaasa kwa Katonda. Emaliriza ng'ekakasa Obwannabbi n'obubaka bwa Muhammadi.



## ESSUULA AR-RAAD (13)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya 43

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. ALIF LAAM MIIM RAA. Bino bitundu bya mu Kitabo (Kuraane). N'ebyo ebyassibwa ku ggwe okuva eri Mukama wo ge mazima, naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.
2. Katonda y'Oyo eyasitula eggulu awatali mpagi ze mula ba (ziriwaniridde), oluvannyuma n'atereera ku *Al-Arushi*, n'agonza enjuba n'omwezi, buli kimu kitambulira ku lw'ebbanga eggere (lye yakigerera); alabirira ebigambo (byonna); annyonyola (mu bujjuvu) obubonero obulaga obuyinza Bwe oba olyawo ne mukakasa okusisinkana ne Mukama wammwe.
3. Era y'Oyo Ye cyatandaaza ensi n'ateeka mu yo ensozi engulumivu n'emigga (egikulukuta), n'assa mu buli bibala emitindo ebiri ebiri (ekikazi n'ekisajja). Abissa ekiro omusana, mazima muli mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekirowooza (ku byengera Bye n'obubonero Bwe).

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الْقُرْآنِ الْمَكْرَمِ  
أَنْزَلْنَاهُ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ الْحَقُّ وَلَكِنَّ  
أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ ①

اللَّهُ الَّذِي رَفَعَ السَّمَوَاتِ بِغَيْرِ عَمَدٍ  
تَرَوْنَهَا ثُمَّ أَسْتَوَى عَلَى الْعَرْشِ وَ  
سَعَى السَّمَاسِ وَالْقَمَرِ كُلُّهُ يُجْرَى  
رِجْلٍ مُسَمًّى يُدَبِّرُ الْأَمْرَ يُفَصِّلُ  
الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ بِلِقَاءِ رَبِّكُمْ  
تُوقِنُونَ ②

وَهُوَ الَّذِي مَدَّ الْأَرْضَ وَجَعَلَ فِيهَا  
رَوَاسِيَ وَأَنْهَارًا وَمِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ  
جَعَلَ فِيهَا رُجُومًا تُغْنِي  
الْيَلَّ الثَّهَارَ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ  
لِقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ③

وَمَا يَتَفَكَّرُونَ إِلَّا فِي كِبَرِهِمْ

1. ALIF LAAM MIIM RAA: Ennyukuta ezo Katonda y'amanyi amakulu gaazo — wabula buli Ssuula etandika n'ennyukuta ezo mulimu okulwanirira Kuraane nga bwe kiri Ekitabo Eky'amazima.

4. Ne mu ttaka mulimu ebitundu ebiri-raanye, n'amalimiro g'emizabbibu n'e-bisigwa (ebirala) n'emitende egimera nga mingi ku mulandira ogumu n'egitali ku kikolo kimu, (nga byonna) binywesebwa n'amazzi gamu. Ne tusinza ebimu (okuwooma n'embala ennungi) ku birala mu kulya. Mazima muli mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ky'abategeera.

5. Bw'oba nga weewuunya, kyewuunyisa ekigambo kyabwe (kye bagamba nti): Bwe tuliba nga tubadde ettaka, ddala ffe nate tuliba ebitonde ebiggya (tuli-zuukira)? Abo be bo abaawakanya Mukama waabwe; era abo ebikoligo bigenda kuba mu nsingo zaabwe; era abo be bannanyini kuba mu muliro, bo mu gwo ba kutuulamugenderevu.

6. Era banguyiriza okukusaba (obaleetere) ekibi oluberyeberye nga tebanna-saba kirungi, ate nga mazima byayita (ebibonerezo bingi) oluberyeberye lwa-bwe eby'okulabirako. Mazima Mukama wo ye nnannyini kusonyiwa bantu ku bulyazaamaanyi bwabwe, era ddala Mukama wo alina ebibone-rezo ebityitirivu.

7. Ne bagamba abo abaakaafuwala, nti: Singa kussibwa ku ye (Muhammadi)

وَفِي الْأَرْضِ قِطْعٌ مَّجْجُورَاتٌ وَجَنَّتْ  
مِّنْ أَعْنَابٍ وَزُرْعٌ وَنَخِيلٌ صِنَوَانٌ  
وَعُيُودٌ صِنَوَانٌ يُسْفَى بِسَائِرِ وَاحِدَةٍ  
نُقِضَلُ بَعْضُهَا عَلَى بَعْضٍ فِي الْأَكْلِ  
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿٥﴾

وَلَنْ نَّعْجَبَ فَعَجِبَ قَوْلُهُمْ إِذَا كُنَّا  
تُرَابًا أَوْ نَارًا لِّبَنِي خَلْقٍ جَدِيدٍ أُولَئِكَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا بِرَبِّهِمْ وَأُولَئِكَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا فِي آعْنَاقِهِمْ وَأُولَئِكَ أَصْحَابُ  
النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٥﴾

وَيَسْتَعْجِلُونَكَ بِالسَّيِّئَةِ قَبْلَ الْحَسَنَةِ  
وَقَدْ خَلَّتْ مِنْ قَبْلِهِمُ الْمُثَلَّتُ وَإِنَّ  
رَبَّكَ لَذُو مَعْفَرَةٍ لِلنَّاسِ عَلَى ظُلْمِهِمْ  
وَإِنَّ رَبَّكَ لَشَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٦﴾

وَيَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَالْوَالَا أَنْزَلَ

4. Okwo okwawukana kw'ebirime mu mbala zaabyo n'empooma yaabyo, ebimu ne biba nga biwoomerera ebirala nga bitunngununa, ebimu nga bibaalaala, ebirala nga bikaawa wamu n'oku-fuukafuuka kw'embala yaabyo, byonna bibaawo lwa buyinza bwa Katonda. N'amabala g'ebimul n'obuloosa wabyo nabwo bubonero obulaga obuyinza bwa Katonda eri abantu abalina amagez agategeera.

6. Abatakkiriza mu ngeri y'okulumya n'okusosonkerezza baasabanga Nabbi nti oba ebibonerezo by'abatiisa nabyo gye biri asabe Katonda abibaleetere mu bwangu nga bwe bagaanye okukkiriza. Sso ye Katonda yazikiriza dda abo abaagaana okukkiriza mu bibiina by'emirembe egyayita. Ekyc yakikola kibeere eky'okulabirako eri abo abalija oluvannyuma — balyoke beekuume baleme okusobya.

ekyamagero okuva eri Mukama we! Mazima ggwe oli mutiisa butiisa, buli kibiina kirina omulungamya waakyo.

8. Era Katonda amanyi kye kiba olubuto buli kikazi (mu nnabaana waakyo) era (amanyi) nnabaana ky'akendeeza ku kiseera ky'olubuto n'ekyo eky'eyongerera. Buli kintu kirina ekigero w'Ali.
9. Ye Mumanyi w'eb'yewala ebitalabika n'ebirabika Ow'ekitiibwa, Eyangulumira.
10. Kye kimu mu mmwe (ku Ye Katonda) oyo akwese ekigambo n'oyo akyolesezza, n'omuntu oyo eyeekweka ekiro n'oyo ayeeyoleka (olwatu obudde) emisana.
11. (Buli muntu) alina bamalayika abaddinngana wakati mu maaso ge

عَلَيْهِ آيَةٌ مِّن رَّبِّهِ إِنَّهَا أَنْتَ مُنِيرٌ  
عِجٌّ وَ لِكُلِّ قَوْمٍ هَادٍ ⑥

اللَّهُ يَعْلَمُ مَا تَحْمِلُ كُلُّ أُنْثَىٰ وَمَا تُوغِيصُ الرَّحَامُ وَمَا تَزِدُّنَّ وَكُلَّ شَيْءٍ عِنْدَكَ بِإِقْدَارٍ ⑧

عُلُومِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ الْكَبِيرِ الْمُتَعَالِ ⑨

سَوَاءٌ مِّنكُمْ مَّن أَسَرَ الْقَوْلَ وَمَن جَهَرَ بِهِ وَمَن هُوَ مُسْتَخْفٍ بِآيَاتِنَا وَسَاءَ رَبٌّ بِالْمُهَارِبِ ⑩

لَهُ مَعْقِبَاتٌ مِّن بَيْنِ يَدَيْهِ وَمِن

7. Abakafiiri baayagala Muhammadi assibwe ebyamagero nga bannabbi abaasooka bye baalina, okugeza nga omuggo gwa Musa okufuuka omusota. Katonda kwe kunnyonyola nga Muhammadi bw'ali omutiisa obutiisa alabula abantu ku bibonerezo Bye; alina kubuulira kyokka wabula sso si kuleeta byamagero. Na buli kibiina kirina omutiisa akoowoola abantu abo badde eri Katonda — era oyo y'aba Nabbi waakyo.

8. Ye Katonda okumanya Kwe kwetoolodde buli kyonna ekiba mu nnabaana wa buli kikazi — amanya ekirimu oba kikazi oba kisajja, oba omwana omu oba balongo. Era amanya ekiseera ky'olubuto — oba kikendeezebbwaako oba kyongeddwamu. Buli kintu kirina ekigero kyakyo kye kitasukka.

9. Ali waggulu wa buli kintu kyonna era alina obuyinza ku buli kintu.

10. Mu kitundu kino Katonda ayoleka nga okumanya Kwe bwe kwetoolodde ebitonde Bye byonna. Buli muntu ky'akweka oba ky'ayolesa ekiro oba emisana byonna abimanya.

11. Buli muntu alina bamalayika abamukuuma nga baddinngana w'ali ekiro n'emisana — nga abamu bali mu maaso ge n'abalala emabega we. Abamu bamukuuma obutagwako kabi ate abalala bawandiika mirimu gye n'okugikakasa emibi n'emirungi. Malayika aba ku ddyo awandiika birungi ate ow'oku kkonno bibi byokka omuntu by'akola.

Nga Katonda bwe yayogera mu kitundu ekirala, n'agamba nti: "Omuntu tayatula kigambo wabula nga w'ali waliwo Malayika ayitibwa Atiidu ne Malayika Rakiibu. Abo bo abamukuuma obutafuna kabi, singa ekiseera kiba kituuse eky'akabi Katonda ke yamugerera okumukwata, malayika abo bavaawo ne bamuleka olwo ekyo Katonda kye yagera ne kituukirira.

Era Katonda taggya ku bantu kyengera kye yabawa wadde okubaletera akabi oba okubakuza mu madaala; oba okubakkakanya wabula nga ekyo kivudde mu bo bennyini olw'ebikolwa byabwe.

n'emabega we, nga bamukuuma (n'okwekenneenya byonna by'akola) okuva mu kiragiyo kya Katonda. Mazima Katonda takyusa ekyo (kye yawa) ekibiina kye kirina okutuusa lwe bakikyusa bo bokka; era bw'aba Katonda nga ayagalizza ekibiina obubi tewali abuzzaayo, era tebalina (abantu) mukuumi mulala yenna atali Ye.

12. Oyo Ye y'abalaga okumyansa kw'eggulu, mu kutya n'okululunkana (olw'okufuna enkuba), n'atondawo ebire ebizito (ebireeta enkuba)!
13. Okubwatuka kw'eggulu ne kutendereza ebintendo Bye ne bamalayika (nabo bamutendereza) ku lw'okumutya. Era asindikaga eggulu (laddu) n'akuba nalyo oyo gw'aba ayagadde (ate nga) nabo (abakafiiri) bakaayana mu Katonda, (sso nga) naye (Katonda) muyitirivu wa maanyi!
14. (Ye)alina okukoowoola okw'amazima. N'abo abasaba abatali Ye tebabaanukula mu kintu kyonna, wabula balinga (mu kuddibwamu), oyo agolodde ebibatu bye eri amazzi galyoke gatuuke mu kamwa ke, nga ate tegali

خَلْقِهِمْ يَحْفَظُونَ مِنْ أَمْرِ اللَّهِ إِنَّ  
اللَّهَ لَا يَغَيِّرُ مَا بَقِيَ حَتَّىٰ يُغَيِّرُوا  
مَا بِأَنْفُسِهِمْ وَإِذَا أَرَادَ اللَّهُ بِقَوْمٍ  
سُوءًا فَلَا مَرَدَ لَهُ وَمَا لَهُمْ مِنْ دُونِهِ  
مِنْ وَّالٍ ۝۱۱

هُوَ الَّذِي يُرِيكُمْ الْبَرْقَ خَوْفًا وَ  
طَمَعًا وَيُنشِئُ السَّحَابَ الثِّقَالَ ۝۱۲  
وَيَسْخَرُ الرِّعْدَ بِحَمْدِ الْمَلِكِ مِنْ  
خِيفَتِهِ وَيُرْسِلُ الصَّوَاعِقَ فَيُصِيبُ  
بِهَا مَنْ يَشَاءُ وَهُمْ يُجَادِلُونَ فِي  
اللَّهِ وَهُوَ سَدِيدُ الْحَكْمِ ۝۱۳

لَهُ دَعْوَةُ الْحَقِّ وَالَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ  
دُونِهِ لَا يَسْتَجِيبُونَ لَهُمْ شَيْءٌ إِلَّا كِبَاسٌ  
كَلْبَةٍ إِلَى الْمَاءِ لِيَبْلُغَ فَلَا وَمَا هُوَ

Ekyo nga bakikoze, ne Katonda n'alyoka akyusa okubaggya ku ngeri gye babaddeko — oba mbi oba nnungi. Era ekyo kyonna ky'aba abaagalizza okubatuukako, tewali yenna ayinza kukibaggyako.

12. Katonda alaga abantu okumyansa kw'eggulu ne batya okukubibwa laddu — ekyo kiba kityo lwa kuba nga emirundi mingi mu kumyansa muvaamu eggulu okugwa, oba enkuba bw'etonya ennyingi erwaza omusujja oba okwonoona ebimera n'ebintu by'abantu. Gamba ng'okutwala amayumba n'ebirala. Era mu kumyansa abantu bafunamu okululunkanira enkuba okutonnya balyoke bafune ebirungi ebigivaamu.

13. Awamu n'ebyo byonna ebiraga Obuyinza bwa Katonda n'Obwomu Bwe, abakafiiri bo bawakanya nga babuusabuusa okubeerawo Kwe n'Obwomu Bwe.

14. Katonda yekka y'alina okukoowoola n'okusabibwa okukkirizibwa era okwanukulwa. Okusaba eri ekirala kyonna tekukkirizibwa wadde okwanukulwa. Ye yekka y'asinzibwa mu Bwaka-tonda Bwe awatali kumugattako kintu kirala kyona.

Yakuba ekifaananyi ky'abo abamugattako ebintu ebirala nga balubaale n'amasanamu, okusaba kwabwe kulinga okw'omuyonta alaza omukono gwe eri amazzi agali mu luzzi ng'agayita gasobole okumutuuka eri akamwa ke sso ng'ate tegasobola. Bw'atyo n'oyo asaba ebirala ebitali Katonda okusaba kwe tekumugasa wadde tafuna by'asaba.

go ga kukatuukako. Tekuli okusaba kw'omukafiiri wabula (kuli) mu kubula.

15. Ne ku lwa Katonda bavunnama abo bonna abali mu ggulu ne ku nsi mu kugonda ne mu kukakibwa, (nga era) n'ebisiikirize byabwe (bwe bimuvunnamira) enkya n'eggulo.
16. Bagambe (ggwe Muhammadi) nti: Ani Omufuzi w'eggulu n'ensi? Ddamu obagambe nti: Katonda! Bagambe: Mutaddewo (mutya nate) bakatonda abalala (abasinzi bwa) abatali Ye, abo abateefunira bo bennyini mugaso wadde okweggyako akabi? Bagambe nti: Abaffe, muzibe benkana n'alaba, oba abaffe ebizikiza byenkana ekitangaala? Abaffe bassa ku Katonda banne abeegatta naye mu Bwakatonda Bwe abaatonda nga okutonda Kwe ne kulyoka kubatabukira okutonda (okw'engeri ebbiri ezo)? Bagambe nti: Katonda ye Mutonzi wa buli kintu naye Ali Omu (mu Bwakatonda Bwe), Omukasi.
17. Yassa amazzi okuva waggulu, ensenyi ne zikulukuta ng'ekigero kyazo, mukoka n'asitula ejjovu (kungulu) eribimbye — Ne mw'ebyo bye bakumako omuliro (nga zaabu ne feeza) ku lw'okunoonya okuggyamu eby'okwe-

بِالْبَيْتِ وَمَا عَمَّا الْكُفْرَيْنِ إِلَّا فِي ضَلَالٍ

وَاللَّهُ يَبْعُدُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ط  
طَوْعًا وَكَرْهًا وَظَلَمَهُمُ بِالْأَعْدَاءِ ۗ وَالْأَصْحَابُ

قُلْ مَنْ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ط  
قُلِ اللَّهُ قُلْ أَتَأْخُذُكُمْ مِنْ دُونِهِ  
أُولِيَاءَ لَا يَمْلِكُونَ أَنْفُسَهُمْ نَفْعًا وَ  
لَضَرًّا قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الْأَعْمَى  
وَالْبَصِيرُ ۗ أَمْ هَلْ تُسْتَوَى الظُّلُمَاتُ  
وَالنُّورُ ۗ أَمْ جَعَلُوا لِلَّهِ شُرَكَاءَ خَلَقُوا  
مَخْلُوقَهُمْ فَتَشَابَهَ الْخَالِقُ عَلَيْهِمْ ط قُلِ اللَّهُ  
خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ وَهُوَ الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ۝

أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَسَالَتْ أَوْدِيَةٌ  
بِقَدَرِهَا فَاحْتَمَلَ السَّيْلُ زَبَدًا  
رَابِيًا ۗ وَمِمَّا يُوقِدُونَ عَلَيْهِ

15. Tewali muntu yenna atagondera buyinza bwa Katonda mu kwagala ne mu butayagala. N'ebisiikirize bimuvunnamira enkya n'eggulo kubanga bikyuka okudda e Bugwanjuba n'e Buvanjuba okusinziira ku kukyuka kw'enjuba.

16. Kale abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala, gamba nga amasanamu, ebifaananyi n'ebintu ebirala — babifuula byo bakatonda ng'ate nabyo byennyini tebyegasa wadde okweggyako akabi singa kaba kabaguddeko; lwaki tebasinza Katonda Oyo Omulezi wa byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi? Ye abaffe, abo be bamugattako balina ebitonde bye baali batonzee ne balaba nga bifaanagana n'ebyo ebya Katonda Omutonzi — Oyo akaka ebitonde bye n'okufa?

17. Wano Katonda akuba ekifaananyi ky'amazima n'obulimba. Oluusi obulimba bubimba nga ejjovu bwe liba ku mukoka, amazima ne gasigalawo. Newankubadde nga oluusi amazima gayinza okubikkibwa ne gaba nga agaweddewo, naye gasigala nga gakyali malamamu, okufaanana ng'amazzi g'olaba nga gayingidde mu ttaka galyoke gasobole okumeza ebirime.



naanika oba ebintu by'okukozesa, nabyo birina ejjovu okufaanana nga ye (mukoka) — Bwe kityo bw'akuba Katonda ekifaananyi ky'amazima n'obwonoonefu. Naye mazima ejjovu ligenda ne libulawo (ng'obukyafu ku mbalama), naye mazima ekyo ekigasa abantu kisigala mu ttaka. Bwe kityo Katonda bw'akuba ekifaananyi.

18. Balina abo abaayanukula Katonda waabwe obulungi: n'abo abataamwanukula ne bwe baalibadde n'ebyo ebiri mu nsi byonna, n'ekyenkanyi kyabyo wamu nabyo (baalibitodde) beenunule nabyo (ate nga tebyandikkirizibwa). Abo balina okubalibwa okubi, n'ekifo kyabwe Muliro (Jahannama), era gwe gusinga okuba obuliri obubi.
19. Oyo amanyi nti mazima ekyo ekyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo ge mazima, ayinza okuba nga oyo muzibe (atalaba mazima)? Mazima bajjukira abo abalina amagezi;
20. Abo be bo abatuukiriza endagaano ya Katonda ne batamenya bukalu obuli wakati waabwe (Naye);
21. Era abo abayunga ebyo Katonda bye yalagira okuyunga (nga oluganda), ne batya Mukama waabwe, era ne batya okubalibwa okubi;
22. Era be bo abaagumiikiriza nga banoonya oludda lwa Mukama waabwe

فِي النَّارِ ابْتِغَاءَ حِلْيَةٍ أَوْ مَتَاعٍ  
زَيْدًا مِثْلَهُ كَذَلِكَ يَضْرِبُ اللَّهُ  
الْحَقِّنَ وَالْبَاطِلَ ط فَاَمَّا الزَّيْدُ فَيَذْهَبُ  
جُفَاءً ۗ وَاَمَّا مَا يَبْتَغِي النَّاسُ فَيَمُكِّثُ  
فِي الْاَرْضِ كَذَلِكَ يَضْرِبُ اللَّهُ الْاَمْثَالَ ۝۱۸

لِلَّذِينَ اسْتَجَابُوا لِرَبِّهِمْ اَلْحُسْنٰى ط  
وَالَّذِينَ لَمْ يَسْتَجِيبُوْا لَهُ لَوْ اَنَّ لَهُمْ  
طَا فِي الْاَرْضِ جَمِيعًا مِثْلَهُ مَعَهُ  
لَا فُتَدُوْا بِهِ ۗ وَاُولٰٓئِكَ لَهُمْ سُوْءُ الْحِسَابِ  
ۗ وَمَا وُجِدَهُمْ جَهَنَّمَ وَاَبْسَ لَهُمْ  
الْاَبْصَارُ ۝۱۸

اَلَمْ نَجْعَلْ لَّكُمْ اَنْزِلَ الْيَلِكِ مِنْ  
رَبِّكَ الْحَقِّ كَمَنْ هُوَ اَعْنٰى ط اَتَمَّا  
يَتَذَكَّرُوْا اُولُو الْاَلْبَابِ ۝۱۹  
الَّذِيْنَ يُؤْتُوْنَ بِعَهْدِ اللّٰهِ وَاَلَا  
يَنْقُضُوْنَ الْمِيثَاقَ ۝۲۰  
وَالَّذِيْنَ يَصِلُوْنَ مَا اَمَرَ اللّٰهُ بِهِ اَنْ  
يُؤْتُوْا وَيَخْشَوْنَ رَبَّهُمْ وَيَخَافُوْنَ  
سُوْءَ الْحِسَابِ ۝۲۱  
وَالَّذِيْنَ صَبَرُوْا ابْتِغَاءَ وَجْهِ رَبِّهِمْ

18. Abo abakkiriza ne bagondera Katonda n'Omubaka We balina okusasulwa okulungi mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Sso nga abo abatakiriza ne bwe bandibadde n'ebyo ebiri mu nsi yonna ogatteko n'ekyenkanyi kyabyo ebifaanana, tebyandikkirizibwa okuva gye bali balyoke babye-nunuze ku Lunaku Lw'enkomerero.

22. Abakozi b'ebirungi baba banoonya okusiima kwa Katonda. Era bo be bo singa omuntu aba

nga bayimirizaawo esswala ne bagaba kw'ebyo bye twabagabira mu kyama ne mu lwatu, era ne baggisawo eki-rungi ekibi. Balina abo Enkomerero ennungi mu Nnyumba y'Enkomerero,

وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ وَآتَوْا الزَّكَاةَ  
وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُسْرًا وَالْحَسَنَةَ  
السَّيِّئَةَ أُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ  
جَدِيدٌ عَدْنٍ يَدْخُلُونَهَا وَمَنْ صَلَحَ  
مِنَ آبَائِهِمْ وَآزْوَاجِهِمْ وَذُرِّيَّاتِهِمْ  
وَأُولَئِكَ يَدْخُلُونَ عَلَيْهِمْ مِنْ كُلِّ بَابٍ ﴿١٧﴾

23. Ejjana (Ennyumba Y'emirembe) ey'obutebenkero gye baliyingira wamu n'abo abaalongoosa mu bakitaabwe ne mu bakyala baabwe, ne mu (zzadde lyabwe ne mu) bazzukulu baabwe. Ne bamalayika baliyingiranga gye bali nga bayita mu buli mulyango (nga bababudaabuda).

سَلَامٌ عَلَيْكُمْ بِمَا صَبَرْتُمْ فَنِعْمَ  
عُقُوبَى الدَّارِ ﴿١٨﴾

24. (Nga bwe babagamba — *Assalaamu Alaikum*) emirembe gibe ku mmwe ku lw'ebyo bye mwagumiikiriza. Ekyengerera ekisinga y'enkomerero y'Ennyumba ennungi (Ey'emirembe).

وَالَّذِينَ يَقْتُضُونَ عَهْدَ اللَّهِ مِنْ بَعْدِ  
مِيثَاقِهِ وَيَقْطَعُونَ مَا أَمَرَ اللَّهُ بِهِ  
أَنْ يُوصَلَ وَيُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ  
أُولَئِكَ لَهُمُ الْعَذَابُ وَلَهُمْ سُوءُ الدَّارِ ﴿١٩﴾

25. N'abo abamenya endagaano za Katonda oluvannyuma lw'okuzikakasa, ne baktutula ekyo Katonda kye yalagira okuyunga, era ne bonoona mu nsi: Abo balina ekikolimo era balina ennyumba embi mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

اللَّهُ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقْدِرُ  
وَفِرْحَانُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَمَا الْحَيَاةُ

26. Katonda ayanjululiza eby'okufuna kw'oyo gw'aba ayagadde, n'akufundiza (gw'aba ayagadde); ne basanyuka n'obulamu bw'ensi (obutaliimu mugaso), sso nga tebuli obulamu bw'ensi

abakoze ekibi, tebamwolekeza kibi wabula bagumiikiriza ne bamusonyiwa.

24. Abantu abo abakozi b'ebirungi Katonda agenda kubasisinkanya mu Jjana n'emikwano gyabwe gye basinga okwagala kuno ku nsi: Okugeza nga bakadde baabwe ne bakyala baabwe n'abaana baabwe abo abaabeera n'ebisaanyizo ebibayingiza mu Nnyumba Ey'emirembe (Ejjana) okutuusa lwe balisitulwa ne bateekebwa mu madaala aga waggulu — newankubadde nga emirimu gyabwe tegibasaanyiza madaala ago.

25. Abo be bannanfuusi abakkiriza kungulu ate emitima gyabwe ne gisigala nga mikaafiiri.

26. Katonda agaziya ebyokufuna bya kuno ku nsi ku muntu gw'aba ayagadde, k'abe mukkiriza oba si mukkiriza, era alina okufundiza ebyokufuna kw'oyo gw'aba ayagadde ku lw'ensonga Ye z'amanyi.

Abakafiiri bo basanyuka n'ebyo bye bafunye kuno ku nsi, sso nga obulamu bw'ensi si kintu ng'obugeraageranyizza n'Obw'enkomerero — bwo obutali bwa kuggwaawo.

ku Bulamu Bw'enkomerero, wabula kintu ekyeyagalwa naky'o ne kigwaawo.

27. Ne bagamba (Nabbi) abo abaakaa-fuwala: Singa kissibwa ku ye ekyamagero okuva eri Mukama we! Bagambe nti: Mazima Katonda abuza oyo gw'aba ayagadde, n'alunngamya (okudda) gy'Ali oyo ayeenenyezza,
28. Abo abakkiriza ne gitebenkera emitima gyabwe ku lw'okwogera ku Katonda. Abange, ku lw'okwogera ku Katonda emitima gitebenkera!
29. Abo abakkiriza ne bakola emirimo emirongoofu: Balina okwesiima n'obuddo obulungi.
30. Bwe kityo twakutumama (Ggwe Muhammadi) mu kibiina (ky'abantu), mazima nga byayita oluberyebere lwabwe ebibiina ebirala, olyoke obasomere ebyo bye twakutumira, nabo nga bawakanya erinnya ly'Oyo (Katonda) Omusaasizi. Bagambe nti: Ye ye Mukama wange! Tawali Katonda mulala asinzibwa wabula Ye. Nneesize ye, ne gy'Ali y'eri okwenenya!
31. Singa mazima Kuraane zaatambuzibwa ensozi ku lwayo (nga esomebbwa), oba ensi zaaseseggulwa ku lwayo, oba abafu ne boogezebwa ku lwayo, (byonna byandisobose), wabula bya

عَلَّمَ الدُّنْيَا فِي الْآخِرَةِ إِلَّا مَتَاعًا ﴿٣٧﴾

وَيَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ آيَةٌ مِنْ رَبِّهِ قُلْ إِنَّ اللَّهَ يُضِلُّ مَنْ يَشَاءُ وَيَهْدِي إِلَيْهِ مَنْ أُنَابَ ﴿٣٨﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَتَطْمَئِنُّ قُلُوبُهُمْ بِذِكْرِ اللَّهِ أَلَا بِذِكْرِ اللَّهِ تَطْمَئِنُّ الْقُلُوبُ ﴿٣٩﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ طُوبَى لَهُمْ وَحَسُنَ مَا فِي

كَذَلِكَ أَرْسَلْنَا فِي أُمَّةٍ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِهَا أُمَمٌ لِيَتْلُوَ عَلَيْهِمُ الَّذِي أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ وَهُمْ يَكْفُرُونَ بِالرَّحْمَنِ قُلْ هُوَ رَبِّي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ وَإِلَيْهِ مَتَابُ ﴿٤٠﴾

وَلَوْ أَنَّ قُرْآنًا سُيِّرَتْ بِهِ الْجِبَالُ أَوْ قُطِعَتْ بِهِ الْأَرْضُ أَوْ كَلِمَةٌ بِهِ الْوَأْتِ

28. Emitima gy'abo abakkiriza girongooka ne gyesigama Katonda bw'aba ayogeddawako ne giwulira.

30. Abakafiiri b'omu Makka baali bawakanya okuyita Katonda *Ar-Rahman*.

31. Newankubadde nga Kuraane yandikoze ekimu kw'ebyo, abo Katonda be yagerera obutakkiriza tebandikkiriza kubanga Kuraane emala okuba akabonero akalaga amazima gaayo, n'okutegeera nti si bigambo bya muntu wabula bya Katonda Oyo Omuyinza wa byonna. Ky'aba Ye ayagadde kibawo, ky'atayagadde tekibawo.

Katonda ebigambo byonna. Tebaku-tukanga na kusuubira abo abakkiriza nti mazima singa Katonda yaya-gala, yandirungamiza (mu Busiraamu) abantu bonna? N'abo abakaa-fiiri ebikangabwa si bya kukoma kubatuukako ku lw'ebyo bye bakola, oba okukka (okugwa) okumpi n'ama-yumba gaabwe. (Embeera ejja kubeera bw'etyo) okutuusa endagaano ya Katonda (lw'encetuuka) ey'okubawangula. Mazima Katonda tayawu-kana ku ndagaano (Ye).

32. Era mazima baajeejebwa (bangi) ababaka abaasooka oluberyeberye lwo (nga ggwe bw'ojeejebwa), ne mbalindirizaako abo abaakaafuwala. Oluvannyuma ne mbakwata, kale ngeri ki bwe kyali ekibonerezo Kyange!
33. Oyo Ye (Katonda), ayimiridde ku buli mwoyo (okukuuma) ekyo kye gukoze (afaanana nga abo abalala abatalina kye bamanyi)? Ne bassa ku Katonda Ali Omu bakatonda abalala. Bagambe nti: Kale mubatutegeeze (ebitendo byabwe). Abaffe! Oba muategeeza Katonda ekyo ky'atamanyi mu nsi? Nedda, wabula mubayita bwe mutyo (nga muggya) kungulu kw'endowooza eteri ntuufu. Wabula zaanyirizibwa kw'abo abaakaafuwala

بَلْ لِلَّهِ الْأَمْرُ جَمِيعًا أَفَلَمْ يَأْتِ الَّذِينَ  
أَمَنُوا أَنْ تَوْحِيثُ اللَّهِ لَهُدًى النَّاسِ جَمِيعًا  
وَلَا يَزَالُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَأَنصِبِهِمْ  
بِمَا صَنَعُوا قَارِعَةً أَوْ تَحُلُّ قَرِيبًا مِّنْ  
دَارِهِمْ حَتَّى يَأْتِيَ وَعْدَ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ  
لَا يَخْلِفُ الْمِيعَادَ ﴿٣١﴾

وَلَقَدْ أَسْرَيْنَا لِيُحْيِيَكَ مِنَ الْغَمِّ  
فَأَمَلَيْتَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا وَالتَّوَّابُ إِلَى اللَّهِ  
فَكَيْفَ كَانَ عِقَابِ ﴿٣٢﴾

أَفَمَنْ هُوَ قَائِمٌ عَلَى كُلِّ نَفْسٍ بِمَا  
كَسَبَتْ وَجَعَلُوا لِلَّهِ شُرَكَاءَ قُلُوبًا  
سَمُوهُمْ أَمْ تُسَبِّحُونَ بِمَا لَا يَعْلَمُونَ  
فِي الْأَرْضِ أَمْ بظَاهِرٍ مِّنَ الْقَوْلِ  
بَلْ لِيُنذِرَ الَّذِينَ كَفَرُوا مَكْرَهُمْ  
وَصُدُّوا عَنِ السَّبِيلِ وَمَنْ يُضِلِلِ

Abakafiiri b'omu Makka tebagenda kulekayo kutuukibwako bibonerezo (nga okutibwa, n'okuwambibwa) okutuusa ggwe (Muhammadi) lw'olikka n'eggye lyo okumpi n'ekibuga kyabwe obalwanyise.

Katonda ajja kukuyamba ku bo kubanga Ye tayawukana ku ndagaano gye yalagaanyisa Bannabbi Be n'abagoberezi baabwe — ey'okubataasa ku balabe baabwe.

32. Ebibonerezo byagwanga mu kifo we byasaaniranga, era bwe batyo na bano bwe bajja okukolebwa abatakiriza b'ekibiina kyo ggwe Nabbi Muhammadi. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Katonda alindiriza omulyazaamaanyi okutuusa lw'aba nga amukutte n'atasobola Kumwetakkulu-zaako."

33. Abo bakatonda abagattibwa ku Allah tebaliwo muno mu nsi era singa baaliwo, Ye Katonda ye yandibadde asinga okubamanya. Era ebyo bye boogerako, eby'okuba ne bakatonda baabwe

enkwe zaabwe ne baziyiza abantu ku kkubo (Lya Katonda). N'omuntu Katonda gw'aba abuzizza talina mulungamya.

34. (Bo) balina ebibonyobonyo mu bulamu bw'ensi (ng'ate) n'ebibonyobonyo by'Enkomerero by'ebizito (okusinga) eby'oku nsi. Tebalina kuva eri Katonda mwasirizi (alibakingiriza mu bibone-rezo Bye).

35. Ekifaananyi ky'Ennyumba Ey'emire-mbe (Ejjana) eyo eyalagaanyisibwa abatya Katonda (kye kino): Emigga gikulukutira wansi waayo; ebyokulya byamu bya lubeerera n'ekittulize kyamu (kubanga temuli njuba oba omwezi). Eyo y'enkomerero y'abo abatya Katonda; n'enkomerero y'aba-kaafiiri (kwe kuyingira) omuliro.

36. N'abo be twawa Ekitabo (Abayudaaya n'Abakristaayo), basanyuka ku lw'ebyo ebyassibwa gy'oli (ebiri mu Kuraane). Ne mu bibiina by'abo mulimu oyo awakanya ebimu (mu biri mu Kuraane). Gamba nti: Mazima nalagirwa nsinze Katonda yekka era simugattako (kintu kirala kyonna). Nkoowoola (abantu okujja) gy'Ali, ne gy'Ali y'eri obuddo.

37. Era bwe kityo twagissa (Kuraane) nga kulamula (kwa Katonda) nga ya (mu lulimu) Oluwarabu; naye bw'onooba gwe ogoberedde okwagala kwabwe oluvannyuma lw'ekyo ekiku-jjidde mu kumanya, (onooba) tolina ggwe mutaasa oba omwasirizi, okuva eri Katonda.

اللَّهُ تَمَّالَهُ مِنْ هَادٍ ﴿٣٦﴾

لَهُمْ عَذَابٌ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَعَذَابٌ  
الْآخِرَةِ أَشَقُّ وَمَا لَهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ  
وَاقٍ ﴿٣٧﴾

مَثَلُ الْجِنَّةِ الَّتِي وَعَدَ الْمُتَّقُونَ  
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ كُلُّهَا  
دَائِمٌ وَظِلُّهَا تِلْكَ عُقْبَى الَّذِينَ  
اتَّقَوْا وَعُقْبَى الْكَافِرِينَ النَّارُ ﴿٣٨﴾

وَالَّذِينَ آمَنُوا لَهُمُ الْعَذَابُ الْبَرُّ  
أَنْزَلَ إِلَيْكَ مِنَ الْكُتُبِ مَنْ يَنْكُرُ  
بَعْضَهُ قُلْ إِنَّمَا أُمِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ اللَّهَ  
وَلَا أُشْرِكُ بِهِ إِلَهًا أَدْعُوا إِلَيْهِ مَآبٍ ﴿٣٩﴾

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَاهُ حُكْمًا عَرَبِيًّا وَلِيُنذِرَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ عَذَابِ اللَّهِ الَّذِي  
مَأْلُومٌ ﴿٤٠﴾

**babiggya mu birowoozo bulowoozo, sso tebabirinaako bukakafa bwonna abo abantu abagatta ku Katonda ebintu ebirala.**

37. Ekitabo Kuraane kyassibwa ku Nabbi Muhammadi alyoke alamuze nakyo wakati w'abantu.

Katonda yagamba Nabbi (s.a.w.) n'abamanyi ab'omu kibiina kye nti: Singa ava kw'ebyo by'amaze okumanya obutuufu bwabyo n'agoberera obwagazi bw'abantu, Katonda aija kumubonerera, era taja kufuna mutaasa yenna wa kumumutaasaako.

38. Era mazima twatuma ababaka (eri abantu) oluberyeberye lwo, ne tuba-teerawo abakyala n'ezzadde, teyalina (busobozi) omubaka yenna kuleeta kyamagero wabula ku lwa buyinza bwa Katonda. Buli kiseera kirina ekiwaandiiko.
39. Katonda asangulawo ekyo ky'aba ayagadde n'akakasa ekyo (ky'ayagadde), ne w'Ali, we wali ekikolo ky'E-kitabo.
40. Oba mazima tuyinza okukulaga (Ggwe Muhammadi, nga okyali mulamu) ebimu kw'ebyo bye tubalagaanyisa (abakafiiri), oba ne tukutta (nga te-tubikulaze), mazima ekiri ku ggwe kwe kutuukiriza (obubaka), era kuli ku Ffe okubabala.
41. Abaffe tebalaba mazima nga bwe tugenda tujjira ensi yaabwe nga (tugenda) tugikendeeza mu nsonda zaayo? Ne Katonda bw'alamula tewali addamu mu kulamula Kwe, naye ye mwangu mu kubala (ku Lunaku Lw'enkomerero).

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلًا مِنْ قَبْلِكَ وَ  
جَعَلْنَا لَهُمْ آذَانًا وَذُرِّيَّةً وَمَا  
كَانَ لِرُسُلٍ أَنْ يَأْتِيَ بِآيَةِ الرَّسُولِ  
إِلَّا اللَّهُ يُكَلِّمُ كَيْفَ يَشَاءُ ۚ

يَمْحُو اللَّهُ مَا يَشَاءُ وَيُثَبِّتُ مَا يَشَاءُ  
وَإِنْ مَا تُرِيدُكَ بَعْضَ الَّذِي نَعِدُهُمْ  
أَوْ تَتَوَقَّئِكَ فَأَسَاءَ عَلَيْكَ الْبَلَاءُ  
وَعَلَيْنَا الْحِسَابُ ۝٣٨

وَأُولَئِكَ يَرَوْنَ أَنَّا نَأْتِي الْأَرْضَ نَنْقُصُهَا  
مِنْ أَطْرَافِهَا ۚ وَاللَّهُ يَحْكُمُ لِمَنْ يَشَاءُ  
حُكْمًا ۚ وَهُوَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ۝٣٩

وَأُولَئِكَ يَرَوْنَ أَنَّا نَأْتِي الْأَرْضَ نَنْقُصُهَا  
مِنْ أَطْرَافِهَا ۚ وَاللَّهُ يَحْكُمُ لِمَنْ يَشَاءُ  
حُكْمًا ۚ وَهُوَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ۝٣٩

38. Nabbi Muhammadi yatumbwa eri abantu nga naye muntu okufaananako nga n'ababaka abamusooka bwe baali abantu, era nabo baawasanga ne bazaala n'abaana nga naye Muhammadi bwe yazaala. Era bannabbi abo bonna, tewali yalaganga byamagero nga abiggya mu magezi ge, wabula ku lwa buyinza bwa Katonda.

Buli kiseera kyonna ekibaawo kirina ebbanga lye kimala Katonda lye yakigerera.

39. Katonda asangulawo amateeka oba ekintu ekirala kyonna ekyo ky'aba ayagadde okusangulawo; ate n'akakasa etteeka oba ekirala kyonna ky'aba ayagadde okukakasa. Kyokka alina Ekikolo ky'Ekitabo ekiri w'Ali omwo mw'atasangula kintu kyonna mu birimu.

40. Nabbi teyalina ky'avunaanibwa singa abantu tebakiriza, wabula yali avunaanibwa kutuukiriza bubaka obwamutumibwa kyokka. Era eri Katonda abantu bonna gye balibeera n'okubalibwa alyoke abasasule empeera z'ebyo bye baakola.

41. Katonda agamba abatakiriza abo abaaliiwo ku mulembe gwa Nabbi, nti tebalaba engeri bw'asobozeseza abakiriza okujja nga babafunza olw'obuwanguzi Katonda bw'awadde Nabbi We n'abagoberezi be okutuusa Obusiraamu okujja nga bubuna ensi yaabwe n'efuuka ey'Abasiraamu. Ekyo ne kibeera nga bujulizi obulaga nti Katonda wa kutuukiriza endagaano Ye ey'okumutaasa ku balabe kubanga Ye ky'aba asazeewo tewali ayinza kukiggyawo wadde okukikyusa. Era ye mwangu wokuzikiriza oyo aba amujeemedde.

42. Mazima baasala enkwe abo (abakafiiri) abaasooka; (naye) enkwe zonna za Katonda. Amanyi buli mwoyo gwonna kye gukola. Era bagenda kumanya abakafiiri nti y'ani enkomerero ennungi, cy'Ennyumba Ey'e-mirembe.

وَقَدْ مَكَرَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلِلَّهِ الْمَكْرُ  
 جَمِيعًا يَعْلَمُ مَا تَكْسِبُ كُلُّ نَفْسٍ وَ  
 سَيَعْلَمُ الْكَافِرِينَ عَقَبَى الدَّارِ ﴿٤٢﴾

43. Ne bagamba abo abakaafuwala, nti: Toli mubaka (wa Katonda). Bagambe nti: Kimale okuba Katonda nga ye mujulizi wakati wange nammwe. (Era abeere mujulizi) n'oyo alina okumanya Ekitabo.

وَيَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَسْتَ مُرْسَلًا  
 قُلْ كَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا الْبَيْنَىٰ وَبَيْنَكُمْ  
 وَمَنْ عِنْدَ أَعْلَمُ الْكِتَابِ ﴿٤٣﴾

42. Abakafiiri abaayita edda nga Nabbi Muhammadi tannabaawo baasaliranga bannabbi baabwe enkwe — abo Katonda be yabatimiranga. Wabula ku nkomerero abakafiiri ba kumanya oyo nnanyini nkomerero ennungi — oba bo abakafiiri oba bo abakiriza abagoberera ababaka — Bulijjo enkomerero ennungi ebeera ya babaka n'abagoberezi baabwe.

43. Abo abakiriza Nabbi Muhammadi ku lw'obujulizi bwe baafuna mu bitabo byabwe Tauraati n'Enjiri. Okugeza nga Abdallah Mutabani wa Salaamu eyakkiriza Nabbi Muhammadi nga yaakatuuka e Madina ku lw'obujulizi bwe yafuna mu Tauraati. Era n'Abakristaayo abaava mu Habasha ne bawuliriza Kuraane e Madina nabo baamukkiriza okuzinziira ku bujulizi bwe baafuna mu Kitabo kyabwe Enjili.



## EBIFA KU SUULA IBRAHIIMU MU BUFNZE (14)


Essuula eno eyitibwa Ibrahiimu okuva mu kitundu ky'essaala ya Nabbi Ibrahiimu, gye yasaba eri Katonda ng'ali ne Mutabani we Nabbi Ismaili, eyogerwako mu Ssuula eno. Essuula Ibrahiimu nayo y'emu ku ssuula ezo ezassibwa mu kiseera ekyakomererayo mu kubeera kwa Nabbi e Makka n'oluvannyuma alyoke asengukire e Madina. By'eyogerako byongerera kw'ebyo ebikomererayo mu Ssuula Ar-Raad, Erina aya 52.

Essira lissibwa ku kwogera ku bikolo by'enzikiriza: gamba nga okukkiriza Katonda n'Obubaka Bwe n'okukkiriza okubaayo kw'Okuzuukira n'Okusasulwa. Naddala ebuulira ebikwata ku Bubaka n'Ababaka n'engeri gye baakoowoolangamu abantu beeyunire Eddiini ya Katonda. Era ennyonyola omulimu gwabwe n'etegeeza nga obubaka bwonna obwaweebwa Bannabbi bwe bwalinanga ekigendererwa n'ekiruubirirwa kye kimu — eky'okunyweza Enzikiriza Entuufu — newankubadde nga bwakkiranga mu bantu abatali bamu era mu nnimi ez'enjawulo okusinziira ku mawanga ag'enjawulo, era nga bwawukana mu mateeka n'ebiragiro (*Sharia*) okusinziira nga embeera z'ama wanga agatali gamu bwe zaabanga. Obubaka obwo bwassibwanga buggye abantu mu bizikiza bubazze mu kitangaala.

Eby'okulabirako biweebwa eby'Ababaka. Nabbi Musa ayogerwako n'engeri gye yakoowoolamu abantu b'ekibiina kye okudda eri Katonda, nga okwo kw'otwalidde n'Ababaka abalala. Essuula etegeeza nga Bannabbi bonna bwe baabuulira abantu baabwe, naye obwonoonyi ne buba nga bwabasensera nnyo mu mitima gyabwe, abasinga obungi ne batakkiriza n'olwekyo bonna ne bazikirizibwa, okugeza nga ekibiina kya Nabbi Nuuhu, Huudu, Swalihi n'abalala. Essuula ewa ekyokugerezaako nti Ekigambo ky'obukkiriza kiringa omuti omulungi ate kyo eky'obubuze n'ekigeza ku muti omubi.

Mu Ssuula eno, Nabbi Ibrahiimu asaba Katonda amuwonye obwonoonyi ne buba nga bwabasensera nnyo mu mitima gyabwe, abasinga obungi ne batakkiriza n'olwekyo bonna ne bazikirizibwa, okugeza nga ekibiina kya Nabbi Nuuhu, Huudu, Swalihi n'abalala. Essuula ewa ekyokugerezaako nti Ekigambo ky'obukkiriza kiringa omuti omulungi ate kyo eky'obubuze n'ekigeza ku muti omubi.

Mu Ssuula eno, Nabbi Ibrahiimu asaba Katonda amuwonye obwonoonyi, ye n'ezzadde lye, era n'asabira Makka Ekitebe ky'Enzikiriza y'Obusiraamu. Era emaliriza nga etegeeza nga abonoonyi, abatakkiriza n'abo be baagobereranga abaababuzza, nga bonna bwe balitokomokera mu Muliro.



## ESSUULA IBRAHIIMU (14)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 7 ne Aya 52

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. ALIF LAAM RAA. (Kino) Ekitabo (Kuraane) twakissa gy'oli (Ggwe Muhammadi) olyoke oggye (nakyo) abantu mu bizikiza okubazza eri ekitungaala, ku lw'okukkiriza kwa Mukama waabwe obalaze mu kkubo ly'W'ekitiibwa, Atenderezebwa,
2. Katonda, Oyo alina ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. N'okubonaabona kuli ku bakaafiiri mu bibonyobonyo by'omuliro (ebibalindiridde olw'obutakkiriza),
3. Abo abasiimawo okwagala obulamu bw'ensi (okusinga) ku Bulamu Bw'enkomerero, ne baziyiza (n'abantu) ku kkubo lya Katonda, ne baagala okulikyanya: Abo bali mu bubuze obweyolefu.
4. Tetwatuma mubaka (yenna) wabula na lulimu lwa kibiina kye, alyoke abannyonyole (obubaka bamatire). Alyoke abuze Katonda oyo gw'aba ayagadde, era alunnngamye oyo gw'a-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ اَنْزَلْنٰهُ الْبَيِّنٰتِ الْخٰرِجَةِ النَّاسِ  
مِنَ الظُّلُمٰتِ اِلَى النُّوْرِ بِاِذْنِ رَبِّهِمْ  
اِلَى صِرٰطِ الْعَزِیْمِ الْحَمِیْدِ ۝

اللّٰهُ الَّذِیْ لَهٗ مَا فِی السَّمٰوٰتِ وَمَا فِی  
الْاَرْضِ وَوِیْلٌ لِّلْکٰفِرِیْنَ مِنْ  
عَذٰبِ شَدِیْدٍ ۝

اِنَّ الَّذِیْنَ یَسْتَحِبُّوْنَ اَحْیَوةَ الدُّنْیَا  
عَلٰی الْاٰخِرَةِ وَیَصُدُّوْنَ عَنْ سَبِیْلِ  
اللّٰهِ وَیَبْغُوْنَهَا عَوْجًا اُوَّلَیْکَ فِی  
صَلٰی الْعَبِیْدِ ۝

وَمَا اَرْسَلْنَا مِنْ رُّسُوْلٍ اِلَّا یَلْسٰنَ  
قَوْمِهِ لِیُبَیِّنَ لَهُمْ فِیْضِلَ اللّٰهُ مِنْ  
یَشَآءُ وَیَهْدِیْ مَنْ یَشَآءُ وَهُوَ

1. ALIF LAAM RAA — Era zino ze zimu ku nnyukuta Katonda ze yatandisanga nazo essuula ezimu.

4. Buli Mubaka yenna gwe twatuma twamuwanga amateeka n'ekitabo nga kiri mu lulimu lw'ekibiina ekyo gye yalinga atumiddwa balyoke basobole okutegeera by'abagamba n'okumuyigako.

yagadde. Naye y'Ow'ekitiibwa Omukakasa.

5. Mazima twatuma Musa n'obubonero Bwaffe (ebyamagero). (ne tumugamba nti): Gya ekibiina kyo mu bizikiza obazze eri ekitangaala. Era obajju-kize ebyengera bya Katonda. Mazima muli mw'ekyo obubonero eri buli mugumiikiriza, ayeebaza.

6. Era jjukira mu kiseera Musa bwe yagamba ekibiina kye: Mujjukire ekyengera kya Katonda kye yabagabira mmwe mu kiseera bwe yabawonya abantu ba Fir'auna (abaali) babakombesa ku bibonyobonyo ebibi, nga basala batabani bammwe ne baleka abakazi bammwe nga balamu; ne mw'ekyo mmwe mwalimu okugeze-sebwa kunene okuva eri Mukama wammwe.

7. Era mujjukire mu kiseera Mukama wammwe, bwe yalangirira (olwatu) nti: Bwe muba nga munneebazizza Nja kubongerera ddala; ate bwe mu-naaba nga mumpakanyizza, mazima ebibonyobonyo Byange biyitirivu.

8. Musa n'agamba (abantu be): Bwe muba nga mukaafuwadde mmwe n'abo (abalala) bonna abali mu nsi, ddala Katonda Mugagga, Atenderezebwa.

9. Abaffe tebyabajjira ebigambo by'abo abaaliwo oluberyeberye lwammwe; Ekibiina kya Nuuhu, (n'ebika bya) Aadi ne Thamuudu n'abo abajja olu-

العَزِيْزُ الْحَكِيْمُ ﴿٥﴾

وَلَقَدْ اَرْسَلْنَا مُوْسٰى بِآيٰتِنَا اَنْ اَخْرَجَ  
قَوْمَكَ مِنَ الطَّاغُوْتِ اِلَى التُّوْرِ وَذَكَرْنٰهُمْ  
بِآيٰتِنَا لِيَّذَكَّرُوْا اِنَّ فِيْ ذٰلِكَ لَاٰيٰتٍ لِّعَلَّ  
صَبَّارٍ شٰكِرٍ ﴿٥﴾

وَاِذْ قَالَ مُوْسٰى لِقَوْمِهٖ اِذْ كُرُوْا بِعِنْدَةِ  
اللّٰهِ عَلَيْهِمْ اِذْ اٰجَمْتُمْ مِّنْ اِلٍ فَرَعُوْنَ  
يَسُوْمُوْنَكُمْ سُوْءَ الْعٰدَابِ وَيَدْبِجُوْنَ  
اَبْنَآءَكُمْ وَيَسْتَحْيُوْنَ نِسَآءَكُمْ وَفِيْ  
ذٰلِكُمْ بَلَاٌءٌ مِّنْ رَّبِّكُمْ عَظِيْمٌ ﴿٥﴾

وَاِذْ تَاَذَّرْنَ رَبُّكُمْ لَمِنْ شٰكِرٍ  
لَّا زَيْدٌ لَّكُمْ وَلَمِنْ لَقَرْتُمْ اِنَّ عَلَيْنِ  
لَشَدِيْدٌ ﴿٥﴾

وَقَالَ مُوْسٰى اِنَّ كُفْرًا وَاَنْتُمْ وَمَنْ  
فِي الْاَرْضِ جَمِيْعًا اِلَّا اِنَّ اللّٰهَ لَعَزِيْزٌ  
حَمِيْدٌ ﴿٨﴾

اَلَمْ يَاْتِكُمْ نَبَا الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِكُمْ  
قَوْمُ نُوحٍ وَعَادٌ وَثَمُوْدٌ وَالَّذِيْنَ

6. Fir'auna yalagira abasajja be okutta buli mwana omulenzi azaaliddwa mu Baana ba Israili ku Iw'okutya obwakabaka bwe okuggwaawo. Ekyo yakikola luvannyuma lwa kutegezebwa nti omuntu aija okumalawo obwakabaka bwe yali wa kuva mu Baana ba Israili. Yalagira balcenga mwana ow'obuwala yekka.

9. Bazza emikono gyabweeri eriemimwa gyabwe ku Iw'okwewuunya ebyo ababaka bye bagamba.

vannyuma lwabwe? Tewali abamanyi wabula Katonda. Ababaka baabwe baabajjira n'obujulizi (obweyolefu), ne bazza emikono gyabwe eri emimwa gyabwe, ne bagamba nti: Mazima ffe tuwakanyizza ebyo bye mutumiddwa nabyo, naffe mazima tulimu okubusabuusa (kwa maanyi) mw'ekyo kye mutuyitira okujja gye kiri (eky'okusinza Katonda Omu), nga tutankana.

من بعدهم ذليبعلمهم إلا الله  
 جاء لهم رسالهم يا أيكنت فردوا  
 أيديهم في أفواههم وقالوا أانا كفتنا  
 بما أرسلتم به وإننا لغى شاك مننا  
 تدعوننا إليك مرئيب ④

صح  
 عند الشك من  
 الشاك

- 10. Baabagamba ababaka baabwe (abaatumwa gye bali): Mubusabuusa mu Katonda (okuba nti Ali Omu Oyo) Omutonzi w'eggulu n'ensi? Abayita alyoke abasonyiwe ebibi byammwe era abalindirize (okutuusa) eri ebbanga eggere (ery'okufa). Ne bagamba nti: Temuli mmwe wabula abantu nga ffe, mwagala okutuziyiza kw'ebyo bakadde baffe bye baali basinza? Kale mutuleetere obujulizi obweyolefu (obulaga amazima gammwe).

قالت رسالهم آي الله شك فاطر  
 السموت والأرض يدعوكم ليغفر لكم  
 من ذنوبكم ويوحركم إلى أجل  
 مسمى قالوا إن أنتم إلا بشر مثلنا  
 تريدون أن تصدقنا عما كان يعبد  
 آباؤنا فأناؤنا بسطن ميين ⑤

- 11. Ne baabagamba ababaka baabwe: Tetuli ffe wabula bantu nga mmwe, naye mazima Katonda agabira ekyengera oyo gw'aba ayagadde mu baddu Be. Tetwalina ffe (busobozi) kubaleetera bujulizi wabula ku lwa kiragiro kya Katonda. Abakkiriza bateekwa beesige Katonda.
- 12. Tulina ki ffe obuteesiga Katonda nga mazima yatulunngamya mu makubo

قالت لهم رسالهم إن نحن إلا بشر  
 مثلكم ولكن الله يمين على من  
 يشاء من عباده وما كان لنا أن  
 تأتيكم بسطن إلا بإذن الله و  
 على الله فليتوكل المؤمنون ⑥  
 وما لنا ألا نتوكل على الله وقد هدانا

10. Ababaka nga bamaze okuwulira ebyo ebyaddibwamu, nabo kwe kubagamba nti: Mubusabuusa mu kuba nga Katonda Ali Omu, era n'okuba nga asaana okwawulibwa mu kusinzibwa obutagattwako kintu kirala kubanga, ye yatonda eggulu n'ensi n'ebirimu byonna.

11. Ababaka ba Katonda bannyonyolanga abantu baabwe enkzo gye baalina newankubadde nga nabo baalinga bantu buntu nga bo — kubanga bo Katonda yabagabira obubaka ne baba nga tebenkana na bantu ba bulijjo, era ne babategeza nga bo ku lwabwe bwe batasobola kuleetera bujulizi okuggyako nga Katonda abakkiriza. Ekyo lwa kuba nabo baddu buddu ba Katonda, era bali wansi wa buyinza Bwe era tebalina mulala gwe beesiga wabula Ye yekka.

gaffe? Era tujja kugumiikiriza ddala kw'ebyo bye mutubonyabonyamu. Ne ku Katonda bateekwa beesige abeesiga.

13. Abo abaakafuwala ne bagamba ababaka baabwe: Tujja kubaggira ddala mu nsi yaffe oba mujja kuddira ddala mu ddiini yaffe. (Olwo) Mukama waabwe n'atumira gye bali (obubaka bunu, nti): Tujja kuzikiriza ddala abalyazaamaanyi (abakafiiri)!
14. Era tujja kubatuuliza ddala (mmwe abakkiriza) mu nsi zino mwe babadde (abakafiiri) oluvannyuma lwabwe. Ekyo ky'oyo atya Ekifo Kyange n'atya n'okulagaanyisa Kwange (ebibonerezo kw'oyo atakkiriza).
15. (Ababaka) ne basaba okutaasibwa (okuva eri Katonda) n'aswala buli oyo ayeeukuza omuwalaazi w'empaka.
16. Emabega w'oyo waliyo (ekibonerezo kya) muliro (Jahannama) era alinywesebwa mu mazzi ag'amasira ag'olusaayisaayi.
17. Agendanga kwewaliriza okugamira n'abeera ate nga asemberedde obutagamira (ku lw'okuwunya kwago, n'obubi n'okukaawa), ne kumujjira okufa nga kuva ku buli ludda nga ate si wa kufa nga n'emabega we waliyo ebibonyobonyo ebizito.
18. Ekifaananyi ky'abo abawakanya Mukama waabwe: Emirimu gyabwe gi-

سُبُلَنَا وَكَصَبْرِنَ عَلَى مَا دَيْمُونَا  
وَعَلَى اللَّهِ فَيَتَوَكَّلِ الْمُتَوَكِّلُونَ ﴿١٣﴾

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِرُسُلِهِمْ  
لَنُخْرِجَنَّكُمْ مِنْ أَرْضِنَا أَوْ لَنَعُودَنَّ  
فِي مِلَّتِنَا فَأَوْحَى إِلَيْهِمْ رَبُّهُمْ  
لَنُهْلِكَنَّ الظَّالِمِينَ ﴿١٤﴾

وَلَنُكَسِبَنَّكُمْ الْأَرْضَ مِنْ بَعْدِهِمْ  
ذَلِكَ لِمَنْ خَافَ مَقَامِي وَخَافَ  
وَعَيْدِي ﴿١٥﴾

وَأَسْتَفْتَحُوا وَخَابَ كُلُّ جَبَّارٍ عَنِيدٍ ﴿١٦﴾

مِنْ وَرَائِهِمْ جَهَنَّمُ وَيَسْتَفْتِي مِنْ تَلَايِهِ  
صَادِقِينَ ﴿١٧﴾

يَكْفُرُ عَنْهُ وَلَا يَكَادُ يُسَبِّعُهُ وَيَأْتِيَهُ  
الْمَوْتُ مِنْ كُلِّ مَكَانٍ وَمَا هُمْ بِمُعْتَدِينَ  
وَمِنْ وَرَائِهِمْ عَذَابٌ غَلِيظٌ ﴿١٨﴾

مَثَلُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَإِبْرَاهِيمَ أَعْمَاهُ

16. Oluvannyuma lw'okufa kwe n'azuukira. Katonda agenda kumuyingiza mu muliro Jahannama. era ekyokunywa mu muliro ogwo galiba masira ag'olusaayisaayi.

17. Amazzi ago gagenda kumulema okunywa ku lw'okwokya kwago n'okuwunya obubi n'okukaawa. Ebizibu ebimutuusa ku kufa bimwetoolele ate nga ssi wa kufa.

18. Abagaana okukkiriza Katonda ne bakola emirimu emirungi nga okuyamba okuyunga oluganda. ebyo byonna tebagenda kufunamu mpeera okuva eri Katonda. Wabula emirimu gyabwe gya kubeera nga evvu erikunngusibbwa kikunngunta ow'amaanyi.

ringa evvu erisaasaanyiziddwa (olw'o-kufuuyibwa) empewo mu lunaku olwa kikunngunta. Tebalisobola (kufuna mpeera) mw'ebyo bye baakola ku kintu kyonna. Okwo kwe kubula okw'ewala.

19. Tolaba nga mazima Katonda yatonda eggulu n'ensi mu mazima? Bw'aba nga ayagadde abaggyawo (mbagirawo) n'aleeta ebitonde ebiggya?

20. Era ekyo eky'okutonda si kinene ku Katonda.

21. Ne beeyoleka bonna eri Katonda (alyoke abalamule). Abanafu (abaagobereranga abo abeeukuza) ne bagamba eri abo abeeukuza, nti: Mazima ffe twali bagoberezi bammwe, abaffe mmwe muli ba kutugasa ffe mu kutuwonya ebibonyobonyo bya Katonda mu kintu (kyonna)? Ne bagamba (abo abeeukuza) nti: Singa Katonda yatulunngamya (ku nsi), naffe twandibalungamizza. (Naye kati) kye kimu ku ffe ka tutye oba ka tugumii-kirize tetulina buddo (gye tunaddukira).

22. Sitane aligamba bwe kirimala okusalibwawo ekigambo: Mazima Katonda

كَمَا دَرَسْتَ تَاتُ بِهَ الرِّيحُ فِي يَوْمِ  
عَاصِفٍ لَا يَقْدِرُونَ وَمَا كَسَبُوا عَلَى  
شَيْءٍ مَّا ذَلِكَ هُوَ الظُّلْمُ البَعِيدُ ١٨

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَ  
الْأَرْضِ يَا حَيُّ إِنَّ يَشَاءُ يُدْهِبُكُمْ  
وَيَأْتِ بِخَلْقٍ جَدِيدٍ ١٩

وَمَا ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ بِعَزِيزٍ ٢٠

وَبَرُّهُ وَاللَّهُ شَمِيمًا فَقَالَ الضُّعْفُ  
لِلَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا كُنَّا لَكُمْ تَبَعًا  
فَهَلْ أَنْتُمْ مُعْتَدُونَ عَنَّا مِنْ عَذَابِ  
اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ مَا قَالُوا لَوْ هَدَّ سَنَا اللَّهُ  
لَهَدَيْنَاكُمْ سَوَاءً عَلَيْنَا أَجْرٌ عَلْنَا أَمْ  
صَبْرًا مَا لَنَا مِنْ مَّحْيٍ ٢١

وَقَالَ الشَّيْطَانُ لِنَاقِضِي الْأُمُورَ

19. Nga Katonda bwe yasobola okutonda eggulu n'ensi na byonna ebirimu, bw'atyo asobola bw'aba nga ayagadde okubaggyawo mwenna n'atondawo ebitonde ebirala mu kifo kyammwe.

22. Ku nkomerero nga okulumulwa kumaze okuggwa, nga ab'omu muliro beetegegge n'abo ab'omu Jjana, sitaane oyo ayalabankanyanga abantu n'ababuzza n'okubalaza eri obukaafiiri mu kifaananyi kye, kye baalabanga nga kirungi; era n'abaziiza okuwuliriza okukoowoola kwa Katonda ababaka kwe bajja nakwo, wano kati alibeegaana. Ekyo lwa kuba nga okusalawo kuliba kuwedde okubategeza nga bwe baali basana okukkiriza endagaano ya Katonda, - kubanga yo ya mazima n'olwekyo tesaana kumenyebwa.

Era Sitaane alibagamba nga ye ebyo bye yabalagaanyisa bw'atabirinaako bujulizi bwonna bulaga nga bituufu, sso nga bo ababaka baalina obujulizi obulaga amazima gaabwe. Laba bw'agamba nti: 'Ne bwe munaaleekaana nze sijja kubataasa nammwe temulina kye munangasa. Katonda yamaliriza ensonga ekwata ku bakoowoozi n'abo abakoowoolwa wabula nu babuzibwa Sitaane. nga agamha nti: Mazima abalyazaamaanyi. abo abaddirra ehitonde ne babissa mu kifo kya Katonda. balina ebibonyobonyo ebirumya.'

yabalagaanyisa endagaano ey'ama-zima: (nze) ne mbalagaanyisa (eby'o-bulimba) ne mbaawukanako. Era saalina nze maanyi ku mmwe (gabakaka kungoberera) wabula bwe nabayitanga ne munnyanukula. Temunnenya wabula munenye emyoyo gyammwe. Ssiri nze wa kubataasa era temuli mmwe ba kuntaasa. Mazima nze nneegaanye ebyo bye mwangattamu (ne Katonda) oluberyeberye (mu nsi). Mazima abalyazaamaanyi balina ebibonyobonyo ebiruma.

23. Ne bayingizibwa abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe), emigga gikulukutira wansi waayo nga ba kutuula mu Yo bugenderevu ku lw'okukkiriza kwa Mukama waabwe. Eki-ramuso kyabwe mu Yo (kiriba): Mireme!
24. Tolaba engeri nga Katonda bweyakuba ekifaananyi ky'Ekigambo ekirungi? Kiringa omuti omulungi (nga) ekikolo kyagwo kinywevu era nga n'amatabi gaagwo (gaatuumbiira) gali waggulu.
25. Guleeta ebyokulya byagwo buli kiseera ku lw'obuyinza bwa Mukama waagwo? Ne Katonda akubira abantu ebifaananyi (eby'okugerezaako bagerezeeko) bajjukire.

اللَّهُ وَعَدَكُمْ وَعَدَ الْحَقِّ وَوَعَدْتُكُمْ  
فَاخْلُقْكُمْ وَمَا كَانَ لِي عَلَيْكُمْ مِنْ  
سُلْطٰنٍ اِلَّا اَنْ دَعَوْتُكُمْ فَاَسْتَجِبْتُمْ  
لِي ۗ فَلَا تَاُوْمِنُوْنِيْ وَلَوْ مَوَّأٰ اَنْفُسَكُمْ  
مَا اَنَا بِمُصْرِخِكُمْ وَمَا اَنْتُمْ بِمُصْرِخِيْ  
اِلٰيَّ ۗ لَقُرْتُ بِمَا اَشْرَكْتُمْ مِنْ قَبْلُ  
اِنَّ الظٰلِمِيْنَ لَهُمْ عَذَابٌ اَلِيْمٌ ﴿٣٢﴾

وَاَدْخَلَ الدِّيْنَ اٰمَنُوْا وَعَمِلُوا الصّٰلِحٰتِ  
جَنَّتِ بَحْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا اَلْاَنْهَارُ خٰلِدِيْنَ  
فِيْهَا يٰۤاٰدِرْ رَبِّهِمْ تَحِيَّةً لَهُمْ فَبِهَا سَلَمٌ ﴿٣٣﴾

اَلَمْ تَرَ كَيْفَ ضَرَبَ اللّٰهُ مَثَلًا كَلِمَةً  
طَيِّبَةً كَشَجَرَةٍ طَيِّبَةٍ اَصْلُهَا نَابُثٌ  
وَوُفِّرُهَا فِي السَّاءِ ﴿٣٤﴾

تُوْتٰى اَكْلُهَا كُلَّ حِيْنٍ يَّاۤدِرْ رَبِّهَا  
وَيُضْرَبُ اللّٰهُ اَلْمَثَالَ لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ  
يَتَذَكَّرُوْنَ ﴿٣٥﴾

Okufiirwa kuli ku oyo Sitaane gwe yakoowoola okumubuza n'amwanukula. ate bo ababaka ne bamuyita okudda eri Katonda eyamutonda n'abalimbisa n'okubawakanya.

Ayi katonda tukusaba otulunngamye tukwate ekkubo lya bannabbi Bo. era otuwonye okubuza kwa sitaane n'abayambi be.

23. Okulamusagana kw'abo abalibeera mu Jjana wakati waabwe balikozesanga ekigambo ekigamba nti: *Ssalaamu Alaikum* - (Emirembe gibeere ku mmwe). Era bwe kityo bamalayika bwe balibasisinkananga bagenda kubalamusa mu ngeri y'emu.

Ekyo ekigambo kinywevu mu mutima gw'omukkiriza. nga omuti bwe gunyewera mu ttaka. Era kisitula emirimu gy'omukkiriza okugitwala mu ggulu ne gikkirizibwa.

25-26. Omukkiriza alinga omuti omulungi ogubala buli kiseera. Bw'aty'o naye buli kiseera



26. N'ekifaananyi ky'ekigambo ekibi (eky'obukafiiri) kiringa omuti omubi, ogwasinduka ne gugwa ku ttaka kungulu nga tegulina kunywera.

وَمَثَلُ كَلِمَةٍ خَيْرٌ مِنْ شَجَرَةٍ خَيْرِيَّةٍ  
يَجْتَنُّ مَنْ فَوْقَ الْأَرْضِ مَالَهَا  
مِنْ قَرَارٍ ٢٦

27. Katonda anyweza abo abakkiriza n'ekigambo ekinywevu mu bulamu bw'ensi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma, ate n'abuza abalyazaamaanyi (abakafiiri). Era Katonda akola ekyo ky'ayagala.

يُثَبِّتُ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا بِالْقَوْلِ الثَّابِتِ  
فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي الْآخِرَةِ وَيُضِلُّ  
اللَّهُ الظَّالِمِينَ وَيَعْلَمُ اللَّهُ مَا يَشَاءُ ٢٧

28. Tolaba eri abo abaawaanyisa mu kyengera kya Katonda obuwakanyi (mu kifo ky'okwebaza) ne bassa ekibiina kyabwe mu nnyumba y'okuzikirira (ku lw'obubuze)?—

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ بَدَّلُوا نِعْمَتَ  
اللَّهِ كُفْرًا وَآحَلُّوا قَوْمَهُمْ  
دَارَ الْبَوَارِ ٢٨

29. (Ennyumba eyo gwe) muliro (Jahannama). Gwe balyesogga: era bwe businganga okuba obutuulo obubi!

جَهَنَّمَ يَصَلُّونَهَا وَبِئْسَ الْقَرَارُ ٢٩

30. Ne bateeka ku Katonda Omutonzi bakatonda abalala balyoke babuze (abantu okubagya) ku kkubo Lye. Bagambe nti: Mweyagale (akaseera obuseera) mazima obuddo bwammwe (kwe) kudda eri Omuliro.

وَجَعَلُوا لِلَّهِ إِندَادًا لِيُبْسِئُوا عَنْ  
سَبِيلِهِ قُلْ تَمَتَّعُوا فَإِن مَصِيرَكُمْ  
إِلَى النَّارِ ٣٠

emirimu gye gisitulwa ne gigobolola. Omukkiriza buli lwonna lw'ayogera ekigambo kituuka mu ggulu ne kimuleetera amagoba.

Ye omukafiiri ekigambo kye tekirina mukisa, era tekirina na magoba. N'emirumu gye tegituuka wa Katonda kuba tegirina kikolo kinywevu kuno ku nsi era tegirina matabi gatuuka mu ggulu.

27. Katonda anyweza omukkiriza ku kigambo ky'Obusiraamu eky'okumwawula Katonda mu bulamu buno bw'ensi mu kiseera ky'okubuuzibwa bamalaika ababiri ng'ateekeddwa mu ntaana. Nga Nabbi bwe yagamba nti: "Omusiraamu bw'aba abuuziddwa mu ntaana ebikwata ku nzikiriza, ajulira n'agamba: Tewali Katonda asinzibwa mu butuufu wabula Katonda Oyo Allah, era mazima Muhammad Mubaka wa Katonda. Ago ge makulu g'ekigambo Kye, Katonda Omugulumivu kye yagamba nti "Katonda anyweza abo abakkiriza n'ekigambo ekinywevu."

28. Abo Katonda b'ayogerako wano be bo abakafiiri b'omu Makka abaagaana okukkiriza Nabbi Muhammad oyo eyajja nga kyengera eri abantu bonna. Kyokka bo mu kifo ky'okwebaza ckyengera ekyo, baasalawo kumuwakanya buwakanya.

Wabula kino kikwata na ku buli muntu oyo ayatuukwako ekigambo ky'eddiini y'Obusiraamu n'atakkiriza.

31. Gamba abo abaddu Bange abakkiriza bayimirizeewo esswala era bawecyo (nga baggya) mw'ebyo bye twabagabira, mu kyama ne mu lwatu, oluberyeberyera nga olunaku terunnajja olutalibaamu kutunda (kwa kwenunula) wadde emikwano (egiyamba).
32. Katonda y'Oyo eyatonda eggulu n'ensi n'assa okuva mu ggulu amazzi n'afulumya nago ebibala kkyokulya kya mmwe n'abagondeza amaato gasobole okuseeyeeya ku nnyanja ku lw'obuyinza Bwe, n'abagondeza emigga;
33. N'abagondeza enjuba n'omwezi ebitalubula olubeerera (baganyulwe nabyo); era n'abagondeza ekiro n'emisana.
34. N'abawa mu buli kye muba mumusabye (ne kye mutamusabye ekigero ekibagasa), bwe muba nga mubaze ebyengera bya Katonda temusobola kubikomekkereza. Mazima omuntu mulyazaamaanyi ayeeryazaamaanya (yekka), muwalaazi wa mpaka (awakanya Katonda by'amuwa).
35. Era jjukira mu kiseera Ibrahiimu bwe yagamba: Mukama wange! Fuula kino ekibuga (Makka) eky'emirembe, onnewaze Nze ne batabani bange okusinza amasanamu.
36. Mukama wange! Mazima go (amasanamu) gabuzizza abantu bangi. N'oyo anangoberera mazima ye wange.

قُلْ لِعِبَادِيَ الَّذِينَ آمَنُوا يُقِيمُوا  
الصَّلَاةَ وَيُنْفِقُوا مِمَّا رَزَقْنَاهُمْ سِرًّا  
وَعَلَانِيَةً مِّن قَبْلِ أَن يَأْتِيَنَّهُمُ  
الْيَوْمُ لَا يَصِغُّ فِيهِ وَلَا خَلِيلٌ ﴿٣١﴾

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ  
وَأَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَخْرَجَ بِهِ  
مِنَ الشَّجَرَاتِ رِزْقًا لَّكُمْ وَسَخَّرَ لَكُمُ  
الْفَلَاحَ الْبَحْرِيَّ فِي الْبَحْرِ بِأَمْرِهِ وَسَخَّرَ  
لَكُمُ الْأَنْهَارَ ﴿٣٢﴾

وَسَخَّرَ لَكُمُ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ دَائِبِينَ  
وَسَخَّرَ لَكُمُ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ ﴿٣٣﴾

وَأَتاكم مِّن كُلِّ مَآسَأٍ لَّوْأَ وَإِن  
تَعُدُّوا نِعْمَتَ اللَّهِ لَا تَحْصُوهَا إِنَّا  
الْإِنسَانَ لظَلُومٌ كَفَّارٌ ﴿٣٤﴾

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ رَبِّ اجْعَلْ هَذَا  
الْبَلَدَ آمِنًا وَاجْنُبْنِي وَبَنِيَّ أَنْ نَعْبُدَ  
الْأَصْنَامَ ﴿٣٥﴾

رَبِّ إِنَّهُمْ أَضَلُّونَ كَثِيرًا مِّن

31. Abakkiriza basaanye bakole ebyo nga olunaku lw'oluvannyuma terunnatuuka; kubanga lwo tekulibaamu kutunda nti omuntu asobole okufuna ekinamuyamba yeenunule nakyo. Era terulibaako kukwana mukwano oguyinza okumuwonya mu bibonerezo bya Katonda.

N'oyo ananjeemera — ddala mazima  
Ggwe, Oli Musonyiyi, Omusaasizi.

النَّاسِ ۚ فَمَنْ تَبِعَنِي فَإِنَّهُ مِنِّي  
وَمَنْ عَصَانِي فَإِنَّكَ كَافِرٌ  
كَبِيرٌ ﴿٣٧﴾

37. Mukama waffe! Mazima nze ntuuzizza crimu ku zadde lyange (babeere) mu lusenyi (Makka) olutalina mmere esigwa. Awali Ennyumba Yo Ey'emizizo (Al-Kaabat), Mukama waffe! Balyoke bayimirizeewo esswala; kale fuula emitima gy'abantu abamu egyagala okujja gye bali, era obagabire mu bibala oba olyawo ne beebaza.

رَبَّنَا إِنِّي أَسْكَنْتُ مِنْ دَرَبَيْتِي بَوَادٍ  
غَيْرِ ذِي زُرْعَةٍ وَعِنْدَ بَيْتِكَ الْمُحَرَّمِ  
رَبَّنَا لِتَقْبِلَ صَلَاتِي وَاجْعَلْ أَجْرَهُ  
مِنْ النَّاسِ نَهْوَى إِلَيْهِمْ وَارْتَمِمْ  
مِنَ الشَّجَرَاتِ لَعَلَّهُمْ يَشْكُرُونَ ﴿٣٨﴾

38. Mukama waffe! Mazima Ggwe omanyi ebyo bye tukweka n'ebyo bye twolesa. Tewali kintu kyonna kyekweka ku Katonda mu nsi wadde mu ggulu.

رَبَّنَا إِنَّا كُنَّا مِنَ الْخَافِينَ ۗ  
وَمَا يَخْفَى عَلَى اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ فِي الْأَرْضِ  
وَلَا فِي السَّمَاءِ ﴿٣٩﴾

39. Buli kitendo kya Katonda Oyo eyampa mu bukulu (bwange abaana) Ismaili ne Ishaka! Mazima Mukama wange, Awulira okusaba (kw'oyo amusaba).

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي وَهَبَ لِي عَلَى الْكِبَرِ  
إِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ إِنَّ رَبِّي  
لَسَمِيعُ الدُّعَاءِ ﴿٤٠﴾

40. Mukama wange! Nfuula ayimirizaawo esswala, ne muzadde lyange (bw'oty): Mukama waffe! Kkiriza okusaba kwaffe.

رَبِّ اجْعَلْنِي مُقِيمَ الصَّلَاةِ وَمِنْ  
ذُرِّيَّتِي ذُرِّيًّا مُقِيمًا ۗ دُعَاءِ ﴿٤١﴾

41. Mukama waffe, nsonyiwa ne bakadde bange n'abakkiriza olunaku okubala (Kwo) lwe kuliyimirirawo.

رَبَّنَا اغْفِرْ لِي وَلِوَالِدَيَّ وَلِلْمُؤْمِنِينَ  
يَوْمَ يَقُومُ الْحِسَابُ ﴿٤٢﴾

37. Katonda yayanukula okusaba kwa Nabbi Ibrahiimu (emirembe gibeere ku ye) abantu ne baba nga baagala okulambula Ennyumba Ye Kaaba buli kisera. Era n'osanga nga ekibuga Makka kijjudde ebibala awamu n'okuba nga mwo temuli muti gusobola kubala era nga ebiriibwamu birectebwa kuwa bweru.

41. Mukama waffe tusonyiwe olunaku lw'olibala abaddu Bo n'obasasula empeera z'emirimu gyabwe:- ayakola ebirungi n'omusasula ebirungi n'ow'ebibi n'omuvunaana.

42. Tolowoozanga nti mazima Katonda agayaaliridde ebyo bye bakola abalyazaamaanyi, (abiraba). Mazima abalindiriza (okutuusa) ku lunaku amaaso lwe galiralambalira mu lwo (olw'okutya),—
43. Nga banguwa (n'okutya okugenda eri omukoowoozi), nga balalambazizza emitwe gyabwe nga amaaso gaabwe tegadda gye bali nga n'emitema gyabwe myereere!
44. Tiisa abantu olunaku lwe biribajjira ebibonyobonyo, ne bagamba abo abalyazaamaanya (emyoyo gyabwe): Mukama waffe tulindirizeeko eri ebbanga ery'okumpi. Twanukule okukoowoola Kwo era tugoberere ababaka (Bo). (Baliddibwamu): Temwali nga mulayira olubereberye (nga mukyali ku nsi) nti temulina mmwe kuvaawo (ku nsi)?
45. Ne mutuula mu bifo by'abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe (olubereberye lwammwe). Ne kibannyonyokera engeri gye twabakola, ne tubagereza ebifaananyi (musobole okulabirako mukkirize).
46. Mazima baasala enkwe zaabwe, n'awali Katonda we wali (okumanya) enkwe zaabwe, newankubadde nga enkwe zaabwe zaali eziyinda (okuyuuzza) ensozi ne zivaawo ku lwazo.
47. Tolowoolezanga ddala nti Katonda wa kwawukana ku ndagaano gye yalagaanyisa ababaka Be (ey'okubataasa). Mazima Katonda wa Kitibwa, Nnannyini Kuzikiriza (abonoonyi).

وَلَا تَحْسَبَنَّ اللَّهَ غَافِلًا عَمَّا يَعْمَلُ  
الظَّالِمُونَ هَٰذَا مَا يُوعَدُهُمْ لِيَوْمِ  
تَشْخُصُ فِيهِ الْأَبْصَارُ ﴿٤٢﴾

مُهْطِعِينَ مُقْنِعِي رُءُوسِهِمْ لَا  
يَرْتَدُّ إِلَيْهِمْ طَرْفُهُمْ وَأَفِئْتُهُمْ  
هُوَآءٌ ﴿٤٣﴾

وَأَنْزِلْنَا النَّاسَ يَوْمَ يَأْتِيهِمُ الْعَذَابُ  
فَيَقُولُ الَّذِينَ ظَلَمُوا رَبَّنَا آخِرْنَا  
إِلَىٰ أَجَلٍ قَرِيبٍ يَسْتَجِيبُ دَعْوَتَكَ وَ  
تَتَّبِعُ الرُّسُلَ أَوَلَمْ تَكُونُوا أَقْسَمْتُمْ  
مِّنْ قَبْلِ مَا لَكُم مِّنْ رُّوَالٍ ﴿٤٤﴾

وَسَكَنتُمْ فِي مَسْكِينَ الَّذِينَ ظَلَمُوا  
أَنفُسَهُمْ وَتَبَيَّنَ لَكُمْ كَيْفَ فَعَلْنَا بِهِمْ  
وَضَرَبْنَا لَكُمْ الْآمَالَ ﴿٤٥﴾

وَقَدْ مَكَرُوا مَكْرَهُمْ وَعِنْدَ اللَّهِ مَكْرُهُمْ  
وَإِنْ كَانَ مَكْرُهُمْ لِتَزُولَ مِنْهُ الْجِبَالُ ﴿٤٦﴾

فَلَا تَحْسَبَنَّ اللَّهَ مُخْلِيفًا وَعْدَهُ رُسُلُهُ  
إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ ذُو انتِقَامٍ ﴿٤٧﴾

43. Amaaso gaabwe galiba tegatemya olw'ebitiiso by'olunaku olwo, era nga n'emyoyo gyabwe tegirina kye girowooza ku lw'ebitiiso ebiriba mu lunaku olwo.

46. Katonda yectoolodde enkwe z'abakafiiri kale wadde ka zibe za maanyi ddala agasobola

48. (Mujjukire) olunaku lw'erikyusibwa ensi (n'eba) nga si y'ensi n'eggulu ne beeyoleka eri Katonda Omu mu Bwakatonda Bwe, Omukasi (akaka ebitionde n'okubitta);
49. N'olaba aboonoonyi mu lunaku olwo nga baggattiddwa ku mpingu.
50. Engoye zaabwe nga za kkoolaasi omusaanuuse, era galibikkwa amaaso gaabwe omuliro;
51. Katonda alyoke asasule buli mwoyo ekyo kye gwakola. Mazima Katonda mwangu wa kubala.
52. Kuno kwe kutuusa obubaka eri abantu era (balyoke) batiisibwe nakwo, era balyoke bamanye nti mazima Ye, ye Katonda Ali Omu mu Bwakatonda Bwe, era (balyoke) bajjukire abalina amagezi.

يَوْمَ تَبَدَّلَ الْأَرْضُ غَيْرَ الْأَرْضِ وَ  
السَّمَوَاتُ وَبَرَزُوا لِلَّهِ الْوَاحِدِ الْقَهَّارِ ﴿٤٨﴾

وَتَرَى الْمَجْرِمِينَ يَوْمَئِذٍ مُّقْرَّنِينَ  
فِي الْأَصْفَادِ ﴿٤٩﴾

سَرَابِيلَهُمْ مِنْ طَعْنَانٍ وَعُغْشَىٰ جُوهَرِهِمْ  
النَّارُ ﴿٥٠﴾

لِيَجْزِيَ اللَّهُ كُلَّ نَفْسٍ مَا كَسَبَتْ إِنَّ  
اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٥١﴾

هَذَا بَلَاغٌ لِلنَّاسِ لِيُنذِرُوا بِهِ وَيَعْلَمُوا أَنَّمَا  
هُوَ اللَّهُ وَاحِدٌ وَلَيْدٌ كَرِيمٌ ﴿٥٢﴾

n'okuyuusa ensozi ne ziva mu bifo byazo; Ye Katonda azifuluggaza.

48. Ku Lunaku Lw'ekiyaaama abantu lwe balizuukira okuva mu ntaana zaabwe, ensi erifuulibwa eteri nsi eno gye tumanyi, bwe kityo n'eggulu lirifuulibwa ne liva ku ngeri yaalyo eya bulijjo.

52. Abalina obutegeevu bategeera nga bwe watali Katonda atekwa kuzinibwa wabula Oyo yekka Omutonzi (Allah); era y'agasa era y'aleeta akabi, era ye muteesi w'amateeka n'eryo ly'ekkuubo ly'eeddiini y'Obusiraamu.


## EBIFA KU SSUULA AL-HIJRI MU BUFUNZE (15)

Essuula Al-Hijri y'emu kw'ezo ezakkira e Makka. Ennyonyola ekigendererwa ekikwata ku Nzikiriza y'Eddiini y'Obusiraamu, eky'okwawula Katonda mu Bwakatonda Bwe, Obwannabbi, teekako Okuzuukira n'Okusasulwa. Era erimu okutiisa n'okulabula abo abaagaana okukkiriza obubaka bwa Nabbi ne bateekako n'okumujeeja; ne mubaamu okugumya n'okuwagira Nabbi Ow'ekitiibwa aleme kwennyamira olw'ebyo eby'efujjo ebyamukolwanga n'okumwogerwako abatakkiriza.

Essula esinze kussa essira ku babuze abo abalimbisa ababaka ab'emirembe gyonna: kyevudde etandika n'ekigambo ekitiisa abatakkiriza, ekigamba nti: "Kyaddaaki abatakkiriza balyegomba nti singa baali Abasiraamu. Baleke balye, banywe omululu bagayaze kyaddaaki balimanya." Katonda ategeeza nga bw'anaakuuma Obubaka Bwe n'okubiwanguza wadde nga bo abatakkiriza babuwakanya. Obubonero obwewuunyisa obulaga obuyinza n'Okubaawo kwa Katonda, obwo bwe yateeka mu nsi, ng'eggulu, ensi, empewo ezireeta enkuba, Obulamu, okufa n'Okuzuukira n'okukunngaanyizibwa ku Nkomerero, ebiraga olwatu obugulumivu bwa Katonda, Obuyinza Bwe n'Obwomu Bwe mu Bwakatonda Bwe, binnyonyolwa. Ekyafaayo ky'okutondebwa kw'Omuntu (Adamu) kyogerwako n'ebyo ebyaliwo wakati we n'omulabe we Ibliisa (Sitaane). Ekyyo ne kiraga nga obwonoonyi bwe busibuka mu kwekuluntaza n'okwesukulumya, nga Katonda bwe yalagira bamalaika nga ne Ibliisa mw'ali bavunnamire Adamu, bamalaika ne bavunnama wabula ye Sitaane n'agaana olw'okwemanya nga ye bwe yatondebwa mu muliro ate ye Adamu n'atondebwa mu ttaka.

Okwo Essula ezzaako okunnyonyola engeri Bannabbi gye baakoowoolamu abantu okweyunira Amazima n'engeri abakafiri mu bantu b'ebibiina bye baatumwangamu gye baabayisanga. Tewali Nabbi yenna Katonda gwe yatumanga wabula abonoonefu b'omulembe gwe baamunyoomanga okuviira ddala ku Nabbi Nuuhu eyasooka okutuusa ku Muhammadi eyakomererawo (okusaasira n'emirembe bibe ku ye ne ku Bannabbi bonna). Okunyumya kw'ebyafaayo bya Bannabbi kugendererwa kugumye omutima gwa Nabbi Muhammadi aleme kuggwaamu ssuubi nti okutaasa n'okudduukirira kwa Katonda ssi bya kumutuukako.

Essuula ewunzika nga etegeeza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ekyengera ekinene Katonda kye yamussiza — Ekitabo Ekitukuvu Kuraane, ekyakomekkereza obubaka bwa Bannabbi bonna. Teribaayo bubaka bwonna obulikka oluvannyuma lw'obwo obwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.).



## ESSUULA AL-HIJRI (15)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya 99

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. ALIIF LAAM RAA. Bino bitundu bya Kitabo — Kuraane enneyolefu.

2. Kyaddaaki abo abaakaafuwala balye-gomba nti singa baali Basiraamu.

3. Baleke balye beeyagale omululu gu-balabankanye. Kyaddaaki balimanya!

4. Tetwazikiriza kyalo kyonna wabula nga kirina ebbanga erimanyiddwa.

5. Terikulembere kibiina ebbanga lya-kyo (ery'okuzikirira) era tebalindiri-zibwa (bwe liba liweddeko).

6. Ne bagamba (Nabbi abo abakafiiri): Owange ggwe akkiddwako Ekijju-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَنْزَلَ عَلَيْكَ الْقُرْآنَ مُبِينًا ①

رَبِّمَا يُوَدُّ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْ

كَانُوا مُسْلِمِينَ ②

ذَرَّهُمْ يَأْكُلُوا وَيَمْتَعُوا وَيُلْهِمُهُمُ

الْأَمَلُ سُوءَ يَعْمُونُ ③

وَمَا أَهْلَكَ نَارَ مَنْ قَرِيَّةٍ إِلَّا وَلَهَا

كِتَابٌ مَعْلُومٌ ④

مَا تَسْبِقُ مِنْ أُمَّةٍ أَجْلَهَا وَمَا

يَسْتَأْخِرُونَ ⑤

وَقَالُوا يَا أَيُّهَا الَّذِي نُزِّلَ عَلَيْهِ الذِّكْرُ

1. ALIF LAAM RAA — Zino ennyukuta Katonda ze yatandisa nazo essuula ezimu. Ye y'amanvi kye yagenderera nazo.

2. Abo abagaana okukkiriza bwe baliba balabye ebitiiso by'Olunaku Lw'enkomerero, balye-gomba nti singa bakkiriza ne bayingira mu ddiini y'Obusiraamu, ate nga okwagala kwabwe okwo tekukyabagasa. Ekyo kya kuba kityo kubanga ekiseera kye balina okukkirizaamu kiriba kyayita dda.

3. Baleke mw'ebyo bye balimu mu kweyagala kw'ensi nga n'obulamu bwabwe bwe busemberera okuggwaawo nga tebannafaayo kukolerera Bulamu bwa Luvannyuma. Mu bwangu ba kumanya enkomerero eriva mu bulagajjavu bwabwe, ate nga okumanya okwo kuliba tekukyabagasa.

4-5. Buli kyalo kyonna Katonda kye yazikiriza kyazikirizibwanga luvannyuma lwa kuggwaako ekiseera kyakyo Katonda kye yakigerera nga akikakasa mu biwandiiko.

Era bantu b'ekibiina kyonna tebayinza kuzikirira nga ekiseera kyabwe ekyo kcyabalaalikibwa tekinnatuuka wadde tebayinza kukeerewa ku kyo singa kiba kimaze okutuuka.

6. Baamuyita omululu olw'okubagamba baleke okusinza ebyo bakitaabwe bye baasinzanga



- kiza (Kuraane), mazima ddala ggwe oli mulalu. إِنَّكَ لَمَجْنُونٌ ﴿٦﴾
7. Singa abaffe otuleetedde bamalayika (nc bakujulira nga bw'oli Nabbi) bw'oba nga oli mu boogera amazima? لَوْ مَا تَأْتِينَا بِالْمَلِكَةِ إِنْ كُنْتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٧﴾
8. (Katonda n'agamba nti): Tetussa bamalayika wabula na mazima, era singa kiba bwe kityo tebandibadde balindirizibwa (abatakkiriza). مَا نُنزِلُ الْمَلِكَةَ إِلَّا بِالْحَقِّ وَمَا كَانُوا إِذًا مُنظَرِينَ ﴿٨﴾
9. Mazima Ffe twassa (Kuraane) era ddala mazima Ffe tujja okugikuuma. إِنَّا نَحْنُ نُنزِلُ الذِّكْرَ وَإِنَّا لَهُ لَحَافِظُونَ ﴿٩﴾
10. Mazima Twatumanga oluberyeberyero lwo (ababaka) mu bibiina (by'abantu) ebyasooka; وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ فِي شِعْبِ الْأَوَّلِينَ ﴿١٠﴾
11. Teyabajjiranga omubaka yenna wabula baalinga bamujeeja. وَمَا يَأْتِيهِمْ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِئُونَ ﴿١١﴾
12. Bwe kityo bwe tukiyingiza mu mitima gy'abonoonyi (ab'omu kibiina kyo), كَذَلِكَ نَسُكُّهُ فِي قُلُوبِ الْمُجْرِمِينَ ﴿١٢﴾
13. Tebakkiriza mu bwo (obubaka), (sso nga) mazima lyayita dda etteeka ku baasooka (ery'okuzikiriza abalyazaamaanyi). لَا يُؤْمِنُونَ بِهِ وَقَدْ خَلَتْ سُنَّةُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٣﴾
14. Ne bwe twalibagguliddewo omulyango mu ggulu (abo abakafiiri), ne babeera nga balinnyira mu gwo (n'okukka olubeerera). وَلَوْ فَتَحْنَا عَلَيْهِمْ بَابًا مِنَ السَّمَاءِ فَظَلُّوا فِيهِ يَعْرُجُونَ ﴿١٤﴾

8. Katonda tassa bamalayika okuggyako na bibonerezo eri abo abawakanya, era abo abawakanya bannabbi bandizikirizibwanga mbagirawo singa Katonda akola ekyo kye basaba mu bwangu.

9. Aya cno etegeza nga abo abakafiiri ekirungi kyabwe kwe kiri eky'okukkiriza Kuraane kubanga Katonda Ye ye yagissa. Era Ye ye w'okugikuuma si ya kuvaawo, era tegenda kukyusibwa-kyusibwa etabulwemu ebitali bituufu. Yo erungama abantu okubatwala eri Amazima kulw'okulabirira n'okukuuma kwa Katonda. N'olw'ekyo, Katonda tayinza kussa bamalayika ba kubazikiriza. Ky'abaagaliza bwe bulungi. Y'ensonga lwaki yassa Ekitabo Kuraane ekitagwaawo era ekitalidiba ebbanga lyonna.

15. Bandigambye nti: Mazima gazibiddwa amaaso gaffe, wabula ffe tuli ekibiina ekirogeddwa.

قَالُوا إِنَّمَا سَكَّرَتْ أَبْصَارَنَا بَلْ  
لَحْنٌ مِّنْ تَوْمٍ مَّسْجُورُونَ ﴿١٥﴾

16. Era mazima twateeka mu ggulu emmunyee nye ennene, ne tulinyiririza abatunuulizi,

وَلَقَدْ جَعَلْنَا فِي السَّمَاءِ بُرُوجًا وَزَيَّنَّاهَا  
لِلنَّظِيرِينَ ﴿١٦﴾

17. Ne tulikuuma ku buli Sitaane eyagobebwa (ku kusaasira kwa Katonda):

وَحَفِظْنَاَهَا مِنْ كُلِّ شَيْطَانٍ رَّجِيءٍ ﴿١٧﴾

18. Wabula oyo (Sitaane) abbirira okuwuliriza, kimugoberera ekitawuliro ekyeyolefu.

إِلَّا مَنِ اسْتَرَقَ السَّمْعَ فَاتَّبَعَهُ  
شَهَابٌ مُّبِينٌ ﴿١٨﴾

19. N'ensi twagyanjuluza ne tussa mu yo ensozi ennyewevu, ne tumeza mu yo mu buli kintu ekigere.

وَالْأَرْضَ مَدَدْنَاهَا وَأَلْقَيْنَا فِيهَا  
رَوَاسِيَ وَأَنْبَتْنَا فِيهَا مِنْ كُلِّ شَيْءٍ  
مَّوْزُونٍ ﴿١٩﴾

20. Ne tubassizza mu yo ebyokulya (bi-beezeewo obulamu bwammwe wamu) n'ebyo bye mutalisa.

وَجَعَلْنَا لِكُلِّ فِرْعَانٍ مَّعَاشٍ وَمَنْ أَسْمَتْ  
لَهُ بَنَاتٌ فَهُنَّ ﴿٢٠﴾

21. Tewali kintu kyonna kyonna wabula nga amawanika gaakyo gali we Tuli, era tetukissa wabula na kigero ekimanyiddwa. (Buli ekiri ku nsi Katonda y'akirinako obuyinza).

وَلَنْ مِّنْ شَيْءٍ إِلَّا عِنْدَنَا خِزْيَةٌ  
وَمَا نُنزِّلُهَا إِلَّا بِقَدَرٍ مَّعْلُومٍ ﴿٢١﴾

22. Ne tusindika empewo ezijjudde amazzi (agakola ebire by'enkuba), ne tussa okuva mu ggulu amazzi (g'enkuba), ne tugabanywekereza (wamu n'ebi-

وَأَرْسَلْنَا الرِّيحَ لَوَاقِحَ فَاذْرَأْنَا مِنْ  
السَّمَاءِ مَاءً فَاسْقَيْنَاكُم مَّاءً وَمَا أَنْتُمْ

15. Ku lw'obusukkirivu bw'obukafiiri bwabwe. Katonda singa yabalaga ekyamagero n'abalinnyisa mu ggulu, era tebandikkiriza wabula bandyewatirizza ne bagamba nga bo bwe bazibyc amaaso oba sinakindi nti balogeddwa.

20. Katonda yagabira abantu ebyengerer mu nsi ebya buli ngeri. Mulimu ebyo ebiriibwa n'ebyo ebitariibwa kyokka nga abantu babifuga sso nga si be babirisa — gamba nga ebisolo n'abaweeceza ababaweeceza.

22. Katonda y'akuuma amazzi ago waggulu, sso si bantu; bw'agatonnyesaamu enkuba ne gasobola okunywekereza ettaka mu kigero ekimala.

- tonde ebirala). Temuli mmwe bawanika baago.
23. Era mazima Ffe tuwa obulamu era ne tutta, era Ffe ab'okusigalawo (oluvannyuma lw'ebitonde okuggwaawo).
24. Era mazima twamanya abalisooka mu mmwe era ddala ne tumanya n'ab'oluvannyuma.
25. Mazima Mukama wo y'Alibakunngaanya. Ddala Ye Mukakasa, Mumanayi.
26. Era mazima twatonda omuntu (Adamu), mu bbumba eggumu (ekkaze, oluvannyuma lw'okubeera) ebbumba ettabule;
27. N'amageege (amajinni) twagatonda oluberyeberye (lw'omuntu) mu muliro ogutalina mukka (ogusensera mu butuli bw'obwooya).
28. Era (jjukira), mu kiseera Mukama wo bwe yagamba bamalayika, nti: Mazima Nze Nja kutonda omuntu mu bbumba eggumu (ekkaze okuva) mu bbumba ettabule.
29. Kale bwe naaba nga mmwenkanyankanyizza ne mmufuuwamu omwoyo Gwange, mugwe (wansi mwenna) nga mumuvunnamira.
30. Kale Bamalyika bonna ne bavunnama;
31. Wabula Ibliisa, yagaana okuba awamu n'abavunnama.
32. (Katonda) n'amugamba: Owange Ibliisa olina ki, (ekikugaanye) okubecra awamu n'abavunnamye?
- لَهُ بِحَازِينَ ﴿٣٢﴾  
 وَإِنَّا لَنَعْلَمُ مِمَّنْ وَنَحْنُ الْوَارِثُونَ ﴿٣٣﴾  
 وَلَقَدْ عَلِمْنَا الْمُسْتَقْدِمِينَ مِنْكُمْ  
 وَلَقَدْ عَلِمْنَا الْمُسْتَأْخِرِينَ ﴿٣٤﴾  
 وَإِنَّ رَبَّكَ هُوَ يَخْشُرُهُمْ رَبُّنَا أَنَّهُ حَكِيمٌ  
 عَلِيمٌ ﴿٣٥﴾  
 وَلَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ مِنْ صَلْصَالٍ  
 مِنْ حَمِإٍ مَسْنُونٍ ﴿٣٦﴾  
 وَالْجِبَانَ خَلَقْنَاهُ مِنْ قَبْلُ مِنْ تَارِ  
 التَّمُورِ ﴿٣٧﴾  
 وَإِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلِكَةِ إِنِّي خَالِقٌ  
 بَشَرًا مِّنْ صَلْصَالٍ مِّنْ حَمِإٍ مَسْنُونٍ ﴿٣٨﴾  
 فَأُذِ السَّوِيَّةَ وَنَفَخْتُ فِيهِ مِنْ رُّوحِي  
 فَفَعَّوْا لَهُ يُسْجِدُونَ ﴿٣٩﴾  
 فَسَجَدَ الْمَلَكَةُ كُلُّهُمْ أَسْجُدُونَ ﴿٤٠﴾  
 إِلَّا إِبْلِيسَ أَبَى أَنْ يَكُونَ مَعَ  
 السَّجِدِينَ ﴿٤١﴾  
 قَالَ يَا إِبْلِيسُ مَا لَكَ أَلَّا تَكُونَ مَعَ  
 السَّجِدِينَ ﴿٤٢﴾

33. N'agamba nti: Sibadde wa kuvunnamira muntu ggwe watonda mu bbumba eggumu (ekaze okuva) mu bbumba ettabule.
34. (Katonda) n'amugamba nti: Liveemu lyo (eggulu), mazima ggwe oli mugobe (akolimiddwa).
35. Era mazima olina ekikolimo okutuusiza ddala ku Lunaku Lw'okususulwa (Olw'enkomerero).
36. (Ibliisi) n'agamba nti: Mukama wange! Nnindiriza okutuusa ku lunaku lwe balizukira.
37. (Katonda) n'agamba nti: Kale, mazima ggwe oli wa mu balindirizibwa,
38. Okutuusa olunaku olw'ekiseera eki-manyiddwa.
39. (Sitaane) n'agamba nti: Mukama wange nga bw'ombuzizza, nja kubanyiririza mu nsi (ebibi, mbibaagazise okubikola), era bonna nja kubabuliza ddala,
40. Wabula (abo) mu baddu Bo abatu-kuzi emyoyo gyabwe ku lulwo.
41. (Katonda) n'agamba nti: Eryo ekkubo (eribatuusa) ku Nze ggolokofu.
42. Mazima abaddu Bange (abakkiriza) tobalinaako buyinza, wabula oyo anaakugoberera ow'omu babuze.
43. Na mazima omuliro (Jahannama) y'endagaano yaabwe bonna!

قَالَ لِمَ كُنْ لَا تَسْجُدُ لِمَنْ خَلَقْتَهُ مِنْ  
صَلْصَالٍ مِنْ حَمِيمٍ مُسْتَوِينِ ﴿٣٣﴾

قَالَ فَأَخْرَجْنَا مِنْهَا آفَافًا رَجِيمًا ﴿٣٤﴾

وَأَنَّ عَلَيْكَ الْعُقْبَةَ إِلَى يَوْمِ الدِّينِ ﴿٣٥﴾

قَالَ رَبِّ فَأَنْظِرْنِي إِلَى يَسْرِ  
يُبْعَثُونَ ﴿٣٦﴾

قَالَ فَإِنَّكَ مِنَ الْمُنْظَرِينَ ﴿٣٧﴾

إِلَى يَوْمِ الْوَعْدِ الْمَعْلُومِ ﴿٣٨﴾

قَالَ رَبِّ بِمَا أَغْوَيْتَنِي لَأُزَيِّنَنَّ لَهُمْ  
فِي الْأَرْضِ وَلَا أَغْوِيَهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٣٩﴾

إِلَّا عِبَادَكَ مِنْهُمُ الْمُخْلَصِينَ ﴿٤٠﴾

قَالَ هَذَا صِرَاطٌ عَلَيَّ مُسْتَقِيمٌ ﴿٤١﴾

إِنَّ عِبَادِي لَيْسَ لَكَ عَلَيْهِمْ سُلْطَانٌ  
إِلَّا مَنْ اتَّبَعَكَ مِنَ الْغَاوِينَ ﴿٤٢﴾

وَأَنَّ كَهَمَهُمْ لَمَوْعُدُهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٤٣﴾

43. Eri Katonda y'eri obuddo bw'ebitonde byonna.

Abo abaligoberera Ibliisa (Sitaane) endagaano Katonda gye yabalagaanyisa kwe kubayingiza omuliro.

44. Gulina emiryango musanvu, buli mu-lyango gulina mu bo ekitundu kyagugererwa.
45. Mazima abatya Katonda ba kuba mu Malimiro (Ejjana) n'ensulo nga zikulukutiramu.
46. (Baligambibwa nti): Mugayingire n'okulamusa nga muli Mirembe.
47. Ne tubaggyamu ebyo byonna ebyali mu bifuba byabwe mu bukuyayi. (Ne baba) ab'oluganda (abaagalana), nga bali ku bitanda nga boolekaganye, (bawumudde eno bwe banyumya).
48. Ennaku teribatuukako nga bali mu yo (Ejjana), era ssi ba kuggyibwamu mu yo.
49. Tegeeza (Ggwe Muhammadi) abaddu Bange (nti): Mazima Nze Musonyiyi, Omusaaenzi;
50. Era mazima ebibonyobonyo Byange byo bye bibonyobonyo ebiruma ennyo.
51. Era bategeeze ku bagenyi ba (Nabbi) Ibrahiimu.
52. Mu kiseera bwe baayingira w'ali ne bagamba nti: Mirembe! N'abagamba nti: Mazima ffe tubatidde!

لَهَا سَبْعَةُ أَبْوَابٍ لِكُلِّ بَابٍ مِنْهُمْ  
جُزْءٌ مَقْسُومٌ ﴿٣٨﴾

إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَعُيُونٍ ﴿٣٩﴾

أَدْخُلُوهَا بِسَلَامٍ آمِنِينَ ﴿٤٠﴾

وَنَزَعْنَا مَا فِي صُدُورِهِمْ مِنْ غِلٍّ  
إِخْوَانًا عَلَى سُرُرٍ مُتَقَابِلِينَ ﴿٤١﴾

لَدَمْسِهِمْ فِيهَا نِصَبٌ وَمَا هُمْ مِنْهَا  
بِمُخْرَجِينَ ﴿٤٢﴾

نَبِيِّ عِبَادِي أَنِّي أَنَا الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿٤٣﴾

وَأَنَّ عَذَابِي هُوَ الْعَذَابُ أَلَدُّ لَكُمْ ﴿٤٤﴾

وَكَيْفَ تُمْرُونَ عَنْ ضَيْفِ إِبْرَاهِيمَ ﴿٤٥﴾

إِذْ دَخَلُوا عَلَيْهِ فَقَالُوا سَلَامًا قَالَ  
إِنَّا مِنْكُمْ وَجَلُونَ ﴿٤٦﴾

44. Abajeemu nga bwe balinamu emitindo emyawukamu, buli mutindo gulina omulyango gwagwo omwawufu. *Ai Katonda tusaasire oleme kutuyingiza eri omuliro ogwo.*

46. Baligambibwa boogere ekigambo eky'okulamusa — *Assalaamu* — balyoke bayingire mu Jjana nga bali mirembe owatali kutya kintu kyonna.

51. Abagenyi abo be bamalaika ababiri abajja okumutegeeza nga bw'ajja okufuna omwana Ishaka n'omuzzukulu Yakubu. Era *baamutegeeza* nga bwe baali batumiddwa okuzikiriza ekibiina kya Nabbi Luutu — abantu ba Sodoma ne Gomorrah.

53. Ne bagamba nti: Totya! Mazima ffe tukubuulira amawulire ag'essanyu (ag'okuzaala omwana) omulenzi, omumanyi.
54. N'agamba nti: Muntegeezezza amawulire ag'essanyu (ag'okuzaala omwana) awamu (nga bumaze) n'okuntuukako obukadde? Kale, kya ssanyu ki ekyo kye muntegeeza?
55. Ne bagamba nti: Tukutegeezezza amawulire amalungi mu mazima. N'olwekyo tobecera mu bakutuka n'okusuubira (okusaasira kwa Katonda)!
56. N'agamba nti: Ani akutuka n'okusuubira okusaasira kwa Mukama we, wabula (mpozzi abo) ababuze?
57. (Ibrahiimu) n'abagamba nti: Ate mugamba ki (ekirala), Abange ababaka?
58. Ne bagamba nti: Mazima ffe tutumiddwa eri ekibiina ky'abonoonyi (tubazikirize),
59. (Bonna) okuggyako abantu ba (Nabbi) Luutu. Mazima ffe tuli ba kubawonya bonna,
60. Okuggyako mukazi we. Twamugerera (okuba) mazima ye ow'omu banaasigala (mu bibonerezo).
61. Ababaka bwe baamala okujjira abantu ba (Nabbi) Luutu,

قَالُوا لَا تَوْجَلْ إِنَّ نَبِيَّكُمْ بِغَلِيظٍ عَلِيمٍ ﴿٥٣﴾

قَالَ ابْنُ مَرْثُودٍ عَلَىٰ أَنْ يَمْسُقَ الْكَبِيرُ فِيهِمْ تَبَشُّرُونَ ﴿٥٤﴾

قَالُوا ابْتِرْنَاكَ بِالصَّحْحِ فَلَا تَكُن مِّنَ الْقَارِظِينَ ﴿٥٥﴾

قَالَ وَمَنْ يَقْطَعُ مِنَ الرَّحْمَةِ رَبِّهِ إِلَّا الظَّالِمُونَ ﴿٥٦﴾

قَالَ فَمَا خَطْبُكُمْ أَيُّهَا الْمُرْسَلُونَ ﴿٥٧﴾

قَالُوا إِنَّا آُرْسِلْنَا إِلَىٰ قَوْمٍ مُّجْرِمِينَ ﴿٥٨﴾

إِنَّا آلُ لُوطٍ وَإِنَّا لَمِنْ جُرُومٍ أُمَّمَعِينَ ﴿٥٩﴾

إِنَّا امْرَأَتُهُ قَدَرْنَا يَا آلِهَآءَ السَّمٰوٰتِ الْغَوِيَّاتِ ﴿٦٠﴾

فَلَمَّا جَاءَ آلَ لُوطٍ مِنَ الْمُرْسَلُونَ ﴿٦١﴾

53. Ekyo eky'okubatya yakibagamba oluvannyuma lw'okubalectera obugenyi ne bagaana okulya, kubanga bamalayika tebalya.

57. Okutya bwe kwagga mu Ibrahiimu n'atandika okubabuza ensongaendala ebaleese.

59. 'Tutumiddwa okuzikiriza abonoonyi ab'ekibiina kya Nabbi Luutu okuggyako abo ab'omu nnyumba ye n'abo abamugoberera — bo tujja kubawonya.'

62. (Luutu) n'abagamba nti: Mazima mmwe muli kibiina ky'abatamanyiddwa (mu kitundu kino). قَالَ إِنَّكُمْ قَوْمٌ مُّثْكَرُونَ ﴿٦٢﴾
63. (Bamalayika) ne bagamba nti: Wabula tukujjidde, n'ekyo kye baali babuusabusaamu (eky'okubazikiriza). قَالُوا بَلْ جِئْنَاكَ بِسَاكِنِ الْأَرْضِ  
يَمْتَرُونَ ﴿٦٣﴾
64. Era tukujjidde n'Amazima, ddala ffe tuli ba mazima. وَأَتَيْنَكَ بِالْحَيِّحِ وَإِنَّا لَصِدْقُونَ ﴿٦٤﴾
65. Tambula n'abantu bo mu kitundu ky'ekiro, ogoberere emabega waabwe (baveeko mabega). Era takyuka mu mmwe omuntu n'omu (wabula) mugende awo we mulagiddwa. فَأَسْرِبْ أَيُّهَا الْبَقْرَةَ مِنَ الْبَيْتِ وَاتَّبِعْ  
أَدْبَارَهُمْ وَلَا يَلْتَفِتْ مِنْكُمْ أَحَدٌ  
وَأَمْضُوا حَيْثُ تُؤْمَرُونَ ﴿٦٥﴾
66. Ne tutumira gy'ali (Nabbi Luutu) ekigambo ekyo, nti mazima ekibiina ky'abo (abonoonyi) kya kukutulwa mu matulutulu. وَقَضَيْنَا إِلَيْهِ ذَلِكَ الْأَمْرَ أَنَّ دَابِرَ  
هَؤُلَاءِ مَقْطُوعٌ مُّصْبِحِينَ ﴿٦٦﴾
67. Abantu b'omu kibuga ne bajja (ewa Luutu) nga basanyuka (olw'okuwulira abagenyi abavubuka). وَجَاءَ أَهْلَ الْمَدِينَةِ يَسْتَبْشِرُونَ ﴿٦٧﴾
68. (Luutu) n'abagamba nti: Mazima bano bagenyi bange, temumpemula: قَالَ إِنَّ هَؤُلَاءِ ضَيْغِي فَلَا تَقْضُوا عَلَيَّ
69. Mutye Katonda, temunswaza. وَاتَّقُوا اللَّهَ وَلَا تُخْزُونِ ﴿٦٨﴾
70. Ne bamugamba nti: Tetwakugaana (okukyaza) abantu? قَالُوا أَوْلَمْ نُنْهَكَ عَنِ الْعَالَمِينَ ﴿٦٩﴾
71. N'abagamba nti: Bano (abakazi bonna balinga) bawala bange, (be muba muwasa) bwe muba ab'okukikola. قَالَ هَؤُلَاءِ بَنِي إِنْ كُنْتُمْ فُجِعْتُمْ

62. Bamalayika nga batuuse eri Luutu n'abamugoberera, Luutu yabategeza nga bwe batabamanyi. Era nti batya bandiyinza okubakola akabi olw'ensonga okuba nti tebaamanya nsonga ebaleese wadde n'okumanya wa gye baali bava.

63. Ekigendererwa kya Bamalayika kyali kya kuzikiriza abonoonyi mu bantu ba Luutu, n'ebibonerezo ebikakali ennyo ddala. Ekyo eky'okubazikiriza baali bakibuuusabusa obutuufu bwakyo Luutu bwe yabatisanga nakyo.

66. Abonoonyi baali ba kusaanyizibwawo mu matulutulu bazikirire.

71. Musobyek ku bakyalabwaga Katonda be yatondera abasajja okumalirangako obwagazi



72. Ndayidde obulamu bwo (Ggwe Nabbi Muhammadi) mazima bo bali mu kutamiira kwabwe babulubuuta.

لَعْنَةُ اللَّهِ عَلَىٰ سَكْرَتِهِمْ لَعْنَةُ اللَّهِ عَلَىٰ سَكْرَتِهِمْ

73. Ne kubatuukako okuboggola (n'oku-kankanyizibwa okwa musisi ow'a-maanyi) mu matulutulu nga batuuse mu kiseera ky'enjuba okuvaayo;

فَاخَذَ اللَّهُ الصَّيْحَةَ مَشْرِقِينَ ﴿٤٧﴾

74. Ne tufuula ensi ebadde waggulu waayo (ne tugivuunika) ne tubatonyesako (enkuba eya) amayinja ag'omu bbumba eryokye.

جَعَلْنَا أَعْلَاهَا سَافِلَهَا وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ حِجَارَةً مِن سَبْحِيلٍ ﴿٤٨﴾

75. Mazima mw'ekyo mulimu Obubonero obw'okulabirako eri abo abetege-reza (ne bageezaako).

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّمُؤْمِنِينَ ﴿٤٩﴾

76. Ddala mazima byo (ebibuga bye twazikiriza) biri ku kkubo eggolokofu.

وَإِنَّهَا لَلسَّبِيلِ مَقْبُورٍ ﴿٥٠﴾

77. Mazima muli mw'ekyo akabonero eri Abakkiriza!

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّمُؤْمِنِينَ ﴿٥١﴾

78. Na mazima abaali Bannannyini (Nsi Ey'ebibira) Al-Aikati (nabo) baali balyazaamaanyi;

وَإِنْ كَانَ أَصْحَابُ الْأَيْكَةِ لَظَالِمِينَ ﴿٥٢﴾

79. Kale ne tubazikiriza bo; mazima byo mbiriri ku bo byeolefu.

فَاتَّقِنَا وَنَحْنُ مُؤْمِنُونَ ﴿٥٣﴾

bwabwe, sso si kusobya ku basajja. Amakulu nti mwagale abakyalala oluvannyuma lw'okubawasa. Sso temukola bya buwemu bwe mubeera nga mwagala okumala obwagazi bwammwe. Abannyonyozi bategeza nti abakyalala okubayita bawala be lwa kuba nti buli Nabbi yenna aba atumiddwa abalibwa nga omuzadde eri abo b'aba atumiddwamu.

76. Ebibuga bya Sodomu ne Gomorrah ebyasaanyizibwawo obutasigaza na kabonero konna kalaga we byali, byali ku kkubo eddene eriva mu nsi ya Arabia okugenda mu Syria. Kale buli abayita we byali ne balaba amatongo basobola okumanya obubonero obwoleka nga okubonereza bwe kwali okukakali ku bantu b'ebibuga ebyo abaabilimu.

78. Abantu ba Al-Aikati nabo be bantu ba Madiyana – abantu ba Nabbi Swaibu. Madiyana ly'erinnya ly'ekibuga kyabwe ekikulu era ery'ensi yaabwe.

Okulyazaamaanyi kwabwe kwe kwali okugatta Katonda n'ebintu ebirala wamu n'ebibi ebirala bye baakolanga: nga okutemula abantu, okusala ku minzaane, n'okuteeganga abantu ku makubo babanyageko ebyabwe n'ebirala.

79. Ebibiina by'abantu ba Luutu ne Swaibu bya kulabirako eri omuntu yenna yenna.

80. Era mazima bannannyini (kitundu ekiyitibwa) Al-Hijiri baalimbisa ababaka (Baffe—Nabbi Swalihi);
81. Era twabaletera Obujulizi Bwaffe, naye ne babeera nga babwawukanako.
82. Baalinga bawookoola mu nsozi amayumba (mwe baasulanga) nga bali mirembe.
83. Ne kubakwata okuboggola (n'okukankanyizibwa kwa musisi ne kikumnguunta) nga batuusizza mu matulutulu,
84. Tebyabagasa ebyo bye baali bakola (emmaali n'ebyo ebirala byonna bye baali batuuma).
85. Tetwatonda ggulu na nsi, n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri, wabula na mazima. Mazima ekiseera eky'enkomerero kya kutuuka. (N'olwekyo) lekera (Ggwe Muhammadi) olulekera olulungi (oyo aba akusobezza).
86. Mazima Mukama wo ye Mutonzi era Ye Amanyi.
87. Mazima Ffe twakuwa (essuula eyo eya aya omusanvu — Al-Faatiha) eddinganwa mu kusoma ne Kuraane Ey'ekitiibwa.

وَلَقَدْ كَذَّبَ أَصْحَابُ الْحَجَرِ الْمُرْسَلِينَ ﴿٨٠﴾

وَأَتَيْنَهُمُ آيَاتِنَا فَكَانُوا عَنْهَا مُعْرِضِينَ ﴿٨١﴾

وَكَانُوا يُعْتَدُونَ مِنَ الْجِبَالِ مِهْمًا مَوْنِينَ ﴿٨٢﴾

فَأَخَذْتَهُمُ الصَّيْحَةَ مُصْبِحِينَ ﴿٨٣﴾

فَمَا أَغْنَىٰ عَنْهُمْ تَالُكَاؤُهُمْ يَكْسِبُونَ ﴿٨٤﴾

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا إِلَّا بِالْحَقِّ وَإِنَّ السَّاعَةَ لَآتِيَةٌ ﴿٨٥﴾  
فَأَصْفِرْ الصُّفْرَ أَجْمَلًا ﴿٨٥﴾

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ الْخَلْقُ الْعَلِيمُ ﴿٨٦﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَاكَ سَبْعًا مِنَ الْمَثَانِي وَالْقُرْآنَ الْعَظِيمَ ﴿٨٧﴾

80. Ne bannannyini Nsi Al-Hijiri be bantu ba Thamuudu — aba Nabbi Swalihi. Ne Hijiri lusenyi oluli wakati wa Madiina ne Shaamu. Ne kye bagambibwa nti baalimbisa ababaka, omunyonnyozi Al-Baizha-i yagamba nti omuntu bw'alimbisa omubaka omu abanga alimbisizza n'abalala bonna.

85. Katonda wano yalagira Nabbi (s.a.w.) asonyiwe. alekere abo abakafiiri aleme kubabonyabonya nga bo bwe bakoze. Ku nkomerero okusasulwa kwabwe kuli ku Katonda.

87. Nabbi Muhammadi yaweebwa Essuula Al-Faatiha (*Al-Hamudu*) eddinganwa okusombwa mu ssuala, erina aya omusanvu, era n'aweebwa ne Kuraane mu bujjuvu.

88. Tolalambazanga amaaso go (okutu-nuulira) eri ekyo kye tweyagaza nakyu abamu mu mitindo (gy'ebyokufuna kw'ensi), era tobanakuwaliranga (ennyo ne weerumya omwoyo wabula) kkakkanyizanga ebiwawaatiro byo ku bakkiriza (nga obeegondeza).

لَا تَمْدَنَّ عَيْنَيْكَ إِلَى مَا مَتَّعْنَا بِهِ  
أَزْوَاجًا وَهُمْ وَلَا تَحْزَنْ عَلَيْهِمْ وَ  
أَخْفِضْ جَنَاحَكَ لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿٨٨﴾

89. Gamba nti: Mazima nze (ndi) mutiisa omweyolelfu,

وَقُلْ إِنِّي أَنَا النَّذِيرُ الْمُبِينُ ﴿٨٩﴾

90. Nga bwe Twassa kw'abo abaagabanya (mu Kitabo kya Katonda),

كَمَا أَنْزَلْنَا عَلَى الْمُقْتَسِمِينَ ﴿٩٠﴾

91. Abo abafuula Kuraane ebitundutundu.

الَّذِينَ جَعَلُوا الْقُرْآنَ عِضِينَ ﴿٩١﴾

92. Ndayidde Mukama wo, Tugenda kubabuuliza ddala bonna (ku nkomerero),

فَوَرِّيكَ لِنَسْأَلَهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٩٢﴾

93. Kw'ebyo bye baalinga bakola.

عَمَّا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٩٣﴾

94. Kale yatukiriza (Ggwe Muhammadi) by'olagirwa, oyawukane kw'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala.

فَأَصْدَعْ بِمَا تُؤْمَرُ وَأَعْرِضْ عَنِ  
الْمُشْرِكِينَ ﴿٩٤﴾

95. Mazima Ffe Tukumalidde abo abajeeja,

إِنَّا كَفَيْنَاكَ الْمُسْتَهْزِئِينَ ﴿٩٥﴾

96. Abo abassa awamu ne Katonda bakatonda abalala. Kyaddaaki balimanya (ekiribaviiramu).

الَّذِينَ يَجْعَلُونَ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ  
فَسَوْفَ يَعْلَمُونَ ﴿٩٦﴾

88. Tonakuwala ggwe Muhammadi ku lw'abo abakulimbisa mu kumanya kwo, obuzibu obuli-batuukako bwa maanyi wabula ggwe baleke. Kyokka weegondeze abo abakukkiriza obayise nabo mu ngeri ennungi; okufaananako ng'enkoko bw'ebumbaatira abaana baayo n'ebiwawaatiro byayo.

89. Sirina kye nkweka mu kulabula kwange. Ntiisa abantu ebibonerezo bya Katonda bireme kubatuukako nga babadde bagezaako okunnimbisa.

91. Abakafiiri b'omu Makka, Kuraane baagifuula ebitundutundu bwe bakkirizaako ebimu mu bigambo byayo ate ne bawakanya ebirala.

93. Katonda wa kubabuuza abantu bonna ku buli kyonna kye baakolanga muno mu nsi ne bwe kiriba kitono kitya.

95. Katonda yategeeza Nabbi nga bwe yali amumalira mu kumukuuma, era yali azikirizza akabiina k'abo abaali bamujeeja mu bakafiiri. Baayitirizanga nnyo okunyooma Nabbi (s.a.w.) okugeza nga: Walidi Mutabani wa At-Mugiira ne Mutabani wa Adiyi Mutabani wa Kayisi, ne Al-Aswadi mutabani wa Yawuthi, — abo baazikirizibwa.

97. Mazima Ffe tumanyi nti ddala ggwe ekifuba kyokinyigibwa (kyennyamivu) ku lw'ebyo bye boogera (ne bye bakola nga bawakanya Eddiini).

وَلَقَدْ نَعْلَمُ أَنَّكَ يَضِيقُ صَدْرُكَ  
بِمَا يَقُولُونَ ﴿٩٧﴾

98. Wabula tenderezanga ebitendo bya Mukama wo, obeere mu bavunnama.

فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَكُنْ مِنَ  
السَّاجِدِينَ ﴿٩٨﴾

99. Era sinza Mukama wo okutuusa amazima lwe ganaakujjira (okufa).

وَاعْبُدْ رَبَّكَ حَتَّىٰ يَأْتِيَكَ الْيَقِينُ ﴿٩٩﴾

99. Nabbi nga bwe yali omuntu, teyasobolanga butanyiiga olw'ebyo bye yawuliranga nga biva mw'abo abaaumulimbisanga olw'okusinza ebyo cbitali Katonda. wamu n'okutyoboola amazima. katonda kyeyava amulagira abeerenga amutendereza era amusinza obutakoowa n'akatono okutuusa okufa lwe kulimutuukako.

*Ayi Katonda tukusaba otulunnigame mu kkubo eritutuusa gy'Oli.*

## EBIFA KU SSUULA AN-NAHALI MU BUFUNZE (16)

An-Nahali nayo y'emu ku Ssuula ezakkira e Makka mu kiseera ekyakomererayo nga Nabbi anaatera okusengukira e Madiina. Erina aya 128.


Ebiri mu Ssuula eno byogera ku bikulu bingi ebitali bimu ebikwata ku Bubaka bwa Katonda bwe yassa: gamba nga, mulimu okuvumirira okugatta ku Katonda ebintu ebirala mu Bwakatonda Bwe, mulimu okunyonnyola ebikulu ebifa ku Katonda, Oyo Ali Omu mu Bwakatonda Bwe, n'okulabula abo abakafiiri nga batiisibwa ebibonyobo-nyo ebikakali ebiribabonerezebwa olw'okuwakanya Obubaka ne batakkiriza.

Mu matandikwa gaayo, essuula etandikidde ku kigambo ekikwata ku Bubaka obwo abakafiiri b'omu Makka bwe baagezaako nga bwe basobola okulimbisa n'okufufuggaza newankubadde nga tebaasobola kigendererwa kyabwe. Balabulwa nga ekiseera eky'okubazikiriza bwe kibatuuseeko nga bakanyi ku bwonoonyi. Mazima baalimbisa okubaayo kw'Okuzuukira, ne basaba Nabbi entakera nti obanga kituufu ddala okuzuukira gye kuli, akubaleetere kati mbagirawo; era n'ebibonerezo ebyo by'agamba nti biribatuukako, abiragire bibajjire awatali kulindirizibwa. Ekyo baakikolanga olw'okunyoomerera ebiganbo bye n'okumugaya ye kennyini; n'olw'okubusabuusa Amazima g'Obwannabbi bwe. Balabulwa bakomye okusinza ebyo ebitali Katonda, olw'okubanga ebyo bye bibaziba amaaso ne bagaana okukkiriza Obubaka.

Ebyewuunyisa eby'enkukunala ebyatondebwa mu nsi ne mu ggulu byogerwako nga bwe bikakasa Obwomu bwa Katonda, n'Obuyinza Bwe. Olw'ekyo tasaanye kugattibwako bintu birala mbu nabyo bikakwirwa okusinziibwa. Ebibi ebiva mu butakkiriza Katonda n'obuteebaza byengera Bye binnyonnyolwa, era Katonda yeekesa omuntu akabi akalimutuukako era akalituuka ku buli yenna agaana okukkiriza Katonda Oyo Omu n'Ababaka Be, n'atakola ebyo ebyamulagirwa na kuleka ebyo ebyamugaanibwa, wabula n'adda mu kuwalaaza empaka: Abantu ab'ekika ekyo balibonerezebwa ebibonerezo ebikakali eby'omu muliro ku Nkomerero.

Abantu babuulirwa ebyo eby'obusaamu Obubaka bwa Nabbi bye bubakubiriza okwe-nyweza nabyo mu bikolwa n'enneeyisa mu bulamu bwabwe ku nsi kuno. Abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala basaanye bakomye ekolwa ekyo, wabula mu myoyo ne mu mitima gyabwe era ne mu bikolwa, badde ku kusinza Katonda Omu.

Essuula ewunzika nga eragira Nabbi (s.a.w.) akoowoole n'amagezi abantu okujja eri Katonda, era ababuulirre mu ngeri ennungi awamu n'obugumiikiriza, era asonyiwe ebizibu ebimutuusibwa.



## ESSUULA AN-NAHALI (16)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 16 ne Aya 128

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. Kisemberedde okutuuka Ekigambo kya Katonda, (kale) temukyanguyirizanga. Ayawulwa Katonda Eyagulumira okwawukana n'ebyo bye bamugattako.
2. Assa bamalayika n'obubaka ku lw'okulagira Kwe kw'oyo gw'ayagadde mu baddu Be (bannabbi), (nga bugamba) nti: Mutiise abantu nga mubategeza nti: Tewali Katonda (mulala) asinzibwa wabula Nze, kale muntye.
3. Yatonda eggulu n'ensi mu mazima. (Katonda) yagulumira okwawukana kw'ebyo bye bamugattako.
4. Yatonda omuntu mu mazzi agazaala, (naye) ogena okulaba nga ye ye mukaayanye omweyolefu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

أَتَىٰ أَمْرًا لِلَّهِ فَلَا تَسْتَعْجِلُوهُ سُبْحَانَهُ  
وَتَعَلَّىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ①

يُنزِّلُ الْمَلَائِكَةَ بِالرُّوحِ مِنْ أَمْرِهِ  
عَلَىٰ مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ أَنْ  
أُنذِرُوا أَنَّهُ لَآ إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاتَّقُونِ ②

خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ ۗ  
تَعَلَّىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ③

خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ نُطْفَةٍ فَإِذَا هُوَ  
خَوْبِرُهُمْ يَبِينُ ④

1. Aya eno yakka nga edda mu bakafiiri b'omu Makka abaagamba Nabbi nti oba waliyo Katonda Omu Omuyinza nga bw'otugamba lwaki tabonereza mbagirawo abo abonoonyi? Kale aya eno ctegeza abo abasaba okwanguyiriza ebibonerezo balekere awo kubanga byo ebibonerezo, sibewalika bya kubajira. Wabula Katonda yakozesa ekigambo nti "Kizze ekigambo kya Katonda" lwa kukakasa kutuuka kwabyo ebibonerezo ku Lunaku Lw'enkomerero kubanga buli ekiba nga kiteekwa okujja kibanga ekiriwo.

2. Mutye ebibonerezo Byange ebyo bye ndibonereza oyo ayawukana ku biragiro Byange, n'asinja ebirala ebitali Nze.

4. Awamu n'okuba nga Katonda yatonda omuntu mu kintu ekya wansi ennyo ekinyoomebwa. Ago ge mazzi agava mu musajja n'omukazi, okutuusa bwe yamulerera mu nnabaana w'omukazi okutuusa lw'azaalibwa. Naye olukula n'asajjakula, olwo n'atandika okuwakanya Katonda — sso nga alaba. Era awakanya nga Katonda bw'atalisobola kumuzuukiza oluvannyuma lw'okufa n'atajjukira okutonda kwa Katonda okwasooka; kubanga ayasobola okumutonda mu mazzi ate asobola okumuzzaawo oluvannyuma lw'okufa.

5. N'ebisolo ebirundibwa yabibatondera, (mulinamu) mu byo okwebugumya n'emigaso (emirala), era mulimu bye mulya;

وَالْأَنْعَامَ خَلَقَهَا لَكُمْ فِيهَا دِفْءٌ وَمَنَافِعُ وَمِنْهَا تَأْكُلُونَ ﴿٥﴾

6. Era mulinamu obulungi (obubasanyusa) mu kiseera nga muzikomyawo (akawungeezi) ne mu kiseera nga muzitwala (ku ttale kumakya).

وَلَكُمْ فِيهَا جَمَالٌ حِينَ تُرِيحُونَ وَحِينَ تَسْرَحُونَ ﴿٦﴾

7. Era (ensolo ezo) zeetikka emigugu gyammwe (okugituusa) eri ensi gye mutandisobodde kugituusa wabula ku lwa kufuna buzibu mmwe mwenniyini (ku lw'okwetikka). Mazima Mukama wammwe Mukwatampola, Musaasizi.

وَتَحْمِيلٌ أَنْقَالِكُمْ إِلَىٰ بَلَدِكُمْ تَكُونُونَ بِالْمَغْيِبِ وَالْأَبْشِقِ الْإِنْفُسِ إِنَّ رَبَّكُمْ لَرؤُوفٌ رَّحِيمٌ ﴿٧﴾

8. Era (yabatondera), enfalaasi, ennyumbu, n'endogoyi mulyoke muzirinye, n'okuba ekwokwenyiriza. Era atonda ebyo bye mutamanyi.

وَالْحَيْلِ وَالْإِنْعَالِ وَالْحَمِيرِ لَتَرْكَبُوهَا وَزِينَةً وَيَخْلُقُ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٨﴾

9. Era kuli ku Katonda okunnyonyola ekkubo eggolokofu, mulimu (mu go) amakyamu. Singa Katonda yayagala yandibalunggamizza mwenna.

وَعَلَى اللَّهِ قَصْدُ السَّبِيلِ وَمِنْهَا جَائِدٌ وَلَوْ شَاءَ لَهَدَاكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٩﴾

5. Mu bisolo ebyo muggyibwamu ebyambalo mu byoya ebiziyiza empewo nga amakooti ne bulangiti n'ebirala. Ate era ebimu biriibwa ennyama yaabyo okwo teekako amata agabivaamu ne ganywebwa.

6. Ensolo ezirundibwa zisanyusa nnyinizo (gamba nga embuzi, engamiya, ente n'endala) mu kiseera ky'okumakya nga zitwalibwa ku ttale n'akawungeezi ng'azikomyawo zikkuse.

7. Olw'okusaasira Kwe, Katonda n'okubalumirwa Kwe, kwe kubatondera ebiramu ebyo bisobole okubayamba mu kutuukiriza emigaso gyammwe. Nga mu byo yabagondeza ensolo ze musobola okutikka emigugu gyammwe nga muli mu nngendo zammwe ekyandibazitooweredde okugyetikka.

8. Owamu n'okutondera abantu ebyo bye becyambisa mu kusitula n'okulinnya wamu n'okusanyuka ku lw'obungi bwabyo. Era abatondera ebyo bye batamanyi okugeza nga kaakati abantu bwe bakozesa mmutoka mu kwetikka n'okutambula okwo otekeke ennyonny n'ebirala mw'ebyo ebirabikako kakaati ebyagibwa mu kuyigiriza kwa Katonda omuntu gwe yatonda nga kaakati omulembe bwe gwatuka ogw'okweyambisa ebyetikka, n'ebitambulirwamu ebitaliwo, sso nga kyo Ekitabo Ekitukuvu kyali kyategeza dda nga bwe biribaawo.

9. Katonda yannyonyola ekkubo eggolokofu nga bwe bulungamu, ate ago amakyamu ge g'abakozi b'ebibi.



10. Y'oyo eyassa okuva mu ggulu amazzi, mulina mu go ebyokunywa, ne mu go emiti (gimera) gye mulundirako (ensolo zammwe).

هُوَ الَّذِي أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً لَكُمْ مِنْهُ شَرَابٌ وَمِنْهُ شَجَرٌ فِيهِ تُسِيمُونَ ﴿١٠﴾

11. Era abamereza mmwe (n'ago amazzi) ebimera (ebya buli ngeri), n'emizayituuni n'emitende n'emizabbibu. (n'ameza) na buli bibala. Mazima muli mw'ebyo Akabonero (akalaga Obuyinza bwa Katonda), eri ekibiina ekirowooza.

يُنْبِتُ لَكُمْ بِهِ الزَّرْعَ وَالزَّيْتُونَ وَالنَّخِيلَ وَالْأَعْنَابَ وَمِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴿١١﴾

12. N'abagondeza ekiro n'emisana n'enjuba n'omwezi, n'emmunyeenye ezagonzabwa ku lw'obuyinza Bwe. Mazima muli mw'ebyo, Obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda), eri ekibiina ekitegeera.

وَنظُرَ لَكُمْ إِلَيْهِ وَاللَّيْلَ وَالنَّهَارَ وَالشَّمْسَ وَالْقَمَرَ وَالنُّجُومَ مُسْحَرَاتٍ بِمَا يَرَاءُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿١٢﴾

13. N'ebyo bye yabatondera mu nsi ebyawukana mu mabala gaabyo. mazima muli mw'ebyo, Akabonero (akalaga obuyinza bwa Katonda), eri ekibiina ekijjukira.

وَمَا ذَرَأَ لَكُمْ فِي الْأَرْضِ مُخْتَلِفًا أَلْوَانُهُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِقَوْمٍ يَذَّكَّرُونَ ﴿١٣﴾

14. Naye Y'oyo eyagonza ennyanja mulyoke mulye ennyama (y'ebyennyanja) ebibisi. era muggye mu yo eby'okweunaanika (amayinja ag'emiwendo), bye mwambala. N'olaba amaato nga gagyabuluzaaamu (ennyanja) mulyoke munoonye mu bigabwa Bye, era oba olyawo ne mwebaza.

وَهُوَ الَّذِي سَخَّرَ الْبَحْرَ لَنَا كَمَا وَآمَنَهُ لِمَا طَرَفًا وَاسْتَخَّرْ جِوَامِنَهُ حَلِيَةً تَلْبَسُونَ نَهَاةً وَتَرَى الْفُلْكَ مَوَآخِرَ فِيهِ وَلِتَبْتَغُوا مِنْ فَضْلِهِ وَلَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿١٤﴾

15. N'ateeka mu nsi ensozi ennywevu (ensi) ereme okubayuuugumya, (n'ateekamu) n'emigga n'amakubo oba olyawo ne mulunngama.

وَالْقَى فِي الْأَرْضِ رَوَايسًا أَنْ يَمَيِّدَ بَيْنَكُمْ وَأَنْ يُهْرَأَ وَسَبُلًا لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿١٥﴾

10. Mu Buwarabu teri muddo olw'okuba nga ddungu okuggyako obutiititi obw'amaggwa n'obusakasaka obutono; kale okwo ensolo zaabwe kwe zirundirwa.

14. Amaato aga buli ngeri gasaabala nga gayita mu nnyanja abantu ne basobola okusuubulagana emitala w'amanja nga banoonya mu bigabwa bya Katonda. Ebyo byonna Katonda yabibagabaze abantu oba olyawo ne bamwebaza obutamugattako bintu birala.

15. Katonda yateeka mu nsi ensozi ziginyweze ereme kuyuuguma, era n'ateeramu abantu emigga egibagasa — okugeza nga Kiyira (River Nile) era n'ateeka wakati w'ensozi emyagaanya

16. (N'ateekawo) n'obubonero (obulala) n'emmunnyeenye bo balunngame (nazo).

وَعَلِمْتَ وَالْجِبْرُ هُمْ يَهْتَدُونَ ﴿١٦﴾

17. Abaffe Oyo (Katonda) atonda ayinza okuba nga oyo atatonda? Abaffe temujjukira?

أَفَمَنْ يَخْلُقُ كَمَنْ لَا يَخْلُقُ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿١٧﴾

18. Ne bwe muba nga mubaze ebyengera bya Katonda temuyinza kubikomekkereza (kubimalayo). Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

وَلَنْ تَعُدَّ وَارِعْمَةَ اللَّهِ لَا تُصَوِّهَا ط  
إِنَّ اللَّهَ لَغَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٨﴾

19. Ne Katonda amanyi ebyo bye mukweka n'ebyo bye mwolesa.

وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا تُبْرُونَ وَمَا تُعْلِنُونَ ﴿١٩﴾

20. N'abo abasaba ebyo ebitali Katonda (ebyo bye basaba) tebiyinza kutonda kintu kyonna, nabo (abo bakatonda baabwe) batondebwa butondebwa.

وَالَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ لَا يَخْلُقُونَ شَيْئًا وَهُمْ يُخْلَقُونَ ﴿٢٠﴾

21. (Abo bakatonda baabwe) bafu, si balamu. Era tebamanyi ddi lwe bali-  
zuukizibwa.

أَمْوَاتٌ غَيْرِ أَحْيَاءٍ وَمَا يَشْعُرُونَ  
أَيَّانَ يُجْعَلُونَ ﴿٢١﴾

22. Katonda wammwe ye Katonda Ali Omu (mu Bwakatonda Bwe). Naye abo abatakkiriza nkomerero emitima gyabwe giwakanya (Katonda okuba Omu). nga nabo beekuza.

إِلَهُكُمْ إِلَهٌ وَاحِدٌ فَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ قُلُوبُهُمْ مُنْكَرَةٌ  
وَهُمْ مُسْتَكْبِرُونَ ﴿٢٢﴾

23. Kikakafu mazima Katonda amanyi ebyo bye bakweka n'ebyo bye boolesa. Mazima ddala Katonda tayagala beekuza.

لَا جَرَمَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا يُسِرُّونَ  
وَمَا يُعْلِنُونَ إِنَّهُ لَا يُحِيبُ الْمُسْتَكْبِرِينَ ﴿٢٣﴾

omusobola okuyisibwa amakubo agayitwamu abantu balyoke basobole okutuuka eri ebigenderwa byabwe.

16. Era yatondawo n'obubonero obulala bwe bayinza okulabirako gye balaga. Okugeza nga ensozi entumbiivu n'emmunnyeenye, abatambuze n'abasaabaze bye beeyambisa okulaba gye boolekera.

17. Katonda bw'amaze okwanjula engeri gye yatondamu ebitonde, n'obubonero obuli mu byo obulaga obuyinza Bwe n'okubaawo Kwe eri oyo ayeetegereza mu aya eza waggulu, kati alaga enjawulo wakati w'oyo omutonzi (Ye) n'abo abatatonda wabula abamugattibwako abakafiiri. Allah Ye ye yatonda ebitonde byonna, kale tasaana n'akatono kugattibwako kirala kyonna.

20. Ebyo ebirala ebigattibwa ku Katonda abantu ne babisinza, nabyo Ye ye yabitonda. Ngeri ki

24. Bwe baba nga bagambiddwa: Biki by'assizza Mukama wammwe (ku Muhammadi), bagamba nti: (Ezo) nfumo bufumo ez'abaasooka,

وَرَادَ أَقْبَلُ لَهُمْ مَاذَا أَنْزَلَ رَبُّكُمْ  
قَالُوا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٣٤﴾

25. Balyoke beetikke ebibi byabwe mu bujuvu ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda), ne mu bibi by'abo be baabuza awatali kuggya ku kumanya. Abange kibi nnyo ekyo kye balyetikka!

لِيَحْمِلُوا أَوْزَارَهُمْ كَامِلَةً يَوْمَ  
الْقِيَامَةِ وَمِمَّنْ أَوْزَارُ الَّذِينَ يُضِلُّونَهُمْ  
بِغَيْرِ عِلْمٍ إِلَّا سَاءَ مَا يَزُرُونَ ﴿٣٥﴾

26. Mazima baasala enkwe abo ab'oluberyeberye lwabwe, Katonda n'agira emizimbo gyabwe okuva ku misingi gyagyo, akasolya ne kabagwira okuva waggulu waabwe, ebibonyonyo ne bibajjira nga biva awo we bataategeera.

كَذَّبُوا الَّذِينَ آمَنُوا مِن قَبْلِهِمْ فَاتَى اللَّهُ  
بُنْيَانَهُمْ مِنَ السَّمَاءِ فَخَرَّ عَلَيْهِمُ  
السَّقْفُ مِنَ السَّمَاءِ وَأَوَّاهُمُ الْعَذَابُ  
مِنْ حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٣٦﴾

27. Oluvannyuma ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso Ge) agenda kuba swaza abagambe nti baliwa (bakatonda) bannange abo (be mwangattangako) abo be mwalinga mwawukana (n'abakkiriza) ku lwabwe? Ne bagamba abo abaweebwa okumanya: Mazima okuswala olwa leero n'obubi buli ku bakafiiri,

ثُمَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ يُخَذُّ مِنْهُمْ وَيَقُولُ  
أَيْنَ شُرَكَائِيَ الَّذِينَ كُنْتُمْ تُشَاقِقُونَ  
فِيهِمْ قَالِ الَّذِينَ أُوْتُوا الْعِلْمَ إِنَّ  
الْخِزْيَ الْيَوْمَ وَالسُّوءَ عَلَى الْكَافِرِينَ ﴿٣٧﴾

bwe bisobola okugasa abo ababisinza oba okusuubira okubasasula empeera? Asuubirwa Yekka okusasula empeera Ye Katonda Omutonzi, Oyo amanyi buli kintu kyonna.

24. Abakafiiri bawakanya ebyo ebyassibwa ku Muhammadi — ebiri mu Kuraane ebibasomerwa ne babiyita enfumo obufumo ez'abantu ab'edda, naye mbu si bigambo bya Katonda. Abannyonyozi bagamba nti abakafiiri b'omu Makka baatuulanga mu makubo agatuuka mu Makka ng'ekigendererwa kwe kuziyiza abantu abajjamu okulabagana ne Nabbi. Kale bwe baabuuzanga nti biki ebyassibwa ku Muhammadi? Nga babagamba nti ebigambo bye nfumo bufumo era bigambo ebitali bituufu ebinyumizibwa nga biwanuuzibwa ku b'emirembe egayaita.

26. Mu aya eno Katonda ayogera ku bakafiiri abo abaasooka abo abasaliranga ababaka ba Katonda enkwe ku lw'okwagala okusaanyaawo amazima, ababaka ge bajjanga nago. Bwe batyo beezimbira ebizimbe by'okubakuuma mu bibonerezo bya Katonda.

Katonda yayagulya ebizimbe byabwe obusolya ne bubagwira, awo n'abazikiriza n'ebibonerezo mu biscera we baalinga tebabisuubirira. Ebizimbe byabwe n'abisimbululirawo ddala okuviira ddala ku misingi gyabyo n'abazikiriza.

27. Abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala balibuuzibwa ku nkomerero bayoleke eri Katonda abo banna bwe be baamugattangako, ne kibaleetera okwawukana ne bannabbi n'abo abakkiriza ku kkubo lya Katonda — nga balwanirira abo bakatonda baabwe.

28. Abo bamalayika be batta nga balya-zaamaanyizza emyoyo gyabwe (ku lw'obukafiiri). Ne beewaayo okukkiriza (n'okugoberera amateeka ga Katonda, nga bagamba): Mazima ffe tetwakola kibi kyonna. (Bamalayika balibaddamu), wabula Katonda amanyi ebyo bye mwalinga mukola;

الَّذِينَ تَتَوَفَّوهُمُ الْمَلَائِكَةُ ظَالِمِي  
أَنْفُسِهِمْ فَأَلْقَوْا السَّكَمَ مَا كُنَّا  
نَعْمَلُ مِنْ سُوءٍ بَلَى إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ  
بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٣٨﴾

29. N'olwekyo muyingire emiryango gy'omuliro (Jahannama), mutuule obugendererevu mu gwo. Kibi nnyo ekifo ky'abeekuza.

فَادْخُلُوا أَبْوَابَ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا  
فَلَيْسَ مَثْوًى الْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٣٩﴾

30. Bwe baba nga bagambiddwa abo abatya Katonda, nti: Kiki Mukama wammwe kye yassa? Bagamba nti: (Yassa) birungi. Balina abo abaalongoosa obulungi mw'eno ensi. N'ennyumba Y'enkomerero y'ennungi (okusinga ensi). N'ekyengera (ky'ennyumba) y'ennyumba y'abatya Katonda,

وَقِيلَ لِلَّذِينَ اتَّقَوْا مَاذَا أَنْزَل  
رَبُّكُمْ قَالُوا خَيْرٌ وَالَّذِينَ أَحْسَنُوا  
فِي هَذِهِ الدُّنْيَا حَسَنَةٌ وَلَكِنَّ الْأَخْرَجَ  
خَيْرٌ وَلَنْ نَعْمَدَ الَّذِينَ الْمُتَّقِينَ ﴿٤٠﴾

31. Ejjana ey'obutebenkevu gye baliyingira (Ennyumba Ey'emirembe), nga emigga gikulukutira wansi waayo, balina mu yo ebyo bye balyagalanga. Bwe kityo Katonda bw'asasula abamutya,

جَدَّتْ عَدْنٌ يَدْخُلُونَهَا تَجْرِي مِنْ  
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ لَهُمْ فِيهَا مَا يَشَاءُونَ  
كَذَلِكَ يَجْزِي اللَّهُ الْمُتَّقِينَ ﴿٤١﴾

32. Abo (abantu) bamalayika be batta nga balungi, nga babagamba nti: Emirembe gibe ku mmwe! Muyingire mmwe Ejjana ku lw'ebyo (ebirungi) bye mwali mukola.

الَّذِينَ تَتَوَفَّوهُمُ الْمَلَائِكَةُ طَيِّبِينَ  
يَقُولُونَ سَلَامٌ عَلَيْكُمْ ادْخُلُوا الْجَنَّةَ  
بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٤٢﴾

Ku nkomerero baliswabizwa era ba kubeera mu kityabaga abantu abo olw'okusinza kuno ku nsi ebyo ebiteabagasa wadde okubaleetera akabi.

28. Abakafiiri okufa bwe kubatuukako, olwo bakkiriza Katonda nga bw'Ali Omu, era beewaayo okumugondera nga eno bwe beegaana nga bwe batakolanga kibi na kimu. Wabula bo bamalayika ne babategeza nga Katonda bw'amanyi ebyo byonna bye baakolanga.

29. Abo be beekuliza ku Katonda ne bagaana okugoberera ababaka Be.

30. Bo abakkiriza bakakasa nti ebyo byonna Katonda bye yassa ku bannabbi bulungi bwereere. Era ne bakakasa nga abo abaalongoosa eri Katonda, ne bamukkiriza wamu n'okugoberera ababaka

33. Tebalindirira kirala (abakafiiri) wabula okubajjira bamalayika oba okujja kw'ekigambo kya Mukama wo (bazi-kirizibwe). Bwe kityo bwe baakola abo ab'oluberyeberyelwabwe. Katonda teyabalyazaamaanya, naye baali beeryazaamaanya bokka.

34. Ne bubatuukako obubi bw'ebyo bye baakola, ne bikka ku bo ebyo bye baalinga bajecja.

35. Ne bagamba abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala (nti): Singa Katonda yayagala, tetwandisinzizza kintu kyonna ekitali Ye, ffe wadde bakitaffe, era tetwandizizizza kintu kyonna okuggyako (kye yaziza). Bwe kityo bwe baakola (abakafiiri) ab'oluberyeberyelwabwe. Abaffe kiri ku babaka, okuggyako okutuukiriza obubaka obunyonnyofu?

36. Era mazima twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti:) Musinze Katonda, mwekeke (okusinza) ab'obulimba. Ne mu bo mulimu oyo Katonda gwe yalunngamya, era ne mu bo mulimu oyo gwe bwakakatako obubuze. Kale mutambule mu nsi mutunuulire engeri bwe yali enkomerero y'abaalimbisa (Ababaka).

37. Bw'oba nga olulunkanira okukkiriza kwabwe (Ggwe Muhammadi), mazima

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا أَنْ تَأْتِيَهُمُ الْمَلَائِكَةُ  
أَوْ يَأْتِيَ أَمْرٌ رَبِّكَ كَذَلِكَ فَعَلَ الَّذِينَ  
مِنْ قَبْلِهِمْ وَمَا ظَلَمَهُمُ اللَّهُ وَلَكِنْ  
كَانُوا أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٣٣﴾

فَأَصَابَهُمْ سَيِّئَاتٌ مِمَّا عَمِلُوا وَخَافَ  
بِهِمْ مَا كَانُوا يَئِسُّونَ مِنْهُ ﴿٣٤﴾

وَقَالَ الَّذِينَ أَشْرَكُوا لَوْ شَاءَ اللَّهُ  
مَا عَبَدْنَا مِنْ دُونِهِ مِنْ شَيْءٍ نَحْنُ  
وَلَا آبَاؤُنَا وَلَا كَانُوا مِنَّا مِنْ دُونِهِ  
مِنْ شَيْءٍ كَذَلِكَ فَعَلَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ  
فَهَلْ عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ الْمُبِينُ ﴿٣٥﴾

وَلَقَدْ بَعَدْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَسُولاَ  
أَنْ أَعْبُدُوا اللَّهَ وَأَجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ  
فَمِنْهُمْ مَنْ هَدَى اللَّهُ وَمِنْهُمْ مَنْ حَقَّبْنَا  
عَلَيْهِ الضَّلَالَةَ فَسَيُرُونَ فِي الْأَرْضِ  
فَانظُرُوا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكذِبِينَ ﴿٣٦﴾

إِنْ تَحِضُّ عَلَى هُدًى فَأَنَّ اللَّهَ لَا

Be, bwe balina okwesiima n'emirembe kuno ku nsi mu bulamu bwabwe. Kyokka omuganyulo gw'obulungi bwe balifuna mu Bulamu Obw'enkomerero bwe businga obw'oku nsi.

36. Buli Mubaka Katonda gwe yatumanga yamulagiranga alagire abantu basinze Ye Yekka, Oyo Omutonzi cyabatonda. Era beewale okumugattako bakatonda ab'obulimba.

Kale oba abantu ab'omulembe gwa Muhammadi, bawakanya amazima, batambule mu nsi becolere nga Katonda bwe yazikiriza abo ababasooka — oluvannyuma lw'okuwakanya amazima agaabajjiranga nga gayitira ku bannabbi baabwe.

Katonda talungamya oyo (ayagala) okubula. Era tebalina bo mutaasa, (alibaggya mu bibonerezo bya Katonda).

يَهْدِي مَنْ يُضِلُّ وَمَا لَهُمْ مِنْ نَاصِرِينَ ﴿٤٤﴾

- 38. Ne balayira Katonda mu kunyweza okulayira kwabwe nti: Katonda tage nda kuzuukiza oyo afudde. Wabula (Katonda yalagaanyisa) ku kyo endagaano enkakafu, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَأَقْسَمُوا بِاللَّهِ هَٰدِينَ أَمَّا نَزَمٌ لَّا يَبْعَثُ اللَّهُ مِنْ يَمُوتٍ بَلَىٰ وَعَدَّٰ عَلَيْهِ حَقًّا ۚ وَلَٰكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٨﴾

- 39. (Ajja kubazuukiza) alyoke abannyonyole ebyo bye baayawukanamu, era balyoke bamanye abo abaakaafuwala nti mazima bo baali baliimba.

لِيُبَيِّنَ لَهُمُ الَّذِي يُخْتَلَفُونَ فِيهِ ۚ وَيُعَلِّمَهُمُ الَّذِي لَفَّوْا أَنفُسَهُمْ كَالْأَكْدَانِ بِرِينَ ﴿٣٩﴾

- 40. (Katonda n'agamba) nti: Mazima eki-gambo Kyaffe eri ckintu bwe tuba nga tukyagadde (kibeewo), kwe kugigamba nti: Beerawo! Ne kibaawo.

إِنَّمَا قَوْلُنَا لِشَيْءٍ إِذَا أَرَدْنَاهُ أَن نَقُولَ لَكُنْ فَيَكُونُ ﴿٤٠﴾

- 41. N'abo abaasenguka ku lwa Katonda oluvannyuma lw'okulyazaamaanyi-zibwa, tugenda kubatebenkeza bulungi mu nsi, n'empeera ez'enkomerero (ezibalindiridde) ze zisinga obunene singa baali bamanyi!

وَالَّذِينَ هَٰجَرُوا فِي اللَّهِ مِنْ بَعْدِ مَا ظَلَمُوا النَّبِيَّ وَنُؤَيْدُهُمْ فِي الدُّنْيَا حَسَنَةٌ ۚ وَلَا جَزَاءَ لَآخِرَةٍ أَكْبَرُ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٤١﴾

- 42. Be bo abaagumiikiriza era nga beesiga Katonda waabwe.

الَّذِينَ صَبَرُوا وَعَلَىٰ رَبِّيهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ﴿٤٢﴾

- 43. Tetwatumanga (babaka) oluberyeberye lwo wabula (nga) basajja, nga tutu-

وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ إِلَّا رَجُلًا

42. Mu Aya 41 ne 42. Katonda ayogera ku abo abaasenguka oiuvannyuma lw'okuwalagganyi-zibwa n'okuyigganyi-zibwa abakafiiri ne baleka ensi yaabwe n'emmaali yaabwe ku lw'obulungi bwa Katonda. Abo Katonda abawaanyisiza mw'ebyo bye baaleka obulungi n'okutebenkera muno mu nsi, ate ebyo bye balifuna mu Bulamu Obw'oluvannyuma bye bisinga ebyo bye baafuna mu nsi.

Endagaano eyo Katonda yagituukiriza bwe yawa abo abaasenguka okuva e Makka ne bagenda e Madina ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) obulamu obwesiimisa — ne bafuga ensi; ne bawangula ekibuga Makka. Ekigambo kya Katonda kyasaasaana ku lw'okwewaayo kwabwe n'okugumiikiriza nga beesiga Ye.

43-44. Okuva edda n'edda Katonda teyatumanga bamalayika wadde ebitonde ebirala kubeera babaka eri abantu okuggyako abantu obuntu. Era baayawulwanga ne batumwa okufaananako nga

mira gye bali: Kale mubuuze banna-  
nnyini kumanya (Ekitabo) bwe mubeera  
nga mmwe temumanyi.

تَوَحَّىٰ إِلَيْهِمْ قَسْوًا أَهْلَ الذِّكْرِ  
كُنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٣٦﴾

44. (Nga tubatuma) n'obujulizi (obw'e-  
nkukunala) n'ebitabo, era twassa  
gy'oli Eky'okujjukiza (Kuraane)  
olyoke onnyonnyole abantu ekyo  
ekyassibwa gye bali, era oba olyawo  
ne balwooza.

رَبَّالْبَيْتِ وَالزُّبُرِ وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الذِّكْرَ  
لِتُبَيِّنَ لِلنَّاسِ مَا نُزِّلَ إِلَيْهِمْ وَلَعَلَّهُمْ  
يَتَفَكَّرُونَ ﴿٣٧﴾

45. Abaffe; beesiga okuwona, abo abaa-  
sala enkwe embi, Katonda okuba-  
saanyaawo n'ensi n'ebimera, oba  
okubajjira ebibonyoobonyo nga biva  
awo we batamanyi? –

أَفَأَمِنَ الَّذِينَ مَكَرُوا السَّيِّئَاتِ أَنْ  
يَخْسِفَ اللَّهُ بِهِمُ الْأَرْضَ أَوْ يَسْتَبِيحَهُمُ  
الْعَدَابُ مِنْ حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٣٨﴾

46. Oba (Katonda) okubakwata mu ku-  
tawuka kwabwe (nga bali ku mirimo  
gyabwe). Tebali bo basobola kumu-  
lemesa (bw'aba ayagadde okubazi-  
kiriza).

أَوْ يَأْخُذَهُمْ فِي تَقْلِبِهِمْ فَمَا هُمْ بِلَا عَجْرِينَ ﴿٣٩﴾

47. Oba n'abakwata n'abazikiriza nga  
bali mu kutya? Mazima Mukama  
wammwe Mukwatampola, Musaasizi.

أَوْ يَأْخُذَهُمْ عَلَى تَخَوُّفٍ فَإِنَّ رَبَّهُمْ  
لَعَرُوفٌ رَحِيمٌ ﴿٤٠﴾

48. Tebalaba eri ebintu byonna Katonda  
bye yatonda bwe bikyuka ebisiikirize  
byabyo nga bidda ku ddyo ne ku  
kkono, nga bivunnamira Katonda,  
nga nabyo bimugondera?

أَوَلَمْ يَرَوْا إِلَىٰ مَا خَلَقَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ  
يَتَقَيُّوهُ أَظْلَلَهُ عَنِ الْيَمِينِ وَالشَّمَائِلِ  
سُبْحَانَ اللَّهِ وَهُمْ دَاخِرُونَ ﴿٤١﴾

Muhammadi bwe yatumbwa. nga batumbwa balyoke batuuse obubaka bwa Katonda.

Katonda yagamba Nabbi agambe abo abaali bawakanya obukaka bwe olw'okuba nti ye muntu buntu - babuuze abo abalina ebitabo ebyajja ne bannabbi abaasooka. N'olw'ekyo si ggwe osoose okuba omubaka avudde mu bantu.

47. Kalonda asobola okuzikiriza abajeemu mu ngeri yonna singa aba ayagadde. era tebayinza kumulernesa. naye abalindiriza ku lw'okusaasira n'okulumirwa K we.

48. Ebisiikirize bya buli kintu n'ekitali kiramu bigondera Katonda ne bikyuka okudda ku mpuyi zombiriri m biseera by'okumakya n'eby'olweggulo.



49. Ne kulwa Katonda bivunnama byonna ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo mu nsi mu bitambula (ebiramu wamu) ne bamalayika, nabo tebeekuluntaza (awali Mukama waabwe).

وَاللَّهُ يَسْجُدُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي  
الْأَرْضِ مِنْ دَابَّةٍ وَالْمَلَائِكَةِ وَهُمْ  
لَا يَسْتَكْبِرُونَ ﴿٤٩﴾

50. Batya Mukama waabwe ali waggulu waabwe era bakola ekyo ekibalagirwa.

يَخَافُونَ رَبَّهُمْ مِنْ قُوَّتِهِمْ وَلِيَقُولَنْ  
مَا يُؤْمَرُونَ ﴿٥٠﴾

51. Katonda n'agamba nti: Temuteekawo bakatonda ababiri. Mazima Ye Katonda Ali Omu. N'olwekyo Nze Nzekka gwe muba mutya.

وَقَالَ اللَّهُ لَا تَتَّخِذُوا إِلَهَيْنِ اثْنَيْنِ  
إِنَّمَا هُوَ إِلَهٌ وَاحِدٌ فَإِنَّمَا تَأْتُون  
﴿٥١﴾

52. Era bibye ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi era alina okugonderwa okw'olubeerera. Abaffe atali Katonda gwe mutya?

وَلَهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَلَهُ  
الْدِّينَ وَأَصْبَاغٌ لِيُغَيِّرَ اللَّهُ بِقُوَّتِهِ  
﴿٥٢﴾

53. Na buli kyonna kye muba mulina mu byengera kiva eri Katonda. Oluvannyuma akabi bwe kaba kabakutte ne gy'Ali gye musaba okugasibwa;

وَمَا يَكْفُرُ مِنْكُمْ مِنْ بَعْدِهِ فَمَنِ اللَّهُ ثُمَّ  
إِذَا مَسَّكُمُ الضُّرُّ قَالَ يَأْتِيهِ  
تَجَرُّونَ ﴿٥٣﴾

54. Oluvannyuma bw'aba nga abaggyeeko akabi, oghenda okulaba nga ekibiina mu mmwe (abantu) nga bagatta ku Mukama waabwe ebintu ebirala,

ثُمَّ إِذَا كَشَفَ الضُّرُّ عَنْكُمْ إِذَا  
فَرِيقٌ مِنْكُمْ بِرَبِّهِمْ يُشْرِكُونَ ﴿٥٤﴾

55. Kale bawakanya (ebyengera) ebyo bye twabawa. Mweyagale (ekiseera ky'obulamu bwammwe), kyaddaaki mulimanya (enkomerero y'ekyo)!

لِيَكْفُرُوا بِآيَاتِهِمْ فَتَمْتَعُوا ثُمَّ  
تَعْلَمُونَ ﴿٥٥﴾

56. Ne bateerawo ebyo bye batamanyi omugabo mw'ebyo bye twabagabira.

وَيَجْعَلُونَ لِمَا لَا يَعْلَمُونَ نَصِيبًا

50. Bamalayika abali mu ggulu bavunnamira Katonda Oyo abalinako obuyinza era tebamujecmera n'akatono mu buli kyonna ky'aba alagidde.

56. Abawarabu abakafiiri baateckerangawo bakatonda baabwe omugabo nga baggya mu byengera bya Katonda bye yabagabira — okugeza. baatekerangawo engamiya nga za balubaale baabwe. nga ebyo babikola awatali kuggya ku kumanya.

Ndayidde Katonda! Mugenda ku-buuzibwa ddala kw'ebyo (byonna) bye mwalinga mugunjawo.

مِمَّا رَفَقْتُمْ بِاللَّهِ لَتَسْلُنَّ عَمَّا  
كُنْتُمْ تَفْتَرُونَ ﴿٥٧﴾

57. Ne bassizaawo Katonda abaana abawala (nti Babe) — Yayawukana Katonda n'ebyo! Nga balina bo ebyo bye baagala (abaana abalenzi)!

وَيَجْعَلُونَ لِلَّهِ الْبَنَاتِ سُبْحَانَ ۖ  
وَلَهُمْ مَا يَشْتَهُونَ ﴿٥٨﴾

58. Bw'aba nga abauliddwa omu ku bo (amawulire g'okuzaala) omwana omuwala, abeera nga mu maaso ge mudugadde, nga naye munyikaavu!

وَإِذَا ابْتِشَرْنَا أَحَدَهُمْ بِالذَّكَاءِ ظَلَّ  
وَجْهَهُ مُسْوَدًّا وَهُوَ كَظِيمٌ ﴿٥٩﴾

59. Nga yeekweka ekibiina (ky'abantu be) ku lw'ekibi ky'abauliddwa! (Afu-miitiriza ne yeebuza): Abeere naye ng'ali ku kunyoomwa oba amuziike mu ttaka (afiiremu)? Abange kubi nnyo okwo (okulamula) kwe balamula.

يَتَوَارَى مِنَ الْقَوْمِ مِنْ سُوءِ مَا  
بُشِّرَ بِهِ أَيَسْئَلُهُ عَلَى هُونٍ أَمْ  
يَدُسُّهُ فِي التُّرَابِ أَلَا سَاءَ مَا  
يَحْكُمُونَ ﴿٦٠﴾

60. Balina abo abatakkiriza Nkomerero amayisa amabi (ag'okugerezaako), ne Katonda alina ebittendo (ebisinga okuba) ebya waggulu. Naye ye w'Ekitiibwa, Omulamuzi.

لِلَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ مَثَلُ  
السَّوْءِ ۗ وَاللَّهُ الْمَثَلُ الْأَعْلَىٰ وَهُوَ  
الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٦١﴾

61. Singa Katonda avunaana abantu olw'Obulyaazaamaanya bwabwe, teyandirese ku yo (ensi kitonde) kitambula (n'ekimu), naye abalindiriza

وَلَوْ يُدِخِلُ اللَّهُ السَّاسَ بِظُلْمِهِمْ  
مَا تَرَكَ عَلَيْهَا مِنْ دَابَّةٍ وَالْكَرْنِ

57. Abakafiiri Abawarabu baagambanga nti bamalayika bawala ba Katonda sso nga bo tebaagala baana ba buwala. Kubanga abaana b'obulezi babongera amaanyi singa baba balwana mu ntabaalo zaabwe — Abawala nga babaswaza olw'obunafu bwabwe — Kale kwe kubattanga nga batya okuswazibwa. Wano Katonda kwe kubawemuukiriza nti:

Ngeri ki Katonda bw'abeera n'abaana abo abawala mwame mutayagala: Sso nga Katonda ayawulwa kw'ebyo byonna bye bamuteekako — tazaala era teyazaalibwa!

59. Ennamula yaabwe eyo yali mbi nnyo bwe baddiranga abaana b'obuwala abazaaliddwa — olw'obutabaagala ne babawa Katonda. Omu nga okutegeezebwa nti omwana gw'azadde muwala, nga ekyo kimwennyikaaza ne yeekweka abantu. Yakwatibwanga ensonyi bw'alowoolereza okuba nga ali wakati w'okubeera naye nga mukakkamu anyoomebwa oba okumuziika mu ttaka nga malumu nga bwe baakolanga.

61. Aya eno etegeza nti singa Katonda avunaanirawo abantu ekiseera ekyo kyennyini we bakoledde ekibi, yandizikirizza ebiramu byonna ebiri ku nsi ne kutasigala kintu kitambula na kimu. Wabula olw'ekisa Kye, abalindiriza okutuusa ekiseera kye yabagerera lwe kiggwaako.

eri ebbanga eggere. Bwe kiba nga ekiseera kyabwe kituuse, tebayingiza kukirindirizaako kiseera, era tebaki-kulembera (wadde essaawa emu).

يُؤَخِّرُهُمْ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى ۖ فَإِذَا  
جَاءَ أَجَلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُونَ سَاعَةً  
وَلَا يَسْتَقْدِرُونَ ﴿٦١﴾

62. Ne bassa ku Katonda ebyo (bo ben-nyini) bye batayagala, n'ennimi zaabwe ennimba ne zigamba nti mazima balina obulungi. Kikakafu mazima balina bo (okuyingira) omuliro era mazima bo ba kwanguyizibwa (okuguyingizibwa awatali kulindiriza).

وَيَجْعَلُونَ لِلَّهِ مَا يَكْفُرُونَ وَتَصِفُ  
أَلْسِنَتُهُمُ الْكُذْبَ أَنْ لَهُمُ الْحُسْنَىٰ  
لَآ جَرَمَ أَنَّ لَهُمُ النَّارَ وَأَنَّهُمْ  
مُفْرَطُونَ ﴿٦٢﴾

63. Ndayidde Katonda! Mazima twatumira eri ebibiina eby'oluberyeberye lwo (Ggwe Muhammadi), (wabula) Sitaane n'abanyiririza emirimo gyabwe (emibi — ne babalimbisa nga bwe bakulimbisizza). Naye (Sitaane) ye mukama waabwe olwa leero (kuno ku nsi), era balina ebibonyobonyo ebiruma (mu Bulamu Obw'oluvannyuma).

تَاللَّهِ لَقَدْ أَرْسَلْنَا إِلَىٰ أُمَمٍ مِّنْ  
قَبْلِكَ فَزَيَّنَ لَهُمُ الشَّيْطَانُ أَعْمَالَهُمْ  
فَهُوَ لِيَوْمِئِذٍ أَلِيمٌ ﴿٦٣﴾

64. Tetwassa ku ggwe Ekitabab (Kuraane) wabula olyoke obannyonnyole ebyo bye baayawukanamu, era nga kya-kulungama na kusaasira eri ekibiina ekikkiriza.

وَمَا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ إِلَّا لِلْبَيِّنِ  
لَهُمُ الَّذِي اخْتَلَفُوا فِيهِ ۖ وَهُدًى  
وَرَحْمَةً لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٦٤﴾

65. Ne Katonda yassa okuva mu ggulu amazzi n'alamusa nago ensi oluwan-nyuma lw'okufa (okukala) kwayo. Mazima muli mw'ekyo Akabonero (akalaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekiwulira (oluwulira lw'okukkiriza).

وَاللَّهُ أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَالْحَيَا  
ةُ الْآرْضِ بَعْدَ مَوْتِهَا ۚ إِنَّ فِي ذَٰلِكَ  
لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَتَّبِعُونَ ﴿٦٥﴾

66. Era mazima mulina mu bisolo ebirundibwa eky'okulabirako. Tuba-

وَأَنَّ لَكُمْ فِي النَّعَامِ لَعِبْرَةً ۖ لَتُنذِرَنَّهُمْ

62. Nga bwe bagamba nti bamalayika bawala ba Katonda, era n'abaana b'obuwala be batayagala, ogatteko n'ebitonde bye yatonda bye bayita bakatonda.

66. Katonda Omuyinza akenenula mu muddo ensolo gwe ziridde amata ne galaga mu nnyawanto, ate n'akenenulamu omusaayi; ne gulaga mu misuwa. Era akanenulamu amazzi ne galaga mu

nywesa mw'ebyo ebiri mu mbuto zaabyo, okuva wakati w'obusa n'omusaayi (ne tubanywesa), amata ameeereere agaseeneekerera abaganywa.

67. Ne mu bibala by'emitende n'emizabbibu mukola mu byo ebitamiiza (era ne mufunamu) n'eb yokulya ebirungi! Mazima muli mw'ekyo Akabonero eri ekibiina ekitegeera.
68. Mukama wo n'ayigiriza enjuki, (nga agigamba) nti: Kola amayumba mu nsozi ne mu miti ne mw'ebyo (ebizimbe abantu) bye bazimba;
69. Oluvannyuma (lw'okuzimba, n'agigamba nti) lya mu buli bibala, bw'omala okwate amakubo ga Mukama wo ge yakugondeza. (Enjuki) ziggya munda waazo ebyokunywa eby'amabala amaawukamu (asaali) omuli okuvumula eri abantu. Mazima muli mw'ekyo akabonero (akalaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ky'abakiriza.

وَمَا فِي بَطُونِهِ مِنْ بَيْنِ قَوْمٍ وَوَدَّ  
لَبَنًا خَالِصًا سَائِغًا لِلشَّرِيبِينَ ﴿٦٧﴾

وَمِنْ ثَمَرَاتِ النَّخِيلِ وَالْأَعْنَابِ  
تَتَّخِذُونَ مِنْهُ سُرًّا وَرُفًّا حَسُنَا  
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿٦٨﴾  
وَأَوْحَىٰ رَبُّكَ إِلَى النَّخْلِ أَنْ اتَّخِذِي  
مِنَ الْجِبَالِ بَيْوتًا وَمِنَ الشَّجَرِ  
وَمَا يَعْرِشُونَ ﴿٦٩﴾  
ثُمَّ كَلَّمَكَ مِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ فَاسْأَلِي  
سُبُلَ رَبِّكِ ذُلُلًا يَخْرُجُ مِنْ بَطُونِهَا  
شَرَابٌ مُخْتَلِفٌ أَلْوَانُهُ فِيهِ شِفَاءٌ  
لِّلنَّاسِ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّقَوْمٍ  
يَتَفَكَّرُونَ ﴿٧٠﴾

kawago, era n'aggyamu obusa, nabwo ne buyita mu kkubo lyabwo nga buli kimu tek yetabudde na kinnaakyo.

68. Katonda yayigiriza enjuki n'agiragira n'obuyinza Bwe ezimbe emizinga (ebisu) gyayo mu nsozi, mu miti ne mu mizinga abantu gye bazizimbira, ekungaanyizeemu asaali (omubisi gw'eniuki).

69. Enjuki by'ekola, ebikola na kuyigirira kwa Katonda kwe yateeka mu butonde bwayo. Engeri bw'ezimba emilinga (ebisu) ne bw'ekunngaanya omubisi gwa asaali n'okugukuuma, byonna byewuunyisa era birema omuntu okutegeera.

Katonda yazigondeza omulimu gwazo ne zisobola n'okumanya ennyumba zaazo we ziri oluvannyuma lw'okutolontoka nga zinoonya omubisi - mu mubisi omwo mulimu ekivumula abantu mu ndwadde ezimu.

Nabbi (s.a.w.) lumu yalagira omusajja eyali addukana okukozesa asaali. Bwe yamukozesa emirundi esatu n'awona. Era Nabbi yatukuutira okukozesa ebivumula omubiri - Asaali ne Kuraane. Omuntu nga yeetegezza engeri enjuki bw'ekola omubisi omulungi ogwenkanidde awo. amanya nti Katonda Muyinza, era tewali kisaana kusinzibwa wabula Ye.

70. Era Katonda ye yabatonda (mmwe abantu) oluvannyuma y'abatta, mulimu mu mmwe oyo azzibwa eri obuwangaazi obusinga okuba obwa wansi (obw'obukadde n'awutta), n'alema n'okumanya ekintu kyonna oluvannyuma lw'okumanya. Mazima Katonda Amanyi, Muyinza.

وَاللّٰهُ خَلَقَكُمْ ثُمَّ يَبْعَثُكُمْ فِيهِمْ  
مِّنْ يُرْسِلُ إِلَىٰ أَرْضِ الْعَمْرِ لِكَيْ لَا  
يَعْلَمَ بَعْدَ عِلْمِهِ شَيْئًا إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ  
قَدِيرٌ ﴿٤٠﴾

71. Ne Katonda yasinza abamu mu mmwe ku bannaabwe mu byokufuna. Tebali abo abaweebwa enkizo baddiza byakufuna kwabwe kw'abo bye gyafuna emikono gyabwe egya ddyo (abaddu), nabo balyoke babeere mu kyo (ekyengerera) nga benkanankana (nabo). Abaffe, ebyengerera bya Katonda bye bawakanya?

وَاللّٰهُ فَضَّلَ بَعْضَكُمْ عَلَىٰ بَعْضٍ فِي  
الرِّزْقِ فَمَا الَّذِينَ فُضِّلُوا بِرَأْسِي  
رَزَقَهُمْ عَلَىٰ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ مِنْ  
فِيهِ سَوَاءٌ أَفَبِعِزَّةِ اللَّهِ يَجْحَدُونَ ﴿٤١﴾

72. Era Katonda yabassizaawo nga aggya mu mmwe abakyala, era n'abassizaawo (okuva) mu bakyala bammwe abaana n'abazzukulu, n'abagabira (ng'aggya) mu birungi (ebyo bye yabakkiriza). Abaffe, ebitali bituufu bye bakkiriza, n'ebyengerera bya Katonda bo ne babiwakanya (mu kiseera bwe bamugatta n'ebintu ebirala)?—

وَاللّٰهُ جَعَلَ لَكُمْ مِنْ أَنْفُسِكُمْ  
أَزْوَاجًا وَجَعَلَ لَكُمْ مِنْ أَزْوَاجِكُمْ  
بَنِينَ وَحَقَدَ لَكُمْ ذُرِّيًّا وَمَنْ  
الطَّيِّبَاتِ أَقْبَالُ الْبَاطِلِ يُؤْمِنُونَ وَ  
يَنْعَمَتِ اللَّهُ هُمْ يَكْفُرُونَ ﴿٤٢﴾

73. Ne basinza ebyo ebitali Katonda ebyo ebitayinza na kubafunira kintu kyonna kyakulya okuva mu ggulu ne mu nsi, era abatasobola (abo be basinza kubagasa n'akatonu).

وَيَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا  
يَمْلِكُ لَهُمْ رِزْقًا مِّنَ السَّمَاوَاتِ  
وَالْأَرْضِ شَيْئًا وَلَا يَسْتَطِيعُونَ ﴿٤٣﴾  
فَلَا تَضُرُّوهُ اللَّهُ الْأَمْثَالُ إِنَّ اللَّهَ

74. Kale temukubira ku Katonda ebiifaananyi (nga mumwenkanya n'ebintu

70. Omuntu bw'akula ennyo awutta n'aba nga takyamanyi ebyo bye yali amanyi nga tannakadiwa kuwutta.

71. Nga abo Katonda be yagabira ebingi okusinga ku bannaabwe bwe batasobola kwenkana na baddu baabwe, — Ngeri ki bwe bamugatta Katonda n'ebyo bye yatonda, n'abeera nga yenkana nabyo awamu n'okuba nga y'abifuga. Abakola ebyo baba bawakanya byengerera Bye bye yabagabira.

74. Bwe mugatta ku Katonda ebintu ebirala, Ye amanya era yejulira nga bwe watali Katonda mulala atali Ye; — wabula ku lw'obutamanya bwammwe mumugattako ebintu ebirala.

ebirala). Mazima Katonda Amanyi, naye mmwe temumanyi.

75. Katonda yakuba ekifaananyi ky'omuddu afugibwa ateesobola ku kintu kyonna n'oyo gwe twagabira okuva gye Tuli ebyokufuna ebirungi, naye nga agaba ku byo, mu kyama ne mu lwatu. Abaffe benkanankana? Buli kitendo kya Katonda! Wabula abasinga obungi mu bo tebamanyi.

76. Era Katonda yakuba ekifaananyi ky'abasajja (abalala) babiri, omu nga kasiru tasobola ku kintu kyonna, nga naye azitoowerera mukama we, buli wonna w'amwolekeza taleeta bulungi. Abaffe, oyo afaanana n'oyo alagira eri obulunngamau, nga naye ali ku kkubo eggolokofu?

77. Era bya Katonda ebyo Ebitalabikako mu ggulu ne mu nsi, era tekiri ekigambo ky'Ekiseera (ky'enkomerero) wabula (kiri) ng'olutemya lw'eriiso, oba kyo okubeera nga kye kisingako

يَعْلَمُونَ وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٤٧﴾

ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا عَبْدًا مَمْلُوكًا لَا يَقْدِرُ عَلَىٰ شَيْءٍ وَمَنْ رَزَقْنَاهُ مِنَّا رِزْقًا حَسَنًا فَهُوَ يُفْرِقُ مِنْهُ سِرًّا وَجَهْرًا هَلْ يَسْتَوِيٰ أَهْلُ الْأَمْوَالِ بِالَّذِينَ لَا يُكْمَلُونَ الْكَيْدَ وَلَا يَعْلَمُونَ ﴿٤٨﴾

وَضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِّرَجُلَيْنِ أَحَدُهُمَا أَبْكَمٌ لَا يَقْدِرُ عَلَىٰ شَيْءٍ وَهُوَ كَلٌّ عَلَىٰ مَوْلَاهُ أَيْمَانًا يُؤْتِيهِهَا لَا يَأْتِ بِخَيْرٍ هَلْ يَسْتَوِيٰ هُوَ وَمَنْ يَأْمُرُ بِالْعَدْلِ وَهُوَ عَلَىٰ صِرَاطٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٤٩﴾

وَلِلَّهِ غَيْبُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا أَمْرُ السَّاعَةِ إِلَّا كَلَمْحِ الْبَصَرِ أَوْ هُوَ

75. Ekifaananyi kino kyakubibwa ku muddu ne mukama we, mukama we aba yeesobola era ng agaba nga bw'ayagala. Ate ye omuddu afugibwa obufugibwa aba teyeesobola era talina kantu. Ka engeri bombiriri bwe batenkana, bw'atyo ne Katonda talina amwenkana — n'olw'ekyo tekigwar kumwenkanyankanya na kintu kirala mu kumusinza; kubanga ebintu byonna bitonde Bye er n'abantu bonna baddu Be abalina bye beetaaga gy'Ali.

76. Wano Katonda yakuba ebifaananyi bibiri. Ekisooka ye Musajja kasiru atayogera era atalir kalungi k'aleeta. Ow'okubiri nga wa maanyi era ayogera n'asobola okulungamya abantu e ekkubo eggolokofu. Abaffe, ow'amagezi ayinza okwenkanyankanya wakati wa bombi n'abassa k ddaala erimu? — Oba nga tekisoboka, ngeri ki omuntu bwe yenkanyankanya wakati w'ebifaanana ebyabajjibwa mu mayinja ebitayogera wadde okugasa oyo abisinza, ne Katonda oyo Omuton asobola era amanyi okulungamya abantu eri ekkubo eggolokofu.

77. Okutuuka kw'essaawa y'enkomerero kwandiinza okuba okwangu okusinga ne ku kutemy kw'eriiso; kubanga Katonda ky'aba ayagadde akigamba bugambi nti ba ne kiba awatali kugererwa kiscera.

okuba okumpi. Mazima Katonda muyinza ku buli kintu.

78. Ne Katonda ye yabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temumanyi kintu (kyonna), n'abassizzaawo amatu n'amaaso n'emitima oba olyawo ne mwebaza.

اقْرَبْ اِنَّ اللّٰهَ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرٌ ۝۹

وَاللّٰهُ اَخْرَجَكُمْ مِّنْ بُطُوْنِ اُمَّهَاتِكُمْ لَا تَعْلَمُوْنَ شَيْئًا وَّجَعَلَ لَكُمْ السَّمْعَ وَالْاَبْصَارَ وَالْاَفْوَاهَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُوْنَ ۝۱۰

79. Tebalaba ennyonyi ezaagondezebwa (ku lw'obuyinza bwa Katonda okubuukira) mu bbanga (wakati) w'eggulu (n'ensi)? Nga tewali azikutte (kuziwanirira mu bbanga omwo) wabula Katonda. Mazima muli mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ky'abakkiriza.

اَلَمْ يَرَوْا اِلَى الطَّيْرِ مُسَخَّرَاتٍ فِيْ جَوِّ السَّمَآءِ مَا يُمْسِكُهُنَّ اِلَّا اللّٰهُ اِنَّ فِيْ ذٰلِكَ لَاٰيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَعْقِلُوْنَ ۝۱۱

80. Era Katonda yabassizzaawo okuwummula mu mayumba gammwe, n'abatekerawo amayumba (ge muzimba — weema) mu maliba g'ebisolo ebirundibwa, agabanguyira (okusitula) mu nnaku z'okutambula kwammwe ne mu nnaku z'okutuula kwammwe ne mu byoya by'endiga n'ebyingamiya ne mu bikuzzi by'embuzi, (mukolamu) ebintu eby'omu mayumba n'ebintu bye mweyagala nabyo okumala ekiscera (ekigere).

وَاللّٰهُ جَعَلَ لَكُمْ مِّنْ بُيُوْتِكُمْ سَكَنًا وَّجَعَلَ لَكُمْ مِّنْ جُرُوْدِ الْاَنْعَامِ يَوْمًا تَسْقُوْنَ مِنْهَا اَيُّوْمًا طَعْنَكُمْ وَيَوْمًا اَقَامَكُمْ وَاَوْصُوْا بِهَا وَاذْبَارَهَا وَاَشْعَارَهَا اِنَّهَا لَمَتَاعٌ اِلٰى حِينٍ ۝۱۲

81. Era Katonda yabatecerawo ekisiikirize (ekibawonya omusana) mw'ebyo bye yatonda, n'abateera mu nsozi empuku mwe mwekweka n'abatecerawo ebyambalo ebibakingiriza ebbugumu (n'empewo). (n'abatecerawo) n'ebyambalo (cby'ebyuma) ebibakuuma mu ntalo zammwe. Bwe kityo bw'ajjuza ebyengerera Bye ku

وَاللّٰهُ جَعَلَ لَكُمْ مِمَّا خَلَقَ ظِلًّا وَّجَعَلَ لَكُمْ مِّنَ الْجِبَالِ اَنْجَالًا وَّجَعَلَ لَكُمْ سَرَابِيلَ تَقِيْكُمْ الْحَرَّ وَّسَرَابِيلَ تَقِيْكُمْ بِالْسَّخْرِ كَذٰلِكَ يَدَّبَّرُ



- mmwe, oba olyawo ne mukkiriza (Obwomu Bwe).
82. Bwe baba nga bakyuse (okuva kw'e-kyo), mazima ekiri ku ggwe (Muhammad) kwe kutuusa (obubaka) obweyolefu.
83. Bamanyi ekyengera kya Katonda bwe bamala ne bakyegaana. N'abasinga obungi mu bo bakafiiri.
84. (Bajjukize) ne mu Lunaku lwe tuli- zuukiza mu buli kibiina omujulizi (ajulire ku bye baakolanga), oluvan- nyuma tebalikkirizibwa abo abaa- kaafuwala kwetonda, era tebali bo ba kusabibwa kwenenya.
85. Bwe baliba balabye abo abalyazaa- maanyi (abakafiiri) ebibonerezo, tebi- genda kubakendeezebuko, era tebali bo ba kulindirizibwa.
86. Era bwe baliba abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala nga balabye banna- bwe be baasinzanga (abatali Katonda), baligamba: Mukama waffe! Bano be bannaffe abo be twali tusaba abatali Ggwe. Awo abo be baasinzanga ba kuteeka gye bali (abo abaabasinzanga) ekigambo nti: Mazima mmwe muli balimba!
87. Ne beewayo eri okukkiriza Katonda ku lunaku olwo, ne bibabulako ebyo bye baali bagunjawo.
- نَعَمَتَهُ عَلَيْكُمْ لَعَلَّكُمْ تُسْمِعُونَ ﴿٨١﴾
- فَإِنْ تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا عَلَيْكُمُ الْبَلَاءُ الْمُبِينُ ﴿٨٢﴾
- يَعْرِفُونَ نِعْمَتَ اللَّهِ ثُمَّ يُنْكِرُونَهَا  
وَكَثُرُهُمُ الْكَافِرُونَ ﴿٨٣﴾
- وَيَوْمَ نَبْعَثُ مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا  
ثُمَّ لَا يُؤَدُّنَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَلَا لَهُمْ  
يُسْتَعْبُونَ ﴿٨٤﴾
- وَإِذَا رَأَى الَّذِينَ ظَلَمُوا الْعَذَابَ فَلَا  
يُخَفِّفُ عَنْهُمْ وَلَا هُمْ يُنظَرُونَ ﴿٨٥﴾
- وَإِذَا رَأَى الَّذِينَ أَشْرَكُوا شَرَكَاءَهُمْ  
قَالُوا رَبَّنَا هَؤُلَاءِ شُرَكَائُنَا الَّذِينَ  
كُنَّا نَدْعُوا مِنْ دُونِكَ فَأَلْقُوا إِلَيْهِمُ  
الْقَوْلَ إِنَّكُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٨٦﴾
- وَالْقَوْلَ إِلَى اللَّهِ يَوْمَ يَهْدِي السَّلْمَ وَصَلَّ  
عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَفْكَرُونَ ﴿٨٧﴾

84. Ku Lunaku Lw'enkomerero, bannabbi bonna Katonda wa kubazuukiza bawe obujulizi ku bantu b'ebibiina byabwe nga bajulira kw'ebyo bye baakolanga mu kiseera we baabatuusizangako obubaka kuno ku nsi.

86. Bakatonda baabwe abo be baasinzanga bagenda kubaddamu babalimbise nga bwe bataba- sinzanga, kubanga bo teba balagiranga kubasizanga.

87. Abo abaasinzanga bakatonda abo nga basubira nti balibeeyimirira eri Katonda Omutonzi, bakatonda abo ba kubaleka mu kyangaala nga babeegaanye.

88. Abo abaakaafuwala ne baziyiza (abantu) ku kkubo lya Katonda, tugenda kubongeza ebibonyobonyo waggulu w'ebibonyobonyo ku lw'e-byo bye baalinga bayonoona.

الَّذِينَ كَفَرُوا وَاصَدَّقُوا عَنْ سَبِيلِ  
اللَّهِ زِدْنَاهُمْ عَذَابًا فَوْقَ الْعَذَابِ  
بِمَا كَانُوا يَفْسُدُونَ ﴿٨٨﴾

89. (Era bajjukize) n'olunaku lwe tuli-tuma mu buli kibiina omujulizi (Nabbi waabwe) abaweeko obujulizi nga ava mu bo bennyini, ne tukuleeta ggwe (Muhammadi), nga oli mujulizi ku bano (ab'ekibiina kyo) era tussa ku ggwe ekitabo (Kuraane) ku lw'oku-nyonyola buli kintu, era eky'okulunganya n'okusaasira era nga kibulira nga kisanyusa ku Basiraamu.

وَيَوْمَ نَبْعَثُ فِي كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا عَلَيْهِمْ  
مِّنْ أَنفُسِهِمْ وَجِئْنَا بِكَ شَهِيدًا أَعْلَىٰ  
لَهُمْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَنَزَّلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ تِبْيَانًا  
لِّكُلِّ شَيْءٍ وَهُدًى وَرَحْمَةً وَبُشْرَىٰ  
لِّلْمُسْلِمِينَ ﴿٨٩﴾

90. Mazima Katonda alagira bwenkanya na kuyisa bulungi, n'okuwa ab'oluganda olw'okumpi (n'abantu abalala), n'agaana eby'obwenzi n'ebibi n'okulumbagana abantu. Ababuulirira oba olyawo ne mujjukira.

إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُ بِالْعَدْلِ وَالْإِحْسَانِ  
حُطِّبَاتٍ يَوْمَ الْقُرْبَىٰ وَيُنْهَىٰ عَنِ  
الْفُحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ وَالْبَغْيِ يَعِظُكُمْ  
لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿٩٠﴾

91. Mutuukirizenga endagaano ya Katonda bwe mubanga mulagaanyisizza, era tumumenyanga ebirayiro oluvannyuma lw'okubikakasa, mazima nga mufudde Katonda omweyimirize wammwe (olw'okumulayira). Ddala Katonda amanyi ebyo bye mukola.

وَأَوْفُوا بِعَهْدِ اللَّهِ إِذَا عَاهَدْتُمْ  
وَلَا تَنْقُضُوا الْأَيْمَانَ بَعْدَ تَوْكِيدِهَا  
وَقَدْ جَعَلْتُمُ اللَّهَ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا  
إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا تَفْعَلُونَ ﴿٩١﴾

92. Era temuba nga oyo omukazi eyalangululanga ewuzi ze (z'alanze) oluvannyuma lw'okuzinyweza, mu kuzi-

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ نَقَضَتْ غَزَاهُمْ  
مِّنْ بَعْدِ قَوْلِهِمْ اتَّخَذُوا حُرْمًا

89. Kuraane. Kitabo ekibuulirira nga kisanyusa abo abeewaayo okugondera Katonda n'okumwawula mu Bwakatonda Bwe. Kale oyo ayagala okulungama n'okusaasirwa, yeeweeyo ayingire Obusiraamu nga olunaku lw'ebitiiso terunnaatuuka

90. Katonda alagira abantu okumukiriza nga bw'ali Yekka asinzibwa; era alagira kwenkanya na kweyisa bulungi gy'Ali. Okwo nno kwe kumusinza omuntu n'abanga amulaba, era n'okutuukiriza cbyo bye yalaalika wamu n'okweyisa obulungi cri buli omu. n'okuyamba nga kw'atadde.

92. Temwonoonanga ebirayiro byammwe ne mubimenya ne mufaanana nga Omukazi oyo omusiru eyagattululanga ewuzi ze z'amaze okulanga ne ziba enngumu.

gattulula ettundutundu, nga mufuula okulayira kwammwe enkwe n'oku-kwenyakwenya kwe mutadde wakati wammwe ku lw'okubeera nga eki-biina (ky'abantu ekimu) nga kyo kye kisinga obunene ku kibiina (ekirala). Mazima Katonda abagezesa (bugezesa) nakyo era bigenda kubannyonyo-kera mmwe ku Lunaku lw'Okuyimiriira (mu maaso Ge) ebyo bye mwali mwawukanamu.

93. Singa Katonda yayagala yandibafudde (abantu mwenna) ekibiina kimu, naye abuza oyo gw'ayagala era alungama oyo gw'aba ayagadde, era mugenda kubuuzibwa kw'ebyo bye mwalinga mukola.
94. Temufuulanga okulayira kwammwe enkwe n'okukwenyakwenya (kwe mutadde) wakati wammwe, olwo ekigere ne kiseerera oluvannyuma lw'okunywera kwakyo ne mukomba ku bubi (bw'ebibonerezo) ku lw'okuziyiza kwammwe (abantu) ku kkubo lya Katonda, mulina mmwe ebibonyobonyo ebine.
95. Temutundanga endagaano ya Katonda omuwendo omutono. Mazima ebyo ebiri awali Katonda byo bye birungi gye muli, bwe mubeera nga mumanyi.
96. Ebyo ebiri we muli biggwaawo, n'ebyo ebiri awali Katonda bya kusigalawo.

أَيْمَانَكُمْ دَخَلْنَا بَيْنَكُمْ أَنْ تَكُونَ  
أُمَّةً هِيَ أَرْبَىٰ مِنْ أُمَّةٍ إِنَّمَا يَبُذُوكُمُ  
اللَّهُ بِهِ وَيُكَيِّبُنَّ لَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ  
مَا كُنتُمْ فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿٩٣﴾

وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَعَلَكُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً  
وَلَكِن يَبْضُلُ مِنْ يَشَاءُ وَيَهْدِي مَنْ  
يَشَاءُ وَلَتَسْلُكُنَّ عَمَا كُنتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٩٤﴾

وَلَا تَخْذُوا أَيْمَانَكُمْ دَخَلْنَا بَيْنَكُمْ  
فَقَزَلْ قَدَمٌ بَعْدَ ثَوْبِهَا وَتَدْرُؤُوا  
الشُّرُوعَ بِمَا صَدَدْتُمْ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ  
وَلَكُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٩٥﴾

وَلَا تَشْرُرُوا بِعَهْدِ اللَّهِ إِسْمًا قَلِيلًا  
إِنَّمَا عِنْدَ اللَّهِ هُوَ خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ  
كُنتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٩٦﴾

مَا عِنْدَكُمْ يَنْفَدُ وَمَا عِنْدَ اللَّهِ بَاقٍ

Ekyo kyali nti Abakuraishi baalinga balina omuze ogw'okukola endagaano y'eddembe n'ekibiina, bwe baalabanga ekisinga obunene, nga endagaano eyasooka bagimenya. Ekyo Katonda n'akigaana Abasiraamu okukikola.

94. Temumenya ebirayiro byammwe ne museerera okuva ku kkubo ly'Obusiraamu oluvannyuma lw'okunywera ku mateeka gaayo eddiini.

Era olw'okumenya endagaano czaakolebwa edda, mulifuna ebibonyobonyo ebinene.

96. Ebyo byo ebyokufuna by'ensi bya kuggwaawo, naye empeera ze mulifuna awali Katonda mu Bulamu Obw'oluvannyuma bye by'okusigalawo.

Tugenda kusasulira ddala abo abagumiikiriza empeera yaabwe (ennene ddala); ku lw'ebirungi ebyo bye baalinga bakola.

97. Omuntu akola obulungi, k'abe musajja oba mukazi, nga naye mukkiriza, tugenda kumulamusa obulamu obulungi, era tugenda kubasulira ddala empeera yaabwe (ku nkomerero) n'ekisinga obulungi okusinga ebyo bye baalinga bakola.
98. Bw'oba nga osomye Kuraane, weekingirizenga ne Katonda (akukuume) mu sitaane eyagobwa (ku kusaasira Kwe).
99. Mazima ye tarinaayo buyinza kw'abo abakkiriza era nga beesiga Mukama waabwe.
100. Mazima obuyinza bwe abulina kw'abo abamwefuza (ne bamugoberera), n'abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala.
101. Bwe tuba tukyusizza etteeka mu kifo ky'etteeka (eddala),—sso nga Katonda y'amanyi ekyo ky'assa, bagamba nti: Mazima ggwe (Muhammadi) oli mulimba (ebyo ggwe obyeteerawo wekka). Wabula (abantu) abasinga obungi mu bo tebamanyi.

وَلْيُذَيِّقَنَّ الَّذِينَ صَبَرُوا أَجْرَهُمْ

يَاحْسَنَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٩٧﴾

مَنْ عَمِلَ صَالِحًا مِّنْ ذَكَرٍ أَوْ أُنْثَىٰ وَهُوَ

مُؤْمِنٌ فَلْيُحْيِيَنَّاهُ حَيَوةً طَيِّبَةً وَلْيَجْزِيَنَّهُمْ

أَجْرَهُمْ بِأَحْسَنِ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٩٨﴾

فَإِذَا قَرَأْتَ الْقُرْآنَ فَاسْتَعِذْ بِاللَّهِ

مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ ﴿٩٩﴾

إِنَّكَ لَيْسَ لَكَ سُلْطَانٌ عَلَى الَّذِينَ

آمَنُوا وَعَلَىٰ رَبِّهِمْ يَوْمَئِذٍ قَدِيرٌ ﴿١٠٠﴾

إِنَّمَا سُلْطَانُكَ عَلَى الَّذِينَ يَتَوَلَّوْنَكَ

وَالَّذِينَ هُمْ بِهِ مُشْرِكُونَ ﴿١٠١﴾

وَلِإِذْ أَبَدْنَا آيَةَ مَكَانٍ آيَةً ۗ وَاللَّهُ

أَعْلَمُ بِمَا يُنَزِّلُ قَالُوا إِنَّمَا أَنْتَ

مُقْتَدِرٌ بَلْ أَنْتُمْ لَآيَعْلَمُونَ ﴿١٠٢﴾

97. Okwo kwe kulagaanyisa kwa Katonda eri oyo akoze emirimu emirungi nga agoberera Ekitabo kya Katonda n'amateeka ga Nabbi We. Omusajja oba Omukazi aba nga mukkiriza mu mutima gwe — nga akkiriza Katonda n'omubaka We, oyo Katonda agenda kumuwa obulamu obwesimiisa kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma, era amusasule empeera enzijuvu mu Nnyumba Ey'emirembe (Ejjana) nga buli ekimu akimusasulamu ebirungi kkumi — n'okusingawo.

99-100. Katonda mu kitundu kino yalagira Abasiraamu okwekingiriza Sitaane, mu kiseera nga baagala okusoma Kuraane, Katonda abakuume sitaane aleme kubatabula nga basoma, Soma: *AUDHU BILLAAHI MINA SHAITAANIR-RAJIIM.*

101. Katonda bw'aba aggyeewo etteeka (oba aya) eriri mu Kuraane n'azzaawo eddala mu kifo kyalyo, bangi baawakanyanga Nabbi nga bwe bagamba nti ajingiridde bijingirire ne yessizaawo by'ayagala.

102. Gamba nti: Yagissa (Kuraane) Mwoyo Mutukuvu (Malayika Jibriilu) okuva eri Mukama wo mu mazima, eryoke enyweze (okukkiriza) kw'abo abakkiriza, era nga kyakulunggamyana kusanyusa eri Abasiraamu (abakkiriza Obwomu bwa Katonda).

قُلْ نَزَّلَهُ رُوحُ الْقُدُسِ مِنْ رَبِّكَ  
بِالْحَقِّ لِيُبَيِّنَ الَّذِينَ آمَنُوا وَهُدًى  
وَبُشْرَى الْمُسْلِمِينَ ﴿١٠٢﴾

103. Era mazima Ffe tumanyi nti bo bagamba, nti: Mazima amuyigiriza muntu buntu. Olulimi lw'oyo gwe bagamba nti y'amuyigiriza si Luwarabu, (sso) nga yo eno (Kuraane eri mu) lulimi Luwarabu olunnyonyofu.

وَلَقَدْ نَعَّمْنَا عَلَيْهِمْ بِذُنُوبِهِمْ وَإِنَّا لَنَاصِعُونَ  
بَشَرِ لِسَانِ الَّذِي يُحَدِّثُكَ وَالْيَهُودِ  
عَجَبِي وَهُدًى لِسَانِ عَمْرِئِ مُبِينٍ ﴿١٠٣﴾

104. Mazima abo abatakkiriza Ebigambo bya Katonda (bye yassa ku Nabbi We), Katonda tabalunggamyana era balina bo ebibonyobonyo ebiruma.

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ لَا  
يَهْدِيهِمُ اللَّهُ وَأَلْهَمَهُمْ عَذَابَ أَلِيمٍ ﴿١٠٤﴾

105. Mazima abagunjawo obulimba (ku Katonda) be bo bokka abatakkiriza bigambo bya Katonda, n'abo bo be balimba!

إِنَّمَا يَفْتَرِي الْكُذِّبُ الَّذِينَ لَا  
يُؤْمِنُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ وَأُولَئِكَ هُمُ  
الْكُذِّبُونَ ﴿١٠٥﴾

106. Omuntu awakanya Katonda oluwannyuma lw'okukkiriza kwe (n'akyuka — alindiriddwa ebibonyobonyo ebine) — okuggyako oyo aba akaki-

مَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنْ بَعْدِ آيَاتِهِ إِلَّا  
مَنْ أَكْرَهَ وَوَقَلْبُهُ مُطْمَئِنٌّ بِالْإِيمَانِ

103. Abakuraish abaawakanyanga Nabbi baagambanga nti Kuraane Muhammadi gye yaba-buulirang . nayo bigambo bya Muntu y'abimusomera. N'oyo gwe baagamba nti y'amusomesa yali Omurumi ayakyuka obukyusi okuva mu Bukristaayo — ataali Muwarabu, kale yali tasobola kwogera Luwarabu lukakafu nga olwa Kuraane, nga era bwe watali Muwarabu yenna yandirusobode kulutuukiriza atyo. N'olw'ekyo baali beerimba.

105. Abo abawakanya ebigambo bya Katonda, ne bagaana okukkiriza Katonda n'omubaka We, be bagunjawo obulimba sso ssi Nabbi Muhammadi. Kuba ye yayatikirira n'amazima mu ggwanga lye okuviira ddala mu buto bwe okutuusa lwe yatumbwa — Oyo omwogera mazima, omwesigwa; Nabbi Muhammadi (s.a.w.). Ye wa mazima okusinga abantu bonna, era ye tumanyi era omukkiriza okusinga abantu bonna.

106. Omuntu omukkiriza owa ddala oyo aba akakiddwa obukakibwa olw'okutiisibwa okutibwa oba okukubibwa, oba okutuusibwako akabi konna olwo n'ayatula ekigambo ky'obukafiri n'olulimi kyokka nga omwoyo gwe gunyweredde ku bukkiriza: Oyo tabalibwa mw'abo abakyuse okuva mu ddiini, okuggyako oyo ayecwaayo eri obukaafiri mu kweyagalira.

- ddwa (obukakibwa) nga n'omutima gwe guteredde ku bukkiriza—Naye oyo ayanjululiza ekifuba kye (eri) obukafiiri: Baliko abo okusunguwalirwa okuva eri Katonda. Era balina ebibonyobonyo ebinene.
107. Ekyo lwa kubanga mazima bo bayagalawo obulamu bw'ensi ku (Bulamu) Obw'oluvannyuma. (Ng'ate) ddala mazima Katonda talunggama kibiina kya bakafiiri.
108. Bo be bo Katonda be yazibikira ku mitima gyabwe ne ku matu gaabwe ne ku maaso gaabwe. Nabo bo be bagayaavu.
109. Kikakafu mazima bo ku Nkomerero be b'okufaafaaganirwa.
110. Oluvannyuma, mazima Mukama wo kw'abo abasenguka oluvannyuma lw'okukembwa (olw'okubonyabonyezebwa), n'oluvannyuma ne balwana (mu kkubo lya Katonda) era ne bagumiikiriza: Mazima Mukama wo oluvannyuma lw'ebyo (ku bo) Musonyiyi, Musaasizi (abasaasira era n'abasonyiwa).
111. (Bajjukize) olunaku buli mwoyo lwe gulijja nga gwennyonyolako gwokka, ne gusasulwa buli mwoyo ekyo kye gwakola, nabo tebagenda kulyazaamaanyizibwa.

وَلَكِنْ مَنْ شَرَحَ بِالْكَفْرِ صَدْرًا  
فَعَلَيْهِمْ عَذَابٌ مِنَ اللَّهِ وَهُمْ  
عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٠٧﴾

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ اسْتَحَبُّوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا  
عَلَى الْآخِرَةِ وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي  
الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿١٠٨﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ طَبَعَ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِهِمْ  
وَسَمِعَهُمْ وَابْصَارَهُمْ وَأُولَئِكَ  
هُمُ الْغَافِلُونَ ﴿١٠٩﴾

لَا جَرَمَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ هُمْ  
الْخُسِرُونَ ﴿١١٠﴾

ثُمَّ إِنَّ رَبَّكَ لِلَّذِينَ هَاجَرُوا مِنَّا  
بَعْدَ مَا قُتِلُوا ثُمَّ جَاهَدُوا وَصَبَرُوا  
إِنَّ رَبَّكَ مِنْ بَعْدِهَا غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١١١﴾

يَوْمَ تَأْتِي كُلُّ نَفْسٍ بِجُودِلٍ عَنَّا  
نَفْسَهَا وَتُؤْتِي كُلُّ نَفْسٍ مَّا عَمِلَتْ  
وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿١١١﴾

111. Buli mwoyo gulyewozaako nga gwetaasa gwokka awatali kufa ku mulala. Era Katonda tagenda kukendeeza ku birungi byabwe wadde okwongera ku bibi byabwe.

112. Katonda yakuba ekifaananyi ky'ekyalo ekwali nga kiri mirembe era nga kitebenkedde (n'abantu baakyo), ne bikijjira ebyokulya byako mu bujjuvu okuva mu buli kifo; wabula ne kyegaana ebyengera bya Katonda, Katonda n'akikombesa ku kyambalo (ekibi) eky'enjala n'okutya ku lw'ebyo bye baali bakola (abantu baakyo).

وَصَوَّبَ اللَّهُ مَثَلًا قَرِيَةً كَانَتْ لَأُومَةُ  
مُظْمِيَّةً يَأْتِيَنَهَا رُعْدٌ مِنَ السَّمَاءِ  
كُلِّ مَكَانٍ فَكَلَّمَتْ يَا نُعْمَ اللَّهُ  
فَإِذَا أَقْبَحَ اللَّهُ لِبَاسَ الْجُوعِ وَالْحَوْفِ  
بِمَا كَانُوا يَصْعَعُونَ ﴿١١٢﴾

113. Nga mazima yabajjira Omubaka nga ava mu bo ne bamulimbisa, kale ebibonyobonyo ne bibakwata nga nabo balyazaamaanyi.

وَلَقَدْ جَاءَهُمْ رَسُولٌ مِنْهُمْ  
فَكَذَّبُوهُ فَأَخَذَهُمُ الْعَذَابُ وَهُمْ  
ظَالِمُونَ ﴿١١٣﴾

114. Kale mulye mw'ebyo Katonda bye yabagabira ebitukuvu ebirungi, era mwebaze ebyengera bya Katonda bwe mubeera nga Ye gwe musinza.

فَكَلُوا وَمَتَارَنَّا رَبَّكُمْ اللَّهُ حَلَّالًا  
طَيِّبًا وَاشْكُرُوا نِعْمَتَ اللَّهِ إِنْ  
كُنْتُمْ إِيَّاهُ تَعْبُدُونَ ﴿١١٤﴾

115. Mazima kwazizibwa ku mmwe (okulya) ennyamanfu, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekyogereddwako eritali linnya lya Katonda (mu kusalibwa); (okuggyako) omuntu abaawaliriziddwa akabi k'enjala (n'alya kw'ebyo) atali mwonoonyi era atalumbaganye, mazima Katonda Musonyi, Musaasizi.

إِنَّمَا حَرَّمَ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةَ وَالدَّمَ  
وَالْحَمَّ الْخَنِزِيرَ وَمَا أَهْلَ الْغَيْرِ اللَّهُ  
بِهِ فَمَنْ اضْطُرَّ غَيْرَ بَاغٍ وَلَا عَادٍ  
فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١١٥﴾

112. Abantu b'ekyalo ekyo tebeebaza byengera bya Katonda, era tebaamugondera wadde okumukkiriza nga bw'Ali Omu mu Bwakatonda Bwe.

113. Wano ekifaananyi ekigendererwa be bantu b'omu Makka, abo abaali emirembe nga bateredde mu kibuga kyabwe. Katonda yabatumira omubaka Muhammadi (s.a.w.) kyokka ne bamuwakanya, ne beerema okumukkiriza. Katonda n'abakyusiza mu libadde eddembe okutya n'okweralikirira, era n'abasindikira enjala okumala ebbanga eyabatuusa n'okweralikirira n'okulya ebifudde n'amaliba. Era baatuuka n'okubeera buli kiscera nga bali mu kutya amagye ga Nabbi (s.a.w.) okutuusiza ddala lwe yabawangula.

115. Mu Aya eno Katonda yakkiriza Omukkiriza okulya ekimu kw'ebyo ebyazizibwa lwa nsonga ya kukuimirako bulamu bwe kyokka kyokka, bw'aba nga talina kw'ebyo ebikkirizibwa. Wabula olufuna ebyo ebikkirizibwa okuliibwa, takkirizibwa kuddayo kulya kw'ebo ebyazizibwa.



116. Era temugambanga, ebyo bye zoo-gera ennimi zammwe ennimba, nti: Kino kitukuvu ate kino kizira: mulyoke mugunjewo obulimba ku Katonda. Mazima abo abagunja ku Katonda obulimba si ba kulokoka.

وَلَا تَقُولُوا لِمَا كُنْتُمْ كَذِبًا  
الْكَذِبَ هَذَا حَلَلٌ وَهَذَا حَرَامٌ  
لِنَفْتَرُوا عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ إِنَّ الَّذِينَ  
يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ لَا يُظْلَمُونَ ﴿١١٦﴾  
مَتَاعًا قَلِيلًا وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١١٧﴾

117. Balina okweyagala kutono (nnyo kuno ku nsi); nabo balina ebibonyobonyo ebiruma.

وَعَلَى الَّذِينَ هَادُوا حَرَمًا مَا كَانَتْ حَرَامًا  
عَلَيْكَ مِنْ قَبْلُ وَمَا ظَنَنَّهُمْ وَلَكِنْ  
كَانُوا أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿١١٨﴾

118. Ne kw'abo Abayudaaya twaziza ku bo ebyo bye twakutegeezezza oluberyebye: (Naffe) tetwabalyazaamaanya, naye baalinga balyazaamaanya (bokka) emyoyo gyabwe.

ثُمَّ إِنَّ رَبَّكَ لِلَّذِينَ عَمِلُوا الشُّرُوءَ  
بِجَهَالَةٍ ثُمَّ تَابُوا مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ وَ  
أَصْلَحُوا إِنَّ رَبَّكَ مِنْ بَعْدِهَا لَغَفُورٌ  
رَحِيمٌ ﴿١١٩﴾

119. Era mazima Mukama wo alina kw'abo abakola ebibi mu butamanya, oluvannyuma ne beenenya oluvannyuma lw'ekyo ne balongoosa, mazima Mukama wo oluvannyuma lw'ekyo (ekibi) Musonyiyi, Musaasizi (ku bo).

إِنَّ إِبْرَاهِيمَ كَانَ أُمَّةً قَانِتًا لِلَّهِ  
حَنِيفًا وَلَمْ يَكُ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٢٠﴾

120. Mazima Ibrahiimu yali omukulembeze omugonvu (eri Katonda we), teyali wa mu bagatta Katonda na bintu birala;

شَاكِرًا لِلنَّعْمَةِ إِجْتِبَاهُ وَهَدَاهُ إِلَى  
صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿١٢١﴾

121. (Yali) ayeebaza ebyengera Bye (Katonda bye yamuwa), yamwawula n'amulungamya eri ekkubo eggolokofu.

116. Katonda agaana abantu obuteeteerangawo mateeka agaabwe ne baziza ebyo Ye bye yatukuza, ate ne batukuza ebyo bye yaziza nga bagamba nti ebyo eddiini ye yabifuula etyo. Okwo kuba kutemerera Katonda.

118. Ebyo Katonda bye yayogera mu Ssuula AI-An'aam, Aya ey'ekikumi mw'ana mu omukaaga okuziza ku Bayudaaya okulya bye bino: okulya buli kyonna ekirina enjala, n'amasavu g'ente n'ag'embuzi; yabagaana okulya ebyo nga ekyo kibonerezo ku bo olw'obukakanyavu bw'emitima gyabwe

119. Buli muntu yenna aba akoze ekibi n'amala yeeneya n'aleka ebyo bye yakola, gamba nga n'atandika okugondera Katonda— Katonda amusonyiwa ebyo bye yakola okusooka kubanga buli yenna aba amujeemedde, aba ajemezza butamanya.

122. Ne tumuwa mu nsi ebirungi, na mazima ye ku Lunaku Lw'enkomerero alibeera wa mu balongoofu (ab'ama-daala aga waggulu).  
 وَأَتَمَّنُهُ فِي الدُّنْيَا حَسَنَةً ۖ وَإِلَيْهِ فِي  
 الْآخِرَةِ لَمَنَ الصَّالِحِينَ ﴿١٢٢﴾
123. Bwe twamala ne tukutumira (Ggwe Muhammadi nga tugamba) nti: Goberera eddiini ya Ibrahiimu, eyayawukana ku ddiini zonna, era teyali wa mu bagatta Katonda na bintu birala.  
 ثُمَّ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ أَنْ اتَّبِعْ مِلَّةَ  
 إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا ۚ وَمَا كَانَ مِنَ  
 الْمُشْرِكِينَ ﴿١٢٣﴾
124. Mazima lwateekebwawo Olw'omukaaga kw'abo bokka abaalwawukanamu, na mazima, Mukama wo agenda kulamula wakati waabwe ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso Ge) mw'e-byo bye baalinga baawukanamu.  
 إِنَّمَا جُعِلَ السَّبْتُ عَلَى الَّذِينَ اخْتَلَفُوا  
 فِيهِ ۚ وَإِنَّ رَبَّكَ لَيَكْتُمُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ  
 الْقِيَامَةِ فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿١٢٤﴾
125. Yita (abantu) okujja eri ekkubo lya Mukama wo n'amagezi n'okubuulira okulungi, era obakaayanye n'ekyo ekisinga obulungi. Mazima Mukama wo y'amanyi oyo eyabula okuva ku kkubo Lye, era Ye y'amanyi abalungamu.  
 أَدْعُ إِلَى سَبِيلِ رَبِّكَ بِالْحُكْمَةِ ۚ وَ  
 الْمَوْعِظَةِ الْحَسَنَةِ ۚ وَجَادِلْهُمْ بِالَّتِي  
 هِيَ أَحْسَنُ ۚ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ مِمَّنْ  
 ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ ۚ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُتَدْرِكِينَ ﴿١٢٥﴾

123. Wano kitegerekeka nga eddiina ya Nabbi Ibrahiimu y'eddiini ya Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

124. Olunaku Olw'omukaaga lwakakasibwa ku bantu (Abayudaaya) ab'omulembe gwa Nabbi Musa, lubeeere olunaku lw'okukunngaanirako ku lw'okusinza Katonda. Ekyo Katonda yakikola olw'obukakanyavu bw'Abayudaaya abataakomyanga kukaayana, kuwakanya na kujcemera Nabbi waabwe. Era bangi mu bo baamenyanga etteeka ly'obutakola kantu konna ku lunaku olwo.

Kyo ekibiina kya Nabbi Muhammadi Katonda yakiteerawo Olunaku Lwokutaano nga lwa kumusinzizaako. Naye terufaanako mu ngeri yonnanga olw'Abayudaaya Olunaku lw'omukaaga wadde Sunday ey'Abakristaayo. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Katonda yasubya abo abaalimo oluberyeberye Iwaffe obutafuna Lunaku Lwakutaano. Kale Abayudaaya kyebaava baba nga balina Lwamukaaga, ate Abakristaayo Lwa-Sunday. Ffe ab'ekibiina kya Nabbi Muhammadi Katonda n'atulungamya eri Olunaku Lw'Ejjuma."

125. Mu aya eno Katonda yalagira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) akoowoole abantu okujja eri eddiini y'Obusiraamu nakwo kwe kubakoowoola n'ebigambo ebiri mu Kuraane, ne' biri mu Hadithi n'eggonjebwa wabula yagaanibwa tabavuma obuvumi wadde okuvuma eddiini zaabwe, kubanga mu ngeri eyo, kiba kizibu oba tekisoboka kusikiriza omuntu kukkiriza.

Yamulagira ababuulirire bulungi. gamba nga okubaleetera ebyo eby'okulabirako eby'abo abasooka basobole okwekuuma ku busungu bwa Katonda.

126. Bwe mubonerezebwa, nammwe mubonereze nga ekyenkanyi (ky'ekyo) kye mubonerezebbwa nakyo. Naye bwe muba nga mugumiikirizza (ne mutabonereza), kyo kye kisinga obulungi ku bagumiikiriza.

وَأَنْ عَاقِبْتُمْ فَاقْبُوا بِمِثْلِ مَا عُوذْتُمْ بِهِ  
وَلَنْ يَكْفُرَكُمْ اللَّهُ وَخَيْرٌ لِلصَّابِرِينَ ﴿١٢٦﴾

127. Gumikirizanga (Ggwe Muhammadi). Tekuli okugumiikiriza kwo wabula ku lwa (buyambi bwa) Katonda. Era tobanakuwaliranga, wadde tobeeranga mu bwennyamivu ku lw'ezo enkwe ze basala (kubanga tujja kukutaasa).

وَأَصْبِرْ وَمَا صَبْرُكَ إِلَّا بِاللَّهِ وَلَا تَحْزَنْ  
عَلَيْهِمْ وَلَا تَكُنْ فِي صَبِيحٍ وَمَا يَمْكُرُونَ ﴿١٢٧﴾

128. Mazima Katonda ali wamu n'abo abamutya era abo bo abalongoosa.

إِنَّ اللَّهَ مَعَ الَّذِينَ اتَّقَوْا وَالَّذِينَ  
هُمُ أَحْسَنُونَ ﴿١٢٨﴾

126. Era Abakkiriza babulirirwa nti oyo yenna aba abakoze ekibi nammwe mumukolenga ekyo ky'aba abakoze awatali kwongerako.

Aya eno yakka oluvannyuma lw'okutta Hamza ne bamusalako ebitundu by'omubiri gwe. Nabbi (s. a. w.) n'agamba nti: "Nange nngenda kukola ekyo kye bakoze ku muntu waabwe gwe tuliba tusse ku lutalo." Awo Katonda kwe kussa aya eno — emugaana okukola ekyo.

128. Abantu abo abagondera Katonda, abakuuma n'abataasa ne bawangula abalabe baabwe.

## EBIFA KU SSUULA AL-ISRAA'I MU BUFUNZE (17)

Essuula eno ebalibwa mu ssuula ezakkira e Makka nga Nabbi tannasenguka kulaga Madina.

Esinga nnyo kwogera ku bikwata ku nzikiriza nga bwe kiri mu ssuula ezisinga obungi mw'ezo ezakkira e Makka. Essuula ezo zisinga kwogera ku bikolo by'eddiini nga okwawula Katonda mu Bwa Katonda Bwe, Obubaka bwe yatuma bannabbi Be, Okuzuukira kw'ebitonde oluvannyuma lw'okufa n'ebirala. Kyokka eno yo essira eritadde ku bikwata ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.), n'okwogera ku byewuunyo Katonda bye yamwawulira ebikakasa obwannabbi bwe n'Obubaka bwe.

Essuula esookedde ku kwogera ku kyamagero ky'okutwalibwa kwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) e Jurusaalimu n'okuva awo n'atwalibwa mu ggulu n'akomawo mu Makka mu kiro kimu nga obudde tebunnakya. Eno y'ensonga lwaki essuula eno eyitibwa *Al-Israai*, ekitegeeza ekikolwa eky'okutwalibwa kwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) — okuva e Makka n'atwalibwa e Jerusaalimu, ng'ekigendererwa kwe kumuggya awo atwalibwe mu ggulu, alagibwe ebyamagero. Kino kimusukkulumya ye Muhammadi (s.a.w.) ku bannabbi banne olw'okutuusibwa mu kifo ekitaatuukwamu Nabbi mulala yenna. Era ekikolwa kino kye kimu kw'obwo obubonero obulaga obuyinza bwa Katonda.

Era essuula y'emu eno enyumya ku Baana ba Israeli n'engeri Katonda bwe yabateekako okugobwa mu nsi yaabwe emirundi ebiri ku lw'okwonoona kwabwe, n'obubuze bwabwe, n'okumenya kwabwe ebiragiro Bye.

Essuula era etutegeeza, obubonero obulaga obuyinza bwa Katonda okugeza nga enkyukakyuka y'obudde, ekiro ne kijja omusana ne guvaawo mu ngereka eyeewuunyisa. Nga era essuula eno bw'eyogedde ku nkolagana y'abantu ne Katonda waabwe Oyo eyabatonda n'abalagira bamusinze awatali kumugattako kintu kirala mu kumusinja. Era n'engeri omuntu gy'ayinza okuyisa mukadde we amuzaala omukazi n'omusajja. Katonda yagaana omuntu okuboggolera abazadde be oba okubagamba ekigambo ekiraga okubeetamwa.

Era n'eyogera ku bakafiiri abasinza bakatonda ab'obulimba n'abo abatemerera Katonda nti alina omwana, nga abakafiiri b'omu Makka bwe baagambanganga nti bamalayika bawala ba Katonda sso nga Katonda ayawulwa obutamugattako kintu kyonna mw'ebyo bye yatonda.

Era essuula eno etegeeza ebifa ku kuzuukira n'ebyo ebiribaawo ebyo ebyaliko empaka empitirivu wakati wa Nabbi n'abatakiriza b'omu Makka. Essuula eno emaliriza n'okukubiriza abantu okwawula Katonda obutamugattako kintu kyonna era n'ekigumiza nga bw'atalina mwana wadde omukyala.



## ESSUULA AL-ISRAA'I (17)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 12 ne Aya 116

*Ku Linnya Iya Katonda Omusaasizi  
Ow'Ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ayawulwa Oyo ayatwala omuddu  
We ekiro okuva ku Muzigiti Ogw'e-  
mizizo (ogw'e Makka) okulaga ku  
Muzigiti Ogukomererayo Okuba Ewa-  
la, (ogw'e Jerusaalimu — Al-Aksaa,  
Baitul Makdis), ogwo gwe twawa

سُبْحَانَ الَّذِي أَسْرَى بِعَبْدِهِ لَيْلًا  
مِّنَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ إِلَى الْمَسْجِدِ  
الْأَقْصَا الَّذِي بَرَكْنَا حَوْلَهُ لِنُرِيَهُ

1. Katonda bwe yamala okweyogerako nga bw'ayawulwa mu Bwakatonda Bwe n'obuyinza Bwe, olwo n'ategeeza nga bwe yatwala omuddu We Muhammadi (s.a.w.) okumuggya e Makka ku Muzikiti Ogw'emizizo (Kaaba) okumutwala ku Muzikiti Baitul Makdis ogw'e Jerusaalimu ogwo Katonda gwe yawa emikisa ne gigwetoolola emabballi waagwo. Ekyo yakikola kubanga Omuzikiti ogwo ky'ekitebe kya bannabbi okuvira ddala ku Nabbi Ibrahimu (emirembe gibe ku bo). N'oluvannyuma yamuggya awo n'amutwala mu ggulu alyoke amulage obubonero obulaga obuyinza Bwe, era alyoke amuwe enkizo ku Bannabbi bonna, olw'okumutuusa awo awatatuukwanga Nabbi mulala yenna era n'olw'okwogera naye awatali muvuuuzi. Olw'eddaala eryo Katonda Iye yawa Nabbi We Muhammadi (s.a.w.), omuntu aleme kulowooza nti olw'ekitiibwa ekyamuweebwa ekyo kimuggya mu kifo ky'obuddu okumutuusa mu kifo ky'obwakatonda, wabula kituufu omuntu amanye nti newankubadde omuntu Katonda amugulumizza atya n'amutuusa ku madaala aga waggulu ddala, tayinza kuva mu kifo kya kuba muddu wa Katonda.

Nga abakunstaayo bwe baatabulwa ku Nabbi Issa olw'okubanga Katonda yamuwa engeri ey'enjawulo mu kuzaalibwa kwe n'okutwalibwa kwe mu ggulu n'ebyamagero bye yamugabira, ne bamusukkulomya okumuggya mu ddaala ly'okuba omuddu wa Katonda ne bamufula omwana wa Katonda oba Katonda ddala, awamu n'okuba nga ekyo tebakirinaako bujulizi obwava cri Ye.

Mu kitundu kino Katonda akakasa olugendo lwa Nabbi (s.a.w.) — Miraaje, okuva e Makka okutuuka e Jerusaalimu mu kiro kimu kyokka, n'okuva awo okugenda mu ggulu.

Katonda yalegeeza nli ensonga eyamulwazisa e Jerusaalimu yali lwa kumulaga obuyinza Bwe, nabyo by'chyoo Nabbi (s.a.w.) bye yalaba mu ggulu nga bwe yalulegeeza. Olugendo lwa Nabbi (s.a.w.) olw'okugenda mu ggulu. obujulizi bwalwo bwakakata mu bigamboebituufu. Nabbi (s.a.w.) bye yannyonyola nga bwe yajirwa Malayika ku muzikiti gw'e Jerusaalimu, yagamba nti: (Bwe natuuka ku gwo) ne nnyingira ne nsaaliramu enkulama bbiri ne nfuluma, Malayika Jibriilu n'ajja n'andectera eggiraasi bbiri ey'omwenge n'eyamata ne nsiimako amala n'agamba nti: "Otebye empisa ey'obutonde." Yagamba nti: "Bwe yamala n'anninyisa okuntwala mu ggulu erisooka n'asaba okumuggulirawo, n'abuuzibwa gw'ali naye, n'agamba nti: "Ndi wamu ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti: "Yayitiddwa?" n'ategeeza nga bwe nayitiddwa. Ne tuggulirawo. Nagenda okulaba nga ndaba Nabbi Adamu. N'annyaniriza n'ansabira obulungi. Bwe namala nentwalibwa mu ggulu ery'okubiri. Jibriilu n'asaba okumuggulirawo, n'agambibwa nti: "Gwe ani?" N'addamu nti: "Nze Jibriilu." N'abuuzibwa nti: "Oli n'ani?" N'agamba nti: "Ndi ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti:

emikisa emabbali waagwo, tulyoke tumulage (obumu) mu Bubonero Bwaffe! Mazima Ye (Katonda) Awulira, era Alaba,

مِنَ آيَاتِنَا إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ﴿١٠١﴾

'Yayitiddwa?' n'agamba nti: 'Yee!' Ne tuggulirwawo. Nagenda okulaba nga ndaba ab'oluganda ababiri (nga bannyaabwce abaabaazaala baluganda, omu yadda ku munne), nabo ye Yahaya ne Issa Mutabani wa Mariyamu. Ne bannyaniriza ne bansabira obulungi. Ne ntwalibwa mu ggulu ery'okusatu. Jibriilu n'asaba okuggulirwawo. N'abuuzibwa nti "Ggwe ani?" N'agamba nti: "Nze Jibriilu." Ne bamugamba nti: 'Oli n'ani?!' N'agamba nti: "Ndi ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti: "Yayitiddwa?" N'addamu nti "Yee". Ne tuggulirwawo. Nagenda okulaba nga ndaba Yusufu. N'annyaniriza n'ansabira obulungi. Bwe namala ne ntwalibwa eri eggulu ery'okuna, Jibriilu n'asaba okuggulirwawo. N'abuuzibwa nti: "Ggwe ani?" N'agamba nti: "Nze Jibriilu." N'abuuzibwa nti: "Oli n'ani?" N'agamba nti: "Ndi ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti: "Yayitiddwa?" N'agamba nti: "Yayitiddwa." Ne tuggulirwawo. Nagenda okulaba nga ndaba Idirisa. N'annyaniriza, n'ansabira obulungi. Bwe namala ne nsitulwa eri eggulu ery'okutaano, Jibriilu n'asaba okuggulirwawo. N'abuuzibwa nti: "Ggwe ani?" N'agamba nti: "Nze Jibriilu." N'abuuzibwa nti: "Oli n'ani?" N'agamba nti: "Ndi ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti: "Yayitiddwa?" N'agamba nti: "Yee". Ne tuggulirwawo. Nagenda okulaba nga ndaba Haruuna. N'annyaniriza, n'ansabira obulungi. Bwe twamala ne ntwalibwa eri eggulu ery'omukaaga, Jibriilu n'asaba okuggulirwawo n'abuuzibwa nti: "Ggwe ani?" N'agamba: "Ndi Jibriilu." N'agambibwa nti: 'Oli Naani?' N'agamba nti "Ndi ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti: "Yayitiddwa?" N'agamba nti: "Yee". Ne tuggulirwawo. Nagenda okulaba nga ndaba Musa. N'annyaniriza, n'ansabira obulungi. Bwe twamala ne ntwalibwa eri eggulu ery'omusanvu. Jibriilu n'asaba okuggulirwawo. N'abuuzibwa nti "Ggwe ani?" N'agamba nti: "Nze Jibriilu." N'abuuzibwa nti: "Oli n'ani?" N'agamba nti: "Ndi ne Muhammadi." N'abuuzibwa nti: "Yayitiddwa?" N'addamu nti "Yee." Ne tuggulirwawo. Nagenda okulaba nga ndaba Ibrahimu (emirembe gibe ku ye) nga yeesigameye ku Nnyumba eyitibwa *Al-Maamuru*, nagenda okulaba nga Bamalayika emitwalo musanvu abagiyingira mu buli lunaku ate nga tebaddayo kuyingiramu mulundi mulala wabula buli lunaku nga baja balala. Bwe namala ne ntwalibwa awali omuti oguyitibwa *Sidrat Al-Muntaha*, nagenda okulaba nga ebikoola byagwo biringa amatu g'enjovu (obunene, era) nga n'ebibala byagwo biringa amatogero obunene. Bwe gwabikkwa ekyo ekyagubikka mu kigambo kya Katonda ne gufuuka, tewali kitonde mu bitonde bya Katonda asobola okunyuma obulungi bwagwo. Okuva awo ku muti ogwo ye Muhammadi yagenda yekka okweyongera mu maaso, Malayika Jibriilu we yakoma.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Awo Katonda n'antumira ekyo kye yantumira. N'andaalika esswala amakumi taano buli lunaku. Ne nzika okutuuka lwe natuuka awali Musa, n'agamba nti: "Katonda wo ekibiina kyo akiraalise ki?" Ne mugamba nti akiraalise esswala amakumi taano ekiro n'emisana. N'agamba nti "Ddayo eri Katonda wo omusabe akukendeerezeeko kubanga ab'ekibiina kyo ekyo tebjaja kukisobola. Mazima nze nagezesa Abaisraili ne mbategeera." Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Ne nzirayo eri Katonda wange ne nngamba nti: "Katonda Wange! Kendeereza ku kibina kyange." N'ansalirako esswala ttaano. Ne nkomawo eri Musa n'ambuuzi nti: "Katonda wo akoze ki?" Ne mugamba nti ansaliddeko ttaano. N'agamba nti: "Ddayo eri Katonda wo omusabe akukendeerezeeko kubanga ekibiina kyo tekigenda ekyo kukisobola."

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti "Ssaalekyo kuddinngana wakati wa Katonda wange ne Musa nga ansalirako ttaano ttaano okutuusa Katonda bwe yanngamba nti: "Owange Muhammadi zo ziri esswala ttaano buli lunaku emisana n'ekiro, na buli sswala emu erimu esswala kkumi okugatta awamu ge makumi taano. Oyo anaayagalanga okukola ekirungi n'atakikola, aliwandiikirwanga empeera za kirungi kimu, bw'alikikolanga aliwandiikirwanga za birungi kkumi. N'omuntu anaayagalanga okukola ekibi n'atakikola, tekigendanga kumuwandikirwako wabula bw'alikikolanga, aliwandiikirwanga ekibi kimu.

Nabbi yagamba nti "Ne nzirayo okutuuka awali Musa ne mubuulira, n'agamba nti: "Ddayo eri Katonda wo omusabe akukendeerezeeko kubanga ekibiina kyo tekigenda ekyo kukisobola." Nabbi

2. Ne tuwa Musa Ekitabo ne tukifuula eky'okulunngamya eri Abaana ba Israeli (Abayudaaya – nga tubagamba): temufuulanga atali Nze omukuumi
3. (Era n'abagamba nti: Mmwe) zzadde (eryava) mw'abo be twasitula awamu ne Nuuhu (mu Iyato, mube abeebaza nga mukadde wammwe oyo bwe yali). Mazima ye yali muddu ayeebaza.
4. N e tutumira eri Abaana ba Israeli mu Kitabo(Tauraati) nti: Mugenda kwoononera ddala mu nsi emirundi ebiri, era mugenda kwekuluntaliza mu nsi olwekuluntaza oluyitirivu.
5. Kale bw'erituuka endagaano esooka kw'ezo ebbiri, tulibasindikira mmwe abaddu Baffe bannannyini (kuba) na maanyi amayitirivu beekulukuubize mu (buli) miwaatwa gy'amayumba gammwe, ne kibeera nga endagaano ekoledwa (mu bujjvu).

وَآتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ وَجَعَلْنَاهُ هُدًى  
لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ أَلاَّ تَتَّخِذُوا مِن  
دُونِي وَكِيلاً ﴿١٥﴾  
ذُرِّيَّةً مِّنْ حَمَلْنَا مَعَ نُوحٍ إِنَّهُ  
كَانَ عَبْدًا شَكُورًا ﴿١٦﴾

وَقَضَيْنَا إِلَىٰ بَنِي إِسْرَائِيلَ فِي الْكِتَابِ  
لنَفْسِدَنَّ فِي الْأَرْضِ مَرَّاتٍ مِّنْ  
كَثِيرٍ لِّتَعْلَنَ أَعْيُنُهُمْ أَفْرَافًا  
فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ أُولَاهُمَا بَعَثْنَا عَلَيْكُمْ  
عِبَادَ النَّارِ أُولَئِكَ بِأَسْشَدِّ بَدِينًا  
خَلَلْنَا الدَّيْرَ وَكَانَ وَعْدُ الْمَفْعُولِ ﴿١٧﴾

(s.a.w.) n'agamba nti: "Nzirinnaganye eri Katonda wange okutuusa Iwe nsonyiwadde."

Nabbi (s.a.w.) yategeeza nga bwe yakka ku nsi mu kiro ekyo kyennyini n'asula mu maka ge era enkeera yatandika okunyumiza abantu b'omu Makka. Abo abaali batannamukkiriza ne bamulimbisa. kyokka abo abaali abakkiriza ab'amazima bakkiririzaawo nga Muhammadi bw'ayogera amazima, era nga bwe kiteewunyisa okuba nga agenze mu ggulu n'akomawo, kubanga Katonda tasobola kulemwa kukola ekyo ky'aba ayagadde. Okukola Kwe alagira bulagizi ekyo ky'aba ayagadde ne kibaawo nga engeri gy'akyagaddemu.

2. Temuddiranga atali nze Katonda ne mumufuula omukuumi wammwe abakuuma era ne mumusinja. wabula Nze nzekka Nze gwe muba mufuula omukuumi wammwe era Omutaasa wammwe. Munsinze awatali kungattako kintu kirala kyonna.

3. Abange mmwe abaava mu zzadde Iy'abo be twasitulira mu Iyato Iya Nabbi Nuuhu ne tubawonya okuzikirira n'amataba, mwebaze ekyengera Katonda kye yabawa Ku Iw'okutuma gye muli Nabbi Muhammadi; mufaanane ne Nabbi Nuuhu kubanga ye yali muddu wa katonda ayeebaza ebyengera Bye.

4. Mugenda kwonoona mu nsi ku Iw'okujeemera Katonda n'okukola ebibi, era mwekuluntaliza ku bantu ebeere ensonga y'okubasindikira abaddu Baffe ab'amaanyi babalwanyise oluvannyuma ate muddewo nga bwe mwali. Ate mwonoone era.tuddemu okubabasindikira abalala.

5. Oluvannyuma Iw'okubawangula bagenda kufuga ensi yammwe ne babeera nga beekulukuubya mu nsi yammwe, nga tewali abakuba ku mukono era nga tebalina kye batya.



6. Bwe twamala ne tubaddiza amaanyi ne mubawangula abo abaali baba-wangudde omulundi omulala, ne tubawagira (n'okubawa) emmaali n'abaana, ne tubafuula abasinga (abalala bonna) obungi.

ثُمَّ رَدَدْنَا لَكُمُ الْكَرَّةَ عَلَيْهِمْ  
وَأَمَدَدْنَاكُمْ بِأَمْوَالٍ وَبَنِينَ وَجَعَلْنَاكُمْ  
أَكْثَرَ نَفِيرًا ﴿٦﴾

7. (Ne tubagamba nti): Bwe muba nga mulongoosezza muba mulongoose-rezza myoyo gyammwe, bwe muba nga mwonoonye, muba mwonoonye (ku) lwa gyo. Kale bw'eriba nga etuuse endagaano ey'enkomerero (tulibawendulira abalabe abalala) bayonoone mu maaso gammwe, era baguyingire Omuzigiti gwammwe (ogw'e Jerusaalimu) nga bwe baaguyingira omulundi ogwasooka, era balyoke basesebbulle ekyo kye baliba bawangudde olusesebbulu.

إِنْ أَحْسَنْتُمْ أَحْسَنْتُمْ لِأَنْفُسِكُمْ  
وَإِنْ أَسَأْتُمْ فَلَهَا فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ  
الْآخِرَةِ لِيَسُوءَ وُجُوهَكُمْ وَلِيَدْخُلُوا  
الْمَسْجِدَ كَمَا دَخَلُوهُ أَوَّلَ مَرَّةٍ  
وَلِيُتَبَرَّأُوا مِمَّا كَانُوا تُبَرِّئُونَ ﴿٧﴾

8. (Naye singa mweddako ne mulongoosa) oba oliyawa Mukama wammwe n'abasaasira (n'abaggyako omulabe wammwe), naye bwe munaddamu (okwonoona tujja kuddamu okubabonyabonya), era twateekawo omuliro (Jahannama) nga ly'ekkomera ly'abakafiiri (mwé balingirizibwa obutavaamu).

عَسَىٰ رَبُّكُمْ أَنْ يَرْحَمَكُمْ وَإِنْ عَدَا  
عِدْنَا وَجَعَلْنَا قُلُوبَنَا  
حَصِيرًا ﴿٨﴾

9. Mazima eno Kuraane erungamya eri eryo (ekkuubo) erisinga obugolokofu, era cbuulira abakkiriza nga ebasanyusa abo abakola emirimo emi-

إِنَّ هَذَا الْقُرْآنَ يَهْدِي لِلَّذِي هِيَ  
أَقْوَمُ وَيَشِيرُ الْمُؤْمِنِينَ إِلَىٰ الْذِينَ

6. Oluvannyuma lw'ekiseera Katonda yabaddiza obufuzi bwabwe ne bawangula, Katonda n'abawa ezadde n'emmaali n'ebibala okutuusa lwe baabeera nga ekika kyabwe kye kisinza abantu abangi ku bika ebirala byonna.

7. Bwe muliddayo okwonoona omulundi omulala Katonda alibasindikira omulabe wammwe ku lw'obwonoonyi bwammwe ne mwennyamira, n'obunakuwavu bwammwe ne bweyoleka mu maaso gammwe era omulabe wammwe aliyingira ekibuga kyammwe e Jerusaalimu nga bwe yali yakiyi-ngira omulundi ogwasooka mu kiseera bwe mwayonoona, era alisesebbulu buli kyonna ky'alituu-saako engalo.

rongoofu, nti mazima balina empeera ennene (mu maaso ga Katonda);

10. Era mazima (ebabuulira) abo abatakkiriza nkomerero (nga bwe) twabategekera ebibonyobonyo ebiruma.

11. Omuntu ayinza okwesabira obubi mu kifo ky'okwesabira obulungi (olw'okubanga) omuntu okuva ddi na ddi mwanguyiriza.

12. Ne tussaawo ekiro n'emisana nga bubonero bubiri. Ne tusangulawo akabonero k'ekiro (ne mutaba kitangaala), ne tufuula akabonero k'emisana nga (bwo bwe) budde obulaba, mulyoke munoonye ebigabwa okuva eri Mukama wammwe, era mulyoke mumanye omuwendo gw'emyaka, n'okubala (ebiseera); buli kintu twakinnyonyola olunnyonyola (olumatiza mu Kuraane).

13. Na buli muntu twamukakasaako emirimo gye (egimuvaamu) mu nsingo ye, tugenda kugimugyirayo ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) nga Kitabo ky'alisanga nga kyanjuluzwe.

14. (Olwo agambibwe nti): Soma ekitabo kyo. Kikumala gawe wennyini okubalibwa olwa leero.

يَعْمَلُونَ الصَّالِحَاتِ إِنَّ لَهُمْ أَجْرًا كَثِيرًا ⑩

وَأَنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ  
أَعْتَدْنَا لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ⑪

وَيَدْعُ الْإِنْسَانَ بِالشَّرِّ دُعَاءَهُ  
بِالْخَيْرِ وَكَانَ الْإِنْسَانُ عَجُولًا ⑫

وَجَعَلْنَا اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ آيَاتَيْنِ  
فَمَحَوْنَا آيَةَ اللَّيْلِ وَجَعَلْنَا آيَةَ  
النَّهَارِ مُبْصِرَةً لِّتَبْتَغُوا فَضْلًا مِّن  
رَّبِّكُمْ وَلِتَعْلَمُوا عَدَدَ السِّنِينَ  
وَالْحِسَابَ وَكُلَّ شَيْءٍ فَصَّلْنَا  
تَفْصِيلًا ⑬

وَكُلَّ إِنْسَانٍ أَلْمَنَهُ طَيْرَهُ فِي  
عُنُقِهِ وَنُحِرَ لَهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ كِتَابًا  
يَلْقَاهُ مَنْشُورًا ⑭

اقْرَأْ كِتَابَكَ ط كَفَىٰ بِنَفْسِكَ الْيَوْمَ  
عَلَيْكَ حَسِيبًا ⑮

11. Mu kitundu kino Katonda yategeeza engeri omuntu gy'ayanguyirizamu oluusi n'oluusi ayinza okwesabira obubi oba n'asabira omwana we n'emmaali ye okufa. oluusi n'amukolimirira sso singa Katonda ayanukula okusaba okwo yandibadde nga azikirira. Katonda n'ategeeza nti, ekimutusa kw'ekyo kwe kwanguyiriza.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Temwesabiranga obubi mmwe mwennyini ne ku mmaali yammwe, muyinza okugwikiriza ekiseera Katonda ky'ayanukuliramu n'abaanukula (ne kituukirira kye muba mwasabidde).

13. Buli mulimu gwonna omuntu gw'akola ka gube mulungi oba mubi gumuwandiikwako, mu kitabo kye era Katonda agenda kumuletera emirimo egyo nga gikunngaanyizibwa mu kitabo ekyo ky'alisanga nga kyanjululukufu.

15. Oyo alunnngamye, mazima aba alunnngamye ku lulwe, n'abula, aba abuze ku lwa mwoyo gwe. Era tegugenda kwetikka omwoyo ogw'oyo omwonoonyi kibi (kya mwoyo) mulala. Era tetwali ba kubonyabonya (bantu) okutuusa lwe twabatimiranga omubaka (abamanyise ebirungi n'ebibi. Kale bwe baabiwakanyanga olwo ne tubazikiriza).

مِنَ اهْتَدَىٰ قَاتِلًا يَهْتَدَىٰ لِنَفْسِهِ  
وَمَنْ ضَلَّ قَاتِلًا يُضِلُّ عَلَيْهِمُ وَلَا  
تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَىٰ وَمَا كُنَّا  
مُعَذِّبِينَ حَتَّىٰ نَبْعَثَ رَسُولًا ۝١٥

16. Bwe tuba nga twagadde okuzikiriza ekyalo (n'abantu baakyo ku lw'obwonoonyi bwabwe) tulagira abeeyagazi baamu (abagagga n'abafuzi, okutya Katonda), (oluvannyuma bwe bagaana ne beeyongera) okwonoone-ramu, olwo ne (kiryoka) kikikakatako Ekigambo (ky'okuzikirira) olwo ne tukisesebbula olusesebbula.

وَلِذَا ارْتَدْنَا ان تَهْلِكَ قَرِيْبَةً اَمْرًا  
مُّتَرَفِيْهَا فَفَسَقُوْا فِيْهَا حَتَّىٰ عَلِيْهَا  
الْقَوْلُ قَدَّرْنَا تَدْ مِيْرًا ۝١٦

17. Gyenkana wa emirembe (gy'abantu) gye twazikiriza oluvannyuma lwa (Nabbi) Nuuhu! Kimala okuba nga Mukama wo Ye Mumanyi w'ebibi by'abaddu Be era Alaba.

وَكَمْ اَهْلَكْنَا مِنَ الْقُرُوْنِ مِنْ بَعْدِ  
نُوْحٍ وَكَفَىٰ بِرَبِّكَ بِذُنُوْبٍ عٰبِدِهٖ  
خَبِيْرًا اٰبْسِيْرًا ۝١٧

18. Omuntu yenna aba ayagala ensi (eno ey'oluwunguko) nga gy'akolerera, tumwanguyiza mu yo ekyo kye twagala kw'oyo gwe twagadde. Oluvannyuma ne tumuteekerateekera omuliro (Jahannama) nga gw'alyesogga, nga avumwa,

مَنْ كَانَ يَرْيِدُ الْعٰجِلَةَ عَجَلْنَا لَهٗ  
فِيْهَا مَا نَشَاءُ لِمَنْ نُرِيْدُ ثُمَّ جَعَلْنَا

15. Buli yenna akola ekibi aba akyekoledde yekka era tetwali muntu alivunaanwa ku Iwa kibi kya muntu mulala.

Katonda tetwali wa kubonyabonya bantu lwa kumujemera n'obutamukkiriza nga bw'Ali Omu, okutuusa bwe yamalanga okubatumira omubaka abalunnngamye, olwo nno bwe baabanga tebakkiriza n'alyoka abavunaanwa oluvannyuma bw'okubaaawo obujulizi obubassisaako omusango.

16. Singa Katonda ayagadde okuzikiriza ekitundu ky'ensi kyonna, asooka n'aleetera abakungu baamu abagagga n'abafuzi omubaka n'abatiisa akbi akayinza okubaviira mu bikolwa byabwe n'okubakubiriza bakole ebirungi, kyokka bo bwe batakomya bwonoonyi wabula ne bayitiriza okwonoona ne wabulawo abakomako, olwo Katonda n'alyoka azikiriza ekitundu ekyo.

18. Omuntu oyo akolerera obulamu bw'ensi bwokka n'atafa ku Bulamu bwa Nkomerero, Katonda amwanguyiza okufuna mu nsi ekyo ky'aba amwagalizza okufuna: kyokka ku Lunaku Lw'Enkomerero omuntu oyo agenda kwesogga Muliro nga avumwa era nga agobeddwa mu kusaasira kwa Katonda era nga anyoomwa olw'obutatya Katonda mw'ebyo by'amugabira.

- nga agobeddwa (mu kusaasira kwa Katonda).
19. N'omuntu ayagala Enkomerero n'agiteganira okuteganirwa kwayo (okugisaanira) nga naye mukkiriza, abo okutegana kwabwe kwebazibwa (awali Katonda).
20. Buli omu tumuwanvuyiza, mu bano na bali (ababi n'abalungi, n'afuna) mu bigabwa bya Mukama wo. Era tekubeeranga okugaba kwa Mukama wo kuziyizibwa (ku muntu yenna).
21. Tunuulira engeri gye twasinza (mu bigabwa wano ku nsi) abamu ku bannaabwe, n'Enkomerero y'esinga amadaala amanene era y'esinza okusinnzana okunene.
22. Toteekanga ku Katonda katonda omulala. (Owange ggwe omuntu)! (Sikulwa) ng'otuula nga ovumwa, aya buliddwa.
23. Yasalawo Mukama wo nti: Temusinzanga omulala yenna wabula Ye yekka (gwe muba musinza). era n'akubiriza nti n'abazadde bombiriri mubayisenga bulungi. Singa mazima abanga atuusizza obukulu (n'akaddiwa) nga ali w'oli, omu ku bombiriri oba bombiriri tobagambanga (ekigambo) ekibi (eky'okubenyinyala)

لَهُمْ يَصْلَهُمَا مَدْمًا مَدْمًا حُورًا ۝۱۸

وَمَنْ أَرَادَ الْآخِرَةَ وَسَعَىٰ لَهَا سَعْيًا وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَٰئِكَ كَانَ سَعْيُهُمْ مَشْكُورًا ۝۱۹

كُلًّا نُمِدُّهُمُوهَا وَهَؤُلَاءِ مِنْ عَطَاءِ رَبِّكَ وَمَا كَانَ عَطَاءُ رَبِّكَ يَحْظُرُونَ ۝۲۰

أَنْظُرْ كَيْفَ فَضَّلْنَا بَعْضَهُمْ عَلَىٰ بَعْضٍ ۝۲۱  
وَلِلْآخِرَةِ الْكِبْرُ دَرَجَاتٍ وَالْكَبْرُ أَفْضَلُ ۝۲۲

لَا تَحْجَلْ مَعَ اللَّهِ الْهَاءَ الْآخِرَةَ فَتَقْعُدَ  
مَدْمًا مَدْمًا تَحْذُؤًا وَلَا ۝۲۳

وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا يَا  
وَبِأُولَٰئِكَ إِحْسَانًا إِذَا مَا يَلْعَنُ  
عِنْدَكَ الْكِبْرُ أَحَدُهُمَا أَوْ كِلَيْهِمَا  
فَلَا تَقُلْ لَهُمَا آفٌ وَلَا تُسَمِّرْهُمَا ۝۲۴

20. Buli omu mu bantu ab'ebibiina ebibui: oyoakolerera ensi n'oyo akolerera enkomerero, buli omu tumuwa mu kugaba Kwaffe okugazi ku lw'obulungi obuvudde gye Tuli. ne tugabira omukkiriza n'atali mukkiriza n'oyo agondera amateeka Gaffe oteekeko n'oyo agajeemera kubanga okugaba kwa Katonda tekwasizibwa ku muntu yenna kabe mukkiriza oba nedda.

21. Okusinnzana kw'abantu mu madaala mu Bulamu Obw'oluvannyuma kwe kusinga obunene okusinga okusinnzana kwabwe kuno kll nsi. kubanga abamu balirabika nga bali mu buzibu wansi omu muliro, nga ate abalala bali eyo mu madaala aga waggulu mu Nnyumba Ey' emirembe (Ejjana).

22. Toddiranga Katonda Oyo Ali Omu n'omugattako katonda omulala mu kumusinza. sikulwa ng'obeera avumwa ku lw'okugatta Katonda Omu mu Bwakatonda Bwe ne bakatonda abalala; Ye Katonda n'akwabilira n'atasobola kukulaasa wabula n'akulekera ebyo by'osinzizza ebitayiza kukugasa oba okukuleetera akabi.

era tobakambukiranga, wabula baga-  
mbenga kigambo kya kubagulumiza.

قُلْ لَهُمَا قَوْلَا كَرِيمًا ﴿٣٣﴾

24. Era obakkakkanyize bombiriri eki-  
wawaatiro ky'obwetoowaze mu ku-  
saasira. (Betoowalizenga mu bikolwa  
byo), era ogambe (nga obasabira): Ai  
Mukama wange! Basaasire bombi-  
riri nga (nabo) bwe banderanga nga  
ndi muto.

وَإخْفِضْ لَهُمَا جَنَاحَ الذُّرَىِّ مِنَ  
الرَّحْمَةِ وَقُلْ رَبِّ ارْحَمْهُمَا كَمَا  
رَبَّيْنِي صَغِيرًا ﴿٣٤﴾

25. Mukama wammwe y'amanyi ebyo  
ebiri mu myoyo gyammwe. Bwe muba  
abalongoofu (olubeerera eri bakadde  
bammwe, iwe mubasobyane ne mube-  
nenyeza), Mazima Ye (Katonda) Mu-  
sonyiye eri abeenenya (ne badda eri  
Ye).

رَبِّكُمْ أَعْلَمُ بِمَا فِي نُفُوسِكُمْ إِنَّ  
تَكُونُوا صَاحِبِينَ فَإِنَّهُ كَانَ لِلْأُولَئِينَ  
عَقُورًا ﴿٣٥﴾

26. Era wanga ow'oluganda ekimukaka-  
tirwa (okumuwa), (era owenga) n'omu-  
naku, n'omutambuze, naye toduu-  
buudanga (emmaali yo) oluduubuuda.

وَأْتِ ذَا الْقُرْبَى حَقَّهُ وَالْيَتَامَى  
وَابْنَ السَّبِيلِ وَلَا تُبْدِرْ تَبْدِيرًا ﴿٣٦﴾

27. Mazima abaduubuuzi (okuva edda  
n'edda) baali baganda ba sitaane,  
nga ye sitaane yali (bulijjo) omuwa-  
kanyi (ataasiima eri) Mukama we.

إِنَّ الْمُبْدِرِينَ كَانُوا إِخْوَانَ الشَّيْطَانِ  
وَكَانَ الشَّيْطَانُ لِرَبِّهِ كَفُورًا ﴿٣٧﴾

24. Ebigambo bingi ebyava ku Nabbi (s.a.w.) ebikubiriza omuntu okuyisa obulungi abazadde era ebiraga obubi bw'okubayisa obubi. Omuntu ateekwa okuyisa obulungi abazadde be mu bulamu bwabwe n'oluvannyuma lw'okufa kwabwe: nakwo kwe kubasabira n'okwegayirira Katonda abasaasira singa bafudde nga Basiraamu.

Naye bwe baba nga si Basiraamu afina okubayisa obulungi mu bulamu bwabwe, naye tateekwa kubasabira oluvannyuma lw'okufa kwabwe kubanga amateeka g'eddiini gagaana okusabira oyo eyafa nga si Musiraamu.

25. Amakulu nti bwe mubeera ab'amazima mu kuyisa obulungi abazadde bammwe ne mutabayisa bubu, ddala Katonda abasonyiwa ebibi byammwe era Asonyiwa buli oyo yenna aba yeenenyezza n'adda gy'Ali. Oluusi omwana ayinza okukola ekyo ekirabika nga eky'okunyooma ggwe omuzadde, naye nga takikoze lwa kunyooma. Oluusi kiyinza okuba nga kye kikula kye. Ekyo kiyingira mw'ebyo Katonda by'asonyiwa.

26. Bw'obanga ogaba wangayo ekyo ekisaanidde naye n'otoduubuudanga mu kugaba kwo, okutuusa n'okuwaayo ekyo ky'oncetaaga. Sookanga omale obwetaavu bwo n'obw'amaka go, olwo ku nfisi esigaddewo kw'oba otoolo ogabe.

27. Temubeeranga abaduubuuzi abawaayo emmaali yaabwe mw'ebyo ebiteesanyira ne mubeera abafaanana sitaane mu kwawukana ku mateeka ga Katonda n'okugawakanya, ate nga mumanyi nga

28. Bw'obanga obaawukanyeeke (olw'obutafuna ky'obawa), ku lw'okunoonya okusaasira kwa Mukama wo, kw'osuubira. era bagambenga ekigambo ekyangu (eky'ekisa).

وَمَا نُعْرِضُ عَنْهُمْ ابْتِغَاءَ رَحْمَةٍ  
مِّن رَّبِّكَ تَرْجُوهُمَا فَقُلْ لَهُمْ قَوْلًا  
مَّيْسُورًا ﴿٢٨﴾

29. Tofuulanga omukono gwo ogukoli-giddwa mu nsingo yo (n'otagaba) era togwanjuluzanga olwanjuluza lwonna (n'ogaba ng'okuduubuuda), n'otuula nga onenyezebwa, asigaliddewo obusa.

وَلَا تَجْعَلْ يَدَكَ مَغْلُولَةً إِلَىٰ عُنُقِكَ  
وَلَا تَبْسُطْهَا كُلَّ الْبَسْطِ فَتَقْعُدَ  
مَلُومًا تَحْسُرًا ﴿٢٩﴾

30. Mazima Mukama wo ayanjuliriza ebyokufuna kw'oyo gw'aba ayagadde, n'akufundiza (kw'oyo gw'ayagadde). Mazima Ye yali ku baddu Be Omumanyi w'ebiyama. Alaba.

إِنَّ رَبَّكَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَن يَشَاءُ  
وَيَقْدِرُ إِنَّهُ كَانَ بِعِبَادِهِ خَبِيرًا  
بَصِيرًا ﴿٣٠﴾

31. Era temuttanga abaana bammwe ku lw'okutya obwavu. Ffe tubagabira (bo) nammwe. Mazima okubatta (okuva ddi na ddi) kyali kisobyo kinene.

وَلَا تَقْتُلُوا أَوْلَادَكُمْ خَشْيَةً أَمَا لَقِي  
تَحْنُ نَرُزِقُهُمْ وَرِثَاكُمْ إِن كُنتُمْ  
كَانَ خِطَاؤًا كَبِيرًا ﴿٣١﴾

sitaane yawakanya dda Katonda ne yecgaana ebyengera Bye, era n'agaana okumugondera mu buli kyonna kye yamulagiranga.

28. Amakulu nti bwe babanga bakusabye oba bakulagiddwa okubawa n'otabawa olw'obutafuna ky'obawa bagambenga ekigambo eky'ekisa awatali kubakayukira. — gamba nga okubalagaanyisa nti singa Katonda anaaba ampadde nja kubayamba. Wano kisaana kitegerekeke nti okuyamba aboluganda Katonda yakukakasa ku muntu sso ssi nti okubayamba kuba bakakolera kisa. Nedda ssi bwe kiri, wabula omuntu aba asasudde bbanja Katonda lye yamulaalika.

29. Tobanga mukodo sitakange, n'obeera anenyezebwa arasobola kuyamba muntu yenna; era tobeeranga agaba okugaba okusukka ku kusobola kwo n'osigala nga tolina kantu, atakyesobola okufaanaana nga ensolo ekooye etakyasobola na kutambula.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti, "Tekendeera emmaali ku lw'okugigabako, ne Katonda tayongera muddu aba agabye (kintu kirala kvonna) wabula amwongera kitiibwa. N'omuntu ayeeuwombeeka ku lwa Katonda. Katonda amusitula (mu madaala ne mu birungi)."

30. Katonda y'alina okwanjuliriza ebyokufuna kw'oyo gw'aba ayagade era alina okufundiza kw'oyo gw'ayagadde. Ekyo akikola nga aggya ku kumanya kwe n'okulaba ani asaanira okuweebwa n'oyo atasaanira, kubanga amanyi nti singa omuddu wango oyo mmuwa emmaali yandimwoonnye: kale ne bubeera nga obwavu kye kirungi gy'ali. era amanyi nti singa omuddu wange oyo mmwanvuwaza yandiyoonese. Olwo ne kiba nga obugagga bwe bunaamulongoosa n'olw'lekyo n'amuggawaza.

31. Katonda yagaana ekikolwa abakafiiri mu Bawarahu kye baalinga bakola eky'okutta abaana baabwc abawala ku lw'okutya obwavun'okubagabirira. era n'ategeezaa nga omulimu gw'okubalisa bwe gutali ku bo wabula nga bwe guli ku Katonda. Olwo n'avumirira ekikolwa ekye nga bwe kin ekisobyo ekinene.

32. Era temusebereranga obwenzi. Mazima bwo kyali kibi okuva ddi na ddi era ly'ekkubo erisinga obubi.

وَلَا تَقْرَبُوا الرِّبِّيَّ إِنَّهُ كَانَ فَاحِشَةً  
وَسَاءَ سَبِيلًا ﴿٣٢﴾

33. Era temuttanga omwoyo ogwo Katonda gwe yaziza (okutta) wabula mu bya mazima. N'oyo aba attiddwa mu kulangibwa obwemage, ddala twa-terawo nnannyini ye (omusika we) obuyinza (obw'okuvunaana oyo amusse), kyokka tasussanga (ekikomo) mu kutta. Mazima ye ataasibwa (n'etteeka cry'amazima).

وَلَا تَقْتُلُوا النَفْسَ الَّتِي حَرَّمَ اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ وَمَنْ قُتِلَ مَظْلُومًا فَقَدْ جَعَلْنَا لَوْلِيهِ سُلْطَانًا فَلَا يَسْرِفُ فِي الْقَتْلِ إِنَّهُ كَانَ مَنْصُورًا ﴿٣٣﴾

34. Era temusebereranga emmaali ya mulekwa wabula n'eyo engeri esinga obulungi (eri mulekwa) okutuusa lw'asajjakulanga; era mutuukirizenga endagaano. Mazima endagaano yali ya kubuuzibwako (ku Lunaku l'wenkomerero).

وَلَا تَقْرَبُوا مَالَ الْيَتِيمِ إِلَّا بِالَّتِي هِيَ أَحْسَنُ حَتَّىٰ يَبْلُغَ أَشُدَّهُ وَأَوْدُوا بِالْعَبْدِ إِنَّ أَلْفَ عَهْدٍ كَانَ مَسْئُورًا ﴿٣٤﴾

32. Katonda yagaana okuseberera obwenzi, era n'ategeeza nga bwe kiri eky'obuwemu. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti "Tewali, oluvannyuma lw'okugatta Katonda n'ekintu ekirala, kibi kisinga bunene awali Katonda okusinga Obwenzi."

Obwenzi busibukako ebibi bingi. Mulimu okuzaaya abaana ne baweebwa abatali bakitaabwe era oluusi kivaako n'abaana abo okubatta nga bwe kirabika bulijjo nga abaana abamu basuuliddwa. abalala nga basuuliddwa mu bunnya obukyamirwamu, ekyo ekityoboola ekitiibwa ky'omuntu oluusi ne kituusa kw'abo ababa bafunye embuto ez'obwenzi ne ku kufa nga bagezaako okuzigyamu embuto ezo. Era omwana w'obwenzi aba nga ali mu kubonabona ebbanga lyonna.

Mu kutwalira awamu, singa eggwanga ligwamu omuze ogwo liba liseberedde okugwa mu ddubi n'okuggwaamu empisa n'ekitiibwa. Obwenzi buleeta obwavu n'endwadde czitamanyiddwa.

33. Katonda yaziza okutta omuntu nga alangibwa obwemage bw'aba nga tazzizza musango gumukakasaako kuttibwa. Singa omuntu attirwa obwereere muganda w'omufu alina obuyinza okusaba omulamuzi awese eyasse engassi. Oyo nnannyini muntu attiddwa y'alina obuyinza okusawo ekyenkanyi ky'engassi oyo, naye tateekwa kusukka bikomo n'attiramu oyo ateetabye mu kutta muntu we. Amaliriza ng'agamba nti omuntu oyo gwe battidde omuntu we n'omulamuzi alina okumuyamba era na buli mufuzi yenna.

34. Katonda wano akuutira abantu obutakozesanga mmaali ya mulekwa okuggyako nga bamaze okwetegera ekkubo erisinga obulungi mu kugikuumu. Era alagira nti emmaali eyo ekuumbiwenga okutuusa mulekwa lw'akula n'atuusa okusobola okwemalira ensonga ze ku bubwe. gamba ng'atuusizza egy'obukulu wakati w'emyaaka 18 na 21 oba n'okusingawo.

Buli muntu ateekwa okutuukiriza endagaano zonna z'akolagana ne bantu banne, wamu n'oku- tuukiriza byonna by'abalagaanyisa okubakolera kubanga Katonda wa kubibabuzaako ku Lunaku L'wenkomerero.



35. Era mutuukirizenga ebigerero bwe mubanga mugera, era mupimenga n'ebipimo ebyenkamu. Ekyo kye kirungi era bwe buddo obusinga obulungi(mu Bulamu Obw'oluvannyuma).
36. (Owange omuntu!), toyimiranga kw'ekyo ky'otalinaako kumanya. Mazima okuwulira n'okulaba n'omuti - Buli kimu kw'ebyo kya kubuuzibwa.
37. Era totambulanga mu nsi ga weewulira. Mazima ggwe tojja kuwummula ttaka, wadde tojja kutuuka nsozi butumbiivu bwazo. (Kale olwo weekulumbaza Iwaki)?
38. Buli kimu kw'ebyo kibi tekyagalwa awali Mukama woo
39. Ebyo bya mw'ebyo Mukama wo bye yakutumira mu kumanya (Kwe, Ggwe Muhammadi). Toteekanga awamu ne Katonda katonda omulala, (ne weesanga) ng'osuulwa mu muliro, (n'obeera) anenyezebwa, (era) ayeesammulwa ne yeesamba obulungi bwonna.

وَأَذِنُوا لَكِ الْكَيْلَ إِذْ أَيْدِيكُمْ ذُرِّيُّوْنَا  
يَالْقَسْطَاسِ الْمُسْتَفْبِحِ ذَٰلِكَ خَيْرٌ  
وَأَحْسَنُ تَأْوِيلًا ﴿٣٥﴾

وَلَا تَنْفَعُ مَالِكٌ لَكَ بِهِ عِلْمٌ وَإِنَّ  
السَّمْعَ وَالْبَصَرَ وَالْفُؤَادَ كُلُّ أُولَٰئِكَ  
كَانَ عَنْهُ مَسْئُورًا ﴿٣٦﴾

وَلَا تَمْشِ فِي الْأَرْضِ مَرَحًا إِنَّكَ  
لَنْ تَخْرِقَ الْأَرْضَ وَلَنْ تَبْلُغَ الْجِبَالَ  
طُورًا ﴿٣٧﴾

كُلُّ ذَٰلِكَ كَانَ سَيِّئُهُ عِنْدَ رَبِّكَ  
مَكْرُوهًا ﴿٣٨﴾

ذَٰلِكَ وَمَا أَوْحَىٰ إِلَيْكَ رَبُّكَ مِنْ  
الْحِكْمَةِ وَلَا تَجْعَلْ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ  
فَتُلْفَىٰ فِي جَهَنَّمَ مَلُومًا مَدْحُورًا ﴿٣٩﴾

35. Amakulu nti, ekyo kyo kye kigenda okubawa obuddo obulungi mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

36. Tolondoolanga kw'ekyo ky'otomanyiiko bukakafu, era toyogeranga ku muntu ekyo ky'otomanyi era tomalanga gayogera nga ojja ku kulowooza obulowooza, wabula yogeranga ekyo ky'olinako obukakafu.

Katonda yatwekesa okugoberera ebirowoozo era n'agamba nti: Ebirowoozo ebimu bifuuka ekibi. ekikakasa ku muntu omusango mu maaso ga Katonda. Era Nabbi (s.a.w.) yalaba nga ekigambo ekirowooze obulowooza kye kisinga okuba eky'obulimba. Omuntu tasaana kwogera oba okuggya ebigambo ku muntu omulala era tasaana kulamula oba okusalawo ku kintu kyonna wabula nga amaze okwetegereza n'okukikakasa okutuusa Iw'aggwaamu okubusabuusa ku kyo.

38. Ebyo byonna ebyogeddwa wano mw'ebyo ebigaaniddwa, okuva ku kugaana okugatta Katonda n'ebintu ebirala okutuusa ku kino ekikomereddeyo, byonna Katonda agenda kubibonereza abikoze.

40. Abaffe (mmwe abakafiiri b'omu Makka!): Mukama wammwe yabaa-wulira (n'abawa) abaana abalenzi, Ye ne yeesimirawo abaana abawala okuva mu bamalayika? Mazima mmwe mwogera ekigambo ekinene (ddala mu bubu)!

أَفَأَصْفُكُمْ رَبُّكُمُ بِالْبَنِينَ وَاتَّخَذَ  
وَمِنَ الْمَلَائِكَةِ إِنَانًا إِنَّكُمْ لَتَقُولُونَ  
قَوْلًا عَظِيمًا ﴿٤٠﴾

41. Mazima twannyonyola mw'eno Kuraane (ebitiiso ebya buli kika, mu buli ngeri) balyoke bajjukire, wabula tekubongera okutiisa kuno abo (abakafiiri) wabula okudduka.

وَلَقَدْ صَرَّفْنَا فِي هَذَا الْقُرْآنِ  
لِيَذَّكَّرُوا وَمَا يَزِيدُهُمْ إِلَّا نُفُورًا ﴿٤١﴾

42. Bagambe (Ggwe Muhammadi, abo abakafiiri) nti: Singa baali awamu naye (Katonda) bakatonda (abalala), nga bwe bagamba, (abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala), bandinoonyezza ekkubo crituuka eri Nnannyini *Al-Arushu* (bamulwanyise).

كُلُّ لَوْكَانَ مَعَهُ إِلَهَةٌ كَمَا يَقُولُونَ  
إِذَا لَبَّتُوا إِلَىٰ ذِي الْعَرْشِ سَبِيلًا ﴿٤٢﴾

43. Ayawulwa n'asukkuluma okwawukana n'ebyo bye bagamba, olusukkuluma oluyitirivu!

سُبْحٰنَهُ وَتَعَالَىٰ عَمَّا يَقُولُونَ عُلُوًّا  
كَبِيرًا ﴿٤٣﴾

44. Eggulu omusanvu n'ensi n'ebiri mu byo (byonna) bimutendereza tewali kintu kyonna wabula kitendereza ebintendo Bye; naye mmwe temutegeera kutendereza kwabyo! Mazima Ye

تُسَبِّحُ لَهُ السَّمَوَاتُ السَّبْعُ وَالْأَرْضُ  
وَمَنْ فِيهِنَّ وَإِنْ مِّنْ شَيْءٍ إِلَّا

40. Mu kitundu kino Katonda yadda mu bakafiiri abo abaagambanga nti bamalayika bawala Be awamu n'okuba nga bo tebaayagalanga baana bawala era nga bagezaako n'okubaziika nga balamu. Wano kwe kubagamba nti, ngeri ki Katonda bwe yandibawadde abaana abalenzi abo abasinga obulungi ye n'asigaza abawala?

Ekigambo ekyo kye mwogera kinene okugamba nti Katonda alina omwana. Sso nga tewali kintu kyonna Katonda kye yatonda k'abe malayika oba omuntu, wabula muddu wa Katonda era kitonde Kye. Ebintu byonna bigenda kujja mu maaso Ge ku Lunaku Lw'oluvannyuma nga baddu abakkakamu abanoonya okusaasira Kwe.

42. Amakulu nti tewali katonda mulala atali Oyo Katonda Omutonzi. Ebyo bye bayita Katonda bitonde butonde ebiri wansi wa Katonda, era nabyo bigondera obuyinza Bwe. tewali kiyyinza kutuuka mu kifo kya Katonda. Era tewali kintu na kimu wabula byonna biri wansi wa Arushi Ye.

Era tewali kintu na kimu mu bitonde Bye kiri mu ddala lya Katonda. Singa waaliwo bakatonda abalala nga bwe bagamba abo abakafiiri. bakatonda abo bandinoonyezza ekkubo cry'okulwanyisa Katonda Oyo yennyini nga abnfuzi b'oku nsi abamu bwe balwanyisa bannaabwe.

Yali okuva ddi n'okutuusa ddi Ow'e-kisa, Omusonyiyi.

45. Mazima bw'oba nga osoma Kuraane tussa wakati wo n'ew'abo abatakkiriza nkomerero ekisikiriza ekitalabika.

46. Ne tussa ku mitima gyabwe ekibikba baleme okugitegeera, ne mu matu gaabwe mulimu ekizibikidde (teba-wulira), era bw'oba nga oyogedde mu Kuraane ku Mukama wo Yekka (nga omwawula mu Bwakatonda Bwe) bakyuka ne bakubayo amabega nga baddduka.

47. Ffe tumanyi ebyo bye bawuliriza gy'oli bwe baba nga bakuwuliriza era tumanyi (bye bateesa) bwe babcera nga bali mu kafubo (ak'ekyama), mu kiseera abo abalyazaamaanya (amazima bwe bagamba abakkiriza mu kunoonya okubabuza) nti: Temugoberera, wabula omusajja omuloge.

48. Tunuulira engeri gye bakukubiddeko ebifaananyi (oluusi ne bagamba nti oli muloge, olulala nti mugwi wa ddalu ate oluusi ...). Ne babula, n'olw'ekyo ne batasobola kufuna kkubo (libalu-ngamya).

49. Ne bagamba nti: Bwe tuliba nga tumaze okuba amagumba (agase-sebbuse ne tufuuka) ettaka, mazima

بِسْمِ مُحَمَّدٍ وَلَكِنَّ لَا تَقْفُونَ  
تَسْبِيحَهُمْ إِنَّهُ كَانَ حَلِيمًا غَفُورًا ﴿٤٥﴾  
وَإِذَا قَرَأْتَ الْقُرْآنَ جَعَلْنَا بَيْنَكَ  
وَبَيْنَ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ  
حُجَابًا مَّسْتُورًا ﴿٤٦﴾

وَجَعَلْنَا عَلَى قُلُوبِهِمْ أَكِنَّةً أَنْ  
يَفْقَهُوهُ وَفِي آذَانِهِمْ وَقْرًا وَإِذَا  
ذُكِرْتَ رَبُّكَ فِي الْقُرْآنِ وَحْدَهُ  
وَلَوْ أَنَّ عَلَى آدْبَارِهِمْ نُفُورًا ﴿٤٧﴾

نَحْنُ أَعْلَمُ بِمَا يَسْتَعْمُونَ بِهِ إِذْ  
يَسْتَعْمُونَ إِلَيْكَ وَإِذْ هُمْ نَجْوَى  
إِذْ يَقُولُ الظَّالِمُونَ إِنْ تَتَّبِعُونَ  
إِلَّا رَجُلًا مَّسْحُورًا ﴿٤٨﴾

أَنْظُرْ كَيْفَ صَرَفُوا لَكَ الْأَمْثَالَ فَضَلُّوا  
بِهِ فَلَا يَسْتَطِيعُونَ سَبِيلًا ﴿٤٩﴾

وَقَالُوا إِذَا أَكْبَرْنَا عِظَامًا وَرَفَأْنَا آصَاتِنَا

46. Amak ulu nti bw'oba oya wudde katonda nga osoma kuraane, bakudduka abo abatakkiriza Katonda olw'obutaagala kuwulira kigambo kikwata ku kumwawula.

47. Abakafiiri b'omu Makka baagambanga abantu nga baagala babaggye ku kugoberera Nabbi Muhammadi nti: "Temugoberera Muhammadi kubanga baamuloga n'agwa eddalu n'atandika okulogootana n'ebyo by'ayogea.

49. Ekyo baakyogeranga lwa kuwakanya kuzuukira.

ffe tulizuukizibwa ne tuba ebitonde ebipya nate?

لَمُبَعُوثُونَ خَلْقًا جَدِيدًا ﴿٣٨﴾

50. Gamba nti: Kale mubeere amayinja oba ebyuma

قُلْ لَوْ أَنَا حِجَارَةٌ أَوْ حَدِيدًا ﴿٥٠﴾

51. Oba mubeere ekitonde (kyonna) mw'ebyo bye mulaba nga binene mu bifuba (birowoozo) byammwe, (wadde ku mube mutyo era mujja kuzuuki-zibwa)! Olwo bajja kugamba nti: Ani alituzzaawo? Bagambe nti: Oyo eyabatonda omulundi ogwasooka. Awo bajja kukunyeenyeza emitwe gyabwe, bagambe nti: Ekyo kiribaawo ddi? Bagambe nti: Oba olyawo kyandiba okumpi (kubanga buli ekisuubirwa okubaawo, okubaawo kwakyo kuba kumpi);

أَوْ خَلْقًا مِّمَّا يَكْدُرُ فِي صُدُورِكُمْ  
سَيَقُولُونَ مَنْ يُعِيدُنَا قُلِ الَّذِي  
فَطَّرَكُمُ أَوَّلَ مَرَّةٍ فَسَيُنْغِضُونَ  
إِلَيْكَ رُءُوسَهُمْ وَيَقُولُونَ مَتَى هُوَ  
قُلْ عَسَى أَنْ يَكُونَ قَرِيبًا ﴿٥١﴾

52. (Okuzuukira okwo kulibaawo) Olu-naku (Katonda) lw'alibayita ne mwanukula nga mutendereza ekitiibwa Kye ne mulowooza nti temumaze (mu nsi) wabula ekiseera kitono (nnyo).

يَوْمَ يَدْعُوكُمْ فَتَسْتَجِيبُونَ بِحَمْدِ اللَّهِ  
وَتَطْمَئِنُّونَ إِنَّ لِسْتُمْ إِلَّا قَلِيلًا ﴿٥٢﴾

53. Abaddu Bange (abakkiriza) bagambe boogerenga ekyo ekisinga obulungi. Mazima Sitaane atabulatabula n'ayonoona wakati waabwe. Mazima Sitaane yali okuva edda nga mulabe wa muntu ow'olulango.

وَقُلْ لِعِبَادِي يَقُولُوا الَّتِي هِيَ  
أَحْسَنُ إِنَّ الشَّيْطَانَ يَنْزِعُ بَيْنَهُمْ  
إِنَّ الشَّيْطَانَ كَانَ لِلْإِنْسَانِ عَدُوًّا  
مُبِينًا ﴿٥٣﴾

50. Katonda yalagira Nabbi We abagambe nti ne bwe mwalibadde amayinja oba ebyuma, Katonda era yandisobodde okubazuukiza kubanga Ye talina ky'alemwa. N'olw'ekyo asobola okubazuukiza ne muddawo okuba abalamu nga bwe yabatonda mu kusooka ate nga temwali kintu kirabikako.

52. Katonda agenda kuzuukiza abantu okubatwala mu bbaliro era baligondera ekiragiro Kye. Naye ku lw'ebitiiso bye baliraba biribeerabiza ebanga lye baamala ku nsi okutuusa ne ku kugamba nti ku nsi twamalako akabanga mpa we kaaga.

53. Mazima sitaane mulabe wa muntu ow'olulango okuva ddi na ddi, amulondoola buli wonna w'abeera. Amuyigiriza ebigambo ebivuma ekyo kiryoke kireete wakati w'abantu okuyawagana n'okuwalagana okutuusa ow'oluganda lw'akyawa muganda we. Wano Katonda ky'avudde akubiriza abaddu Be abakkiriza boogerenga buli kiseera ebigambo ebirungi ebireeta wakati waabwe okwagalana n'okuyambagana; n'oyo agaana okukola ekyo wa kuyingira muliro.

54. Katonda wammwe y'abamanyi. Bw'aba ayagadde abasaasira, oba bw'aba nga ayagadde ababonyabonya. (Ggwe Muhammadi) tetwakutuma kuba mukuumi ku bo (alabirira emirimu gyabwe).

رَبُّكُمْ أَعْلَمُ بِكُمْ إِنَّ يَشَاءُ يَرْحَمَكُمْ  
أَوْ أُرَانِ يَشَاءُ يُعَذِّبْكُمْ وَمَا أَرْسَلْنَاكَ  
عَلَيْهِمْ وَكَيْلًا ﴿٥٤﴾

55. Katonda wo y'amanyi abo abali mu ggulu ne mu nsi. Mazima twasukkulumya abamu mu bannabbi ku bannaabwe (mu bikolwa byabwe ne mu madaala). Ne tuwa (Nabbi) Dauda (ekitabo) Zabburi.

وَرَبُّكَ أَعْلَمُ بِمَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَ  
الْأَرْضِ وَلَقَدْ فَضَّلْنَا بَعْضَ النَّبِيِّنَ  
عَلَى بَعْضٍ وَأَيُّنَا أَوْدَى رُبُّورًا ﴿٥٥﴾

56. Bagambe nti: Kale musinze abo be mulowooza nti bakatonda atali Yc (Katonda Omutonzi), (sso nga abo) tebasobola kubaggyako kabi mmwe oba okukakyusa (okukazza eri omulala atali mmwe).

قُلْ ادْعُوا الَّذِينَ رَعَيْتُمْ مِنْ دُونِهِ  
فَلَا يَمْلِكُونَ كَشْفَ الضُّرِّ عَنْكُمْ  
وَلَا تَحْوِيلًا ﴿٥٦﴾

57. Abo be basaba (nga babasinza), (nabo bennyini) basaba nga banoonya ekkubo eribatuusa eri Mukama waabwe (nga balinga abavuganya wakati waabwe bokka na bokka, buli omu nga ayagala abeere) asinga okuba okumpi (ne Katonda): ne basuubira okusaasira Kwe nga batya ebibonyobonyo Bye. Mazima ebibonerezo bya

أُولَئِكَ الَّذِينَ يَدْعُونَ يَبْتَغُونَ إِلَى  
رَبِّهِمُ الْوَسِيلَةَ إِلَيْهِمْ أَقْرَبَ وَيَرْجُونَ  
رَحْمَتَهُ وَيَخَافُونَ عَذَابَهُ إِنَّ عَذَابَ

54. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yatumibwa kutuukiriza bubaka obwo obwamutumwa, abantu balyoke bakkirize baawule Katonda mu Bwakatonda Bwe — Baleme kumugattako bintu birala naye teyatumbwa kukaka oyo agaanye okukkiriza kumukkirizisa lwa mpaka. Oyo akkiriza wa kuyingira jjana. N'oyo agaana wa kuyingira muliro.

55. Bannabbi bonna tebali ku ddaala limu wabula Katonda yasukkulumya abamu ku bannaabwe okusinziira nga okulaba n'okwagala Kwe bwe byali. Nga bwe yaya wula Ibrahimu n'amufula ow'omukwano. Nabbi Musa n'ayogera naye, Sulaiman n'amuwa obwakabaka obunene, Nabbi Muhammadi n'amulinnyisa mu ggulu era n'amuwa obubaka obw'ensi yonna era n'amufuula ow'enkomerero wa bannabbi bonna.

57. Amakulu nti abo bakatonda be basinza ne babasaba, — okugeza nga abasinza Yesu, abasinza bamalaika, abasinza balubaale n'abalala — abo bennyini be basinza nabo banoonya ek kubo cry'okumpi crisobola okubatuusa eri Katonda. Era ne babeera nabo nga basinza Katonda n'okumugondera nga banoonya okufuna ebigabwa Bye n'okwekeka ebibonerezo Bye. Abaffe, olwo ngeri ki bwe mubasinza nga mubagatta ku Katonda?

Mukama wo byali (ebiteekwa) okwe-  
kekwa (okuviira ddala oluberyeberye).

رَبِّكَ كَانَ حُدُودًا ٥٥

58. Tewali kyalo kyonna (ekyalimbisa ababaka) wabula Ffe tuli ba kukizikiriza nga Olunaku Lw'okuzuukira terunnatuuka, oba tukibonereze ebibonerezo ebiyitirivu. Ekyo kyali ekyaggwa edda okuwandiika mu Kitabo (Kyaffe omwalaalikirwa buli kintu).

وَأَنَّ مِنْ قَرِيْبٍ إِلَيْنِ مَهْلِكُوهَا  
قَبْلَ يَوْمِ الْقِيَامَةِ أَوْ مَعَدَّ بُوْهَا عَدَايَا  
شَدِيْدًا كَانَ ذَلِكَ فِي الْكِتَابِ مَسْطُوْرًا ٥٨

59. Tewali kituziyizizza kusindika bubonero (obulaga mazima ga Nabbi) wabula lwa kubanga baabulimbisa abasooka. Nga bwe twaleetera abantu ba Thamuudu engamiya enkazi (eyava mu lwazi) eraba ennamu ne bagiryazamaanya (ku lw'obutagikkiriza n'okugimma amazzi). Tetusiindika bubonero wabula lwa kutiisa (abantu badde eri Katonda balekere awo obu-jeemu).

وَمَا مَنَعَنَا أَنْ نُرْسِلَ بِالْآيَاتِ إِذْ أَنْ  
كَذَّبَ بِهَا الْأَوَّلُونَ وَآيَاتِنَا مَوْدُوْعَةٌ  
مُبْصِرَةٌ فَظَلَمُوا بِهَا وَمَا نُرْسِلُ  
بِالْآيَاتِ إِلَّا تَحْوِيْفًا ٥٩

60. Era jjukira mu kiseera bwe twakugamba nti: Mazima Mukama wo yetoolodde abantu (abo ababi nga

وَأَذَقْنَا لِكُلِّ إِنَّا رَبِّكَ أَحَاطَ بِالتَّارِيسِ

58. Katonda ategeeza nga buli kintu kyonna ekibaawo bwe yamala edda okukiwandiika mu Kitabo era nga bwe watali kyonna mu nsi wabula wa kukizikiriza kiggweewo oba wa kukibonyabonya oba na kuttibwa mu lutalo oba na kukizikiriza n'engeri yonna gy'aba ayagadde ku lw'obwoonofu bwabwe n'okujeemera Katonda. Nga bwe yagamba mu kitundu ekirala nti: "Abantu b'ekibiina ne bakomba ku kabenje k'ekigambo kyabwe, n'ebeera enkomerero y'ekigambo kyabwe nga kufaafaaganirwa."

59. Abdallah mutabani wa Abaasi yagamba nti ensonga y'okukka kw'ekitundu kino yali nti abantu b'omu Makka baasaba Nabbi (okusaasira n'emirembe bibe ku ye) abafuulire akasozi Swaffa zaabu oba asembezeeyo ensozi eziri mu Makka basobole okulimamu basige ebimera.

Katonda n'amugamba nti: "Bw'oba oyagadde tuyinza okukikola kyokka bwe banaaba bagaaneye okukkiriza, baja kukizikirizibwawo mbagirawo nga abantu b'ebibiina ebirala ebyasooka." Nabbi, n'agamba nti "Kannindeko (neeyongere okugenda) nga mbategeeza mpolampola." Katonda kwe kussa ekitundu kino.

60. Katonda yagumya Nabbi (s.a.w.) nga bw'ateekwa okuba omumalirivu mu kutuusa obubaka obumutumiddwa eri abantu kubanga Katonda yali ajja kumukuuma mu kabi konna ke banaategeka okumukola. Era agamba Nabbi nti "Ebye bye twakulaga mu kiro kye watwalirwamu mu ggulu kyali kigezo eri abantu tusobole okulaba abakkiriza ab'amazima n'abatakkiriza." N'omuti ogwayergerwa mu Kuraane "Azzakuumu" nti gwamera mu muliro, naky'o kyali kikemo eri abo abatali bakkiriza mu kiseera bwe baawakanya omuti okumera mu muliro.

akukuuma mu bubu bwabwe); era tetwafuula ekirooto kyo kye twakulaga wabula nga kigezo eri abantu (okulaga abanakkiriza n'abatakkirize), (mu ngeri y'emu nga) n'Omuti Ogwakolimirwa (ogwogerwako), mu Kuraane (naky'o bwe kiri ekigezo). Era tubatiisa; (kyokka) tekubongera wabula obubuze obuyitirivu.

وَمَا جَعَلْنَا الرُّءْيَا الَّتِي آرَبْنَاكَ إِلَّا  
فِتْنَةً لِلنَّاسِ وَالشَّجَرَةَ الْمَلْعُونَةَ  
فِي الْقُرْآنِ وَنُوحًا فَهُمْ فَأَمَّا زَيْدٌ فَهُمْ  
إِلَّا طَعْيَانًا كَبِيرًا ﴿٦١﴾

61. Era jjukira mu kiseera bwe twagamba bamalayika nti: Muvunnamire Adamu. Ne bamuvunnamira okuggyako Ibliisa (Sitaane), ayagamba nti: Nvunnamire oyo gwe watonda mu ttaka?

وَأَذَقْنَا الْمَلَائِكَةَ الْبُخْرَ فِي الرِّدْمِ فَسَجَدُوا  
إِلَّا إِبْلِيسَ قَالَ أَسْجُدْ لِمَنْ خَلَقْتَ طِينًا

62. (Sitaane ne yeeyongera okugamba Katonda): Olaba? Oyo y'oyo gw'osukkulumizza ku nze, naye singa ononnindirizaako n'ondekawo nga ndi mulamu okutuusa ku Lunaku Lw'okuzuukira, nja kumalirawo ddala ezzadde lye (okulibuzza) okuggyako abatono (enryo).

قَالَ أَرَأَيْتَ هَذَا الَّذِي كَرَّمْتَ  
عَلَيْ نَازِلِينَ آخَرِينَ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ  
لَحْتِكُمْ كُنْ ذُرِّيَّتَهُ إِلَّا قَلِيلًا ﴿٦٢﴾

63. (Katonda) n'agamba nti: Genda! (Kwata amakubo go). Oyo anaaba akugoberedde mu bo mazima omu-

قَالَ أَهْبُ فَمَنْ تَبِعَكَ مِنْهُمْ فَإِنَّ

61. Katonda yategeeza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bwe yalagira bamalayika okuvunnamira Adamu, ekyo kibe ekiramuso ku Adamu sso nga ssi kumusinja. Bonna ne bavunnamira okuggyako Ibliisa cyecukuzza n'atagondera kiragiyo kya Katonda we ne yecraga nga bw'ali ow'ekitiibwa okusinga Adamu. N'agamba n'okugamba nti "Nnyinza ntya okuvunnamira oyo gwe wakola mu ttaka."

62. Katonda yategeeza obulabe bwa sitaane bw'alina ku muntu nga bwe buli obw'amaanyi okuviira ddala ku Adamu. Obulabe obwo bwatandikawo mu kiseera ky'okutondebwa kwa Adamu. Katonda bwe yalagira bamalayika bavunnamire (Adamu) nga bamussaa mu ekitiibwa n'okugondera ekiragiyo kya Katonda. Sitaane (Ibliisa) n'agaana okugondera ekiragiyo ekyo ku lw'okulowooza nti ye y'asinga Adamu, olw'okubanga mbu ye yatondebwa mu muliro ogulina ekitangaala ate Adamu n'atondebwa mu ttaka. Sitaane teyatunuulira kitiibwa kya Katonda Oyo amulagidde, era n'okuba nga ye yamutonda, wabula n'ajeema. Katonda yamukolimirwa era n'agobebwa mu bamalayika. Okuva olwo Sitaane n'awera enkolokooto mu maaso ga Katonda nga bw'ajja okwefuga ezzadde lya Adamu, era ababuze bonna okuggyako abatono enryo abo abaliba abakkiriza aba nnamaddala.

63. Katonda yalindiriza Sitaane nga bwe yasaba. kyokka n'amugamba ng'amukomekerezera nti genda obuze, oyo gw'onooba osobodde; kyokka buli alikugoberera agenda kuyingizibwa omuliro, oyo ebeere nga y'empeera esaanira ebikolwa bye.



liro (Jahannama) y'eribeera empeera yammwe, nga y'empeera entuukirivu.

هَٰؤُلَاءِ جَزَاءُ مَن مَّوَدَّكُمْ ۖ

64. Sikiriza oyo yenna gw'osobodde mu bo n'eddoboozi lyo, bakoowoole nga obalumbagana n'eggye lyo eryebagadde ku mbalaasi n'ery'oku bigere. Weegatte nabo mu mmaali ne mu baana, obalagaanyise nga obasuubiza (n'ebisuubizo eby'obulimba). Sitaane tabalagaanyisa wabula kubagayaza bugayaza.

وَأَسْفَرْنَا مِنْ أَصْطَعَتِ مَن مَّوَدَّكُمْ  
وَأَجْبَبَ عَلَيْهِمُ بَيْحَالِكُمْ وَرَجَالِكُمْ  
فِي الْأَمْوَالِ وَالْأَوْلَادِ وَعَدَّ هُمْ وَمَا  
يَعِدُّ هُمُ الشَّيْطَانُ إِلَّا عُرُورًا ۖ

65. Mazima abaddu Bange (abakkiriza abatuufu) tobalinaako buyinza. Kemale okuba Mukama wo nga Ye Mukuumi.

إِنَّ عِبَادِي لَيْسَ لَكَ عَلَيْهِمْ سُلْطَانٌ  
وَكُفَىٰ بِرَبِّكَ وَكَيْلًا ۖ

66. Mukama wammwe Y'oyo abatambuliza amaato ku nnyanja mulyoke munoonye mu bigabwa Bye. Mazima (Katonda wammwe) Musaasizi ku mmwe olubeerera.

رَبُّكُمُ الَّذِي يُرِيكُمُ الْفُلْكَ فِي الْبَحْرِ  
لِتَبْتَغُوا مِن فَضْلِهِ إِنَّهٗ كَانَ بِكُمْ  
رَحِيمًا ۖ

67. Bwe kaba nga kabatuuseeko akabi nga muli mu nnyanja babulawo abo be musaba bulijjo atali Katonda wabula ne muwanjagira Ye yek ka (abataase), wabula bw'amala okubawonya n'abatua ku lukalu, ne mwawukana (ku kumwawula mu Bwakatonda Bwe). Yali omuntu (mu butonde bwe) nga wa mpaka teyeebaza (byengera bya Katonda).

وَإِذَا مَسَّكُمُ الضُّرُّ فِي الْبَحْرِ ضَلَّ مَن  
تَدْعُونَ إِلَّا إِلَٰهًا فَلَمَّا نَجَّيْكُمْ إِلَى  
الْبَرِّ أَعْرَضْتُمْ وَكَانَ الْإِنْسَانُ لَكُفُورًا ۖ

68. Abaffe mwesize okuwona (Katonda) okubasaanyaawo ne mumiribwa ettaka nga muli ku ludda lwonna olw'olukalu (okwo) oba n'abasindikira mmwe kikunngunta oluvannyuma ne

أَفَأَمِنْتُمْ مَن يَخْصِفُ بِكُمْ جَانِبَ الْبَرِّ  
أَوْ يُرْسِلُ عَلَيْكُمْ حَاصِبًا ثُمَّ لَا تَجِدُوا

68. Olwo mwesize okuwona (Katonda) okubasaanyaawo ne mumiribwa ettaka nga muli ku lukalu (okwo) oba n'abasindikira kikunngunta alimu oluyinjajinja oluvannyuma ne mutafuna mukuumi yenna asobola kubawonya ebibonerezo ebyo?

mutafuna mukuumi asobola kuba-wonya?

لَكُمْ وَلِيًّا ١٤

69. Oba mwesiga okuwona okubazza mu nnyanja omulundi omulala n'abasindikira omuyaga gwa kikunngunta ne musaanyizibwawo (mu mazzi) ku lw'ekyo kye mwawakanyizza, oluvannyuma ne mutafuna atuvunaana ku lwammwe?

أَمْ أَسْتَمْتُمْ أَنْ يُعِيدَ كُمْ فِيهِ تَارَةً أُخْرَى فَيُرْسِلَ عَلَيْكُمْ قَاصًّا مِّنَ الرَّيْرِ يَغِيرُكُمْ بِمَا كَفَرْتُمْ لَمْ تَدْعُوا لَكُمْ عَلَيْهِ تَتَّبِعًا ١٥

70. Mazima twawa ekitiibwa omwana w'omuntu ne tubawa eby'okubasaa-baza ku lukalu ne mu nnyanja, era ne tubagabira mu birungi (ebya buli kika) ne tubasukkulumya olusukkulumya ku bingi mw'ebyo bye twatonda.

وَلَقَدْ كَرَّمْنَا بَنِي آدَمَ وَحَمَلْنَهُمْ فِي الْبَرِّ وَالْبَحْرِ وَرَزَقْنَاهُمْ مِّنَ الطَّيِّبَاتِ وَفَضَّلْنَاهُمْ عَلَى كَثِيرٍ مِّمَّنْ خَلَقْنَا تَفْضِيلًا ١٦

71. (Bajjukize) Olunaku lwe tulikoowoola buli bantu n'omukulembeze waabwe, n'oyo aliweebwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwa ddyo; abo balisoma ekitabo kyabwe (n'essanyu). Era tebaliryaazaamaanyizibwa kigero kya kabubi ka mulamwa gwa ntende.

يَوْمَ نَدْعُوا كُلَّ أُنَاسٍ بِإِيمَانِهِمْ فَمَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِيَمِينِهِ فَأُولَئِكَ يَقْرَءُونَ كِتَابَهُمْ وَلَا يُظْلَمُونَ فَتِيلًا ١٧

72. N'oyo eyali mw'eno (ensi) nga muzibe atalaba mazima era mu Nkomerero agenda kuba muzibe, era omubuze (abuliddwa) Ekkubo.

وَمَنْ كَانَ فِي هَذِهِ أَعْمَى فَهُوَ فِي الْآخِرَةِ أَعْمَىٰ وَأَضَلُّ سَبِيلًا ١٨

69. Omuntu buli kiseera ali mu buyinza bwa Katonda, na buli wonna w'aba abeera mu mikono Gye. Ngeri ki bwe yeessiga okuwona okuzikirizibwa singa abadde ku lukalu n'ekyo Katonda ky'aba ayagadde okumuzikiriza nakyo?

Ate bw'aba ayagadde ayinza okubasaanyaawo mu nnyanja n'omuyaga.

71. Ku Lunaku Lw'enkomerero oluvannyuma lw'okuzuukira abantu bagenda kuyitibwa buli kibiina n'omukulembeze waakyo oyo gwe kyagoberera oba omubaka gwe kyakkiriza. Abantu baliweebwa ebitabo by'emirimu gyabwe mu ngeri bbiri: Abamu baliweebwa mu mikono gyabwe egya kkono ate abalala mu gya ddyo. Abo abalikwasibwa ebitabo byabwe mu mikono gyabwe egya ddyo bagenda kuba basanyufu nga babisoma nga babyetegera, era tebagenda kulyazaamaanyizibwa n'akatono ku mirimu gyabwe gye baakola era bagenda kusalulwa empera entuukirivu.

72. Bwe yamala n'annyonyola wansi nga buli yenna eyaziba amaaso kuno ku nsi n'atasobola kulaba mazima na bulunngamu. wabula n'abeera ng'abulubuutira mu bizikiza by'obubuze; agenda kuba muzibe atagenda kulaba kkubo lya kumuwonya mu bitiiso by'Olunaku olwo.

73. Era mazima baasemberera okuku-kema (Ggwe Muhammadi bakuggye) kw'ekyo kye twatumira gy'oli (Obubaka) olyoke ogunje ku Ffe ekirala ekitali kye twakutumira; singa kyali bwe kityo ddala bandikufudde ow'o-mukwano (nfiirabulago).

وَإِنْ كَادُوا لَيَقْتُلُونَكَ عَنِ الَّذِي  
أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ لِتُخْبِرُنَا عَلَيْنَا غَيْرَ لَقَدْ  
وَأِذَا الْأَنْتَ تُخَذُّوْكَ خَيْلًا ﴿١٣﴾

74. Singa tetwakunyweza (mu buli ngeri), mazima wandisemberedde okukyukira gye bali mu kantu katono.

وَلَوْلَا أَنْ تَنْتَنِكَ لَقَدْ كُنتَ تَرَكُنْ  
إِلَيْهِمْ شَيْئًا قَلِيلًا ﴿١٤﴾

75. Singa kyali bwe kityo twandikukombeza ku bibonyobonyo eby'obulamu bw'ensi n'ebibonyobonyo by'okufa, oluvannyuma tewandifunye mutaasa akutaasa ku Ffe.

إِذَا الْأَذْثَانُ ضَعْفَ الْحَيَاةِ وَضَعْفَ  
السَّمَاتِ تَمْ لَّا تَجِدُ لَكَ عَلَيْنَا  
نَصِيرًا ﴿١٥﴾

76. Mazima baasemberera bakutiisetiise bakugobe mu nsi ku lw'okukuwalaganya, wabula kiba kuba bwe kityo tebandigitudde mu oluvannyuma lwo wabula akaseera katono ddala.

وَإِنْ كَادُوا لَيَسْتَفِزُّوكَ وَمِنْ  
الْأَرْضِ لَيَخْرِجُونَكَ مِنْهَا وَإِذَا الْأَعْيُنُ  
يَلْبِثُونَ خَلْقَكَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٦﴾

77. (Eyo ye yali) engeri (Yaffe) kw'abo be twatuma oluberyeberye lwo (Ggwe Muhammadi), era tojja kusanga nkyukakyuka yonna mu nkola Yaffe.

سُنَّةَ مَنْ قَدْ أَرْسَلْنَا آيَاتِنَا مِنْ  
بُرْجٍ وَرُسُلِنَا وَلَئِنْ جَدِيسْتَنَّا أَخْرَجْنَاهُ  
لَكُنَّا

78. Yimirizangawo esswala (oluvannyuma) lw'okukyuka kw'enjuba (nga eyole-

أَقِمِ الصَّلَاةَ لِذِكْرِ الشَّمْسِ إِلَى

74. Ku lw'obuyitirivu bw'okukusalira enkwe wabula kata okyukire gye bali. Naye tebaasobola n'akatono olw'okubanga Katonda yakutuma n'amazima.

76. Abo baatisatisisanga Nabbi balyoke bamuggye mu nsi eyo ku lw'okumuwalaganya. Kyokka nabo ne bwe bandimuggyeemu tebandimazeemu kabanga kawera ng'amaze okuvaamu mpozzi akaseera mpa we kaaga olwo Katonda n'abazikiriza. Ekyo kyatuukirira Katonda n'abazikiriza oluvannyuma lw'omwaka gumu mu lutalo lw'e Badri olwaliwo nga Nabbi Ow'ekitiibwa yaakamala okusengukira e Madina.

77. Eyo y'engeri yaffe gye tukolamu abo abawakanya ababaka Baffe. Tubazikiriza oluvannyuma lw'ababaka Baffe. okuva mu nsi eyo.

78. Yimirizaawo esswala oluvannyuma lw'okukyuka kw'enjuba osaale esswala ya *Az-Zuhuri* ne *Al-Aswiri* ne *Al-Magaribi* ne *Isha*; era osaale esswala ya *Subuhi* esswala y'okumakya oluvannyuma lwa mmamba okusala era Katonda. n'ategeza nga bamalayika bwe basembera mu sswala omwo.

keru okugwa) okutuusa ku nzikiza y'ekiro, (n'okusoma) Kuraane kumakya. (Mazima okusoma) Kuraane mu sswala y'okumakya (Al-Fajiri) kusembererwa (bamalayika).

عَسَىٰ الْيَتِيمَ الَّذِي يَرْتَدُّ إِلَيْكَ بِحَقِّ صَدَقَاتِكَ أَنْ يَدْحَكَ فَمِنْ كَرَمٍ وَعَدْوٍ ۗ أَلَمْ يَكُنْ لَهُ الْآبَاءُ الْمُسْلِمُونَ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ غَلِيظٌ  
عَسَىٰ الْقَجْرُ كَانَ مَشْهُودًا ﴿٤٨﴾

79. Ne mu kiro zuukukamu akaseera osaaze Kuraane (mu sswala ya *Tahajjud*), (eyo) nga nnyongeza yo. Kyaddaaki Mukama wo n'akuzuukiriza mu kifo mw'olisiiwirwa.

وَمِنَ الْيَتِيمِ الَّذِي يَرْتَدُّ إِلَيْكَ بِحَقِّ صَدَقَاتِكَ أَنْ يَدْحَكَ فَمِنْ كَرَمٍ وَعَدْوٍ ۗ أَلَمْ يَكُنْ لَهُ الْآبَاءُ الْمُسْلِمُونَ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ غَلِيظٌ  
عَسَىٰ أَنْ يَبْعَثَكَ رَبُّكَ مَقَامًا مَّخْمُودًا ﴿٤٩﴾

80. Era gamba (ng'osaba) nti: Mukama wange! Nnyingiza mu buyingiro obw'amazima onfulumye olufulumya olw'amazima. Era onteerewo okuva gy'Oli Amaanyi agantaasa.

وَقُلْ رَبِّ أَدْخِلْنِيْ مُدْخَلَ صِدْقٍ وَأَخْرِجْنِيْ مَخْرَجَ صِدْقٍ وَاجْعَلْ لِّيْ مِنْ لَّدُنْكَ سُلْطٰنًا نَّصِيْرًا ﴿٥٠﴾

81. Era gamba nti: Amazima gazze ne buggwaawo obwonoonefu. Mazima obwonoonefu bwali bwa kuggwaawo.

وَقُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَزَهَقَ الْبَاطِلُ إِنَّ الْبَاطِلَ كَانَ رَهُوْقًا ﴿٥١﴾

82. Era tussa nga tuggya mu K uraane ekyo kyo nga kyakuvumula na kusaasi-

وَنَزَّلْنَا مِنَ الْقُرْآنِ مَا هُوَ شَفَاءٌ

Nabo be bamalayika abakuuma abantu, ab'ekiro n'ab'emisana — basisinkana mu ssaala omwo. Olwo ab'ekiro ne bagenda, bo ab'emisana ne basigala nga bakuuma.

79. Essala ya Tahajjudi yalaalikwa Nabbi n'eba ennyongeza kw'ezo ettaano. N'ekirala Nabbi asuubizibwa okutuusibwa mu kifo mwe balimutenderereza abaasooka n'ab'oluvannyuma: nakyo kye kifo Nabbi Muhammadi w'aliyimirira nga awolereza ebitonde byonna, olwo Katonda ayoke akkirize okuyingira mu kusala emisango gyabyo: Nakyo kye kimu kw'ebyo ebyaweebwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ebitaaweebwa Nabbi mulala yenna.

80. Mu kunnyonyola aya eno, Ibn Abbasi yagamba nti: Nabbi yasaba Katonda okumufulumya ng'amugya mu ntaana mu kiseera ky'okuzuukira olufulumya olulungi. Ate abannyonyozi abamu baagamba nti yasaba okumuyingiza mu Madina n'okumugya mu Makka mu kiseera bwe baamala okumalirira abakafiiri b'omu Makka okumutta (s.a.w.). Era n'ekyagendererwa nti "N'asaba Amaanyi n'okumutaasa" abalabe be. Katonda asobole okusitula Eddiini Ye ku lw'okuwangula abalabe be. Era Katonda yakkiriza okusaba kwa Nabbi okwo n'amutaasa n'asitula eddiini y'Obusiraamu ku ddiini endala zonna.

81. Ekitundu kino kyakka Nabbi bwe yamala okulagirwa, okusenguka okuva e Makka okugenda e Madina oluvannyuma lw'abakafiiri b'omu Makka okuteesa okumutta.

Nabbi (s.a.w.) bwe yawangula Makka, mu Kaaba yasangamu ebifaananyi abakafiiri bye baasinzanga nga biwera ebikumi bisatu mu nkaaga. Nabbi (s.a.w.) kye yakola n'akwata akaggo n'agenda nga akoona ku buli limu (essanamu) nga bw'asoma ebigambo ebyo waggulu. Na buli kye yaakonangako nga kigwa ku ttaka.

82. Wano Katonda ategeeza nti ebyo ebiri mu kitabo kye yassa mulimu ebigambo ebivumula endwadde, gamba nga cz'obunnanfuusi n'okugatta Katonda n'ebintu ebirala. Era biwonya omuntu okumugya mu bubuze; era Ekitabo ekyo kyakusaasira eri abo abakkiriza kubanga okukkiriza

ra eri abakkiriza: Teyongera (Kuraane) abalyazaamaanyi (abatakkiriza) wabula okufaa faaganirwa (kwokka olw'obutakkiriza ebyo ebiba bisse).

وَرَحْمَةً لِّلْمُؤْمِنِينَ ۖ وَلَا يَزِيدُ  
الظَّالِمِينَ إِلَّا خَسَارًا ﴿٥٥﴾

83. Bwe tuba nga tugabidde omuntu ayawukana ne yeesamba (Katonda) ne yeekuza; wabula bwe kaba kamutuuseeko akabi abeera nga akutuse n'okusuubira ebyengera bya Katonda.

وَإِذَا أُنْعِمْنَا عَلَى الْإِنْسَانِ آعْرَضَ وَ  
نَا بِجَانِبِهِ ۖ وَإِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ كَانَ يَؤُوسًا ﴿٥٦﴾

84. Gamba nti: Buli omu akolera ku ngeri ye, ne Mukama wammwe y'amanyi ani oyo asinga okulungama ku kkubo eggolokofu.

قُلْ كُلٌّ يَعْمَلُ عَلَى شَاكِلَتِهِ فَرَوْحُهُمْ  
أَعْلَمُ بِمَنْ هُوَ أَهْدَى سَبِيلًا ﴿٥٧﴾

85. Bakubuuza (Ggwe Muhammadi) ku myoyo. Bagambe nti: Omwoyo kya mu bigambo bya Mukama wange – (Yekka y'agumanyi ebigufaako), temwaweebwa mu kumanya wabula kitono ddala.

وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الرُّؤُوسِ قُلِ الرُّؤُوسُ مِنْ  
أَمْرِ رَبِّي وَمَا أُوتِيتُمْ مِنَ الْعِلْمِ إِلَّا قَلِيلًا ﴿٥٨﴾

86. Singa Twali twagadde mazima twanditutte (ne tukuggyako) ekyo kye twakutumira ggwe, n'oluvannyuma tewandifunye ggwe ku nsonga eyo mukuumi ku Ffe –

وَلَيْنُ شِئْنَا لَنذُهِبَنَّ بِالَّذِي أُوْحِينَا  
إِلَيْكَ نَمْرًا لَّا تَجِدُ لَكَ بِهِ عَلَيْنَا وَكِيلًا ﴿٥٩﴾

87. Wabula yakireka ku lw'okusaasira okwava eri Mukama wo. Mazima obulungi Bwe ku ggwe bunene (ddala).

إِلَّا رَحْمَةً مِن رَّبِّكَ إِنَّ فَضْلَهُ كَانَ  
عَلَيْكَ كَبِيرًا ﴿٦٠﴾

88. Gamba nti Singa abantu bonna n'amageege babadde bakunngaanye mbu

قُلْ لِّمَنِ أَجْمَعَتِ الْإِنْسُ وَالْجِنُّ

okwo bakufuna nga bakuggya mu yo. Kuraane. Na buli bulungi n'eddembe. Abakkiriza babituu-kako ku lwa Kuraane; kyokka bo abatakkiriza beeyongera kufiirwa olw'obutakkiriza; era Kuraane egenda kuba obujulizi obubakakasaako omusango.

85. Omwoyo ky'ekintu ekitalabikako era ekiri mw'ebyo ebyeyawulidde Katonda okumanya obwennyini bwabyo, era kyama kya Katonda kye yateeka mu bitonde Bye. Ye omuntu tayinza kumanya bwennyini bwa mwoyo kubanga okumanya kwe kutono nnyo tekuyinza kutuuka eyo. Omuntu tamanyi nti oba omwoyo kye kino era tamanyi gye gwava era wa gye gulaga, wabula ky'amanyi kitono nnyo nakyo era kye kino nti singa omwoyo guvudde mu muntu afa.

88. Singa abantu n'amageege beegatta ne bateesa bateekewo ebigambo ebifaananako n'ebiri mu Kuraane tebandisobodde kukikola ne bwe bandiyambaganye kw'ekyo. Ekyo kiba bwe kityo lwa

bateekewo ekifaananyi ky'eno Kuraane, tebandisobodde kuleeta kifaa-nanyi kyayo newankubadde nga babadde abamu bayamba bannaabwe.

89. Mazima twannyonyola abantu mw'eno Kuraane buli ngeri ya kya-kulabirako, naye abantu abasinga obungi ne bagaana wabula (ne basalawo) okuwakanya Amazima.

90. Era ne bagamba (Abakuraish abaka-fiiri) nti: Tetujja kukukkiriza (Ggwe Muhammadi) okutuusa lw'onootu-kulukusiza ensulo okuva mu ttaka.

91. Oba obeere ng'olina ennimiro ey'emitende n'emizabbibu, (oluvannyuma) ofukumule emigga mu myagaanya gyayo olufukumula;

92. Oba osuule eggulu ku ffe (eribebe-ntuse) ebitundutundu nga bwe wagaamba (nti kya kubaawo), oba oleete Katonda ne bamalayika mu lwatu tubalabeko n'amaaso (gaffe, olwo tukakase amazima go);

93. Oba obeere n'ennyumba nga ya zaabu; oba olinnye mu ggulu. (wadde n'oluvannyuma lw'ekyo) tetujja kukkiriza kulinye kwo outuusa lw'onootu-ssiza ekiwandiko kye tunaasoma (okuva mu ggulu). Gamba nga obaddamu (Ggwe Muhammadi) nti: Ayawulwa Mukama wange! Ssiri nze wabula omuntu obuntu, omu-baka.

عَلَىٰ أَنْ يَأْتُوا بِمِثْلِ هَذَا الْقُرْآنِ لَا يَأْتُونَ بِمِثْلِهِ وَلَوْ كَانَ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ ظَهِيرًا ﴿٨٩﴾

وَلَقَدْ صَرَّفْنَا لِلنَّاسِ فِي هَذَا الْقُرْآنِ مِنْ كُلِّ مَثَلٍ فَأَبَىٰ أَكْثَرُ النَّاسِ إِلَّا الْكُفُورًا ﴿٩٠﴾

وَقَالُوا لَنْ نُؤْمِنَ بِكَ حَتَّىٰ تُنَزِّلَ لَنَا مِنَ السَّمَاءِ نَبِيًّا ﴿٩١﴾

أَوْ تَكُونَ لَكَ جَنَّةٌ مِّنْ تَحْتِهَا عَيْنٌ فَتَنزِيلُ السَّمَاءِ لَهَا لَظِيمًا ﴿٩٢﴾

أَوْ تُسَوِّطَ السَّمَاءَ كَمَا زَعَمَتِ عَلَيْنَا كَيْفَا أَوْ تَأْتِي بِنُورٍ أَوْ مَلَكَةٍ كَيْفًا ﴿٩٣﴾

أَوْ يَكُونَ لَكَ بَيْتٌ مِّنْ زُخْرِفٍ أَوْ تَرْفَىٰ فِي السَّمَاءِ وَلَنْ نُؤْمِنَ بِرُقِيِّكَ حَتَّىٰ تُنَزِّلَ عَلَيْنَا كِتَابًا نَقْرُوهُ قُلْ مُبَحَّانَ رَبِّي هَلْ كُنْتُ إِلَّا بَشَرًا مِّثْلُكُمْ ﴿٩٤﴾

kubanga ebigambo bya Katonda biri waggulu w'okusobola kw'omuntu nga Katonda bw'atafaanana bitonde mu ngeri Ye yonna, bwe kityo n'ebigambo Bye byawufu nnyo ku bigambo by'ebitonde.

93. Amakulu nti tetujja kukukkiriza nti walinye mu ggulu okutuusa lw'onoot uleetera ebba-luwa eva eri Katonda nga egamba nti ya gundi mutabani wa gundi, ekakasa nga bw'otuseeyo era buli omu agisange emitwetwe we kumakya.

94. Tewali kyaziyiza bantu kukkiriza mu kisceera obulunngamu bwe bwabajjira wabula lwa kugamba kwabwe nti: Abaffe Katonda atumye omuntu (nga ffe) okuba omubaka!

وَمَا مَنَعَهُ النَّاسَ أَنْ يُكْرِمُوا إِذْ جَاءَهُمُ  
الْهُدَىٰ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَبَعَثَ اللَّهُ بَشَرًا  
رَّسُولًا ﴿٩٤﴾

95. Bagambe nti: Singa mwali mu nsi bamalayika abatambula abatebenkedde, (nga batuuze) mu nsi; twandibassirizza okuva mu ggulu malayika Omubaka.

قُلْ لَوْ كَانُوا فِي الْأَرْضِ مَلَائِكَةً  
يَمْشُونَ مُطْمَئِنِّينَ لَنَزَّلْنَا عَلَيْهِمُ  
مِّنَ السَّمَاءِ مَلَكًا رَسُولًا ﴿٩٥﴾

96. Gamba nti: Kimale Katonda okuba omujulizi wakati wange nammwe (ajulira nti ndi Nabbi We). Mazima Ye yali ku baddu Be Omumanyi w'ebhama (byabwe), Alaba ebikolwa byabwe.

قُلْ كَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا لِّبَنِي وَبَيْنَكُمْ  
إِنَّهُ كَانَ بِعِبَادِهِ خَبِيرًا بَصِيرًا ﴿٩٦﴾

97. N'omuntu Katonda gw'alunngamya, ye mulunngamu; n'oyo abuzibwa, toyinza kubafunira mukuumi atali Ye asobola okubalungamya, era tugenda kubakunganya ku Lunaku Lw'okuyimirira (Lw'okulamulwa) nga bayimiridde ku byenyi byabwe, nga bamuzibe, bakasiru era bakiggala; obuddo bwabwe muliro (Jahanna); buli lwonna lwe gulizikiranga nga tugwongerera okutuntumuka.

وَمَنْ يَهْدِ اللَّهُ فَهُوَ الْمُهْتَدِ وَمَنْ  
يُضِلِّ فَلَنْ تَجِدَ لَهُمَ أَوْلِيَاءَ مِنْ  
دُونِهِ وَتَحْسُرُ لَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ عَلَىٰ  
وُجُوهِهِمْ عُمِيَآ وَبُكْمًا وَصَفَاءً  
مَا لَهُمْ مِنْهُمْ كَيْفًا أَخْبَتَ رِيذَانِهِمْ  
سَجِيرًا ﴿٩٧﴾

98. Eyo (nga) y'empeera yaabwe olw'-okubanga mazima baawakanya obubonero Bwaffe, ne bagamba nti: Bwe tuliba nga tumaze okuba amagumba (agamerentuse ne gafuuka) ettaka, mazima ffe tulizujukira mu kuto-debwa okupya?

ذَٰلِكَ جَزَاءُ هُمِبًا لَّهُمْ لَقَرُوا بِآيَاتِنَا  
وَقَالُوا إِذْ كُنَّا كُفْرًا كَذَّبْنَا  
لَمُبْعُوثُونَ خَلْقًا جَدِيدًا ﴿٩٨﴾

Abaamusaba ebyo be bakafiri b'omu Makka. Ne Katonda kwe kulagira Muhammadi abagambe nga Ye Katonda bwe yagulumira. ayawulwa. Tewali ayinza okwetutunkiriza kuzozesa mw'ebyo ebiri mu buyinza Bwe. Ye, y'alina okukola ekyo ky'aba ayagadde. Bw'aba ayagadde ayinza okubaanukula mw'ebyo bye musabye okubatusaako. Ebyo bye musaba tebiri mu buyinza bwange, wabula mu bwa katonda. Nze ndi mubaka bubaka atumiddwa okubalunngamya n'okubalaga ekkubo eggolokofu eribatuusa ku kusilima kwa Katonda.

95. Amakulu nti twandibatumidde malayika afaanana nga bo alyoke asobole okubatusaako obubaka. Naye olw'okuba nga mmwe muli bantu kyetwava tubatumira muntu munnamwe.



99. Abaffe tebalaba nti mazima Katonda Oyo eyatonda eggulu n'ensi ayinza okutonda ekifaananyi kyabwe (omulundi ogw'okubiri) era nti, abassizaawo ekiseera (ky'obulamu ku nsi kuno) ekigere ekitaliimu kubuusa-buusa? Wabula abalyazaamaanyi baagaana (okukkiriza) mpozzi (ne basalawo) okuwalaaza empaka n'okulemera ku bubuze.

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضَ قَادِرٌ عَلَىٰ أَنْ يَخْلُقَ مِثْلَهُمْ  
وَجَعَلَ لَهُمْ أَجَلَ إِلَّا رَيْبَ فِيهِ فَاَنَّى  
الْقَائِمُونَ إِلَّا كُفُورًا ﴿٩٩﴾

100. Bagambe nti: Singa mmwe mwali mufuga amawanika g'okusaasira kwa Katonda wange ddala mazima mwandikwatiridde (ne mutakusaasanya) ku lw'okutya okugaba (mbu olwo tekuggwaawo), yali omuntu (okuva ddi) omukodo sitakange!

قُلْ إِنْ أَنْتُمْ تَمْلِكُونَ خَزَائِنَ رَحْمَةِ  
رَبِّي إِذًا لَأَمْسَلْتُمْ خَشْيَةَ الْإِنْفَاقِ  
وَكَانَ الْإِنْسَانُ قَتُورًا ﴿١٠٠﴾

101. Mazima twaleetera Musa obubonero mwenda, obunnyonyofu (obulaga obutuufu bw'obwannabbi bwe). Buuza Abaana ba Israeli mu kiseera bwe yabajjira (Abamisiri). Fir'auna n'amugamba: Mazima nze nkulwooza nti oli muloge. Owange Musa.

وَلَقَدْ أَنبَأْنَا مُوسَىٰ تِسْعَ آيَاتٍ بَيِّنَاتٍ  
فَسَأَلَ بَنِي إِسْرَائِيلَ إِذْ جَاءَهُمْ فَقَالَ  
لَهُ فِرْعَوْنُ إِنِّي لَأَظُنُّكَ يَمُوسَىٰ مُنْجُورًا ﴿١٠١﴾

102. (Musa) n'agamba (Fir'auna) nti: Mazima omanyi tewali assizza (byamagero) bino wabula Omufuzi w'eggulu n'ensi nga bujulizi (obulaga amazima g'ebyo bye nkuleetedde), na mazima nze (ku lwange) nkulwooza, Owange Fir'auna, okuba ng'azikiridde!

قَالَ لَقَدْ عَلِمْتُمَا أَنْزَلَ هَؤُلَاءِ إِلَّا  
رَبَّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ بِصَافِرٍ وَرَائِي  
لَأَظُنُّكَ يَفِرْعَوْنُ مُتَبَوِّرًا ﴿١٠٢﴾

100. Singa abantu baali nga be balina obuyinza mu kufugibwa kw'ebitonde nga Katonda, tebandiwadde muntu kantu konna olw'okutya ohwavu.

101. Mu kitundu kino Katonda yategeeza nga bwe yawa Nabbi we Musa ehyamagero mwenda nga bujulizi obukakasa obwannabbi bwe, mu kiseera bwe yamutema eri Fir'auna, wabula Fir' n'atakkiriza n'amuyita omulogo. N'ebyamagero omwenda mwe muli eky'omuggo okufuuka omusota, omukono gwe okwakaayakana nga enjuba, okubasindikira enjala n'amataba, n'ebikere, enzige enskere, omusaayi n'ennyanya okwetemamu amakubo

103. (Awo Fir'auna) n'ayagala okubaggya mu nsi (okugoba Musa n'Abaana ba Israeli mu nsi y'e Misiri), wabula ne tumuzikiriza mu nnyanja wamu n'abo abaali naye bonna awamu.

فَأَرَادَ أَنْ يَنْتَقِرَ مِنْهُ مِنَ الْأَرْضِ  
فَأَخْرَجْنَاهُ وَمَنْ مَعَهُ سَمِيعًا ﴿١٠٣﴾

104. Ne tugamba Abaana ba Israeli oluvannyuma lwe (Musa) nti: Mutuule mu nsi (eyabalagaanyisibwa); naye bw'eriba etuuse endagaano ey'enkomerero tujja (kubakunngaanya) tubaleete mwenna (awamu tubabale).

وَقُلْنَا مَنْ بَعْدَ بَنِي إِسْرَائِيلَ اسْكُنُوا  
الْأَرْضَ فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ الْآخِرَةِ جِئْنَا  
بِكُمْ لَقِيفًا ﴿١٠٤﴾

105. N'amazima twagissa (Kuraane), era ku lw'amazima yakka. Era tetwakutuma wabula nga oli mubuulizi w'amawulire ag'essanyu era Omutiisa.

وَبِالْحَقِّ أَنْزَلْنَاهُ وَبِالْحَقِّ نَزَلَ وَمَا  
أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا مُبَشِّرًا وَنَذِيرًا ﴿١٠٥﴾

106. Ne Kuraane twagyawulayawula (ne tugissa mu bitundutundu), olyoke ogisomere abantu mpolampola (basobole okugitegeera); ne tugissa olussa (mu bitundutundu).

وَقُرْآنًا فَرَقْنَاهُ لِتَقْرَأَهُ عَلَى النَّاسِ  
عَلَى مَكْتَبٍ وَنَزَّلْنَاهُ تَنْزِيلًا ﴿١٠٦﴾

107. Bagambe nti: Ka mugikkirize (eno Kuraane) oba temugikkiriza. (ekikakafu kiri nti) mazima abo abaawecbwa okumanya oluberyeberve lwayo, bwe baba nga ebasomeddwa baggwira ku bulevu bwabwe nga bavunnama.

قُلْ ائْتُوا بِآيَاتِكُمْ إِنِّي أرا الْآيَاتِ  
أَوْ تَوَالِحِي الْعِلْمِ مِنْ قَبْلِهِ إِذَا يُنزلُ عَلَيْهِمْ  
يَخْرُجُونَ لِلَّذِينَ كَانُوا يُسَبِّحُونَ ﴿١٠٧﴾

108. Nga bagamba nti: Ayawulwa Mukama waffe! Yali endagaano ya Mukama waffe nga ya kukolebwa (kutuukirizibwa).

وَيَقُولُونَ سُبْحَانَ رَبِّنَا إِنْ كَانَ وَعْدُ  
رَبِّنَا الْمَفْعُولًا ﴿١٠٨﴾

109. Nga bagwira ku bulevu (bwabwe)

وَيَخْرُجُونَ لِلَّذِينَ كَانُوا يُسَبِّحُونَ  
وَيُرِيدُهُمْ

107. Kye kimu ka mube nga mukkirizza oba temukkirizza, naye ye Kuraane mazima meerere era yalangwa mu bitabo ebyasooka.

108. Amakulu nti baavunnamanga nga batendereza Katonda ku lw'okumugulumiza n'okumuwa ekitiibwa, olw'okutuukiriza endagaano Ye gye yalagaanyisa Bannabbiabaasooka. eyaliegamba nga bw'agenda okutuma Nabbi Muhammadi abeere Nabbi ow'enkomerero era aije n'Ekitabo kika-malabyonna.

nga bakaaba, ne kibongera obugonvu.

110. Bagambe nti: Ka musabe Katonda, oba musabe Omusaasizi, engeri yonna gye muba musabye (ku ngeri ezo ebbiri kiba kye kimu). Alina amannya amalungi (agasingayo). Wabula (ggwe Muhammadi) tokangulanga (eddoboozi lyo mu) kusaba kwo era tokukwekanga (n'ossa nnyo wansi eddoboozi), wabula noonyangana ekkubo eriri wakati w'ebyo (byombiriri).

111. Era gambanga nti: Buli kitendo kya Katonda, Oyo ateeteerawo mwana, era n'atabeera n'amwegattako mu Bufuzi Bwe, era n'atabeera na mutaaasa mu buteesobola (mbu munafu amuyambe teyeemalira). Era mugulumizenga olugulumizza (olw'amaanyi ddala).

حُشْوَعًا ⑩

قُلْ ادْعُوا اللَّهَ أَدْعُوا الرَّحْمَنَ  
أَيُّهَا مَا تَدْعُوا فَلَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى  
وَلَا تَجْهَرُوا بِصَلَاتِكُمْ وَلَا تَخَافُوهَا  
وَابْتَغِ بَيْنَ ذَلِكَ سَبِيلًا ⑪

وَقُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي لَمْ يُخْذْ وَلَدًا  
وَلَمْ يَكُنْ لَهُ شَرِيكٌ فِي الْمَلِكِ وَلَمْ  
يَكُنْ لَهُ وِليٌّ مِنَ الذُّلِّ وَكَبُرَتْ  
تَكْبِيرًا ⑫

110. Amakulu nti tewali njawulo wakati w'okusaba kwammwe Katonda n'erinnya Katonda oba okumusaba n'erinnya Omusaasizi kubanga Ye Alina amannya amalungi mangi agawerera ddala kyenda mu mwenda, nga Nabbi (s.a.w.) bwe yakinnyonyola. Toyatuza nnyo kuleekana nga osaba. Ate tokweka nnyo okutuusa naawe lw'otowulira by'osaba. Wabula beeranga mu makkati g'ebyo byombiriri.

111. Katonda tabeeranga mukakkamu omunafu alyoke abeere nga yeetaaga anaamutaasa. Mugulumize, omwawule kw'ebyo bye bamugattako — nga Abakuristaayo bwe bagamba nti Katonda alina omwana, ate bo abakaafiiri b'omu Makka ne bagamba nti Katonda Alina bakatonda banne abalala. Ye Katonda yagulumira okwawukana n'ebyo bye bamugattako.

## EBIFA KU SSUULA AL-KAHAFI MU BUFUNZE (18)

Essuula eno y'emu kw'ezo ezitandika n'okutenda Katonda "Al-Hamudu Lillaahi", ekitegeeza omuntu nga bw'amanyi ekitiibwa kya Katonda n'obugulumivu Bwe n'obutukuvu Bwe. Yakkira Makka. Enyuma ku byafaayo ebikulu bisatu ebyongera okunyweza enzikiriza n'okukakasa obuyinza bwa Katonda.


Ekiisooka ky'ekyafaayo ky'abavubuka abadduka ne beesogga empuku, nabo baali abavubuka abakkiriza Katonda. Badduka okuva mu nsi'yaabwe ku lw'okuwonya eddiini yaabwe bwe baali nga bayigganyizibwa abatakkiriza okutuusa lwe baayingira mu mpuku Katonda n'abeebasa okumala ebbanga lya myaka nga bikumi bisatu; nate ne basisimuka oluvannyuma lw'ekiseera ekiwanvu bwe kityo.

Ekyafaayo eky'okubiri ky'ekyafaayo kya Nabbi Musa nga ali wamu ne Huziri. Ekyo kyafaayo ekiraga eggonjebwa ly'omuyizi nga ali wamu n'omusomesa we. Era ebuulira ebyo ebyaliwo wakati waabwe nga bali mu lugendo lwabwe. Mu byewuunyo bya Katonda ebyaalagibwa Musa nga biyita ku muddu We Huziri, mwe muli ekyafaayo ky'okuggya olubaawo mu lyato n'okutta omulenzi n'okuzimba ekisenge.

Ekyafaayo Eky'okusatu ky'ekyo omuddu wa Katonda Zul-Karnaini, oyo kabaka Katonda gwe yawa obunnaddiini obwa nnamaddala n'okutya Katonda n'okuba omwankanya mu bwakabaka bwe. Katonda n'amwanjululiza obwakabaka bwe n'afuga okuva e Buvanjuba n'e Bugwanjuba n'okunyuma engeri gye yazimba ebbibiro eryewuunyisa.

Era essuula etutegeeza nga amazima bwe gatabaawo ku lwa mmaali oba obwakabaka, wabula go gabaawo na nzikiriza entuufu awamu n'obumalirivu. Ekyo kitegerekeka mu kyafaayo ky'abasajja ababiri, omu eyali omugagga nga yeeraga ku lw'emmaali ye, omulala nga mwavu, wabula ye nga yenyumiriza ku lw'enzikiriza ye enzigumivu gye yalina n'okwesiga Katonda, nga essuula eno bw'enyuma ku bulamu n'ebyo ebiddirira nga omuntu okufa n'asaanawo.

Era eyogera ku kwekuza kwa Sitaane n'okweraga kwe eri Katonda. Katonda bwe yamulagira okuvunnamira Adamu yagaana, ne yeekuluntaza, n'agamba nti: "Nze nsinga Adamu" ekyo kye kyavaako Katonda okumugoba mu ggulu n'okumuggya ku ddaala erya waggulu lye yaliko. Ebyo byonna ebiri mu ssuula muno bibuulirira omuntu ne bimwaka eky'okulabirako asobole okulongoosa enzikiriza ye n'eddiini ye.



## ESSUULA AL-KAHAFI (18)

Yakkira Makka: Erina ebitundu 12 ne Aya 110

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

1. Buli kitendo kya Katonda Oyo eyassa ku muddu We (Muhammadi) Ekitabo (Kuraane), n'atakiteekamu bukyamu (bwonna).

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَنْزَلَ عَلَى عَبْدِهِ  
الْكِتَابَ وَلَمْ يَجْعَلْ لَهُ عِوَجًا ۝

2. (Wabula n'akifuula) Ekigolokofu, alyoke atiise (naky'o abonoonyi) ebibonerezo ebiiyitirivu ebiva gy'Ali, era asanyuse abakkiriza abo abakola (emirimu) emirongoofu nti mazima balina bo empeera ennungi.

فِيمَا لَيْبُدُ رَبُّنَا سَائِدًا آمِنٌ لَدُنْهُ  
وَيُبَشِّرُ الْمُؤْمِنِينَ الَّذِينَ يَعْمَلُونَ  
الصَّالِحَاتِ أَنَّ لَهُمْ أَجْرًا حَسَنًا ۝

3. Ba kutuula mu yo (empeera eyo) obugenderevu:

مَا كُنْتُمْ فِيهِ أَبَدًا ۝

4. Era atiise (ebibonerezo) abo abagamba nti: Katonda yeeteerawo omwana,

وَيُنذِرَ الَّذِينَ قَالُوا اتَّخَذَ اللَّهُ وَلَدًا ۝

5. Tebalina kumanya kw'ekyo wadde ne bakitaabwe (tebaakirinaako kumanya n'akatono). Kyagejja ekigambo ekiva mu bumwa bwabwe. Tebayogera wabula bulimba.

مَا لَهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمٍ وَلَا لِإِبْرَاهِيمَ  
كَبُرَتْ كَلِمَةً تَخْرُجُ مِنْ أَفْوَاهِهِمْ  
إِنْ يَقُولُونَ إِلَّا كَذِبًا ۝

6. Wandyezikiriza omwoyo gwo (Ggwe Muhammadi) olw'okunakuwalira embeera yaabwe (abo abatakkiriza)

فَلَعَلَّكَ بَاخِعٌ نَفْسِكَ عَلَىٰ آثَارِهِمْ

3. Ba kutuula mu Jjana bugenderevu si ba kuvaamu.

5. Ekigambo kyabwe kye bagamba nti Katonda Alina omwana balimba bulimbi. Katonda talina mwana era abantu bonna ne bamalayika bitonde Bye er, a baddu Be. Ate ebitonde Bye bye yatonda tebiyinza kuba baana Be.

6. Nabbi (s.a.w.) yecraliikiriranga nnyo okutuusa kumpi n'okufa olw'abakafiiri okugaana okukkiriza ebigambo bya Kuraane. Ne Katonda kwe kussa ekitundu kino nga amutegeza aleme kweraliikirira.

bwe batakkirize bigambo bino ku lw'okwennyamira.

7. Mazima Ffe twafuula ebyo ebiri ku nsi ebinyiriza byayo tulyoke tubagezese (okulaba) ani mu bo asinza omulimu omulungi (n'okweyisa obulungi).
8. Mazima ffe tuli ba kubifuula ebyo ebiri ku nsi (byonna) ettaka ejjereere
9. Abaffe olowooza nti ddala Bannannyini Mpuku (ne bannannyini kukola) kiwandiiko ekyalimu amannya gaabwe baali nga kyewuunyo mu bubonero Bwaffe?
10. Mu kiseera bwe baagenda abavubuka abo mu mpuku ne bagamba nti: Mukama waffe! Tuwe okuva gy'Oli okusaasira. era otutegekere mu kigambo kyaffe obulungamu.
11. Ne tukuba ku matu gaabwe (ne beebaka) mu mpuku okumala emyaka mingi.
12. Bwe twamala ne tubazuukusa tulyoke tumanye kiriwa ku bibiina ebibiri ekibaze (obulungi) ebbanga lye bamaze nga beebase.
13. Mazima Ffe tukunyumiza ekyafaayo kyabwe mu mazima. Mazima bo baali bavubuka abakkiriza Mukama waabwe, era twabongera obulungamu;

إِنْ لَمْ يُؤْمَرْ بِإِهْدِ الْحَدِيثِ اسْقَا ④

إِنَّا جَعَلْنَا مَا عَلَى الْأَرْضِ زِينَةً لَهَا  
لِنَبْأُوهُمْ أَنَّهُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا ⑤

وَرَأَى الْجَائِعُونَ مَا عَلَيْهَا صَعِيدًا  
جُرْمًا ⑥

أَمْ حَسِبْتَ أَنَّ أَصْحَابَ الْكَهْفِ  
وَالرَّقِيمِ كَالَّذِينَ مِن آيَاتِنَا عَجَبًا ⑦

إِذْ أَرَى الْفِتْيَةَ إِلَى الْكَهْفِ فَقَالُوا  
رَبَّنَا إِنَّا مِن لَدُنْكَ رَحْمَةٌ وَهِيَ لَنَا  
مِن أَمْرِنَا رَشْدًا ⑧

فَضَرَبْنَا عَلَى آذَانِهِمْ فِي الْكَهْفِ  
سِنِينَ عَدَدًا ⑨

ثُمَّ بَعَثْنَا لَهُم لَعْلَمَ أَيِّ الْحَرْبَيْنِ  
أَحْطَى لِمَا لَبِثُوا أَمَدًا ⑩

نَحْنُ نَقُصُّ عَلَيْكَ نَبَأَهُم بِالْحَقِّ  
إِنَّهُمْ فِتْيَةٌ آمَنُوا بِرَبِّهِمْ وَرَدَدْنَاهُم  
هُدًى ⑪

8. Byonna ebiri ku nsi bigenda kuzikirira ensi esiga le njereere. nga tekuli kintu kyonna wadde ekimera.

9. Mu kitundu kino Katonda yanyumiza Nabbi we ekyafaayo ky' abavubuka abo abaava mu kibuga kyabwe ne badduka. Abantu b'ekibuga ekyo ku Iw'okulekerera okusinza Katonda ne badda mu kusinza ebifaananyi. Abavubuka abo kyeabaava, bateesa bave mu kibuga ekyo bagende mu

14. Ne tusiba emitima gyabwe (gigume) ne bagumiikiriza mu kiseera bwe baayimirira (ne booleka obwanga eri abantu b'ekibiina kyabwe — abatakkiriza) ne bagamba nti: Mukama waffe era Ye Mukama w'eggulu n'ensi. Tetuyinza kusaba mulala atali Ye, (kubanga) mazima olwo tuba twogedde, bwe tuba nga tukikoze, ekitali kituufu.

وَرَبَّنَا عَلَيَّ قَلْبُهُمْ إِنْ قَامُوا  
فَقَالُوا رَبَّنَا رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
لَنْ نَدْعُوهُ مِنْ دُونِهِ إِنْ هِيَ إِلَّا  
قُدْرَتُنَا إِذَا شِطَّ ۝۱۴

15. Bano, ab'ekibiina kyaffe, bataddewo bakatonda (abalala) abatali Ye. Singa abaffe baleeta obujulizi ku bo (obulaga nga bwe bali bakatonda). Ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo agunjawo obulimba ku Katonda?

هَؤُلَاءِ قَوْمُنَا اتَّخَذُوا مِنْ دُونِهِ  
إِلَهَةً لَوْلَا أَنْتُمْ عَلَيْهِمْ مُسْطَرِّينَ  
بَيْنَ يَدَيْهِمْ لَكُنَّا أَعْظَمَ مَمْنًا فِئْتَرَى عَلَى  
اللَّهِ كَذِبًا ۝۱۵

16. Bwe muba nga mubaawukanyeeke n'ebyo bye basinza ebitali Katonda, mugende mu Mpuku; Mukama wammwe ajja kubanjululiza mu kusaa-sira Kwe (nga muli omwo) era abateekeretekeere mu kigambo kyammwe okubalimirwa (n'obwangu).

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ  
إِلَّا اللَّهُ فَأَوَّلَى الْكُفُوفِ يَتَّبِعُونَكُمْ  
رَبُّكُمْ مِنْ رَحْمَتِهِ وَيَهْتَبِيْ لَكُمْ  
مِّنْ أَمْرِكُمْ مَّرْفَقًا ۝۱۶

17. (Kyali bwe kityo:), ng'olaba enjuba bwe yabanga evuddeyo ng'ekyuka okuva ku Mpuku yaabwe ku ludda olwa ddyo, ate bw'eba ng'egwa n'ebaleka ku ludda olwa kkono nabo nga bali mu bugazi bwayo (munda beebase). (Ekyafaayo) ekyo kya mu Bubonero bwa Katonda (obulaga obuyinza Bwe). Oyo gw'aba alunnagamizza, naye ye mulunngamu. n'o-

وَتَرَى الشَّمْسَ إِذَا طَلَعَتْ تَزُورُ  
عَنْ كَهْفِهِمْ ذَاتَ الْيَمِينِ وَإِذَا غَرَبَتْ  
تَقَرَّبُ إِلَيْهِمْ ذَاتَ الشَّمَالِ وَهُمْ فِيْ سُبْحَانَ  
مَنْهُ ذَالِكِ مِنْ آيَاتِ اللَّهِ مَنْ يَهْتَدِ  
اللَّهُ فَيَهْدِهِ وَمَنْ يَضِلْ فَلَئِنْ

Mpuku, ekyo nga bakikola ku Iw'okutamwa ekikolwa kya batuuze bannaabwe. Katonda kwe kugamba nti: "Tolowooza nti ekyafaayo ky'abo abaagenda mu Mpuku nti kyewuonyo okugeraageranya n'obuyinza Bwaffe."

16. Ajja kubateekeratekera eddembe agatteko n'okubasaasira muleme okufuna Obuzibu bwonna nga muli mu Mpuku. Oluvannyuma abavubuka baagenda mu Mpuku ne bayingira Katonda n'abeebasa; abalabe baabwe ne batabalaba. Baali omwo nga omusana tegubatuukako kiryoke kibeere ekikuuma emibiri gyabwe obutavunda. Ekyo kibalibwa mu bubonero bwa Katonda obulaga obuyinza Bwe.



yo abuzibwa, (oyo) toyinza kumu-  
funira mukuumi amulunngamy.

18. Era (nga obalabye nga obaloozoa nti balaba sso nga bo beebase, ne tubakyusanga okubazza ku ludda (lwabwe) olwa ddyo ne ku ludda olwa kkono. Nga n'embwa yaabwe erambuludde emikono gyayo mu mulyango gw'Empuku. Singa nga obadde obalabye, ddala, wandikyuse okuva we bali ng'odduka era wandijjudde okubatya.
19. Era bwe kityo (nga bali mu mbeera y'emu) twabazza engulu balyoke beebuuzaganye wakati waabwe. N'agamba omwogezi mu bo: Mumaze bbanga ki? Ne bagamba nti: Tumaze olunaku lumu oba kitundu kya lunaku, (oluvannyuma bonna awamu) ne бага ба nti: Mukama wammwe y'amanyi eryo (ebbanga) lye mumaze. Kati mutume omu ku mmwe ne feeza wammwe ono (agende) mu kibuga: atekwa yeetegereze emmere entukuvu abaletereko ek yokulya. Era atekwa yeekengere, tabamanya mmwe (omuntu) n'omu.
20. Mazima bwe banaabavumbula bajja kubakuba amayinja oba babazze mu ddiini yaabwe; era ng'ekyo kikoleddwa olwo temugenda kulokoka obugenderevu.
21. Era bwe kityo twababagguukirizisa (abantu b'ekibuga ne babazuula), (nga

تَجِدَكَ وَلِيًّا مُرْشِدًا ۝١٨

وَتَحْسَبُهُمْ آيِقَانًا وَهُمْ رُقُودٌ ۝  
وَنَقَلَهُمْ ذَاتَ الْيَمِينِ وَذَاتَ  
الشَّمَالِ ۝ وَكَلَبَهُمْ بِأَسْطِ ذُرَاعَيْهِ  
بِالْوَجِيدِ ۝ لَوَاطَعَتْ عَلَيْهِمْ لَوَلِيَّتْ  
مِنْهُمْ فَرَارًا وَكَلِمَاتٍ مِنْهُمْ رُجْبًا ۝١٨

وَكَذَلِكَ بَعَثْنَاهُمْ لِيَتَسَاءَلُوا بَيْنَهُمْ  
قَالَ قَائِلٌ مِنْهُمْ كَمْ لَبِثْتُمْ قَالُوا  
لَبِثْنَا يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمٍ قَالُوا رَبُّكُمْ  
أَعْلَمُ بِمَا لَبِثْتُمْ فَابْعَثُوا أَحَدَكُمْ  
بِوَيْدٍ مِمَّا هَدَيْنَا إِلَى الْمَدِينَةِ فليَنْظُرْ  
أَيُّهَا أَرْبَى طَعَامًا فليَأْتِكُمْ بِرُبِّقٍ  
مِنْهُ وَلِيَتَلَطَّفَ وَلَا يَشْعُرَنَّ بِكُمْ أَحَدًا

لِيُظْهِرُوا لَكُمْ فِي حُجُومِكُمْ أَنِّي  
بُعِيدٌ وَكَمْ فِي مَلِيَّتِهِمْ ۝ وَإِنْ نَفَعُوا إِذْ أَلْبَدَا

وَكَذَلِكَ أَعْتَرْنَا عَلَيْهِمْ لِيَجْسُرُوا أَنْ

18. Amakulu nti Katonda yabawa ekitiibwa nga tewali asobola kubatuukako oba okubasemberera okutuusa ekiseera lwe kyaggaako Katonda kye yabagerera okumala nga beebase.

20. Olw'okubanga baayingira kumakya ne bagolokoka olw'eggulo lw'olunaku olwakomere-rayo. kale ne baloozoa nti lwe lunaku lwe beebakirako. Bwe banaavumbula we muli ne babalaba.

bajja kubakuba amayinja oba bababonyebonye okutuusa lwe munadda mu ddiini yaabwe ey'okusinza balubaale. Era mli mbeera eyo. olwo temugenda kulokoka obugenderevu muno mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

21. Muzimbeko ekizimbe ku mpuku yaabwe kibeere ekijjukizo.

kye twagala abantu) balyoke bama-nyenti mazima endagaano ya Katonda ey'okuzuukiza ebitonde ya mazima, era ddala mazima Ekiseera Eky'e-nkomerero tekiriimu kubuusabuusa mu kujja kwakyo. Mu kiseera (abantu b'ekibuga) bwe baakaayana wakati waabwe mu kigambo kyabwe (eky'a-bavubuka), (abamu) ne bagamba nti: Mubazimbeko ekizimbe; Mukama wabwe y'abamanyi (obulungi ebifa-faako). Ne bagamba abo abaa sinza amaanyi ku kigambo kyabwe (abaalina obuyinza) nti: Mazima tujja kubazimbako omuzikiti.

22. (Abamu) bajja kugamba nti: Baali basatu, ow'okuna waabwe (nga) y'embwa yaabwe, abamu bagambe nti: (Baali) bataano ow'omukaaga waabwe (nga) y'embwa yaabwe ku lw'okuteebereza obuteebereza kw'e-byo ebitalabika (bye batamanyi). Era abalala bagambe nti: Baali musanvu ow'omunaana waabwe (nga) y'embwa yaabwe. Bagambe nti: Mukama wange y'amanyi obulungi omuwendo gwabwe. Tewali abamanyi (bibafaako) wabula abatono ddala. Kale tokaa-yananga mu (bikwata ku) bo wabula okukaayana okw'okungulu (okw'olusaago), era tobuzanga omuntu n'omu ebikwata ku bo.

23. Era togambanga (ng'oyogera) ku kintu kyonna nti: Mazima nze ndi wa kukola ekyo enkya.

24. Wabula (ogambenga nti): Katonda nga ayagadde. Era yogeranga ku-

وَعَدَ اللَّهُ حَقًّا وَإِنَّ السَّاعَةَ لَأَسْرَبُ  
فِيهَا قَدْ إِذْ يَنْتَازِعُونَ بَيْنَهُمْ أَمْرَهُمْ  
فَقَالُوا ابْنُوا عَلَيْهِمْ بُيُوتًا ارْمُوا  
أَعْمُرَهُمْ قَالِ الَّذِينَ غَابُوا عَنَّا  
أَمْرَهُمْ لَنْ نَخْفَدَنَّ عَلَيْهِمْ مَسْجِدًا ﴿٢١﴾

سَيَقُولُونَ ثَلَاثَةٌ رَأَيْنَاهُمْ كَذِبَةٌ  
يَقُولُونَ سَادِسَةٌ فَإِذَا فِي سَمَاءٍ  
بِالْغَيْبِ وَيَقُولُونَ سَبْعَةٌ وَرَأَيْنَاهُم  
قُلُوبًا أَعْمُرُ بَعْدَ تَهُمَ مَا يَعْلَمُهُمْ إِلَّا  
قَلِيلٌ مِّنْهُمْ قَالُوا مَرَأَةٌ طَاغُوتًا  
وَلَا تَسْتَفْتِي فِيهِمْ مِنْهُمْ أَحَدًا ﴿٢٢﴾

وَلَا تَقُولَنَّ لِشَيْءٍ إِنِّي فَاعِلٌ ذَٰلِكَ وَعَدَّ

إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ رُوَادُّ لُرَّتَابِكَ إِذَا

22. Tewali amanyi bukakafu bwa muwendo gwabwe abo abaali mu mpuku. era tewali magoba gali mu kunoonyereza bibakwatako awatali bujulizi buvudde ku Nabbi cyandibadde amanyi omuwendo gwabwe mu butuufu.

23. Katonda yayagala okulungamya Nabbi We n'okumulagirira empisa ezisaanira nti singa oyagadde okukola ekintu mu biseera eby'omu maaso, tomalirira nti. mazima nze nja kukola kino

Katonda wo singa obadde weerabidde (oluvannyuma n'ojjukira) era oga-mbenga nti: Oba olyawo Katonda wange n'annunngamya eri mu bulunngamu obusinga okuba okumpi okusinga kino.

نَسِيتَ وَقُلْ عَسَى أَنْ يَهْدِيَنِّي رَبِّي  
لِقُرْبٍ مِنْ هَذَا شَرْدًا ﴿١٣﴾

25. Kale (kigambibwa) nti baamala mu Mpuku yaabwe emyaka ebikumi bisatu (ate abalala) ne bongerako emyaka mwenda.

وَلَيْتُنَا فِي كَهْفِهِمْ ثَلَاثَ مِائَةٍ سِنِينَ  
وَارْدًا وَرِثْعًا ﴿١٤﴾

26. Gamba nti: Katonda y'amanyi ebbanga lye baamalamu. Kukwe okumanya ebitalabikako ebiri mu ggulu ne mu nsi. Mazima Ye y'asinga okubiraba n'okubiwulira! Tebalina mukuumi atali Ye, era tewali n'omu amwegattako mu kusalawo Kwe.

قُلِ اللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا لَيْتُوا لَهُ خَيْرٌ مِنَ الْمَوْتِ  
وَالَّذِينَ ظَنُّوا أَنَّهُم مَالِكُمْ مِنْ  
دُونِهِمْ مِنْ قَوْلِي وَلَا يَسْتَرْكِبُنِي فَحْلِبْ أَحَدًا

27. Soma ebyo ebitumiddwa gy'oli ebiva mu Kitabo kya Mukama wo. Tewali akyusa bigambo Bye, era tojja kufuna buddo okuva eri omulala atali Ye.

وَأَسْأَلُ مَا أَوْحَى إِلَيْكَ مِنْ كِتَابِ رَبِّكَ  
لَا مُبَدِّلَ لِكَلِمَاتِهِ وَلَنْ تَجِدَ مِنْ  
دُونِهِ مُلْتَحَدًا ﴿١٥﴾

28. Gumiikirizisa omwoyo gwo nga oli wamu n'abo abasaba Mukama waabwe enkya n'eggulo nga baagala oludda Lwe; era tobabusanga amaaso (n'ogoolekeza eri abalala), nga oyagala ebyokwewunda by'ensi; era togonderanga oyo gwe twagayaaza mu mutima gwe n'ayawukana ku kutwogerako (okutusinga), n'agoberera obwagazi bwe ne (kisigala) kubeera

وَاصْبِرْ نَفْسَكَ مَعَ الَّذِينَ يَدْعُونَ  
رَبَّهُمْ بِالْغَدَاةِ وَالْعَشِيِّ يُرِيدُونَ  
وَجْهَهُمْ وَلَا تَعْدُ عَيْنَاكَ عَنْهُمْ تُرِيدُ  
زِينَةَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَلَا تَطْعَمَنْ  
أَعْفَلْنَا قَلْبَهُ عَنْ دِكْرِنَا وَاتَّبَعَ هُوَهُ

okwagala n'obutayagala; wabula ekyo okyesigamizanga eri Katonda n'ogamba nli: 'Katonda anaaba ayagadde', nja kukola ekinlu gundi.

25. Abantu abo baamala mu Mpuku emyaka ebikumi bisatu nga abantu tebabavumbulanga. Mweyongeramu emyaka mwenda --- Singa obadde obaze nga osinziira ku mboneka y'emyezi, naye bw'oba obaze nnaku bunaku olwo giba emyaka bisatu byokka.

26. Katonda Y'oyo eyakola ebitonde era y'alina okusalawo eky'enkomerero. Ye nga bw'atalina mubeezi era talina gwe yegatta naye mu Bwa Katonda, ayawulwa mu Bwakatonda Bwe.

27. Katonda agamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti singa tosomera bantu obubaka obukutumiddwa tojja kufuna buddukiro kuwona bibonerezo Byange.

ekigambo kye nga bwonoonefu bwe-reere.

وَكَانَ أَمْرُهُ قُرْطًا ٢٩

29. Bagambe nti: Amazima amatuufu (ago) gava eri Mukama wammwe. Kale oyo yenna aba ayagala (okukkiriza), akkirize, n'oyo atayagala, agaane. Mazima Ffe twateekerateekera abo abalyazaamaanyi (abatakkiriza) omuliro, nga lubeetoolodde olukomera lwagwo. Bwe balibanga basabye okunywesebwa amazzi (olw'enkalamata) balinywesebwanga amazzi agalinga ekyuma ekisaanuusiddwa agasiiriza ebyenyi. (Ekyo) ky'ekyokunywa ekisinga obubi era (omuliro) bwe butuulo obusinga obubi.

وَقِيلَ الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ فَقَدْ مَنَّ شَاءَ  
فَلْيُؤْمِرْ مَنْ وَمَنْ شَاءَ فَلْيُكْفِرْ إِنَّا عَمَتْنَا  
لِلظَّالِمِينَ نَارًا أَحَاطَ بِهَا مِنْ سَمِئَاتِهَا وَإِنْ  
يَسْتَعْجِلُونَ يَأْتِيهَا نُورٌ أَمَّاءٌ كَالْمُهْلِ يَشْوِي  
الْوَجْهَ بِبُخَسِ الشَّرَابِ وَسَاءَتْ مُرْتَفَقًا ٣٠

30. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi (Katonda gy'asiima, tujja kubasasula ekyenkanyi ky'emirimu gyabwe) — Mazima Ffe tewonoona mpeera z'oyo aba alongoosezza omulimu.

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
إِنَّا لَا نُضِيعُ أَجْرَ مَنْ أَحْسَنَ عَمَلًا ٣٠

31. Abo balina Ejjana, (ekifo) ekitebenkevu, emigga nga gikulukuta wansi waabwe; balyenaanika nga bali mu yo ebikomo ebya zaabu, era balyambalanga engoye za *Siliki* eza kiragala ez'oluwewere n'enzito (babeerengamu) nga beesigamy'e ku bitanda. Ekyengera ky'okusasulwa, n'obulungi bw'ekifo n'obuddo (kwe kusasulwa

أُولَئِكَ لَهُمْ جَنَّاتُ عَدْنٍ تَجْرِي مِنْ  
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ يُحَادَّثُونَ فِيهَا مِنْ أَسْوَرٍ  
مِنْ ذَهَبٍ وَيَلْبَسُونَ ثِيَابًا خُضْرًا أَمْثَلِ  
السُّنْدُسِ وَالْأَسْتَبْرِقِ مُتَكَدِّينَ فِيهَا عَلَى

29. Mu aya eno Katonda yakakasa nga obubaka Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yajja nabwo okuva eri Ye, bwe gali amazima agatasaana muntu kugabusabuusaamu. Wano kwe kukudaalira oyo atakkiriza nti, ayagala akkirize, oyo atayagala agaane; naye ekiriva mu kugaana okukkiriza kuliba kumuyingiza muliro mw'alisanga ebibonerezo ebya buli ngeri. Era omuliro bwe buddo obusinga obubi omuntu bw'asaana okwewala.

30. Katonda bwe yamala okwogera ku bwonoonyi n'obuddo bwabwe n'ayogera, ku bakkiriza abalongoofu n'obuddo bwabwe, n'ategezza nga bwe balibcera mu kwesiima okw'olubeerera awatali kuggyibwa mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe). Era nga ekyo bwe kiri ekifo ekisinga obulungi ow'amagezi ky'asaana akolerera okutuukako.

Ejjana — ekifo eky'okwesiima okw'o-lubeerera)!

32. Bakubire ekifaananyi ky'abasajja ababiri: Omu ku bombi nga twamuteerawo ennimiro bbiri, ez'emizabbibu ne tuzisakaatiza n'emitende, ne tussa wakati waazo amalimiro (g'emmere endala).
33. Amalimiro ago gombi gaabala ebyokulya byago awatali kukendeeramu kantu konna. Ne tukulukusa emigga mu myagaanya gyazo.
34. (Omu) n'abeera nga alina ebibala (bingi ddala). N'agamba munne bwe yali nga anyumya naye; nze nkusinza emmaali, era nze w'ekitiibwa (akusinza) abantu.
35. N'ayingira mu nnimiro (ye) naye nga yeeryazaamaanyizza yekka; n'agamba nti: Sirowooza nti bino bya kugwaawo obugenderevu.
36. Era sirowooza nga Ekiseera Eky'enkomerero kya kubaaawo, era wadde ne bwe ndiba nga nzizibbwayo eri Mukama wange ddala nngenda kusa nga ebirungi okusinga bino, era obuddo (obulungi) obusinga buno.
37. Munne n'amugamba nga naye amuddamu: Owakanyizza Oyo eyakutonda mu ttaka, bwe yamala n'akutonda mu mazzi agazaala, n'oluva-

الرَّايِكُ يُعَمَّرُ التَّوَابُ وَحَسَنَتْ مَرْفَعًا

وَاصْرِبْ أَمُّ مَثَلًا تَجْلِبِّينَ جَعَلْنَا  
إِحْدَاهُمَا جَنَّتَيْنِ مِنْ أَعْنَابٍ وَ  
حَفَفْنَاهُمَا بِغُلٍّ وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمَا زُرْعًا

كِلْتَا الْجَنَّتَيْنِ أَتَتْ أَكْطَاهَا وَلَمْ تَطْلِمِ  
مِنْهُ شَيْئًا وَفَجَّرْنَا خِلْفَهُمَا نَهْرًا

وَكَانَ لَهُ ثَمْرَةٌ فَقَالَ لِصَاحِبِهِ وَهُوَ  
يُحَاوِرُهَا أَنَا أَكْثَرُ مِنْكَ مَالًا وَأَعَزُّ  
نَفَرًا

وَدَخَلَ جَنَّتَهُ وَهُوَ ظَالِمٌ لِنَفْسِهِ  
قَالَ مَا أَظُنُّ أَنْ تَبِيدَ هَذِهِ أَبَدًا

وَمَا أَظُنُّ السَّاعَةَ قَائِمَةً وَلَئِنْ  
رُدِدْتُ إِلَى رَبِّي لَأَجِدَنَّ خَيْرًا مِنْهَا  
مُنْقَلَبًا

قَالَ لَهُ صَاحِبُهُ وَهُوَ يُحَاوِرُهَا أَكْفَرًا  
بِالَّذِي خَلَقَكَ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ مِنْ

33. Katonda yakuba ekifaananyi ky'abo abagaana okukkiriza bannabbi era ne beeragira ku bakkiriza olw'okuba balina emmaali eya buli ngeri, n'abafaanaanyiriza n'oyo ayalina ennimiro gy'alaba nga teyinza kugwaawo; naye olw'obuyinza bwa Katonda emmaali n'emuggwaako oluvannyuma n'asigalirawo ngalo nsa.

37. Ngeri ki bw'owakanya Katonda Oyo eyakola kitaawo Adamu mu ttaka ate ggwe n'akutonda mu mazzi agazaala ago aganyoomwa, n'akuwumbawumba okutuusa lwe yakufuula omusajja omwenkamunkamu mu butonde bwo, nga bwe yakukola nga akuggya mu butabaawo bwo.

nnyuma (n'akuwumba) n'akwenkanyankanya okuba omusajja.

38. Naye mazima nze (ku lwange mukkiriza nti) ye Katonda, Mukama wange, era sigatta ku Katonda wange mulala n'omu.

39. Singa mu kiseera bwe wayingidde ennimiro yo, wagambye nti: Ekyo Katonda kye yayagala (kituukirire)! Tewali maanyi (gonna) wabula gali na Katonda! Wadde nga ondaba nze nga nnina emmaali entono n'abaana (abatono) okusinga ggwe,

40. Oba olyawo Mukama wange yandimpa ekirungi okusinga ennimiro yo ate (yo ennimiro yo) n'agisindikira kibuyaga okuva mu ggulu, n'ekesa (nga eyabadde ennimiro efuuse) kifo kyereere!

41. Oba amazzi gaayo ne gakeesa (olunaku lumu) nga gakalidde n'otosobola kuganoonya n'ogafuna.

42. Ne kwetooloola (okuzikirira) ku bibala bye ne bizikirira n'akeesa nga akyusa akuba mu ngalo ze olw'okusaalirwa ku lw'ebyo (ebiseera n'emmaali) bye yawaayo (nga alongoosa ennimiro ye) nga nayo (kati yali) egwiridde ku bitindiro byayo, nga agamba nti: Abange zinsanze nze! Singa saagatta ku Katonda wange kintu na kimu!

43. N'abeera nga talina kibiina kya bamura atali Katonda, era teyali wa kusobola kwetaasa.

تُطْفَةِ ثُمَّ سَوَّكَ رَجُلًا ﴿٣٨﴾

لِكَيْتَا هُوَ اللَّهُ رَبِّي وَلَا أُشْرِكُ بِرَبِّي  
أَحَدًا ﴿٣٩﴾

وَلَوْلَا إِذْ دَخَلْتَ جَنَّتِكَ قُلْتَ مَا شَاءَ  
اللَّهُ لَأَكْفُوهُ إِلَّا بِاللَّهِ إِنْ تَرَىٰ أَنَا  
أَقَلَّ مِنْكَ مَالًا وَوَلَدًا ﴿٤٠﴾

فَعَسَىٰ رَبِّي أَنْ يُؤْتِيَنِي خَيْرًا مِّنْ  
جَنَّتِكَ وَيُرْسِلَ عَلَيْهَا حُسْبَانًا مِّنَ  
السَّمَاءِ فَيُصْبِحُ صَعِيدًا زَلَقًا ﴿٤١﴾

أَوْ يُصْبِحُ مَا وَهَا غَوْرًا فَلَنْ تَسْتَطِيعَ  
لَهُ طَلَبًا ﴿٤٢﴾

وَأُحِيطُ بِشَمْرِكَ فَاصْبِرْ يَقْلِبْ كَفَيْهِ  
عَلَىٰ مَا أَنْفَقَ فِيهَا وَهِيَ خَاوِيَةٌ عَلَىٰ  
عُرْوَتِهَا وَيَقُولُ لِيَلَيْتَنِي لَمْ أَشْرِكْ  
بِرَبِّي أَحَدًا ﴿٤٣﴾

وَلَمْ تَكُن لَّهُ ذِمَّةً تَنْصُرُونَهُ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ وَمَا كَانَ مُنتَصِرًا ﴿٤٤﴾

39. Wandigambye bwe tuvudde ku nnimiro yo nti: Tendereza Katonda, n'omwebaza olw'ekyo kye yakuwa n'ogamba nti ekyo Katonda ky'aba ayagadde okuba kiba, nga bw'akyagadde. Tewali maanyi gafunibwa muntu wabula byonna bibaawo ku lwa Katonda.

44. Awo nno obufuzi bwa Katonda yekka, Ow'amazima. Ye y'asinga okugaba empeera ennungi era n'enkomerero ennungi.

هُنَالِكَ الْوَلَايَةُ لِلَّهِ الْحَقِّ هُوَ خَيْرٌ  
لِّوَالِيٍّ وَخَيْرٌ عُقْبَانِ ﴿٤٤﴾

45. Era bakubire ekifaananyi nga obagereza obulamu bw'ensi — bulinga amazzi ge tussa okuva mu ggulu, ne byetabula nago ebimera by'oku nsi (ne bimera ne bitinta, oluvannyuma) ne bukeera nga bisusunka bisubi ebikaze nga empewo ebikunngunsa. Ne yali Katonda Muyinza ku buli kintu.

وَاضْرِبْ لَهُم مَّثَلًا الْحَيٰوةِ الدُّنْيَا  
كَمَآ أَنزَلْنَاهُ مِنَ السَّمَآءِ فَاخْتَلَطَ  
بِهِ نَبَآئُ الْأَرْضِ فَأَصْبَحَ هَشِيمًا  
تَذُرُّهُ الرِّيحُ وَكَانَ اللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ  
شَيْءٍ مُّقْتَدِرًا ﴿٤٥﴾

46. Emmaali n'abaana byakwenyiriza bya nsi. N'ebiyokusigalawo (ebikolwa) ebirungi bye bisinza empeera ennungi awali Mukama wo, era ly'essuubi erisinga obulungi.

الْمَالُ وَالْبَنُونَ زِينَةُ الْحَيٰوةِ الدُّنْيَا  
وَالْبَاقِيَاتُ الصَّالِحَاتُ خَيْرٌ عِندَ رَبِّكَ  
ثَوَابًا وَخَيْرًا أَمَلًا ﴿٤٦﴾

47. (Lowooza ku) Lunaku lwe tulitambuza ensozi ne zivaawo (nalwo lwe Lunaku Lw'enkomerero), olwo n'olaba ensi nga yectadde nga (nsee-teevu teriimu kakkoba katunnumba); ne tubakunngaanya (bonna awamu) ne tutalekaayo mu bo muntu n'omu.

وَيَوْمَ نُسَيِّرُ الْجِبَالَ وَتَرَى الْأَرْضَ  
بَارِزَةً ۗ وَحَتَّىٰ نُهَمِّ قَوْمًا نَعَادِرُنَا  
أَحَدًا ﴿٤٧﴾

48. Olwo ne banjulwa eri Mukama waabwe (nga basimbiddwa) mu nnyiriri, (awo ne bagambibwa): Mazima mutujidde nga bwe twabatonda omulundi ogwasooka. Wabula mwalowoozanga nti tetulibassizzaawo ndagaano (ya kuzuukira musisinkane Naffe).

وَعُرْضُوا عَلَىٰ رَبِّكَ صَفًّا لَقَدْ  
جِئْتُمُونَا كَمَا خَلَقْنَاكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ  
بَلْ زَعَمْتُمْ لَنَاجِعَلْ لَكُمْ  
مَّوْعِدًا ﴿٤٨﴾

44. Enkomerero esinga obulungi ku bakkiriza eri wa kataonda

46. Emmaali n'abaana bintu omuntu bye yeenyiriza nahyo ekiseera ky'obulamu bw'ensi ate oluvannyuma ne biggwaawo. Naye omuntu okutawaana n'ebyo ebirungi eby'okusigalawo; nga okusala n'okugondera katonda, bye bisinga empeera ennungi awali katonda era ly'essuubi erisinga obulungi omuntu ly'asaana okuba nahyo.

48. Buli kibiina kiriba mu lunyiriri lwakyo era abantu baliba bukunya nga bwe baazaalibwa era balijja kinnoomu mu masso ga katonda.



49. Ekitabo ky'emirimu ekya buli omu ne kissibwawo, olwo n'olaba abo-noonyi nga balumwa (bakankana) ku lw'ebyo ebirimu, nga bagamba nti: Abange ffe, (zitusanze ffe)! Kitabo kya ngeri ki kino ekitalekaayo (kintu) kitono oba ekinene wabula kikiko-mekkerenza! Ne basanga ebyo (byonna) bye baakola nga biseembedde, era Mukama wo taliryazaamaanya muntu n'omu.

وَوَضِعَ الْكِتَابَ فَتَرَى الْمُجْرِمِينَ  
مُسْتَقِيمِينَ مَتَّافِيهِ وَيَقُولُونَ يَا لَيْتَنَا  
مَالِ هَذَا الْكِتَابِ لَا يُغَادِرُ صَغِيرَةً  
وَلَا كَبِيرَةً إِلَّا أَحْصَاهَا وَوَجَدُوا مَا  
عَمِلُوا حَافِرًا وَلَا يَظُنُّهُمْ رَبُّكَ أَحَدًا ﴿٤٩﴾

50. Era jjukira mu kiseera bwe twagamba bamalayika: Muvunnamire Adamu ne bavunnamire wabula Iblisa (Sitaane). Yali wa mu mageege n'ayoonona ku lw'okwawukana ku kiragiro kya Mukama wo. Abaffe oyo nate gwe mufuula ne bazzukulu be abataasa (bammwe) atali Nze, nga nabo basitaane balabe bammwe? Kubi nnyo okuwaanyisa kw'abalyazaamaanyi!

وَاذْقُنَا الْمَلَائِكَةَ اسْجُدْ لِآدَمَ  
فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ كَانَ مِنَ الْجِنِّ  
فَفَسَقَ عَنْ أَمْرِ رَبِّهِ أَتَتَّخِذُ وَنَهُ  
وَدَرِيئَةً أَوْلِيَاءَ مِنْ دُونِي وَهُمْ  
لَكُمْ عَدُوٌّ وَيَسُّ لِلظَّالِمِينَ  
بَدَلًا ﴿٥٠﴾

51. Saabasembezza (kubaawo) mu kuto-nda eggulu n'ensi, oba (wadde) oku-tonda bo bennyini; era saali Nze afuula ababuza (b'abantu okuba) abayambi (Bange);

مَا أَشْهَدُ لَهُمْ خَلْقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَلَا خَلْقَ أَنْفُسِهِمْ وَمَا كُنْتُ  
مُخَلِّدًا الْمُضِلِّينَ عَصْدًا ﴿٥١﴾

52. (Mufumiitirize) ne ku Lunaku (Katonda) lw'alibagamba nti: Mu-koowoole bannange abo be mwangattako, (abo be mwagambanga nti nabo Katonda). Olwo balibakoowoole ne batabaanukula, era tuliteekawo wakati waabwe obuzikiriro mwe balizikiririra. (nagwo gwe muliro).

وَيَوْمَ يَقُولُ نَادُوا شُرَكَائِيَ الَّذِينَ  
رَعِمْتُمْ فَوَدَّعَوْهُمْ فَلَمْ يَسْتَجِيبُوا لَهُمْ  
وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمْ مَوْبِقًا ﴿٥٢﴾

50. Bawaanyisa okuwaanyisa okubi ennyo bwe baddira mu kifo ky'okugondera Katonda ne bagondera sitaane (Iblisa) ne bazzukulu be, abanywanyi be.

51. Ebyo bye mufudde abayambi bammwe ne mubisinzira bitonde butonde nga mmwe. Tebirina kye birinako buyinza era Saabisembezza mu kiseera bwe nali nga nkola eggulu n'ensi, balyoke bannyambeko; era mu kiseera ekya baali tebannatondebwa.

53. Abonoonyi ne balaba omuliro (mu-kiseera ekyo) ne bakakasa nti mazima bo ba kugugwamu, (kyokka ate) ne batafuna ku gwo bwewogomo (bagwebalame),
54. Mazima twannyonnyola abantu mw'eno Kuraane nga tubagereza mu buli kifaanaanyi (ku lw'obulungi bwabwe), naye omuntu yali okuva ddi na ddi nga y'asinga ebintu byonna empaka.
55. Era tewali kyaziyiza bantu kukkiriza mu kiseera obulunngamu we bwabajjira, (wadde era tewali kyabaziyiza okusabanga) beegayirire Katonda waabwe abasonyiwe, wabula baalindiriranga libajjire etteeka ly'abasooka oba ebibonyobonyo bibajjire lwatu nga babiraba.
56. Era tetwatuma babaka wabula kuba babuulizi b'amawulire ag'essanyu era abatiisa. Naye abo abaakaafuwala ne bawakana mu bitali bituufu balyoke babigiseewo Amazima. Ne bafuula obubonero Bwaffe n'ebyo (ebibonyobonyo) ebibatiisibwa (okuba) olusaago.
57. Ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo abuulirwa Ebigambo bya Mukama we, n'abivaako ne yeerabira ebyo

وَرَأَى الْمُجْرِمُونَ النَّارَ فَظَنُّوا أَنَّهُمْ  
عِ ۞ مُوَاعِنُوهَا وَلَمْ يَجِدُوا عَنْهَا مَصْرِفًا ۞

وَلَقَدْ صَوَّرْنَا فِي هَذَا الْقُرْآنِ لِلنَّاسِ  
وَمِنْ كُلِّ مَثَلٍ وَكَانَ الْإِنْسَانُ أَكْثَرَ  
شَيْئًا جَدَلًا ۞

وَمَا مَعَهُ النَّاسُ أَنْ يُؤْمِنُوا إِذْ جَاءَهُمْ  
الْهُدَىٰ وَيَسْتَغْفِرُوا لَهُمْ إِلَّا أَنْ  
تَأْتِيَهُمْ سُنَّةٌ مِنَ الْوَالِدِينَ أَوْ يَأْتِيَهُمُ  
الْعَذَابُ جَدَلًا ۞

وَمَا رُسُلُ الْمُرْسَلِينَ إِلَّا مَشِيرِينَ  
وَمُنذِرِينَ وَيَجَادِلُ الَّذِينَ كَفَرُوا  
بِالْبَاطِلِ لِيُدْحِضُوا بِهِ الْحَقَّ وَاتَّخَذُوا  
أَيْتِي وَمَا أَنْزَلْنَاهُمْ وَلَا ۞

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ ذُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ  
فَاعْرَضَ عَنْهَا وَتَوَلَّىٰ مَا قَلَّ مَتَّ يَدَا ۞

53. Bwe balimala okulaba omuliro ne bategeerera ddala nti ba kuguyingira, olwo baliba tebalina buddukiro bwonna gye bayinza okuddukira balyoke baguwone.

54. Katonda agamba nti tunnyonnyola omuntu mu Kuraane ne tumulaga buli kintu kyonna baleme okubula okuva ku mazima ne ku bulunngamu; awamu n'ekyo omuntu yayitirira empaka n'okunonoza buli kintu mu bitali bituufu — wabula oyo Katonda gw'aba alunngamizza ye yeewala ebyo.

55. Katonda yategeeza nga bwe watali kigaana bakafiiri abo abalimbisa amazima agali mu bbanga wabula lwa kusaba kwabwe ebibonerezo cbyo bye balagaanyisibwa bibajjire mbulaga.

57. Abo abakafiiri abaakuusirira ku bukafiiri okutuusa lwe baziba n'amatu olw'okugaana okukkiriza, tebakyasobola kulunngama newankubadde nga obakoowodde otya. Ekyo lwa kubanga Katonda yabaggalira emitima gyabwe ne giba nga tegikyasobola kuyingiramu bukkiriza.

(ebikolwa) emikono gye bye gyakulembeza (okukola)? Mazima Ffe twassa ekibikka ku mitima gyabwe baleme okugitegeera (Kuraane), ne mu matu gaabwe (mulimu) ekizibikidde. Ne bw'oba obayise okujja eri obulunngamu, tebayinza kulunngama, bwe kiba nga bwe kityo, obugenderevu.

إِنَّا جَعَلْنَا عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ أَكِنَّةً أَنْ يَفْقَهُوهُ وَفِي آذَانِهِمْ وَقْرًا وَوَرَيْنَ لَهُمْ خِيَابًا إِلَىٰ الْهُدَىٰ فَلَنْ يَهْتَدُوا إِذًا أَبَدًا ﴿١٧﴾

58. Ne Mukama wo ye Musonyiyi, Ye Nnannyini Kusaasira. Singa abavunaana (abantu kati) ku lw'ebyo bye bakoze, olwo yandibanguyirizza ebibonyobonyo; wabula (ekyo takikola kubanga) balina endagaano (nalwo lwe Lunaku Lw'enkomerero) mwe batalifunira buddukiro gye baddukira okuva eri atali Ye (Katonda).

وَرَبُّكَ الْغَفُورُ ذُو الرَّحْمَةِ لَوْ يُؤْخَذُ بِمَا كَسَبُوا الْعَجَلُ لَهُمُ الْعَذَابُ بَلْ لَهُمْ مَوْعِدٌ لَنْ يَجِدُوا مِنْ دُونِهِ مَوْيِلًا ﴿١٨﴾

59. N'ebyo ebyalo Twabazikiriza (abantu) baakwo bwe baalyazaamaanya (ne bonoona), ne tutekawo ku kuzikirira kwabwe ekiseera ekigere.

وَتِلْكَ الْقُرَىٰ أَهْلَكْتُمُ لَمَّا ظَلَمْتُمْ وَأَنْتُمْ جَعَلْتُمُ لَهُمْ مَوْعِدًا ﴿١٩﴾

60. Jjukira mu kiseera Musa bwe yagamba omuvubuka (omuweereza) we; nti sija kukomya kutambula okutuusa lwe naatuuka ku bugattiro bw'ennyanja zombi, oba (wadde ka) ntwale ebbanga ddene ennyo era okutuusa lwe naatuukayo.

وَإِذْ قَالَ مُوسَىٰ لِقَتْلِهِ رَبِّ أَسْرِحْ لِي أَتْلُوهَا ۚ قَالَ يَا مَعْجَمُ الْبَحْرَيْنِ أَوْ أَمْضِ حُقُبًا ﴿٢٠﴾

61. Bwe baatuuka bombi mu bugattiro (bw'ennyanja) zombiriri ne beerabira ekyennyanja kyabwe, ne kikola ekkubo

فَلَمَّا بَلَغَا مَجْمَعَ بَيْنِهِمَا نَسِيَا حُوتَهُمَا

60. Esonga cyavaako Musa okugamba omulenzi ekyo yali nti: "Musa yategeezebwa nti mu kitundu ekyo ennyanja we zeegeetira waaliwo omusajja Katonda gwe yali yawa okumanya ebyo gwe by'otomanyi." Musa n'ayagala agende amuyigireko, kale kwe kutegeezaako omuvubuka we oyo gwe yagenda naye.

61. Musa yali amaze okulagirwa okuva eri Katonda agende n'ekyennyanja ekikalu naye nti we kinaamubulirako we yali ajja okusanga omusajja oyo. Bwe baatuuka awo ne bawummulako ne beebaka. Awo ekyennyanja ne kiva mu kikapu mwe kyalu ne kikuba omulukwa ku mazzi ne kigenda Go amazzi ne gakwata ku lw'obuyinza bwa Katonda omulukwa ne gusigalawo ekyennyanja we kyayise kalyoke kabere akabonero akanaabalaga ekyennyanja we kyabulidde, basobole okuzuula oyo gwe baali banoonya.

lyakyo mu nnyanja nga mulukwa mu mazzi.

62. Bwe baayisaawo (ennyanja we zee-gattira, Musa) n'agamba omuvubuka we: Tuleetere ekyemisana kyaffe. Mazima tusanze obuzibu (bwa maanyi) mu lugendo lwaffe luno.

63. (Omuvubuka) n'agamba nti: Olaba (ekyantuseeko) mu kisceera bwe twagenze (okuwumula) ku lwazi? Mazima nze neerabidde ekyennyanya — Tewali kya nneerabizizza okulema okukijjukira (nkubulireko) wabula sitaane — kyakoze ekkubo lyakyo mu nnyanja mu ngeri ey'ekyewuunyo (eri Musa n'omulenzi we).

64. Musa n'agamba nti: Ekyo kye twabadde twagala. Ne baddayo bombi okunoonyereza mu buwufu bwabwe gye baayise.

65. (Nga bazzeeyo) ne basanga omuddu mu baddu Baffe, gwe twawa okusaa-sira Kwaffe okuva we Tuli, era ne tumuyigiriza n'okumanya okuva gye Tuli.

66. Musa n'amugamba: A baffe nkugoberere, okutuusa (yonna gy'onookoma) njjigirize ebimu kw'e-byo bye wayigirizibwa mu Bulunngamu?

فَاتَّخَذَ سَبِيلَهُ فِي الْبَحْرِ سَرَبًا ﴿٦١﴾

فَلَمَّا جَاوَزْنَا قَالَ لِفَتَاهُ إِنِّي جَدَّاءٌ نَا:  
لَقَدْ لَقِينَا مِنْ سَفَرِنَا هَذَا نَصَبًا ﴿٦٢﴾

قَالَ أَرَأَيْتَ إِذْ أَوَيْنَا إِلَى الصَّخْرَةِ  
فَأَنِّي نَسِيتُ الْخُحُوتَ وَمَا أَنسِيَهُ إِلَّا  
الشَّيْطَانُ أَنْ أَذْكُرَهُ وَاتَّخَذَ سَبِيلَهُ  
فِي الْبَحْرِ مَجْجَبًا ﴿٦٣﴾

قَالَ ذَلِكَ مَا كُنَّا نَبْعِرُكَ فَارْتَدَّا عَلَى  
أَثَارِهِمَا قَصَصًا ﴿٦٤﴾

فَوَجَدَا عَبْدًا مِنَ عِبَادِنَا آتَيْنَهُ رَحْمَةً  
مِّنْ عِنْدِنَا وَعَلَّمْنَاهُ مِمَّا كُنَّا عَلَّمْنَا ﴿٦٥﴾

قَالَ لَهُ مُوسَى هَلْ أَتَيْكَ عَلَى أَنْ  
تُعَلِّمَ مِمَّا عَلَّمْتَ رُسُلَنَا ﴿٦٦﴾

65. Oyo ayogerwako wano erinnya lye ye Nabbi Huziri (emirembe gibe ku ye) gwe yasanga a wali olwazi olwo ekyennyanya we kyabulira. Kigambibwa nti Musa yasanga Huziri nga yeebikkiridde olugoye nga agalamidde wansi ku ttaka n'amutoolera *Ssalaamu*. Awo Huziri n'asitula omutwe gwe n'amubuuzza nti "Kivudde wa mu kitundu wano ekiramuso ekyo?" Mu kisceera ekyo, Musa n'amusaba bagende naye amuyigirize ebyo Katonda bye yamuyigiriza, ebyo eby'ewala cbitasoboka kumanyika wabula ku lw'okulunngamya kwa Katonda.

Abamanyi bagamba nti okuyiga okw'engeri eyo Huziri kwe yalina omuntu akufuna lwa kutya Katonda nnyo n'okutukuza emirimu gye ku lwa Katonda.

67. (Huziri) n'agamba: Mazima ggwe tosobola kugumiikiriza nange. قَالَ إِنَّكَ لَنْ تَسْتَطِيعَ مَعِيَ صَبْرًا ٥٧
68. Ngeri ki bw'onoogumiikiriza kw'ekyo ky'otectoolodde kukimanya? وَكَيْفَ تَصْبِرُ عَلَىٰ مَا لَمْ تُحِطْ بِهِ خُبْرًا ٥٨
69. (Musa) n'agamba: Ojja kunsanga, Katonda bw'anaaba nga ayagadde, nga ndi mugumiikiriza era sija kukujeemera ggwe mu kigambo kyonna. قَالَ سَتَجِدُنِي إِن شَاءَ اللَّهُ صَابِرًا وَلَا أَعْصِي لَكَ أَمْرًا ٥٩
70. (Huziri) n'agamba: Bw'onooba nga ongoberedde. Tombuuzi ku kintu kyonna okutuusa lwe naakunyumiza ggwe ebikifaako. قَالَ فَإِنِ اتَّبَعْتَنِي فَلَا تَسْأَلْنِي عَن شَيْءٍ حَتَّىٰ أُحْدِثَ لَكَ مِنْهُ ذِكْرًا ٦٠
71. Ne bagenda bombi okutuusa bwe baali nga bamaze okulinyi mu lyato. (Huziri) n'aliwummulamu ekituli. (Musa) n'agamba: Oliwumuddemu ozikirize bannannyini lyo? Mazima oleese ekigambo ekinene ekitiisa! فَأَنْطَلَقًا حَتَّىٰ إِذَا رَكِبَا فِي السَّفِينَةِ خَرَقَهَا قَالَ أَخَرَقْتَهَا لِتُغْرِقَ أَهْلَهَا لَقَدْ جِئْتَ شَيْئًا مَّرْمُرًا ٦١
72. (Huziri) n'agamba! Saakugambye nti mazime ggwe tosobola kugumiikiriza awamu nange? قَالَ أَلَمْ أَقُلْ إِنَّكَ لَنْ تَسْتَطِيعَ مَعِيَ صَبْرًا ٦٢
73. (Musa) n'agamba: Tonvunaana ekyo kye nneerabidde, era tonzitoowereza mu kigambo kyange (eky'okubeera naawe) obuzito bwonna. قَالَ لَا تَأْخُذْ بَعِثَاتِ آلِ إِسْرَائِيلَ وَلَا تَرْهَقْنِي مِن أَمْرِي عُسْرًا ٦٣

67. Musa bwe yasaba okutambula naye Huziri yamwetondera n'amugamba nga bw'ataasobole kugumiikiriza kw'ebyo bye yali ow'okulaba nga Huziri abikola.

68. Huziri yannyonyola Musa nti ngeri ki bw'onoogumiikiriza ku bigambo ebirabika nga bibi kungulu nga ggwe tosobola kumanya bya munda waabyo. Ekyo yakimugamba kuba waaliwo enjawulo wakati w'okumanya kwabwe bombi.

70. Wano Huziri kycyava awa Musa akakalu nga tebannatandika kutambula aleme kumubuuzi ekintu kyonna mu lugendo lwabwe okutuusa ye Huziri yennyini lw'anaakimutegeza. Musa n'akikiriza akakalu ako.

71. Nga batambuddeko ekiseera kitono nga bali mu lyato, Huziri n'aliggyamu olubaawo nga bamaze okutuuka mu buziba, wabula Musa teyagumiikiriza n'amubuuzi nga munyikaavu lwaki okoze ekyo, n'amunanya nga bw'akoze ekigambo ekitakoleka era n'amugamba nti: "Abasajja baatuleetede obwereere kaakati owumuggudde eryato lyabwe?"

72. Wano Huziri kwe kujjukiza, Musa endagaano yaabwe ey'obutamubuuzi.

74. Ne bagenda bombi okutuusa lwe baasanga omulenzi, (Huziri) n'amutta. (Musa) n'amugamba: Osse omuntu omutukuvu awatali kumala (kutta) muntu. Mazima okoze ekigambo kibi.

فَأُتْلَقَا فَتَحَتِي إِذَا لِقِيََا عُلْمًا فَفَعَلَا  
قَالَ أَتَلَّتْ نَفْسًا زَكِيَّةً بِرَبْعِي نَفْسٍ ط  
لَقَدْ حِجَّتْ سَيِّئًا تَكْرًا ﴿٧٤﴾

75. (Huziri) n'agamba nti: Saakugambye ggwe nti mazima tojja kusobola kugumiikiriza wamu nange?

قَالَ أَلَمْ أَكُلْ لَكَ إِنَّكَ لَنْ تَسْتَطِيعَ  
مَعِيَ صَبْرًا ﴿٧٥﴾

76. (Musa) n'agamba nti: Bwe naaba nga nkubuuzizza ku kintu (ekirala kyonna) oluvannyuma lwa kino, to-beera nange. Mazima otuuse okusonyiyibwa okuva gyendi.

قَالَ إِنَّ سَأَلْتِكِ عَنْ شَيْءٍ بَعْدَهَا  
فَلَئِنْ لَمْ يَنْبِئِي بِهِ قَدْ بَلَغْتَ مِنْ لَدُنِّي  
عُدْرًا ﴿٧٦﴾

77. Ne bagenda bombiriri okutuusa lwe baatuuka ku bantu b'oku kyalo, ne basaba abantu baakwo okubawa emmere (naye) ne bargaana okubakyaaza. Ne basanga mu kyo ekisenge nga kyagala kugwa, (Al-Huziri) n'akiyimiriza. (Musa) n'agamba nti: Singa oyagadde wandikitutteko empeera (ekikolwa ekyo ky'okoze).

فَأُتْلَقَا فَتَحَتِي إِذَا أَتِيَا أَهْلَ قَرْيَةٍ  
وَأَسْتَطَعْنَا أَهْلَهَا فَأَبَوْا أَنْ يُصَيِّفُوهُمَا  
فَوَجَدَا فِيهَا جِدَارًا يُرِيدَانِ أَنْ يُنْفِضَا  
فَأَقَامَهُ قَالَ لَوْ شِئْتَ لَتَمَدَدْت عَلَيْهِ  
أَجْرًا ﴿٧٧﴾

78. (Al-Huziri) n'amugamba nti: Eno y'enjawukana wakati wange naawe! (Kati) nja kukutegeeza amakulu g'ebyo by'otaasobodde kugumiikiriza.

قَالَ هَذَا فِرَاقُ بَيْنِي وَبَيْنِكَ  
سَأَلْتِكِ بِتَأْوِيلِ مَا لَمْ تَسْتَطِيعِ عَلَيْهِ صَبْرًا ﴿٧٨﴾

74. Musa era teyasobola kugumiikiriza ekikolwa ekyo eky'okutta omwana. Kyo kino, ku mulundi guno teyakibuuzza nga yeerabidde wabula yakigenderera olw'okutamwa ekikolwa ekyo ky'ataasobola kugumiikiriza awamu n'okuba nga yali ajjukira endagaano gye baakoze. Kwe kumunyenya ng'amugamba nti: "Osse otya omuntu atalina musango?"

75. Musa yategeeza nga bwe yali yeetonze emirundi mingi eri oyo (Al-Huziri) gwe yali naye nti, singa anaddayo okumubuuzza oluvannyuma lw'omulundi guno, yali wa butanenyezebwa okumwawukanako.

76. Musa yagamba munne bw'atyo nga ky'ategeeza kiri nti nga abantu b'oku kyalo ekyo bwe baali bargaanye okubawa emmere n'okubafuula abagenyi baabwe, Al-Huziri yandibasabye empeera ey'okuyimiriza ekisenge ekyo.

77. Wano Al-Huziri yatandika okunnyonyola ebyo Musa by'ataasobola kutegeera kigendererwa kyabyo; nga atandikira ku kyasoose — eky'okuwummula eryato.

79. Mazima eryato lyabadde lya banaku (abalunnyanja) abakola ku nnyanja ne njagala okulituusaako akamogo (mu bugenderovu kubanga) mu maaso gaabwe (gye baali balaga) waaliyo kabaka nga atwala buli lyato (eddamu) mu kulinyaga.

أَمَّا السَّفِينَةُ فَكَانَتْ لِمَسْلِكِينَ يَعْمَلُونَ  
فِي الْبَحْرِ فَأَرَدَتْ أَنْ أَرْعِيَهُمَا وَقَالَ  
رَبُّهُمَا هُم مِمَّا يَأْخُذُ كُلَّ سَفِينَةٍ  
غَصَبًا ﴿٧٩﴾

80. Naye omulenzi (gwe nasse), bakadde be baali nga bakkiriza ne tutya (mutabani waabwe) okubawaliriza bombiriri okubula n'okukaafuwala.

وَأَمَّا الْعُلَمَاءُ فَكَانَ أَبُوهُم مُّؤْمِنِينَ  
وَخَشِينَا أَنْ يُرْهِقَهُمَا طُغْيَانًا وَكُفْرًا ﴿٨٠﴾

81. Kale ne twagala Mukama waabwe abawaanyisizemu (omwana) omulungi okusinga oyo obutukuvu era asinga okuba okumpi (mu) kubasaasira.

فَأَرَدْنَا أَنْ يُبَدِّلَهُمَا رَبُّهُمَا خَيْرًا مِنْهُ  
زُكُورًا وَأَقْرَبَ رَحْمًا ﴿٨١﴾

82. Naye mazima ekisenge, kyabadde kya balenzi babiri nga bombi bamulekwa (ababeera) mu kibuga, nga waliyo wansi waakyo eggwanika lyabwe bombiriri, era kitaabwe yali nga mulongoofu, kale n'ayagala Mukama wo batuuse okukula kwabwe baggyeyo eggwanika lyabwe. Ku lw'okusaasira okuva eri Mukama wo; (kale nange) saakikoze ekyo ku lwange (wabula ku lwa bubaka obwawudde eri Katonda). Eyo y'ennyinyonnyola y'ebyo by'otasobola kugumiikiriza.

وَأَمَّا الْجِدَارُ فَكَانَ لِغُلَامَيْنِ يَتِيمَيْنِ  
فِي الْمَدِينَةِ وَكَانَ تَحْتَهُ كَنْزٌ لَهُمَا  
وَكَانَ أَبُوهُمَا صَالِحًا فَأَرَادَ رَبُّكَ  
أَنْ يُبْلِغَهُمَا أَشَدَّهُمَا وَيُخْرِجَهُمَا كُنْزَهُمَا  
رَحْمَةً مِنْ رَبِّكَ وَمَا فَعلْتَهُ عَنْ قَوْمِي  
ذَلِكَ تَأْوِيلُ مَا لَمْ تَسْطِعْ عَلَيْهِ صَبْرًا ﴿٨٢﴾

79. Al-Huziri yateeka ku lyato ly'abalunnyanja abo akamogo nga ky'agenderera Kabaka aleme kulinyaga, abanaku abo balyoke basobole okulikozesa oluvannyuma lw'okuliddaabiriza nga bamaze okuyita ku Kabaka oyo. Ekyo yakikola kubanga tebaalina kintu kye basobola kukola singa cryato lyabwe eryo lyabanyagibwako.

80-81. Al-Huziri yasala omulenzi oyo alme okuzikiriza bakadde be nga akuze. Kubanga kyandiba nti bandibuze n'okukaafuwala olw'okumwagala ennyo, sso nga ye omulenzi yali aja kuba musirusiru wa kitaio. Kale ekyo Al-Huziri yakikola eky'Okumutta, Katonda alyoke abaddizewo omwana asingako empisa era anaayisa bakadde be abo obulungi, n'okubasaasira.

82. Musa yali anyiigidde Al-Huziri mu mmeeme ye kubanga ye yali tategeera bikolwa ebyo ebyali birabika obubi kungulu, ebyo Al-Huziri bye yakola. Kale oluvannyuma Musa yannyonnyolwa amakulu gaabyo wamu n'omugaso gw'ebikolwa ebyo ebyali bimurabikidde obubi. Era Al-Huziri yamutegeeza nga bwe yali akoze ebyo ku lw'ekiragiro ekyamujjira okuva eri Katonda — Obwo obujulizi bulaga nga Al-Huziri bwe yali Nabbi.



83. Bakubuuzo ku Zul-Karnaini. Bagambe nti: Nja kubasomera ebigambo ebimufaako.
84. Mazima Ffe twamusobozesa (ne tumuwa obuyinza mu nsi) ne tumuwa ku buli kintu ekkubo (erimusobozesa okukituukako).
85. N'akwata ekkubo,
86. Okutuusa, lwe yatuuka e Bugwanjuba, n'agisanga (enjuba) nga egwa mu luzzi olw'etosi, era n'asangawo ekibiina (ky'abantu awo) awali oluzzi: ne tugamba nti: Owange Zul-Karnaini! Oba onoobabonyabonya oba onoobakolera obulungi (ekyo kinaava mu ndaba yo).
87. (Zul-Karnaini) n'agamba nti: Oyo anaalyazaamaanya, kyaddaaki tujja kumubonyabonya, oluvannyuma alizibwa eri Mukama we, anaamubonyabonya olubonyabonya oluyitirivu!
88. Naye oyo anakiriza (Katonda) n'akola emirimu emirongoofu, alina empeera ennungi, era tujja kumugamba mu bigambo byaffe ebyangu (tujja kumuyisa bulungi)!
89. Bwe yamala n'akwata ekkubo,
90. Okutuusa, lwe yatuuka e Buvanjuba, n'agisanga (enjuba) nga eviirayo ku

وَسَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الَّذِينَ قَالُوا  
سَاءَ مَا كُنَّا عَلَيْهِ مِنَّا إِذْ كُنَّا

إِنَّا مَكَانَهُ فِي الْأَرْضِ وَأَتَيْنَاهُم مِّن  
كُلِّ شَيْءٍ سَبِيحًا ﴿٨٣﴾

فَاتَّبَعَهُ سَبِيحًا ﴿٨٤﴾

حَتَّىٰ إِذَا بَلَغَ مَغْرِبَ الشَّمْسِ وَجَدَهَا  
تَغْرُبُ فِي عَيْنٍ حَمِئَةٍ ۖ وَوَجَدَهَا  
فَوْمًا ۖ قُلْنَا لَئِن لَّا لَقَرْنَا لَنَرَيْنَهُ إِنَّا لَنَعْلَمُ  
وَأَمَّا إِنَّا لَنَتَّخِذُ فِيهِمْ حُسْنًا ﴿٨٥﴾

قَالَ إِنَّمَا مَن ظَلَمَ فَسَوْفَ نَعْدِبُ  
هُ ثُمَّ يُرَدُّ إِلَىٰ رَبِّهِ فَيُعَذِّبُهُ عَذَابًا  
بَاطِلًا ﴿٨٦﴾

وَأَمَّا مَن آمَنَ وَعَمِلَ صَالِحًا فَلَهُ جُزْءًا  
مِّنَ الْحَسَنَاتِ ۖ وَسَتَقُولُ لَهُ مَن أَمْرًا يُسْرًا ﴿٨٧﴾

ثُمَّ أَتْبَعَهُ سَبِيحًا ﴿٨٨﴾

حَتَّىٰ إِذَا بَلَغَ مَطْرِعَ الشَّمْسِ وَجَدَهَا

86. Abantu b'ekitundu ekyo Zul-Karnaini be yasanga, baali bakyewaggula ab'amawaggali era abatabufutabufu; naye Zul-Karnaini yabasinza amaanyi n'abafuga. Ye ku bubwe Katonda yali amuwade obusobozi bw'obufuzi n'ebirala ebirungi nfaafa. Kale oluvannyuma lw'okubawangula mu kubafuga Katonda yamulagira yeesiimirewo eky'okukola abantu abo — oba abalekere eddembe lyabwe bagendere ku nneyisa yaabwe, oba ababonereza mu byonna ebibi bye bakola.

90. Ensi y'abantu abo yali tesoboka kuzimbako, era nga tekuli miti wadde olusozi mwe bayinza okwewogoma omusana. Emisana baabeeranga mu binnya, ate obudde bwe bwazibanga ne bavaayo basobole okwenoonyeza ekyokulya.

kibiina (ky'abantu) nga tetwabateerawo wansi waayo (enjuba) kibasiiki-riza (musana).

تَطْلَعُ عَلَى تَوْرٍ لَمْ يَجْعَلْ لَهُمْ مِنْ  
دُونِهَا سِتْرًا ﴿٩١﴾

91. Bwe kityo (bwe kyali). Mazima twe-tooloola okumanya ebyo (ebimufaako).

كَذَلِكَ وَقَدْ أَحَطْنَا بِمَا لَدَيْهِ خُبْرًا ﴿٩٢﴾

92. Oluvannyuma n'akwata ekkubo (eddala),

ثُمَّ أَتْبَعَهُ سَبَبًا ﴿٩٣﴾

93. Okutuusa, lwe yatuuka wakati w'ensozi ebbiri, n'asanga ekibiina (ky'abantu) wansi waazo nga tebasemberrera kutegeera bigambo (bibagam-bibwa).

حَتَّىٰ إِذَا بَلَغَ بَيْنَ السَّدَّيْنِ وَجَدَ مِنْ  
دُونِهِمَا قَوْمًا لَّا يَكَادُونَ يَفْقَهُونَ قَوْلًا ﴿٩٤﴾

94. Ne bagamba nti: Owange Zul-Karnaini! Mazima (abantu b'ekika) kya Ba-Ajuuja ne Ba-Majuuja bonoonyi (ba nsusso) mu nsi. Abaffe, tukuwe empeera okutuusa oteeke wakati waffe nabo ebbibiro (erinaabaziyya okutulumbagana)?

قَالُوا يَا أَيْدَا الْقُرَيْنِ إِنَّ يَا جُوجَ وَ  
مَا جُوجَ مُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ فَهَلْ  
يَجْعَلُ لَكَ خَرْجًا عَلَىٰ أَنْ تَجْعَلَ  
بَيْنَنَا وَبَيْنَهُمْ سَدًّا ﴿٩٥﴾

95. N'agamba nti: Ebyo bye yansobozesa (n'ampa) mu byo Mukama wange bye bisinga obulungi (ku mpeera yammwe). (Nja kubakolera bwcreere, wabula) munnyambe n'amaanyi (gammwe mu buntu, ndyoke) nteeke olukomera wakati wammwe nabo.

قَالَ مَا مَكْرِيٌّ فِيهِ رَبِّي خَيْرٌ  
فَأَعِينُونِي بِقُوَّةٍ أَجْعَلْ بَيْنَكُمْ  
وَبَيْنَهُمْ رَدْمًا ﴿٩٦﴾

96. Mundeetere ebitundutundu by'ebyuma — okutuusa, lwe yamala okwenkanyankanya (ebbanga erylali) wakati w'ensozi ebbiri, n'agamba nti: Mufuuwe (omuliro n'emivubo gya-mmwe)! — Okutuusa, lwe yamala okukifuula (ekyuma ekyo ekyenge-

أَتُوْنِي زُبْرَ الْحَدِيدِ حَتَّىٰ إِذَا سَاوَىٰ  
بَيْنَ الصَّدَفَيْنِ قَالَ الْقَوْمُ حَتَّىٰ  
إِذَا جَعَلَهُ نَارًا قَالَ أَتُوْنِي أَفْرَعُ

91. Katonda yali amanyi mu bujjuvu engeri za Zul-Karnaini, n'ebyo byonna by'akola — tewaali kimwekwese na kimu mu bimufaako.

96. Zul-Karnaini ng'amaze okuziba omuwaatwa ogwo ogwali wakati w'ensozi ebbiri, olwo abantu b'ekika biri byombiriri eburumbaganyi baasigala baziyyiddwa emabega w'ensozi ezo. Olu-komera lwali lugumu nnyo, olunywewu ate oluseerera, nga tebasobola kulubuuka.

redde) g'omuliro, n'agamba nti: Mundeetere ekikomo (ekisaanuuse) nkifukirire (ku kyuma ekyo).

عَلَيْهِ قَطْرًا ﴿٩٦﴾

97. (Kale Ba-Ajuuja ne Ba-Majuuja) tebaasobola kuluvvuunuka (olukomera olwo) era tebaakisobola kuluwummula.

فَمَا اسْطَاعُوا أَنْ يَظْهَرُوهُ وَمَا اسْتَطَاعُوا لَهُ نَقْبًا ﴿٩٧﴾

98. N'agamba nti: Kino kya mu kusaa-sira kwa Mukama wange; (naye) bw'eriba ezze endagaano ya Katonda wange (Olunaku Lw'Ekiyaama ne lutuuka), alirufuula olwesedde, (kubanga) yali endagaano ya Mukama wange nga ya mazima.

قَالَ هَذَا رَحْمَةٌ مِنْ رَبِّي فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ رَبِّي جَعَلَهُ دَكَّاءَ وَكَانَ وَعْدُ رَبِّي حَقًّا ﴿٩٨﴾

99. Ne tuleka abamu mu lunaku olwo nga beekuluumulira abamu mu bannaabwe, enngombe n'efuuyibwa. Ne tubakunngaanya olukunngaanya.

وَتَرَكْنَا بَعْضَهُمْ يَوْمَئِذٍ يَمُوجُ فِي بَعْضٍ وَنُفِخَ فِي الصُّورِ فَجَمَعْنَاهُمْ جَمْعًا ﴿٩٩﴾

100. Ne twanjulira omuliro (Jahannama) ku Lunaku olwo ku bakafiiri, olwanjula (olweyolefu beerolere), —

وَعَرَضْنَا لَهُمْ يَوْمَئِذٍ لِلْكَافِرِينَ عَرَضًا ﴿١٠٠﴾

101. Abo (Abakafiiri) amaaso gaabwe agaali mu kibondo ne baa wakana ku kunjukira, ne baba nga tebasobola kuwulira.

الَّذِينَ كَانَتْ أَعْيُنُهُمْ فِي غِطَاءٍ عَنْ ذِكْرِي وَكَانُوا لَا يَسْتَطِيعُونَ سَمْعًا ﴿١٠١﴾

102. Abaffe, balwooza abo abaakaafuwala nti bayinza okufuula abaddu Bange bakatonda (ababakuuma sso atali Nze, ekyo ne kibagasa)? Mazima ffe twatekerateekera abakafiiri

أَحْسِبَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَنْ يَتَّخِذُوا عِبَادِي مِنْ دُونِي أَوْلِيَاءَ ط إِنَّا

99. Olunaku Lw'okuzuukira bwe luliba lutuuse abantu balyetabula abamu ne bannaabwe olw'obungi bwabwe nga balinga amayengo g'ennyanya bwe geetabula. Enngombe bw'eriba efuuyiddwa omulundi ogw'okubiri Katonda alikunngaanya abantu bonna mu kifo kimu ku lw'okubabala n'okubasula. Tawaliba asigalayo n'omu.

101. Abakafiiri beeziba amaaso ne batalaba mazima, era ne beeziba amatu gaabwe ne bawulira mazima g'chyo ababaka ba Katonda bye baja nabyo.

- omuliro (Jahannama) nga kye kifo (kyabwe).
103. Bagambe nti: Tubategeeze abo abaa-faanirwa emirimu gyabwe? —
104. Be bo okwayonooneka okutegana kwabwe mu bulamu (buno) obw'ensi, nabo nga balowooza nti mazima bo balongoosa (mu) mirimu (gye bakola).
105. Abo be bo abaawakanya o bubonero bwa Mukama waabwe (era ne bawakanya) n'okumosisinkana ku Nkomerero. (Kale olw'ekyo) ne gyonooneka emirimu gyabwe, (era) tetugenda kubateerawo ku Lunaku Lw'okuyimirira (Lw'okuzuukira) kipimwa.
106. Abo empeera yaabwe — muliro (Jahannama), ku lw'ebyo bye baa-wakanya, ne bafuula Obubonero Bwange n'Ababaka Bange eky'oku-jeja.
107. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, yali Ejjana *Al-Firdausi* ku bo nga kye kifo kyabwe (mwe balitebenkera),
108. Ba kutuula lubeerera mu yo, tebalyagala kukyusibwa (kuggyibwa) mu yo (kuzzibwa walala).
109. Gamba nti: Singa ennyanja zaali nga ye bwino (awandiisibwa) Ebigambo bya Mukama wange (ddala mu bukakafu), ennyanja yandiweddewo (n'ekalira) nga tebinaggwaayo Ebi-

اعْتَدْنَا لَهُمُ لِلْكَافِرِينَ نَزْلًا ﴿١٧﴾

قُلْ هَلْ نُنَبِّئُكُمْ بِالْأَخْسَرِينَ أَعْمَالًا ﴿١٨﴾

الَّذِينَ ضَلَّ سَعِيَهُمْ فِي الْحَيَاةِ  
الدُّنْيَا وَهُمْ يَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ يُحْسِنُونَ  
صُنْعًا ﴿١٩﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ كَفَرُوا يُبَايِعُونَ رُسُلَهُمْ  
وَلِقَابِهِمْ كُفِبَتْ أَعْمَالُهُمْ فَلَا نُقِيمُ  
لَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وِزْرًا ﴿٢٠﴾

ذَلِكَ جَزَاءُ هُمُ هَٰؤُلَاءِ كَفَرُوا  
وَاتَّخَذُوا آيَاتِي وَرُسُلِي هُرُوفًا ﴿٢١﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
كَانَتْ لَهُمْ جَنَّاتُ الْفِرْدَوْسِ نُزُلًا ﴿٢٢﴾

خُلِدِينَ فِيهَا لَا يَبْغُونَ عَنْهَا حِوْلًا ﴿٢٣﴾

قُلْ تَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ إِنَّهُ يَحْكُمُ مَا  
رَىٰ لَنْفِدَ الْبَحْرَ قَبْلَ أَنْ تَنْفِدَ

107. Al-Firdausi y'Ejjana esinga obulungi era y'eri waggulu waazo zonna.

109. Amazzi g'ennyanja zonna ku nsi ne bwe gandibadde bwino ow'okuwandiisa ebigambo bya Katonda, ennyanja yandikalidde nga ebigambo byo tebinaggwaayo. Wadde ka kibe nga wandyongezeddwayo ennyanja endala ezenkana nga eyo emirundi n'emirundi — tekyandisobose ku lw'olukunkumuli n'olukunkumuli lw'ebiyama ebiri mu bigambo bya Katonda.

gambo bya Mukama wange, newa-  
nkubadde (ka tube) nga tuleese ekye-  
nkanyi (ky'ennyanja) nga ekyo emi-  
rundi n'emirundi.

كَلِمَاتِ رَبِّي وَوَجَّهْنَا مِثْلَهُ مَدَدًا ۝

110. Gamba nti: Mazima nze ndi muntu  
nga mmwe. Watumiddwa gyendi nti  
mazima Katonda wammwe ye Katonda  
Ali Omu (Omutonzi). N'omuntu  
(yenna) asuubira okusisinkana Mu-  
kama we, atekwa akole emirimu  
emirongoofu, era tagattanga mu ku-  
sinza Mukama we ekintu kyonna.

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ يُوحَىٰ إِلَيَّ  
أَنَّمَا إِلَهُكُمُ إِلَهُ وَاحِدٌ ۖ فَمَن  
كَانَ يَرْجُوا لِقَاءَ رَبِّهِ فَلْيَعْمَلْ عَمَلًا  
صَالِحًا وَلَا يُشْرِكْ بِعِبَادَةِ رَبِّهِ ۖ أَحَلُّوا

110. Katonda yalagira Nabbi we Muhammadi (s.a.w.) ategeeze, abo abakafiiri abaamulimbi-  
sanga nti: "Nze ndi muntu nga mmwe kyokka (kye njawukanamu ku mmwe kiri nti nze) nfunu  
Obubaka okuva eri Katonda, kw'ebyo bye mbategeeza. — Singa tekyali ekyo sandisobodde kubate-  
geeza ebyo ebyaliwo edda bye ssaalabako, era ndagiddwa okubategeeza nga Katonda wammwe  
bw'Ali Omu.

Omuntu (yenna) asuubira okufuna empeera ya Katonda we, alongoose emirimu gye nga akola  
ng'amateeka g'eddiini bwe gamulagira, era aleme okumugattako — mu kumusinza — kintu kirala:  
ng'okubeera nga akola bandabe mu kusinza kwe kubanga Katonda takkiriza mulimu gulimu  
bandabe.

## EBIFA KU SSUULA MARIAMU MU BUFUNZE (19)

Essuula eno, Mariamu eri emu mw'ezo ezakkira e Makka; yakka nga waakayitawo emyak mitono ddala nga Nabbi Ow'ekitiibwa (s.a.w.) kyaje atumibwe okusaasaanya Obubaka Obutukuvu, nga n'Abasiraamu tebannaddukira mu nsi Habashi (Abyssinia — Ethiopia) nga banoonya obubudamu.

Ekikulu ky'ennyonyolako ennyo kwe kukakasa Obwomu bwa Katonda, Okumutu-kuzi n'Okumwawula. Era eyongerera okunyweza ebikolo by'Obukkiriza, nga Okukkiriza Okuzuukira n'Okusasulwa, n'eyogera ku kkubo ly'abalungamu n'ery'ababuze. Eyo-gera ku Nabbi Zakariya n'omwana we Nabbi Yahaya Katonda gwe yamuwa olw'o-buyinza bwe mu mukyala we eyali omukadde ate omugumba. Okwo n'ezzaako okwogera ku kyamagero ekikulu eky'ekywuunyo — ekyo ekyafaayo ky'Omukyala Mariamu, Omukkiriza Ow'amazima Katonda gwe yasalawo okuwa omwana Nabbi Issa awatali kulabagana na musajja, ekyo kiryoke kisigalewo emirembe gyonna nga kyoleka Obuyinza n'Amaanyi ga Katonda. Eyogera nga egulumiza Bannabbi ba Katonda Omugulumivu, ab'ebitiibwa nga abo be bano: Nabbi Ishaka, Yakubu, Musa, Haruuna, Ismaili, Edriisa ne Nuuhu (emirembe gibe ku bo).

Mu kiscera we yakkira embeera yali efluukidde ddala ya kanaayokyani eri Abasiraamu; olw'okubanga abakafiiri baali batwalidde ddala ekiscera nga bakola buli bukujjukuju n'enkwe teekako n'okwogera buli kyakko ekyabajiranga babuzeebuze abantu. baleme kukkiriza Bubaka bwa Nabbi, kyokka ebyo bonna ne kuba kulerejjera bwereere na kutengejja busa. N'oluvannyuma baatandika okukijjany n'okuwalagganya Abagoberezi ba Nabbi nga babatuntuza mu buli ngeri yonna erumya; ne babeetyotyogolerako ne bakamala nga baagala babawalirize banaabire Nabbi mu maaso, baabulire Obusiraamu, Embeera ng'efuuse eya kazigizigi ddala, Nabbi yakkiriza Abagoberezi be badduke bagende babudame mu Habashi, ensi entebenkevu eyali efugibwa kabaka Omukristaayo kyokka nga mwenkanya nnyo agoberera amazima. Bwe batyo bwe baa-kola. Ekyo Abakafiiri olwakimanya ne beesala akajegere leero ne bataamira ddala, ne batulugunya nnyo ab'enganda z'abo abaasenguka n'Abasiraamu abaasigala, weewaawo, naye ate kyalectera abamu mu bo abakafiiri okunywegera Obusiraamu olw'okulimirwa ennganda zaabwe. Abakafiiri baateesa n'ekyavaamu ne bawondera abadduse e Habashi ne batwalira kabaka n'abakungu be ebirabo ebirungi bingi mbu abasiime alyoke agobe ababudami baddeyo e Makka, balyoke bakolweco nnyo n'amaanyi. Ekyo kabaka teyakikola oluvannyuma lw'okuwulira empoza y'ababudami n'Obubaka bwa Katonda obwamusomerwa omwogezi w'ababudami Hazarat Jaffara Mutabani wa Abi Twalibi. Yamusomera ekitundu kya Ssuula eno ekikwata ku Nabbi Yahaya ne Issa (emirembe gibe ku bo); Kabaka yasensererwa nnyo amazima g'Obubaka era n'abukkiriza nti butuufu bwava wa Katonda, sso si bugunjewo nga abakafiiri bwe baali bakaliriza.


Kale okusenziira ku byafaayo ebyo kiraga nti Katonda yassa Essuula eno ebeere entanda gye yasibirira ababudami eyabayamba okwabuka enkwe z'abakafiiri nga batuuse e Habashi, era ne kiraga nti "Wadde ensi gye mugendamu Nkuristaayo, naye temukweka amazima g'Obubaka, wabula mwogere kaate: Gamba nga Issa bw'atali Mwana wa Katonda okuggyako okuba Nabbi We era Omuddu We. Kw'ekyo kuzi-

bwako okunyumya ku Nabbi Ibrah imu, nga ekyo kya kugumya ababudami olw'okubanga mu ngeri y'emu naye Ibrahiimu yawalirizibwa okulekulira ensi ye n'azaayira e Shaamu olw'okuwalagganyizibwa nga yeekokkolwa kitaawe, n'ab'ekika kye ne bannansi banne ku lw'eddiini. Ate mu ngeri endala ne kigendererwa okugumya n'okuzza essuubi mu babudami bamanye nti mu kudduka okwo baali bakutte buwufu bwe bumu n'obwa Nabbi Ibrahiimu era nabo nti baali ba kwesiima mu nkomerero nga naye bwe yali. Nate era ne kuba kulabula eri abakafiiri b'e Makka bamanye nti mu kwekola eby'ekko ng'ebyo baali mu ttuluba lye limu nga bannalukalala abo bakawenkene abaayigganya Jjajjaabwe era Omukulembeze waabwe, Nabbi Ibrahiimu, ate bo ababudami ne baba mu kifo kya Ibrahiimu.

Okwogera ku Babaka kuno abalala mu aya 41-65 kukolebwa n'ekigendererwa ky'okulaga nti Nabbi Muhammadi naye yali azze n'Obubaka bwe bumu obwo obw'okuyita abantu okukkiriza Obwomu bwa Katonda n'Okumwawula mu Bwakatonda Bwe, ng'obwo obwaleetebwa Bannabbi abaaamusooka, gamba nga, Musa ne Haruuna, Ismaili, Ediriisa n'abalala okuggyako nti oluvannyuma lwabwe abagoberezi baabwe baawambira ne batalamaggira mu bwonoonefu nga bakutte amakubo amakyamu.

Mu kuwunzika, okugugumbulwa kwa maanyi kukolebwa eri abakafiiri b'omu Makka mu kusambajja n'okuvumirira amayisa gaabwe amabi, gamba nga okugatta ku Katonda ebintu ebirala ne babisinza n'ebikolwa byabwe ebirala, ebibi eby'enziro. Ate bo Abakkiriza ne basanyusibwa n'okutegeezebwa nga obuwanguzi bwe bubalindiridde wadde nga abalabe b'Amazima baali mu kwesala ntotto bavunvubike Amazima.





## ESSUULA MARIAMU (19)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya 98

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Ow'Ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. KAAF HAA YAA AIN SWAD.

كَلِمَاتٍ ①

2. Okwogera kw'okusaasira kwa Mukama wo ku muddu We Zakaria.

ذِكْرٍ رَحِمْتَ رَبِّكَ عَبْدًا ②

رَكْرَكًا ③

3. Mu kiseera bwe yakoowoola (ng'asaba) Mukama we olukoowoola olw'ekyama,

إِذْ نَادَى رَبَّهُ نِدَاءً خَفِيًّا ④

4. N'agamba nti: Mukama wange! Mazima nze amagumba gange ganafuye n'omutwe gwange gukoledde envi, era sibangako aswazibwa mu kuku-saba Mukama wange.

قَالَ رَبِّ إِنِّي وَهَنَ الْعَظْمُ مِنِّي ⑤  
وَاسْتَعَلَ الرَّأْسُ شَيْبًا وَلَمْ أَكُنْ

بِدُعَائِكَ رَبِّ شَقِيًّا ⑥

5. Era mazima nze ntidde ab'oluganda lwange (abana) oluvannyuma lwange (okwonoona eddiini), ate (ne) mukazi wange mugumba. Mpa nze okuva w'oli omwana,

وَلِيَّ خِجْتِ الْمَوْلَى مِن وَّرَائِي ⑦

وَكَانَتْ أُمْرَاتِي عَاقِرًا فَهَبْ لِي مِن ⑧

لَدُنْكَ وَلِيًّا ⑨

6. Ansikire era asikire (n'abo) ab'olulyo lwa Yakubu. Era Mukama wange mufuule asiimiddwa.

يَرْبُّنِي وَيَرْبُّ مَن أَل يَعْقُوبَ ⑩

وَاجْعَلْهُ رَبِّ رَضِيًّا ⑪

1. KAAF HAA YAA AIN SWAD: Okufaananako n'essuula endala nnyingiko mu Kuraane, Katonda yatandisa essuula eno n'ennyukuta ezo era y'amanyi kye yagenderera nazo.

2. Zakaria yali Nabbi mukulu mu Bannabbi abaava mu Baana ba Israeli.

4. Zakaria mu kuwanjagira Mukama Katonda we yategeereza nga mu kusaba kwe okwa bulijjo bwe yali taswazibwangako, kubanga Katonda yamwanukulanga. Mu ngeri y'emu ne ku mulundi guno yali tamusuubira kumwabalira.

6. Okusaba kwa Zakaria okuweebwa omwana, yali ayagala oyo anakkirizibwa mu maaso ga Katonda asikire obwannabbi bwe n'obwo obwa bakadde be, Abaana ba Yakubu — Obwannabbi

7. (Yagambibwa): Owange Zakaria! Mazima ffe tukusanyusa n'okukutegeeza amawulire g'okufuna omwana omulenzi. Erinnya lye ye Yahaya; tetuliteerangawo oluberyeberye (Iwe muntu) aliyitibwa.

يٰۤاٰزَكَرِيَّا اِنَّا نُبَشِّرُكَ بِغُلَامٍ اِسْمُهُ  
يَحْيٰى لَمْ نَجْعَلْ لَهُ مِنْ قَبْلُ سَمِيًّا ۝

8. N'agamba nti: Mukama Wange! Ngeri ki bwe naafuna omwana omulenzi nga mukazi wange mugumba ate nga mazima nange ntuusizza mu bukulu obukadde?

قَالَ رَبِّ اَلَيْسَ لِيْ عُلْمٌ وَّكَانَتْ  
اِمْرًا لِّيْ عَاقِرًا وَّوَقَدْ بَلَغْتُ مِنَ الْكِبَرِ  
عِتِيًّا ۝

9. (Malayika) n'agamba nti: Bwe kityo (bwe kinaaba). Mukama wo bw'agambye, nti: Ekyo ku Nze kyangu, era (nga) mazima (bwe) nakutonda oluberyeberye bwe wali nga toli kintu.

قَالَ كَذٰلِكَ قَالَ رَبُّكَ هُوَ عَلٰى هٰٓهٖنَ  
وَقَدْ خَلَقْنَاكَ مِنْ قَبْلُ وَاَلَمْ تَكُنْ  
سَمِيًّا ۝

10. (Zakaria) n'agamba nti: Mukama wange nteerawo Akabonero (akandaga nti omukyala wange ali lubuto). N'agamba nti: Akabonero ko, bwe butayogera na bantu (okumala) ebiro bisatu (awamu) n'okuba (ng'oli) mulamu.

قَالَ رَبِّ اجْعَلْ لِّيْ اٰيَةً ۗ قَالَ اٰيَتُكَ  
اِلَّا تَكُوْمَ النَّاسُ ثَلٰثَ لَيَالٍ سَوِيًّا ۝

11. N'aviirayo ekibiina kye mu ssinzizo, n'abatumira (nga akozesa obubonero); nti: Mutendereze (Katonda) enkya n'eggulo.

فَخَرَجَ عَلَى قَوْمِهِ مِنَ الْمِحْرَابِ فَاٰوَىٰ  
اِلَيْهِمْ اَنْ سَمِعُوْا الْبُرُوْۤاۤءَ وَعَشِيًّا ۝

12. (N'agambibwa mutabani we)! Owange Yahaya! Kwata Ekitabo kino ekiku-

يٰۤاِحْيٰى خُذِ الْكِتٰبَ بِقُوَّةٍ وَاٰتَيْنَا

kyokka kye kyamuluma okusikirwa kubanga emmaali ya Bannabbi tesikirwa — buli kyonna kye baleka eba saddaaka.

Mu aya eddako tutegeezebwa nga Katonda bwe yayanukula okusaba kw'omuddu We Zakaria, n'amuwa omwana gwe yamusaba — yamuzaala mu mukyala we oyo eyali omugumba era nga mukadde.

8. Zakaria yabuuzza mu ngeri y'okwewuunya, engeri gy'anaafunamu omwana owamu n'okuba nga akaddiye. Yali aweza emyaka 120, ate nga ne mukyala we awezezza emyaka 98.

10. Olulimi lwa Zakaria lwali lwa kwesiba abeere nga tasobola kwogera, okumala ennaku ssatu; sso nga mulamu ataliiko kamogo ku bulamu bwe.

12. Oluvannyuma lw'okuyitawo ekiseera, olubuto lwakula ne Yahaya n'azaalibwa, Katonda n'amutumira nga amulagira okusoma Ekitabo Tauraati n'amaanyi. Era yamuwa okutegeera n'obuyiikivu bw'okwewaayo mu kukola obulungi okuviira ddala mu buto.

weereddwa na maanyi. Era twa-  
muwa okutegeera okuviira ddala mu  
buto,

13. (Twamuwa) okuva gye tuli okulu-  
mirwa (ebitonde byonna), n'obutu-  
kuvu; era yali mutya Katonda,
14. Era (yali) ayisa bulungi bakadde be.  
Teyali ayeekuluntaza, omujeemu.
15. Emirembe gibeere ku ye olunaku lwe  
yazaalibwa, n'olunaku lw'alifa n'olu-  
naku lw'alizuukizibwa nga mulamu!.
16. Yogera nga oggya mu Kitabo (Kuraane  
ebifa) ku Mariamu, mu kiseera awo  
bwe yeeyawula ku bantu be (n'agenda)  
mu kifo ku ludda olw'e Buvanjuba  
(bw'omuzikiti).
17. N'ateekawo wakati waabwe (naye)  
olutimbe (olumwawula ku bo). Ne  
tumutumira Mwoyo Mutukuvu Waffe  
(Malayika Jibriilu) n'amufaananira  
(mu ndabika) ng'omuntu ddala.
18. (Mariamu) n'agamba nti: Mazima  
nze neekingiriza ne Katonda mu  
ggwe, bw'oba nga otya Katonda  
(tambula makubo go tonseemberera).
19. (Malaika) n'amugamba nti: Mazima  
nze (sijiridde kirala wabula) ndi mu-  
baka (okuva) ewa Mukama wo, nzize  
nkugabire (omwana) omulenzi omu-  
tukuvu.

الْحَمْدُ صَبِيحًا ۞

وَحَنَانًا مِّن لَّدُنَّا وَزَكَاةً وَكَانَ  
تَقِيًّا ۞

وَبَرًّا بِوَالِدَيْهِ وَلَمْ يَكُنْ جَبَّارًا عَظِيمًا  
وَسَلَّمَ عَلَيْهِ يَوْمَ وُلِدَ وَيَوْمَ يَمُوتُ  
وَيَوْمَ يُبْعَثُ حَيًّا ۞

وَأذْكُرْفِي الْكِتَابِ مَرْبِمًا إِذِ انْتَبَذَتْ  
مِن أَهْلِهَا مَكَانًا شَرِيًّا ۞

فَاتَّخَذَتْ مِن دُونِهِمْ حِجَابًا فَأَرْسَلْنَا  
إِلَيْهَا رُوحَنَا فَتَمَثَّلَ لَهَا بَشَرًا سَوِيًّا ۞

قَالَتْ إِنِّي أَعُوذُ بِالرَّحْمَنِ مِنكَ  
إِن كُنْتَ نَقِيًّا ۞

قَالَ إِنَّمَا أَنَا رَسُولُ رَبِّكِ لِذَهَبَ  
لِكَ عُلْمًا زَكِيًّا ۞

16. Katonda nga amaze okwogera ku kyafaayo kya Yahaya n'atandika okwogera ekyafaayo kya Mariamu nga bwe yazaala Issa Masiihi, owatali kulabagana na musajja.

18. Mariamu yagamba Malayika, gwe yaloozwa okuba nti muntu, nti alemu kumusemberera, awo bwe yali yekka nga yeeyawudde ku b'omu maka ge. Ekyo yakikola kubanga yaloozwa nti Omusajja oyo (Malayika Jibriilu) ayagala kumukolako bya buwemu. Era ekyo kyamwozeza ku Katonda, oba otyawo omusajja oyo n'atya. Wabula Ye Malayika awo kwe kumutegeza nga bwe yatumbiwa Katonda amubuulire nga bwe yali ow'okufuna omwana, mu aya eddako.

20. (Mariamu) n'agamba nti: Ngeri kɔ bwe naafuna omwana omulenzi nga tannankwatako (sinnalabagana na) musajja yenna, era nga sibangako malaaya?

قَالَتْ أَنَّىٰ يَكُونُ لِي غُلَامٌ وَلَمْ يَمْسَسْنِي بَشَرٌ وَلَمْ أَكُ بَغِيًّا ۝٢٠

21. (Malaika) n'agamba nti: Bwe kityo. Mukama wo bw'akugambye nti: Kyo ku Nze kyangu. Era (kya kutuukirira, tulyoke) tumufuule akabonero eri abantu (akalaga obuyinza Bwaffe) era nga kusaasira okuva gye Tuli, (ekyo) kyali Ekigambo ekyaggwa edda okugera.

قَالَ كَذٰلِكَ قَالَ رَبُّكَ هُوَ عَلَيَّ هَيِّنٌ ۙ وَلِنَجْعَلَهُ آيَةً لِّلنَّاسِ وَرَحْمَةً مِنَّا ۗ وَكَانَ اٰمُرًا مَّقْضِيًّا ۝٢١

22. (Mariyamu) n'aba olubuto lwa Issa, ne yeesamba nalwo (abantu) okulaga mu kifo ekyesudde.

فَحَمَلَتْهُ فَانْتَبَدَّتْ بِهِ مَكَانًا قَوِيًّا ۝٢٢

23. Ebisa ne bimujjira n'alaga eri enduli y'omutende. (Awo ng'azaala) n'agamba: Abange nze, singa nafa oluberyeberye lwa kino ne mbeera ekyerabiddwa, ekitayogerwako!

فَاجَاءَهَا الْغَاضُ اِلَىٰ جُدْعَةِ الْخَلْفَةِ ۙ قَالَتْ يَا لَيْتَنِي مِتُّ قَبْلَ هٰذَا وَكُنْتُ نَسِيًّا نَسِيًّا ۝٢٣

24. (Malayika) n'amukoowoola ng'ayima wansi we, nti: Tonakuwala! Mazima Mukama wo assizza wansi wo akagga,

فَنَادَاهَا مِنْ تَحْتِهَا اَلَا تَنْخَرِيْنِيْ قَدْ جَعَلَ رَبُّكِ تَحْتَكِ سَرِيًّا ۝٢٤

20. Omukyala Mariamu yeewuunya engeri gy'anaafunamu omwana nga ate tafumbirwangako, era nga teyali malaaya ekyo kimusobozese okuzaala omwana ow'obwenzi. Jibriilu kwe kumutegeeza nga ekyo bwe kiri ekyangu eri Katonda — era nga bw'asobola okumutondamu omwana awatali kumala kulabagana na musajja.

21. Omwana oyo eyali agenda okuzaalibwa, Issa yali wa kuba kusaasira kwa Katonda eri abantu — kubanga yali Nabbi akoowoola abantu okudda eri Katonda n'okumwawula obutamugattako kintu kirala kyonna mu Bwakatonda Bwe.

22. Mariamu bwe yafuna olubuto lw'omwana we Issa, oyo Malayika gwe yamutegeeza, yeeri-riikirira nnyo engeri gy'anannyonyola abantu basobole okumukkiriza amazima ge. Kale bwe lwatuuika okuzaala n'agenda mu kifo ekyesudde n'abantu, ekiyitibwa *Bayu Lahamu*.

23. Mariamu (emirembe gibe ku ye), mu kiseera ky'okuzaala ng'ebisa bimuleega, yeegomba nti singa yafa nga tannatuuka ku buzibu obwo: kubanga abeera kufa yandibadde nga atabeerangako ku nsi. Okwogera atyo yali tamanyi ngeri gy'anaamatizaa mu abantu engeri gye yafunamu olubuto.

24. Malayika yamukoowoola nga ayima wansi w'ekifo kye yalimu Mariamu nga amugumya, era nga amutegeeza ebyo by'anaakola.

25. Weenyeenyeze ggwe enduli y'omutende gujja kukukunkumulira entende ennyengevu.

وَهَرَّتْ لِيَ الْيَدُ بِجُدِّهِ الْخَلَّةِ تُسْقِطُ  
عَلَيْكَ رُطْبًا جَنِينًا ٢٥

26. Kale lya era enywe otereere amaaso (osanyuke era owummule omwoyo). Bw'onoolaba omuntu yenna (n'akubuuza ebifa ku mwana oyo), gamba nti: Mazima nze neeyamyee ku lwa Katonda okusiiba n'okusirika, olwa leero sijja kwogeranya na muntu.

تَكَلَّمِي وَاشْرَبِي وَتَرَّمِي عَيْنًا فَمَا  
تَكْرِيَنَّ مِنَ الْبَشَرِ أَحَدًا أَفْقُوِي رَائِي  
نَذَرْتُ لِلرَّحْمَنِ صَوْمًا فَلَنْ أَكَلِمَ  
الْيَوْمَ نِسِيًّا ٢٦

27. N'ajja naye (omwana) eri ekibiina kye, nga amusitudde. Ne bamugamba (mu kuwuniikirira) nti: Owange Mariyamu! Mazima oleese ekintu kinene ekiddukwa (eky'obuwemu — ozadde omwana atakkirizibwa ma-teeka).

فَأْتَتْ بِهِ قَوْمَهَا تَحْمِيلُهُ قَالُوا يَمْرُومُ  
لَقَدْ جِئْتِ شَيْئًا فَرِيًّا ٢٧

28. Owange mwannyina Haruuna! Kitaawo teyali muntu mukosi wa bubi era nnyoko teyali malaaya (mwenzi)!

يَأْتَتْ هَارُونَ مَا كَانَ الْبُوكِ أَمْرًا سَوِيًّا  
وَمَا كَانَتْ أُمُّكَ بَعِيًّا ٢٨

29. (Mariamu) n'alaza gy'ali (omuwere, ye gwe baba babuuza). Ne bagamba nti: Ngeri ki bwe tunaayogera n'oyo akyali ku kaali, omuwere?

فَأَشَارَتْ إِلَيْهِ قَالُوا كَيْفَ نُحْكِمُ مَنْ  
كَانَ فِي الْبَهْدِ صَبِيًّا ٢٩

30. (Omwana oyo Omuwere) n'agamba nti: Mazima nze ndi Muddu wa

قَالَ لِي رَبِّي عَبْدُ اللَّهِ تَنَبَّأَنِ الْكِتَابَ

26. Mariamu, ng'amaze okuzaala Issa, yamusitula n'alagirwa Katonda agende eka, kyokka asirike aleme kwogera na muntu yenna; wadde oli k'abe nga amubuuza ebifa ku mwana oyo.

28. Beewunya nnyo abantu be ne bawuniikirira, okulaba Mariamu n'omwana omuwere ate nga si mufumbo. Ate nga n'amaka mwe yazaalibwa gamanyiddwa obulongoofo bwago nga n'abazadde be bombiriri tebalina muze gwa bwenzi. Kale kyabalabikira nga kikulwa kya buswavu nnyo, eky'obuwemu.

29. Nga bamaze okwewunya ekigambo Mariamu ky'akoze, baayagala bamuwaayirize obwenzi, ne bamugamba ebyo bye baamugamba — ye kwe kulaza eri omwana omuwere Issa, eyali mu kizaziko, bamubuuze - kubanga ye Mariamu yali yeeyamyee okusirika olunaku olwo. Baamuddamu nga beewunya bw'abagamba okubuuza omuwere. Baakitwala nga ayali abazannyisa obuzannyisa. Awo Katonda kwe kwatuzi Issa.

30. Okwogera kwa Issa kwejeereza nnyina mw'ekyo kye baali bamulowoozamu nti yayenda. Issa mu njogera ye yeekakasaako ngg bw'ali omuddu wa Katonda sso ssi omwana We. Okufuulibwa kwe Nabbi n'awebwa Ekitabo, kyali kya mu kuteekateeka kwa Katonda okw'edda.

Katonda. Ampadde Ekitabo (Enjili) era n'anfuula Nabbi,

وَجَعَلَنِي نَبِيًّا ۝

31. Era n'anfuula ow'omukisa wonna we mbeera, n'annaamira okusaala n'okutoola zakka ebbanga (lyonna) lye ndimala nga ndi mulamu,

وَجَعَلَنِي مُبْرَكًا أَيْنَ مَا كُنْتُ وَأَوْصِيَنِ  
بِالصَّلَاةِ وَالزَّكَاةِ مَا دُمْتُ حَيًّا ۝

32. (Era yannaamira) n'okuyisa obulungi mmange (Mariamu), n'atanfuula ayeekuluntaza, omwonoonyi.

وَبَرًّا بِوَالِدَيْهِ وَلَمْ يَجْعَلْنِي جَبَّارًا  
شَقِيًّا ۝

33. Emirembe gibe ku nze olunaku lwe nazaalibwa, n'olunaku lwe ndifa, n'olunaku lwe ndizuukizibwa okuba omulamu (nate).

وَالسَّلَامُ عَلَيَّ يَوْمَ وُلِدْتُ وَيَوْمَ  
أَمُوتُ وَيَوْمَ أُبْعَثُ حَيًّا ۝

34. Oyo ye Issa Mutabani wa Mariyamu. (Kino) ekigambo, ddala kya mazima ekyo kye babuusaabaamu (Abakristaayo).

ذَٰلِكَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ قَوْلَ الْحَقِّ  
الَّذِي فِيهِ يَمْتَرُونَ ۝

35. Teyalina Katonda kweteerawo mwana. Ayawulwa (kw'ebyo bye bamugattako)! Bw'aba nga amaze ekigambo, mazima Akigamba nti: Ba! ne kibaawo.

مَا كَانَ لِلَّهِ أَنْ يَتَّخِذَ مِنْ وَّلَدٍ  
سُبْحٰنَهُ ۚ إِذَا قَضَىٰ أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ  
لَهُ كُنْ فَيَكُونُ ۝

36. Mazima Katonda Omutonzi Ye Mukama wange era Ye Mukama wammwe. (N'olwekyo) mumusinzenga. Eryo ly'ekukubo eggolokofu.

وَإِنَّ اللَّهَ رَبِّي وَرَبُّكُمْ فَاعْبُدُوا  
هَٰذَا صِرَاطٌ مُسْتَقِيمٌ ۝

37. Naye ne byawukanamu ebibiina by'abantu wakati waabwe (bokka

فَاتَّخَلَفَ الْأَحْزَابَ مِنْ بَيْنِهِمْ قَوَائِلٌ

33. Ebyo byonna bikakasa okuba nga Nabbi Issa (Yesu) ssi Katonda, era ssi mwana wa Katonda. wabula omuddu We arc Nabbi We.

35. Katonda bw'aba ayagadde ekintu kyonna kibeewo, alagira bulagizi, ekintu ekyo ne kibeerawo mu ngeri gy'akyagaddemu kibeewo — okufaanana ng'entonda ya Nabbi Issa bwe yali. Katonda yayagala atondebwe bw'atyo owatali musajja alabaganye na Mariamu. Era mu ngeri y'emu, bw'atyo bwe yayagala Jjajjaffe Nabbi Adamu atondebwe awatali musajja na mukazi; era n'atonda nnyaffe Itaawa ng'amuggya mu musajja (Adamu) awatali Mukazi.

37. Abantu mu kusooka baali bakkiriza bumu naye baayawukana oluvannyun. a mu bigambo ebifa ku Nabbi Issa, nga n'amazima gamaze okubajjira agategeza nga bwe yali omuddu wa

na bokka): okubonaabona kuli kw'abo abaakaafuwala mu kubecrawo kw'Olunaku Olunene (Olw'okulamulwa).

38. Kiki ekiryitiriza okuwulira kwabwe n'okulaba kwabwe olunaku lwe bali-tujjira! Naye mazima abalyazaamaanyi olwa leero (mu nsi) bali mu bubuze obweyolefu.

39. Batiise Olunaku lw'okwejjusa mu kiseera lwe kirisalibwawo ekigambo (abalongoofu okugenda mu Jjana n'abonoonyi okuyingira omuliro). (Sso) nga nabo (wano mu nsi) bali mu bugayaavu, era tebakkiriza.

40. Mazima Ffe, Ffe tulisikira ensi n'abo abagiriko; ne gye Tuli gye balizzibwa.

41. Era bategeeze (Ggwe Muhammadi) mu Kitabo (kino Kuraane) ebigambo ebifa ku Ibrahiimu. Mazima yali mukkiriza ow'amazima, Nabbi.

42. (Bajjukize) mu kiseera (Ibrahiimu) bwe yagamba kitaawe: Owange kitange! Lwaki osinza ebyo ebitawulira era ebitalaba era ebitalugasa mu kintu kyonna?

لَّذِينَ نَفَرُوا مِنْ مَّشْهَدِ يَوْمِ عِظَمِهِ ﴿٣٨﴾

أَسْمِعْ بِهِمْ وَأَبْصُرْ يَوْمَ يَأْتُونََنَا الَّذِينَ الظَّالِمُونَ الْيَوْمَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٣٩﴾

وَأَنْذِرْهُمْ يَوْمَ الْحَسْرَةِ إِذْ يُسْأَلُونَ وَهُمْ فِي غَفْلَةٍ وَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٤٠﴾

إِنَّا نَحْنُ نَرِثُ الْأَرْضَ وَمَنْ عَلَيْهَا وَإِلَيْنَا يُرْجَعُونَ ﴿٤١﴾

وَأَذْكُرْ فِي الْكِتَابِ إِبْرَاهِيمَ إِذْ كَانَ صِدِّيقًا نَبِيًّا ﴿٤٢﴾

إِذْ قَالَ لِأَبِيهِ يَا أَبَتِ لِمَ تَعْبُدُ مَا لَا يَسْمَعُ وَلَا يُبْصِرُ وَلَا يُغْنِي عَنْكَ شَيْئًا ﴿٤٣﴾

Katonda, era ekigambo Kye kye yateeka eri Mariamu. Bo Abayudaaya ne balemera ku kumuyita omwana ow'obwenzi, era ne balumiriza nti ebigambo bye by'ayogera bya ddogo. Abamu ne bagamba nti Issa Katonda, ko abandi nti wakusatu ku basatu — mwana wa Katonda (abo be Bakristaayo). Abalala bo ne bagamba nti ye muddu wa Katonda era Mubaka we era Nabbi We (abo be Basiraamu). Ekyo nno ekisembeyo kye kigambo eky'amazima, era abo be baali era na kati be bali ku mazima — nabo be bakkiriza Obwomu bwa Katonda. Era eyo y'enzikiriza y'Abasiraamu.

38. Abakafiiri ku Lunaku Lw'enkomerero baliba nga bawulira nnyo era nga balaba nnyo ebyo ebirirubaako.

40. Wano Katonda ateegeza nti ebicnde byonna bya kusirikka biggweewo wasigalewo Ye Yekka, nga tewali agamba nti kino kyange oba kiri kyange, wabula byonna eby'omu nsi y'abisikira.

41. Katonda mu aya eno alagira Nabbi Muhammadi ateegeze bannannyini kuzinza bifaananyi abakaafiiri, ebyafaayo bya Ibrahiimu — nga bwe yali omukkiriza ow'amazima era Nabbi wa Katonda. Sso teyali ku ddiini yaabwe eyo gye baaliko bo ey'okusinza ebifaananyi.



43. Owange kitange! Mazima nze kunzidjidde okumanya okwo okutakujjiranga. (Kale) ngoberera nkulunngamye (eri) ekkubo eggolokofu.

يَا بَتُّ إِنِّي قَدْ جَاءَنِي مِنَ الْعُلَمَاءِ  
يَأْتِكَ فَاتَّبِعْنِي أَهْدِيكِ صِرَاطًا سَوِيًّا ﴿٦٣﴾

44. Owange kitange! Tosinzanga sitaane. Mazima sitaane yali (okuva ddi n'okutuusa ddi) mujeemu eri Katonda Omusaasizi.

يَا بَتُّ لَا تَعْبُدِ الشَّيْطَانَ إِنَّ الشَّيْطَانَ  
كَانَ لِلرَّحْمَنِ عَصِيًّا ﴿٦٤﴾

45. Owange kitange! Mazima nze nkuutiisa ebibonyobonyo okukukwata okuva eri Katonda Omusaasizi, n'obeera ow'omukwano nfiirabulago wa sitaane.

يَا بَتُّ إِنِّي أَخَافُ أَنْ يُسَكِّتَكَ عَدَاؤُ  
مِنَ الرَّحْمَنِ فَتَكُونُ لِلشَّيْطَانِ وَلِيًّا ﴿٦٥﴾

46. (Kitaawe) n'agamba: Oyagala ggwe okunzigya ku bakatonda bange, Owange Ibrahiimu? Bw'onooba toleseeyo (ebyo by'oyogera) nja kukukanyugira amayinja. Kati nnyamuka okumalira (ddala) ekiseera (ekiwera).

قَالَ أَرَأَيْتَ أَنْتَ عَنِ الْهَيْبَةِ يَا بَرَاهِيمُ  
لَئِنْ لَمْ نَنْتَهَ لَأَرْجُمَنَّكَ وَاهْجُرْنِي وَلْيَا ﴿٦٦﴾

47. (Ibrahiimu) n'agamba nti: Emirembe gibe ku ggwe! Nja kukwegayiririra Mukama wange (akusonyiwe). Mazima Ye yali ku nze anzijumbira (annumirwa).

قَالَ سَلَامٌ عَلَيْكَ سَأَسْتَغْفِرُكَ رَبِّي  
إِنَّهُ كَانَ فِي حَقِّي ظَالِمًا ﴿٦٧﴾

48. Nja kubaviira (mmwe mwenna) n'ebyo bye musinza ebitali Katonda, nsinze Mukama wange oba olyawo sijja kuba mwonoonefu olw'okusinza Mukama wange.

وَاعْتَزِلْهُمْ وَمَا تَدْعُونَ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ وَأَدْعُوا رَبِّي عَلَى الْإِلَهِ  
أَكُونُ بِدَعَائِهِمْ رَبِّي شَهِيدًا ﴿٦٨﴾

49. Bwe yamala okubaviira n'ebyo bye basinza ebitali Katonda, ne tumu-

فَلَمَّا اعْتَزَلْتَهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ مِنْ

46. "Bw'onooba tokomye kulumbagana ku bakatonda bange. nja kukukuba amayinja. era nviira nga sinnakukolako kintu kyonna kibi."

47. Katonda yalunngamya Ibrahiimu eri ekkubo eggolokofu ery'okumusinja obutamugattako kintu kirala. N'olwekyo Ye Ibrahiimu kye kyamugambisa kitaawe nga bw'anaamwegayiririra Katonda We naye amulunngamye.

Ibrahiimu oluvannyuma lw'okukijanyizibwa n'okuyigganyizibwa yasenguka n'agenda e Shaamu gye yatwala ekiseera nga asabira kitaawe alunngamizibwe. Wabula oluvannyuma lw'okutegeera nti

gabira (omwana) Ishaka ne Yakubu (omuzzukulu). Era buli omu twamu-fuula Nabbi.

50. Ne tubagabira mu kusaasira Kwaffe, ne tubateerawo okwogerwako okw'amazima, okwa waggulu.

51. Era tegeeza (nga oggya) mu Kitabo (Kuraane ebigambo ebifa) ku Musa. Mazima ye yali nga mutukuvu (ayawula Katonda mu kumusinja) era yali mubaka (wa Katonda), Nabbi.

52. Ne tumukoowoola (nga tusinziira) ku ludda lw'olusozi (olwo olutukuvu Sinai) olwa ddyo, ne tumusembeza mu kwogeranya naye (ebigambo eby'ewala owatali muvunuuzi).

53. Ne tumugabira (Musa) mu kusaasira Kwaffe muganda we Haruuna (amu-beere), (nga naye) Nabbi.

54. Era tegeeza (nga oggya) mu Kitabo (Kuraane) ebigambo ebifa ku Ismaili. Mazima ye yali wa mazima mu kula-gaanyisa, era yali mubaka (wa Katonda), Nabbi.

55. Yalinga alagira abantu be okusaala n'okutoola zakka, era yali asiimibwa awali Mukama we.

56. Era tegeeza ng'oggya mu Kitabo (kino) ebigambo ebifa, ku (Nabbi)

وَدُونَ اللَّهِ وَهَبْنَا لَهُ إِفْطِحَ وَيَعْقُوبَ  
وَكُلًّا جَعَلْنَا نَبِيًّا ﴿٥٠﴾

وَوَهَبْنَا لَهُمْ مِنْ رَحْمَتِنَا وَجَعَلْنَا  
لَهُمْ لِسَانَ صِدْقٍ عَلِيمًا ﴿٥١﴾

وَأَذْكُرُ فِي الْكِتَابِ مُوسَى إِنَّهُ كَانَ  
مُخْلِصًا وَقَانَ رَسُولًا نَبِيًّا ﴿٥٢﴾

وَنَادَيْنَاهُ مِنْ جَانِبِ الطُّورِ الْأَيْمَنِ  
وَقَرَّبْنَاهُ نَجِيمًا ﴿٥٣﴾

وَوَهَبْنَا لَهُ مِنْ رَحْمَتِنَا أَخَاهُ هَارُونَ  
نَبِيًّا ﴿٥٤﴾

وَأَذْكُرُ فِي الْكِتَابِ إِسْمَاعِيلَ إِنَّهُ  
كَانَ صَادِقَ الْوَعْدِ وَكَانَ رَسُولًا  
نَبِيًّا ﴿٥٥﴾

وَكَانَ يَأْمُرُ أَهْلَهُ بِالصَّلَاةِ وَالزَّكَاةِ  
وَكَانَ عِنْدَ رَبِّهِ مَرْضِيًّا ﴿٥٦﴾

وَأَذْكُرُ فِي الْكِتَابِ إِبْرَاهِيمَ إِنَّهُ كَانَ

mulabe wa Katonda, yamuvaako n'alekeraawo okumusabira. Ekyo yakituukako lwa kubanga eddiini tekkiriza kusabira batakkiriza bwe baba nga bafiiridde mu butakkiriza.

50. Boogerwako ebitendo ebirungi mu bantu b'eddiini zonna.

53. Musa nga atumiddwa Katonda agende eri Fir'auna, Kabaka wa Misiri aggyeyo abantu be (Abaisraeli), yasaba Katonda afuule muganda we Haruuna Omusigire we. Ekyo lwa kubanga ye Musa yali si mwogezi mulungi, omumatiza. Ne Katonda yayanukula okusaba kwe n'afuula Haruuna Nabbi era omubeezi wa Musa.

Ediriisa. Mazima ye yali ow'ama-zima omuyitirivu, Nabbi;

وَصِدِّيقَاتِيًّا ۞

57. Ne tumusitula mu kifo ekya waggulu.

وَرَفَعْنَاهُ مَكَانًا عَلِيًّا ۞

58. Abo be bo Katonda be yagabira (ebyengera bye okuva) mu Bannabbi, (abaava) mu bazzukulu ba Adamu (era okuva) ne mw'oyo yenna gwe twasitulira (mu lyato) awamu ne Nuuhu, era n'abaava mu zzadde lya Ibrahiimu n'erya Israeli (Yakubu), (era okuva) ne mw'abo be twalunningamya ne tubaawula. Bwe baabanga basomeddwa Ebigambo bya Katonda Omusasizi, baagwanga (wansi) nga bavunna era nga bakaaba.

أُولَئِكَ الَّذِينَ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِنَ النَّبِيِّينَ مِنْ ذُرِّيَةِ آدَمَ وَمِمَّنْ حَمَلْنَا مَعَ نُوحٍ وَمِنْ ذُرِّيَةِ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْرَائِيلَ وَمِمَّنْ هَدَيْنَا وَاجْتَبَيْنَا إِذِ اتَّخَذُوا عَلَيْهِمْ أَيُّتَ الرَّحْمَنِ خَرًا وَمَجْدًا وَبُكْيًا ۞

59. Ne baddirwa mu bigere oluvannyuma lwabwe abasika (ababi) abaalagajjalira esswala. Ne bagoberera eby'obwagazi. Kyaddaaki balisuulwa mu (lusenyi lw'omuliro) Gayya babone-rezewe (ku lw'ebibi byabwe).

فَخَلَفَ مِنْ بَعْدِهِمْ خَلْفٌ أَضَاعُوا الصَّلَاةَ وَاتَّبَعُوا الشَّهْوَاتِ فَسُوفَ يَلْقَوْنَ عَذَابًا ۞

60. Wabula oyo aba yeenenyezza n'akkiriza n'akola emirimu emirongoofu. Abo ba kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), era tebaliryazaamaanyizibwa kintu kyonna,—

إِلَّا مَنْ تَابَ وَآمَنَ وَعَمِلَ صَالِحًا فَأُولَئِكَ يَدْخُلُونَ الْجَنَّةَ وَلَا يُظْلَمُونَ شَيْئًا ۞

61. Ejjana ey'obutebenkero obw'olubec-rera, eyo Katonda Omusaasizi gye yalagaanyisa abaddu Be abakkiriza nga eri mu By'ewala (ebitalabikako).

جَنَّتِ عَدْنٍ الَّتِي وَعَدَ الرَّحْمَنُ عِبَادَهُ

57. Ediriisa yaweebwa ekifo kya waggulu mu Jjana.

58. Abo aboogeddwako wano bwe baabanga bawulidde ebigambo bya Katonda nga bisomwa, baavunnamanga ku lw'okumugondera n'okumwebaza ebyo bye yabawa, era nga bakaaba. Olw'ekyo kyekyava kiraalikwa okuvunna singa omuntu aba asomye ekitundu kino, ku lw'okugoberera ekikolwa kya Bannabbi (emirembe gibe ku bo).

60. Abo batuuka kw'ekyo kubanga okwenenya kugyayo ebyo ebibi byonna ebyakulemba. N'olw'ekyo Katonda wa kubasasula awatali kubalyazaamaanya.

- Mazima yo (endagaano ya Katonda) yali endagaano Ye ey'okutuukirira. ٦١ بِالْغَيْبِ إِنَّكَ كَانَ وَعْدُهُ مَأْتِيًا
62. Tebagenda kuwulira mu yo luyoo-gaano, wabula (bigambo bya) Mirembe (myereere); balina ebyokulya hyabwe mu yo enkya n'eggulo. ٦٢ لَيْسَ عَمَلُكُمْ فِيهَا إِلَّا سَلَامٌ وَأَنْتُمْ فِيهَا قَوْمٌ مُّسْتَكْبِرُونَ ٦٣ وَعَشِيًّا
63. Eyo y'Ejjana (Ey'emirembe), eyo gye Tulisikiza abamu mu baddu Baffe, oyo eyali omutya Katonda (kuno ku nsi). ٦٣ تِلْكَ الْحَيَّةُ الَّتِي نُوْرِثُ مِنْ عِبَادِنَا مَنْ كَانَ تَوَّابًا
64. (Ffe Bamalayika) tetukka wabula na kiragiwo kya Mukama wo. Bibye (y'abimanyi) ebyo ebiri wakati mu maaso gaffe (ebinajja) n'ebyo ebiri emabega waffe (ebyayita) n'ebyo ebiri wakati w'ebyo (byombiriri), era tali Mukama wo Yeerabira,— ٦٤ وَمَا نُنزِّلُ إِلَّا بِأَمْرِ رَبِّكَ لَهُ مَا بَيْنَ أَيْدِينَا وَمَا خَلْفَنَا وَمَا بَيْنَ ذَلِكَ ٦٥ وَمَا كَانَ رَبُّكَ نَسِيًّا ٦٦
65. Omufuzi w'eggulo n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri! N'olw'ekyo, musinze ogumiikirize ku kumusinza. Abaffe omanyiyo (omulala) afaanana Ye? ٦٥ رَبِّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَنْ بَيْنَهُمَا فَاعْبُدْهُ وَاصْطَبِرْ لِعِبَادَتِهِ هَلْ تَعْمَلُونَ مِثْلَ مَا تُكَفِّرُونَ
66. Omuntu n'agamba: Bwe ndiba nga nfuude, kyaddaaki ndiggyibwayo (mu ntaana) nga ndi mulamu (nate)? ٦٦ وَيَقُولُ الْإِنْسَانُ إِذَا مَا مَاتَ كَسُوفَ أَخْرَجُ حَيًّا ٦٧
67. Abaffe! Omuntu tajjukira nti mazima twamutonda oluberyeberye nga tannaba kintu kyonna? ٦٧ أَوْلَا يَذْكُرُ الْإِنْسَانُ أَنَّا خَلَقْنَاهُ مِنْ قَبْلُ وَكُنَّا شَيْئًا ٦٨
68. Ndayidde Mukama wo, Tugenda kubakunngaanyiza (wamu) ne basi- ٦٨ قُوْرِيَّكَ لَتَعَسَىٰ لَهُمُ وَالشَّيْطَانِ ثُمَّ

64. Ekitundu kino kyakka oluvannyuma lwa Mutume Muhammadi (s.a.w.) okubuuza Malayika Jibriilu ensonga eyali emumazizza ebbanga eddene nga tamujjira. Kale Katonda kwe kussa aya eno nga Jibriilu ategeza Nabbi nga bw'atasobola kukka, wabula lwa kumala kufuna kiragiwo okuva cri Katonda.

67. Kale omuntu aba ajjukira nga bwe yatondebwa mu kusooka nga yali tamanyiddwa, atcekwaa alabire kw'ekyo amanye nga bwe kisoboka okumuzzaawo oluvannyuma lw'okufa — kubanga okuzzaawo kwe kwangu okusinga okutandika.

taane (oluvannyuma lw'okuzuukira). Oluvannyuma tulibasembeza (awo) emabbali w'omuliro (Jahannama) nga babutamyeye.

لَنَحْضُرَهُمْ حَوْلَ جَهَنَّمَ جِثِيًّا ١٧٤

69. Oluvannyuma tuliggyamu (okuva) mu buli kibiina oyo mu bo (eyali) omuyitirivu w'okwetantala okujeemera Katonda Omusaasizi.

ثُمَّ لَنَزَعَنَّ مِنْ كُلِّ شَيْعَةٍ آيَهُمْ  
أَشَدَّ عَلَى الرَّحْمَنِ عَذَابًا ١٧٥

70. Era ddala Ffe tumanyi abo bo (benyini) abasaanira okugwesogga (omuliro).

ثُمَّ لَنَعْنُ أَعْمَارَ الَّذِينَ هُمْ أُولِيهَا  
وَهِيَئًا ١٧٦

71. Era teri n'omu mu mmwe wabula nga (buli omu) wa kuguyingira (omuliro). Ekyo (ky'ekikakafu) ku Mukama wo ekyagwa edda (okugera).

وَأَنَّ مِنْكُمْ إِلَّا وَارِدُهَا كَانَ عَلَى  
رَبِّكَ حَتْمًا مَقْضِيًّا ١٧٧

72. Oluvannyuma tuliwonya abo abatya Katonda, ne tulekamu abalyazaa-maanyi nga bagubutamyemu.

ثُمَّ نُنَجِّي الَّذِينَ اتَّقَوْا وَنَذَرُ الظَّالِمِينَ  
فِيهَا جِثِيًّا ١٧٨

73. Bwe baba nga basomeddwa Ebigambo Byaffe mu bunnyonnyofu, abo abaa-kaafuwala bagamba abakkiriza (nti): Kiruwa ekimu ku bibiina ebibiri (ekyaffe nammwe) ekisinja ekifo obulungi, cra abasinza enkunngaana ennungi?

وَأِذْ أُنزِلَ عَلَيْهِمْ آيَاتُنَا بَيِّنَاتٍ قَالَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا الَّذِينَ آمَنُوا أَمْ أَلْهَى  
الْفَرِيقَيْنِ خَيْرٌ مَقَامًا وَأَحْسَنُ نَدِيًّا ١٧٩

74. Gyenkanawa emirembe gye twazikiriza oluberyeberye lwabwe (abo aba-

وَكَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْنٍ هُمْ

72. Abantu bonna bagenda kusooka kuyita mu muliro, oluvannyuma abalongoofu baliggyi-bwamu bafulume ku lw'emirimu gyabwe emirungi, olwo balyoke bayingizibwe eri Ejjana, wabula musigalemu abajeemu.

73. Abakafiiri bannaggagga bagamba abakkiriza abaavu, nti: Kiruwa ekibiina ku kyaffe n'ekyamme ekisinja amaka amalungi era ekirina enfuna ennungi era ekisinga n'enkiiko ennungi ng'otaddeko n'enkunngaana?"

Omunnyonnyozi Al-Ba-izhaau yagamba nti: "Mazima abatakkiriza bwe baamala okuwulira ebizambo bya Kuraane ebinyonnyofu ne balemwa okubivuganya, ne batandika okweraga n'em-maali yaabwe eyo gye baafuna mu migabo gy'ensi era ne babeera nga bakyesembesa ekyo ku kusinga kwabwe kwe basingamu abakkiriza." Ne Katonda kwe kubaddamu mu aya eddirira eno:

74. Kale okuva lwe baazikirizibwa abo abaabasookawo, ate nga be baalinga basinja bano emmaali ennyingi n'endabika, na bano tewali kiziyiza n'akatono okutazikiriza.

liwo kati) mu mireembe; bo nga be baali basinza (aba leero) ebintu ebirungi n'endabika ennungi!

أَحْسَنُ أَتَانَا وَرَمِيًا ٤٣

75. Bagambe nti: Oyo abeera nga ali mu bubuze, kale Katonda Omusaasizi omuwanvuyize (obulamu bwe kuno ku nsi) oluwanvuya okutuusa, lwe baliba nga balabye ebyo ebibalagaa-nyisibwa, oba bibonyobonyo, oba ekiseera eky'enkomerero, (mu kiseera ekyo) bagenda kumanya ani oyo alina ekifo ekibi, era ani alina eggye erinafu.

قُلْ مَنْ كَانَ فِي الضَّلَالَةِ فَلْيَمْدُدْ لَهُ  
الرَّحْمَنُ مَدَدًا حَتَّى إِذَا ارْتَأَى أَوْعَدْنَ  
إِنَّمَا الْعَذَابُ وَرِمَا السَّاعَةَ فَسَيَعْمُونَ  
مَنْ هُوَ شَرٌّ مَكَانًا وَأَضْعَفُ جُنْدًا ٤٤

76. Era Katonda ayongera abo abalunngama obulunngamu. (N'ebikolwa) Eby'okusigalawo ebirungi bye bisinga empeera ennungi awali Mukama wo, era bwe buddo obusinga obulungi.

وَيَزِيدُ اللَّهُ الَّذِينَ اهْتَدَوْا هُدًى  
وَالْبَقِيَّةُ الشَّلْحَةُ خَيْرٌ عِنْدَ رَبِّكَ  
ثَوَابًا وَخَيْرٌ مَرَدًّا ٤٥

77. Olaba oyo eyawakanya Obubonero Bwaffe (kuno ku nsi) n'agamba nti: Mazima nngenda kuwebwa (mu Bulamu Obw'oluvannyuma) emmaali n'abaana?

أَقْرَبَتْ الذِّي كَفَرُوا بِأَيْتِنَا وَقَالَ  
لَوْ تَتَّبَعْتَن مَالًا وَوَلَدًا ٤٦

78. Yalengera (ow'ekika ekyo) ku by'e-wala, oba yafuna endagaano okuva eri Katonda Omusaasizi (etegeeza nga bw'aliwebwa ebyo by'agamba)?

أَطَّلَعَ الْغَيْبَ أَمَّا تَخَذَ عِنْدَ الرَّحْمَنِ  
عَهْدًا ٤٧

79. Nedda, tujja kuwandiika ebyo by'agamba era tumwongere mu bibonyo-

كَلَّا سَنَنْتَبُ مَا يَقُولُ وَسُمَدًا لَهُ مِنْ

75. Mu kiseera ky'okubonerezebwa kuno ku nsi oba eky'okuzikirizibwa mu muliro ku Lunaku. Lw'enkomerero, olwo abakafiiri lwe balimanya asinga okuba mu kifo ekibi — bo oba ffe Abakkiriza. Era olwo lwe balimanya oyo asinga eggye erinafu eritasobola kutumaasa.

77. Ekintundu kino kyakka nga kikwata ku musajja omu ayitibwa Al-Aaswe mutabani wa Waaili bwe yagamba eyali azze okumubanja nti, mazima sija kukusasula okutuusa lw'onoowakanya Muhammadi. Munne n'amuddamu ng'amugamba nti: Ndayidde Katonda! Sija kukikola okutuusa lw'olifa n'ozuukira." Al-Aaswe n'addamu n'amugamba nti: "Kale, mazima nze bwe ndifa ne nzuukira, olijja gyendi, awo ndiba nnina emmaali n'abaana, era olwo ne ndyoka nkusasula."

Kale ye Al-Aaswe yagaana okukkiriza Katonda kuno ku nsi ate ne yeesigula okufuna ebirungi mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Owo yeesigula ki eky'okumutuusa ku kwesiima mu bwo ng'ate si mukkiriza? Ye abaffe! Amanyi atya biki ebimulindiridde mu maaso?

79. Omuntu ow'ekika ekyo wa kubonyabonya emirundi ebiri: ku lw'obukaafiiri, ne ku lw'okwogera ebyakalebule ku linnya lya Katonda.

bonyo olwongera (okumala ebbanga eppanvu ddala).

الْعَذَابِ مَذَابًا

80. Tubisikire ebyo by'agamba (abaana n'emmaali), era atujjire ng'ali bwagere (talina mwana wadde mmaali oba ekirala kyonna kye yafuna ku nsi).

وَوَدَّعْتُهُ مَا يَفْقُولُ وَيَأْتِينَا فَرْدًا

81. Ne bafuula (ebintu ebirala) ebitali Katonda bakatonda; balyoke babeere nga balina obukulu (era babe ababataasa).

وَاتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ إِلَهَةً لِيُكُونُوا لَهُمْ عِزًّا

82. Nedda, bagenda kuwakanya okusinza kwabwe, bababeerere ekyennyume.

كَلَّا سَيَلْفُؤُنَّ بِعِبَادَتِهِمْ وَيَكُونُونَ عَلَيْهِمْ ضِدًّا

83. Tolaba nga mazima Ffe twasindikira sitaane eri abakaafiiri (zibeere) nga zibaguyaaguya oluguyaaguya (bwe zibalagaanyisa ebyobulimba ne zibegombesa ebikolwa eby'obujeemu)?

أَلَمْ تَرَ أَنَّا أَرْسَلْنَا الشَّيَاطِينَ عَلَى الْكَافِرِينَ تَوَضَّعُوا لَهُمْ أَوَّاهًا

84. (N'olwekyo) toyanguyiriza (Ggwe Muhammadi) ku bo. Mazima tubabala olubala (ennaku z'ekiseera kyabwe eky'okubazikiririzaamu).

فَلَا تَجْعَلْ عَلَيْهِمْ الذَّمَّ إِنَّمَا عَذَّبْنَاهُم لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ

85. (Bajjukize) Olunaku lwe tulikunngaanya abakikiriza abatya Katonda, okulaga eri Ye Omusaasizi nga bakiise (bagenyi Be) abeebagadde (ku nsolo zaabwe),

يَوْمَ نَحْشُرُ الْمُتَّقِينَ إِلَى الرَّحْمَنِ وَدًّا

86. (Ate) ne tugoba abajeemu okulaga eri omuliro (Jahannama), nga bayonta ddala,

وَلَسَوْفَ الْمَجْرُمِينَ إِلَى هَٰئِهِمْ وَرَدًّا

82. Abo bakatonda ab'obulimba be baasinzanga ba kubeewakana, ku Lunaku Lw'okulamula, nti tebaamanyaako n'akatono nti baasinzibwanga. Kale essuubi ly'abagoberezi baabwe bwe lityo bwe liringwaawo.

84. Abo abakaafiiri sibasaanye kwanguyiza kubonerezebwa, kubanga Katonda abala ennaku zaabwe nga bw'abalindiriza okutuusa lwe ziggwaayo alyoke abazikirize.

87. Tebalifuna. (busobozi bwa) kuwolerezebwa (bannaabwe), wabula oyo eyafuna endagaano awali Omusaasizi.

لَا تَعْلَمُونَ الشَّفَاعَةَ إِلَّا مَنِ اتَّخَذَ  
عِنْدَ الرَّحْمَنِ عَهْدًا ﴿٨٧﴾

88. (Abatakkiriza) ne bagamba nti: Katonda Omusaasizi yeeteerawo omwana.

وَقَالُوا اتَّخَذَ الرَّحْمَنُ وَلَدًا ﴿٨٨﴾

89. Mazima muleese ekintu ekibi ekiyitirivu,

لَقَدْ جِئْتُمْ شَيْئًا إِدًّا ﴿٨٩﴾

90. Lisemberera eggulu okweyuzaamu ku lwakyo (ekigambo), n'ensi n'eseemberera okwatikayatikamu n'ensozi ne zisemberera okugwa nga zimenyese-menyeseemu (ebitundutundu),

تَكَادُ السَّمَوَاتُ يَنْفَطَرْنَ مِنْهُ وَتَنْشَقُّ  
الْأَرْضُ وَتَخِرُّ الْجِبَالُ هَدًّا ﴿٩٠﴾

91. Ku lw'ensonga y'okugamba nti Katonda Omusaasizi alina omwana,

أَنْ دَعَا الرَّحْمَنُ وَلَدًا ﴿٩١﴾

92. Nga ate tekisaanira ku Katonda Omusaasizi kweteerawo mwana.

وَمَا يَنْبَغِي لِلرَّحْمَنِ أَنْ يَتَّخِذَ وَلَدًا ﴿٩٢﴾

93. Tewali (muntu) yenna oyo ali mu ggulu ne mu nsi wabula alijira Katonda Omusaasizi nga muddu buddu.

إِنْ كُلُّ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ إِلَّا  
أَتَى الرَّحْمَنَ عَبْدًا ﴿٩٣﴾

94. Mazima yabakomekkereza n'ababala olubala.

لَقَدْ أَحْضَرْتَهُمْ وَعَدَّ لَهُمْ عَذَابًا ﴿٩٤﴾

95. Era bonna bonna balimujjira kinnoomu, ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso Ge).

وَكُلُّهُمْ آتِيهِ يَوْمَ الْقِيَامَةِ قَرْدًا ﴿٩٥﴾

96. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, Katonda

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ

87. Abo abaliwolerezebwa be bo abakkiriza abayatula ckigambo cky'okwawula Katonda.

88. Mu Ssuula eno gy'etandikira, Katonda bw'amalirizza okunnyonyola obujulizi obulaga nga Issa bw'ali omuddu We, era oyo gwe yatonda awatali muzadde musajja. kati n'avumagana abo abagamba nti Katonda alina omwana.

93. Tewali aliba ku ddaala lya bukungu awali Katonda, okuggyako ebitonde byonna bya kutuuka w'Ali nga baddu.

94. Katonda amanyi omuwendo gw'ebitonde bye byonna okuva kasookanga akola ggulu na nsi.

95. Buli omu alijja eri Katonda nga talina mutaasa wadde omuyambi.



Omusaasizi agenda kubateerawo okwagalibwa.

97. Mazima Ffe twagyanguya (Kuraane ne tugissa) n'olulimi lwo (Oluwarabu), (Ggwe Muhammadi) olyoke obuu-lire nayo abakkiriza, era otiise nayo ekibiina ekyonoonyi (eky'abo abagiwakanya).

98. Gyenkanawa emirembe gye twazikiriza oluberyeberye lwabwe (bano abakafiiri ba leero). Abaffe (Ggwe Muhammadi) owuliza ku bo okuva eri omuntu yenna, oba obawulirako olukwakwayo?

سَيَجْعَلُ لَهُمُ الرَّحْمَنُ وُدًّا ﴿٩٦﴾

فَاتِّمَّا يَسِّرْنَاهُ لِسَانَكَ لِتُبَشِّرَ بِهِ  
الْمُتَّقِينَ وَتُنذِرَ بِهِ قَوْمًا لُدًّا ﴿٩٧﴾

وَكَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْنٍ هَلْ  
يُبْعَثُ مِنْهُمْ مِنْ أَحَدٍ أَوْ تَسْمَعُ لَهُمْ رِكْوًا ﴿٩٨﴾

## EBIFA KU SSUULA TWAHA MU BUFUNZE (20)


Essuula Twaha nayo y'emu kw'ezo ezakkira e Makka. Okufaananako n'essuula endala ezakkira e Makka, n'eno eyongera okunyweza ebikolo by'Enzikiriza y'Eddiini y'Obusi-raamu, nga okwawula Katonda obutamugattako kintu kirala, obwannabbi bwa Bannabbi, Okuzuukira n'okukunngaanyizibwa mu Bbaliro.

Era mu yo mulimu okunyumya ku byafaayo by'Ababaka, naye nga esinze kunnyonyola kyaafaayo kya Nabbi Musa ne muganda we Haruuna (emirembe gibe ku bo bombi). Enyumya kyaafaayo kya Nabbi Musa mu kiscera ky'obulamu bwe ekizito we yatumirwa Katonda, era n'enyumya ku Musa n'ebiyaliwo ku ye wamu ne nnyina, n'engeri gye yakuzibwa mu lubiri lwa Fir'auna, n'asobola n'okuyiga bingi ebikwata ku Bamisiri ebyamuyamba mu kutuusa Obubaka Katonda bwe yamutuma. Enyumya ne ku byaliwo wakati we ne Fir'auna oyo eyeyita Katonda era atwalibwa nga Kitaawe wa Musa eyamulera n'okumukuza, n'eyogera ne ku mpaka ezaali wakati wa Musa n'abalogo ba Fir'auna.

Essuula eyongerezaako okunyumya nga Katonda bwe yalagira Nabbi Musa akulembere abantu be Abaisraeli abatwale eri ensi Entukuvu, endagaanye, era abalunngamye, naye omu mu bo Saamiriyu n'ababuza ne basinza ennyana, era n'enyumya ku mulabe w'omuntu ow'olulango Sitaane n'engeri bwe yaggisa Jjajjaffe Adamu mu Jjana.

Era Essuula eyogera ku Lunaku Lw'okuzuukira n'ebyo ebirirubaamu nga okubala emirimu gy'abantu mu bwenkanya — abalongoofu ne bayingira Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) ate bo abajecmu ne bayingira Omuliro (ekifo kyo okubonaabona) — nga okwo kwe kutuukiriza endagaano ya Katonda ey'okusasula abamugondera n'okubone-reza abajecmu.

Essuula emaliriza nga ekubiriza Nabbi okugumiikiriza okutuusa Katonda lw'anaa-muwanguzisa; olwo abakkiriza n'abatakkiriza, buli bamu bamanye oyo ali ku kkubo eggolokofu era bamanye omulunngamu ali ku Mazima.



## ESSUULA TWAHA (20)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 8 ne Aya 135

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. TWA-HAA.

طه ١

2. Tetwassa Kuraane ku ggwe (Muhammad) olyoke ozitoowererwe (wennyamire),

مَا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْقُرْآنَ

لِتَشْقَى ٢

3. Wabula Yo (twagissa ebeere) kyakubuulirira kw'oyo atya Katonda, —

إِلَّا تَذَكَّرَ لِمَنْ يَخْشَى ٣

4. Okussibwa okwava eri Oyo eyatonda ensi n'eggulu ettumbiivu,

تَنْزِيلًا مِمَّنْ خَلَقَ الْأَرْضَ وَالسَّمَوَاتِ

الْعُلَى ٤

5. Katonda Omusaasizi, Ayatercera ku *Al-Arushi*.

الرَّحْمَنَ عَلَى الْعَرْشِ اسْتَوَى ٥

6. Bibye (Yekka byonna) ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi, n'ebiri wakati wa byombiriri, n'ebiri wansi w'ettaka.

لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَمَا

بَيْنَهُمَا وَمَا تَحْتَ الثَّرَى ٦

7. Bw'oba nga oyatuzza ekigambo, (oba okyogedde kaama byonna kye kimu)! Mazima Ye (Katonda) amanyi ekyama n'ekikeweke mu mutima.

وَلَنْ يَجْهَرَ بِالْقَوْلِ فَإِنَّمَا يَعْلَمُ السِّرَّ

وَآخْفَى ٧

1. TWA HAA — Katonda y'amanyi kye yagenderera n'ennyukuta ezo.

2. Katonda yagamba Nabbi We nga Kuraane bw'ataagissa ku ye eryoke ebeere ensonga y'okumwennyamiza olw'okumuteganya okuyitiriza okusaala ekiro kyonna — kale yamulagira akendezeeko ku kusaala. Ekirala Nabbi yanakuwazibwa okulabanga ab'ennganda ze n'abantu bonna nga bali ku bukaafiiri, abatakkiriza Katonda Omu.

6. Byonna byonna ebyo biri mu buyinza Bwe, era biri wansi wa kulabirira Kwe.

7. Omuntu k'ayatuze mu kusaba kwe, oba asabye kyama, oba akisizza ky'ayagala byonna bifaanana awali Katonda, kubanga Ye amanyi buli kimu, tewali kimwekweka.

8. Katonda Omutonzi! Tewali Katonda mulala asinzibwa wabula Ye. Alina amannya agasinga okuba amalungi.
9. Abaffe kwakujjira okunyumya (ekyafaayo) kya Musa?
10. Mu kiseera bwe yalengera omuliro n'agamba abantu be ab'omu maka genti: Mutuule (munninde)! Mazima nze nengedde omuliro. (Ka nngendeyo) oba olyawo ne mbaleeterako ekita-wuliro oba ne nsanga ku muliro (ogwo) obulungamu.
11. Bwe yagutuukako, n'akoowoolwa nti: Owange Musa!
12. Mazima Nze, ddala Nze Mukama wo. Yambulamu engatto zo (kubanga) mazima ggwe oli mu lusenyi olutukuvu (oluyitibwa) Tuwa.
13. Era mazima Nze nkawuwde kale wuliriza ebyo ebikutumirwa.
14. Mazima Nze, ddala Nze Katonda. Tewali Katonda mulaia wabula Nze. Kale nsinza oyimirizeewo esswala ku lw'okunzijukira.
15. Ddala ekiseera eky'enkomerero kya kutuuka — Nsemberera nnyo okukikisa (obutayogera ddi lwe kinajja), gulyoke gusasulwe buli mwoyo ekyo kye gwateganira (kuno ku nsi).

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ طَهُرَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى ٨

وَهَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ مُوسَى ٩

إِذْ رَأَانَا نَارًا فَعَالَ لِأَهْلِهِ امْكُتُوا إِنِّي أَنَسْتُ نَارَ الْعَرِيِّ أَيَّتَكُمْ مِنْهَا يَفْسُ أَوْ أَجِدْ عَلَى النَّارِ هُدًى ١٠

فَلَمَّا أَتَاهَا نُودِيَ يَوْمَئِذٍ ١١

إِنِّي أَنَا نَارُ رَبِّكَ فَاخْلَعْ نَعْلَيْكَ ١٢ إِنَّكَ يَا لَوْلَادِ الْمُقَدَّسِ طُوبَى ١٣

وَأَنَا اخْتَرْتُكَ فَاسْتَمِعْ لِمَا يُوحَى ١٤

رَبِّي أَنَا اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدْنِي ١٥ وَأَقِمِ الصَّلَاةَ لِذِكْرِي ١٦

إِنَّ السَّاعَةَ آتِيَةٌ أَكَادُ أُخْفِيهَا لِلَّذِي كُلُّ نَفْسٍ بِمَا تَسْعَى ١٧

8. Amannya Ge gali kyenda mu mwenda.

9. Mu kitundu kino Katonda anyumya entandikwa ey'obubaka bwa Musa, n'engeri Ye Katonda gye yayogera naye, n'ekyo ekyaliwo, Musa bwe yali ava e Madiyani nga alaga e Misiri, oluvannyuma lw'ebbanga eddene lye yamala nga avudde mu Misiri — bwe yali adduse Fir'auna eyali ayagala okumutta.

10. Yasuubira nti yandisangawo, awo ku muliro. omuntu n'abalagirira ekkubo, kubanga baali babuze.

15. Ekiseera ky'Olunaku Lw'enkomerero kyo kikakafu kijja kubeerawo kyokka Katonda yakikisa n'akyezza yekka, kale tewali mulala yenna amanyi kiseera ekyo lwe kirizuwawo.

16. (N'olw'ekyo) takuziyirizanga ddala ku kyo okukikiriza oyo atakikiriza n'agoberera obwagazi bwe n'ozikirira!
17. Kiki ekyo ekiri mu mukono gwo ogwa ddyo, Owange Musa?
18. (Musa) n'agamba nti: Gwo muggo gwange gwe neesimbaggirizaako era ngukunkumuza ebikoola ku lw'em-buzi zange, era ngulinamu n'ebye-taago ebirala.
19. (Katonda) n'amugamba nti: Gusuule (wansi), Owange Musa!
20. N'agusuula, okugenda okulaba nga ssota, eridduka.
21. (Katonda) n'amugamba nti: Gukwate era totya. Tujja kuguzzaayo ku ngeri yaagwo ey'oluberyeberye (gubeere omuggo).
22. Era wambaatira omukono gwo eri oludda lwo (olwa ddyo mu nkwawa), ojja kuguggyayo nga mweru ttuku awatali (kuba na) bulwadde. (Ekyo kibe) nga kyamagero ekirala (ekiraga amazima go) —
23. Tulyoke tukulage mu bubonero Bwaffe obunene.
24. Genda eri Fir'auna! Mazima ye yabula (n'asukka ekikomo).
25. (Musa) n'agamba nti: Mukama wange nnyanjuliriza ekifuba kyange,

فَلَا رَيْدَ تَكَ عَنْهَا مَنْ لَيْدٌ مِنْ رِبْهَا  
وَاتَّبَعَهُ هَوْدَهُ فَتَرَدَّى ①٦

وَمَا تَأْتِكَ يَوْمَئِذٍ يَمُوسَى ①٧

قَالَ هِيَ عَصَايَ أَتَوَكَّؤُا عَلَيْهَا وَ  
أَهْتَسُّ بِهَا عَلَىٰ عَمِيٍّ وَلِيًّا قِيَهَا مَارِبٌ  
أُخْرَى ①٨

قَالَ لَقِهَا يَمُوسَى ①٩

قَالَ قَهَا فَأَذَاهِي حَيْثُ تَسْعَى ②٠

قَالَ خُذْهَا وَلَا تَخَفْ تَسْعِيدُهَا  
سِيرَتَهَا الْأُولَى ②١

وَاضْمَمِدْكَ إِلَىٰ جَنَاحِكَ تَخْرُجُ  
بِيضَاءٍ مِنْ غَيْرِ سَوْءٍ آيَةٌ أُخْرَى ②٢

لِيُرِيكَ مِنْ آيَاتِنَا الْكُبْرَى ②٣

إِذْ هَبَّ إِلَىٰ ذُرْعُونَ رَأْتَهُ طَغَى ②٤

قَالَ رَبِّ اشْرَحْ لِي صَدْرِي ②٥

20. Ogwali omuggo gwafuuka obwaguuga bw'omusota omulamu ogwanguwa awamu n'okuba nga munene. Olwagulaba gutyo, Musa n'akubayo amabega n'afunyamu kakokola tondeka nnyuma. Katonda yamukoowoola oluvannyuma addeyo mu kifo w'abaddde. Musa yaddayo kyokka nga atidde nnyo.

26. Onnyanguyize ekigambo kyange  
(omulimo gw'ontumye);

وَيَسِّرْ لِي أَمْرِي ﴿٣٦﴾

27. Osumulule ekifundikwa ku lulimu lwange,

وَأَحْلِلْ عُقْدَةَ مَنْ لَسَانِي ﴿٣٧﴾

28. Balyoke bategeere ekigambo kyange:

يَقْفَهُمْ أَتَوَلَّيْتُ ﴿٣٨﴾

29. Era onteere omusigire (anannyamba) nga wa mu bantu bange (ab'oluganda),

وَأَجْعَلْ لِي وَزِيرًا مِّنْ أَهْلِي ﴿٣٩﴾

30. Haruuna muganda wange (gw'oba ofuula omubeezi wange),

هُرُونَ أَخِي ﴿٤٠﴾

31. Nyweza naye omugongo gwange,

أَشْدُ دِيْبَةً أَزْرِي ﴿٤١﴾

32. Omugatte mu kigambo kyange (eky'obubaka),

وَأَتَكَلَّمْ فِي أَمْرِي ﴿٤٢﴾

33. Tulyoke tukutendereze nnyo,

مَنْ تَسْتَحَاكُ كَثِيرًا ﴿٤٣﴾

34. Era tukwogereko nnyo; (mu kuku-  
jjukira):

وَنَدَّ كُرْكُ كَثِيرًا ﴿٤٤﴾

35. Mazima Ggwe wali atulaba ffe (olu-  
beerera).

إِنَّكَ كُنْتَ بِنَا بَصِيرًا ﴿٤٥﴾

36. (Katonda) n'amugamba nti: Owee-  
reddwa by'osabye, Owange Musa!

قَالَ قَدْ أُوتِيتَ سُؤْلَكَ يَا مُوسَى ﴿٤٦﴾

37. Era mazima, twakugabira ekyengera  
omulundi omulala,

وَلَقَدْ مَنَّا عَلَيْكَ مَرَّةً أُخْرَى ﴿٤٧﴾

38. Mu kiseera bwe twatumira eri nnyo-  
ko ekyo ekyamutumirwa (n'amanya  
nga bwe yakola),

إِذْ أَوْحَيْتَ إِلَىٰ أُمَمِكَ مَا يُؤْمِنُ ﴿٤٨﴾

26. Nabbi Musa yasaba Katonda We amwanguyize ekigambo ky'amutumye kubanga yatumwa eri Kabaka eyali asinga amaanyi mu kiseera ekyo. era omukafiiri okusinga abakafiiri bonna - eyali tamanyi Kubaawo kwa Katonda wabula nga ye, ye yeeyita Katonda.

Musa kye yakola kwe kudda eri Katonda nti bwe kutaba kudduukirirwa Katonda, ye ku bubwe yali tasobola kutuukiriza bubaka bumutumiddwa.

27. Musa yasaba Katonda okusumulula olulimi lwe, kubanga yali munaanaagize, alyoke asobole okutuusa obubaka era abantu balyoke bategeere ebigambo bye.

35. Katonda yamanya Musa ne muganda we Haruuna, mu kiseera bwe yabaawula n'abawa obwannabbi n'obubaka.

39. (Bwe twamugamba) nti: Muteeke (ye) Musa mu ssanduuko (n'oluvannyuma) omusuule mu nnyanja, (ate) ennyanja emusuule ku lubalama, olwo alyoke amutwale omulabe Wange era omulabe we (Fir'auna). Ne nkussiza okwagalwa okuva gyendi (olyoke oganje mu bantu ba Fir'auna bonna) era olyoke olererwe ku kulabirira Kwange,

أَرَأَيْتَ فِيهِ فِي التَّابُوتِ فَأَقْدِفِيهِ فِي  
الْبَيْتِ فَلْيَقِهِ الْبَيْتَ بِالسَّاحِلِ يَأْخُذُهُ  
عَدُوِّي وَعَدُوُّكَ وَالْقَيْتُ عَلَيْكَ  
حَبِيبَةٌ مِثِّي وَلِصْنَمٍ عَلَى عَيْنِي ﴿٣٩﴾

دقلاام

40. Mu kiseera mwannyoko bwe yatabwala (eri abantu ba Fir'auna), n'agamba nti: Abaffe, mbalagirire eri oyo anaamulera? Ne tukuzza eri nnyoko galyoke gatereere amaaso ge aleme kunakuwala. Era watta omuntu ne tukuwonya mu kweraliikirira (okw'amaanyi) ne tukugezesa n'ebigezo (bingi). N'otuula emyaka mu bantu b'e Madiyana. Bw'omaze n'ojja (wano) ku Kiseera ekigere, Owange Musa!

إِذْ تَمْشِي أُخْتُكَ تَقُولُ هَلْ أَدْرِكُهُمْ  
عَلَى مَنْ يَكْفُلُهُ فَرَجَعْنَاكَ إِلَى أُمَمِكَ  
كَيْ تَقَرَّ عَيْنُهَا وَلَا تَحْزَنَ ۗ  
وَوَقَّلتَ نَفْسًا فَجَنَّبَكِ مِنَ الْعَجَمِ ۗ  
فَتَوَكَّلْ مُتَوَكِّلًا فَلَيْتَ لَوْ سَمِعْتَ مِنَ  
أَهْلِ مَدْيَنَ ۗ ثُمَّ جِئْتَ عَلَى قَدَرٍ  
يُوسَى ﴿٤٠﴾

41. Era nkawudde (ne nkwezza) Nze nzennyini (obeere omubaka Wange).

وَاصْطَنَعْتُكَ لِنَفْسِي ﴿٤١﴾

39. Mu kitundu kino Katonda ayogera ku byengera Bye bye yawa Musa nga akyali muwere. Mw'ebyo mwe mwali okutumira nnyina amuteeke mu ssanduuko alyoke amusuule mu mugga olw'okutya Fir'auna okumutta nga bwe yali empisa ya Fir'auna ey'okutta abaana ab'obulenzi bonna abazaalibwanga mu Baisraeli.

Era yamugabira n'ekyengera eky'okwagalibwa abantu mu lubiri lwa Fir'auna, ate n'okubeera nga yakulira ku kulabirira kwa (Katonda).

40. Musa ng'amaze okulondebwa atwaliddwa eri Fir'auna, baatandika okunoonya ani anaamuyonsa. Mwananyina Musa kwe kubagamba abalagirire eri anaamuyonsa. Bwe bakkiriza, kwe kugenda n'anona nnyaabwe, gwe baapangisa abamuyonseze. Musa yakulira mu lubiri lwa Fir'auna n'aganja nnyo, kyokka nga alina okulimirwa mu mutima gwe abantu b'omusaayi gwe — Abaisraeli, abaatulugunyizibwa ennyo Abamisiri n'okukoozebwa kagiri; nga bali mu bufuge.

Kale Musa ng'asajakudde lumu yalaba Omumisiri nga akubira Omuyudaaya ensonga etaliimu mulamwa — Musa n'amutta Omumisiri oyo mu butanwa. Ekyo ekikolwa tekyamufunisa ddembe kubeera mu lubiri, kale n'addukira e Madiyana.

Yasanga ebizibu bingi naye Katonda n'abimuyisaamu. Yamala emyaka kkumi ddamba nga ali mu bantu b'e Madiyana nga alunda embuzi n'endiga za ssezaala we, Shaibu. Kale nga alunda bw'atyo, lumu yatuuka mu lusenyi oluli wansi w'olusizi Sinai, Katonda we yamutumira n'amuwa obubaka n'Obwannabbi.

42. Genda, ggwe ne muganda wo (Haruuna) n'obubonero Bwange obulaga amazima gammwe, kyokka temukomyanga okunjogerako.

إِذْ هَبَّ أَنْتَ وَأَمْحُوكَ بِأَيْتِي وَلَا تَنِيَا  
فِي ذِكْرِي ﴿٣٦﴾

43. Mugende mwembiriri eri Fir'auna. Mazima ye yabula (n'asukka ekikomo);

إِذْ هَبَّ إِلَى فِرْعَوْنَ إِنَّهُ طَغَى ﴿٣٧﴾

44. Mumugambe ebigambo ebigonvu, oba olyawo n'ajjukira n'atya (Katonda).

فَقُولَا لَهُ قَوْلًا لِّنَا لَعَلَّهُ يَتَذَكَّرُ أَوْ  
يَخْشَى ﴿٣٨﴾

45. (Musa ne Haruuna) ne bagamba nti: Mukama waffe! Mazima ffe tutya (ye Fir'auna) okutwanguyiza ekibonerezo oba (okweyongera) okubula.

قَالَا رَبَّنَا إِنَّنَا لَمِنَ الَّذِينَ أَنْفَكْنَا  
أَوْ أَنْ يُطْعَمَى ﴿٣٩﴾

46. (Katonda) n'agamba nti: Temutya. Mazima Nze Ndi wamu nammwe, Mpulira era Ndaba (buli kimu).

قَالَ لَا تَخَافَا إِنَّنِي مَعَكُمَا أَسْمَعُ  
أَرَى ﴿٤٠﴾

47. Ne bamujjira bombiriri (Fir'auna). Bombi ne bagamba nti: Mazima ffe ffembi tuli babaka ba Katonda wo. Ta Abaana ba Israeli wamu naffe bagende e Shaamu, era tobabonyabonya. Mazima tukuleetedde akabonero (akalaga obubaka bwaffe) okuva eri Katonda wo. N'emirembe giri kw'oyo agoberera obulungamu.

فَأْتِيَهُمْ قَوْلًا لَّا تَأْتِي سُلُوكَ رَبِّكَ فَارْسِلْ  
مَعَنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ وَلَا نُعَذِّبُهُمْ  
قَدْ جِئْنَاكَ بِآيَاتٍ مِن رَّبِّكَ وَالسَّلَامُ  
عَلَى مَن اتَّبَعَ الْهُدَى ﴿٤١﴾

48. Mazima ffe watumiddwa we tuli nti mazima ebibonyobonyo biri kw'oyo alimbisa n'akyuka (okuva ku mazima).

إِنَّا قَدْ أُوحِيَ إِلَيْنَا أَنَّ الْعَذَابَ عَلَى  
مَن كَذَّبَ وَتَوَلَّى ﴿٤٢﴾

42. Katonda yalagira Musa amutenderezenga obutakoowa, nga bali ne Haruuna. Era bamutendereze mu kiseera ky'okwolekera omulabe waabwe Fir'auna, ebeera ensonga y'okubayamba mu buzibu bwe banaasanganga.

44. Mwogere naye mu ngeri y'obukwatampola awatali kumuboggokera. Musa ne Haruuna baali ba kugamba Fir'auna nga bw'alina Katonda eyamutonda — sso ssi ye Fir'auna kuba nga ye Katonda; era bamugambe nga bwe yali ow'okufa ate azuukire, era nga mu maaso ge bw'eriyi Ejjana n'omuliro.

48. Musa ne Haruuna baategeeza Fir'auna nga bwe baali bategeezebwa mu ebyo ebyabaturmirwa, nga ebibonyobonyo bya Katonda, bwe byeyawulidde oyo anaalimbisa obubaka bwe bazze nabwo — singa yeetantala obutabugondera.



49. (Oluvannyuma lw'okuwulira ebyo, Fir'auna) n'agamba nti: Ani Mukama Katonda wammwe, Owange Musa?

قَالَ قَمْنٌ رَبِّكُمْ مَا يُمُوسَى ﴿٤٩﴾

50. (Musa) n'agamba nti: Mukama waffe Y'oyo cyawa buli kintu obutonde bwakyo, bwe yamala n'akirungamya (eri ebyo ebikigasa).

قَالَ رَبُّنَا الَّذِي أَعْطَى كُلَّ شَيْءٍ خَلْقَهُ  
ثُمَّ هَدَى ﴿٥٠﴾

51. (Fir'auna) n'agamba nti: Eri etya engeri y'emirembe egyasooka?

قَالَ فَمَا بَالُ الْقُرُونِ الْأُولَى ﴿٥١﴾

52. (Musa) n'agamba nti: Okumanyibwa kwagyo kuli wali Mukama wange mu Kitabo. Tabula Mukama wange era teyeerabira,

قَالَ عَلِمْنَا عِنْدَ رَبِّي فِي كِتَابٍ لَّا يَضِلُّ  
رَبِّي وَلَا يُبْسَى لَّهُ ﴿٥٢﴾

53. Oyo eyabafuulira ensi ekyaliiro, n'abakwasa amakubo (agali) mu yo (musobole okutambulirako): N'assa okuva mu ggulu amazzi (enkuba) ne tufulumya nago emitindo (ebiri ebiri) mu bimera ebitali bimu.

الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ هَدًى وَ  
سَلَكَ لَكُمُ فِيهَا سُبُلًا وَأَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ  
مَاءً فَاتَّخِذْنَا بِهِ رِزْقًا مِنْ نَبَاتٍ كَثِيرٍ ﴿٥٣﴾

54. (Nga tugamba nti): Mulye, mulunde ebisolo byammwe. Mazima muli mw'ebyo obubonero (obulaga okubaawo kwa Katonda) eri abalina amagezi.

كُلُوا وَارْحَمُوا أَنْعَمْنَا إِنَّ فِي ذَلِكَ  
لَآيَاتٍ لِّأُولِي النَّهْيِ ﴿٥٤﴾

49. Fir'auna teyayagala kukkiriza nti Katonda wa Musa ye wuwe naye. Kale kwe kubuuzza atyo nga ky'ategeeza riti ye tamumanyi Mukama waabwe era tamanyiyiyo Katonda mulala atali ye Fir'auna.

50. Buli kintu Katonda yakiwa engeri ekisaanira mu butonde bwakyo — omuntu n'amutonda nga kiramu, kyokka nga atambulira ku magulu abiri embwa n'agitonda nga mbwa etambulira ku magulu ana. Buli kika kya kitonde yakitonda mu ngeri njawufu, era n'akirungamya eri ekyo ekikituusa ku mugaso gwakyo.

51. Fir'auna yategeeza mu kubuuzza atyo Musa nti kale oba y'Oyo Katonda, olwo abo abaaliwo mu mirembe egyasookawo nga Musa tannajja. — bo abataasinzanga Katonda oyo, okuggyako ebintu ebirala, bali mu mbeera ki? Lwaki tebazukiranga balyoke balabibwe obanga by'oyogera bya Mazima.

53. Wano Musa yatandika okunnyonyola Fir'auna obubonero obulaga okubaawo kwa Katonda n'obuyinza Bwe, nga okubateerawo ensi esaanira okuterecrako. Ekyo nga Katonda akikola olw'okusaasira Kwe, n'okubakolera mu nsi emyagaanya mwe basobola okukola amakubo mwe bayita n'okutonnyesa enkuba y'amazzi amannyogovu ensi n'esobola okumera, ku lw'enkuba eyo, ebibala ebyawufu mu mbala yaabyo, empooma yaabyo ne mu bitone ebirala.

55. Mu lyo (ettaka) mwe twabatonda, ate mu lyo mwe tulibazza (nga mufudde), era mu lyo mwe tulibaggya omulundi omulala (mube abalamu nate).

مِنْهَا خَلَقْنَاكُمْ وَفِيهَا نُعِيدُكُمْ وَمِنْهَا  
نُخْرِجُكُمْ تَارَةً أُخْرَى ﴿٥٥﴾

56. Mazima twamulaga (Fir'auna) Obubonero Bwaffe bwonna; (kyokka) n'alimbisa, n'agaana.

وَلَقَدْ آرَيْنَاهُ آيَاتِنَا كُلَّهَا فَكَذَّبَ وَأَبَى ﴿٥٦﴾

57. N'agamba nti: Otujjidde olyoke otugye mu nsi yaffe. Ku lw'eddogo lyo, Owange Musa?

قَالَ أَجِئْتَنَا بِالْحَقِّ جَاءَنَا مِنْ أَرْضِنَا  
بِسُحْرٍ كَيْمُوسَى ﴿٥٧﴾

58. Mazima tujja kukuleetera eddogo erifaanana nga eryo; (eriryo); kale tuteerewo endagaano wakati waffe naawe, tetujja kugyawukanako ffe oba ggwe, (tusionkane) mu kifo ekitereevu (abantu we basobola okukunngaanira).

فَلَمَّا تَبَيَّنَكَ بِسُحْرٍ مِثْلِهِ فَأَجْعَلْ بَيْنَنَا  
وَبَيْنَكَ مَوْعِدًا لَا نُخْلِفُهُ نَحْنُ وَلَا  
أَنْتَ مَكَانًا سَوِيًّا ﴿٥٨﴾

59. (Musa) n'agamba nti: Endagaano yammwe lwe lunaku lw'okwenyiriza (olunaku lw'okujaguza), bateekwa abantu bakunngaane mu kiscera ky'akasana okukaalama.

قَالَ مَوْعِدًا كَمَا يَوْمَ الرِّينَةِ وَأَنْ يُخَشِرَ  
الْكَاسِ حَمِيًّا ﴿٥٩﴾

60. Olwo Fir'auna n'akyuka n'agenda akunngaanye olukwe lwe, oluvannyuma n'ajja n'abalogo be ku lunaku olulagaane.

فَتَوَلَّى فِرْعَوْنُ فَجَمَعَ كَيْدَهُ ثُمَّ أَتَى ﴿٦٠﴾

55. Jjajjaffe Adamu yatondebwa ng'aggyibwa mu ttaka; ffe bwe tulifa tujja kufuuka ttaka, wabula oluvannyuma tuzuukizibwe nga tuli balamu okuva mu lyo.

56. Katonda yalaga Fir'auna obubonero bwonna obulaga amazima g'obubaka Musa bwe yamujira nabwo, wabula ye n'abulimbisa n'agaana okubukkiriza olw'okwekuluntaza n'okuwalaza empaka.

59. Endagaano Musa gye yabateerawo lwe lwali olunaku lwabwe olukulu bonna lwe baakunngaanirangamu, era lwe bataakolanga. Yalagaanyisa atyo ng'ayagala abantu bangi basobole okukunngaana balabe obuyinza bwa Katonda n'ekyamagero kye Musa bwe yafufuggaza eddogo ly'Abamisiri. Era yayagala bakunngaane nga akasana kakazizza abantu basobole okulaba obulungi awatali kibasiikiriza.

Endagaano nga ewedde okukolebwa Fir'auna yatandika okukunngaanya abalogo be abaatiikirivu okuva mu bitundu by'obwakabaka bwe byonna.

61. Musa n'abagamba (abalogo) nti: Okubonaabona kuli ku mmwe. Temugunja ku Katonda obulimba, n'abazikiriza n'ebibonyobonyo. Mazima afaafaaganiddwa oyo agunjawo obulimba ku (Katonda).

قَالَ لَهُمْ مُوسَىٰ وَيَلَيْكُمُ الرَّتَفَرُ وَإِنِّي  
أَعْلَمُ أَنَّكُمْ لَأَقْبِرُونَ فِيهَا وَقَدْ  
خَابَ مِنَ انْتَرَى ٥١

62. (Abalogo) ne bakaayana mu kigambo wakati waabwe bokka, naye ne bakweka enteesaganya yaabwe.

فَتَنَزَعُوا أَمْرَهُم بِأَيِّهَامْ وَأَسْرُوا النَّجْوَى ٥٢

63. Ne bagamba (abalogo nga beegyaamu): Mazima bano bombi balogo abaagala okubaggya mu nsi yammwe n'eddogo lyabwe, (balyoke) babatwaleko eby'ebitiibwa byammwe (eby'obuwangwa) ebisinga obulungi.

قَالُوا إِنْ هَذَا مِنْ لَدُنِّ رَبِّنَا لَنَسْتَبَيِّنَ  
أَنْ يَخْرُجَكُمْ مِنْ أَرْضِكُمْ بِسِحْرِهِمْ وَأَنتُمْ  
يَدَّعُونَ بَطْرًا لَكُمْ الْمَثَلُ ٥٣

64. Kale mwegatte mukunngaanye wamu entegeka zammwe, oluvannyuma mujje (owalagaane mu) lunyiiriri. Mazima alokose (anaaganyulwa nnyo) olwa leero oyo anaasinga.

فَأَجْمَعُوا أَيْدِيَكُمْ ثُمَّ اتُّوَصَفَاءُ وَذُ  
أَقْلَمُ الْيَوْمِ مِنَ اسْتَعْلَى ٥٤

65. Ne bagamba nti: Owange Musa oba (ggwe sooka) osuule omuggo gwo oba ffe tubcere abasoose okusuula (egyaffe).

قَالُوا يَوْمَئِذٍ لَئِن لَّمْ يَأْتِكُمْ نَارُ  
الْأَرْضِ أَوْ نَارُ السَّمَاءِ فَتُصَوِّبَهُنَّ  
فَتَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ ٥٥

66. N'agamba nti: Wabula (mmwe musooke) musuule! Okugenda okulaba nga emigwa n'emiggo gyabwe, nga gimufaananira (Ye Musa) ku lw'eddogo lyabwe nti ddala gyo gitambula.

قَالَ بَلْ أَعْلَمُ فَادَّارِجًا لَهُمْ وَ  
عَصِيْبُهُمْ يُخْسِلُ إِلَيْهِمْ مِنْ سِحْرِهِمْ  
أَنَّهُمْ اسْتَعْلَى ٥٦

67. Musa n'afuna okutya mu mutima gwe.

فَأَوْحَسَ فِي نَفْسِهِ خِيفَةً مُوسَىٰ ٥٧

62. Abalogo baayawukana ku kigambo kya Musa. Abamu ne bagamba nti: Bino ebigambo bya Musa ssi bya muloge. Wabula Enjogeranya eyo baagikweka abantu ne batabategera.

63. Abalogo ba Fir'auna baatya nti Musa ne Haruuna bandikozesa eddogo lyabwe ne babaggyako ebitiibwa, empisa zaabwe, n'obulombolombo bwabwe, byonna bye baalina, era mu ngeri yemu bafuule abantu bonna, mu Misiri ababagoberera.

66. Baaloga amaaso g'abantu emiggo n'emigwa gyabwe bye baakasuka ne bibafaananira ddala ng'emisota egitambula. Ekyyo muli kyatiisa Musa n'alowooza nti oba olyawo abantu ne batatulwa ne batayawula wakati w'ekyamagero kye n'eddogo lyabwe.

68. Ne tumugamba nti: Totya! Mazima ggwe, gwe ojja okusinga:
69. Suula ekyo ekiri mu mukono gwo ogwa ddyo (omuggo) gujja kumira ebyo bye bakoze. Mazima bakoze nkwe za mulogo, (sso nga) omulogo tagenda kulokoka wonna w'abeera.
70. (Olwo) abalogo ne bagwa (oluva-nnyuma lw'okuwangulwa) nga bavunnama, ne bagamba nti: Tukkirizza Katonda wa Haruuna ne Musa.
71. (Fir'auna) n'agamba nti: Mumukkirizza nga sinnaba kubakkiriza (kukola mutyo). Mazima ddala ye ye mukulu wammwe oyo eyabayigiriza eddogo. Nja kukutulirako ddala emikono gyammwe n'amagulu gammwe mu mpiteeyite, (buli omu nja kumusalako omukono ogwa ddyo n'okugulu okwa kkono, oba omukono ogwa kkono n'okugulu okwa ddyo) era ddala tujja kubakomerera ku musaalaba ku nduli z'emitende era mazima mujja kumanya ani ku ffe (nze ne Katonda wa Musa) asinga ebibonerezo ebiyitirivu (mu bukakali) era ow'okusigalawo.
72. Tetujja kukukulembeza kw'ekyo ekitujjidde mu bunnyonnyofu (eky'amazima) ne kw'oyo Eyatutonda. Kale (Ggwe) salawo ekyo ky'osazeewo. Mazima olamula (ku bikwata) ku buno obulamu bw'ensi (bwokka).

فَلَمَّا لَمْ يَنْخَفِ إِلَيْكَ أَنْتَ الْاَعْلَى ٦٨

وَأَلَيْكَ مَا فِي يَمِينِكَ نَلْقَفْنَا مَا صَنَعُوا  
إِنَّمَا صَنَعُوا كَيْدٌ نَبِيحٌ وَلَا يُفْلِحُ  
الشَّجْرُ حَيْثُ أَتَى ٦٩

فَأَلْفَى السَّحْرَةَ سَجْدًا قَالَ لَوْ آمَنَّا  
بِرَبِّ هَارُونَ وَمُوسَى ٧٠

قَالَ امْسُكْ لَهُ قَبْلَ أَنْ أَدْنَى لَكُمْ  
إِنَّهُ لَكَبِيرٌ كَمَا الَّذِي عَلَّمَكُمُ السِّحْرَ  
فَلَا تَقْطَعَنَّ أَيْدِيَكُمْ وَأَرْجُلَكُمْ مِمَّنْ  
خَلَفَ فِي وَلَا تَوَسَّوْا بِنَفْسِكُمْ فِي جُدُوعِ  
الْعُلَى وَلَتَعْلَمَنَّ آيَةُ أَخْشَدَ أَبَا الْاَبْنَى ٧١

قَالُوا لَنْ نُؤْتِيَكَ عَلَى مَا جَاءَنَا مِنَ  
الْبَيِّنَاتِ وَالَّذِي فَطَرَنَا فَاقْضِ مَا أَنْتَ  
قَاضٍ إِنَّمَا تَقْضِي هَذِهِ الْحَيَاةَ  
الدُّنْيَا ٧٢

70. Abalogo bwe baamala okulaba ekyamagero eky'omuggo ggwe okufuuka omusota ne gumira egyabwe ne bakakasa nga ekikolwa ekyo bwe kitali mu buyinza bwa muntu, olwo bo ne bakkirizza nga Musa bw'ali Omubaka wa Katonda.

72. Abalogo baategeza Fir'auna nga obuyinza bw'obukama bwe n'okulamula kwe bwe bikoma kuno ku nsi kwokka — tebweyongera mu Bulamu bwa Luvannyuma.

73. Mazima ffe tukkiriza Mukama waffe, alyoke atusonyiwe ebisobyoy byaffe n'eddogo eryo ly'otuwalirizzaako (okukola). Ne Katonda ye mulungi era ye w'okusigalawo.

إِنَّا أَمَّا رَبِّنَا الْبَغْفَرُ لَنَا خَطِينًا وَمَا  
أَكْرَهْتَنَا عَلَيْكَ مِنَ السِّحْرِ وَاللَّهِ  
خَيْرٌ وَأَبْقَى ﴿٤٧﴾

74. Mazima oyo alijjira Mukama we nga mwonoonyi (ku Lunaku Lw'enkomerero) ddala alina okuyingira omuliro (Jahannama). Tagenda kugufiiramu era taliba mulamu mu gwo.

إِنَّكَ مِنْ يَأْتِ رَبَّهُ مُجْرِمًا فَإِنَّ لَهُ  
جَهَنَّمَ لَا يَمُوتُ فِيهَا وَلَا يَحْيَى ﴿٤٨﴾

75. N'oyo alimujjira nga mukkiriza, ddala nga akoze emirimu emirongoofu, abo balina amadaala aga waggulu, —

وَمَنْ يَأْتِهِ مَوْمِنًا قَدْ عَمِلَ الصَّالِحَاتِ  
فَأُولَئِكَ لَهُمُ الدَّرَجَاتُ الْعُلَى ﴿٤٩﴾

76. Ejjana ey'obutebenkero (Ennyumba Ey'emirembe), emigga gikulukuta wansi waayo, (nga) ba kutuula mu yo olubeerera n'eyo y'empeera y'oyo ayeetukuza.

جَعَلْتُ عِدْنَ بَحْرِي مِنْ تَحْتِهَا لِأَنْهَرُ  
خَالِدِينَ فِيهَا وَذَلِكَ جَزَاءُ مَنْ تَزَلَّى ﴿٥٠﴾

77. Mazima twatumira eri Musa, nti: Twala ekiro abaddu Bange (Abaana ba Israeli) obakubire ekkubo ekkalu mu nnyanja, totya kusangibwa (Fir'auna) era totya kusaanawo (mu mazzi).

وَلَقَدْ أَوْحَيْنَا إِلَى مُوسَى أَنِ اسْرِرْ  
بِعِبَادِي فَإِنَّهُمُ طَرِيقَافِي الْبَحْرِ  
يَبْسَأُ لَشَيْءٍ دَرَكًا وَلَا تَخْشَى ﴿٥١﴾

78. Fir'auna n'abagoberera n'eggye lye ne kibabikka mu nnyanja ekyo kya-babikka.

فَاتَّبَعَهُمْ فِرْعَوْنُ بِجُنُودِهِ فَغَشِيَهُمْ  
مِنَ الْيَمِّ مَا غَشِيَهُمْ ﴿٥٢﴾

79. (Bw'atyoy) Fir'auna n'abuza ekibiina kye, era teyalunngama.

وَأَضَلَّ فِرْعَوْنُ قَوْمَهُ وَمَا هَدَى ﴿٥٣﴾

74. Oyo yenna alijja eri Katonda ku Lunaku Lw'enkomerero nga mwonoonyi, alina ebibonyo-bonyo ebiyitirivu mu bukakali, era bya kuba nga bya lubeerera — ng'ali mu muliro Jahannama. Tagenda kufa alyoke awummuleko nga ali mu gwo era tagenda kuwona abeere nga yecsiima n'obulamu bwe — wabula wa kuba mu kubonaabona okutalina kikomo.

77. Mu kitundu kino Katonda ategeza ebyaddirira oluvannyuma lwa Fir'auna okugaana okukkiriza obubaka bwa Musa, era n'okugaana okusindika Abaana ba Israeli okuddayo e Shaamu bave mu ffugabbi lye.

Katonda Ye yalagira Musa aggye Abaisraeli mu Misiri ayolekere Ennyanja Emyufu — agikubeko omuggo gwe nga agitusseko, eryoke yeetememu amakubo bayitemu ku lw'obuyinza Bwe.

78. Oluvannyuma lwa Fir'auna okwesogga ennyanja n'eggye lye, nga bo Abaana ba Israeli bamaze okusomoka, ennyanja yaddawa nga bwe yali n'ebabuutikira bonna ne basaanawo.

80. Abange Abaana ba Israeli! Mazima twabawonya omulabe wammwe (Fir'auna), ne Tubalagaanyisa (bwe Twawa Musa Turaati) ku ludda lw'olusozi (Sinai) olwa ddyo, era ne Tubassiza (emmere) *Al-Manna* n'ennyama (y'ennyonyi) *Al-Salwaa*:

يَسِّرِي إِسْرَائِيلَ قَدْ أَجْبَيْتَكُمْ مَنْ  
عَدَّوَكُمْ وَوَعَدَ لَكُمْ جَانِبَ الطُّورِ  
الَّذِي مَنَّا وَنَزَّلْنَا عَلَيْكُمُ الْمَنَّاءَ وَالسَّلْوَىٰ ٨٠

81. (Nga tubagamba nti): Mulye mu birungi ebyo bye twabagabira, era temubulanga mu kwo (okulya) ne bubakako obusungu Bwange; n'oyo gwe bulikakatako obusungu Bwange, mazima aliba azikiridde.

كُلُّوا مِنْ طَيِّبَاتِ مَا رَزَقْنَاكُمْ وَلَا  
تَطْغَوْا فِيهِ فَيَحْمِلَ عَلَيْكُمْ غَضَبِي  
وَمَنْ يَحْمِلْ عَلَيْهِ غَضَبِي فَقَدْ هَوَىٰ ٨١

82. Era mazima Nze Ndi Musonyiyi eri oyo eyeenenyezza n'akkiriza n'akola emirimu emirongoofu; oluvannyuma n'alunngama (ku kkubo eggolokofu).

وَأَرْسِلْ لِقَارِئِينَ تَابَ وَأَمَّنْ وَعَمِلْ  
صَالِحًا ثُمَّ أَهْتَدَىٰ ٨٢

83. (Musa bwe yali mu lusozi, Katonda n'amugamba): Kiki ekyakwanguyirizza (okujja wano) n'oleka ekibiina kyo, Owange Musa?

وَمَا أَتَجْمَلُكَ عَنْ قَوْمِكَ يَمْوَسَىٰ ٨٣

84. N'agamba nti: Bo abo bali mu buwufu bwange (bajja bangoberera), nnyanguye okujja Gy'oli Olyoke osiime.

قَالَ هُمْ أَوْلَاءُ عَلَىٰ أَثَرِي وَعَجِلْتُ  
إِلَيْكَ رَبِّ لِتَرْضَىٰ ٨٤

85. (Katonda) n'agamba nti: Mazima ffe tugezezezza ekibiina kyo oluvannyuma lwo (okujja wano) Saamiriyu n'ababuza.

قَالَ فَإِنَّا قَدْ فَتَنَّا قَوْمَكَ مِنْ بَعْدِكَ  
وَأَضَلَّهُمُ السَّامِرِيُّ ٨٥

83. Oluvannyuma lw'okusomoka ennyanja ne Fir'Auna okuzikirira, Musa yakulemba Abaana ba Israeli n'abayisa mu ddungu okutuusa lwe yatuuka ku lusozi Sinai — oludda lwalwo olwa ddyo — awo we yasookera okufuna obubaka okuva eri Katonda. Yaleka awo Abaisraeli mu busigire bwa Haruuna, ye n'agenda mu lusozi Sinai ku lw'endagaano Katonda gye yamulagaanyisa ey'okumuwa Tauraati.

Musa bwe yavaawo n'alwawo okudda omusajja ayitibwa Saamiriyu mu bo n'abaweesa ennyana mu bikomo bya Zaabu ebisaanuuse, eyo ne bagisinza mbu ye yali Katonda waabwe.

85. Katonda ategezza Musa nga abantu be (Abaana ba Israeli) bwe babuziddwa ne basinza ennyana eyo Saamiriyu gye yabakolera mu bikomo bya Zaabu, nga olwo Musa abavuddeko agenze mu lusozi okufuna Tauraati awali Katonda.

86. Musa n'akomawo eri ekibiina kye nga musunguwavu, omunakuwavu. N'abagamba nti: Abange abantu bange! Mukama wammwe teyabalagaanyisa endagaano ennungi, (ey'okubawa Tauraati n'okubakuuma)? Endagaano ebawanvuyidde (ekiseera kyayo), oba mwagadde okubakako obusungu nga buva eri Mukama wammwe kwe kwawukana ku ndagaano yange?
- فَرَجَعَهُ مُوسَى إِلَى قَوْمِهِ غَضْبَانَ أَسِفًا  
قَالَ يَقَوْمِ أَلَمْ يَعِدْكُمْ رَبِّكُمْ وَعَدَا  
حَسَنَاءَ أَفَطَالَ عَلَيْكُمُ الْعَهْدُ أَمْ  
أَرَدْتُمْ أَنْ يَحِلَّ عَلَيْكُمْ غَضَبٌ مِّن  
رَّبِّكُمْ فَأَخْلَفْتُم مَّوْعِدِي ﴿٨٦﴾
87. Ne bagamba nti: Tetwayawukanye ku ndagaano yo ku lwa buyinza bwaffe, naye mazima ffe twatikkiddwa obuzito mu by'okwenyiriza by'ekibiina (ebikomo bya zaabu ne feeza bye beeyazika ku Bamisiri), ne tubisuula (mu muliro), bwe kityo ne Saamiriyu bwe yasudde.
- قَالُوا مَا أَخْلَفْنَا مَوْعِدَكَ بِمَلِكِنَا  
وَلَكِنَّا كَانِمْتُمْنَا أَوْلَادًا مِّن زِينَةِ الْقَوْمِ  
فَوَقَدْتُمْهَا فَأَكْفَدِكُمُ الْفَقِيرَ السَّامِرِيَّ ﴿٨٧﴾
88. (Saamiriyu) n'abaggyiramu ennyana erina omubiri, ng'erina n'okungoonga ng'ente (ennamu) ne bagamba nti: Ono katonda wammwe era ye katonda wa Musa naye ye (Musa) yeerabidde (n'agenda amunoonye mu nsozi).
- فَأَخْرَجَهُ لَهُمْ عَجَلًا جَسَدًا آلَهُ خَوَارٍ  
فَقَالُوا هَذَا إِلَهُكُمْ وَإِلَهُ مُوسَى عَلَيْهِ  
فَقَسَى ﴿٨٨﴾
89. Abaffe tebaalaba (ennyana eyo) nga tebaddamu kigambo (kyonna), era nga (yali) tesobola kubaleetera kabi wadde omugaso?
- أَفَلَا يَرَوْنَ أَنَّهُمْ يُرْجَعُونَ إِلَىٰ  
بِلَادِهِمْ ذُرِّيَّتَهُمْ وَأَنَّهُمْ  
يُرَادُونَ أَن يُنْفَعُوا بِأَعْيُنِنَا  
فَلَقَدْ قَالَ لَهُمْ هَارُونُ مِن قَبْلِ
90. Nga mazima Haruuna yali yamazeda okubagamba mu kusooka (nga

86. Musa bwe yabanenya olw'okusinza Ennyana. bo ne beetonda nga balaga nti tebeeyagalidde kukikola - wabula bo baasuula busuuzi ebikomo bye beeyazika ku bantu ba Fir'auna, mu Misiri, nga kye bagenderera kwe kwewonya ekibi ekyo. Wabula ye Saamiriyu n'akolamu ennyana mbu bagisinze.

88. Abaana ba Israeli abamu nga begasse wamu ne Saamiriyu baagamba bannaabwe nga ennyana bwe yali Katonda waabwe era Katonda wa Musa: era mbu ye Musa yali yeerabidde bwerabizi okumulekawa n'agenda anoonve omulala.

89. Ennyana eyo yali tesobola kubaddamu kigambo nga babadde bagisabye, okuggyako okungoonga kwokka. Era yali tesobola kubakola kabi konna singa baba tebagisinzizza, era teyabaga sanga nga bagisinzizza. Olwo lwaki kale baagifuula Katonda!

tebannasinza nnyana) nti: Abange abantu bange! Mazima mukemeddwa nayo, mazima Mukama wammwe ye Katonda Omusaasizi, (n'olw'ekyo) mungoberere mugondere ekiragiro kyange.

91. Ne bagamba nti: Tetujja kukomya kugisinja okutuusa Musa lw'anadda gye tuli.

92. (Musa bwe yadda) n'amugamba nti: Owange Haruuna! Kiki ekyakuganyeye mu kiscera bwe wabalabye nga babuze,

93. Okungoberera? Wajcemedde ekiragiro kyange?

94. (Haruuna) n'amugamba nti: Owange mwana wa nnyabo! Tonkwata mu kirevu kyange, wadde mu mutwe gwange! Mazima nze natidde ggwe okunngamba nti: Wayawukanyizza wakati w'Abaana ba Israeli n'otakuuma kigambo kyange.

95. (Musa) n'amugamba nti: Kiki ekyakutuuseeko (ekyakukozesezza kino), Owange Saamiriyu?

96. (Saamiriyu) n'agamba nti: Nalabye ekyo kye bataalabye, kale ne njoola olubatu (lw'ettaka) mu buwufu bw'omubaka (Jibriilu) ne nduteeka (mu kifaananyi ky'ennyana) era bwe kityo omwoyo gwange bwe gwansimisizza.

97. (Musa) n'amugamba nti: (Kale) genda!

يَقُولُونَ إِنَّمَا نُنْمِئُكُمْ بِرَبِّكُمْ  
وَأَنَّ رَبَّكُمْ  
الرَّحْمَنُ فَاتَّبِعُونِي وَأَطِيعُوا أَمْرِي ﴿٩١﴾

قَالُوا لَنْ نَبْرَحَ عَلَيْكَ عَكْفِينَ حَتَّى  
يَرْجِعَ إِلَيْنَا مُوسَى ﴿٩٢﴾  
قَالَ يَهْرُونُ مَا مَنَعَكَ إِذْ رَأَيْتَهُمْ  
ضَلُّوا ؟ ﴿٩٣﴾

أَلَا تَتَّبِعَنِ أَفَعَصَيْتَ أَمْرِي ﴿٩٤﴾

قَالَ يَا بَنُو إِسْرَائِيلَ لَا تَأْخُذْ بِلِحْيَتِي  
وَلَا بِرِاسِي إِنَِّّي خَشِيتُ أَنْ تَقُولَ  
فَرَرْتُ بَيْنَ يَدَيْ بَنِي إِسْرَائِيلَ وَلَمْ  
تَرْقُبْ قَوْلِي ﴿٩٥﴾

قَالَ فَمَا خَطْبُكَ يَا مَرْيَمُ ﴿٩٦﴾

قَالَ بَصُرْتُ بِمَا لَمْ يَبْصُرُوا بِهِ فَقَبَضْتُ  
قَبْضَةً مِّنْ أَثَرِ الرَّسُولِ فَنَبَذْتُهَا وَ  
كَذَلِكَ سَوَّلْتِ لِي نَفْسِي ﴿٩٧﴾

قَالَ فَادْهَبْ فَإِنَّ لَكَ فِي الْحَيَاةِ أَنْ

93. Nga bwe yamugamba mu Aya 142 mu ssula ey'omusanvu — Al-Aaraafi, nti amusigalire mu kibiina kye alongoose, era aleme kugoberera kkubo lya bonoonyi. Haruuna yadda mu Musa n'eggonjebwa alyoke amukkakanye, wadde ye Musa yayogeza ssungu.

97. Ekibonerezo ekyaweebwa Saamiriyu olw'okukola akayana muno mu nsi bwe butakwata ku muntu yenna era n'omuntu omulala yenna obutamukwatako.



Mazima olina mu bulamu bw'ensi okugambibwa nti: Tonkwatako! Era mazima olina endagaano gy'otoliya-wukaneko (ey'okuzikirizibwa Katonda). Era tunuulira eri katonda wo (ennyana) eyo gw'otutte ebbanga nga oli ku ye (gw'osinza). Tujja kumwokera ddala (asaanewo) oluvannyama tumufuumuulire mu nyanja olufuumuula.

تَقُولُ لَا مَسَاسَ وَإِنَّكَ مَوْعِدًا  
لَنْ نُخْلَفَهُ وَالنَّظْرَ إِلَى الْإِهْكَ الَّذِي  
ظَلَّتْ عَلَيْهِ عَاكِفًا لَتَحْرُوقَنَّهُ شَمًّا  
لَنَسِفْتَهُ فِي الْيَوْمِ نَسْفًا ﴿٩٤﴾

98. Mazima Katonda wammwe ye Katonda Omutonzi (yekka), tewali Katonda (mulala yenna) asinzibwa wabula Ye. Yagaziwa okumanya buli kintu.

إِنَّمَا الْإِهْكَمُ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ  
وَسِعَ كُلَّ شَيْءٍ عِلْمًا ﴿٩٥﴾

99. Bwe kityo tukunyumiza (Ggwe Muhammadi) mu bimu ku bigambo ebyo ebyakulembera, mazima twakuwa okuva we tuli Ekijjukiza (Kuraane).

كَذَلِكَ نَقُصُّ عَلَيْكَ مِنْ أَنْبَاءِ مَا  
قَدْ سَبَقَ ۗ وَقَدْ آتَيْنَاكَ مِنْ لَدُنَّا ذِكْرًا ﴿٩٦﴾

100. Omuntu yenna agyawukanako, mazima ye alyetikka ekibi ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda),

مَنْ أَعْرَضَ عَنْهُ فَإِنَّهُ يَحْمِلُ يَوْمَ  
الْقِيَامَةِ وِزْرًا ﴿١٠٠﴾

101. Ba kutuulamu (mu bibonerezo) olubeerera — baayonoonekerwa omugugu (gwabwe) ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) —

خُلِدِينَ فِيهِ وَسَاءَ لَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ  
حِمْلًا ﴿١٠١﴾

102. Olunaku enngombe lw'erifuuyibwamu. Ne tukunngaanya ku Lunaku olwo abajeemu nga batwakadde amaaso (ku lw'okutya),

يَوْمَ يُنْفَخُ فِي الصُّورِ وَنَحْشُرُ الْجُرْمِينَ  
يَوْمَ يَنْذَرُ أَرْغًا ﴿١٠٢﴾

103. Nga boogeranya obwama wakati waabwe: Temwatuula (mu nsi) wabula ennaku kkumi (zokka).

يُنْفَخُ الْقُتُوبُ مِنْ بَيْنِهِمْ إِنَّ لِلَّذِينَ  
كَفَرُوا لِعَذَابًا كَثِيرًا ﴿١٠٣﴾

104. Ffe Tumanyi ebyo bye boogera mu kisceera bwe bagamba (abo) abasinga

نَحْنُ أَعْلَمُ بِمَا يَقُولُونَ إِذْ يَقُولُ

103. Mu kugeraageranya kwabwe balirowooza nti ku nsi baamalako ennaku kkumi zokka oba essaawa emu yokka.

- amagezi amajjuvu mu bo (nti): Temwatuulamu wabula lunaku bunaku.
105. Bakubuuza ku nsozi, (nti ziriba zitya ku Lunaku lw'enkomerero)? Bagambe: nti: Agenda kuzifuumuula Mukama wange olufuumuula (nga enfuufu),
106. Agireke (ensi yonna) nga musetwe ntereevu,
107. Nga togirabamu bikkokko oba ebilugumogulumo.
108. Olunaku olwo baligoberera omukoo-woozi bulambalamba nga tebalina kukyuka butamugoberera, ne gasiriikirira amaloboozi ku lwa Katonda Omusaasizi, nga towulira, wabula olukwakwayo lw'ebigere (lwokka).
109. Mu Lunaku olwo okuwolereza tekuligasa wabula okw'oyo gw'alikikiriza Katonda Omusaasizi n'asiima ekigambo kye.
110. (Katonda) Amanyi ebyo (byonna) ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe, sso nga bo tebabyetoolodde kumumanya Ye (ebimufaako).
111. Ne gagondera amaaso (g'ebitonde byonna) eri (Katonda) Omulamu, Ayeeyimirizaawo. Mazima aswadde oyo ayeetisse (eggugu) ly'obulya-zaamaanyi (ku Lunaku olwo).
112. N'oyo akola emirimu emirongoofu, nga naye mukkiriza, talitya kulya-zaamaanyizibwa wadde okuseerwa.

أَمَّا لَهُمْ طَرِيفَةٌ إِنَّ لَيْسَتْ لَهُمُ الْيَوْمَ ۙ

وَلَيْسَ لَوْ نَاكَ عَنِ الْجِبَالِ فَقُلْ يَنْسِفُهَا  
رَبِّي نَسْفًا ۙ

فَيَذَرُهَا قَاعًا صَفْصَفًا ۙ

لَا تَرَى فِيهَا عِوَجًا وَلَا أَمْتًا ۙ

يَوْمَئِذٍ يَتَّبِعُونَ الدَّاعِيَ لَوْ عَوجَ  
لَهُ ۗ وَخَشَعَتِ الأصْوَاتُ لِلرَّحْمَنِ  
فَلَا تَسْمَعُ إِلَّا هَمْسًا ۙ

يَوْمَئِذٍ لَا تَنْفَعُ الشَّفَاعَةُ إِلَّا مَنْ  
أُذِنَ لَهُ الرَّحْمَنُ وَرَضِيَ لَهُ قَوْلًا ۙ

يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ  
وَلَا يُحِيطُونَ بِهِ عِلْمًا ۙ

وَعَنَتِ الِوْجُوهُ لِلْحَيِّ الْقَيُّومِ وَقَدْ  
حَابَ مَنْ حَمَلَ ظُلْمًا ۙ

وَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ وَهُوَ  
مُؤْمِنٌ وَلَا يُخْفِ ظُلْمًا وَلَا هَضْمًا ۙ

109. Tewali aliwolereza muntu yenna ku Lunaku Lw'enkomerero, okuggyako oyo Katonda gw'aliba akkiriza awolerezebwe n'asiima okuwolereza kw'oyo alimuwolereza.

111. Oyo yenna aliba nga yeetikka obukafiiri n'atakkiriza ku Lunaku lw'enkomerero aliba nga muswavu. Era tagenda kufuna ky'anoonya.

113. Bwe kityo twagissa Kuraane nga ya Luwarabu, ne tunnyonyolera mu yo (buli ngeri ya) bitiiso, oba olyawo ne batya oba ne bafuna okubuulirirwa.

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَاهُ قُرْآنًا عَرَبِيًّا وَصَرَّفْنَا فِيهِ مِنَ الْوَعِيدِ لَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ أَوْ يُحْدِثُ لَهُمْ ذِكْرًا ﴿١١٣﴾

114. Yagulumira Katonda Omufuzi, Ow'amazima! Toyanguyirizanga (Ggwe Muhammadi) okusoma (eno) Kuraane oluberyeberye nga tebunnaggaayo obubaka bwayo (obussibwa ku ggwe okuva eri Katonda), era ogambenga (nga osaba) nti: Mukama wange nnyongera okumanya.

فَتَعَلَى اللَّهِ الْمَلِكُ الْحَقُّ ۗ وَلَا تَعْجَلْ بِالْقُرْآنِ مِنْ قَبْلِ أَنْ يُقْضَى إِلَيْكَ وَحْيُهُ ۚ وَقُلْ رَبِّ زِدْنِي عِلْمًا ﴿١١٤﴾

115. Mazima twalagaanyisa (Nabbi) Adamu oluberyeberye naye ne yeerabira, ne Tutamusanga nga alina okunywera (n'obuvumu nga bwe baalina ababaka abamuudhirira).

وَلَقَدْ نَعَّمْنَا إِلَىٰ آدَمَ مِنْ قَبْلُ ۖ فَسِئَ وَ لَمْ يُجِدْ لَهُ عَنَّا مَأْتًا ﴿١١٥﴾

116. Era jukira mu kiseera bwe twagamba bamalayika: Muvunnamire Adamu, (bonna) ne bavunnama okuggyako Ibiisa (Sitaane); yagaana.

وَأَوْفَيْنَا لِلْمَلَائِكَةِ الْبُحْبُوحَ وَالْإِدَمَ فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ أَبَىٰ ﴿١١٦﴾

117. Ne tugamba nti: Owange Adamu! Mazima ono (Sitaane) mulabe wo, ggwe ne mukazi wo, (n'olw'ekyo mu-mwekuume) tabaggya mwembi mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) ne mwonooneka.

فَقُلْنَا يَا آدَمُ إِنَّ هَذَا عَدُوٌّ لَكَ ۖ وَارْزُقْكَ وَلَا يُخْرِجُكَمَا مِنَ الْجَنَّةِ فَتَشْفَىٰ ﴿١١٧﴾

113. Kuraane ennyonyola abantu ebitiiso balyoke batye Katonda olwo bakomye okukola ebibi, n'ebyo Katonda bye yaziza. Era yassibwa esobole okujjukiza abantu Katonda nga babadde bagisomye, balyoke batuukirize ebiragiro Bye.

114. Wano Nabbi Muhammad (s.a.w.) yagambibwa aleme kwanguyiriza kutandika kusoma Kuraane nga Malayika (Jibriilu) tannamaliriza kusoma bubaka bw'amuleetedde. Nga olwo ky'ategezebwa kiri nti alindanga Jibriilu n'abumumalirayo ddala olwo naye Nabbi n'alyoka abuddamu.

115. Kubanga Sitaane olwakema Adamu ne Mukyala we okulya ekibala ky'omuti gw'omu Jjana ogwali gubagaaniddwa, kyamwanguyira okuseerera n'atajjukira kulabulwa okwali kumugambiddwa Katonda. Wabula bo bannabbi abalala, obutafaananako Adamu, baabonyabonyezebwa n'okukijanyizibwa, era ne bagezesebwa n'ebigezo eby'amaanyi — naye ne batagondera sitaane kubaggya ku kkubo eggolokofu.

118. Mazima olina Ggwe (Adamu) obutalumirwa njala mu yo (Ejjana) era obutayita bwereere, إِنَّكَ الْكَاذِبُ كَذِبُهَا وَلَا تَعْرَى ١١٨
119. Era mazima Ggwe tolorumwa nnyonta mu yo era tolyokebwa musana. وَأَنَّكَ لَا تَظْمَأُ فِيهَا وَلَا تَطْمِئِنُّ ١١٩
120. (Naye) n'amulabankanya sitaane, n'amugaamba nti: Owange Adamu! Abaffe nkulagirire ku muti (ogua obulamu) obw'olubeerera n'obufuzi obutaggwaawo? فَوَسَّسَ إِلَيْهِ الشَّيْطَانُ قَالَ يَا أَدَمُ هَلْ أَدُلُّكَ عَلَى شَجَرَةِ الْخُلْدِ وَمُلْكٍ لَّكَ يَبْتَلِ ١٢٠
121. Ne balya bombiriri ku gwo (omuti), ne bubeeyolekera bombi obwereere bwabwe, (buli omu n'alaba obwa munne). Olwo ne batandika okwekwasaako mu bimu ku bikoola by'omu Jjana. Adamu n'ajcemera Mukama we, n'abula. فَأَكَلَا مِنْهَا قَبَّذَتْ لَهُمَا سَوَاءً لَّهُمَا وَطُفِقَا يَحْكُمُفِنَ عَلَيْهِمَا مِنْ وُرُقِ الْجَنَّةِ زَوْعَطَى أَدَمُ رَبَّهُ فَغَوَى ١٢١
122. Oluvannyuma Mukama we n'amwawula, n'akkiriza okwenenya kwe, n'amulungamya. ثُمَّ اجْتَبَاهُ رَبُّهُ فَتَابَ عَلَيْهِ وَهَدَى ١٢٢
123. Katonda n'abagamba nti: Mukemwembi okuva mu yo abamu mu mmwe babe balabe ba bannaabwe. Naye obulungamu bwe bulibajjira okuva Gyendi, n'oyo yenna aligoberera okulungamya Kwange (okuli-reetwa ababaka) talibula era talyo-nooneka. قَالَ اقْبِطُوا مِنْهَا جَمِيعًا بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ عَدُوٌّ وَأَمَّا يَا آدَمُ مَتَى هُدَى لَكَ مِنَ الذَّبَعِ هَذَا إِي فَلَا يَضِلُّ وَلَا يَشْقَى ١٢٣
124. N'oyo alyawukana ku kigambo Kyange, mazima alina obulamu obufunda, era Tulimuzuukiza ku Lunaku Lw'Okuyimirira (mu maaso ga Katonda) nga muzibe. وَمَنْ أَعْرَضَ عَن ذِكْرِي فَإِنَّ لَهُ مَعِيشَةً ضَنْكًا وَنَحْشُرُ لَأَيُّومِ الْقِيَامَةِ أَعْمَى ١٢٤

122. Oluvannyuma lw'okujeema, Katonda yayigiriza Adamu okwenenya ne yeenenya — okwenenya okwo ne kukkirizibwa. Olwo Katonda n'amwawula, n'amulungamya obutaddayo kumujeemera.

123. Adamu ne Mukazi we baagobebwa bawe mu Jjana bakke ku nsi. Katonda yabalaamiriza nga sitaane bw'alibcera olubeerera omulabe w'omuntu, era nga bw'alireeta okubaawo obulabe. obukyayi, okuyombagana n'obutateegeragana wakati w'ezzadde lyabwe — abantu bonna.

125. Aligamba: Mukama wange! Lwaki onzuukizizza nga ndi muzibe, nga mazima nali ndaba (nga nkyali ku nsi)?

قَالَ رَبِّ لِمَ حَسَرْتَنِيْ اَعْطَىٰ وَوَقَدْ  
كُنْتُ بَصِيْرًا ﴿١٢٥﴾

126. (Katonda) n'amugamba nti: Bwe kityo. Bwakujjira Obubonero Bwaffe n'obwerabira. Bwe kityo (naawe) Olwa leero weerabiddwa.

قَالَ كَذٰلِكَ اَتٰتٰكَ اَيْنٰدُنَا فَنَسِيْبُهَآءُ وَ  
كَذٰلِكَ الْيَوْمَ تُنٰسِي ۗ ﴿١٢٦﴾

127. Era bwe kityo bwe tulisasula oyo ayitiriza (okwonoona, n'asukka ebikomo) n'atakkiriza Bubonero bwa Mukama we; era n'ebibonyoobonyo (by'Enkomerero) bye biyitirivu (mu bukakali) era eby'olubeerera.

وَكَذٰلِكَ يُجْزَىٰ مَنْ اَسٰفَ وَلَمْ يُؤْمِنْ  
بِآيٰتِ رَبِّهٖ وَلَعَذَابُ الْاٰخِرَةِ اَشَدُّ  
وَاَبْقٰى ﴿١٢٧﴾

128. Abaffe tekyabalunngamya (abo abakulimbisa okumanya) emirembe emeka gye twazikiriza oluberyeberye lwabwe, nga (nabo abakafiiri leero) batambulira mu bifo byabwe? Mazima muli mw'ekyo Obubonero obulabirwako eri abalina amagezi.

اَفَلَمْ يَهْدِ لَهُمْ كَمَا اَهْلَكْنَا اٰبٰٓءَهُمْ  
مِّنَ الْاَقْرٰٓوِنَ يَمْسُوْنَ فِيْ مَسٰكِنِهِمْ  
ۗ اِنَّ فِيْ ذٰلِكَ لَآيٰتٍ لِّوٰلِي الْاَلْبَآبِ ﴿١٢٨﴾

129. Era singa tekyali kigambo kyakulemba okuva eri Mukama wo (era nga si ku lwa) bbanga ggere (eryo eryabagerekerwa), kwandibadde okubazikiriza nga kukakafu (kwaggwadda kuno ku nsi).

وَلَوْلَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ لَكَانَ  
رِزْمًا وَّاَوْجَلٌ مَّسْمِيًّا ﴿١٢٩﴾

130. (N'olwekyo) gumiiikiriza (Ggwe Muhammad) kw'ebyo bye bagamba, otendereze ebitendo bya Mukama wo nga enjuba tennavaayo era nga tennagwa. Era mutendereze ne mu biseera by'ekiro ne ku nsonda z'emisana, oba olyawo n'osiima (ku nkomerero).

فَاَصْبِرْ عَلٰٓى مَا يَقُوْنُوْنَ وَسَبِّحْ بِحَمْدِ  
رَبِّكَ قَبْلَ طُلُوْعِ الشَّمْسِ وَقَبْلَ  
عُرُوْبِهَآءُ وَمِنْ اٰتَآئِ الْاَيْلٰنِ فَسَبِّحْهُ  
ۗ اَطْرَافَ النَّهَارِ لَعَلَّكَ تَرْضٰى ﴿١٣٠﴾

129. Katonda yakulembeza ekigambo ky'obutabonereza muntu yenna wabula ng'amaze kusinagibwa musango, na kumala kuggwaayo ebbanga lye, Ye Katonda lye yamugerera okubeera kuno ku nsi — kale n'olwekyo tekyasoboka kuzikiriza bajemu abo abaalimbisa Nabbi mbagirawo.

130. Saalanga esswala ettaano mu biseera byazo, Katonda yandikuwa n'ofuna okwesiima muno mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

131. Tolalambazanga amaaso go (okutu-nuulira) eri ebyo bye Tweyagaza nabyo emitindo mu bo (abo abakafiiri), ebimuli by'obulamu bw'ensi, tulyoke tubagezese nabyo. N'okugaba kwa Mukama wo kwe kulungi (okusingayo) era kwe kw'olubeerera.

وَلَا تَمُدَّنَّ عَيْنَيْكَ إِلَىٰ مَا مَتَّعْنَا بِهِ  
أَزْوَاجًا مِنْهُمْ زَهْرَةَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
لِنَفْتِنَهُمْ فِيهِ ۚ وَرِزْقُ رَبِّكَ خَيْرٌ وَأَبْقَىٰ ﴿١٣١﴾

132. Lagira abantu bo okusaala, era ogumiikirize ku kwo (okusaala). Tetu-kusaba kwegabirira. Ffe Tukugabirira. N'enkomerero ennungi y'abatya Katonda.

وَأْمُرْ أَهْلَكَ بِالصَّلَاةِ وَاصْطَبِرْ عَلَيْهَا  
لَا تَسْأَلُكَ رِزْقًا نَحْنُ نَرْزُقُكَ ۗ وَاللَّعَابَةُ  
لِلَّذِينَ أَتَوْا ﴿١٣٢﴾

133. (Abakaafiiri) ne bagamba nti: Singa atuleetedde Akabonero (ke twetaaga) okuva eri Mukama we! Tekwabajjira okunnyonyola (okukakafu) okwo okuli mu bitabo ebyasooka.

وَقَالُوا لَوْلَا يَا تِينًا يَا تَيْمَةَ مِنَ رَبِّهِ  
أَوْلَعْتُمْ أَنْتُمْ بَيْنَهُ مَا فِي الصُّحُفِ الْأُولَىٰ ﴿١٣٣﴾

134. Era singa mazima Ffe twabazikiriza n'ebibonyobonyo oluberyeberye, bandigambye nti: Mukama waffe! Singa watutumira omubaka, ne (tulyoka) tugoberera Obubonero Bwo oluberyeberye nga tetunnak kakanywa na kuswala.

وَلَوْ أَنَّا أَهْلَكْنَاهُمْ بِعَدَابِ رَبِّكَ  
لَقَالُوا رَبَّنَا لَوْلَا أَرْسَلْتَ إِلَيْنَا رَسُولًا  
فَنُنَبِّئُكَ مِنْ قَبْلِ أَنْ نُنَادِيَ  
وَنُخْرِجِي ﴿١٣٤﴾

135. Gamba: Buli omu (mu ffe) alindiridde (empeera ze); kale mulindirire (naffe tulindiridde)! Kyaddaaki muli-

قُلْ كُلٌّ مِّنْ رَبِّصَّ فَتَرَكَصُوا  
فَسَتَعْلَمُونَ مَنِ الْأَصْحَابُ الْوَصْرَاتِ

131. Mu kitundu kino Katonda yali abulira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) aleme kwegomba na kunakuwazibwa ebyo, ng'amatiribona n'eb'y'okweyagala by'ensi ebyaweebwa abamu mu bonoonyi kuno ku nsi, kubanga bya kiseera buseera. Omuntu yeeyagala nabyo ne biggwaawo ne biba nga ebitabangawo. Ebyo byaweebwa abantu nga kigezo ku bo Katonda alabe ayeabaza n'oyo ateebaza — era tebiribagasa mu Bulamu Obw'enkomerero. Kale tebisanya kulabankanya muntu omukkiriza nga Nabbi - kubanga ebyo Katonda by'agaba mu Jjana bye bisinga obulungi era bya lubcerera.

133. Abakaafiiri baayagala Nabbi Mubammadi abaleetere akabonero mu obwo bwe baamusabanga. akakase obwannabbi bwe -- sso Kuraane yali emaze okubatuukako nga ebannyonyola mu bumativu ebighambo ebifa ku bibiina ebyasooka nga bwe baali -- Ekyo kyandibadde kibamala okuba akabonero akabakakasa amazima g'obwannabbi bwe.

134. Abakafiiri babeera kussibwako bibonerezo nga Katonda tabatumidde Mubaka, bandiwanjaze ne bagamba nti singa baasooka kutumirwa mubaka n'abalunngamya ne bamugoberera.

135. Ffe Abakkiriza nammwe abatakkiriza ffenna owamu tulindiridde okutuusa ku nkomerero. Iwe kirimanyika ani ku ffe nammwe eyali ku nsi ku kkubo ettuuu, era ani oyo eyali ku bulunngamu.

manyà aní nnannyini kkubo ggolo-  
kofu, era aní omulungamu.

عَسَىٰ السَّوِيَّةُ وَمِنْ اهْتَدَىٰ ﴿١٦﴾

## EBIFA KU SSUULA AL-ANBIYAA MU BUFUNZE (21)

Essuula eno yakkira Makka. Eytibwa Al-Anbiyaa, weewaawo. naye nga tewali aya yonna linnya eryo kwe lyaggibwa okuggyako okuba nti ekitundu kyayo kinene ddala kyogera ku Bannabbi. Erina aya 112.

Essuula ennyonyola ku Nzikiriza y'Eddiini y'Obusiraamu, naddala ku bigambo ebisinga obukulu nga Obubaka, Obw'omu bwa Katonda, Okuzuukira n'okusasulwa. Era eyogera ku Lunaku Lw'enkomerero n'ebitiiso byalwo. Eyogera ne ku byafaayo bya Bannabbi.

Etandikira ku kunnyonyola abantu engeri gye balagajjaliddemu Olunaku Lw'enkomerero n'Okubalibwa nga bali mu kwetawaanya na kugujuubanira ebisikiriza by'obulamu bw'ensi ne batajjukira okubalibwa okubalindiridde, era okw'okubatuukako nga tebategedde. N'eyogera kw'abo abalimbisa Bannabbi awamu n'okuba nga balaba ebifo amatongo omwazikirizibwa abakafiiri abaabasooka, ate ekyo bo ne batakifuula kyakulabirako wabula ne balinda okumala okubatuukako ebibonerezo olwo balyoke badde mu kuwanjaga ng'ate ekyo tekikyabagasa. N'obubonero obulaga obuyinza bwa Katonda obuli mu nsi bwogerwako, okugeza nga omwoyo gw'omuntu ye kennyini, omuntu alyoke ave mu bubuze bw'alimu akakase obugulumivu bwa Katonda eyamutonda era omumalizi w'ebyo bye yatonda. Engeri abakafiiri b'omu Makka gye baawalagganyangamu Nabbi (s.a.w.) n'okumulimbisa, teekako engeri Katonda gye yabafuggazaamu nabyo, binnyonyolwa; ekyo ne kiraga nga etteeka lya Katonda bwe liri ery'okuzikiriza abajeemu.

Awo Essuula n'egenda mu maaso okunnyonyola ebyafaayo bya Bannabbi, n'etandikira ku Nabbi Ibrahiimu n'engeri gye yalwanyisaamu okusinza ebitali Katonda n'ezzaako Nabbi Luutu n'engeri gye yalwanyisaamu ebikolwa eby'ekivve ebitali bya mu butonde, Nabbi Nuuhu n'engeri gye yalwanyisaamu obutakkiriza; Nabbi Dauda ne Sulayimani n'engeri gye baalwanyisaamu obutenkanya n'obutamanya, Nabbi Ayubu anyumizibwako n'okulaga omugaso gw'obugumiikiriza n'Obuvumu. Mu ngeri y'emu Nabbi Ismaili, Ediriisa ne Zul-Kifli boogerwako olw'obugumiikiriza. Nabbi Yunusu (Zunnuun) ayogerwako n'okulaga obubi bw'obusungu obw'ettumbiizi. Era n'eyogera ku Nabbi Zakariya, Issa ne ku Nnyina Mariyamu. Ekikulu ekiragibwa kiri nti ne Bannabbi nabo baali bantu, era nga baba n'obumogo nga omuntu yenna; wabula baalwanyisa ebizibu ebya buli ngeri, okutuusa lwe baawangulanga mu nkomerero.

Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) oyo eyatumwa nga ekyokusaasira eri ebitonde byonna nabwo bwogerwako.





## ESSUULA AL-ANBIYAA (21)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 7 ne Aya 112

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Kusemberedde abantu okubalibwa kwabwe (Enkomerero), nabo nga bali mu bulagajjavu nga baawukanye.
2. Tekibajjira ekipya (kyonna) mu Kuraane okuva eri Katonda, wabula bakiwuliriza nga nabo bazannya, —
3. Migayaavu emitima gyabwe. Ne bakweka ebigambo abo abaalyazaa-maanya (nga bagamba nti): Tali oyo (Muhammadi) wabula muntu nga mmwe. Abaffe (mukkirizza) muleeterwe eddoga nga nammwe mulaba?
4. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mukama wange amanyi ekigambo (kyonna ekyogerwa) mu ggulu ne mu nsi. Naye Awulira, Amanyi.
5. Wabula (bo abakafiiri) baagambanga nti (ebyo by'atubuulira Muhammadi)

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

اقْتَرَبَ لِلنَّاسِ حِسَابُهُمْ وَهُمْ فِي غَفْلَةٍ مُّعْرِضُونَ ﴿١﴾

مَا يَأْتِيهِمْ مِنْ ذِكْرٍ مِنْ رَبِّهِمْ مُحَدَّثٍ إِلَّا اسْتَمَعُوهُ وَهُمْ يَعْبُورُونَ ﴿٢﴾

لَاهِيَةً قَالُوا بِهِمْ وَأَسْرُوا النَّجْوَى الَّذِينَ ظَلَمُوا هَلْ هَذَا إِلَّا بَشْرٌ مِثْلُكُمْ أَفَتَأْتُونَ السَّحْرَ وَأَنْتُمْ تُبْصِرُونَ ﴿٣﴾

قُلْ رَبِّي يَعْلَمُ الْقَوْلَ فِي السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٤﴾ بَلْ قَالُوا أَصْغَاتٌ أَلْحَادٌ بِإِذْنِ بَلِ

1. Enkomerero esemberedde okutuuka, kyokka ate bo abantu bali mu kulagajjala — tebafaayo kukola mirimu mirongoofu egyo egiribagasa ku lunaku olwo Olw'enkomerero, lwe baliyimirira okulamulwa mu maaso ga Katonda.

3. Abakafiiri baayogeraganyanga mu kyama wakati waabwe nga bagamba nti mazima Nabbi Muhammadi muntu nga bo, ne bagamba nti: "Mukkirizza okulogebwa olwatu nga nammwe mulaba?" — Baayogeranga batyo olw'okulowooza kwabwe nti obubaka bwa Katonda bwe yabuuliranga lyali ddogo.

5. Abakafiiri baagezaako nnyo okuyiiriza engeri esaanira endowooza zaabwe gye banaayogera ku Kuraane mu kugivumagana. Oluusi baagambanga nti yo birooto bulooto, olulala ne bagamba nti ye Muhammadi ye yagye gunjirawo, era nti ye yennyini muyiyya wa bitontone kale yagiyiiriza: n'olulala nti ye mulogo, kale ebigambo bya Kuraane ddogo bulogo. Bwe batyo bwe beekwatirizanga ku kino na kiri, era ne basaba oba kisoboka Muhammadi abaleetera ekyamagero

kulogajjana kwa birooto; (mu ngeri endala ne bagamba nti), wabula yagigunjawo bugunzi (Kuraane); (ate oluusi ne bagamba nti): Wabula ye muyimbi (yagiyiiriza). Kale atuleetere ekyamagero nga bwe baatumwa (ababaka) abaasooka.

6. Tebyakkiriza ebyalo bye twazikiriza oluberyeberye lwabwe (bano abakafiiri b'omulembe gwa Muhammadi). Abaffe (bano) bo be banakkiriza?
7. Era tetwatuma (babaka) oluberyeberye lwo wabula (baalinga) basajja, (nga ggwe Muhammadi) be twatumiranga gye bali. Mubuuze abalina okumanya bwe mubeera (nga mmwe) temumanyi.
8. Era tetwabafuula (bannabbi abaa-sooka) mibiri bubiri abatalya mmere, era tebaali ba kusigalawo lubeerera (ku nsi).
9. Oluvannyuma ne tubakakasiza endagaano (gye twabalagaanyisa ey'okutaasibwa ku bakafiiri). Kale ne tubawonya n'abo be twagala (abagoberezi baabwe) ne tuzikiriza abaaayitiriza okwonoona (abajeemu).
10. Mazima twabassiza ekitabo (Kuraane) nga kirimu ekitiibwa kyammwe. Abaffe temutegeera?
11. Bimeka bye Twasaanyawo mu byalo ebyali ebiryazaamaanyi. nate ne

اَفْتَرَاهُ بَلْ هُوَ شَاعِرٌ فَلْيَايِنَا  
بِآيَةٍ كَمَا اُرْسِلَ الْاَوَّلُونَ ⑤

مَا اَمَنْتَ قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْيَةٍ اَهْلَكْنَاهَا  
اَنَّهُمْ يُؤْمِنُونَ ①

وَمَا اَرْسَلْنَاكَ اِلَّا رَجُلًا نُوْحِي  
لِيَهُمْ نَسْأُ وَاَهْلَ الذِّكْرِ اِنْ  
كُنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ⑥

وَمَا جَعَلْنَاهُمْ جَسَدًا اِلَّا يَكُونُ  
الطَّعَامَ وَمَا كَانُوا خَالِدِينَ ⑧

ثُمَّ صَدَقْنَاهُمُ الْوَعْدَ فَاجْتَنِبْنَاهُمْ وَمَنْ  
نَسِءُوا وَاَهْلَكْنَا الْمُسْرِفِينَ ⑨

لَقَدْ اَنْزَلْنَا اِلَيْكُمْ كِتَابًا فِيهِ ذِكْرُكُمْ  
اَفَلَا تَعْقِلُونَ ⑩

وَكَمْ قَصَمْنَا مِنْ قَرْيَةٍ كَانَتْ ظَالِمَةً

okufaananako nga ebyamagero ebyaleetebwa bannabbi abaasooka abo be baasomangako mu bitabo eby'edda.

6. Wadde baaleeterwa ebyamagero ne babirabako abo abakafiiri abaasooka, tebakkiriza butuufu bwa bannabbi baabwe: Bano ab'omulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) be baalisobode okukkiriza ne bwe bandibirabyeko?

7. Wano Katonda yaddamu ng'ategeeza nga bannabbi bonna baatumwa nga bwe bataali bamalayika wabula abantu. Abantu b'omu Makka bwe baba tebamanyi ekyo babuuze abamanyi Tauraati n'Enjili. Bajja kubategeeza nga ababaka bonna Katonda be yatuma, nga bwe baali abantu sso ssi bamalayika.

tusibulawo oluvannyuma lwabyo ebibiina (by'abantu) abalala?

12. Bwe baamala okutegeera (okujja) kw'ebibonyobonyo Byaffe okugenda okulaba bo nga badduka!

13. Wabula baagambibwa nti: Temudduka, muddeyo eri ebyo bye mubadde mweyagaliramu era (muddeyo) ne mu mayumba gammwe, kyadaaki munaabuuzibwa.

14. Ne bagamba (nga bayaziirana) nti: Zitusanze ffe! Mazima ffe twali balyazaamaanyi.

15. Tekwakomaawo okwo okuwanjaga kwabwe okutuusa lwe Twabafuula (ng'omusiri) ogukunguddwa, abazikidde (abafudde).

16. Tetwatonda ggulu na nsi n'ebyo ebiri wakati wa byombi nga abazannya.

17. Singa twayagala okussaawo eky'o-muzannyo, twandikitaddewo okuva gye Tuli — singa twali ba kukikola.

18. Wabula tukasukira obulimba amazima ne gabuggyawo, ogenda oku-

وَأَنْشَأْنَا بَعْدَهَا قَوْمًا آخَرِينَ ⑪

فَلَمَّا أَحْسَبُوا أَنَّ بَاسَنَا إِذَا هُمْ مِنْهَا  
يَرْكُضُونَ ⑫

لَا تَرْكُضُوا وَأَرْجِعُوا إِلَىٰ مَا  
أَنْتُمْ فِيهِ وَمَسَكِنِكُمْ لَعَلَّكُمْ  
تَسْأَلُونَ ⑬

قَالُوا يَا بُولِيسَ إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ⑭

فَمَارَ لَتَ تِلْكَ دَعْوَاهُمْ حَتَّىٰ جَعَلَهُمْ  
حَصِيدًا خَامِدِينَ ⑮

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَاءَ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا  
لِعَيْنٍ ⑯

لَوْ أَرَدْنَا أَنْ نَتَّخِذَ لَهُمْ آيَةً مِنْ  
سَمَاءٍ لَفَعَلْنَا ⑰

بَلْ نَقْذِفُ بِالْحَقِّ عَلَى الْبَاطِلِ

12. Abonoonyi baalagajjalira okukkiriza obubaka nga bakyalina eddembe — ekikolwa ekya-ndibawonyezza, wabula oluvannyuma olwakakasa nti ebibonyobonyo bya kubajjira, olwo ne babuna emiwabo nga badduka okuva mu mayumba gaabwe.

13. Baagambibwa baddeyo beegazaanyize mu mayumba gaabwe ne mu by'okwejalabya byabwe, oluvannyuma balibuuzibwa mu maaso ga Katonda, engeri gye baabikozesanga. Ekya kyali kya kubakudaalira sso nga baali tebasobola kuddayo.

14. Balyejjusa mu kiscera nga tekukyabagasa okwejjusa — kubanga baliba beeryazaamaanya dda emyoyo gyabwe olw'obutakkiriza n'okukola ebibi.

15. Balibeera basirifu, abafudde ng'omuliro oguzikidde.

16. Mu kitundu kino Katonda yategeeza nga bwe yatonda ebitonde byonna mu mazima n'obwenkanya era alyoke asasule abakozi b'obulungi empeera zaabwe, era abonereze abakozi b'ebibi olw'ebikolwa byabwe ebibi.

17. Buli Katonda kye yatonda ne ky'akola byonna bya makulu tewali kya muzannyo

18. Katonda annyonyola amazima okutuusa lwe gamalawo ebyo ebitali bituufu — ne bisaanawo.

laba nga bwo buweddwo. Era mulina ebibonyobonyo olw'ebyo bye mwogera (ku Katonda eby'obulimba).

19. Babe abo bonna abali mu ggulu ne mu nsi. N'abo (bamalayika) abali w'ali tebeekuluntaza ku kumusinza (Katonda); era tebazitowererwa (kumuweceza);
20. Batendereza (Katonda) ekiro n'emisana; tebakoowa.
21. Abaffe beeteereddewo bakatonda mu nsi, abo abasobola (okuzuukiza abafu)?
22. Singa mwalimu mu byombiriri (Eggulu n'ensi) bakatonda (abalala) okuggyako Katonda Omutonzi, byandyoonese byombiriri, ayawulwa Katonda, Nnannyini *Arushi* kw'ebyo bye bamwogerako!
23. Tabuuzibwa (Katonda) kw'ekyo ky'akola, (sso nga) bo abantu babuuzibwa kw'ebyo bye bakola.
24. Oba bateekawo bakatonda abatali Ye (Omutonzi)? Bagambe nti: Muleete obujulizi bwammwe (obukakasa obwakatonda bwabwe). Kuno kwe kutegeeza (okuwa mu) abo abali nange (Abakkiriza) era kwe kutegeeza (okuwa

فَبَدَّ مَعَهُ فَأَذْهَبْنَا هُزَاهُنَّ وَوَلَّكُمُ  
الْوَيْلُ وَمَتَّاتِصِفُونَ ﴿١٨﴾

وَلَهُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَنْ  
عِنْدَهُ لَا يَسْتَكْبِرُونَ عَنْ عِبَادَتِهِ  
وَلَا يَسْتَحْسِبُونَ ﴿١٩﴾

يَسْخَرُونَ النَّاسَ وَالنَّاسُ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٢٠﴾  
أَمْ آتَّخَذُوا إِلَهًا مِّنَ الْأَرْضِ هُمْ  
يُنشِرُونَ ﴿٢١﴾

لَوْ كَانَ فِيهِمَا آلُ اللَّهِ فَسَدَّ نَارًا  
نَسُبْحَنَ اللَّهِ رَبِّ الْعَرْشِ عَمَّا  
يَصِفُونَ ﴿٢٢﴾

لَا يَسْأَلُ عَمَّا يَفْعَلُ وَهُمْ يُسْأَلُونَ ﴿٢٣﴾

أَمْ آتَّخَذُوا مِن دُونِهِ إِلَهًا قُلْ  
هَآئِنَا بُرْهَانُكُمْ هَذَا إِذْ ذُكِرَ مِّن  
مَّجَى وَذُكِرَ مِّن قَبْلِ طَبْلِ أَكْثَرَهُمْ

Okubonaabona kw'abakafiiri olw'okugatta ku Katonda bakatonda abalala ne babasinza era ne bamwogerako eby'obulimba nti alina omwana, nti era alina ne bawala be. Nga Abakristaayo bwe bagamba nti Yesu mwana wa Katonda ate abatakkiriza abaali mu Makka baagambanga nti bamalayika bawala Be.

21. Bayinza batya okugunjawo bakatonda abo abatasobola kulamura kintu kyonna sso nga ye Katonda Omutonzi y'alamusa n'ekiba kifudde?

23. Katonda buli ky'akola kya mazima, era ge mazima. Ebitonde byonna bivunaanyizibwa eri Ye, era byesigamye ku Ye.

24. Kuno kubuulirira kuwa mu Kuraane n'olw'ekyo Abasiraamu ne bannabbi bonna ab'olube-ryeberye lwa Muhammad nabo bwe bagamba.

Ebitabo byonna ehyasooka byawukana kw'ebyo abakafiiri bye bagambamu nti waliyo bakatonda abalala atali Oyo Omutonzi. Na buli nabbi yenna yabuuliranga abantu nga Katonda bw'ali Omu era yabalagiranga bamusinze awatali kumugattako kintu kirala kyonna. Wabula bo abatakkiriza okubuulira okwo okw'amazima bakwawukanako ne beeteerawo bakatonda ab'obulimba.

mu) abo (bannabbi) ab'oluberyeberyewange, wabula abasinga obungi mu bo tebamanyi mazima, (n'olw'ekyo) nabo bagaawukanako.

25. (Sso nga) tetwatuma oluberyeberyewo mubaka yenna wabula (nga) Tumutumira (tugamba) nga mazima bwe watali Katonda (mulala) wabula Nze Nzekka, kale munsinze (nga) munjawula mu Bwakatonda — temungattako mulala).
26. Ne bagamba (abatakkiriza) nti: Katonda Omusaasizi yeeteerawo omwana. Ayawulwa (kw'ebyo bye bamwogerako)! (Talina mwana) wabula (abo be bamuzaazisa bamalayika) baddu abagulumizibwa.
27. Tebamukulembere na kigambo (Kye kyonna), (wabula) nabo bakolera ku kiragiro Kye.
28. Katonda amanyi ebyo ebiri mu maaso gaabwe (abo Bamalayika) n'ebyo ebiri emabega waabwe, era tebaliwolereza (muntu yenna) wabula oyo (Ye Katonda) gw'alisiima, nabo mu kumutya balumwa (olw'ekitiibwa Kye).
29. N'oyo agamba mu bo nti: Mazima nze ndi katonda atali Ye (Katonda Omutonzi), oyo tulimusasula omuliro (Jahannama). Bwe tutyo bwe Tusasula abalyazaamaanyi.

لَا يَعْلَمُونَ الْحَقَّ فَهُمْ مُعْرِضُونَ ﴿١٧﴾

وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا نُوحِي إِلَيْهِ آتَاكَ لِذِكْرِ اللَّهِ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُونِ ﴿٢٥﴾

وَقَالُوا اتَّخَذَ الرَّحْمَنُ وَلَدًا سُبْحٰنَهُ بَلْ عِبَادٌ مُّكْرَمُونَ ﴿٢٦﴾

لَا يَسْبِقُونَهُ بِالْقَوْلِ وَهُمْ بِأَمْرِهِ يَعْمَلُونَ ﴿٢٧﴾

يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يَشْفَعُونَ إِلَّا لِمَنْ ارْتَضَىٰ وَهُمْ مِنْ خَشْيَتِهِ مُشْفِقُونَ ﴿٢٨﴾

وَمَنْ يَقُلْ مِنْهُمْ إِنِّي إِلَهٌ مِنْ دُونِهِ فَلِنُحْزِنِي بِهِمْ كَذَلِكَ نَحْزِي الظَّالِمِينَ ﴿٢٩﴾

26. Aya eno ewakanya abo abagamba nti bamalayika bawala ba Katonda — nga abakafiiri Abakuraishi bwe baagambanga. Era ewakanya n'abo abagamba nti Issa mwana We era n'abo abagamba nti Uzairu mwana We — Tewali n'omu ku bo mwana wa Katonda wabula baddu Be buddu ab'ebitiibwa.

27. Tebalina kyonna kye boogera okuggyako nga amaze okubalagira bakyogere, mu ngeri y'emu n'ebikolwa byabwe bwe biri.

29. Buli yenna ayeeyita katonda, eyo y'empeera ye. Naye abo bamalayika baddu ba Katonda tebasobola kweyita bakatonda, oba okweyita abaana ba Katonda.

30. Abaffe, tebalaba abo abaakaafuwala nga mazima eggulu n'ensi byali kitole, ne Tubiwumbulula, ne tuteekawo nga Tuggya mu mazzi buli kintu ekiramu? Abaffe tebakkiriza?

أَوَلَمْ يَرِ الَّذِينَ كَفَرُوا أَنَّ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضَ كَانَتَا رَتْقًا فَفَتَقْنَاهُمَا وَ  
جَعَلْنَا مِنَ الْمَاءِ كُلَّ شَيْءٍ حَيٍّ أَفَلَا  
يُؤْمِنُونَ ﴿٣٠﴾

31. Ne tuteeka mu nsi ensozi (ennywevu): ereme okuyuuga nabo, ne tuteeka mu yo emyagaanya n'amakubo oba olyawo ne balunngama.

وَجَعَلْنَا فِي الْأَرْضِ رَوَاسِيَ أَنْ يَقْبَلَهُمُ  
وَجَعَلْنَا فِيهَا نَجَارًا سُبُلًا لَعَلَّهُمْ يَهْتَدُونَ ﴿٣١﴾

32. Ne tufuula eggulu nga kasolya aka-kuumwa, (wabula) nabo (abakaafiiri) ku bubonero bwabyo babwawukanako.

وَجَعَلْنَا السَّمَاءَ سَقْفًا مَحْفُوظًا وَهُمْ  
عَنِ آيَاتِهَا مُعْرَضُونَ ﴿٣٢﴾

33. Era Y'oyo eyatonda ekiro n'emisana, n'enjuba n'omwezi. Buli kimu kye-tooloolera mu kifo kyakyo.

وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ وَالشَّمْسَ  
وَالْقَمَرَ كُلٌّ فِي فَلَكٍ يَسْبَحُونَ ﴿٣٣﴾

34. Tetuteerangawo ku muntu yenna okubeera omulamu obugenderewu mw'abo ab'oluberyeberye lwo. Abaffe, bw'onooba nga ggwe ofudde, olwo bo be b'okusigalawo obugenderewu?

وَمَا جَعَلْنَا آلِبَنِي إِدْرِيسَ قَبْلَكَ الْخُلْدَ أَفَلَا يَرِ  
مَنْ قَوْمَهُمْ الْخُلْدُونَ ﴿٣٤﴾

35. Buli mwoyo gwa kukomba ku kufa era tubagezesa (n'okubatuusaako)

كُلُّ نَفْسٍ ذَائِقَةُ الْمَوْتِ وَنَبَّؤُكُمْ

30. Mu kusooka eggulu n'ensi byali byegasse wamu, Katonda n'abyawulayawulamu oluwannyuma. — n'akola eggulu musanvu n'ensi musanvu, n'afuula amazzi okuba nga y'ensibuko ya buli kiramu.

31. Katonda yassaawo emyagaanya wakati mu nsozi, abantu basobole okukolamu amakubo mwe bayita okuva mu kitundu ky'ensi ekimu okulaga mu kirala.

32. Abakafiiri tebalowooza ngeri Katonda gye yakolamu byewuunyo nga eggulu — kubanga obugazi n'obusitufu bwalyo n'ebyo byonna bye likunngaanya byewuunyisa ne biraga obuyinza bwa Katonda n'okubaawo Kwe.

33. Enjuba n'omwezi byetooloolera mu kifo kyabyo; omwezi gwetooloola ensi mu bwe-ngula bwa Lugaba Nnamugereka mu bbanga lya mwezi gumu. Ate yo ensi ne yeetooloola enjuba omulundi gumu okumala omwaka mulamba.

34. Tewali kitonde kyonna kya kusigalawo kuno ku nsi. Kale oba ne Nabbi Muhammadi yafa, olwo bo abakafiiri abagaana okuk kiriza bayinza batya okubeera ku nsi emirembe gyonna ne batafa, era lwaki tebeeteekerateekera kufa ne bakola emirimu emirungi?

35. Omuntu bw'afa, omwoyo gwe gwo tegufa wabula omubiri gwe guba gufudde. Kyokka olw'okubanga omwoyo gwawukana ku mubiri ku ssaawa y'okufa, kale guba gukombye ku kufa.

Katonda kuno ku nsi atugezesa n'obuzibu, n'obubenje alabe oba tuli bagumiikiriza, era atugezesa n'ebiyenga alabe oba twebaza.

obubi n'obulungi, nga kigezo. Ne gye Tuli gye mulidda.

36. Bwe baba nga bakulabye abo abaa-kaafuwala, tebakufuula wabula eky'okujeeja, (nga bagamba nti): Ono y'oyo ayogera ku bakatonda bammwe? Nga nabo bawakanya okwogera ku Katonda Omusaasizi.
37. Omuntu yatondebwa mu kwanguyiriza. Nja kubalaga obubonero Bwange, naye temwanguyiriza (kumpeeka kubaletera bibonerezo).
38. (Abakafiiri) ne bagamba nti: Ddi (lw'eneetuuka) eno endagaano (y'okutuzikiriza) bwe muba nga mwogera mazima?
39. Singa bamanyi abo abaaakaafuwala (obukakali bw'ebibonerezo ebiribakwata) mu kiseera mwe batalisobolera kuziyiza muliro ku maaso gaabwe wadde ku migongo gyabwe, era (nga) tebali bo ba kutaasibwa, (tebandyogedde batyo)!
40. Wabula biribajjira kibwatukira ne bibasamaaliriza ne batasobola kubizzaayo, era ssi ba kulindirizibwa.

بِالشَّرِّ وَالْحَيْرِ فِتْنَةً وَاللَّيْنَةَ نُرْجِعُونَ ﴿٣٦﴾

وَأَذَانُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَإِنْ  
يَتَّبِعُوا نَفْسَ الْهَوَىٰ أَطْهَرًا  
يَذْكُرُ الْهَيْبَةَ وَهُمْ يَدْرُؤُا  
الْحَمْنَ هُمْ كَفَرُونَ ﴿٣٧﴾

خُلِقَ الْإِنْسَانُ مِنْ عَجَلٍ  
سَأُورِيكُمْ آيَاتِي فَلَا تَسْتَعْجِلُونِ ﴿٣٨﴾

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَذَا الْوَعْدُ إِنْ كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ﴿٣٩﴾

لَوْ يَعْلَمُ الَّذِينَ كَفَرُوا حِينًا  
يَكْفُرُونَ عَنْ وُجُوهِهم  
النَّارِ وَلَا عَنْ ظُهُورِهِمْ  
وَلَا هُمْ يُبْصِرُونَ ﴿٤٠﴾

بَلْ تَأْتِيهِمْ بَغْتَةً فَتَبْهَتُهُمْ  
فَلَا يَسْتَطِيعُونَ رَدَّهَا وَلَا هُمْ يُنظِرُونَ ﴿٤١﴾

Kale ku nkomerero nga tuzze gy'Ali, alitusasula empeera zaffe nga yeegamiza ku mirimu gye tukola. Bwe giriba mirungi, alitusasula Ejjana, wabula bwe giriba emibi, atuyingize mu muliro.

36. Abakafiiri: b'omu Makka baalinga bawakanya Katonda oyo Omutonzi, Ayeeyimiridde ku kulabirira ebitonde byonna. Kale ekyo kyabatamya Nabbi (s.a.w.) olw'okubanga yavumagananga bakatonda baabwe abo: ebifaananyi, amasanamu ne balubaale — ebyo ebitalina kye bibagasa mu kantu konna oba okubaletera akabi bwe batabisinza.

37. Omuntu mu butonde bwe yatondebwa nga mwanguyiriza apapira buli kintu. Buli kyonna ky'aba alowoozezza akyaataaga kibecerecu mu kiseera w'aba akirowoolzezzaako; mu ngeri y'emu buli kyonna ekiba kimulagaanyisibwa yeetaaga kiberecu ssi nsonga ka kibe kya kabi gy'ali: okugeza nga abakafiiri bwe baalinga basaba Nabbi (s.a.w.) abaletere ebibonerezo mu bwangu, ebyo bye yali abatiisa singa bagaanye okukkiriza.

40. Tebalifuna kaagaanya ka kwetonderamu wabula bagenda kusindikibwa mu muliro ekiseera ekyo kyennyini.

41. Mazima baajeebwa ababaka (abaa-tumwa) oluberyeberye lwo, ne bikka kw'abo abaabanyoomanga okuva mw'ebyo bye baalinga babajeja.

وَلَقَدْ اسْتَهْزَيْتُمْ بِرُسُلِنا مِنْ قَبْلِكُمْ  
فَخَافَ بِاللَّيْلِ الَّذِينَ سَخَّرْنَا مِنْهُمْ مَآكِنَهُمْ

42. Bagambe nti: Ani (ayinza) okubakuuma ekiro n'emisana n'abataasa mu (bibonerezo) bya Katonda Omusaasizi? Wabula bo (abakaafiiri) baawukana ku kwogera ku Mukama waabwe.

بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٤١﴾  
قُلْ مَنْ يَكْفُرْ بِاللَّيْلِ وَالنَّهَارِ مِنَ الرَّحْمٰنِ بَلْ هُمْ عَنْ ذِكْرِ رَبِّهِمْ مُعْرِضُونَ ﴿٤٢﴾

43. Abaffe balina bakatonda ababaziyiza (mu kabi) abatali Ffe? (Bakatonda abo) tebasobola kwetaasa bo benyini (olwo bataasa batya ababasinza)? Era tebali bo (bakatonda abo) ba kukuumbwa (kwewazibwa bibonerezo biva) mu Ffe.

أَمْ لَهُمْ آلِهَةٌ تَمْنَعُهُمْ مِنْ دُونِنَا  
لَا يَسْتَكْبِرُونَ تَضَارُّوا أَنْفُسَهُمْ وَأَلْهَمُوا  
مِنَّا الْيُصْبُونَ ﴿٤٣﴾

44. Wabula Tweyagaza abo (abakafiiri) ne bakitaabwe okutuusa obuwangaazi lwe bwabawanvuyira (mu kulaba kwabwe). Abaffe tebalaba nti mazima Ffe tugenda tujjira ensi (yaabwe), nga tugikendeza mu nsonda zaayo? Abaffe bo (olwo) be b'okusinga (okuwanguka)?

بَلْ مَتَّعْنَاهُمُ لَوْلَا ذُرِّيَّتُهُمْ بِحَتَّى  
طَالَ عَلَيْهِمُ الْعَمْرُؤُ أَفَلَا يَرَوْنَ أَنَّ  
نَأْتِي الْأَرْضَ نَنْقُصُهَا مِنْ أَطْرَافِهَا  
أَفَهُمُ الْغَالِبُونَ ﴿٤٤﴾

45. Bagambe (Abantu Ggwe Muhammadi) nti: Mazima nze mbatiisa ebibonerezo

قُلْ إِنَّمَا أُنذِرُكُمْ بِالْوَحْيِ وَلَا يَسْمَعُونَ

41. Ebibonyobonyo byabakkangako abo abaajeejanga ababaka. sso nga baalinga tebasuubira nti kisoboka. Kale mu aya eno, Nabbi Muhammadi ategezeebwa nti n'abo abamujejeja mu kiseera ky'obutumwe bwe, nabo bwe bajja okuba ng'abo aboonoonyi abaasooka.

42. Tewali Katonda yenna asobola kukuuma na kulabirira bantu okuggyako Oyo Omusaasizi.

44. Aya eno yakka nga etegeeza nga Obusiraamu bwe bugenda busaasaana nga bwerawo ebitundu by'abakafiiri bye baalimu — ebyalinga byetoolodde ebbali w'ebibuga Makka ne Madina. Nabbi bwe yagenda nga aweza abagoberezi be, abo Abakkiriza. ne bayingira Obusiraamu ebitundu by'abatakkiriza yagenda ebiwangula bw'abyeddiza — kale ne kibcera nti tebasobola kuwangula ddiini ya Busiraamu oba kugiremesa.

45. Nabbi ebyo byonna bye yatuusa ku bantu nga ababuulira n'okubatiisa ebibonerezo bya Katonda; byonna bwali bubaka obwamutumibwa Katonda; kyokka bo bakiggala abeziziba amatu gaabwe tebakkiriza ebyo Nabbi bye yaleeta ng'abiggya eri Katonda, ssi nsonga wadde ka babe nga bawulira.



bya Katonda na bubaka (obuntumirwa) okuva eri Katonda. Wabula kiggala tawulira kukoowoola (ne) bwe baba nga batiisibbwa.

46. (Sso nga) bwe kiriba kibatuuseeko ekintu ekitono ennyo mu bibonyobonyo bya Mukama wo. ddala olwo baligamba nti: Zitusanze ffe! Mazima ffe twali balyazaamaanyi.
47. Tulissaawo ebipimo eby'obwenkanya ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) ne gutalyazaamaanyi-zibwa omwoyo kintu kyonna (mu mirimu gyagwo) ne bwe gulibeera (omulimu ogwo) obuzito bw'empeke ya *Haridali*, tugenda kuguleeta. Kimale okuba nga Ffe babazi (abalibala emirimu gy'abantu).
48. Mazima Twawa Musa ne Haruuna Ekitabo Ekyawula wakati w'amazima n'obulimba era nga kitangaala era nga kyakubuulira eri abatya Katonda,
49. Abo abatya Mukama waabwe awamu n'obutamulabako (era nga) nabo batya Ekiseera Eky'enkomerero.
50. Na kuno kubuulirira okw'omukisa (Kuraane) kwe twassa: Abaffe mmwe mukuwakanya?
51. Mazima Twawa Ibrahiimu okulungama kwe oluberyeberye, era Twali nga tumumanyi (bulungi).

الصُّمُّ الدُّعَاءُ إِذَا مَا يُنَادُونَ ﴿٣٥﴾

وَلَيْنُ مَسْتَهْمُ نَفْعُهُ مِّنْ عَذَابِ رَبِّكَ لَيَقُولُنَّ يَوْمَئِذٍ إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٣٦﴾

وَنَضَعُ الْمَوَازِينَ الْقِسْطَ لِيَوْمِ الْقِيَامَةِ فَلَا تُظْلَمُ نَفْسٌ شَيْئًا وَإِنْ كَانَ مِثْقَالَ حَبَّةٍ مِّنْ خَرْدَلٍ أَتَيْنَا بِهَا وَكَلِّفْنَا حَاسِبِينَ ﴿٣٧﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى وَهَارُونَ الْفُرْقَانَ وَضِيَاءً وَذِكْرَ الْمُنْتَقِينَ ﴿٣٨﴾

الَّذِينَ يَخْشَوْنَ رَبَّهُم بِالْغَيْبِ وَهُمْ مِّنَ السَّاعَةِ مُشْفِقُونَ ﴿٣٩﴾

وَهَذَا ذِكْرُ مُوسَى إِذْ أَنْزَلْنَاهُ آفَانَهُمْ لِيُذَكِّرَ لَهُمُ الْحُرُوفَ ﴿٤٠﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا إِبْرَاهِيمَ رُشْدَهُ مِن قَبْلُ وَكُنَّا بِهِ عَلِيمِينَ ﴿٤١﴾

46. Ebibonerezo bwe biriba bibatuuseeko abakafiiri, bagenda kukkiriza ddala nga bwe beeryazaamaanya emyooyo gyabwe bwe baagaana okukkiriza ebigambo bya Nabbi (s.a.w.).

47. Katonda wa kuteekawo ku Lunaku Lw'enkomerero minzaane eripima emirimu gy'abaddu Be alyoke asasule empeera z'emirimu egyo mu bujjuvu, ka gube mutono gutya okwenkana empeke ya Haridali — Haridali kimera kya ddagala lirina obuweke butono nnyo okufaananako n'obulo.

48. Katonda yawa Tauraati Musa ne Muganda we Haruuna. Mu Tauraati mulimu okunnyonyola okumatiza: okwawula wakati w'amazima n'obulimba, era n'okutegeza ebikkirizibwa n'ebitakkirizibwa. Era mulimu okulungamya abantu okubagya mu bubuze okubazza eri obulunngamu, era nga kitabo ekibuulira abatya Katonda kubanga be basobola okwegasa nakyo.

52. (Bajjukize abantu) mu kiseera bwe yagamba Kitaawe n'ekibiina kye! Biki bino ebifaananyi mmwe bye mwemaliddeko nga mubisinza?
53. Ne bagamba nti: Twasanga bakitaffe nga babisinza, (kale naffe kwe kubisinza).
54. N'agamba nti: Mazima mwali mmwe ne bakitammwe mu bubuze obweyolefu.
55. Ne bagamba nti: Otujjide na mazima, oba ggwe oli mu bazannyazannya?
56. N'agamba nti: (Nedda, sizannya) wabula Mukama wammwe ye Mufuzi w'eggulu n'ensi, Oyo ye yabitonda; nange kw'ekyo ndi wa mu bajulira (obutuufu bwakyo).
57. (Ibrahiimu) n'agamba: Ndayidde Katonda, mazima nja kusalira olukwe ebifaananyi byammwe (amasanamu) oluvannyuma lw'okubikuba amabega nga mugenze.
58. (N'agabetenta) n'agafuula obubajjibajjo (amasanamu gaabwe gonna), okuggyako ekkulu lyabwe, oba olyawo ne baddayo gye liri.
59. (Bwe badda) ne bagamba nti: Ani akoze kino ku bakatonda baffe? Mazima ye wa mu balyazaamaanyi.

إِذْ قَالَ لِرَبِّيهِ وَقَوْمِهِ مَا هَذِهِ التَّمَاتِيلُ  
الَّتِي أَنْتُمْ لَهَا عَاكِفُونَ ﴿٥٢﴾

قَالُوا وَجَدْنَا آبَاءَنَا لَهَا عَابِدِينَ ﴿٥٣﴾

قَالَ لَقَدْ كُنْتُمْ أَنْتُمْ وَآبَاؤُكُمْ  
فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٥٤﴾

قَالُوا أَجِئْتَنَا بِالْحَقِّ أَمْ أَنْتَ مِنَ اللَّاعِينَ ﴿٥٥﴾

قَالَ بَلْ رَبُّكُمْ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
الَّذِي فَطَرَهُنَّ وَأَنَا عَلَىٰ ذَلِكُمْ مِنَ  
الشَّاهِدِينَ ﴿٥٦﴾

وَتَاللَّهِ لَأَكِيدَنَّ أَصْنَامَكُمْ بَعْدَ أَنْ  
تُوَلُّوا مُدْبِرِينَ ﴿٥٧﴾

فَجَعَلَهُمْ جُنُودًا إِلاَّ كَيْدُ الرَّسُولِ لَعْنَهُمْ  
إِلَيْهِ يُرْجَعُونَ ﴿٥٨﴾

قَالُوا مَنْ فَعَلَ هَذَا بِآلِهَتِنَا إِنَّه لَمِنَ  
الظَّالِمِينَ ﴿٥٩﴾

56. Nabbi Ibrahiimu yagamba Kitaawe n'ekibiina kye nga bw'ajulira nga bwe watali Katonda mulala asinzibwa wabula Oyo yekka Omutonzi.

57. Wano abategeeza nga bw'anaasala amagezi aganaatuusa akabi ku bakatonda baabwe mu kiseera we banaaberera nga bavuddewo ne bakuba amabega amasanamu ago — nga bagenze mu nnaku zaabwe ez'amasanyu.

58. Ibrahiimu yakwata embazzi n'atematema amasanamu gonna n'alekawo eryali lisinga obunene, ekkulu Iy'amalala gonna. Mw'ekyo yagenderera nti abo abakafiiri nga bakomyewo, balyoke badde gye liri, balibuuze ayasaayasizza amalala. Bwe linaaba nga terizzeemu kibeyolekere nti terisobola, balyoke bategere nga bwe kitali kituufu okusinza ehyo ebiteesobola.

60. Ne bagamba nti: Twawulidde omuvu-buka nga aboogerako (abavumagana), ayitibwa Ibrahiimu.
61. Ne bagamba nti: Kale mumuleete (wano) mu maaso g'abantu oba olyawo (abantu) bandimuwaako obujulizi (ku lw'ekikolwa kye ekibi ekyo).
62. (Bwe yaleetebwa) ne bamugamba nti: Ggwe wakoze kino ku bakatonda baffe, Owange Ibrahiimu?
63. N'agamba nti: Wabula eyakikoze y'oyo omukulu waabwe ono. Kale mubabuuze bwe baba nga baatula.
64. Ne badda eri emyoyo gyabwe (nga baginenya), ne bagamba nti: Mazima mmwe emyoyo gyaffe mmwe balyazaamaanyi.
65. Oluvannyuma ne bakyusibwa ku mitwe gyabwe (ne baddirira obukafiiri), (ne bagamba nti): Mazima omanyi nti tebali (bakatonda) bano basobola kwatula.
66. (Ibrahiimu) n'abagamba: Musinza (ebintu) ebitali Katonda ebyo ebitabagasa kintu kyonna, era ebitabaleetera kabi?
67. Mwenyinyalwa mmwe n'ebyo bye musinza ebitali Katonda Omutonzi! Abaffe temutegeera?

قَالُوا مَعَنَا قَتَىٰ يَذْكُرُهُمْ يُقَالُ  
لَهُ اِبْرَاهِيْمُ ۝۶۰

قَالُوا فَاتُّوْبِهِ عَلٰى اَعْيُنِ النَّاسِ  
لَعَلَّهُمْ يَشْهَدُوْنَ ۝۶۱

قَالُوْا اَنْتَ فَعَلْتَ هٰذَا يَا اِهْتِنَا  
يٰ اِبْرَاهِيْمُ ۝۶۲

قَالَ بَلْ فَعَلَهُ كَبِيْرُهُمْ هٰذَا اَنْشَأُوْهُمْ  
اِنْ كَانُوْا يَنْظُرُوْنَ ۝۶۳

فَرَجَعُوْا اِلٰى اَنْفُسِهِمْ فَقَالُوْا اِنَّكُمْ  
اَنْتُمْ الظّٰلِمُوْنَ ۝۶۴

ثُمَّ لَكَسُوْا عَلٰى رُءُوْسِهِمْ لَقَدْ عَلِمْتُمْ  
مَا هٰؤُلَاءِ يَنْظُرُوْنَ ۝۶۵

قَالَ اَنْتُمْ عِبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ مَا لَكُمْ  
يَنْفَعُكُمْ شَيْئًا وَّلَا يَضُرُّكُمْ ۝۶۶ ط

اَقِيْ لَكُمْ وَّلِمَا تَعْبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ  
اللّٰهِ اَفَلَا تَعْقِلُوْنَ ۝۶۷

63. Yayagala babuuze bakatonda abo abamenyedda n'oyo asigaddewo, balyoke bakakase bo bennyini nti bifaananyi bufaananyi ebityayinza kwatula wadde kweyamba mu kabi nga ky'agenderera kwe kubanenya n'okuteekawo obujulizi obweyolefu nga bwe bitasaanira kusinzibwa kubanga galemeddwa okwogera nga gategeza oyo eyagaasayasizza. Ate olwo ngeri ki bwe gasaana okusinzibwa?

64. Baanenya emyoyo gyabwe olw'okusinza ebyo ebitasobola kwogera oba okwetaasa kw'oyo aba ayagadde okubikola akabi.

65. Oluvannyuma lw'okunenya emyoyo gyabwe n'okutegeera amazima, ate ebyo baabivaa-ko ne batandika kuwalaaza mpaka — ne babanga abatabufu b'emitwe.

66. Wano Ibrahiimu yayogera akambuwaade era nga abaddamu tafaayo ku'ekyo kinaamu-kolebwa, wabula nga afaayo ku kwolesa mazima kyokka.

67. Baali mu bubuze obweyolefu n'obukafiiri obusingayo. Nga bamaze okubulwa eky'okud-damu, baakozesa obuyinza bwabwe ne bayisa ekiragiro ky'okumwokya.

68. Ne bagamba nti: Mumwokye mube nga mutaasa bakatonda bammwe, bwe munaaba nga mukikoze (ekyo).
69. Ne Tugamba nti: Owange muliro, beera omunnyogovu, ow'emirembe ku Ibrahiimu.
70. Ne baagala okumusalira olukwe, (kyokka Ffe) ne tubafuula abafaafaa-ganiddwa.
71. Ne tumuwonya wamu ne Luutu ne tubatwala eri ensi eyo gye twasaamu emikisa ku lw'ebitonde.
72. Ne tumugabira (Ibrahiimu) omwana Ishaka. ne Yakubu nga nnyongeza (muzzukulu). Era bonna twabafuula balongoofu.
73. Ne tubafuula abakulembeze nga balungganyama ku lw'okulagira Kwaffe, ne tutumira gye bali, okukola obulungi n'okuyimirizaawo esswala n'okutoola zakka, era baali abatusinza.
74. Ne (Nabbi) Luutu twamuwa okulamula n'okumanya ne tumuwonya okumuggya (mu bantu) b'omu kyalo ekyo ekyalinga kikola ebibi. Mazima bo baali kibiina ekibi eky'abononyi.
75. Ne Tumuyingiza (oyo Luutu) mu kusaasira Kwaffe, mazima ye (yali) wa mu balongoofu.

قَالُوا حِرْقُوهُ وَالنَّصْرُ وَالْهَيْكَلُ إِن  
كُنْتُمْ فاعِلِينَ ﴿٦٨﴾

فَلَمَّا يَأْتِ الْكُوفِيُّ بَرْدًا وَسَلْمًا عَلَى  
إِبْرَاهِيمَ ﴿٦٩﴾

وَأَرَادُوا بِهِ كَيْدًا فَجَعَلْنَاهُمُ الْآخِضِينَ ﴿٧٠﴾

وَبَحَّيْنَاهُ وَلَوْطًا إِلَى الْأَرْضِ الَّتِي  
بَرَكْنَا فِيهَا لِلْعَالَمِينَ ﴿٧١﴾

وَوَهَبْنَا لَهُ إِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ نَافِلَةً  
وَكُلًّا جَعَلْنَا صَالِحِينَ ﴿٧٢﴾

وَجَعَلْنَاهُمْ آيَةً يُهَدَىٰ وَأُتْرَاو  
أَوْحَيْنَا إِلَيْهِمْ فِعْلَ الْخَيْرَاتِ وَإِقَامَ

الصَّلَاةِ وَإِيتَاءَ الزَّكَاةِ وَكَانُوا  
لَنَا عِبْدِينَ ﴿٧٣﴾

وَلَوْطًا آتَيْنَاهُ حُكْمًا وَعِلْمًا وَبَحَّيْنَاهُ  
مِنَ الْقَرْيَةِ الَّتِي كَانَتْ تَعْمَلُ الْكَبِيرَ

إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا سَوِيًّا فَسَقِينَ ﴿٧٤﴾  
وَأَدْخَلْنَاهُ فِي رَحْمَتِنَا إِنَّهُ مِنَ

الصَّالِحِينَ ﴿٧٥﴾

68. Baalwanirira bakatonda baabwe abo be baakakasa nti tebasobola kwerewanirira olw'okubanga ekyo kye baayogera kiraga nti bakatonda abo beetaaga okutaasibwa, nga kw'otadde n'abo ababasinza.

Awo nga baakamusuula mu muliro, Katonda yadduukirira Ibrahiimu n'amuwonya olukwe lwabwe, omuliro n'agufuula omunyogovu ne gutamwoyako n'akatono.

71. Katonda ng'amaze okuwonya Ibrahiimu mu muliro gwe baali bamusuddemu yamulagira abasenguke agende e Shaamu nga ali wamu ne Nabbi Luutu.

76. (Bajjukize) ne (Nabbi) Nuuhu mu kiseera bwe yakoowoola oluberyebery (nga atuwanjagira) ne tumwanukula ne tumuwonya (wamu) n'abantu be mu nnaku empitirivu.

وَوَحَّاۗا۟ اِذْ نَادٰۤى مِنْ قَبْلِ وَاَسْتَجَبْنَا  
لَهٗ فَنَجَّيْنَاهُ وَاَهْلَهٗ مِنَ الْكُرْبِ  
الْعَظِيْمِ ﴿٤٧﴾

77. Ne tumutaasa ku kibiina ky'abo abaalimbisa obubonero Bwaffe. Mazima bo baali kibiina kibi kale ne tubasaanyaawo bonna (mu mujuzo).

وَنَصَرْنَاهُ مِنَ الْقَوْمِ الَّذِيْنَ كَذَّبُوْا بِآيٰتِنَا  
اِنَّهُمْ كَانُوْۤا قَوْمٌ سُوْۤءًا فَعَرَفْنٰهُمْ  
اَجْمَعِيْنَ ﴿٤٨﴾

78. (Babuulire ebyafaayo) bya (Bannabbi) Dauda ne Sulayimani, mu kiseera bwe baalamula bombi mu (musango ogwali gukwata) ku nnimiro mu kiseera embuzi z'ekibiina bwe zeerundira ekiro mu yo (ne zirya ebisimbe by'abantu); era twali ku kulamula kwabwe nga weetuli abajulizi.

وَدَاوُدَ وَسُلَيْمٰنَ اِذْ يُحْكَمْنَ فِي  
الْحَرْثِ اِذْ نَفَسْتُمْ فِيْهِ عَمَّ الْقَوٰمِ  
وَلَمَّا اَخْرَجْنٰهُمْ مِنْ شٰرِدِيْنَ ﴿٤٩﴾

79. Ne tumuyigiriza Sulaimani (okutegeera omusango ogwo okusinga mukadde we Daudi): na buli omu twamuwa okulamula n'okumanya. Era ne tugonza ensozi n'ennyonyi nga ziri wamu ne Dauda. Nga zitendera ebitendo (bya Katonda) era (Ffe) twali abaakikola (ekyo).

فَقَهَّمْنٰهَا سُلَيْمٰنَ وَاَكْلًا اَتَيْنَا حٰمًا  
وَعِلْمًا وَسَخَّرْنَا مَعَ دَاوُدَ الْجِبَالَ  
يَسْرِحْنَ وَالطَّيْرَ وَكُنَّا فَاعِلِيْنَ ﴿٤٩﴾

80. Ne tumuyigiriza (Dauda) okubakolera ebyambalo byammwe (eby'ebuyuma mubyerinze) biryoke bibakuume mu

وَعَلَّمْنَاهُ صَعَةَ بُرُوسٍ لَّا كَمُ الْعَصْنَمِ

77. Katonda yayanukula okusaba kwa Nabbi Nuuhu, bwe yamuwanjagira azikirize abantu b'ekibiina kye olw'okumulimbisa n'okumubonyabonya. Abaawonyezebwa naye bokka be bo abamuukiriza.

79. Omusango ogwo ogwali gufa ku nnimiro gwali bwe guti: Embuzi z'omulunzi zaakutula ekiro ne zigenda zirya butaala mu nnimiro y'omulimi. Omulimi yawawaabira omulunzi oyo eri Nabbi Dauda. Dauda n'asalira omulunzi omusango okumusinga era n'alagira omulimi atwale embuzi z'omulunzi. Omulunzi bwe yannyonyolamu Nabbi Sulayimani — ye Sulaimani n'alaba nga si kituufu, kale kwe kutegeeza kitaawe Dauda nti ekituufu ye omulimi kwe kutwala embuzi z'omulunzi okumala ebbanga, afunemu amagoba mu zo gabe nga gasasula okufirwa omulimi kwe yafirwa mu bimera bye. Ate ye Omulunzi yali wa kutwala ennimiro y'omulimi agijjanjabe okutuusa lw'eriddawo olwo agiddize nnyinyi ye yeddize embuzi ze. Dauda yakkiriza nga Sulaimani bwe yali alamudde obulungi era n'obwenkanya.

80. Dauda yavumbula okuluka ebyambalo eby'ebuyuma bisobole okubayamba mu kwekuuma emibiri gyabwe obutafuna biwundu, mu biseera by'entalo.

Okwo yagattako okumanya ensonga Katonda kwe yamuwa, oteekeko n'okumanya Zabburi.

ntalozammwe. Abaffe mmwe mweb-  
aza (kw'ekyo kye yakola)?

81. Era yalina Sulayimani(okugondezwa)  
empewo ezikunnguunta. Nga zidduka  
ku lw'ekiragiro kye eri ensi eyo gye  
twateckamu emikisa (Shaamu): era  
twali abamanyi buli kintu.

82. (Twamugondeza) ne mu bamu ku ba-  
sitaane (nga) mulimu abo ababbira ku-  
lulwe (mu nnyanja) ne bakola emiri-  
mu egitali ogwo, era twali ababakuuma.

83. Era (jjukira) n'ekyafaayo (kya Nnbbi)  
Ayubu, mu kiscera bwe yakoowoola  
Mukama we (ng'amusaba): Mazima  
nze ntuukiddwako obuzibu, Naawe  
(Katonda) Ggwe Musaasizi okusinga  
abasaasizi bonna.

84. Netumwanukula(okukoowoola kwe)  
ne tumuggyako obuzibu obwo obwa-  
muliko, ne tumuwa abantu be (be yali  
afiiriddwa) n'ennyongeza eyenkana-  
nkana nabo, ku lw'okusaasira okwa-  
va gye Tuli, era (ekyo ne tukifuula)  
eky'okubuulira eri abasinza Katonda.

85. (Jjukira) n'ekyafaayo kya (Nabbi)  
Ismaili ne Idiriisa ne (Nabbi) Zul Kifli

مِنْ بَأْسِكُمْ فَهَلْ أَنْتُمْ شَاكِرُونَ ﴿٨٠﴾

وَأَسْلِمْنَا مِنَ الرَّيْحِ عَاصِفَةً تَجْرِي بِأَمْرِ  
إِلَى الرِّضِ الَّتِي بَرَكْنَا فِيهَا وَكُنَّا  
بِحُجْلِ شَيْءٍ عَلِيمِينَ ﴿٨١﴾

وَمِنَ الشَّيْطَانِ مَنْ يَغْوُونَ لَهُ  
وَيَعْمَلُونَ عَمَلًا دُونَ ذَلِكَ وَكُنَّا  
لَهُمْ حَافِظِينَ ﴿٨٢﴾

وَأَيُّوبَ إِذْ نَادَى رَبَّهُ أَنِّي مَسَّنِيَ  
الضَّرُّ وَأَنْتَ أَرْحَمُ الرَّحِيمِينَ ﴿٨٣﴾

فَأَسْتَجِبْنَا لَهُ فَكَشَفْنَا مَا بِهِ مِنْ  
ضُرِّهِ وَأَتَيْنَاهُ أَهْلَهُ وَمِثْلَهُمْ مَعَهُمْ  
رَحْمَةً مِنْ عِنْدِنَا وَذَكَرَى  
لِلْعَالَمِينَ ﴿٨٤﴾

وَأِسْمَاعِيلَ وَإِدْرِيسَ وَذَا الْكِفْلِ

81. Nabbi Sulaimani Katonda yamugondeza empewo ezik unnguunta. Yaziragiranga ne zidduka nga bw'ayagala.

Mu ebyo byonna bye yamanya, Katonda yabimumanyisa bimwongere okumutya.

82. Katonda yagondeza Nabbi Sulaimani sitaane n'amageege okubeera nga gabbira mu buziba bw'ennyanja ne gamuggyirayo amayingja ag'emiwendo, era ne gamukolera emirirumu emirala ng'okuzimba n'ebirala.

83. Akabi akaatuuka ku Nabbi Ayubu kwe kulwala omubiri gwe gwoma ne gujjula amabwa n'awunya, n'emmaali ye n'emuggwaako n'abaana be bonna ne bamufaako. Abantu bonna baamudduka ne bagamba nti yali atyo lwa bwonoonyi. Ataamudduka yali mukyala we yekka.

84. Katonda yamuddizaawo abaana be abaafa n'ayongerwako n'abalala abenkana nga bo wamu n'abazukulu. Era n'emikwano gyonna egyali gimudduse gyamuddira. Emmaali ye eyali efaafaaganye yayongerzeb-wamu emirundi ebiri.

Ekyo Katonda akikolera abo abasobola okugumiikiriza mu buzibu obuha bubatuuseeko, ne bamusinza.

— bonna babalibwa mu bagumiiki-riza;

86. Netubayingiza mu kusaasira Kwaffe. Mazima bo babalibwa mu balongo-ofu.

87. (Jjukira n'ekyafaayo) kya Nnannyini kyennyanya (Zun-Nuun — Nabbi Yunusu), mu kiseera bwe yagenda nga musunguwavu n'alowooza nti tetujja kumubonereza (olw'okulekera ogwamutumwa nga tetumukkiri-zza, naye oluvannyuma bwe yamiribwa ekyennyanya) n'akoowoola ng'ali mu bizikiza, n'agamba nti: Tewali Katonda asinzibwa wabula Ggwe: Oyawulwa Ggwe! Mazima nze nali mu balyazaamaanyi (aberyazaamaanya bokka).

88. Kale ne tumwanukula ne tumuwonya mu kweraliikirira (n'ennaku bye yalimu). Era bwe kityo bwe tuwonya abakkiriza.

89. (Jjukira n'ekyafaayo) kya (Nabbi Zakariya, mu kiseera bwe yakoowoola Mukama we (ng'agamba): Mukama wange! Tondeka obwaggere (atalina mwana), naawe Ggwe Mulungi okusinga abasika bonna.

90. Kale ne tumwanukula (okusaba kwe) ne tumuwa Yahaya, ne tumulongooseza mukyala we (cyali omugumba-ate omukadde n'asobola okufuna olubuto). Mazima bo baalinga banguyira mu kukola ebirungi, nga batu-

كُلِّمْنَا مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٥٧﴾

وَأَدْخَلْنَاهُمْ فِي رَحْمَتِنَا إِنَّهُمْ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٥٨﴾

وَذَا التُّورِ إِذْ ذَهَبَ مُغَاضِبًا ظَنَّ أَنْ لَنْ نَقْدِرَ عَلَيْهِ فَنَادَى فِي الظُّلُمَاتِ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ سُبْحَانَكَ إِنِّي كُنْتُ مِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٥٩﴾

فَأَسْتَجِبْنَا لَهُ وَوَجَّيْنَاهُ مِنَ الْغَمِّ وَكَذَلِكَ نُبْغِي الْمُؤْمِنِينَ ﴿٦٠﴾

وَرَكَّرْنَا إِذْ نَادَى رَبَّهُ لَأَتَدْرِي فَرْدًا وَأَنْتَ خَيْرُ الْوَارِثِينَ ﴿٦١﴾

فَأَسْتَجِبْنَا لَهُ وَوَهَبْنَا لَهُ يَحْيَى وَأَصْحَابًا لَهُ زَوْجَةً إِنَّهُمْ كَانُوا يُسْرِعُونَ فِي الْخَيْرَاتِ وَيَدْعُونَنَا

87. Nabbi Yunusu ayitibwa Nnannyini kyennyanya kubanga yamiribwa ekyennyanya. Nabbi Yunusu (emirembe gibe ku ye) Katonda yamutumwa eri abantu b'ekyalo ekimu n'abayita okudda eri okukkiri-za Katonda, ne bagaana nga balemmedde ku bukaafiiri bwabwe. Yunusu yabaviira nga musunguwavu n'alinyira eryato oluvannyuma n'asuulibwa mu nnyanya abalunnyanya. Ekyennyanya ne kimumira. Ng'ali mu kizikiza munda waakyo yakoowoola Katonda we, n'amwanukula. Ekyennyanya kyamuwandula ku lukalu, oluvannyuma yatuukiriza obubaka bwe n'awangula.

89. Kubanga buli kitonde kya kudde eri Katonda, kale Zakariya kwe kugamba nga Katonda bw'asinga okuba omulungi okusinga basika kubanga Ye y'alisigalawo oluvannyuma lw'ebitonde byonna okugwaawo.

saba mu kwagala ne mu kutya, era baalinga batugondera.

91. (Jjukira n'ekyafaayo) ky'oyo (Mariyamu) ayakuuma obwereere bwe, (kale) ne tumufuuwamu omwoyo Gwaffe ne tumufuula (ye) n'omwana we (Issa) akabonero eri ebitonde byonna.
92. (Twabagamba bonna abo): Mazima kino ekibiina kyammwe, kibiina kimu, Nange Nze Mukama wammwe, kale munsinze.
93. Ne beekutulakutulamu mu kigambo kyabwe (Eddiini) wakati waabwe, (sso nga) bonna ba kudda gye Tuli.
94. N'omuntu akola emirimu emirongoofu nga naye mukkiriza tewali kwonoona mpeera ye. Era mazima Ffe tumuwandiikira (emirimu gye gyonna).
95. Kizira ku bantu b'ekyalo (kyonna) kye twazikiriza (okudda kuno ku nsi): Mazima bo si ba kudda,
96. Okutuusa lwe baliba nga bagguli ddwawo Ba-Ajuuja ne Ba-Majuuja, nabo nga basowoka (okuva) mu buli

رَعْبًا وَرَهْبًا وَكَأُولَئِكَ خَشِعِينَ ﴿٩١﴾

وَالَّتِي أَحْصَدَتْ فَرْجَهَا أَنْ تَفْتَنَّا فِيهَا  
مِنْ رُوحِنَا وَجَعَلْنَاهَا وَإِبْنَاهَا آيَةً  
لِّلْعَالَمِينَ ﴿٩١﴾

إِنَّ هَذِهِ أُمَّتُكُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً وَأَنَا  
رَبُّكُمْ فَاعْبُدُونِ ﴿٩٢﴾

وَتَقَطَّعُوا أَمْرَهُمْ بَيْنَهُمْ كُلًّا إِلَيْنَا  
رُجْعُونَ ﴿٩٢﴾

فَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ وَهُوَ مُؤْمِنٌ  
فَلَئِنْ لَقِينَا لَسَعِيبَةً وَإِنَّا لَهُ كَابِتُونَ ﴿٩٣﴾

وَحَرَامٌ عَلَيْنَا أَوْلَادُهُمْ لَئِنْ  
رُجِعُوا لَيَرْجِعُونَ ﴿٩٤﴾

حَتَّىٰ إِذَا فُتِحَتْ يَا حُجْرٍ وَمَا حُجْرٌ

92. Aya cno etegeeza nti abo bonna aboogeddwako, abalinga abawecreza ba Katonda abalongoofu, baatumibwanga obubaka n'okugambibwa nga eddiini gye baabuulira bw'eri emu, eyo ababaka bonna gye baja nayo — Nayo y'eddiini eyawula Katonda, obutamugatta na kintu kirala kyonna.

Bannaddiini bonna balagirwa bagambe abantu basinze Katonda Oyo Omutonzi, awatali kumugattako kintu kirala.

93. Abantu abatumirwanga bannabbi baayawukananga mu ddiini ne beekutulamu ebibiinabiiina: Abamu bakkiriza bannabbi abalala ne babalimbisa. Okugeza nga Abasiraamu, Abayudaaya, Abakristaayo n'abasinza balubaal.

94. Buli yenna anakiriza Kalonda n'amwawula, era n'akola cbyo Katonda by'ayagala — Katonda wa kumusasula empeera z'emirimu gye awatali kumulyazaamaanya, era buli ky'akola Katonda alagira bamalayika okukiwandiika.

Kale wano kitegereceka nti okukkiriza tekigasa awatali kukola mirimu mirungi, era n'emirimu gyokka awatali kukkiriza tekigasa. N'olw'ekyo omugaso gwa buli kimu guyimiridde ku kinnaakyo. Kyova olaba bulijjo nga Kuraane egatta wakati wa byombiriri mu bitundu bingi.

95. Tewali n'omu mu abo Katonda be yazikiriza wa kudda kuno ku nsi nga Olunaku Lw'oluwanyuma terunnatuuka.

96. Ba-Ajuuja ne Ba-Majuuja byali bika bya bantu bibiri, Zul-Karnaini be yasibira emabega



kasonda (olwo ckiyama kiriba kitu-use);

97. Olwo endagaano ey'amazima n'ese-  
sembera (Olunaku Lw'okuzuukira);  
okugenda okulaba nga amaaso g'abo  
abaakaafuwala galalambadde (ol-  
w'ensisi). (Nga bagamba nti): Zitu-  
sanze ffe! Mazima twali mu kugayaa-  
lira kino. Wabula (ssi ckyo kyokka),  
twali balyazaamaanyi.
98. Mazima mmwe (abakafiiri) n'ebyo  
bye musinza ebitali Katonda muli  
nku za muliro (Jahannama). Mmwe  
muli ba kuguyingira.
99. Singa abo baali bakatonda tebandi-  
gutuuseemu (gwo omuliro), wabula  
bonna bonna ba kugutuulamu buge-  
nderevu.
100. Balina nga bali mu gwo, okuyiriitira  
(nga baaziirana), nabo tebagenda  
kuwulira nga bali mu gwo (kubanga  
balizuukira bakiggala nga tebawu-  
lira).
101. Mazima abo (abalongoofu) abalina  
obulungi obwakulembera okuva gye  
Tuli, abo bali wala nagwo (omuliro).
102. Tebaliwulira lukwakwayo lwagwo  
(si kwokya kwagwo wadde okubu-  
mbujja kwagwo), nabo ba kutuulamu

وَهُمْ مِنْ كُلِّ حَدِيثٍ يَتَّبِعُونَ ﴿٩٧﴾

وَاقْتَرَبَ الْوَعْدُ الْحَقِّ فَاذْهَبَ  
شَاحِصَةً أَبْصَارِ الَّذِينَ كَفَرُوا  
يُؤْتِلُونَكَ أَقْدَامًا فِي غَفْلَةٍ مِنْ هَذَا  
بَلْ كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٩٨﴾

لَأَنْتُمْ وَمَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
حَصْبُ بَعْضِهِمْ أَنْتُمْ لَهَا وَآرِدُونَ ﴿٩٩﴾

لَوْ كَانَ هُوَ آدَاءَ إِلَهَةٍ مَا وَّرَدُوهَا  
وَكُلٌّ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١٠٠﴾

لَهُمْ فِيهَا زَفِيرٌ وَهُمْ فِيهَا لَا  
يَسْمَعُونَ ﴿١٠١﴾

إِنَّ الَّذِينَ سَبَقَتْ لَهُمْ مِنَّا الْحُسْنَىٰ  
أُولَٰئِكَ عَنْهَا مُبْعَدُونَ ﴿١٠٢﴾  
لَا يَسْمَعُونَ حَسِيسَهَا وَهُمْ فِي

w'ensozi. Bagenda kuvaayo nga ekiseera ky'enkomerero nga kiri kumpi kutuuka.

Baannyonyofwakwo dda mu bujjuvu mu Ssuula Al-Kahafi ekitundu 94.

97. Ku Lunaku Lw'ckiyaama, olwo aboononyi balyecjusa ne bakakasa nga bwe baali mu kugayaa-  
lirira okwetegekera Obulamu Obw'oluvannyuma. Era balikakasa nga bwe beeryazaamaanya bokka.  
Wabula okwejjusa kwabwe okwo kuliba tekukyagasa.

98. Abo abasinza ebyo ebirala byonna ebitali Katonda bagenda kuyingira mu muliro, era babeere  
enku zaagwo, wamu n'ebyo bye basinza.

99. Ebyo abantu bye basinza ebbali wa Katonda nabyo biriba bya kuyingira muliro nga bo. Kale  
ckyo kimala okulaga nga bwe bitali bakatonda; kubanga singa bwe byali, tebyandiguyingidde.

102. Abalongoofu nga bayingidde mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) bagenda kuweebwa ebyo  
byonna bye baagala buli kiseera.

- lubeerera mw'ebyo emyoyo gyabwe  
bye gyagala.
103. Tekulibanakuwaza okutya okunene  
okwo, era bamalayika bagendanga  
kubasisinkana (nga babayozaayoza  
nti): Luno lwe Lunaku lwammwe  
olwolwe mwali mulagaanyisibwa.
104. Olunaku lwe tulizingako eggulu nga  
okuzingibwa kw'ekitabo ku biwa-  
ndiiko. (Mu ngeri y'emu) nga bwe  
twatandikawo ebitonde oluberyebe-  
rye, (era) tulibizzaawo. (Eno) Nda-  
gaano enkakafu ku Ffe. Mazima Ffe  
Tuli ba kukikola (kye tugamba).
105. Era mazima twawandiika mu Kitabo  
Zzabiri (ebitabo bya Bannabi),  
oluvannyuma lw'okuwandiika mu  
Kitabo ekiri awali Katonda, nti:  
Mazima ensi bagenda kugisikira  
abaddu Bange abalongoofu.
106. Mazima eno (Kuraane) ematiza eki-  
biina ekisinza Katonda.
107. Tetwakutuma (Ggwe Muhammadi)  
wabula nga oli kyakusaasira eri ebi-  
tonde (byonna).
108. Bagambe nti: Mazima ntumirwa nze  
(mbagambe nti) ddala Katonda  
wammwe Ye Katonda Ali Omu. Aba-  
ffe mmwe mugoberedde ne mwewa-  
aayo eri Ye (Musiramuse)?
109. Naye bwe baba nga bakyuse, olwo  
bagambe nti: Mbamanyisizza mu

مَا أَشْتَهَتْ أَنْفُسُهُمْ خَلِدُونَ ﴿١٠٣﴾

لَا يَجِزُهُمُ الْفَرَقَ الْأَكْبَرُ وَتَلْقَاهُمْ  
الْمَلَائِكَةُ هَذِهِ أَيْوَمَكُمْ الَّتِي أَنْتُمْ  
تُوعَدُونَ ﴿١٠٤﴾

يَوْمَ نَطْوِي السَّمَاءَ كَطَيِّ السِّجِّيلِ لِلْكُتُبِ  
كَمَا بَدَأْنَا أَوَّلَ خَلْقٍ نَعْبُدُهُ وَعُدَّا  
عَلَيْنَا إِنَّ كُنَّا لَفَاعِلِينَ ﴿١٠٥﴾

وَلَقَدْ كَتَبْنَا فِي الزُّبُورِ مِنْ بَعْدِ الذِّكْرِ  
أَنَّ الْأَرْضَ يَرِيثُهَا عِبَادِيَ الصَّالِحُونَ ﴿١٠٦﴾

إِنَّ فِي هَذَا الْبَلَاغِ لِقَوْمٍ عَابِدِينَ ﴿١٠٧﴾

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا رَحْمَةً لِّلْعَالَمِينَ ﴿١٠٨﴾

قُلْ إِنَّمَا يُوحَىٰ إِلَيَّ أَنَّمَا إِلَهُكُمُ اللَّهُ  
وَإِحْدٌ فَهَلْ أَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ﴿١٠٩﴾

وَإِنْ تَوَلَّوْا فَقُلْ آذَنْتُكُمْ عَلَىٰ سُرٍّ

106. Okunnyonyola kwa Kuraane kumala okumatiza buli muntu n'asobola okuyingira mu Nnyumba Ey'emirembe (Ejjana).

107. Nabbi waffe Muhammadi (s.a.w.) yatumwa abere cky'okusaasira eri abantu bonna — alyoke abalungamye okubagya mu bubuze okubalaza eri obulunngamu. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yeeyogerako nga agamba nti: "Nze ndi kyakusaasira, omulungamya."

Era yagamba nti: "Mazima nze natumwa nga ndi kyakusaasira" — Kubanga yatumwa eri abantu bonna sso nga bannabi abaasooka baatumwanga eri bitundu bya buzaaliranwa byabwe byokka.

109. Wano Nabbi ategeza nga bw'ayawukanye ku bajemu awatali kubakweka, era abamali-ddeyo buli kyamutumirwa.

kyenkanyi (ne nsanyusa abalongoofu ne ntiisa aboonoonyi awatali kwekubiira), era simanyi oba kiri kumpi oba kiri wala ekyo kye mulagaanyi-sibwa.

وَلَنْ أَدْرِي أَقْرَبُ أَمْ بَعِيدٌ مَّا  
تُوعَدُونَ ﴿١٩﴾

110. Mazima Ye amanyi ebigambo eby'olwatu, era amanyi n'ebyo bye mukweka.

إِنَّهُ يَعْلَمُ الْجَهْرَ مِنَ الْقَوْلِ وَيَعْلَمُ  
مَا تَكْتُمُونَ ﴿٢٠﴾

111. Era simanyi oba olyawo kino kigezo gye muli, na kweyagala okutuusa eri ebbanga eggere.

وَلَنْ أَدْرِي أَعْلَىٰ فِتْنَةٍ لَّكُمْ وَرَمَاءُ  
إِلَىٰ حِينٍ ﴿٢١﴾

112. N'agamba nti: Ayi Mukama Wange! Lamula n'amazima. Ne Mukama waffe ye Musaasizi, y'asabwa okuyamba kw'ebyo bye mumwogerako (eby'obulimba).

قُلْ رَبِّ احْكُم بِالْحَقِّ وَرَبُّنَا الرَّحْمَنُ  
الْعَلِيُّ الْمُسْتَعَانُ عَلَىٰ مَا تَصِفُونَ ﴿٢٢﴾

Kyokka naye talina busobozi alyoke amanye ddi lwe biribaawo ebyo Katonda bye yabalagaanyisa okubecrawo, kubanga naye muntu nga bo — sso nga Katonda yekka ye Nnannyini kumanya eby'ewala.

111. Era tekiri mu kumanya kwa Nabbi nti oba abalyazaamaanyi Katonda okubalekawo ku nsi nga beegazaanya n'ebyokufuna byakwo kuba kubagezesa okutuusa okumalako ebbanga eryo lye yabagerera.

## EBIFA KU SSUULA AL-HAJJI MU BUFUNZE (22)

Essuula eno yakkira Madiina, era esinga kunnyonyola bikwata ku mateeka nga Essuula ezisinga ezakkira e Madiina bwe zikola. By'ennyonyolako ebikulu ddala by'e-byo ebifa ku Kaaba (Ennyumba Ey'emizizo), ebifa ku Hijja, ku birabo ebisaddaakibwa mu Hijja, n'Okulwana *Jihaadi* singa Amazima gagezewako okuvunvubikwa n'ebirala. Eytibwa Al-Hajji okusenziira ku aya 26-38 ezoozera ku mikolo gya Hijja. Erina aya 78.

Obubaka bw'omu Ssuula eno bwolekezebwa, naddala, eri abantu ba mitendera esatu, ng'ogusooka gwe gw'abakafiiri b'omu Makka abaasinzanga balubaale n'amasanamu (*Bamushirk*) ogw'okubiri gwe gw'Abasiraamu ab'olujjulungu: n'ogwokusatu ne guba ogw'Abakkiriza aba ddala. Abakafiiri balabulwa ne ssekulabulwa nga bwe balindiri-ddwa okugwa ku kibabu kya ngeri y'emu n'ekyo kye baagwamu bakafiiri bannaabwe abaabasooka olw'okuguggubirira kwabwe ku ndowooza n'ebikolwa eby'obutamanya mu kwekuluntaza ne balemera ku kusinza bakatonda ab'obulimba atali Omu Oyo Omutonzi — ate nga bakatonda abo tebecyinza nti balina kyonna kye babayambamu abo ababasinza era nga nabo bennyini tebayinza kwetaasa. Era balabulwa lunye bakomye enzikiriza ya *Shirik* ey'okusinza eby'obulimba nga eno bwe baweebwa ensonga entuufu era ennamu ennunngamu eziwagira Enzikiriza y'Obwomu bwa Katonda n'oku-baayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma.

Bo Abasiraamu ab'amakwekansaamu abo abakkiriza Obusiraamu naye ate nga si 'beeteefuteefu kwanngana buzibu buba bubwolekedde, bavumirirwa era n'okulabulwa kubanga ku luuyi olumu bakkiriza Katonda ne bamusinza bwe waba emirembe n'okutumbuka mu mbeera, sso ng'ate ku luuyi olulala bwe basanga enkonge n'ebizibu mu Kkubo lya Katonda nga bakyukira mu kiti ng'embazzi, ebyokusinza babivaako. Enkola yaabwe eyo ey'enkulu ebbiri, balabulwa nti teyinza kubasumattusa, mu ngeri yonna, bizibu ebyo na kugootaanirwa Katonda bye yabalaalikako.

Ate Abasiraamu abaggumivu, abavuma abatawunjukako mu buli mbeera nga kw'otwalidde n'abatuuze b'omu Buwarabu yonna bagambibwa nga *Ba-Mushirik* bwe batalina buyinza bubaziyiza kulambula Kaaba era nga bwe batalina buyinza kuziyiza muntu yenna kukola Hijja olw'okubanga nabo Omuzikiti Ogw'emizizo si kya bwannannyini kyabwe. Ekikakafu kino kyakoseza ddala Abakuraish kubanga kyazibula n'amaaso g'ebika by'omu Buwarabu ebirala okumanya nti Kaaba teyateerwawo Bakuraish mbu be baba bagikuuma era teyali yaabwe nga eky'obwa nnannyini. Kuba ekyo kyali kyeraga kyere nti oba Abakafiiri baali bagobyemu Bakuraish bannaabwe era n'ebika bya Buwarabu ebirala ebinaakontana nabo ba kubiziyiza okukola emizizo gya Hijja ne Umura. Mu kuggumiza ensonga eno, ebyafaayo mu kuzimbibwa kwa Kaaba byogerwa okusobola okulaga nti Omuzikiti ogwo Ogw'emizizo gwazimbibwa Nabbi Ibrahiimu olw'ekiragiro kya Katonda era yalagirwa akoowoole abantu okuva mu buli kanyomero ka nsi bagende basinzizeemu Katonda n'okukoleramu emizizo gya Hijja, sso si kuba nti yazimbirwa bantu abali awo abaawule. Era kinnyonyolwa nga Kaaba bw'etaazimbibwa lwa kukoleramu mizizo na bulombolombo bwa kusinza masanamu na lubaale okuggyako okuba nti yazimbirwa lwa kusinzizaamu Katonda Omutonzi. Ebirabo ebisalibwa nga saddaaka ku mikolo gya Hijja ne Umura bisaddaakibwa na kigendererwa kya kulaga kwebaza kwaffe eri Katonda na kulaga nga bwe tumugulumiza.

Okusobola okulwanyisa n'okusiguukululira ddala obumbula n'okuwalagganyizibwa kw'abakafiiri. Abasiraamu balaalikwa okubalwanyisa (*Jihaad*). Era baalagirwa okubeera abeesimbu, abakolera ku Mazima n'Obwenkanya mu nsonga zonna. Bategezezebwa nga bo bwe bali abasika ba Nabbi Ibrahiimu abatuufu era nga bwe baayawulwa babeere abajulira ku lw'Amazima eri abantu b'ensi yonna. Kyebaava bakubirizibwa okuyimirizangawo Esswala n'okutukuza emmaali yaabwe nga batoolamu Zakka basobole okufuuka eky'okulabirako ekisingira ddala obutuufu mu mpisa z'obulongoofu nga kw'otwalidde n'okulalikwa okulwana *Jihaad* ku lw'okukkaliza Ekigambo kya Katonda.

Essuula efundikirwa n'okukubiriza abantu banywerere ku Katonda mu buli ngeri, abeere nga kye kisembayo kwe beekutte kubanga Ye ye Mukama waabwe abayamba era abataasa mu byonna.



## ESSUULA AL-HAJJI (22)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 10 ne Aya 78

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Abange abantu! Mutye Mukama wammwe. Mazima okukankana (kw'ensi) okw'Ekiseera Eky'enkomerero, kintu kinene (ddala).
2. Olunaku lwe kiribaako (Ekiyaama), lw'olimulaba buli ayonsa nga yeera-bira kw'ekyo kye yayonsa n'azaala buli alina olubuto, olubuto lwe (nga ekiseera kyalwo tekinnatuuka) era oliraba abantu nga batamidde sso nga tebatamidde (mwenge), lwa kuba mazima ebibonyobonyo bya katonda biyitirivu.
3. Ne mu bantu mulimu oyo awakanya (ku bifa) ku Katonda awatali kuggya ku kumanya, n'agoberera buli sitaane ennewaguzzi;
4. Yawandiikwako (oyo sitaane) nti mazima oyo amugoberera, ddala ye amubuza n'amulagirira okulaga eri ebibonyobonyo ebyokya (eby'omuliro).

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمُ إِنَّ زَلْزَلَةَ  
السَّاعَةِ شَيْءٌ عَظِيمٌ ①

يَوْمَ تَرُؤْنَهَا تَذْهَبُ كُلُّ مُرْضِعَةٍ  
عَمَّا أَرْضَعَتْ وَتَضَعُ كُلُّ ذَاتِ حَمْلٍ  
حَمْلَهَا وَتَرَى النَّاسَ سُكَرَىٰ وَهَٰؤُلَاءِ  
سُكَرَىٰ وَلَٰكِنَّ عَذَابَ اللَّهِ شَدِيدٌ ②

وَمِنَ النَّاسِ مَن يُجَادِلُ فِي اللَّهِ بِغَيْرِ  
عِلْمٍ وَيَتَّبِعُ كُلَّ شَيْطَانٍ مَّرِيدٍ ③

كُتِبَ عَلَيْهِ أَنَّهُ مَن تَوَلَّاهُ فَآتَهُ  
يُضِلُّهُ وَيَهْدِيهِ إِلَىٰ عَذَابِ السَّعِيرِ ④

2. Olw'obuzibu bw'Olunaku Lw'enkomerero abantu bagenda kwerabira oyo gwe basinga okwagala olw'ebitiisa ebiyitirivu ebirirubaamu, omukyala alyerabira oyo gwe yayonsa. Era embuto zigenda kuvaamu, abantu baggweemu amagezi babe nga abatamivu.

3. Mulimu abantu abawalaza empaka nga bawakana ku bikwata ku Katonda — gamba nga okuwakanya okubaawo Kwe oba Obw'omu Bwe oba Obuyinza Bwe. Ekyo bakikola nga tebalina kumanya kwonna kwe beesebesa, wabula olw'okuwalaza obuwalaza empaka, n'okugoberera ekkubo lya Sitaane.

4. Yenna amugoberera Sitaane, amubuza n'amwagazisa ebikolwa ebibi Katonda bye yagaana. Ebikolwa ehyo ne bituusa omuntu oyo ku bibonyobonyo ebikakali mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

5. Abange abantu! Bwe muba nga muli mu kubusabuusa ku (kubaayo) kw'oku-zuukira, kale (mufuumiitirize entonda yammwe nga bwe yali): Ffe twabatonda mu ttaka (Jajammwe Adamu), oluvannyuma ne (tubeeranga nga) tubatonda mu mazzi agazaala, nate oluvannyuma ne tubaggya mu kisaayisaayi, n'oluvannyuma ne tukifuula ekinyamanyama ekitonddedwa mu bujjuvu n'ekitannatondebwa mu bujjuvu, olwo tulyoke tubannyonyole (obuyinza Bwaffe). Tutebenkeza mu nnabaana ekyo kye twagala (oba mwana mulenzi oba mwala) okutuusa eri ebbanga eggere (ery'okuggwaako olubuto), oluvannyuma ne tubafulumya nga muli bawere (ne muzaalibwa), n'oluvannyuma (ne tubakuza) mulyoke mutuuse obukulu bwammwe. Era mulimu mu mmwe oyo afa (amangu nga tannavubuka). Era mulimu mu mmwe oyo azzibwa eri obuwangaazi obwa wansi (n'akaddiwa n'awutta), n'alemwa okumanya ekintu kyonna oluvannyuma iw'okumanya (kw'abadde nakwo nga tannazeeyuka). Era olaba ensi nga ekaze, naye bwe tuba nga tugitonnyesezzaako amazzi (enkuba) enyeenya n'esibuka (buto) n'emera mu buli mutindo gw'ebimera ebirungi.
6. Ekyo lwa kubanga mazima Katonda Y'oyo Ow'amazima. Era nti mazima Ye alizuukiza abafu, era mazima Ye ye Muyinza ku buli kintu.
7. Era mazima Ekiseera Eky'enkomerero kya kutuuka, tekiriimu kubusabuu-sibwa; era mazima Katonda alizuukiza bonna abo abali mu ntaana.
8. Ne mu bantu mulimu oyo awalaaza empaka mu bifa ku Katonda awatali (kuggya) ku kumanya era awatali

يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّ كُنْتُمْ فِي رَيْبٍ مِّن  
الْبَعْثِ فَإِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِّن نُّرَابٍ ثُمَّ  
مِن نُّطْفَةٍ ثُمَّ مِّن عِلْقَةٍ ثُمَّ مِّن مُّضْغَةٍ  
مُّخَالَفَةٍ وَعَدِيدٍ مَّخَالَفَةٍ لِّلْمَبِينِ لَكُمْ وَاذْكَرُوا  
فِي الْأَرْحَامِ مَا نَشَأُ إِلَىٰ آجَالٍ مُّسَمًّى  
ثُمَّ نُخْرِجُكُمْ طِفْلًا ثُمَّ لِيَبْتَلِيَوهَا الشَّدَائِدُ  
وَمِنْكُمْ مَّن يُّؤْتَىٰ وَمِنْكُمْ مَّن يُكْرَهُ  
إِلَىٰ أَزْوَاجٍ مُّكْرَهَاتٍ لَّيَعْلَمَنَّ مَن  
عَلَيْهِ شَيْئًا وَتَرَى الْأَرْضَ هَامِدَةً  
فَإِذَا أَنْزَلْنَا عَلَيْهَا الْمَاءَ اهْتَزَّتْ وَ  
رَبَّتْ وَأَنْبَتَتْ مِّن كُلِّ زَوْجٍ بَّهِيٍّ

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّهُ يُخْرِجُ  
الْمَوْتَىٰ وَأَنَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ۝٦  
وَأَنَّ السَّاعَةَ آتِيَةٌ لَا رَيْبَ فِيهَا ۚ  
وَأَنَّ اللَّهَ يَبْعَثُ مَن فِي الْقُبُورِ ۝٧  
وَمِنَ النَّاسِ مَن يُجَادِلُ فِي اللَّهِ بِغَيْرِ

(kwesigamira ku) bulungamu oba Ekitabo ekitaangaavu,

9. Nga akubiira ensingo ye (n'olwekuluntazo) alyoke abuze abantu okubaggya ku kkubo lya Katonda. Alina mu nsi muno okuswazibwa, era tuli mukombesa ku Lunaku Lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda ku bibonyobonyo ebyokya.
10. (Aligambibwa nti): Ekyo (kiku-koleddwa) ku lw'ebyo emikono gyo bye gyakulembeza okukola (mu nsi), era (lwa kubanga) mazima Katonda si mulyazaamaanyi ku baddu Be.
11. Ne mu bantu mulimu oyo asinza Katonda nga ali ku ndebolebo (y'obukkiriza), (ne kiba nti) bwe bumutuukako obulungi atereera ku kwo, naye bwe kamutuukako akabi, akyukira ku maaso ge (ne yeerabira eddiini). Yafaafaaganirwa ensi n'E-nkomerero. Okwo kwe kufaafaaganirwa okweyolefu.
12. Asaba ekyo ekitali Katonda, ekyo ekitamuleetera kabi era ekitamugasa. Okwo kwe kubula okw'ewala.
13. Asaba (oyo gw'asaba) nga akabi ke ke kasinga okuba okumpi (naye) okusinga omugaso gwe; mazima (oyo gw'asaba ye) mukuumi asinga obubi, era munywanyi we asinga obubi!

عَلِمَ وَلَا هُدًى وَلَا كِتَابٌ مُبِينٌ ٨

ثَانِي عَطْفِهِ لِيُضِلَّ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ لَهُ فِي الدُّنْيَا خِزْيٌ وَنَذِيقُهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ عَذَابَ الْحَرِيقِ ٩

ذَلِكَ بِمَا قَدَّمَتْ يَدَاكَ وَأَنَّ اللَّهَ لَيْسَ بِظَالِمٍ لِّلْعَالَمِينَ ١٠

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَعْبُدُ اللَّهَ عَلَى حَرْفٍ فَإِنْ أَصَابَهُ خَيْرٌ اطْمَأَنَّ بِهِ وَإِنْ أَصَابَتْهُ فِتْنَةٌ انْقَلَبَ عَلَى وَجْهِهِ فَنَحِسُ الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ذَلِكَ هُوَ الْحَسْرَةُ الْمُبِينُ ١١

يَدْعُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُهُمْ وَلَا يَنْفَعُهُ ذَلِكَ هُوَ الضَّلَالُ الْبَعِيدُ ١٢  
يَدْعُوا مَنْ خَلْفَهُمْ مِنْ قَوْمٍ لَيْسَ لَهُمُ الْمَوْلَىٰ وَكَيْفَ الْعَشِيرُ ١٣

9. Omuntu ono akubiira ensingo ye nga yeekuluntaza wamu n'okunyooomerera, n'alema okuwuliriza amazima. Ekyo akikola ng'agenderera okuggya abantu ku ddiini ya Katonda.

11. Abantu abamu bayingira mu Busiraamu ne batabutbenkeramu. Ne babeera nga babuli ku ndebolebo kubanga bwe baba bafunyeemu ebirungi ng'olwo babutereeramu era nga bamanya nga bwe buli eddiini ennungi. Kyokka lwe bafunye obuzibu olwo nga bagyevuma, era nga bagivaako nga batandika kusaba ebyo ebitali Katonda.

Ye omukkiriza ow'amazima y'oyo ayecwaayo eri ekyo kyonna Katonda ky'aba amugerredde: ekibi n'ekirungi byonna amanya nti bivudde eri Katonda. Era buli kiscera abeera anoonya kumusanyusa na kusiima kwe. Era agumira buli bigezo bya Katonda byonna ebiba bimumutuseeko.

13. Oyo asinza bakatonda ab'oblimba ng'amasanamu, aba asinza ekyo ekimuleetera akabi



14. Mazima Katonda aliyengiza abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe): gikulukutira wansi waayo emigga, mazima Katonda akola ekyo ky'ayagala.
15. Oyo yenna abadde alowooza (olw'ensaalwa n'obugya) nti Katonda taja kumutaasa (Nabbi Muhammadi) ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma (era nga ekirowoozo ky'okutaasibwa kwe kimunyiiza), kale awanike omugwa waggulu (ku kasolya ke), oluvannyuma yeerippe (yeetuge). Oluvannyuma atunuulire alabe oba nga olukwe lw'ekyo (eky'okwetuga) luggyawo ekimunyiiza!
16. Era bwe kityo twagissa (Kuraane) nga bubonero obunnyonyofu, na mazima Katonda alunngamya oyo gw'aba ayagadde.
17. Mazima abo abakkiriza (eno Kuraane) n'abo Abayudaaya n'Abaswab-iina n'Abakristaayo n'abasinza enjuba (Bamajuusa) n'abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala — ddala Katonda agenda kulamula wakati waabwe ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso Ge). Mazima Katonda mujulizi ku buli kintu.
18. Tolaba nti mazima Katonda bamuvunnamira abo bonna abali mu ggulu ne mu nsi n'enjuba, n'omwezi, n'emmunyeyenye, n'ensozi, n'emiti, n'ebiramu n'abangi mu bantu? Era bangi

إِنَّ اللَّهَ يُدْخِلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ إِنَّ اللَّهَ يَفْعَلُ مَا يُرِيدُ ﴿١٤﴾  
 مَنْ كَانَ يَظُنْ أَنْ لَنْ يَنْصُرَهُ اللَّهُ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ فَلْيَمِدُّ ذَيْبَهُ إِلَى السَّمَاءِ تَمَّ لِيَقْطَعَهُ فَلْيُنظُرْ هَلْ يُدْهِبَنَّ كَيْدَهُ مَا يَغِيظُ ﴿١٥﴾

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَاهُ آيَاتٍ بَيِّنَاتٍ لَأَنَّ اللَّهَ يَهْدِي مَنْ يُرِيدُ ﴿١٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَادُوا وَالصَّالِحِينَ وَالنَّصَارَى وَالْمَجُوسَ وَالَّذِينَ أَشْرَكُوا إِنَّ اللَّهَ يَفْصِلُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿١٧﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ وَالسَّمَوَاتِ وَمَنْ فِي الْأَرْضِ وَالشَّمْسِ وَالْقَمَرِ وَالنُّجُومِ وَالْجِبَالِ وَالشَّجَرِ وَالذَّوَابِّ وَكَثِيرٍ مِمَّنْ النَّاسِ ط

okusinga okumuleetera omugaso muno mu nsi ne ku Lunaku Lw'enkomerero. Era talina mugaso gwonna gw'amufunamu gw'abadde asubira kuno ku nsi ne ku Lunaku Lw'enkomerero.

15. Oyo abadde alowooza nti Katonda taataase na kutuusa ku buwanguzi Nabbi We Muhammadi, yeetuge ku lw'obusungu kubanga ddala Katonda wa kuwanguzisa Muhammadi mu bulamu buno obw'oku nsi n'Obw'oluvannyuma.

byabakataka ebibonyobonyo (bya Katonda). N'omuntu yenna Katonda gw'aba anyoomye. (aba) talina amugulumiza. Mazima Katonda akola ekyo ky'ayagala.

19. Bano bombiriri baawozannganya (nga bakaayana) ku (bifa ku) Mukama waabwe. N'abo abaawakanya (amazima), baasalirwa engoye za muliro (ze balyambala nga bagulimu); balifukirwanga waggulu ku mitwe gyabwe olwegye.
20. (Olwegye olwo) lulisaanuulanga ebyo eb'ri mu mbuto zaabwe n'amaliba gaabwe;
21. Era balina (okukubibwanga) entotto-  
lima z'emiggo egy'ebyuma.
22. Buli lwonna lwe balyagalanga okuguvaamu (omuliro) ku lw'obulumi, bajjanga kuguzziwamu (bagambibwe nti) era mukombe ku bibonyobonyo ebyokya.
23. Mazima Katonda aliyngiza abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu Ejjana mwe gikulukutira wansi waayo emigga, balyenaanikanga mu yo ebikomo ebya zaabu, ne *Luulu*, n'ebyalbalo byabwe bye balyambalirangamu bya *liiri*.
24. Ne balunngamizibwa eri (okwogera) ekirungi mu bigambo; era ne balunngamizibwa eri ekkubo Eggolokofu.
25. Mazima abo abaakaafuwala ne bazi-yiza (abantu) ku kkubo lya Katonda ne ku Muzigiti Ogw'emizizo, ogwo gwe twatekawe nga gwa bantu bonna,

وَلَيْذِي حَقَّ عَلَيْهِ الْعَذَابُ وَمَنْ  
يُهَيِّبُ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ مُكْرِمٍ إِنَّ اللَّهَ

يَفْعَلُ مَا يَشَاءُ ﴿٦٨﴾

هَذِهِ خَصْمِنِ اخْتَصَمُوا فِي رَعْمٍ  
فَالَّذِينَ كَفَرُوا قُطِعَتْ أَعْيُنُهُمْ  
فَلَمْ يَبْصُرُوا نَارًا يُصَبُّ مِنْ فَوْقِ رُءُوسِهِمُ الْحَمِيمُ ﴿٦٩﴾

يُصْهَرُ بِهِ مَا فِي بُطُونِهِمْ وَالْجُودُ ﴿٧٠﴾

وَأَلْهَمَهُمْ مَقَامِعَ مِنْ حَدِيدٍ ﴿٧١﴾

كُلَّمَا أَرَادُوا أَنْ يَخْرُجُوا مِنْهَا مِنْ غَمٍّ  
أُعِيدُوا فِيهَا وَأَذُوا عَذَابَ الْحَرِيقِ ﴿٧٢﴾

إِنَّ اللَّهَ يُدْخِلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا  
الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا  
الْأَنْهَارُ يُكُونُونَ فِيهَا مِنْ أَسْوَأِ مَنْ  
ذَهَبَ وَوُلُوهُ أُولَئِكَ فِيهَا حَرِيرٌ ﴿٧٣﴾  
وَهُدُوءٌ إِلَى الطَّيِّبِ مِنَ الْقَوْلِ ﴿٧٤﴾  
وَهُدُوءٌ إِلَى صِرَاطٍ الْحَمِيدِ ﴿٧٥﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَيَصُدُّونَ عَنْ  
سَبِيلِ اللَّهِ وَالْمَسْجِدِ الْحَرَامِ الَّذِي

21. Bamalayika balibakubanga ku mitwe n'entotto-  
lima z'emiggo egy'ebyuma.  
23. Katonda bw'amaze okwogera ku ngeri gye balibaamu ab'omu muliro, n'atandika okwogera ku ngeri y'abo ab'okuyingira Ejjana — Ennyumba Ey'emirembe.  
25. Buli muntu yenna mu nsi yonna aba agenyiwadde mu Makka ku Muzikiti Ogw'emizizo,

nga obwannannyini (ku gwo) bwenkana ku mutuuze waamu n'ava ewala (atali mutuuze omugenyi). N'omuntu ayagala okwewogoma mu gwo (Omuzikiti ogwo) n'obulyazaamaanyi, tujja kumukombesa ku bibonyobonyo ebiruma.

جَعَلْنَاهُ لِلنَّاسِ سَوَاءً بِالْعَرَفِ فِيهِ  
وَالْبَادِ وَمَنْ يُرِدْ فِيهِ بِالْحَيَاةِ يُطْمِئِنِّ  
تَذِقَهُ مِنْ عَذَابِ الْيَوْمِ ﴿٤٧﴾

26. Era (jjukira) mu kiscera bwe twalagirira Ibrahiimu ekifo ky'Ennyumba (Entukuvu — Al-Kaaba), ne (Mmugamba) nti: Tongatangako ekintu ekirala, era tukuza Ennyumba Yange (Al-Kaaba) ku lw'abagyetooloola n'abayimiridde n'abakutama ne bavunnama (abasaala).
27. Era (Twamugamba nti:) Koowoola abantu okujja okukola Hijja. Bajja kukujjira abatambuza ebigere era n'abeebagadde ku nsolo yonna enkovvu (olw'obukoowu) nga zijjira okuva mu buli kkubo ery'ewala;
28. Balyoke balabe emigasoo gyabwe, era (balyoke) boogere ku Linnya Iya Katonda mu nnaku ezimanyiddwa ku lw'ekyo kye yabagabira mu bisolo eburundibwa. Kale mulyeko ku yo (Ennyama yaabyo). Era muliise ali mu buzibu omwawu.

وَأَذِّنْ لِلنَّاسِ بِالْحَجِّ يَأْتُوكَ رِجَالًا  
أَوْ لِيُشْرِكُوا بِسِيْرَتِي  
لِلطَّائِفِينَ وَالْقَائِمِينَ وَالرُّكَّعِ  
السُّجُودِ ﴿٢٦﴾

وَأَذِّنْ فِي النَّاسِ بِالْحَجِّ يَا لَوْلَا رِجَالًا  
وَعَلَى كُلِّ صَامِرٍ بِأَيِّتَيْنِ مِنْ كُلِّ  
مَسْجِدٍ ﴿٢٧﴾

لِيَشْهَدُوا مَنَافِعَ لَهُمْ وَيَذْكُرُوا اسْمَ  
اللَّهِ فِي أَيَّامٍ مَعْلُومَاتٍ عَلَى مَا رَزَقْنَاهُمْ  
مِنْ بَيْهِيمَةِ الزَّعَاغِ وَكَوَاكِبِهَا وَ  
أَطْعَمُوا الْبَاسِ الْفَقِيرَ ﴿٢٨﴾

n'oyo omutuuze waamu - bonna benkana mu bwa nnannyini. Tewali muntu aziyiza munne kutuula awo w'aba atudde.

Era omuntu yenna agenderera okukolera mu Makka (ku Muzikiti ogwo) obujeemu. kaba kamujuutuse kubanga ebibonyobonyo bya katonda ebimubonyabonyezebwa bikakali ddala.

27. Katonda yalagira Ibrahiimu, ng'ali wamu ne mutabani we Ismaili okuzimba Ennyumba kaaba, n'amulagirira w'anaagizimba. Era yamulagira atangaaze eri abantu ebikwata ku Hijja era abakooowole bajje bagirambule. Nabbi Ibrahiimu yakoowoola n'atuusa eddoboosi, nga bwe yalagirira, eri abo katonda be yagerera okukola Hijja - wadde ka babe nga babadde ku migongo gya bakitaabwe oba mu nnabaana.

28. Ennakuza Hijja ziri kkumi mu mwezi gwa Zul-Hijja, omwezi gw'ekkumi n'ebbiiri mu mbala ya kalenda y'Ekiwarabu. Ennaku ezisingako obukulu lwe lw'omunaana. olw'omwenda (Arafa). n'olw'ekkumi (Idd-ul-Adha).

Ku Hijja. abalamazi basala saddaaka zaabwe (Dhuhiya) ez'ensolo nga engamiya; ente, embuzi, endiga. Pra boogera ku katonda mu kiscera ky'okuzisala: ne balyako era ne baliisaako n'abo abeetaavu.

29. Era beggyeko ekko lyabwe era batuukirize obweyamo bwabwe era betooloole Ennyumba Enkadde (Al-Kaaba).

لَمْ يَقْضُوا لِقَاءَهُمْ وَيَوْمَ تَنْدَرُوهُمْ  
وَلْيَطَّوُّوا بِالْبَيْتِ الْعَتِيقِ ﴿٢٩﴾

30. Ebyo (ebyogeddwa bye bifa ku Hija). N'omuntu agulumiza emizizo gya Katonda, n'ekyo kirungi gy'ali awali Mukama we. Mwakkirizibwa (okulya) ebisolo ebirundwa. Wabula ebyo ebbasomeddwa (mu Kuraane ebyabagaanibwa). Kale mwewale ebyenyinyalwa (amasanamu) era mwewale ekigambo eky'obulimba —

ذَلِكَ وَمَنْ يُعْظَمَ مَحْرَمَاتِ اللَّهِ فَهُوَ  
خَيْرٌ لَكَ عِنْدَ رَبِّهِ وَأَحَلَّتْ لَكُمْ الْأَنْعَامُ  
إِلَّا مَا يُبْلَى عَلَيْكُمْ فَاجْتَنِبُوا الرِّجْسَ مِنَ  
الْأَوْثَانِ وَاجْتَنِبُوا قَوْلَ الزُّورِ ﴿٣٠﴾

31. Nga muli abaawula Katonda (mu Bwakatonda Bwe) sso abatali bamugattako kintu kirala; n'omuntu yenna agatta ku Katonda ekintu ekirala abanga agudde okuva waggulu mu bire (oluvannyuma) ennyonyi n'emusikulira (mu bbanga) oba empewo n'emukunngusa n'emusuula mu kifo eky'ewala ennyo.

حَقَّقَهُ اللَّهُ غَيْرَ مَشْرُكِينَ بِهِ وَمَنْ  
يُسْمِعْ لَوْ بِاللَّهِ فَكَانَ آخِرَ مِنَ السَّمَاءِ  
فَتَخَطَّفَهُ الطَّيْرُ أَوْ نَهْوَى بِهِ الرِّيحُ  
فِي مَكَانٍ سَبِيحٍ ﴿٣١﴾

32. Ekyo (ky'ekiragiro). N'omuntu agulumiza obubonero bwa Katonda (mu kusaddaaka ensolo), mazima ekyo kya mu kutya Katonda okw'omu mutima.

ذَلِكَ وَمَنْ يُعْظَمَ شَعَائِرَ اللَّهِ فَإِنَّهَا  
مِنْ تَقْوَى الْقُلُوبِ ﴿٣٢﴾

29. Idd-ul-Adha nga etuuse, emikolo egikomek kereza emizizo gya Hija lwe gikolebwa. Kale mu aya eno abalamazi balagirwa beggyeko ebyo byonna ebyabadde bibagaaniddwa mu kiseera nga bakyali mu mikolo gya Hija nga bambadde ekyambalo kya *Ihraam*, bamweko enviiri zaabwe, basaleko enjala, n'oluvannyuma bambale engoye zaabwe eza bulijjo.

Era ku lunaku luno lwe batuukiriza ebyo bye beeyama nga bakyali mu kukola emikolo gya Hija nga okweyama okusaddaaka "Zhuhiya" n'ebirala. Era lwe bakomerezaayo empagi csembayo eyalaalikibwa okukolebwa mu mikolo gya Hija — nayo, kwe kwetooloola Ennyumba ya Katonda Kaaba. Olumaliriza okugyetooloola, olwo omuntu akkirizibwa okuva mu mizizo gya Hija.

Al-Kaaba yayitibwa Ennyumba enkadde kubanga ye yasookera ddala okuteerwawo abantu ku lw'okusinza Katonda waabwe. Yazimbibwa Nabbi Ibrahiimu ne mutabani we Ismaili.

30. Ensolo ezakkirizibwa okuliibwa ezirundibwa, mwe muli embuzi, ente, endiga, engamiya wabula okuzira kwazo kubaawo singa biba bifudde byokka awatali kusalibwa na kwogererwako linnya lya Katonda. N'ebitayogeddwako ebyo ebizira mwe muli omusaayi, embizzi n'ebirala. Era ekyo kyonna ekisalibwa ku lwa balubaale kizira okuliibwa Omusiraamu.

31. Omuntu bw'agatta ku Katonda ebintu ebirala n'abisinza ebbali We, aba azikiridde nga tasuubirwa n'akatono kuwona, era n'omwoyo gwe tegukkirizibwa kulinyya mu ggulu bw'aba afudde.

32. I bisolo ebyo ebitwalibwa okusaddaakibwa ku Hija — Idd-Ul-Adha — bya mugaso munene

33. Muzirinamu emigaso okutuusa ebba-nga eggere; oluvannyuma okukkiri-zibwa kwazo zisalibwe (nga saddaaka) kuzituusa ku Nnyumba Enkadde (Al-Kaaba).

لَكُمْ فِيهَا مَنَافِعٌ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى ثُمَّ  
حُمِلَتْ إِلَىٰ الْبَيْتِ الْعَرَبِيِّ ﴿٣٣﴾

34. Twateerawo buli kibiina emizizo gy'okusala saddaaka, balyoke boogere ku Linnya lya Katonda kw'e-byo bye twabagabira mu bisolo ebirundibwa; ne Katonda wammwe ye Katonda Ali Omu, n'olwekyo ku Lulwe mugoberere. Buulira nga osanyusa (Ggwe Muhammadi abo) abatebenkedde ku kugondera Katonda, —

وَلِكُلِّ أُمَّةٍ جَعَلْنَا مَنَسَكًا لِّذِكْرِهِمْ  
وَأَسْمَاءَ لِلَّهِ عَلَىٰ مَا رَزَقْنَاهُمْ مِنْ نَحْمِهِ  
لِيُذَكَّرُوا بِهَا وَلِلَّهِ الْإِنْعَامُ وَاللَّهُ وَاحِدٌ فَلَهُ أَسْمَاءُ  
وَالشُّرُكُوتَيْنِ ﴿٣٤﴾

35. Abo bw'aba nga Katonda ayogeddawako emitima gyabwe gitya, n'abagumiikiriza kw'ekyo (kyonna) ekiba kibakutte, era abayimirizaawo esswala nga bagaba okuggya mw'e-byo bye tubagabidde.

الَّذِينَ إِذَا ذُكِرَ اللَّهُ وَجِلَّتْ قُلُوبُهُمْ  
وَالضَّالِّينَ عَلَىٰ مَا آصَابَهُمْ وَالْمُؤْمِنِينَ  
الْقَالُونَ وَصَلَّاتُهُمْ يُتَفَقَهُونَ ﴿٣٥﴾

36. N'engamiya, twazibateerawo nga za mu bubonero bwa Katonda. Muzirinamu obulungi (bwa ngeri nnyingi). Kale muzoogerengako erinnya lya Katonda nga zisimbiddwa mu nnyiriri (muzirizze okugulu okw'omu maaso ku lw'okuzisala). Bwe zibanga zigwiridde ku ludda lwazo (oluvannyuma lw'okuzisala), muziryengako era muliise n'omukkufu (oyo atasabye) n'omuyala (asabiriza). Bwe kityo bwe twazibagondeza oba olyawo ne mwebaza.

وَالْبُدَانَ جَعَلْنَا لَكُم مِّنْ شَعَائِرِ اللَّهِ  
لَكُمْ فِيهَا حَيْرَةٌ فَادْكُرُوا اسْمَ اللَّهِ  
عَلَيْهَا صَوَافٍ فَإِذَا وَجِبَتْ جُنُوبُهَا  
فَكُلُوا مِنْهَا وَأَطِيعُوا الْقَائِلَ وَالْمُعْتَرِطَ  
كَذَلِكَ نَحْنُ نَهَىٰ لَكُمْ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٣٦﴾

eri abantu. Kubanga bivaamu ebirungi bingi — ng'amata, ennyama n'ebyoza bikolebwapu engoye era n'amaliba ne muvaamu ebyomugaso. Kale abantu beeyambise emigaso gyabyo gye birina okuggyako nga ekiseera eky'okuzisala nga saddaaka kituuse. N'ekifo we zisalibwa kiri kumpi ddala ne Kaaba e Minna, mailo nga ttaano okuva ku Kaaba. Kyokka kitwalibwa nti ziba zisaliddwa ku Kaaba. Amakulu zisalibwa oluvannyuma lw'okuyingira *Haramu* w'etandikira.

34. Katonda yassizaawo buli kibiina ky'abakkiriza akalombolombo k'okusaddaaka ensolo ku lw'okusembera eri Ye, nga boogera ku Linnya Lye mu kiseera ky'okuzisala.

36. Engamiya tesalibwa nga nsolo entonoko mu kudaddaakibwa. Kale zo engamiya zisimbibwa mu nnyiriri, ne zisalibwa okugulu kumu okw'omu maaso nga ziyimiridde, olwo ne zisomerwako Erinnya Lya Katonda ne ziryoka zisalibwa.

37. Tetuuka ku Katonda ennyama (y'ensolo ze musaddaaka) wadde omusaayi gwazo, naye kumutuukako okumutya okuva gye muli. Bwe kityo yazibagondeza mulyoke mwogere ku Katonda ku lw'ekyo kye yabalu-nngamyamu. Buulira (Ggwe Muham-madi) nga osanyusa abalongoosa (emirimu gyabwe).

لَنْ يَبَالَ اللَّهُ لِحَوْمِهَا وَلَا دِمَائِهَا  
وَلَكِنْ يَبَالَهُ التَّقْوَى مِنْكُمْ كَذَلِكَ  
سَخَّرَهَا لَكُمْ لِتُكَبِّرُوا اللَّهَ عَلَى مَا هَدَاكُمْ  
وَيَسِّرَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٧﴾

38. Mazima Katonda alwanirira abo abakkiriza. Ddala mazima Katonda tayagala buli mukumpanya, omu-wakanyi.

إِنَّ اللَّهَ يُدْفِعُ عَنِ الَّذِينَ آمَنُوا  
اللَّهُ لَا يَجِبُ كُلَّ خَوَافٍ ﴿٣٨﴾

39. Kwakkirizibwa (okulwana) kw'abo abalwanyisibwa olw'okubanga mazima bo baba balyazaamaanyizibwa: era mazima Katonda ku kubataasa (ne bawangula) Muyinza;

أُولَئِكَ الَّذِينَ يُقَاتُونَ بَأْتِهِمْ طُغْيَانًا  
وَإِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ نَصْرِهِمْ لَقَدِيرٌ ﴿٣٩﴾

40. Abo abaggyibwa mu mayumba gaabwe mu bitali bya mazima wabula olw'okugamba nti: Mukama waffe ye Katonda Omutonzi sso nga singa tekwali kulwanirira kwa Katonda (n'aziyizisa) abantu abamu ku bannaabwe, zandimenyeddwa Yekaalo n'amakanisa n'amasinzizo amalala (ag'Abayudaaya) n'emizigiti, omwo-gererwa ennyo erinnya lya Katonda.

الَّذِينَ أُخْرِجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ بِغَيْرِ  
حَقٍّ إِلَّا أَنْ يَقُولُوا رَبَّنَا اللَّهُ طُغْيَانًا  
دَفَعُ اللَّهُ النَّاسَ بَعْضَهُمْ بِبَعْضٍ  
لَهُمْ مَتَّ صَوَامِعُ وَبِيَعٌ وَصَلَوَاتٌ  
وَمَسْجِدٌ يُذَكِّرُ فِيهَا أَسْمَاءَ اللَّهِ كَثِيرًا

37. Abalongoosa basanyusibwa n'amawulire ago amalungi ku lw'okukwata amateeka ga Katonda ne bagagoberera wamu n'ebiragiro Bye.

38. Katonda tayagala oyo yenna alina omuze gw'okukumpanya, era oyo awakanya ebyengera Bye bye yamuwa, n'atabisiima na kumwebaza.

40. Singa Katonda teyaddukiriranga bantu bamu ne bawangula ensi yandibadde yonna ejjudde obutabanguko. obutemutemu obwonoonyi n'okuyigganyizibwa n'okutiingana. Naye Ye mu kugera Kwe, abantu abamu yabeesimisaanga, n'abatebenkeza n'ebiyokufuna kw'ensi era n'abafuula ba kkirimaanyi ne baala — kyokka bwe baasukkanga ebikomo by'obuntu ne bayitiriza obwonoonyi n'obulumbaganyi olw'okwewaga n'okwemanya eryanyi, olwo n'aleetawo abantu abalala ne babawangula abo ne bakka.

Okufaanako Aya 251 eri mu Ssuula Bakara. Katonda bwe yaddukirira Abaisraili ng'ayitira mu Dauda ne bawangula abakafiiri (Abafilisitiina). Era nga bwe yaduukirira abo abakkiriza (Abasiraamu) abaggyibwa mu nsi yaabwe Makka nga tebalina musango wabula olw'okukkiriza Katonda Omu. Nga bamaze okusengukira e Madiina: Katonda yabaddukirira ne bawangula abakafiiri b'omu Makka n'ab'awalala wonna abaalina babakijjanyo olw'eddiini yaabwe — olwo Obusiraamu ne bwegaazanya buli wonna mu Buwarabu ne mu nsi yonna.

Era ddala Katonda ajja kutaasa oyo amutaasa (ataasa eddiini Ye). Mazima Katonda wa Maanyi, Ow'ekitiibwa —

41. Abo (be bo), bwe tuba nga tubate-benzezza mu nsi, bayimirizaawo esswala ne batoola ne zakka ne balagira empisa ennungi ne bagaana empisa embi. Era ya Katonda enkomerero y'ebigambo byonna.
42. Bwe baba nga bakulimbisizza (Ggwe Nabbi Muhammadi, abantu bo), mazima n'abaabasooka baalimbisa (ababaka Baffe, nga bwe baalimbisa) abantu ab'ekibiina kya Nuuhu n'ekika kya Aadi n'ekya Thamuudu;
43. N'ekibiina kya Ibrahiimu n'ekibiina kya Luutu (abantu ba Sodoma ne Gomorra),
44. N'ab'omu Madiyana, (abantu ba Nabbi Swayibu). Ne Musa naye yalimbisibwa; (wabula) ne nnindirizaako abakaafiiri, oluvannyuma ne Mbakwata: Ngeri ki bwe kwali okubatamwa Kwange!
45. Byenkanawa ebyalo bye twazikiriza nga nabyo biryazaamaanyi, (nga na

وَلْيَنْصُرَنَّ اللَّهُ مَن يَبْصُرْهُ إِنَّ اللَّهَ  
لَقَوِيٌّ عَزِيزٌ ﴿٣٠﴾

الَّذِينَ إِن مَّكَّنَّاهُمْ فِي الْأَرْضِ أَقَامُوا  
الصَّلَاةَ وَآتَوُا الزَّكَاةَ وَآمَرُوا  
بِالمَعْرُوفِ وَنَهَوْا عَنِ الْمُنْكَرِ ۗ وَاللَّهُ  
عَاقِبَةُ الْمُؤْمِرِينَ ﴿٣١﴾

وَأَن يُكِيدَ بَنُوكَ فَفَدَاكَ ذَبَّتْ قِبَالَهُمْ  
قَوْمُهُمْ وَأَعَادُوا وَتَمُودُ ﴿٣٢﴾

وَقَوْمُ إِبْرَاهِيمَ وَقَوْمُ لُوطٍ ﴿٣٣﴾

وَأَصْحَابُ مَدْيَنَ وَكَذَّابُ مُوسَى  
فَأَمَلَيْتُ لِلْكَافِرِينَ ثُمَّ أَخَذْتُهُمْ فَكَيْفَ  
كَانَ تَكْوِينُ ﴿٣٤﴾

فَكَأَيُّ مَن قَرِيَةٍ أَهْلَكْنَاهَا وَهِيَ

41. Enkomerero y'okusasulwa kw'ebyo byonna bantu bye bakola kuno ku nsi, ka bibe birungi oba bibi, eri eri Katonda.

42. Mu aya eno. Katonda aguma Nabbi Muhammadi - nga amugamba nga bwe kitali kipya. Omubaka yenna okulimbisibwa abantu be. Kale obo abakafiiri b'omu Makka. Abakuraishi — abantu b'eggwanga Iya Nabbi Muhammadi bamulimbisa, ekikolwa ng'ekyo kyali kyakolebwa dda mu mirembe egy'emabega wa Muhammadi ku babaka abaamusookawo. Nabbi Nuuhu kyamulimbisa ekibiina kye. Bwe kityo n'ekika kya Aadi kyalimbisa Nabbi waakyo Huudu, n'ekika kya Thamuudu ne kimbisa Nabbi waakyo Swalihi.

Mu ngeri y'emu ne Nabbi Ibrahiimu ne Luutu baalimbisibwa abantu baabwe nga Swayibu bwe yalimbisibwa naye abantu b'ekibiina kye, abatuuze b'omu Madiyana — Ne bannabbi abalala bangi bwe batyo bwe baakolebwa.

Bo abantu ba Nabbi Musa Abaisraili (Abayudaaya) nga bakyaliliwo na buli kati, baamulimbisanga nnyo.

44. Okubasunguwalira kwa Katonda n'okubatamwa byali bya maanyi ddala. Kale n'enzikiriza gye yabazikirizaamu yali mpititirivu mu bukakali.

45. Ebizimbe n'emбири ebyali bitimbaganye amatiribona era ebiggumivu — byonna byasigala



gunogujwa) nabyo bigwiridde ku busolya bwabyo (olw'abantu baabyo okusirikka), n'enzizi (mmeka) ezaalekwa ettayo n'ebizimbe ebigumu ebisiisiitire?

ظَالِمَةٌ فَهِيَ خَاوِيَةٌ عَلَى عُرُوشِهَا  
وَبِئْرٍ مُّعَطَّلَةٍ وَقَصْرٍ مَّشِيدٍ ﴿٤٦﴾

46. Abaffe tebatambula mu nsi (balabe obubonero bw'obuyinza bwa Katonda) ne baba nga balina emitima gye bategeera nabyo oba amatu ge bawuliza ? (Kubanga) mu mazima amaaso tegaziba, naye emitima egyo egiri mu bifuba, gye giziba.

أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَتَنظُرُوا  
قُلُوبَ يَعْقِلُونَ بِهَا أَوْ آذَانٌ يَسْمَعُونَ  
بِهَا ؕ فَإِنَّهَا لَا تَعْقَى الْإِنْبَاءَ وَلَكِنْ  
تَعْقَى الْقُلُوبَ الَّتِي فِي الصُّدُورِ ﴿٤٧﴾

47. Bakusaba okubanguyiza ebibonyobonyo. (naye) Katonda tagenda kwawukana ku ndagaano Ye (ey'okubibatusaako ku Nkomerero), era mazima olunaku (olumu luti) awali Mukama wo lwenkana nga emyaka olukumi mw'egyo emyaka gye mubala.

وَيَسْتَعْجِلُونَكَ بِالْعَدَابِ وَلَنْ يُخْلِفَ  
اللَّهُ وَعْدَهُ ؕ وَلَنْ يَوْمًا عِنْدَ رَبِّكَ  
كَأَلْفِ سَنَةٍ مِّمَّا تَعُدُّونَ ﴿٤٨﴾

48. Byenkanawa ebyalo bye Nalindiriza nabyo nga biryazaamaanyi? Oluvannyuma ne mbikwata (ne mbizikiriza). Ne gye Ndi y'eri obuddo (bw'ebitonde byonna).

وَكَأَيِّنْ مِنْ قَرْيَةٍ أَمْلَيْتُ لَهَا وَهِيَ  
ظَالِمَةٌ ثُمَّ أَخَذْنَا آلَهَا وَالصَّيِّئِينَ ﴿٤٩﴾

49. Gamba nti: Abange mmwe abantu! Mazima nze ndi mutiisa omweyolefu ku mmwe.

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّمَا أَنَا كُفْرٌ  
نَذِيرٌ مُبِينٌ ﴿٥٠﴾

ttayo nga temukyali babisulamu olw'okuzikirira kwa bannannyinihyo. Ebyalo oba ebibuga ebimu byabuutikirwanga ne bivunukibwa ne musisi.

46. Singa abo abawakanya obubonero bwa Katonda n'obuyinza Bwe batambulako mu nsi ne beerabirako bo ku bwabwe balyoke bafumitirize ku byafa kw'abo abaabasooka, era bafune n'okutegeera nga eky'okulabirako nti nabo ekyo kyangu nnyo okubatuukako nga bwe kyatuuka kw'abo.

47. Katonda ye tekimugasa ekifa ku biseera — oba byanguwa oba birwa. Ye wa kubeerawo era w'ali emirembe gyonna. Ku Ye emyaka olukumi giyinja okumulabikira ng'olunaku olumu oba eddakiika emu.

N'olw'ekyo ku Ye tekyetaagisa kwanguyiriza bibonyobonyo bya bonoonyi kubanga yalagaanyisa dda okubala, okulamula n'okusasula buli muntu empeera z'emirimu gye gy'akola kuno ku nsi, ku Lunaku Lw'enkomerero. Olwo abo abonoonyi lw'alibazikiriza mu muliro; sso si ate kukyusa ndagaano Ye ayanguyiririze okuleeta olunaku olwo, olw'ekiyaama.



50. Abo abakiriza ne bakola emirimu emirongoofu, balina okusonyiyibwa, n'okugabirwa okw'ekitiibwa.
51. N'abo abategana mu kwonoona balemese obubonero Bwaffe, abo be bannannyini kuyingira mu muliro (*Al-Jahimu*).
52. Tetutumanga oluberyeberye lwo Mubaka yenna oba Nabbi wabula nga bw'aba nga asoma (obubaka bw'azze nabwo) Sitaane ateeka mu kusoma kwe (ebirala ebitali byamu). (Wabula Ye) Katonda n'asangulawo ebyo sitaane by'ataddewo. Bw'amala Katonda n'akakasa ebighambo Bye. Ne Katonda Mumanyi, Mukakasa;
53. (Katonda akola bw'aty) alyoke afuule ebyo sitaane by'essaawo ekikemo ky'abo abalina mu mitima gyabwe obulwadde, n'abakakanyavu b'emitema gyabwe — Ddala mazima abalyazaamaanyi bali mu kwawukana okw'ewala —
54. Era balyoke bamanye abo abaa weebwa okumanya nti ddala (Kuraane) ge mazima agavudde eri Mukama wo, era bagikkirize olwo emitima gyabwe gitereere nakwo (okumanya okwo). Na mazima Katonda alunngamya abo abakiriza eri ekkubo eggolokofu.
55. Tebalirekeraawo abo abakafuwala kubeera mu kugibusabuusaamu (Kuraane) okutuusa Ekiseera Eky'enkomerero lwe kiribajjira ekibwaturikira, oba ne bibajjira ebibonyobonyo mu lunaku olwereere olutalibaamu kisa kyonna (eri bo).

فَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ  
مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَرِيمٌ ﴿٥٠﴾

وَالَّذِينَ سَعَوْا فِي آيَاتِنَا مُعْجِرِينَ  
أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ﴿٥١﴾

وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ  
رَسُولٍ وَلَا نَبِيٍّ إِلَّا إِذَا تَمَنَّى  
أَلْفَى الشَّيْطَانَ فِي أُمْنِيَّتِهِ  
فَيَنْسَخُ اللَّهُ مَا يُلْقِي الشَّيْطَانُ ثُمَّ  
يُحْكِمُ اللَّهُ آيَاتِهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٥٢﴾

لِيَجْعَلَ مَا يُلْقِي الشَّيْطَانُ فِتْنَةً  
لِلَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ وَالْقَاسِيَةِ  
قُلُوبُهُمْ وَإِنَّ الظَّالِمِينَ لَفِي شِقَاقٍ  
بَعِيدٍ ﴿٥٣﴾

وَلِيَعْلَمَ الَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ أَنَّهُ الْحَقُّ  
مِنْ رَبِّكَ فَيُؤْمِنُوا بِهِ فَتُخْبِتَ لَهُ  
قُلُوبُهُمْ وَإِنَّ اللَّهَ لَهَادِ الَّذِينَ  
آمَنُوا إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٥٤﴾

وَلَا يَزَالُ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي مَرِيَّةٍ  
مِنْهُ حَتَّى تَأْتِيَهُمُ السَّاعَةُ بَغْتَةً  
أَوْ يَأْتِيَهُمْ عَذَابٌ يَوْمَ عَقِيبِهِ ﴿٥٥﴾

51. Abantu ab'ekika ekyo bafuba nnyo balemese abantu okugoberera Nabbi (s.a.w.).

56. Obufuzi mu lunaku olwo (buliba) bwa Katonda (Yekka). Aliramula wakati waabwe. Naye abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu baliba mu Jjana Ey'ebyengera (Ennyumba Ey'emirembe),

الْمَلِكُ يَوْمَئِذٍ يَخْتَصِمُ بَيْنَهُمْ  
فَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فِي  
حَنَّتِ الْعَالَمِينَ ﴿٥٦﴾

57. N'abo abaakaafuwala ne balimbisa obubonero Bwaffe, nabo balina ebibonyobonyo ebinyoomesa.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا فَاُولَٰئِكَ  
لَهُمْ عَذَابٌ مُّهِينٌ ﴿٥٧﴾

58. N'abo abaasenguka (okuva mu maka gaabwe ku lw'okulwana) mu kkubo lya Katonda oluvannyuma ne battibwa oba ne bafa, mazima Katonda agenda kubagabira ebigabwa ebirungi. Ddala mazima Katonda Ye ye mulungi okusinga abagaba (bonna).

وَالَّذِينَ هَاجَرُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ ثُمَّ  
قَاتَلُوا أَوْ مَاتُوا لَبِئْسَ مَا كَانُوا يَفْعَلُونَ  
وَأَنَّ اللَّهَ لَهُوَ خَيْرُ الرَّازِقِينَ ﴿٥٨﴾

59. Alibayingiza obuyingiro bwe balisiima (Ejjana). Na mazima Katonda Mumanyi, Ow'ekisa.

لَيْدُ خَلْقَهُمْ مُّدَّ خَلْقٍ لَّيْرَضُونَهُ وَإِنَّ  
اللَّهَ لَعَلِيمٌ حَلِيمٌ ﴿٥٩﴾

60. Ekyo kye tukutegeezizza. N'omuntu abonereza ekyenkanyi (ky'ekyo) nga bw'abonerezebwa oluvannyuma (nate) n'alumbaganwa, mazima Katonda amutaasa. Ddala Katonda Mulekezi, Omusonyi.

ذَٰلِكَ وَمَنْ عَاقَبْ بِمِثْلِ مَا عُوقِبَ  
بِهِ لَعَجِبْ عَلَيْهِ لَسَيَجْزِي اللَّهُ مِثْلَ  
اللَّهِ لَعْفًا عَظِيمًا ﴿٦٠﴾

61. Ekyo lwa kubanga mazima. Katonda abuliza ekiro mu musana n'abuliza omusana mu kiro, era lwa kubanga mazima Katonda Awulira. Alaba (buli kimu).

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ يُولِجُ اللَّيْلَ فِي النَّهَارِ  
وَيُولِجُ النَّهَارَ فِي اللَّيْلِ وَأَنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ  
بَصِيرٌ ﴿٦١﴾

62. Ekyo lwa kubanga mazima Katonda, Ye ge Mazima, era mazima ebyo bye basaba ebitali Ye byo bye bitali bituufu,

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّ مَا  
يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ هُوَ الْبَاطِلُ وَ

58. Abantu abasenguka mu mayumba gaabwe ku lw'okulwanirira eddiini ya Katonda n'oku-noonya okusiima Kwe — Okugeza nga Abasiraamu bwe baasengukira e Madina okuva mu Makka olw'okukijanyizibwa ku lw'enzikiriza yaabwe.

60. Singa omuntu abonyabonyezebwa naye ne yeerwanako, kyokka n'atasussa kw'ekyo ekyenkanyi nga bwe yabonyabonyezebwa nate oluvannyuma oyo n'amulumbagana omulundi ogw'okubiri, Katonda talema kumutaasa ku mulabe we.

era kubanga mazima Katonda Ye wa Waggulu, Omunene.

63. Tolaba nti mazima Katonda assa okuva mu ggulu amazzi (enkuba) n'ekeesa ensi nga eddugazza? Mazima Katonda Alumirwa (ebitonde Bye), Amanyi ebyama.
64. Bibye ebyo (byonna) ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi. Era mazima Katonda ye Mugagga (ayeemalirira), atenderezebwa.
65. Tolaba nga mazima Katonda yabagondeza ebyo (byonna) ebiri mu nsi n'amaato agaseeyeyeza mu nyanja olw'okulagira Kwe? Era aziyiza eggulu obutagwa ku nsi wabula ku lwa buyinza Bwe. Mazima Katonda Mukwatampola ku bantu, Omusaasizi.
66. Era Y'oyo Ye eyabawa obulamu, bw'amala n'abatta, (nate) Oluvannyuma abalamuse (ku Lunaku Lw'okuzuukira). Mazima omuntu muwakanyi omuwalaazi w'empaka omuyitirivu!
67. Buli kibiina twakiteerawo amateeka bo ge banaakwatanga; kale tebakukaayanyanga (abakafiiri) mu kigambo, (wabula) koowoola (abantu) okujja

أَنَّ اللَّهَ هُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ﴿٦٣﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَتُصْبِحُ الْأَرْضُ مُخْضَرَّةً إِنَّ اللَّهَ لَطِيفٌ خَبِيرٌ ﴿٦٤﴾

لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَإِنَّ اللَّهَ لَهُ الْغَنَى الْحَمِيدُ ﴿٦٥﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ سَخَّرَ لَكُمْ مِمَّا فِي الْأَرْضِ وَالْفُلْكَ تَجْرِي فِي الْبَحْرِ بِأَمْرِهِ وَيُمْسِكُ السَّمَاءَ أَنْ تَقَعَ عَلَى الْأَرْضِ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ بِالنَّاسِ لِرءُوفٍ رَحِيمٍ ﴿٦٦﴾

وَهُوَ الَّذِي أَحْيَاكُمْ ثُمَّ مُمِيتَكُمْ ثُمَّ يُحْيِيكُمْ إِنَّ الْإِنْسَانَ لَكَفُورٌ ﴿٦٧﴾

لِكُلِّ أُمَّةٍ جَعَلْنَا مَنْسَكًا هُمْ نَاسِكُوهُ فَلَا يُنَادِعُكَ فِي الْأَمْرِ وَإِذْعَارِي

63. Okutonnya kw'enkuba n'okulaba nga kuleetera ensi okuddugaza n'efuuka kiragala olw'ebimera byonna okumeruka n'okuggumiza. — ekyo kiraga obuyinza bwa Katonda n'engeri gy'alumirwa ebitonde Bye; era nga bw'amilyi obwetaavu bwa buli kintu.

64. Katonda talina kyonna kye yeetaaga ku bitonde Bye kubanga yeemalirira; era y'atenderezebwa ku lw'ebyo by'agabira ebitonde.

67. Buli kibiina ky'abantu. Katonda yabateerawo amateeka ge bagoberera — Abakkiriza (Abasiraamu) mu ngeri y'emu Katonda yabawa amateeka mu ddiini ge bagoberera — nalyo ly'ekkubo eggolokofu ery'obulunngamu.

N'abakafiiri balina ebyo bye bagoberera — nalyo ly'ekkubo ekkyamu ery'obubuze. N'olw'ekyo tewali nsonga ebakaayanya ku bigambo ebifa ku ddiini. kubanga amakubo gombiriri maawukamu, abantu tebayinza kutegeeragana.

eri Mukama wo. Mazima ggwe oli ku bulunngamu obugolokofu.

68. Bwe babanga bakukaayanyizza, bagambenga nti: Katonda y'amanyi ebyo bye mukola.

69. Katonda aliramula wakati wammwe ku Lunaku Lw'okuyimirira mu maaso Ge; mw'ebyo (ebifa ku ddiini) bye mwalinga mwawukanamu.

70. Abaffe tomanyi nti mazima Katonda amanyi ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi? Mazima ebyo (byonna) biri mu Kitabo (Kye). Ddala ekyo kyangu ku Katonda.

71. Ne basinza ebitali Katonda ebyo ebitalakako bujulizi bulaga nti bisinzibwe, era ebyo bye batalinaako kumanya. Era abalyazaamaanyi tebalina mutaasa.

72. Bwe buba nga bubasomeddwa obubonero Bwaffe obunnyonyofu, otegeera mu maaso g'abo abakafiiri okutamwa; basemberera okulumba mu bwangu (bababattule) abo abubasomera Obubonero Bwaffe. Bagambe nti: Abaffe mbategeeze ekibi okusinga ekyo? Omuliro! Katonda gwe yalagaanyisa abo abaakaafuwala. Obwo bwe buddo obusingayo obubi.

رَبِّكَ إِنَّكَ لَعَلَّ هُدَىٰ مُسْتَقِيمٍ ﴿٧٤﴾

وَلَنْ جَادُوا لَوْ كَفَرْنَا اللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿٧٥﴾

اللَّهُ يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فِيمَا كُنْتُمْ فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿٧٦﴾

أَلَمْ تَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ ط إِنَّ ذَلِكَ فِي كِتَابٍ ط إِنَّ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ﴿٧٧﴾

وَيَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا كُنْ يُنَزَّلُ بِهِ سُلْطَانًا وَمَا لَيْسَ لَهُمْ بِهِ عِلْمٌ وَاللَّظَالِمِينَ مِنْ نَصِيرٍ ﴿٧٨﴾

وَإِذْ أَنْتَلَىٰ عَلَيْهِمْ آيَاتُنَا بَيَّنَّتْ لَعْرِفَ فِي وُجُوهِ الَّذِينَ كَفَرُوا الْمُسْكِرَ ط يَكَادُونَ يَسْطُونَ بِالَّذِينَ يَتَلَوْنَ عَلَيْهِمْ آيَاتِنَا قُلْ أَفَأَنْتُمْ كُنْتُمْ تَشْرِكُونَ مِنْ ذَلِكَ لَمَّا نَسُوا اللَّهَ حِينَ كَفَرُوا وَكَفَرُوا بِالَّذِينَ كَفَرُوا ط إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي قُلُوبِكُمْ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٧٩﴾

70. Ebyo byonna ebyogeddwa byawandiikwa dda ku Lubaawo olukuumbwa obutiribiri. Tawali kyonna ekyabaawo oba ekiribaawo, wabula Katonda yakiwandiika dda ekiseera we kiri-beererawo n'engeri gye kiriba.

71. Abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe ne basinza ebyo ebitali Katonda, si ba kufuna mutaasa yenna ku Lunaku Lw'enkomerero. oyo alibawonya mu bibonerezo bya Katonda.

72. Kuraane bw'eba nga esomeddwa – eyo erimu obubonero obulaga mu bukakafu amazima gaayo, era erimu obujulizi obutangaavu obutegeerekeka buli omu – ekyo bo abakafiiri bakyetamwa, ne baagala n'okubabatturirawo abo ababa bagibasomera. Era bo tebalina kye basobola kuddamu mu ebyo ebibasomerwa okuggyako okuwalaza kwokka empaka, n'okwagala okulwanyisa abo ababibasomera olw'okubulwa kye baddamu.

73. Abange mmwe abantu! Ekifaananyi kikubiddwa, kale mukiwulirize: Mazima abo be musaba abatali Katonda Omutonzi tebasobola kutonda (wadde) nsowera newankubadde nga bakunngaanye ku lwayo. Ne bw'eba ensowera nga ebaggyeeko ekintu kyonna tebayinza kukigiggyako. Anafuyidde ddala (oyo) abanja n'abanjibwa.

يَا أَيُّهَا النَّاسُ خُزِبَ مَثَلٌ فَاسْتَمِعُوا اللَّهَ  
إِنَّ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
لَنْ يَخْلُقُوا ذُبَابًا وَلَوْ اجْتَمَعُوا لَهُ  
وَأَنْ يَسْلُبَهُمُ الذُّبَابُ شَيْئًا لَا يَسْتَنْقِذُوهُ  
مِنْهُ ضَعُفَ الطَّالِبُ وَالْمَطْلُوبُ ﴿٣٣﴾

74. Tebagulumiza Katonda mu bukakafu bwa kumugulumiza. Mazima Katonda wa Maanyi, Ow'ekitiibwa.

مَا قَدَرُوا اللَّهَ حَقَّ قَدْرِهِ إِنَّ اللَّهَ  
لَعَزِيزٌ بِعِزِّهِ ﴿٣٤﴾

75. Katonda ayawula ababaka nga abaggya mu bamalayika ne mu bantu. Mazima Katonda Awulira, Alaba.

اللَّهُ يَصْطَفِي مِنَ الْمَلَائِكَةِ رُسُلًا  
وَمِنَ النَّاسِ إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ ﴿٣٥﴾  
يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ  
وَأَلَى اللَّهِ تَرْجِعُ الْأُمُورُ ﴿٣٦﴾

76. Amanyi ebyo ebiri wakati mu maaso gaabwe (ebinajja) n'ebyo ebiri emabega waabwe (ebyayita), n'eri Katonda y'ezibwa ebigambo byonna.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا ارْكَعُوا وَاسْجُدُوا  
اعْبُدُوا رَبَّكُمْ وَافْعَلُوا الْخَيْرَ لَعَلَّكُمْ  
تُفْلِحُونَ ﴿٣٧﴾

77. Abange mmwe abakkiriza! Mukutame era muvunname (musaale), era musinze Mukama wammwe, era mukole obulungi, oba olyawo mulirokoka.

وَجَاهِدُوا فِي اللَّهِ حَقَّ جِهَادِهِ هُوَ اجْتَبَاكُمْ

78. Mulwane ku lwa Katonda obukakafu bw'okumulwanirira. Ye, ye

Mu ngeri y'emu, bulijjo ababuze tebwuliriza mazima ago agaba gabagambiddwa, wabula badda mu kugalwanyisa bulwanyisa owatali nsonga ntuufu.

73. Mu aya eno Katonda atangaazizza eri abantu bonna ng'abategeza obunafu bw'ebyo bye basinza ne babyesigamirako okubisaba, ebitali Ye: Okugeza abantu basinza ebifaananyi, amasana ne balubaale — byonna awamu ebitayinza kutonda nsowera, wadde ka bibe nga byonna ebisinzibwa n'abo abasabibwa abatali Katonda nga bakunngaanye ne bateesa buli omu n'awa amagezi ku kutonda ensowera okwo: Tebayinza kugitonda ku lw'obunafu bwabwe n'obutasobola, sso nga ensowera ebalibwa okuba ekiramu kya wansi ekinyoomebwa.

Era ensowera eyo singa enyaga ku bakatonda abo ekintu kyonna, bo bennyini tebasobola kwerwanako balyoke bakigiggyeko. Awo ne kirabika nga bombiriri abo abasaba n'abasabibwa benkana mu bunafu. Kale olwo kisoboka kitya okugasa abo ababasinza oba okubataasa?

74. Abantu abo abasinza ebintu ebirala ebbali wa Katonda Omutonzi, tebawa Katonda kitiibwa ekyo ekimukakaturwa okumuwa — ku lw'okusinza ebintu ebyo ebbali We bye bamugattako era n'okusaba ebyo ebitabagasa.

78. Abakkiriza tukubirizibwa okwewaayo ffe kennyini n'emmaali yaffe, n'ebigambo byaffe nga tugenderera okusitula ekigambo kya Katonda — Kubanga Katonda yalondamu n'asukkulumya

yabaawula (mmwe abagoberezi ba Muhammadi) era teyabateera mu ddiini kunyigibwa kwonna; (nayo eno eddiini yammwe) y'eddiini ya kitammwe (Nabbi) Ibrahiiimu. Ye (Katonda), ye yabatuuma Abasiraamu oluberyeberyey (mu bitabo ebyasooka) ne mw'e-kyo (Ekitabo Kuraane), omubaka alyoke abeere abawaako obujulizi, ate (mmwe) mubeere abawa obujulizi ku bantu (abalala bonna mu nsi). Kale muyimirizeewo esswala era mutoole zakka, era mwenyweze ku Katonda. Ye, ye Mukama wammwe. Ye, y'Ekyengera ky'Omutakasa era Ekyengera ky'Omutaasa!

وَمَا جَعَلْنَا عَلَىٰ الدِّينِ مِنْ حَرَجٍ  
 مِّلَّةَ أَبِيكُمْ إِبْرَاهِيمَ هُوَ سَمَّاكُمُ الْمُسْلِمِينَ  
 مِنْ قَبْلُ وَفِي هَذَا يَلْكُونُ الرَّسُولَ  
 شَهِيدًا عَلَيْكُمْ وَتَكُونُوا شُهَدَاءَ عَلَى النَّاسِ  
 فَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَاحْتَصِمُوا  
 بِاللَّهِ هُوَ مَوْلَاهُمْ فَنِعْمَ الْمَوْلَىٰ وَنِعْمَ النَّصِيرُ

ekibiina kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ku bibiina bya bannabbi abalala bonna abaamusooka ku nsi. Era n'atulondera eddiini y'Obusiraamu eteriimu bizibu mu mateeka gaayo kubanga tegazitowerera muntu wabula gakwatagana bulungi n'obutonde bwe.

Katonda ye yatutuuma Abasiraamu — ekitegeza nti 'abagoberezi b'amateeka Ge'. Eddiini y'Obusiraamu yagyawula n'agisukkulumya ku bibiina ebirala byonna tulyoke tubeere abajulizi ku bantu b'ebibiina ebirala ebyakulembera ku Lunaku Lw'enkomerero.

Katonda yekka y'akakatiirwa okuba Omukama era Omutaasa oyo atayabulira muddu We aba amukkiriza.


## EBIFA KU SSUULA AL-MUUMINUUNA MU BUFUNZE (23)

Essuula eno y'emu kw'ezo ezakkira e Makka. Okusinga eyogera ebikwata ku nzikiriza y'eddiini y'Obusiraamu, okugeza nga Okwawula Katonda, Obubaka bwa Nabbi n'ebikwata ku Kuzukira. Yayitibwa Al-Muuminuuna, ekitegeeza 'Abakkiriza' ku lw'okulaga ekitiibwa kyabwe n'ebirungi bye balifuna bwe baliba nga bali mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) n'okusanyuka kwe balibeeramu okutagambika.

Essuula ewa era n'ennyonyola obujulizi obulaga Obuyinza bwa Katonda n'Obwomu Bwe mu Bwakatonda Bwe ng'ekyo kyeraga lwatu mu bitonde bya Katonda bye yatonda ebyewuunyisa; okugeza nga engeri gye yatonda omuntu n'ebiram n'ebimera era n'atonda eggulu eryewuunyisa. N'ekirala ekiraga obuyinza Bwe kwe kulaba amaato nga gaseeyeezeza ku mazzi awamu n'okuba nga gakubyeko ebintu. Okwo kwe kugendera n'ebirala lukunkumuli ebiraga obuyinza Bwe.

Era essuula enyuma ku bimu ku byafaayo bya Bannabbi n'ebizibu bye baafuna mu kutuusa Obubaka eri abantu be baatumwamu. Ekyo kibeeere nga kigumya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) obutafaayo ku bizibu bye yafunanga mu kutuusa Obubaka obwamutumwa. Mw'ebyo by'eyogerako mwe muli ebyafaayo bya Nabbi Nuuhu ne Huudu ne Musa, era eyogera ku Mariyamu ne mutabani we Issa. Era n'etegeeza ku ngeri abakafiiri b'omu Makka gye baawalaazanga empaka n'okwekuluntaza nga bawakanya Amazima oluvannyuma lw'okubeeyolekera nga omusana. N'oluvannyuma lw'obujulizi okweraga obukakasa nga Okuzuukira bwe kulibaawo oluvannyuma lw'okufa. Era etegeza nga ebibonerezo ebitagambika bwe birituuka ku batakkiriza mu Bulamu Obw'oluvannyuma ne mu kiseera ky'okufa kwabwe, mu kiseera bwe balyegomba okudda ku nsi basobole okuyunga ebyo bye baaleka mu mirimu emirongoofu.

Essuula emaliriza ng'eyogera ku Lunaku Lw'okuзуukira mu kiseera abantu bwe balyawulwamu emiteeko ebiri, abalongoofu n'abonoonyi — eby'oluganda n'emikwano ne biggwaawo n'etaba kigasa muntu kirala kyonna okuggyako emirimu gye emirungi n'okukkiriza kwe okutuufu. N'eraga okwogeranya okuliba wakati wa Katonda Ow'amaanyi n'abantu b'omu muliro abaliba nga bawanjaga ne batafuna kuddibwamu oba okutaasibwa.



ESSUULA AL-MUUMINUUNA (23)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya 118

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Mazima ddala balokose abakkiriza,
2. Abo bo mu kusaala kwabwe (ababa) nga beewombeefu,
3. Era be bo abaawukana n'emizannyo (mu mboози zaabwe),
4. Era be bo abo abakola (n'obujjumbize omulimu) gw'okutoola zakka;
5. Era be bo abakuuma obwereere bwabwe —
6. Wabula ku bakyala baabwe oba (abazaana) abo emikono gyabwe egya ddyo be gyafuna (kubanga) mazima ku bo sibanenyezebwa,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

قَدْ أَفْلَحَ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١﴾  
الَّذِينَ هُمْ فِي صَلَاتِهِمْ خَاشِعُونَ ﴿٢﴾  
وَالَّذِينَ هُمْ عَنِ اللَّغْوِ مُعْرِضُونَ ﴿٣﴾  
وَالَّذِينَ هُمْ لِلرُّكُوتَةِ فَاعِلُونَ ﴿٤﴾  
وَالَّذِينَ هُمْ لِقَاءُ رَبِّهِمْ حَافِظُونَ ﴿٥﴾  
إِلَّا عَلَىٰ أَرْوَاحِهِمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ ﴿٦﴾  
فَالَهُمْ غَيْرُ مَمْنُونٍ ﴿٧﴾

1. Entandikwa y'essuula eno, ennyonyola ebitundu by'omukkiriza ow'amazima. *Aflaha* — ekitegeeza okutuuka ku kiruubirirwa, ekitegeeza nti nno 'abakkiriza bawangudde mu kigendererwa kyabwe!'

2. Bwe baba nga basaala basembeza emitima gyabwe era n'ebiyungo byabwe bisiriikirira ku lw'okutya Katonda. Mu kiseera ckyo tebatwaanya mitima gyabwe na kulwooza nsi. Kale mu ngeri eyo, ne bateeka ekitiibwa kya Katonda mu maaso gaabwe nga balinga abamulabako.

3. Era beesamba ebintu by'olubaalaato n'ebinyumu cbyo ebiyiza okubalabankanya ne bibagya ku kwogera ku Katonda waabwe, bwe baba banyuma.

Omukkiriza ow'amazima alina bingi ebimutwaanya, mu bigambo ebifa ku ddiini, ne bitamusobozesa kulwooza ku byalusaaگو na binyumu.

4. Tebakoma ku kwemalira eri Katonda na kwesamba mizannyozannyo egitaliimu nsa, wabula n'emmaali yaabwe bagitukuza ne batoola zakka mu mmaali yaabwe, ekitundu kyalaalikibwa okutoola.

5. Beekuuma ne batakola bya bwenzi, kale ne baba nga batukuvu. Mu ngeri y'emu n'amaka gaabwe gabeera nga matukuvu. Mu ngeri eyo eggwanga lyonna liwona okwonooneka era n'ennnganda zikumwa ne ziteetabulatabula.

6. Abakkiriza bonna bakkirizibwa okuzozesa n'okumalira obwagizi bwabwe ku bakyala baabwe bokka, abo be baawasa mu mateeka g'eddiini, oba ku bakyala abawambiddwa mu ntalo z'eddiini (abazaana). Wano tekitegeeza nti Obusiraamu bwassaawo obuddu — wabula lyali iteeka erikozesebwa mu ntalo mu nsi yonna, mu mirembe gy'ebiyasa ebyayita ng'omuntu yenna awambibwa mu lutalo afuulibwa muddu.



7. (Naye oyo) omuntu anoonya emabega w'ekyo, nabo be baba basusse ekikomo (ky'amateeka ga Katonda).
8. Era be bo abakuuma obwesigwa bwabwe n'endagaano zaabwe,
9. Era be bo abekuuma okutuukiriza esswala zaabwe.
10. Abo bo be balisikira,
11. Abo abalisikira *Al-Firdausi* (Ejjana *Firdausi*). Bo ba kutuula bugenderevu mu yo.
12. Mazima twakola omuntu (Adamu) nga tumuggya mu bbumba;
13. Oluvannyuma ne tumufuula amazzi agazaala agali mu nnabaana omunywevu;

فَمَنْ ابْتغَىٰ وَرَاءَ ذَلِكَ فَأُولَٰئِكَ هُم  
الْعُدُوْنَ ④

وَالَّذِينَ هُمْ رَمَتْنَاهُمْ وَوَعَدْنَا لَهُمُ الرَّاغُوثَ ⑤

وَالَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ ⑥

أُولَٰئِكَ هُمُ الرَّاغُوثُونَ ⑦

الَّذِينَ يَرِثُونَ الرِّقْدَ وَرَسَّ هُمْ فِيهَا  
خَالِدُونَ ⑧

وَلَقَدْ خَلَقْنَا الرِّسَّانَ مِنْ سُلَالَةٍ  
مِّن طِينٍ ⑨

ثُمَّ جَعَلْنَاهُ نَظْفَةً فِي قَرَارِ قَلْبَيْنِ ⑩

Eddiini y'Obusiraamu bwe yajja, yafuna abalabe bangi abaagirwanyisa n'ewalirizibwa okukozesa etteeka ly'okufuna abaddu — kubanga tekyandibadde kya bwenkanya okubeera nga Abasiraamu abawambiddwa bafuulibwa abaddu, ng'ate bo be bawamba babalekera eddembe ly'okwetaaya.

Singa weetegereza mu mateeka g'Obusiraamu oja kusanga nga gakubiriza abantu okuta abaddu — oba okununula omuddu aba mu buddu n'okuwaayo emmaali y'ennunuzi eri oyo aba amufuga. Era okuta abaddu, amateeka g'Obusiraamu gakufula mutango mu misanga eminene. Kale wano kitegerekeka bulungi nti etteeka ly'okussaawo obuddu lya kiseera buseera — lyakolanga mu biseera bya ntalo za ddiini. Tewali muntu yenna akkirizibwa afuule muntu munne muddu.

7. Singa omuntu yenna amalira obwagazi bwe ku atali mukyala we oba omuzaana we, aba ayabuluzza amateeka ga Katonda — olwo aba akakaseeko okuboneerezibwa.

8. Abantu ab'ekika ekyo (Abakkiriza abatuufu) bwe baba beesigiddwa mu kintu oba ne basingirwa ekintu oba nga babadde balagaanyisizza, batuukiriza ekyo kyennyini ne batakumpanya buvunaanyizibwa bubaliko, era ne batabulagajjalira.

Obuvunaanyizibwa bwa mirundi mingi: waliwo obwo Katonda bw'avunaana abantu, nga obusookera ddala kukakasa nga Bw'ali Omu atenderezibwa. Obulala bukwata ku nkolagana wakati w'abantu, okutuukiriza ebyo omuntu by'alina obuvunaanyizibwa, n'okutuukiriza obwecyamo, obwesigwa n'endagaano ezo eziri wakati w'omuntu ne Katonda we, ne wakati w'abantu banne.

9. Basaala esswala ettaano mu biseera byazo. Mutabani wa Masuudi yabuuza Nabbi (s.a.w.) nti: "Mulimu ki ogusinga okwagalwa eri Katonda?" N'amuddamu nti: 'Okusaala esswala mu biseera byazo.'

11. Bagenda kuyingira Ejjana basikire ebifo eby'abo abatakiriza. Nabbi (s.a.w.) yagamba: Buli muntu alinayo ku Nkomerero ebifo bibiri ekiri mu Jjana n'ekiri mu muliro. Bw'aliba nga afudde n'ayingira omuliro, abali mu Jjana bagenda kusikira ekifo kye.

14. Oluvannyuma ne tutonda (okuva) mu mazzi ago ekisaayisaayi, ate ne tutonda mu kisaayisaayi ekinyama, (oluvannyuma) ne tutonda mu kinyama amagumba, ne twambaza amagumba (ago) ennyama, bwe twamala ne tumutandika olutonda olulala. Kale yatukula Katonda (Oyo) Omulungi okusinga abatonzi (bonna)!

ثُمَّ خَلَقْنَا النُّطْفَةَ عَلَقَةً فَخَلَقْنَا  
الْعَلَقَةَ مُضْغَةً فَخَلَقْنَا الْمُضْغَةَ  
عِظَامًا فَكَسَوْنَا الْعِظَامَ لَحْمًا ثُمَّ  
أَنْشَأْنَاهُ خَلْقًا آخَرَ فَبَرَكْنَا اللهُ أَحْسَنُ  
الْخَالِقِينَ ﴿١٣﴾

15. Nate, mazima mmwe oluvannyuma lw'ekyo muli ba kufa.

ثُمَّ إِنَّا كَرَّمْنَا بَعْدَ ذَلِكَ مَنْ يَتُوبُونَ ﴿١٥﴾

16. Oluvannyuma ate mugenda kuzuu-kizibwa ku Lunaku Lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda.

ثُمَّ إِنَّا كَرَّمْنَا يَوْمَ الْقِيَامَةِ مَنْ تَبِعْتُونِ ﴿١٦﴾

17. Era ddala twakola waggulu wammwe eggulu musanvu, era tetwali bagayaavu (ku kulabirira) ebitonde (Byaffe).

وَلَقَدْ خَلَقْنَا فَوْقَكُمْ سَبْعَ طَرَائِقَ  
وَمَا كُنَّا عَنِ الْخَلْقِ غَافِلِينَ ﴿١٧﴾

18. Era tussa nga tuggya mu ggulu (mu bire) amazzi (enkuba) mu kigero (ekisaanidde), ne tugabeeza mu ttaka, ate mazima Ffe ku kugenda nago (ne gabula) tuli abasobola.

وَأَنْزَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً يُقَدِّرُ فَاغْتَسَكْتُمْ  
فِي الرِّمْيِ وَإِنَّا عَلَى ذَهَابٍ بِهِ  
لَقَادِرُونَ ﴿١٨﴾

19. (N'amazzi) ago tubamereza ennimiro z'emitende n'emizabbibu, mulinamu mmwe (mu zo ennimiro) ebibala bingi nga ne mu byo (mulimu) bye mulya;

فَأَنْشَأْنَا لَكُمْ بِهِ جَنَّتٍ مِّنْ نَّجِيلٍ  
وَأَعْنَابٍ لَّكُمْ فِيهَا فَوَاحٍ كَثِيرٌ وَوَيْنٌ  
تَأْكُلُونَ ﴿١٩﴾

14. Ennyama n'amagumba oluvannyuma Katonda yabiteekamu omwoyo, olwo omuntu n'atandika okwenyeenya, n'afuuka ekitonde ekisobola okuwulira, okulaba n'okutegeera.

Aya eno ennyonnyola entonda n'obutonde bw'omuntu: Katonda yamutonda ng'amuggya mu ttaka, kyokka okuzaalukuka n'okwala ne biva mu mazzi agazaala agava mu mugongo gw'omusajja ne geegatta n'amagi g'omukazi, oluvannyuma ne gatereera nga kisaayisaayi mu nnabaana, ne gagenda nga gayita mu mitendera okutuusa Katonda lw'ateekamu omwoyo, olwo omuntu n'azaa-libwa nga muntu mujjuvu.

Ekyo kiraga obuyinza bwa Katonda n'enjawulo gy'Alina ku bitonde Bye, kubanga tewali atonda okuggyako Ye, Omugulumivu.

17. Katonda alabirira ebitonde n'akuuma eggulu lireme okugwira ebyo ebiri wansi waalyo.

Era amanyi ebyo ebikka okuva mu ggulu n'ebyo ebirinnya okugenda mu lyo: Tewali kiyinza kusumattuka kumanya Kwe.

18. Katonda atonnyesa enkuba n'eyingira mu ttaka mw'ebeera ekiseera esobole okutugasa, wabula ng'ayagadde obutagitonnyesa, akikola kubanga Ye asobola buli kimu.

20. Era (n'amazzi ago, atukuliza) n'omuti (omuzayituuni) ogumera nga guva mu lusozi Sinaai oguvaamu mu bibala byagwo omuzigo, n'enva ez'abalya.
21. Era mazima mulina mmwe mu bisolo ebirundwa eky'okulabirako. Tubanyweesa mw'ebyo ebiva mu mbuto zaabyo (amata) era mubirinamu emigasoo (emirala) mingi, ne mu byo kwe mulya;
22. Ku byo ne ku maato mutikka ebintu byammwe.
23. Mazima twatuma Nuuhu eri ekibiina kye, n'agamba nti: Abange ekibiina kyange! Musinze Katonda Omutonzi. Temulina Katonda mulala atali Ye. Abaffe temutya?
24. Ne bagamba abakungu, abo abaa-kaafuwala, mu kibiina kye: Tali oyo (Nuuhu) wabula omuntu obuntu nga mmwe ayagala okubeesukkulumiizaako. Singa Katonda yayagala (okutuma ababaka), yandissizza malayika. Tetuwuliranga kino mu bakitaffe abaasooka.
25. Tali oyo wabula musajja omugu w'eddalu, mulindirire (n'obugumiikiriza) okutuusa ebbanga eggere (bw'anafa ne tumuwona).
26. (Nuuhu) n'agamba: Mukama wange! Ntaasa mw'ebyo bye bannimbisizza.
27. Kale ne tumutumira nga tugamba nti: Kola eryato ku kulabirira Kwaffe

وَشَجَرَةً تَخْرُجُ مِنْ طُورِ سَيْنَاءَ تَنْبُتُ  
بِالدُّهْنِ وَصِبْغٍ لِلرِّكْلَيْنِ ﴿٢٠﴾

وَإِنَّ لَكُمْ فِي الْأَنْعَامِ لَعِبْرَةً لَسِقْتُمْ  
مِمَّا فِي بُطُونِهَا وَلَكُمْ فِيهَا مَنَافِعُ كَثِيرَةٌ  
وَمِنْهَا تَأْكُلُونَ ﴿٢١﴾

﴿٢٢﴾ وَعَلَيْهَا وَعَلَى الْفَالِكِ مَحْمُوتُونَ ﴿٢٣﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ فَقَالَ  
لِقَوْمِ اعْبُدُوا لِلَّهِ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ  
غَيْرُهُ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٢٤﴾

فَقَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِهِ  
مَا هَذَا إِلَّا بَشَرٌ مِثْلُكُمْ لَا يُرِيدُ أَنْ  
يَنْفِضَ عَلَيْكُمْ وَوَسَاءَ اللَّهِ أَنْ نُنزِلَ  
مَلَائِكَةً نَاسِعًا هَذَا فِي آيَاتِنَا لِلَّذِينَ  
﴿٢٥﴾

إِنْ هُوَ إِلَّا رَجُلٌ أَبَىٰ جَنَّةً فَرَّبْنَا  
بِهِ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿٢٥﴾

قَالَ رَبِّ انصُرْنِي بِمَا كُنْتُ بَوَّانٌ ﴿٢٦﴾

فَأَوْحَيْنَا إِلَيْهِ أَنْ اصْنَعِ الْفُلَ بِأَعْيُنِنَا

22. Ebisolo ebimu ffe abantu tubitikka emigugu era ne tubyebagala okutusaabaza nga bwe tukola ne ku maato.

27. Abantu abaali baagererwa edda okuzikirizibwa mu maka ga Nuuhu, baali omu ku batabani be ne Mukazi we, kubanga bombiriri baali bakafiiri - baagaana okukkiriza ne babcera mw'abo abaazikirira.

n'okulagira Kwaffe oluvannyuma bwe kinajja ekiragiro Kyaffe (eky'okubasaanyaawo) n'ettanuulu n'efukumula amazzi, olwo oyingize mu lyo (ng'oggya) mu buli mitindo ebiri bibiri bibiri (ekisajja n'ekikazi) n'abantu bo ab'omu maka wabula oyo eyakulemberwako ekigambo (ky'okuzikirizibwa) mu bo. Era toyogera Nange (nga weegayiririra nsonyiwe) abo abalyazaamaanya (emyoyo gyabwe, abonoonyi). Mazima bo ba kusaanawo.

- 28. Bw'oba nga omaze okulinyya, oteredde ggwe (Nuuhu) n'abo b'oli nabo ku lyato, olwo gamba nti: Buli kitendo kya Katonda Oyo atuwonyezza mu kibiina ky'abalyazaamaanyi!
- 29. Era ogambe (nga muva mu lyo), nti: Mukama wange! Nzisa olussa ku kifo eky'omukisa, kubanga Ggwe Mulungi okusinga abassa bonna.
- 30. Mazima muli mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda), era mazima Ffe twali abagezesa (abantu, mu kubatumira) ababaka.
- 31. Nate, oluvannyuma lwabwe, ne tusibulawo Omulembe gw'abantu abalala;
- 32. Ne tubatumamu omubaka nga ava mu bo, (abagambe): Musinze Katonda Omutonzi! Temulina Katonda mulala atali Ye. Abaffe temutya (bibonerezo Bye)?
- 33. Ne bagamba abakungu mu kibiina kye, abo abaakaafuwala ne baliimbisa okusisinkana Enkomerero, era (be twagaggawaza) ne tubeeyagaza

وَوَحِينًا إِذْ آجَاءَ أَمْرُنَا وَقَارَ التَّنُورُ  
فَأَسْلَكَ فِيهَا مِنْ كُلِّ زَوْجَيْنِ اثْنَيْنِ  
وَأَهْلَكَ إِلَّا مَنْ سَبَقَ عَلَيْهِ الْقَوْلُ  
مِنْهُمْ وَلَا تَحْطَبُنِي فِي الَّذِينَ ظَلَمُوا  
إِنَّهُمْ مُعْرِضُونَ ﴿٢٤﴾

وَإِذِ السُّورِيَّتُ أَنْتَ وَمَنْ مَعَكَ عَلَى  
الْفُلْكِ فَقُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي بَخَّصَنَا  
مِنَ الْقَوَمِ الظَّالِمِينَ ﴿٢٥﴾

وَقُلِ رَبِّ أَنْزِلْنِي مُنْزَلًا مُبْرَكًا وَأَنْتَ  
خَيْرُ الْمُنْزِلِينَ ﴿٢٦﴾

إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَاتٍ لِّرَأْسِ الْغَابِطِينَ ﴿٢٧﴾

ثُمَّ أَنْشَأْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ قَرْنًا آخَرِينَ ﴿٢٨﴾

فَارْسَلْنَا فِيهِمْ رَسُولًا مِنْهُمْ أَنْ اعْبُدُوا  
اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ أَفَلَا  
تَتَّقُونَ ﴿٢٩﴾

وَقَالَ الْمَلَأُ مِنْ قَوْمِهِ الَّذِينَ كَفَرُوا  
وَكذبُوا بِآيَاتِنَا الْأَخْرَجُوا وَأَتْرَفْنَاهُمْ  
فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا مَا هَذَا إِلَّا بَشَرٌ

- mu bulamu obw'ensi (buno)! Tali ono (Omubaka) wabula muntu buntu nga mmwe, alya mw'ebyo bye mulyako era anywa mw'ebyo bye munywako.
34. Mazima bwe munaagondera omuntu obuntu afaanana nga mmwe, ddala munaaba mufaafaaganiddwa.
35. Abatiisa nti mazima mmwe bwe muliba nga mufudde ne mufuuka ettaka n'amagumba, (mbu) ddala mmwe muli ba kuvaayo (kuzuukira)?
36. Tekiyinzika! Kiri wala ddala ekyo kye mulagaanyisibwa.
37. Tebuliyo bwo (Obulamu Obw'oluvannyuma), wabula obulamu obwaffe bunu obw'ensi; tufa ate ne tuba abalamu, kyokka tetuli ffe ba kuzuukira (nate).
38. Tali oyo (ayeeyita omubaka) wabula musajja agunze ku Katonda obulimba. Tetuli ffe ba kumukkiriza.
39. (Omubaka) n'agamba nti: Mukama wange! Ntaasa mw'ebyo bye bannimbisizza.
40. (Katonda) n'agamba nti: Mu kiseera kitono (nnyo) bajja kukeesa nga bejjusa.
41. Kale ne kubakwata okubwatuka okw'ekitalo n'amazima (ne bazikirira), ne tubafuula ebisasiro ebikulusibwa mukoka. Okwesamba kuli ku kibiina ky'abalyazaamaanyi (abakafiiri)!

مِنْكُمْ يَا كَلِّ وَمَا نَا كَلُونَ مِنْهُ  
وَيَسْرُبُ مِنْ آسْرُونٍ ﴿٣٤﴾

وَلَيْنَ أَطْعَمْتُمْ نِسْرًا مِثْلَكُمْ لَا تَأْتِكُمْ  
إِذَا الْحَيْسُ رُونَ ﴿٣٥﴾

أَبْعَدُكُمْ أَكْفًا إِذَا مَنَّمْتُمْ وَكُنْتُمْ تَرَابًا  
وَعِظَا مَا أَتَاكُمْ مُخْرَجُونَ ﴿٣٦﴾

هَيْمَاتِ هَيْمَاتِ لِمَا تُوعَدُونَ ﴿٣٧﴾

إِنْ هِيَ إِلَّا حَيَاتُنَا الدُّنْيَا نَمُوتُ وَ  
نَحْيَا وَمَا نَحْنُ بِمَبْعُوثِينَ ﴿٣٨﴾

إِنْ هُوَ إِلَّا رَجُلٌ يُقْتَرَى عَلَى اللَّهِ  
كَذَّبًا وَمَا نَحْنُ لَهُ بِمُؤْمِنِينَ ﴿٣٩﴾

قَالَ رَبِّ النَّصْرُ فِي يَمِينِكَ ذُبُونِ ﴿٤٠﴾

قَالَ عَمَّا قَلِيلٍ لَيُصْبِحُنَّ نَدِيمِينَ ﴿٤١﴾

فَاخَذَتْهُمْ الصَّيْحَةُ بِالْحَقِّ فَجَعَلْنَاهُمْ  
عَنَاءً قَبْعًا لِلْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٤٢﴾

36. Ekyo eky'okuzuukira ne mudda obulamu oluvannyuma lw'okufa nga mumaze okufuuka ettaka n'amagumba, kiri wala nnyo tekisoboka kubeerawo. Ekituufu era nga ky ekikakafu kyokka kwe kweyagalira mu bulamu bunu obw'oku nsi. era mwe muli empeera.

Ebyo by'ebigambo by'abakungu. bye baategeezanga abagoberezi haabwe baleme okukkiriza Nabbi eyabatimirwanga.

37. Baayongerera okukiggumiza nga bawakanya okuzuukira ne bagamba nti. abantu abamu bafa

- 42. Nate ne tusibulawo oluvannyuma lwabwe Emirembe gy'abalala.
- 43. Tewali kibiina kyonna kikulemba ntuuko yaakyo era tebalindirizibwa (nga ekiseera kyabwe kituuse).
- 44. Oluvannyuma ne tutuma ababaka Baffe omuddirirwa. Buli lwe kyajjirwanga ekibiina Omubaka waakyo ne bamulimbisa; n'olw'ekyo ne tugobera abamu ku bannaabwe (ebibonerezo by'okubazikiriza): Era ne tubafuula embooji (enyumizibwa). Okuzikirira n'okuggwaawo kuli ku kibiina ky'abakafiiri!
- 45. Oluvannyuma ne tutuma Musa ne muganda we (Haruuna) n'obubonero Bwaffe wamu n'obujulizi obweyolefu.
- 46. Eri Fir'auna n'ekibiina ky'abakungu be, wabula ne beekuza ne babeera ekibiina ky'abeesukkulumya.
- 47. Ne bagamba nti: Tukkirize abantu ababiri abafaanana nga ffe, nga n'ekibiina kyabwe kitugondera baweerza baffe abaddu?
- 48. Kale ne babalimbisa bombiriri, olwo ne babeera mu baazikirira.
- 49. Era mazima twawa Musa Ekitabo (Tauraati), oba olyawo ne balungama.

ثُمَّ أَنْشَأْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ قُرُونًا آخَرِينَ ﴿٤٢﴾

وَأَسْبَقَ مِنْ أَقَامَةِ أَجَلِهَا وَمَا يَسْتَأْذِنُونَ ﴿٤٣﴾

ثُمَّ أَرْسَلْنَا رُسُلَنَا تَتْرَاءَ كُلَّمَا جَاءَ أُمَّةٌ رُسُلَهُمْ كَذَّبُوهُ فَاتَّبَعْنَا بَعْضَهُمْ بَعْضًا وَجَعَلْنَاهُمْ أَحَادِيثَ فَبِعَدَا لِعَقْوِمٍ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٤٤﴾

ثُمَّ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ وَأَخَاهُ هَارُونَ بِآيَاتِنَا وَسُلْطٰنٍ مُبِينٍ ﴿٤٥﴾

إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِ فَأَسْتَكْبَرُوا وَكَانُوا قَوْمًا عَالِينَ ﴿٤٦﴾

فَقَالُوا إِنَّا نُمِرُّ لِبَشَرَيْنِ مِثْلِنَا وَقَوْمُهُمَا لَنَا عِدُونَ ﴿٤٧﴾

فَكَذَّبُوهُمَا فَكَانُوا مِنَ الْمُهْلَكِينَ ﴿٤٨﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَىٰ الْكِتَابَ لَعَلَّهُمْ يَهْتَدُونَ ﴿٤٩﴾

nga eno abalala bazaalibwa — ekyo kyo kituufu, naye tekiyinzika muntu yafa nate kudda bulamu (kuzuukira).

43. Buli kibiina kya bantu kirina ekiseera Katonda kye yakigerera. Ekibiina ekyo tekiyinzika kuzikirira nga ekiseera kyakyo ekyo tekinnatuuká era tekiyinzika kwongerwa kaseera bwe kiba ekiseera kyakyo eky'okuzikirira kwabwe nga kituuse.

47. Abakungu abo kye baategeza kyali nti: Okusenziira nga Musa ne Haruuna bwe baali abantu obuntu, ng'ate baava mu bantu aba wansi — abaali babaweerza era abakolera ku mateeka n'ebiragiro byabwe kyali tekibasobozesa kubakkiriza.

49. Oluvannyuma lw'okuzikirira Fir'auna n'abantu be, Musa yaweebwa Ekitabo Tauraati kibeere eky'okulungama eri Abaana ba Israaili.

50. Ne tufuula mutabani wa Mariyamu (Issa) ne Nnyina akabonero (akalaga obuyinza Bwaffe), ne tubateeka bombiriri eri ekifo ekisitufu (Jerusaalemu), ekirina obutereevu n'amazzi (ag'ensulo) agakulukuta

وَجَعَلْنَا ابْنَ مَرْيَمَ وَأُمَّهُ آيَةً وَآوَيْنَاهُمَا إِلَى رَبْوَةٍ ذَاتِ قَرَارٍ وَمَعِينٍ ﴿٥٠﴾

51. Abange mmwe ababaka! Mulye mu birungi (ebitukuvu), era mukole (ebikolwa) ebirungi. Mazima Nze Mmanyi ebyo (byonna) bye mukola.

يَا أَيُّهَا الرُّسُلُ كُلُّو مِنَ الطَّيِّبَاتِ وَاعْمَلُوا صَالِحًا إِنِّي بِمَا تَعْمَلُونَ عَلِيمٌ ﴿٥١﴾

52. Ddala mazima kino ekibiina kyammwe (eddiini yammwe) kibiina kimu nange Nze Mukama wammwe, (kale) muntye.

وَإِنَّ هَذِهِ أُمَّتُكُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً وَأَنَا رَبُّكُمْ فَاتَّقُونِ ﴿٥٢﴾

53. Wabula (abantu) ne beekutulakutulumu mu kigambo kyabwe (mu ddiini yaabwe) wakati waabwe ebibiinabiina, nga buli ba kibiina basanyuka n'ebyo ebiri we bali.

فَتَقَطَّعُوا أَمْرَهُمْ بَيْنَهُمْ زُبُرًا كُلٌّ حِزْبٌ بِمَا لَدَيْهِمْ فَرِحُونَ ﴿٥٣﴾

54. Kale baleke mu bubuze bwabwe okutuusa ekiseera (ky'okufa kwabwe).

فَذَرَهُمْ فِي عَمَرَتِهِمْ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿٥٤﴾

55. Abaffe balowooza nti mazima ebyo bye tubawa mu mmaali n'abaana,

يُحْسِبُونَ أَنَّ مَا لَدَيْهِمْ مِنْ مَالٍ وَذِينِ ﴿٥٥﴾

52. Mu butunze ddala, aya eno etegeeza nga Katonda bwe yagabanga ababaka abo be yatumanga okusaasaanya obubaka Bwe mu bantu. Yabagabanga nti mwenna, ssi nsonga oba muva mu nsi ki, oba amawanga gammwe gali gatya. — muli ekibiina kimu era temulina njawulo wakati wammwe. Mulina ekkubo limu ery'okuyita abantu okusinza Nze Katonda Omu. Era mubuulirira eddiini y'emu — ey'okusinza Katonda Omu obutamugattako kirala kyonna.

Mu bufunze obwa wakatikkatti, bannabbi abo n'abo abakiriza abaabagobereranga, Katonda be yali agamba nga bonna bwe bali eddiini emu.

Naye mu bugazi bwennyini, Katonda yali agamba abantu bonna mu nsi nga bwe bali ekibiina ekimu — kubanga ne Jjajaffe ali Omu Adamu. Eddiini ya Katonda okuva oluberyebye yali emu — eyo ey'okwawula Katonda mu Bwakatonda Bwe — wabula bo abantu baayawukana luvannyuma ne beekutulakutulumu amadiini oba ebibiinabiina. Wabula ekyo ssi nsonga kubanga Katonda tategeza nti langi y'abantu, oba oluse lwabwe oba ensibuko yaabwe oba ebitundu gye bava bireeta okusukulumya abantu abamu ku bannaabwe.

Abantu ffenna mu nsi tuli kimu. N'olwekyo tuli ekibiina kimu — wadde abantu baleeta nnyo enjawukana n'emitema emisosoze ku lw'erangi zaabwe, oba obungi bw'ensimbi ze balina, oba elw'amawanga n'obuwangwa bwabwe obwawufu.

56. (Tuba) tubanguyiza mu bulungi?  
Nedda! Wabula tebategeera.

سَأَرَعُهُمْ فِي الْخَيْرِ تَبَلَّ لَا  
يَسْعُرُونَ ﴿٥٦﴾

57. Mazima abo bo abeewombeeka mu  
kutya Mukama waabwe,

إِنَّ الَّذِينَ هُمْ مِنْ خَشْيَةِ رَبِّهِمْ  
مُشْفِقُونَ ﴿٥٧﴾

58. Era nga obubonero bwa Mukama  
waabwe babukkiriza,

وَالَّذِينَ هُمْ بِآيَاتِ رَبِّهِمْ يُؤْمِنُونَ ﴿٥٨﴾

59. Era abo abatagatta ku Katonda  
waabwe kintu kirala (mu kumusinza),

وَالَّذِينَ هُمْ بِرَبِّهِمْ لَا يُشْرِكُونَ ﴿٥٩﴾

60. Era abo abawaayo ekyo kye baba  
bawaddeyo (nga baggya mu mmaali  
yaabwe mu kutoola zakka n'okusa-  
ddaaka) nga n'emitima gyabwe gitya  
olw'okubanga mazima bo ba kudda  
eri Mukama waabwe,

وَالَّذِينَ يُؤْتُونَ مَا آتَوْا وَقُلُوبُهُمْ  
وَجِلَةٌ أَتَمُّهُمُ إِلَىٰ رَبِّهِمْ رَاجِعُونَ ﴿٦٠﴾

61. Abo be banguyira eri obulungi, nabo  
eri bwo (obulungi) bavuganya.

أُولَٰئِكَ يَسَارِعُونَ فِي الْخَيْرِ وَهُمْ  
لَهَا سَبِقُونَ ﴿٦١﴾

62. Era tetuwaliriza mwoyo wabula (ekyo)  
ekiri mu kusobola kwagwo, ne we  
Tuli waliwo Ekitabo ekyatula ama-  
zima, nabo si ba kulyazaamaanyi-  
zihwa.

وَلَا يَكُفُّنَ نَفْسَ الْآلِ وَسَعْمًا وَلَدَيْنَا  
كِتَابٌ يُنْطِقُ بِالْحَقِّ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٦٢﴾

56. Abakafiiri balwooza nti ebyo bye bagabirwa mu byokufuna kw'ensi nga okwaza emmaali n'abaana, nti kuba kubanguyiza eri bulungi na kubawa kitiibwa.

Endwooza yaabwe si ntuufu kubanga ebigabwa bya Katonda, ku muntu ow'endwooza enfunda. biba kigezo ku ye: era bye bimuvirako okwesogga omuliro ku Nkomerero olw'obutabikozesa mu ngeri eragirwa cddiini ya Katonda.

60. Olw'okutya Katonda, abantu bano bawaayo mu kkubo Lye n'okutya mu mitima gyabwe nti oba olyawo balina kye batatuukirizza mu kuwaayo kwabwe; — ne balwooza nti oba olyawo sddaaka oba zakka zaabwe zandigaanibwa okubawandiikirwa awali Katonda, kubanga bo bakkiriza okubaayo kw'Obulamu Bw'enkomerero. N'olw'ekyo bakola buli kye basobola mu birungi Obulamu Bw'enkomerero busobole okubabeerera obulungi.

62. Katonda talina muntu gwe yalaalika na kumubinikako mulimu ogwo gw'atasobola: era buli omu amukakasaaako kukola ekyo ekiri mu kusobola kwe.

Na buli Mulimu gwa muntu guwandiikibwa ne gubalibwa mu Kitabo kya Katonda ekyo ekitala-gajjalirira kintu kyonna omuntu ky'akola ku nsi kuno.



63. Wabula emitima gyabwe (abakafiiri) giri mu bubuze okuva ku eno (Kuraane), era balina emirimu gye bakola, egitali egyo (gikkirizibwa kyokka nga) bo gye baliko bakola;

بَلْ قُلُوبُهُمْ فِي غَمَرٍ مِّنْ هَذَا أَوْ لَمْ  
أَعْمَلُوا مِنْ دُونِ ذَلِكَ لَمْ يَكُ عَمَلُونَ ﴿٣٣﴾

64. Okutuusa bwe tuba nga tukutte abeeyagazi baabwe (bannaggagga) n'ebibonyobonyo, olwo ogenda okulaba nga baleekaana nga bawanjaga!

حَتَّىٰ إِذَا أَخَذْنَا مُتْرَفِيهِمْ بِالْعَدَابِ  
إِذَا هُمْ يَجْرُونَ ﴿٣٤﴾

65. (Baligambibwa): Temuleekaana nga muwanjaga olwa leero! Mazima mmwe temujsa kutaasibwa ku Ffe.

لَتَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرَهُم بِمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ﴿٣٥﴾

66. Ddala mmwe obubonero Bwange bwalinga bubasomerwa (naye) ne mubeera nga mukyukira ku bisinziro byammwe,

قَدْ كَانَتْ آيَاتِي تُنذِرُكُمْ عَلَيْكُمْ قُلُوبَكُمْ  
عَلَىٰ أَعْقَابِكُمْ تَنْكِصُونَ ﴿٣٦﴾

67. Nga mugyekulizaako (Kuraane era) nga muginyumyako ekiro nga mugivumagana (abantu balyoke bagikyawe).

مُتَكَبِّرِينَ بِعَلَمِهِمْ أَنَّهُمْ يَجْرُونَ ﴿٣٧﴾

68. Abaffe tebeetegeriza Kigambo (kijjidde mu Kuraane ne bategeera) oba kibajjidde (ekipya kyonna) ekyo ekitaajjira bakitaabwe abaasooka?

أَفَلَمْ يَدَّبَّرُوا الْقَوْلَ أَمْ جَاءَهُمْ  
مَا لَمْ يَأْتِ آبَاءَهُمُ الْأَوَّلِينَ ﴿٣٨﴾

63. Abakafiiri balina emirimu egimu gye bakola egitakolebwa bakkiriza, gamba nga okugatta ku Katonda ebintu ebirala mu kusinza, n'ebikolwa ebirala ebibi. Tebayinza kukomya bikolwa byabwe ebyo ebibi ebbanga lye bamala nga tebannakkiriza.

64. Ebihonerezo bwe biriba nga bibatuuseeko, abo abaalagajjalira Eddiini ya Katonda nga becyagazibwa mu nsi n'ebyengeta bye yabagabira, olwo lwe baliraajanira mu kwaziirana kwabwe, Katonda abasonyiwe abataase mu bibonyobonyo ebyo.

66. Bwe mwayitibwanga okujja eri obulunngamu nga mugaana.

67. Abakafiiri b'omu Makka beekuluntalizanga n'okwewulirira mu nnyumba ya Katonda Kaaba. Baakunngaananga omwo ekiro ne boogera buli kyonna ekyabajjiranga mu birowoozo byabwe ku Nabbi Muhammadi n'obubaka bw'ababuulira (Kuraane). Baagambanga nti mulogo; oba nti mugu wa ddalu oba nti by'ayogera sitaane y'abimubuulira oba nti abeyyiiyiza ku lulwe kyokka si Katonda y'abimutumira.

Ebyo byonna nga babyogerera ku Kaaba awamu n'obutakkiriza bubaka bwa Katonda obwo (Kuraane).

68. Mu aya eno Katonda avumagana abakafiiri b'omu Makka olw'obutategeera Kuraane n'obutagyetegeriza, awamu n'okubanga Katonda yabaawula n'abawa Ekitabo ekisinga Ebitabo byonna.

Era nga yabatumira Omubaka asinga ababaka abalala bonna. N'abawa enkizo ku bakitaabwe abo abafa, ng'ekitangaala ky'Obusiraamu tekinnajja.

69. Oba tebamanyi Mubaka waabwe, (n'olw'ekyo kyebava) nabo bamuwakanya?
70. Oba bagamba nti: Mugwi wa ddalu (oyo Muhammadi)? (Nedda, si bwe kiri), wabula yabajjira n'Amazima; (kyokka) n'abasinga obungi mu bo batamwa Amazima.
71. Singa Amazima gaagoberera okwagala kwabwe, ddala Eggulu n'ensi byandyoonese n'abo bonna ababirimu. Wabula twabaleetera ekitiibwa kyabwe (Kuraane), nabo baawukana ku Kitiibwa kyabwe.
72. Abaffe, oba (Ggwe Muhammadi) obasabye mpeera (olw'okubatuusaako obubaka, nti ekyo kye kibagaana okukkiriza)? N'empeera ya Mukama wo y'esinga obulungi, (kubanga) naye Ye mulungi okusinga abagabi bonna.
73. Era mazima Ggwe obakoowoola okujja eri ekkubo eggolokofu, (ery'okuyingira Eddiini y'Obusiraamu).
74. Mazima abo abatakkiriza Nkomerero bava ku kkubo (lino eggolokofu ne bakyama).
75. Era ne bwe twandibasaasidde ne tubaggya mu kabi akaba kabaliko, bandiremedde mu kubula kwabwe nga babulubuuta.
76. Mazima twabakwasa ebibonyobonyo (ebikalali), naye tebaagonda eri Mu-

أَمْ لَمْ يَعْرِفُوا رَسُولَهُمْ فَهُمْ لَهُ  
مُنْكَرُونَ ١٩

أَمْ يَقُولُونَ بِهِ جِنَّةٌ بَلْ جَاءَهُمُ  
بِالْحَقِّ وَأَكْتَرَهُمُ لِحْقِكُمْ هُونَ ٢٠

وَلَوْ اتَّبَعَ الْحَقُّ أَهْوَاءَهُمْ لَفَسَدَتِ  
السَّمَوَاتُ وَالْأَرْضُ وَمَنْ فِيهِنَّ ط  
بَلْ أَتَيْنَهُمْ بِذِكْرِهِمْ فَهُمْ عَنْ  
ذِكْرِهِمْ مُعْرِضُونَ ٢١

أَمْ تَسْأَلُهُمْ خَرْجًا فَخَرَجَ لَكَ خَيْرٌ  
وَهُوَ خَيْرٌ لِّلرَّزِيقِينَ ٢٢

وَأَنَّكَ لَتَدْعُوهُمْ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ٢٣

وَأَنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ هُمْ  
الصَّوْرُاطُ لَنَالِيُونَ ٢٤

وَلَوْ رَحِمْنَاهُمْ وَكَشَفْنَا مَا بِهِمْ مِنْ  
ضُرِّهِمْ لَلْجُؤُوفِ طَعْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ٢٥

وَلَقَدْ أَخَذْنَاهُم بِالْعُقَابِ فَمَا اسْتَكَانُوا

69. Abaffe bo tebamumanyi Muhammadi oyo atumiddwa gye bali. — amazima ge, empisa ze n'obwesigwa bwe? Fkituufu kiri nti bamumanyi. Kale obanga bamumanyi naye lwaki bamuwakanya?

72. Nabbi abakafiri teyabasabanga mpeera ku kubayita okudda eri obulunngamu, wabula yakolereranga mpeera eva eri Katonda we.

kama waabwe, era tebasaba kukyukira eri (Katonda ne bamusinza),

لِرَّهْمِ وَمَا يَتَّبِعُونَ ﴿٦٦﴾

77. Okutuusa bwe tuliba nga tubaggu-liddewo omulyango gw'ebibonerezo ebyitirivu, okugenda okulaba ng'olwo bo bakutuse n'okusuubira na buli kirungi kyonna.

حَتَّىٰ إِذَا فَتَحْنَا عَلَيْهِم بَابًا ذَا عَذَابٍ  
شَدِيدٍ إِذَا هُمْ فِيهِ مُبْلِسُونَ ﴿٦٧﴾

78. Ye (Katonda) Y'oyo eyabatonderawo amatu n'amaaso n'emitima. (Naye) kitono nnyo kye mwebaza.

وَهُوَ الَّذِي أَنشَأَ لَكُمُ السَّمْعَ وَالْأَبْصَارَ  
وَالْأَفْئِدَةَ قَلِيلًا مَّا تَشْكُرُونَ ﴿٦٨﴾

79. Era Ye Y'oyo eyabatondera mu nsi (n'abaaza), ne gy'Ali gye mulikunngaanyizibwa (oluvannyuma lw'okuzuukira).

وَهُوَ الَّذِي دَرَأَكُمْ فِي الْأَرْضِ  
وَالْيَهُ يُخَشِّرُونَ ﴿٦٩﴾

80. Era Ye Y'oyo awa obulamu era n'atta (abuggyawo), era (Kukwe) okwawukana kw'ekiro n'emisana. Abaffe temutegeera?

وَهُوَ الَّذِي يُخَيِّبُ وَيُمَيِّتُ وَلَهُ اخْتِلَافُ  
الْيَلْبِئِ وَالنَّهَارِ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٧٠﴾

81. Nedda, wabula bagamba okufaanana nga bwe baagambanga ekyo kye baagamba abaasooka.

بَلْ قَالُوا امْشِلْ مَا قَالِ الْأَوَّلُونَ ﴿٧١﴾

82. Bagamba nti: Bwe tuliba nga tufudde ne tuba ettaka n'amagumba, mazima ffe tuli ba kuzuukira nate?

قَالُوا إِذَا مِتْنَا وَكُنَّا تُرَابًا وَعِظَامًا  
عَرَانَا الْمَبْعُوثُونَ ﴿٧٢﴾

83. Mazima twalagaanyisi bwa dda ffe ne bakitaffe kino (eky'okubaayo okuzuukira) okuva oluberyeberye. (Naye tulaba nti) tekiri ekyo wabula nfumo z'abaasooka.

لَقَدْ وَعَدْنَا نَحْنُ وَآبَاؤُهُمْ هَذَا مِنْ  
قَبْلُ إِنْ هَذَا إِلَّا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٧٣﴾

84. Bagambe nti: Ensi y'ani n'abo abagirimu? Bwe mubeera nga mumanyi!

قُلْ لِمَنِ الْأَرْضُ وَمَنْ فِيهَا إِنْ  
كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٧٤﴾

80. Temulina magezi gategeera ne mumanya Katonda Oyo Ow'amaanyi akaka buli kintu, era Omulabirizi wa buli kintu?

81. Abakafiiri b'omulembe guno ogwa Muhammadi, boogera nga abakafiiri ab'emirembe egyasooka bwe baayogeranga mu kuwakanya okubaayo kw'okuzuukira, nga abamu tebakkiririza ddala nti kulibaayo, ate abalala nga bakubusuabuusa.

83. Mu kulimbisa kwabwe eby'okubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma, oluvannyuma lw'okufa, abakafiiri bagamba nti si bituufu wabula nfumo bufumo ezisomwa mu bitabo by'abantu abedda, ebyayiyizibwawo obuyiyizibwa ku lw'okunyumisa.

85. Bajja kugamba nti: Bya Katonda. Bagambe nti: Abaffe temujjukira (ne mumanya nti okusinzi bwa tekukakirwa atali Katonda)?

سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ أَفَلَا  
تَذَكَّرُونَ ﴿٨٥﴾

86. Bagambe nti: Ani Omufuzi w'eggulu omusanvu, era Omufuzi wa *Al-Arushu* ennene?

قُلْ مَنْ رَبُّ السَّمَوَاتِ السَّبْعِ وَرَبُّ  
الْعَرْشِ الْعَظِيمِ ﴿٨٦﴾

87. Bajja kugamba nti: Bya Katonda. Bagambe nti: Abaffe temutya?

سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٨٧﴾

88. Bagambe nti: Ani alina mu mukono gwe obufuzi bwa buli kintu nga naye y'akuuma kyokka ye takuumwa, (mwogere) bwe mubeera nga mumaanyi?

قُلْ مَنْ يَبْدَأُ مَلَكُوتَ كُلِّ شَيْءٍ وَهُوَ  
يُحْيِيهِمْ وَلَا يُمَيِّتُهُمْ إِنْ لَمْ يَعْلَمُوا

89. Bajja kugamba nti: (Obufuzi) bwa Katonda. Bagambe nti: Ngeri ki bwe mulogwa?

سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ فَأَنِي تُسْحَرُونَ ﴿٨٨﴾

90. Wabula twabaleetera Amazima, kyokka ddala bo balimba.

بَلْ آتَيْنَاهُم بِالْحَقِّ وَإِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٨٩﴾

91. Katonda teyeeteekerangawo mwana, era tabanga wamu Naye (katonda) mulala; singa kyali bwe kityo yandigenze buli katonda n'ebyo bye yatonda, era bandisukkulumye abamu ku bannaabwe. Ayawulwa Katonda kw'ebyo bye boogera (nga babimupaatiikako),

مَا اتَّخَذَ اللَّهُ مِنْ وَلَدٍ وَمَا كَانَ مَعَهُ  
مِنْ إِلَهٍ إِذْ أَذْهَبَ كُلَّ إِلَهٍ مِمَّا خَلَقَ  
وَلَعَلَّ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ سُبْحَانَ  
اللَّهِ عَمَّا يَصِفُونَ ﴿٩٠﴾

92. Y'amanyi eby'ewala ebitalabikako n'ebirabikako! Era yagulumira kw'ebyo bye bamugattako.

عَلِمُوا الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَتَعَلَىٰ عَمَّا  
يُشْرِكُونَ ﴿٩١﴾

86. *Al-Arushu* ky'ekitonde ekisingayo mu bitonde byonna cbinene eby'ekiti bwa, era kye kiri waggulu w'ebitonde byonna.

Bulijjo mu nzivuunula mu Kuraane eno, *Al-Arushu* cyogerwako nga Ekitebe ky'Obwakatonda, Katonda kw'alamulira oba kw'akuumira ebitonde Bye byonna.

87. Temutya kusinza bya bulimba ebyo ebitali Katonda, era temutya bibonerezo Bye?

89. Abakafiiri balinga abaloge kubanga amagezi gaabwe gaabagwaamu ne bagatta ku Katonda bakatonda abalala ne babasinza, sso ng'ate tebalina abo be bamugattako kye basobola kubayambamu — ate nga nabo (abakafiiri) bamanyi bulungi obuyinza bwa Katonda Omutonzi, Oyo ayeeyimiridde ku kulera ebitonde byonna.

93. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mukama wange! Oba ondaga (ebibonyobonyo) ebyo ebibalagaanyisibwa (abo abonoonyi),
94. Mukama wange! Olwo tonteekanga mu kibiina ky'abalyazaamaanyi.
95. Ddala mazima Ffe ku kukulaga ebyo bye tubalagaanyisa tusobola.
96. Ggisaawo ekyo ekisinga obulungi ekibi (ekiba kikukoledwa). Ffe tumanyi ebyo bye boogera.
97. Era ogambe nti: Mukama wange! Nneekingiriza naawe mu kuseemya-seemya kwa Sitaane.
98. Era nneekingiriza naawe, Mukama wange, (basitaane abo) baleme okunsemerera.
99. (Abakafiiri babeera mu bubuze) okutuusa okufa lwe kuba nga kujjide omu ku bo, olwo n'agamba nti: Mukama wange nzizaayo (ku nsi),
100. Oba olyawo ne nkola bulungi mw'e-byo bye naleka! (N'addibwamu bamalayika nti): Nedda, Mazima kyo kigambo bugambo ye ky'ayogera; n'emabega waabwe waliyo ebbanga (eriri wakati w'obulamu bw'ensi n'Obw'oluvannyuma) okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.

قُلْ رَبِّ اِمَّا شَرِيْتِيْ مَا  
يُوْعَدُوْنَ ﴿٩٣﴾

رَبِّ فَلَا تَجْعَلْنِيْ فِي الْقَوْمِ الظَّالِمِيْنَ ﴿٩٤﴾

وَ اِنَّا عَلٰى اَنْ تُرِيْكَ مَا نَعْدُهُمْ  
لَقٰدِرُوْنَ ﴿٩٥﴾

اِدْفَعِ بِاَلْتِيْ هِيَ اَحْسَنُ السَّيِّئَةِ طَمَعُوْ  
اَعْلَمُ بِمَا يَصِفُوْنَ ﴿٩٦﴾

وَقُلْ رَبِّ اَعُوْذُ بِكَ مِنْ هٰرَتِ الشَّيْطٰنِ ﴿٩٧﴾

وَ اَعُوْذُ بِكَ رَبِّ اَنْ يَّحْضُرُوْنَ ﴿٩٨﴾

حَتّٰى اِذَا جَآءَ اَحَدَهُمُ الْمَوْتُ قَالَ  
رَبِّ اَرْجِعُوْنِيْ ﴿٩٩﴾

لَعَلِّيْ اَعْمَلُ صٰلِحًا فَيُمْا تَرْكُتْ كَلٰٓمًا  
اِنَّهَا كَلِمَةٌ هُوَ قٰلُهَا وَمَنْ وَّرٰٓهَا  
بَرَزَ نٰرًا يَوْمَ يُبْعَثُوْنَ ﴿١٠٠﴾

94. Katonda yayigiriza Nabbi We (s.a.w.) asabe nti singa Katonda assa ebibonerezo ku bonoonyi nga naye akyali mulamu, aleme kumubalira mu bakafiiri.

98. Kirungi omuntu okusaba Katonda amukungirize ku sitaane omulabankanya w'abantu aleme kumusemerera mu bigambo bye byonna.

Ku lw'ekyo Katonda kye yava alagira okwogera ku Linnya lye ku buli ntandikwa ya Kigambo Ekirungi, okugeza nga: okulya, okwebaka, okusaala n'ebirala.

100. Addibwamu nga bwe kitasoboka kumuwa ky'asabye era by'ayogera awanjaga buwanjazi talina wa kuwonerwa kufa.

Ekisera ekyo kirungi ku bakkiriza abakola emirimu emirugi naye kibi ddala ku boonoonyi.

101. Kale bw'eriba enngombe ng'efuuyi-  
ddwa tewalibeera bika wakati waabwe  
ku lunaku olwo, era tebalibuzaga-  
nya.
102. Oyo ebyazitowa ebipimo bye  
(eby'emirimu emirungi) abo bo' be  
b'okulokoka,
103. Naye oyo gwe byawewukira ebipimo  
bye (omwonoonyi), abo be bo abaa-  
faafaaganirwa emyoyo gyabwe, (bali-  
yingira) mu muliro (Jahannama) nga  
ba kutuulamu lubeerera.
104. Omuliro gugenda kusiriiza mu maaso  
gaabwe, nabo mu gwo mwe baliba  
nga babijjiwadde (amannyo nga gali  
kungulu),
105. (Baligambibwa): Tebyalinga ebigambo  
Byange nga bibasomerwa, (ate mmwe)  
ne mubeera nga mubirimbisa?
106. Ne bagamba nti: Mukama waffe!  
Kwatusinza amaanyi okwonooneka  
kwaffe, era twali kibiya ekibuze!
107. Mukama waffe! Tuggye mu (muliro)  
guno! Bwe tunaddayo (okukola ebyo  
ebibi bye twakolanga); mazima ffe  
tunaaba balyazaamaanyi.
108. (Katonda) n'abagamba nti: Mubeere  
mu gwo nga munyoomwa era te-  
mwogera Nange.
109. Mazima waaliwo ekibiina mu baddu  
Bange abaagambanga nti: Mukama  
waffe! Kale tusonyiwe ffe era otusaa-

قَادًا يُفَخَّرُ فِي الصُّورِ وَلَا أُنْسَابَ بَيْنَهُمْ  
يَوْمَئِذٍ وَلَا يَتَسَاءَلُونَ ﴿١٠١﴾

فَمَنْ نَقَلَتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَئِكَ هُمُ  
الْمُقْلِحُونَ ﴿١٠٢﴾

وَمَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَئِكَ الَّذِينَ  
خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ فِي هَٰئِهِمْ خَالِدُونَ ﴿١٠٣﴾

تَلْفَحُ وُجُوهَهُمُ النَّارَ وَهُمْ فِيهَا  
كَالْحَيَّوْنِ ﴿١٠٤﴾

أَلَمْ تَكُنْ أَلْتُمِ الْيَتَامَىٰ عَلَيْهِمْ فَلَنتَهُمْ  
بِهَٰذَا تُكذِّبُونَ ﴿١٠٥﴾

قَالُوا رَبَّنَا عَلِمَتْ عَيْنَا نَشْفَوْتَنَا وَكُنَّا  
قَوْمًا ضَالِّينَ ﴿١٠٦﴾

رَبَّنَا أَخْرِجْنَا مِنْهَا فَإِنَّا عُدْنَا فَانَّا  
ظَالِمُونَ ﴿١٠٧﴾

قَالَ احْسُوفًا فِيهَا وَلَا تُكَلِّمُونِ ﴿١٠٨﴾

إِنَّكَ كَانَ فَرِيقٌ مِّنْ عِبَادِي يَقُولُونَ  
رَبَّنَا آمَنَّا فَاغْفِرْ لَنَا وَارْحَمْنَا وَأَنْتَ

101. Ebika n'oluganda tebigenda kugasa ku lunaku lw'okuzuukira, era teriba abuuza bifa ku munne. Buli omu aliba yeetakabanako yekka ku lulwe nga takyasobola kulowooza ku muganda we.

104. Olw'obulumu bw'ebibonerezo, emimwa gyabwe — ogw'engulu guliba gukunguyidde ate nga ogw'emanga nga gulebeeta, — amannyo gaabwe nga gali kungulu.

108. Mutuule mu gwo gubasiyiike mu kasirise, era temuddayo kusaba ekyo kye mubadde musaba.

sire, naawe Ggwe mulungi okusinga abasaasira bonna;

خَيْرِ الرَّحِيمِينَ ﴿١٠٩﴾

110. Ne mubafuula (abo abakkiriza) eky'okujeeja okutuusa lwe baabeerabiza okunjizukira, era mwalinga muba-sekerera!

فَاتَّخَذَ لَهُمْ سَخِرِيًّا حَتَّىٰ أَنْسَوْهُمْ  
ذِكْرِي وَلَنْتُمْ مِنْهُمْ تَخْلُؤُونَ ﴿١١٠﴾

111. Mazima Nze mbasasudde (empeera y'okubeera mu Jjana) olwa leero ku lw'ebyo bye baagumiikiriza; mazima bo be b'okwesiima,

إِنِّي جَزَيْتَهُمُ الْيَوْمَ بِمَا صَبَرُوا أَنَّهُمْ  
هُمُ الْفَاقِرُونَ ﴿١١١﴾

112. (Katonda) alibagamba nti: Gye-nkanawa emyaka gye mwatuula mu nsi?

قُلْ كَمْ لَبِثْتُمْ فِي الْأَرْضِ عَدَدَ سَعِيرِينَ ﴿١١٢﴾

113. Baligamba! Twatuulamu lunaku lumu oba kitundu kya lunaku. (Naye) buuzababazi.

قَالُوا الْإِنشَاءَ يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمٍ فَسْئَلُ  
الْعَادِينَ ﴿١١٣﴾

114. Alibagamba nti: Temwatuulamu wabula ebbanga ttono singa mazima mmwe mwali mumanyi.

قُلْ إِنْ لَبِثْتُمْ إِلَّا قَلِيلًا لَوْ أَنَّكُمْ  
كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١١٤﴾

115. Abaffe mwalowooza nti mazima ddala twabakola lwa muzannyo; era nti ddala mmwe temuli ba kudda gye Tuli?

أَحْسِبْتُمْ أَنَّمَا خَلَقْنَاكُمْ عَبَثًا وَأَنَّكُمْ  
إِلَيْنَا لَتَرْجَعُونَ ﴿١١٥﴾

116. Yagulumira Katonda, Omufuzi Ow'amazima! Tewali Katonda (mulala) asinzibwa wabula Ye Omufuzi wa *Al-Arushi* Ey'ekitiibwa.

فَتَعَلَىٰ اللَّهُ الْمَلِكُ الْحَقُّ لَا إِلَهَ إِلَّا  
هُوَ رَبُّ الْعَرْشِ الْكَرِيمِ ﴿١١٦﴾

110. Abaawakanya obubonero bwa Katonda baalinga bageyengula n'okujeejula abakkiriza, era nga babanyooma. Kale mu luvannyuma beerabira n'okulabulwa nga batiisibwa ebibonyobonyo bya Katonda olw'okumala ebiseera byabwe nga bajeejula abakkiriza.

111. Ba kwesiima olw'okubeera emirembe mu Jjana n'olw'okuwona omuliro.

113. Abakafiiri mu kugeraageranya n'ebbanga lye balimala mu bibonyobonyo ebityitirivu, baliraba nga ebbanga lye baamala ku nsi bwe lyali ettono ennyo eritaweza na lunaku. Olwo lwe balyejjusa singa tebaalulunkanira byakufuna kwa nsi ne bakolera Obulamu Obw'oluvannyuma Kale mu kubuusuabuusa kwe balibaamu kiribalabikira ng'ebbanga lye baaliko ku nsi terisukka na lunaku, ku lw'ebitiiso bye balibaamu.

Bo nga bwe baliba tebakyajjukira, awo ba kugamba Katonda abuuze bamalayika Be ababazi b'emirimu gy'ebitonde, be basobola okumanya obutuufu bw'ekiseera kye baamala ku nsi.

114. Singa mwali mumanyi ng'obulamu bw'ensi bwe buli obutono, obw'ekiseera obuseera, temwandibukulembezeza ku Bw'oluvannyuma, era temwandikoze ebyo ebibakakasaako obusungu bwa Katonda.

117. N'omuntu asaba nga agasse awamu ne Katonda Omutonzi katonda omulala gw'atalinaako bujulizi (nti naye katonda) mazima okubalibwa kwe kuli eri Mukama we. Ddala kyo kiri nti tebalirokoka abakafiiri.

وَمَنْ يَدْعُ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ لَا بُرْهَانَ  
لَهُ بِهِ فَإِنَّهَا حِسَابُهُ عِنْدَ رَبِّهِ إِنَّهُ  
لَاقِيلٌ ۝۱۱۷

118. Era (Ggwe Muhammadi) gambanga nti: Mukama Katonda wange! Sonyiwa osaasire, naawe Ggwe musaasizi okusinga abasaasira (bonna).

وَقُلْ رَبِّ اعْفُوفًا وَارْحَمًا وَأَنْتَ خَيْرُ  
الْرَحِيمِينَ ۝۱۱۸



## EBIFA KU SSUULA AN-NUURU MU BUFUNZE (24)

Essuula An-Nuuru y'emu ku ssuula ezakkira e Madiina, ezo ezisinga okujjumbira okunnyonyola amateeka. Essuula eno ejjumbiridde ku kunnyonyola amateeka agakwata ku kugunjula Abasiraamu mu mpisa ez'obuntubulamu ez'obwomu ng'omuntu n'ez'omu bantu. Era ennyonyola ebyo ebikwata ku maka, amaka galyoke gaveemu ensigo ennungi czisobola okuzimbirwako abatuuze b'eggwanga ne liba ettebenkevu. N'ennyonyola empisa ennungi abatuuze ze bateekwa okugoberera mu bulamu bwabwe ne mu nkolagana yaabwe, okugeza ng'obutayingira mu nnyumba ya muntu wabula ng'omaze okumusaba n'akukkiriza. Era n'eragira abakyala okukkakanya amaaso gaabwe ku basajja balyoke basobole okukuuma ekitiibwa kyabwe baleme okugwa mu nsobi y'okwegomba n'okwegombewa n'abasajja nabo bwe batyo balagirwa bwe baba beeyisa. Era essuula egaana abakyala okwetabula n'abasajja ab'ebwali be batalinaako luganda. N'ennyonyola ebyo amaka Amasiraamu bye gateekwa okugoberera, gamba nga abakyala okwessaamu ensa n'okwebikkirira enkaaya oba leesu n'okugoberera amateeka g'eddiini y'Obusiraamu nga ekyo kikolebwa ku lw'okukuuma ekitiibwa ky'omukyala abeere nga wa nsa, aleme okujanjaala okwo okuvaako eggwanga okuyiika.

Essuula ennyonyola ebibonerezo ebimu eby'amateeka g'eddiini ku misango egimu ng'obwenzi, n'okuwaayiriza omuntu obwenzi. Ebibonerezo ebyo nga byateekwawo ku lw'okukuuma eggwanga obutasaasaanamu bwonoonefu na bwakyetwala, ekivaako okutabula enkolo n'ebika n'okwonoona ekitiibwa ky'obuntu mu kutwalira awamu. Essuula era ejjumbira nnyo okulongoosa amaka n'embeera y'abantu abali awamu ku lw'okuvumula ebizibu ebitera okulumba amaka, nga Katonda ayita mu kussaawo ebibonerezo ebikakali ebikanga omuntu n'atetantala kukola bikolwa ebyo eby'ekivve ebitera okuvaako ensi okwonooneka n'okusibukawo kazambi w'amayisa amakyafu.

Mu kutwalira awamu, Essuula eno eyigiriza empisa ez'obugunjufu obwa waggulu era n'esimba omusingi ogw'obulamu obweyagaza nga bw'onoobisanga nga binnyonyo-ddwa mu bujjuvu ofune ekitangaala ekyo ekyatumwa erinnya ly'Essuula eno.



ESSUULA AN-NUURU (24)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 9 ne Aya 64

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. (Eno) Essuula gye twassa ne tugi-raalika ne tussiza mu yo amateeka amannyonyofu, oba olyawo ne mujjukira.
2. Omwenzi omukazi n'omwenzi omusajja, mumukube buli omu ku bombiriri emiggo kikumi. Tekubakwata ngata okubalumirwa (ne mutatuukiriza bibalagirwa) mu Ddiini ya Katonda, bwe mubeera nga mukkiriza Katonda n'Olunaku Lw'enkomerero. Era bajulirenga ku kibonerezo kyabwe ekibiina mu bakkiriza.
3. Omusajja omwenzi tawasa wabula awasa mukazi omwenzi oba omukafiri

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ  
سُورَةٌ اَنْزَلْنٰهَا وَفَرَضْنٰهَا وَاَنْزَلْنٰهَا  
اٰیٰتٍ بَيِّنٰتٍ لِّعَلَّكُمْ تَذَكَّرُوْنَ ①  
الرَّازِیَةَ وَالرَّازِیَ فَاَجْلِدُوْهُ وَاَكْلٌ وَّلِجِدِ  
مِنْهُمَا یَاكْفِیْ جَلْدًا ۝ وَلَا تَاْخُذْكُمْ  
بِهَمَّا رَاۤءَ فِیْ دِیْنِ اللّٰهِ اِنْ كُنْتُمْ  
تُوْمِنُوْنَ بِاللّٰهِ وَالْیَوْمِ الْاٰخِرِ ۝ وَلَيْسَ  
عَدَاۤءُهُمَا طَآئِفَةٌ مِّنَ الْمُؤْمِنِیْنَ ②  
الرَّازِیَ لَا یَنْكِرُ الرَّاۤیَةَ اَوْ

2. Aya eno eyogera ku tteeka ly'obwenzi, *Zinaa*. Obwenzi bwa mirundi ebiri: waliwo obuba wakati w'omufumbo n'atali mufumbo oba wakati wa bombi nga bafumbo, ate obulala ne buba wakati w'abo abatali bafumbo.

Ekibonerezo ky'obwenzi kwe kukubibwa emiggo kikumi omusajja n'omukazi — singa omulenzi abeera nga tawasangako n'omuwala nga tafumbirwangako, oluvannyuma lw'okukubibwa bala-girwa bawannangusibwe okuva mu bitundu mwe babadde okulama omwaka mulamba.

Naye singa omusajja abanga yawasaako nga n'omukazi yafuumbirwako, olwo ekibonerezo kyabwe bombiriri kwe kukubibwa amayinja okutuusa lwe bafa.

Kyokka wateekwa wabeewo abajulizi bana okuva mu bakkiriza, ababa baabalabiddeko ddala n'amaaso gaabwe nga benda. Abajulizi abo bateekwa baceere basajja Abasiraamu, oba bo abenzi bennyini bakkirize nga bwe bazzizza omusango gw'obwenzi.

Obujulizi nga bukakase nti baayenze, tewali kubakwatirwa kisa mu ddiini. Wabula bateekwa kubonerezebwa mu bujjuvu era mu lujjudde, olwo abantu abalala abatakikoze balyoke batye okuswala, beekuume obutakikola.

3. Mu mateeka ga Katonda, — ekituufu era ekisaamu ekikkirizibwa ye musajja omwenzi okuwasa omukazi omwenzi, n'omukazi omwenzi okufumbirwa omusajja omwenzi. Kubanga omukazi omwenzi tasobola kukolagana n'atali mwenzi. Era omusajja omukkiriza tatera kwagala kuwasa mukazi mwenzi oba omukazi atali mukkiriza kubanga empisa zaabwe teziyina kukolagana. Olw'ekyo Katonda kye yava agaana abakkiriza abantubalamu okuwasa abakazi abenzi. N'abakazi abakkiriza abantubalamu eb'ensa tebakkirizibwa kufumbirwa basajja benzi.

asinza ebitali Katonda, n'omukazi omwenzi tafumbirwa wabula omwenzi omusajja oba omukafiiri asinza ebitali Katonda. Kyazizibwa ekyo ku bakkiriza.

4. N'abo abawaayiriza obwenzi abakyaala ab'ensa oluvannyuma ne batalecta bajulizi bana, mubakubenga emiggo kinaana era temukkirizanga (okuva olwo) obujulizi bwabwe emirembe n'emirembe. Nabo bo be bo-noonyi.
5. Wabula abo ababa beenenyezza oluvannyuma lw'ekyo ne balongooka. (Kw'abo) ddala mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.
6. N'abo abawaayiriza bakyaala baabwe (Obwenzi) naye ne bataba na bajulizi (bwa balala babawagira) wabula (obwabwe) bo bokka; obujulizi bw'omu ku bo (omwami oba omukyaala bukkirizibwa singa) bajulira (nga balayira mu) Katonda emirundi ena, nga akakasa nti mazima ye wa mu boogera amazima;

مُشَوِّكَةً وَالزَّانِيَةَ لَا يُنكِحَهَا إِلَّا  
زَانٍ أَوْ مُشْرِكٌ وَأَوْحَرِمَ ذَلِكَ عَلَى  
الْمُؤْمِنِينَ ﴿٣﴾

وَالَّذِينَ يَرْمُونَ الْمُحْصَنَاتِ ثُمَّ لَمْ  
يَأْتُوا بِأَرْبَعَةِ شُهَدَاءَ فَاجْلِدُوهُمْ  
تَمْنِينَ جَلْدَةً وَلَا تَقْبَلُوا لَهُمْ شَهَادَةً  
أَبَدًا وَأُولَئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ ﴿٤﴾

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ وَ  
أَصْلَحُوا فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٥﴾

وَالَّذِينَ يَرْمُونَ أَزْوَاجَهُمْ وَلَمْ يَكُنْ  
لَهُمْ شُهَدَاءُ إِلَّا أَنفُسُهُمْ فَشَهَادَةُ  
أَحَدِهِمْ أَرْبَعٌ شَهَادَاتٍ بِاللَّهِ إِنَّهُ لَمِنَ  
الصَّادِقِينَ ﴿٦﴾

N'olw'ekyo abo abakola ebyobwenzi tebaba bakkiriza batuufu. Si kirungi ku mukkiriza kwegatta na mwenzi mu bufumbo kubanga ekikolwa ky'obwenzi eddiini ekyenyinyala, era n'empisa z'obuntu zikidduka. Kale omukkiriza atekwa kuba wala n'oyo aba akoze obwenzi, ku lw'okukuuma obuntubulamu bwe n'ekitiibwa ky'Obusiraamu.

Singa omukazi omwenzi abasajja ab'ensa bamuzira ne batamuwasa n'omusajja omwenzi naye abakyaala ab'ensa ne bamuzira, eyo eyinza okubeera ensonga ekendeza ku kibi ekyo mu nsi.

Eddiini y'Obusiraamu ejjumbira nnyo obutebenkevu bw'amaka nga tegayingirwamu kazambi yenna, era eyagala abantu bonna babeere ba nsa, bantubalamu. N'olw'ekyo kyeyava teekawo ekibonerezo ekyo ekikalali.

4. Abakyaala ab'ensa be bo abalongoofu abeekuuma ne batakola bwenzi. Abo ababawaayiriza nti benze ng'ate tewali na bajulizi bana bakakasa nga bwe bamulabye nga ayenda, — ekibonerezo kyabwe bakubibwa emiggo kinaana. Era tebddayo mu bulamu bwabwe kukkirizibwa bawe obujulizi ku kintu kyonna, okuggyako bwe beenenya ne beddako.

6. Omusajja alayira mu Linnya Iya Katonda era nga bwe yeeteekako ekikolimo okukakasa nti by'ayogedde ku mukyaala we bituufu. Ye omukyaala bw'alemwa okulayira ng'omusajja nga yecgaana bbaawe by'ayogedde, olwo omusango guba gumusse mu vvi, era eddiini ebakkiriza okutannana.

Kyokka omukyaala bw'alayira emirundi ena bwe yeekakasaako ekikolimo singa aba alimbye mu kulayira kwe, olwo eddiini emwejjeera.

7. N'omulundi ogw'okutaano (n'alayira n'agamba nti) mazima ekikolimo kya Katonda kibe ku ye bw'aba mu balimba.
- وَالْحَامِسَةُ أَنَّ لَعْنَتَ اللَّهِ عَلَيْهِ إِنْ كَانَ مِنَ الْكٰذِبِيْنَ ⑤
8. N'ekimuggyako (omukyala) ekibonerezo kwe kujulira Katonda emirundi ena nti mazima ye bba wa mu balimba (mw'ekyo ky'amwogeddeko):
- وَيَذَرُوْا عَمَلَهُمْ اَلْعَدَابَ اَنْ تَشْهَدَ اَرْبَعٌ شَهِدَتْ بِاللّٰهِ اِنَّهُ لَمِنَ الْكٰذِبِيْنَ ⑥
9. Ku mulundi ogw'okutaano (n'alayira ng'agamba nti) mazima obusungu bwa Katonda hube ku ye bw'aba bbaawe nga wa mu boogera amazima, (ye omukazi nga alimbye).
- وَالْحَامِسَةُ اَنَّ عَضَبَ اللّٰهِ عَلَيْهَا اِنْ كَانَ مِنَ الصّٰدِقِيْنَ ⑨
10. (Mwandizitoowereddwa) singa tekyali kisa kya Katonda ky'alina ku mmwe n'okusaasira Kwe, ddala mazima Katonda akkiriza okwenenya, Mukakasa (mu mateeka ge yateeka).
- وَلَوْلَا فَضْلُ اللّٰهِ عَلَيْنَا وَرَحْمَتُهُ لَعَنَّآ اِنَّ اللّٰهَ تَوَّابٌ حَكِيْمٌ ⑩
11. Mazima abo abajja n'obulimba ne batemerera (Mukyala Aisha — Muka Nabbi nti ayenze) kibiina mu mmwe
- اِنَّ الدّٰبِيْنَ جَاءُوْا بِالْاِفْكِ عُصْبَةٌ مِّنْكُمْ ⑪

7. Omwami bw'alayira bw'atyo aba aggibwako ekibonerezo ky'okuwaayiriza omuntu obwenzi.

8. N'omukazi yejjeerera obwenzi obuba bumaze okumukakatako ku lw'okulayira kwa bba bw'alayira mu Katonda emirundi ena.

9. Etteeka liri nti singa omusajja agamba mukyala we nti yayenze ng'ate tewali bajulizi bana baamulabye nga bamusobyako, aba amaze okukakatako ekibonerezo ky'okuwaayiriza omuntu obwenzi. Nga ayagadde okweggyako ekibonerezo ekyo, alina kugenda mu maaso g'omulamuzi n'alayira ebirayiro bina ku Linnya lya Katonda nga akakasa nga bw'ayogera amazima: n'akomerezaayo eky'okutaano nga yeekolimira — Olwo omukyala aba akakaseeko ekibonerezo ky'obwenzi.

Ye omukyala ng'ayagadde alayira mu maaso g'omulamuzi ebirayiro bina ng'akakasa nga bba bw'alimba mu ekyo ky'amwogeddeko. N'akakasa mu mulundi gw'okutaano nga bw'anaaba akakaseeko obusungu bwa Katonda singa bba anaaba ayogera mazima.

Olwo naye ekibonerezo ky'obwenzi kimuggibwako. Era, olwo omusajja ayinza okutalaka omukyala bw'aba ayagadde, kubanga mu buntu, omusajja okumala okulaba eky'entiisa ng'ekyo ku mukyala we, kizibu nnyo nate obufumbo bwabwe okuddamu ne buba obw'eddembe. Olw'ekyo amateeka gaba gabagattulula, obufumbo bwabwe ne buggwaawo.

Etteeka lino lyakka omu mu Basiraamu bwe yasanga mukyala we n'omusajja omulala kyokka n'atafuna bajulizi bana, kale Katonda kwe kulissa.

10. Katonda yandizitooyereza abantu mu bigambo ebisinga obungi, naye ku lw'ekisa Kye yabateerawo amateeka mangu.

11. Ensonga eno ewereza ddala aya kkumi, yali ya kuwaayiriza bwenzi Mukyala Aisha muka Nabbi Muhammadi.

Ensonga yajja bw'eti: Nabbi wamu n'abakkiriza, bwe baali baddayo e Madina nga bava ku lutalo olwali wakati waabwe n'ekika kya Banu Mustalik, baaleka Mukyala Aisha emabega nga anoonya

(Abasiraamu). Temukirowooza nti kibi gye muli; nedda, wabula kyo kirungi gye muli. Alina buli omu mu bo abaayogera ebyakalebule okusa-sulwa ekyo kye yakola mu kibi ekyo; n'oyo ayeeufuze obukulu bw'akyo mu bo (eyakitandiikiriza) alina ebibonyo-bonyo ebinene ddala.

12. Singa bwe mwakiwulira (ekigambo ekyo) abakkiriza abasajja n'abakazi, — bandirowoozeza bulungi (ku bannaabwe) n'emyooyo gyabwe, ne bagamba nti: Buno bulimba obweyolefu.
13. Singa (bannyini kutemerera okwo) baaleeta ku kyo abajulizi abana! N'olwekyo bwe babanga tebaalese bajulizi, ddala abo be balimba awali Katonda.
14. Singa tekyali kisa kya Katonda (ky'alina) ku mmwe n'okusaasira Kwe, mu nsi ne mu Bulamu Obw'enkomerero, byandibakutte (ebibonyo-bonyo ebinene) ku lw'ebyo bye musingiddemu.
15. Mu kiseera lwe mwabitegeezanga (nga musaasaanya olugambo) n'ennimi

لَا تَحْسَبُوهُ تَكْوِينًا كَمَا تَحْسَبُونَ  
لِكُلِّ أُمَّرٍ مِنْهُمْ مَا تُكْسِبُ مِنَ الْإِثْمِ  
وَالَّذِي تَوَلَّى كِبْرَهُ مِنْهُمْ لَهُ عَذَابٌ عَظِيمٌ

لَوْ لَا إِذْ سَأَلْتُمُوهُ ظَنَّ الْمُؤْمِنُونَ وَ  
الْمُؤْمِنَاتُ بَأَنْفُسِهِمْ خَيْرًا وَقَالُوا هَذَا  
إِنَّا كُنَّا مُبِينِينَ ﴿١٢﴾

لَوْ لَجَاءَهُ وَعَلَيْهِ بِأَرْبَعَةِ شُهَدَاءَ فَإِذْ لَمْ  
يَأْتُوا بِالشَّهَادَةِ وَأَوَّلِكَ عَذَابُهُمْ الْكَافِرِينَ ﴿١٣﴾

وَلَوْ لَا فَضَّلَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتَهُ فِي  
الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ لَمَسَّكُمْ فِي مَا أَفَضْتُمْ  
فِيهِ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٤﴾

إِذْ تَلَقَّوْنَهُ بِالسَّلَامِ قَالُوا بَشَرٌ مِثْلُكُمْ  
وَلَقَدْ كَفَرْنَا بِهِ قَدْرًا كَثِيرًا وَلَقَدْ كَفَرَ  
بِهِ كَثِيرٌ مِنْ أَهْلِ الْبَدْيِ وَمَا كَانُوا  
بِهِ بِعِلْمٍ

eky'omu bulago kye ekyali kimubuzeeko. Nga ekigaali kye mwe yatambuliranga bwe kyali kibikkiddwa entimbe, tekyamanyika nti taliimu mu lugendo lw'okuddayo. Kale Mukyala Ayisa agenda okudda eggye we lyali nga baasitudde dda, ate n'obudde nga bukunidde. Awo n'atuula awummuleko wansi n'essuubi nti wandijja omuntu amuddukire nga okubula kwe kumanyiddwa. Otulo awo we twamubbira okutuusa enkeera kumakya, omusajja ayitibwa Swafuwaani bwe yamusanga. Yalagira Aisha ne yebagala ku nsolo ye, ye n'atambula. Baasanga eggye liri kumpi kutuuka Madina. Awo omusajja ayitibwa Abdallah mutabani wa Ubayyi wamu n'abalala mu ggye. ne batandika okubunyisa olugambo nga Mukyala Aisha bwe yayenze ne Swafwaane. Olugambo lwasasaana ekibuga Madina ne Nabbi (s.a.w.) ne bimutuukako; ne kibeera kigambo kikulu nnyo mu Basiraamu. Omukulu w'okusaasaanya eby'akalebule ebyo, Abdallah ye yali omukulembeze w'abannanfuusi mu Madina. Ye Katonda yamukakasako ebibonyobonyo ebisinga obukakali ku bya banne abalala abeenyigira mu lugambo olwo.

Ekyassisa Katonda ekitundu kino kwe kwejjeezeza Mukyala Aisha.

12. Abakkiriza abasajja n'abakazi bonna beenyigira mu kubunyisa olugambo. Sso bo kye bandikoze kwe kufumiitiriza ne balaba nti ebyo byakalebule, eby'obulimba; sso ne bateeyunga ku kirowooza kya kuwaayira Aisha ne Swafuwaani bwenzi.

zammwe era n'okwogera n'emimwa gyammwe ekyo kye mutalinaako kumanya, ne mukirowooza nti kitono nnyo. Sso nga nakyo kinene awali Katonda.

16. Singa mu kiseera we mwakiwulirira mwagamba nti: Tekitusaanira ffe kwogera kino. Oyawulwa Ggwe (Katonda); kuno kutemerera okunene.

17. Katonda ababuulirira muleme kuddayo (kukola) ekifaanana na kino obugenderevu, bwe mubeera nga muli bakkiriza batuufu.

18. Era Katonda abannyonyola Amaateeka (Ge). Ne Katonda Mumanyi, Mulamuzi.

19. Mazima abo abaagala okubunyisa eby'obuwemu mw'abo abakkiriza, balina ebibonyobonyo ebiruma, mu nsi ne mu Bulamu Obw'enkomerero. Ne Katonda y'Amanyi. Nammwe temumanyi.

20. Singa tekyali kisa kya Katonda ky'alina ku mmwe na kusasira Kwe, era n'okuba nga mazima Katonda Mukwatampola, Musaasizi, (enngambo ezo zandibaviiiriddemu akabaate).

21. Abange mmwe Abakkiriza! Temugobereranga amakubo ga Sitaane. N'omuntu agoberera amakubo ga sitaane, (aba abuze), kubanga mazima yo eragira byabuwemu na bitayagalwa mu ddiini; singa si kisa kya Katonda ky'alina ku mmwe na kusaa-

مَا لَيْسَ لَكُمْ بِهِ عِلْمٌ وَتَحْسَبُونَهُ هَيِّنًا  
وَهُوَ عِنْدَ اللَّهِ عَظِيمٌ ﴿١٥﴾

وَلَوْلَا إِذْ سَمِعْتُمُوهُ قُلْتُمْ مَا يَكُونُ لَنَا  
أَنْ نَتَكَلَّمَ بِهَذَا تَكَلَّمَ النَّاسُ خُفْيًا هَذَا هَتَانِ  
عَظِيمٌ ﴿١٦﴾

يَعْظُمُ اللَّهُ أَنْ تَعُودُوا الْمِثْلَ أَبَدًا  
إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٧﴾

وَيُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمُ الْآيَاتِ وَاللَّهُ عَزِيمٌ  
حَكِيمٌ ﴿١٨﴾

إِنَّ الَّذِينَ يُحِبُّونَ أَنْ تَشِيعَ الْفَاحِشَةُ  
فِي الَّذِينَ آمَنُوا لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ فِي  
الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ  
لَا تَعْلَمُونَ ﴿١٩﴾

وَلَوْلَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ وَأَنَّ  
اللَّهَ رءُوفٌ رَحِيمٌ ﴿٢٠﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّبِعُوا خُطُوبَ  
الشَّيْطَانِ وَمَنْ يَتَّبِعْ خُطُوبَ الشَّيْطَانِ  
فَأِنَّهُ يُأْمُرُ بِالْفَحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ وَلَوْلَا فَضْلُ  
اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ مَا زَكَا مِنْكُمْ مِّنْ

19. Abo abagenda babunyisa enngambo, n'obutali butuufu nga bawemuukiriza abakkiriza, balina ebibonerezo bya mirundi ebiri: ebya kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma, singa bafa nga tebeeneyezza.

21. Katonda awulira okusaba n'okwenenya kw'abaddu Be. Fra amanyi oyo asaanira okulungamizibwa.

sira Kwe, teyanditukudde muntu n'omu mu mmwe obugenderevu. Naye Katonda atukuza oyo gw'abeera ayagadde. Ne Katonda Awulira, Amanyi.

22. Era tebalayiranga bannanyini bugaga bwa byengera mu mmwe n'obugazi bw'enfuna obutawa baluganda na banaku, n'abaasengukira mu kkubolya Katonda. Bateekwa basonyiwe era balekere. Abaffe temwagala Katonda kubasonyiwa? Ne Katonda Musonyiyi, era Musaasizi.
23. Abo abawaayiriza abakyala ab'ensa, abakiriza, abagayaavu abatamanyi byabwenzi, bakolimirwa mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Era balina ebibonyobonyo ebinene, —
24. Olunaku (Iwe ziribajulira) ennimi zaabwe n'emikono gyabwe n'amagalu gaabwe kw'ebyo bye baali bakola.
25. Mu lunaku olwo Katonda agenda kutuukiriza okubasasula empeera yaabwe ebakakatirwa, era bamanye ni mazima Katonda, Ye ge Mazima ameyolefu.
26. Abakazi ababi ba basajja babi, n'abasajja ababi ba bakazi babi N'aba-

أَحَدًا أَبَدًا وَلَكِنَّ اللَّهَ يُزَيِّرُ مَن يَشَاءُ  
وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿١٧﴾

وَلَا يَأْتِلُ أُولُو الْفَضْلِ مِنكُمْ وَالسَّعَةِ  
أَنْ يُؤْتُوا أُولَى الْقُرْبَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَ  
الْمُهَاجِرِينَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلْيَعْلَمُوا  
وَلْيَصْهَرُوا الرَّجْحُونَ أَنْ يَعْبُرَ اللَّهُ  
لَكُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٨﴾

إِنَّ الَّذِينَ يَرْمُونَ الْمُحْصَنَاتِ الْفَعْلَاتِ  
الْمُؤْمِنَاتِ لَعُنَ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ  
وَأَلْهَمَ عَذَابَ عَظِيمٍ ﴿١٩﴾

يَوْمَ شَهِدَ عَلَيْهِمَ السِّنُّوهُمُ وَإِيْدِيَهُمْ  
وَأَرْجُلُهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٠﴾

يَوْمَئِذٍ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ دِينَهُمُ الْحَقُّ وَ  
يَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ الْمُبِينُ ﴿٢١﴾

الْحَيِّثُ الثَّالِثِينَ وَالْحَبِثُونَ

22. Ekitundu kino okukka kwakyo kwasinziira ku Abu Bakari kitaawe wa Mukyala Aisha, Muka Nabbi Muhammadi (s.a.w.). Abu Bakari Katonda yamugaziyiza mu byenfuna bye yakoze-sanga mu kusitula eddiini. Kale kyangibwa ng'omu mu baatemerera Mukyala Aisha obwenzi — muwala we, eyali ayitibwa Mistaki yali mwana wa nnyina A Bakari omuto; era nga ye Abu Bakari ye yali amuyimirizaawo mu byetaago bye.

Kale Abu Bakari yeerayirira obutaddayo kumuwa buyambi. Kyokka okusinziira ku mateeka g'eddiini y'Ekiyisiraamu, yasabibwa alekere yeerabire ebyo. Awo nno aya eno kwe kukka, oluvannyuma lwayo. Abu Bakari yaddayo okuwa Mistaki obuyambi bwe yamuwanga.

Newankubadde aya eno yakka ku kyafaayo ekyo, kyokka ekwata ku buli kifaananako nga kino mu nsi yonna mu bulamu obwa bulijjo. Eddiini ekubiriza kusonyiwa na kulekera oyo aba akulecse obwenyoovu mu mutima oba oyo aba akukoze ekibi.

26. Abakazi abalungi abantubalamu ab'ensa basaana kuwasibwa basajja bantubalamu; n'olw'ekyo Mukyala wa Nabbi tekisoboka kubeera mwenzi ssi nsonga ab'akalebule bamwogeddeko kiki.

kazi abalungi ba basajja balungi, n'abasajja abalungi ba bakazi balungi; abo bali wala n'ebyo (abantu) bye boogera: Balina okusonyiyibwa n'okugabirwa okw'ekitiibwa (mu Jjana).

لَلْخَبِيثَاتِ وَالطَّيِّبَاتِ وَالطَّيِّبِينَ وَ  
الطَّيِّبُونَ الطَّيِّبَاتِ أُولَئِكَ مَبْعُوثُونَ  
مِمَّا يَفْعُلُونَ لَهُمْ مَغْفِرَةً وَأَنْتُمْ لَا  
تَعْلَمُونَ ﴿٣٧﴾

27. Abange mmwe abakkiriza! Temuyingiranga mu nnyumba ezitali zamwase okutuusa lwe mumalanga okusaba okubakkiriza — Ne mulamusa eri bannannyinizo (bwe bakkiriza olwo ne mulyoka muyingira). Ekyo kye kirungi ku mmwe, kyaddaaki ne mujjukira.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَدْخُلُوا بُيُوتًا  
غَيْرَ بُيُوتِكُمْ حَتَّى تَسْتَأْذِنُوا وَلَسْلَمُوا  
عَلَىٰ أَهْلِهَا ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ لَعَلَّكُمْ  
تَتَذَكَّرُونَ ﴿٣٨﴾

28. Bwe mubanga temusanzeemu muntu n'omu temugayingiranga okutuusa lwe mukkirizibwanga. Bwe mubanga mugambiddwa nti: Muddeeyo, muddangayo (ne mutayingira), kubanga ekyo kye kisinga obutukuvu gye muli. Ne Katonda amanyi ebyo bye mukola.

إِن لَّمْ يَجِدْ فِيهَا أَحَدًا فَأَلْتَدْخُلُوهَا  
حَتَّىٰ يُوذَنَ لَكُمْ وَإِن قِيلَ لَكُمُ ارْجِعُوا  
فَارْجِعُوا هُوَ أَزْكَىٰ لَكُمْ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ  
عَلِيمٌ ﴿٣٩﴾

29. Temulina kibi mmwe okuyingira (nga temusabye) mu mayumba agatasulwamu nga mulimu ebintu byammwe (eby'emiganyulo). Ne Katonda ama-

لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَنْ تَدْخُلُوا بُيُوتًا  
غَيْرَ مَسْكُونَةٍ فِيهَا مَتَاعٌ لَّكُمْ وَاللَّهُ يَعْلَمُ

Katonda kycyava agamba nti abo abawaayirizibwa bye batakoze bali wala n'ekyo ekiba kibogeddwako. Era wa kubagabira okugabirwa okulungi mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

27. Empisa ensaamu ez'obuntubulamu, eddiini y'Obusiraamu z'ekubiriza n'okuziteekako essira mu bulamu obwa bulijjo mu nkolagana n'enneeyisa ya bantu. Obwannannyini n'enneekuuma mu ddembe ly'ekyama eri buli muntu kintu kikulu ddala mu bulamu.

Katonda kyeyava ayigiriza abakkiriza empisa ezisaanira singa baagadde okukyalira bannaabwe: omuntu atekwa okusooka kusaba bannannyini nnyumba bamukkirize era n'okubalamusa nga abatoolera *Ssalaamu*, olwo bw'akkirizibwa n'alyoka ayingira.

Okusaba okukkirizibwa kwa mirundi mingiko: Oyinza okuyita oba okukonkona ku luggi emirundi ebiri oba esatu oba okweyambisa engeri endala yonna eba ekozesebwa. Bwe bakukkiriza olwo nno n'oyingira.

28. Omuntu nga tawulidde kwanukulwa ekyo tekitegeza nti ayingire buyingizi. Oluusi bannyini nju bandiba mu mbeera etabasobozesa kuddamu. Era enju k'ebe nga temuli muntu — nakyo tekitegeza nti omuntu amala gayingira. Ekisaamu kwe kulinda bannyinimu wonna we baba bali oba we balaze bakomewo bamukkirize. Bw'otabalabirako ddala oba nga bakugambye nti ddayo gy'oba oba balindirizeeko kola ekyo sso tewewwa buyinza kugyfubitiika.

29. Amayumba agatasulwamu, gamba ng'amaduuka, amasitoowa, amawooteri n'emigiini — ag'ebyobusuubuzi; temunenyezebwa bwe mugayingira nga temusabye kukkirizibwa.



nyi ebyo bye mwolesa n'ebyo bye mukweka.

30. Gamba abakkiriza abasajja bakka-kkanye ku maaso gaabwe era bakuume obwereere bwabwe. Ekyo kye kisinga obutukuvu gye bali. Mazima Katonda Mumanyi wa byama by'ebyo bye bakola.

31. Era ogambe abakkiriza abakyalabakkakkanyenga ku maaso gaabwe era bakuumenga obwereere bwabwe, era teboolesanga (obulungi) n'e-by'okwenyiriza byabwe wabula ebyo ebyeyoleka mu byo (nga ekyenyi n'ebibatu), era beebikkirire enkaaya zaabwe (zibabikke okutuuka) ku bifuba byabwe, era teboolesanga ebyokwenyiriza kwabwe okuggyako ku babbaabwe oba ku bakitaabwe oba ku bbasezaala baabwe, oba batabani baabwe, oba batabani ba babbaabwe, oba bannyinaabwe oba abaana ba baganda baabwe oba bakazi bannaabwe (Abasiraamu), oba abo (abazaana) emikono gyabwe egyaddyo be gyafuna, oba abo mu basajja abagoberera (ng'abaweereza) abatalina bwetaavu (eri bakazi), oba abaana abato abo abatalabanga ku bwereere bwa bakazi (abatamanyi byansonyi). Era tebaggundanga (wansi) amagulu

مَا تَبْدُونَ وَمَا تَكْتُمُونَ ﴿٢٩﴾

قُلْ لِلْمُؤْمِنِينَ يَعْضُوا مِنْ أَيْصَارِهِمْ وَيَحْفَظُوا أَرْوَاحَهُمْ ذَلِكَ أَرْكُنُ لَهُمْ ط  
إِنَّ اللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا يَصْنَعُونَ ﴿٣٠﴾

وَقُلْ لِلْمُؤْمِنَاتِ يَعْضُضْنَ مِنْ  
أَيْصَارِهِنَّ وَيَحْفَظْنَ فُرُوجَهُنَّ وَلَا  
يُبْدِينَ زِينَتَهُنَّ إِلَّا مَا ظَهَرَ مِنْهَا  
وَلْيَضْرِبْنَ خُمُرِهِنَّ عَلَىٰ جُيُوبِهِنَّ  
وَلَا يُبْدِينَ زِينَتَهُنَّ إِلَّا لِبُعُولَتِهِنَّ أَوْ  
أَبَائِهِنَّ أَوْ آبَاءِ بُعُولَتِهِنَّ أَوْ أَبْنَائِهِنَّ  
أَوْ أَبْنَاؤِ بُعُولَتِهِنَّ أَوْ إِخْوَانِهِنَّ أَوْ بَنِي  
إِخْوَانِهِنَّ أَوْ بَنِي أَخَوَاتِهِنَّ أَوْ نِسَاءَهُنَّ  
أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُنَّ أَوِ التَّابِعِينَ غَيْرِ  
أُولِي الرَّابِئَةِ مِنَ الرِّجَالِ أَوْ الْوَالِدِ  
الَّذِينَ لَهُنَّ عَوْرَاتُ النِّسَاءِ  
وَلَا يَضْرِبْنَ بِأَرْجُلِهِنَّ لِيُعْلَمَ مَا يُخْفِينَ

30. Amateeka g'obuntubulamu tegakoma ku bakyalabokka wabula gakwata ne ku basajja. Kubanga bwe kitaba kityo, olwo abasajja bonooneka.

Katonda yaziyiza ebintu ebimu okutunuulirwa enkakaba; ng'abasajja okutunuulira abakazi abatali baabwe era abatabazira. Ekyo kitembeza sitaane ku lusegere eri oyo ba akikoze. Singa omuntu atunuulidde omukazi nga tagenderedde, alina okuggyayo mangu amaso ge.

31. Mu ddiini omukazi takkirizibwa oba tasaanye kweragaalaga bulungi bw'entonda y'omubiri gwe oba okulaga ebyokwenyiriza bye byonna by'aba nabyo. okuggyako abantu abo abamenyedwa. Era si kya buntu n'akatono omukazi okutunuulira omusajja enkaliriza, naddala oyo atamulinaako luganda, era nga tamuzira, omukazi alagirwa akkakanye amaso ge era bw'alaba omusajja amutunuulidde ye tamuddiza maaso nate. Obusiraamu bulagira abakazi beebikke enkaaya oba leesu okutuuka mu bifuba byabwe.

Abasajja abagwengeregwengere abatamanyi bya bakazi n'abaana abato abatannamanya byansonyi n'abo bonna abalala abamenyedwa, ku bo tewaba kyesittaza na kabi omukazi bw'aba abalaze omubiri gwe okuggyako omubiri ogwo oguli wakati w'ekkundi n'amaviivi.

gaabwe ku lw'okumanyisa ebyo ebikisibwa mu byokwenyiriza kwabwe. Era mwenenye eri Katonda mwenna, Abange mmwe abakiriza oba olyawo ne mulokoka.

32. Muwase (abakazi) ab'obusa mu mmwe n'abalongoofu mu baddu bammwe, abasajja oba abazaana. Bwe babeera nga baavu, Katonda abagaggawaza (n'okubawa) mu bigabwa Bye. Ne Katonda Mugazi, Mumanyi.
33. Bateekwa besseemu ensa (baleme kwennda) abo abatafunye (mmaali ebasobozesa) kuwasa okutuusa Katonda lw'alibagaggawaza (n'abawa) mu birungi Bye. N'abo abasaba (okubawandiikira) ebbaluwa (ez'okwenu-nula mu buddu) mw'abo emikono gyammwe egya ddyo be gyafuna, kale mubawandiikirenga bwe mubanga mubategeddemu obulungi, era mubawenga mu mmaali ya Katonda eyo gye yabawa. Temuwalirizanga abazaana bammwe (okukola) obwama-

مِنْ زِينَتِهِمْ وَتُؤْتُوا إِلَى اللَّهِ جَمِيعًا  
إِيَّاهُ الْمُؤْمِنُونَ لَعَلَّكُمْ تَقْرَهُونَ ﴿٣١﴾

وَأَنْتُمْ كَمَا الدِّيَالِي مِنْكُمْ وَالصَّالِحِينَ مِنْ  
عِبَادِكُمْ وَإِمَائِكُمْ إِنْ يَكُونُوا فُقَرَاءَ  
يُغْنِيهِمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٢﴾

وَلَيْسَ تَعْفِيفُ الَّذِينَ لَا يَجِدُونَ رِجَالًا حَافِظِي  
يُغْنِيهِمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ وَالَّذِينَ يَبْتَغُونَ  
الْكِتَابَ مِمَّا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ فَكَابِتُوا مِنْهُمْ إِنْ  
عَلِمْتُمْ فِيهِمْ خَيْرًا فَإِنَّهُمْ مِنْ قَالِ  
اللَّهِ الَّذِي أَنْتُمْ وَلَا تَشْكُرُهُمْ أَتَيْتِكُمْ  
عَلَى الْبَحْرِ أَنْ أَرَدْنَا نَحْنُ وَالتَّبَعُوا عَوْضَ  
الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَمَنْ يُكْفِرْهُمْ إِنْ فَانَّ اللَّهُ

Ekyo ekikwata ku bazaana oba abaddu emirembe gino tekikyakola kubanga abaddu tebakyaliwo. Naye Kuraane we yakkira embeera yali ng'abaddu kintu kya bulijjo.

32. Eky'obwavu mu bufumbo si kikulu. Wabula ekyetaagisa ku ludda lw'abafumbo ababiri, omwami n'omukyala. kwe kutegeeragana mu bizibu byabwe n'okugumiikiriza. n'empisa ennungi ku ludda lwa bombi. Omuntu ng'awasizza mwavu. Katonda yandimugaggawaza n'amuwa mu bigabwa Bye kubanga Ye Mugazi mu kugabira ebitonde Bye era Amanyi engeri y'abaddu Be.

Emirembe gino abakyala baagala kufumbirwa mu mayumba magagga sso ne beerabira nti obugagga tekiyamba mu bufumbo singa empisa z'ababiri tezituukana. Omukyala kirungi afumbirwe nga ekigendererwa kye kwe kufuna munne bwe bategeeragana. Ne bw'aba nga talina nnyo. agumiikirize bagende beezimbe balifuna ebwera oluvannyuma.

33. Omuntu yenna atannasobola kufuna kimusobozesa kuwasa. oba omukazi atannafuna wa kufumbirwa. asaanye yesseemu ensa aleme kukola bwenzi okutuusa Katonda lw'alibasobozesa okuwasa oba okufumbirwa. Ekyo ne kyoleka nti mu ddiini, omuntu akkirizibwa okwekkusa oby'obwagazi bwe mu bufumbo obukkirizibwa bwokka.

Edda nga abaddu bakyalivo mu nsi. Kyali kikakata ku Musiraamu nti singa omuddu we amusa-bye okumukolera endagaano y'okwenuunula ave mu buddu – Mukama we agimukolere bw'aba alaba nti omuddu oyo asobola okukola n'amusasula omuwendo gw'okwenuunza gwe baalagaana. Omusiraamu omutuufu asaanye ayambe afunire omuddu we ku sente Katonda ze yamugaggawaza nazo yeenunule.

Ekitundu ekyo kyakka omusajja ayitibwa Abdalla Mutabani wa Ubbayyi, omukulembeze w'abannafuusi e Madina, bwe yawaliriza omuzaana we agende yeetunde amuleetere ssente z'aggye mu kwetunda. N'olwekyo Katonda kwe kussa etteeka lino.

laaya bwe babanga baagadde obwekuuma, mulyoke munoonye ebyokufuna (okwesanyusa) eby'obulamu bw'ensi. Oyo yenna abawaliriza, mazima Katonda (ku bo) oluvannyuma lw'okubawaliriza (okwo abasonyiwa, kubanga Ye) Musonyiyi, Musaasizi.

34. Era mazima twassa gye muli obubonero obunnyonyofu (obwoleka buli kyogerwako) n'eb yokulabirako (bibatangaaze ku byafaayo) okuva kw'abo abaayita oluberyeberye lwammwe. Era kyakubuulirira eri abatya Katonda.

35. Katonda ky'Ekitangaala ky'eggulu n'ensi. Ekifananyi ky'ekitangaala Kye kiringa akamooli akalimu ettaala, ng'ettaala eri mu kirawuli. Ekirawuli kiringa emmunyeenye eyaka ennyo. (Ettaala eyo) eyasibwa (na mafuta agava) mu muti ogw'omukisa, omuzayituuni ogutali gw'e Buvanjuba era nga si gw'e Bugwanjuba, amafuta gaagwo gasemberera okwaka (gokka) newankubadde nga tegatuuseeko muliro — Ekitangangaala ku kitangaala, Katonda alunngamya eri ekitangaala Kye oyo gw'aba ayagadde. Era Katonda akubira abantu ebifaananyi. ne Katonda Mumanyi wa buli kintu.

36. Mu mayumba (ago) Katonda ge yakkiriza gazimbwe era mwogererwengamu Erinnya Lye (gy'emizikiti) nga bamutendererezaamu enkya n'olweggulo (buli kakedde), —

مَنْ بَعْدَ أَكْرَاهِهِنَّ عَفْوَرٌ رَّحِيمٌ ﴿٣٤﴾

وَلَقَدْ أَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ آيَاتٍ مُّبِينَاتٍ وَمَثَلًا  
مِّنَ الَّذِينَ خَلَوْا مِن قَبْلِكُمْ وَمَوْعِظَةً  
لِّلْمُتَّقِينَ ﴿٣٥﴾

اللَّهُ نُورُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ مِثْلُ نُورِهِ  
كَمِشْكُوتٍ فِيهَا مِصَابِعُ الْوَصْبَاءِ فِي  
رُجَاجِهِ الرُّجَاجُ كَأَنَّهَا كَوْكَبٌ دُرِّيٌّ  
يُوقَدُ مِن شَجَرَةٍ مُّبَرَكَةٍ زَيْتُونَةٍ لَا شَرْبِيَّةَ  
وَأَعْرَابِيَّةٍ يُكَادُونَ بِأَبْصَارِهِمْ وَلَوْ لَمْ  
تَمْسَسْهُ نَارُهُ لَظَنَّ عَلَى نُورٍ هُدًى لِّلَّهِ  
لِنُورِهِ مَن يَشَاءُ وَيَضْرِبُ اللَّهُ الْأَمْثَالَ  
لِلنَّاسِ وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٣٦﴾

فِي بُيُوتٍ أُذِنَ لِلَّهِ أَنْ يُرْفَعَ وَيُرَذَّكَرَ  
فِيهَا أَسْمَاءٌ سِوَىٰ لَيْلَىٰ فِيهَا بِالْغَدُوِّ وَ  
الْأَصَالِ ﴿٣٧﴾

35. Mu kitundu kino Katonda yakuba ekifaananyi ky'ekitangaala ky'obukkiriza. ky'ateeka ku mitima gw'omuddu we omukkiriza. Era alunngamya eri ekitangaala ekyo eky'obukkiriza oyo gw'aba ayagadde.

36. Ennyumba ezigendererwa wano gy'emizikiti. Katonda yalagira okugigulumiza n'okugitukuzama muleme kuyingizangamu bintu bya muzannyo.

37. Abasajja abatalabankanyizibwa bya-kusuubula oba okutunda ne biba-ggya ku kwogera ku Katonda n'okuyi-mirizaawo esswala n'okuwaayo zakka (ekitundu Katonda kye yabalaalika okuwaayo buli mwaka); nga batya olunaku mwe giryekyusiza emitima n'amaaso;

رَجَالٌ لَا تُلَهِيهِمْ تِجَارَةٌ وَلَا بَيْعٌ  
عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَاقَامُوا الصَّلَاةَ وَرَأَى  
الرَّكُوعَ يُخْفُونَ يَوْمًا أَتَتْ قَلْبَ فِيهِ  
الْقُلُوبُ وَالْأَبْصَارُ ﴿٣٧﴾

38. Katonda alyoke abasasule (empeera) esinga obulungi ku lw'ebyo bye baa-kola, era abongere (n'okusingawo) mu birungi Bye. Ne Katonda agabira oyo gw'aba ayagadde awatali kubala.

لِيُخَيِّرَهُمُ اللَّهُ أَحْسَنَ مَاعَمَلُوا وَيَزِيدَهُمُ  
مِنْ فَضْلِهِ وَاللَّهُ يَرْزُقُ مَنْ يَشَاءُ  
بِغَيْرِ حِسَابٍ ﴿٣٨﴾

39. N'abo abaakafuwala, emirimu gyabwe giringa ennyanja (y'obulimba) ey'oku musenyu mu ddungu etangalija n'erengekeka ng'amazzi agali mu kifo. Omuyonta agirowooza nti mazzi okutuusa lw'aba nga agituuseeko n'agisanga nga si kintu, (wabula) n'asanga (nga) Katonda y'aliwo, n'amutuukiriza okumubala (n'okumu-sasula mu bujjuvu); ne Katonda mwa-ngu mu kubala.

وَالَّذِينَ لَمْ يَأْمُرُوا بِالْعَمَالِ هُمْ سَرَابٌ يَبْعَثُ  
يَحْسِبُهُ الظَّمَانُ مَاءً حَتَّى إِذَا جَاءَهُ  
لَمْ يَجِدْ لَهُ شَيْئًا وَوَجَدَ اللَّهُ عِنْدَهُ قُوْفَهُ  
حِسَابًا وَاللَّهُ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٣٩﴾

40. Oba nga balinganga abali mu kizi-kiza ky'ennyanja eyo ebuziba. Nga amayengo gababisse (ageesereekere-dde) agamu nga gali ku gannaago, nga waggula waabwe waliwo ebire. Nga ebizikiza ebimu biri waggulu wa binnaabyo. (Omuntu) bw'aba nga aggyeeyo omukono gwe (n'agugolola), tasemberera kugulaba. N'o-muntu Katonda gw'ataaterawo kitangaala, talina kitangaala (gy'a-kiggya)!

أَوْ كَظُلُمَاتٍ فِي بَحْرٍ لَمَّ يَبْعَثُهُ مَوْجٌ  
مِنْ قُوْفِهِ مَوْجٌ مِنْ قُوْفِهِ سَحَابٌ ط  
ظَلُمَاتٌ بَعْضُهَا فَوْقَ بَعْضٍ إِذَا أَخْرَجَ  
يَدًا لَمْ يَكَدْ يَرَاهَا وَمَنْ لَمْ يَجْعَلِ اللَّهُ  
لَهُ نُورًا أَمَّا لَهُ مِنَ نُورٍ ﴿٤٠﴾

37. Olunaku Lw'okulamulwa lwe lugendererwa wano. Ku lwo amaaso galitunulanga ku ddyo ne kkono, n'emitima giribeera mu kulowooza okuyitiriza nga girowooza engeri y'okuwonamu okuzikirira ku lw'ebitiiisi by'olunaku olwo.

38. Katonda bw'amaze okwogera ku mirimu gy'abalongoofu abo abajjumbira okumtenderenza n'okutuukiriza ebiragiro Bye: kati n'atandika okwogera ku boonoyi n'emirimu gyabwe.

39. Bwe kityo, mu ngeri y'emu n'omukafiiri alowooza nti Katonda agenda kumusasula ebirungi bye yakola: kyokka bw'afa n'atuuka mu maaso Ge, tasangawo kalungi konna kumusasulwa.

40. Oyo eyagaana okukkiriza, ali mu bizikiza tasobola kulaba bulunggamu. Era oyo yenna

41. Tolaba mazima nga Katonda, bimutendereza byonna ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi n'ennyonyi nga zanjuluzza (ebiwawaatiro byazo)? Buli kimu (ekitonde, Katonda) yamanya okusaba kwakyo n'okutendereza kwakyo; ne Katonda amanyi ebyo (byonna) bye bakola.
42. Bya Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi, n'eri Katonda y'eri obuddo (bwa byonna).
43. Tolaba nga mazima Katonda atambuzza ebire, bw'amala n'agatta wakati waabyo, bw'amala n'abifuula entuumu? N'olaba enkuba nga efuluma mu myagaanya gyabyo; era assa okuva mu ggulu ensozi (z'ebire) nga mulimu mu zimu omuzira, n'agukubisa abo b'aba ayagadde (ate) n'agukyusa okugugya kw'abo b'ayagadde. Kusemberera okumyansa kw'olumamywa lwabyo (ebire) okuggyamu amaaso.
44. Katonda akusakyusa ekiro n'omusana. Mazima muli mw'ekyo ekyokulabirako eri abalina amaaso.
45. Ne Katonda yatonda buli kiramu (nga akiggya) mu mazzi. (Nga) mu byo mulimu ekika ekyo ekitambulira ku lubuto lwakyo (ekyewalula n'ekiwuga) ne mu byo mulimu (ekika ky'ebirala) ebitambulira ku magulu abiri ne mu byo mulimu (ekika ky'ebyo) ebitambulira kw'ana. Katonda

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ لَسَّخِرُهُ لِمَنْ فِي السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ وَالطَّيْرِ صَفَّتْ كُلُّ قَدِّ عِلْمَ  
صَلَاتِهِ وَتَسْبِيحِهِ طَوَّالَهُ عَلَيْهِمْ بِمَا  
يَقْعَلُونَ ﴿٣١﴾

وَاللَّهُ مَالِكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَلِلَّهِ  
اللَّهُ الْمَصِيرُ ﴿٣٢﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يُرْسِي سَحَابًا ثُمَّ يُؤَلِّفُ  
بَيْنَهُ ثُمَّ يَجْعَلُهُ رُكَامًا فَتَرَى الْوُدْقَ  
يَخْرُجُ مِنْ خِلَالِهِ وَيُنزِلُ مِنَ السَّمَاءِ  
مِنْ جِبَالٍ فِيهَا مِنْ بَرَدٍ قُصِيبٌ بِهِ  
مَنْ يَشَاءُ وَيَصْرِفُهُ عَنِ مَنْ يَشَاءُ ط  
يَكَادُ سَنَا بَرْقِهِ يَذْهَبُ بِالْأَبْصَارِ ﴿٣٣﴾

يُقَلِّبُ اللَّهُ اللَّيْلَ وَاللَّهَارَ إِنَّ فِي ذَلِكَ  
لَعِبْرَةً لِّأُولِي الْأَبْصَارِ ﴿٣٤﴾

وَاللَّهُ خَلَقَ كُلَّ دَابَّةٍ مِنْ مَاءٍ فَمِنْهُمْ  
مَنْ يَمْشِي عَلَى بَطْنٍ وَمِنْهُمْ مِمَّنْ  
يَمْشِي عَلَى رِجْلَيْنِ وَمِنْهُمْ مِمَّنْ يَمْشِي  
عَلَى أَرْبَعٍ ط إِنَّ اللَّهَ مَا يَشَاءُ إِنَّ اللَّهَ

Katonda gw'aba teyagerekera kuba na bulunngamu tasobola n'akatono kulunngama.  
 41. Buli kitone kyonna ekiri mu ggulu n'ensi kisinza era ne kitendereza Katonda. Era buli kimu kirina engeri yaakyo gye kimusinzamu n'okumutendereza.  
 Katonda ye nnyini kulunngamya bitonde mu ngeri yonna  
 45. Buli kiramu kyonna ekyatondebwa obulamu bwakyo bwesigamidde ku mazzi agali mu mbiri gwakyo.  
 Ebyo ebyewalula mwe muli emisota, eminya, ensirinnganyi, sigga, enfudu, ggoonya, ebiwuka n'ebirala. N'ebiwuga nga ebyennyanja bibalibwa kuba nga bitambulira ku bibuto byabyo. Ekyo ekitambulira ku magulu abiri be bantu n'ennyonyi. Ate byo ebitambulira ku magulu ana bye

atonda ekyo ky'ayagadde. Mazima Katonda Muyinza ku buli kintu.

عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٤٥﴾

46. Mazima twassa Obubonero obunyonnyofu. Ne Katonda alunngamya oyo gw'aba ayagadde eri ekkubo eggolokofu.

لَقَدْ أَنْزَلْنَا آيَاتٍ مُّبِينَاتٍ وَاللَّهُ هُدًى  
مَنْ يَشَاءُ إِلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٤٦﴾

47. Ne bagamba (abannanfuusi) nti: Tukkirizza Katonda n'omubaka, era tugonze; (ate) nate ne kikyuka eki-biina mu bo oluvannyuma lw'ekyo. Abo (ab'ekika ekyo) si ba kukkirizza.

وَيَقُولُونَ آمَنَّا بِاللَّهِ وَبِالرَّسُولِ وَأَطَعْنَا  
ثُمَّ يَوَلُّوْا قَدْفًا مِّنْهُم مِّنْ بَعْدِ ذَلِكَ  
وَمَا أَوْلَيْكَ بِالْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٧﴾

48. Era bwe babeera bayitiddwa (okujja) eri Katonda n'Omubaka We alyoke abalamule wakati waabwe, olaba ng'ekibiina mu bo kyawukana;

وَإِذَا دُعُوا إِلَى اللَّهِ وَرَسُولِهِ لِيَحْكُمَ  
بَيْنَهُمْ إِذَا فَرِيقٌ مِّنْهُمْ مُّعْرِضُونَ ﴿٤٨﴾

49. Bwe baba nga be balina amazima bajja gy'ali (Nabbi mu bwangu) nga bagonvu!

وَأَنْ يَكُنْ لَهُمُ الْحَكْمُ يَأْتُوا إِلَيْهِ مُذْعَبِينَ ﴿٤٩﴾

50. Abaffe, mu mitima gyabwe mulimu bulwadde, oba babuusabuusa (mu bwannabbi bwe), oba abaffe batya Katonda n'Omubaka We okusaliriza (mu kulamula kwabwe)? Nedda wabula abo bo be balyazaamaanyi.

أَفِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ أَمْ إِنَّا أَنزَلْنَا آيَاتٍ فَهُمْ  
أَنْ يَحْكُمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَرَسُولُهُ بَلْ  
أُولَٰئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٥٠﴾

51. Sso nga mazima kyali ekigambo ky'abakkiriza (abatuufu) bwe baba nga bayitiddwa (okujja) eri Katonda n'omubaka We alyoke alamule wakati waabwe, bagambe nti: Tuwulidde era tugonze. N'abo bo be b'okulokoka.

إِنَّمَا كَانَ قَوْلَ الْمُؤْمِنِينَ إِذَا دُعُوا إِلَى اللَّهِ  
وَرَسُولِهِ لِيَحْكُمَ بَيْنَهُمْ أَنْ يَقُولُوا  
سَمِعْنَا وَأَطَعْنَا وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٥١﴾

bizingiramu buli kalonda w'ebiramu ebisigadde.

47. Mu aya eno Katonda yali ayogera ku ngeri y'abannanfuusi abo abak kirizza kungulu n'ennini zaabwe, sso nga gyo emitima giwakanya.

48. Abannanfuusi b'omu Madina eyo ye yali empisa yaabwe. Bakkirizanga okulamulwa omulamuzi gwe baalwoozangamu okwekubiira ku ludda lwabwe mu kusala omusango. Bwe baabanga be basinze omusango ng'olwo banguyira eri Nabbi, kubanga nga nabo bamanya nti naye olwo yandisaze omusango ku ludda lwabwe ne bagusinga, si nakindi ne bwe gwandibadde nga gusinga abo abamuli ku lusegere, — kubanga ye yalinga mwenkanya. Naye bwe baamanyanga nti be basobya era nga omulamuzi taabe na kyekubiira ku luuyi lwabwe kubasobozesa kusinga, nga baawukana ku Nabbi.

Abantu ab' ekika ekyo bangi nnyo buli wamu mu nsi na buli kati, bateekwa kulwanyisibwa

- 52. N'omuntu agondera Katonda n'omubaka We, ne yeewombeekera Katonda n'amutya: nabo bo be b'okwesiima.
- 53. Ne balayira Katonda mu kukakasa kw'okulayira kwabwe nti mazima ddala bw'onoobalagira (bagende balwane mu lutalo) bajja kugendera ddala. Bagambe nti: Temulayira; okugonda n'empisa ennungi (kye kisinga okulayira). Mazima Katonda Mumanyi wa byama by'ebyo bye mukola.
- 54. Bagambe nti: Mugondere Katonda mugondere n'Omubaka. Naye bwe munaaba nga mukyuse, olwo mazima kuli ku ye (okutuukiriza) ekyo kye yatikkwa (eky'okutuusa obubaka), era kiri ku mmwe ekyo kye mwatikkwa. Bwe muba nga mumugondedde, (munaaba) mulunngamye era tekiri ku mubaka (kirala kyonna) wabula kutuusa bubaka okweyolefu.
- 55. Katonda yalagaanyisa abo abakkiriza mu mmwe ne bakola obulongoofu nti agenda kubasigiza mu nsi nga bwe yasigiza abo (abaaliwo) oluberyeberye lwabwe; era (ddala) agenda kubatebenkereza eddiini yabawe eyo gye yabasiimira. Era agenda kubakyusiriza ddala oluvannyuma lw'okutya kwabwe eddembe: Kale bansinze. Tebangatangako kintu kirala. N'omuntu yenna anaawakana oluvannyuma lw'ekyo, n'abo bo be bonoonyi.
- 56. Muyimirizecwo esswala mutoole zakka era mugondere omubaka, oba olyawo ne musaasirwa.
- 57. Mazima tolowoozanga nti abo abaakaafuwala ba kulemesa (Katonda)

وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَيُحِشْ اللَّهَ وَيُتَّقِهِ فَأُولَئِكَ هُمُ الْفَائِزُونَ ﴿٥٢﴾  
 وَأَقْسَمُوا بِاللَّهِ هَذَا إِيْمَانُهُمْ لِيَنْ أَمْرَتِهِمْ لِيَخْرُجْنَ قُلْ لَا لِقَاءَ هُمْ وَأَطَاعَهُ مَعْرُوفَهُ  
 إِنَّ اللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿٥٣﴾

قُلْ أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ ۚ فَإِن تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا عَلَيْهِ مَا حُمِّلَ وَعَلَيْكُمْ مَا حُمِّلْتُمْ وَإِن تُطِيعُوا فَتَهْتَدُوا وَمَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ الْمُبِينُ ﴿٥٤﴾

وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَيَسْتَخْلِفَنَّهُمْ فِي الْأَرْضِ كَمَا اسْتَخْلَفَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَ لِيُمَدِّنَ لَهُمْ دِيْنَهُمُ الَّذِي ارْتَضَى لَهُمْ وَلِيُبَدِّلَنَّهُمْ مِنْ بَعْدِ خَوْفِهِمْ أَمْنًا يَعْبُدُونَنِي لَا يُشْرِكُونَ بِي شَيْئًا وَمَنْ كَفَرَ بَعْدَ ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ ﴿٥٥﴾

وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٥٦﴾

الَّذِينَ لَقُوا إِمْرًا مُجْتَمِعِينَ فِي



mu nsi. Obuddo bwabwe muliro era bwe buddo-obusingayo (okuba) obubi!

58. Abange mmwe abakkiriza! Bateekwa babasabe okubakkiriza nga baagala okuyingira (gye muli) abo be gyafuna emikono gyammwe egya ddyo (abaddu oba abaweereza) era n'abo abatannatuusa kiseera kya bukulu mu mmwe (abaana), emirundi esatu (mu biseera bisatu); oluberyeberye lw'esswala y'okumakya (Al-Fajiri), ne mu kiseera we muggiramu engoye zammwe mu ttuntu (nga muli mu ggandaalo) n'oluvannyuma lw'esswala y'ekiro (Isha) — By'ebiseera byammwe ebisatu mwe mweyambulira. Temulina kibi yadde bo oluvannyuma lw'e-byo (ebiseera ebisatu), okuyingira nga tebabeeyanjulidde, beetooloola abamu ku mmwe ku bannaabwe. Bwe kityo Katonda bw'abannyonyola obubonero Bwe. Ne Katonda Mumanyi, Mukakasa.

59. Abaana abato mu mmwe bwe baba nga batuusizza obukulu olwo bateekwa basabe okukkirizibwa (okuyingira eri abakulu) nga bwe basaba abo ababakulembede. Bwe kityo Katonda abannyonyola amateeka Ge. Ne Katonda Mumanyi, Mukakasa.

60. N'abakyala abatudde nga (beeku-mye, abakuze) abo abatakyasuubira

الْأَرْضِ وَمَاؤُهُمُ النَّارُ وَلَيْسَ الْمَصِيرُ  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لِيَسْتَأْذِنَكُمْ الَّذِينَ  
مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ وَالَّذِينَ لَمْ يَبْلُغُوا الْحُلُمَ  
مِنْكُمْ تِلْكَ قُرْتٌ مِنْ قَبْلِ صَلَاةِ الْفَجْرِ وَ  
حِينَ تَضَعُونَ ثِيَابَكُمْ مِنَ الظَّهِيرَةِ وَ  
مِنْ بَعْدِ صَلَاةِ الْعِشَاءِ ثَلَاثُ عَوْرَاتٍ  
لَكُمْ لَيْسَ عَلَيْكُمْ وَلَا عَلَيْهِمْ جُنَاحٌ بَعْدَ  
طَوَاتُورِنَ عَلَيْكُمْ بَعْضُكُمْ عَلَى بَعْضٍ كَذَلِكَ  
يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمُ الْآيَاتِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ٥٨

وَأَذَابُ الْإِطْفَالِ مِنْكُمْ الْحُلُمَ  
فَلْيَسْتَأْذِنُوا كَمَا اسْتَأْذَنَ الَّذِينَ مِنْ  
قَبْلِهِمْ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ  
وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ٥٩  
وَالْقَوَاعِدُ مِنَ الرِّسَالَةِ الَّتِي لَا يَرِجُونَ

baggweemu kubanga bavaako ebibi bingi.

58. Ne mu maka mwennyini, era eddembe ly'okwekuuma mu kyama naddala ku bantu abakulu lissibwako nnyo essira. N'olw'ekyo, abaweereza n'abaana abato waliwo ebiseera we batasaanidde kumala gayingira eri ebisenge by'abakulu okuggyako nga bamaze kweyanjula — olwo ne bakkirizibwa oba ne bagaanibwa.

Kyokka mu biseera ebitali ebyo ebimenyedwa, tekyetaagisa bamale kusaba okuyingira kubanga olwo bonna ab'omu maka baba baddinngana buli eri omulala.

Wabula ebiro bino abaddu tebakyaliwo, kale abaweereza mu maka wano be bateekwa okukola ekyo.

59. Wano tekikwata ku abo ab'omu maka bokka wabula na ku buli yenna ajjama, ateckwa akole ekyo ekikolebwa b'asangamu.

Abaana nga bakyali bato baba n'eddembe okwetaaya mu buli kye baagala, kyokka nabo bwe



kufumbirwa, tebalina kibi okuggyamu engoye zaabwe (ez'okungulu) kyokka nga tebajajaala na byakwenyiriza. Bwe baba nga bessizaamu ensa, kye kirungi ku bo. Ne Katonda Awulira, Amanyi.

61. Talina kibi muzibe wadde omulema era n'omulwadde talina kibi era nammwe mwennyini temulina kibi okulya mu maka gammwe, oba mu maka ga bakitammwe, oba mu maka ga bannyammwe, oba mu maka ga baganda bammwe oba mu maka ga bannyinammwe, oba mu maka ga bakitammwe abato, oba mu maka ga basengammwe, oba mu maka ga bakojjammwe, oba mu maka ga bannyammwe abato oba ago ge mwa-funako obuyinza ku bisumuluzo byago, oba (mu maka ga) mikwano gyammwe. Temulina kibi okuliira awamu oba nga mweyawuddeyawudde. Kyokka bwe mubanga musingidde mu mayumba mulamusaganenga n'ekiramuso (*Assalaam-o-Ataikum*) ekyava eri Katonda, eky'omukisa, ekirungi. Bw'atyo Katonda bw'abannyonyola obubonero (bw'eddiini yammwe), oba olyawo ne mutegeera.

62. Abakkiriza ab'amazima be bo abakkiriza Katonda n'omubaka We era, bwe babeera awamu naye ku kigambo ekibakunngaanya (awamu) tebagenda (tebavaawo) okutuusa lwe bamala

زَكَاحًا فَلَيْسَ عَلَيْهِمْ جُنَاحٌ أَنْ يَضَعْنَ  
ثِيَابَهُنَّ غَيْرَ مُتَبَرِّجَاتٍ بِزِينَةٍ وَأَنْ  
يَسْتَعْفِفْنَ خَيْرٌ لَهُنَّ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ  
لَيْسَ عَلَى الْأَعْمَى حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْأَعْرَجِ  
حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْمَرِيضِ حَرَجٌ وَلَا عَلَى  
أَنْفُسِكُمْ أَنْ تَأْكُلُوا مِنْ بُيُوتِكُمْ أَوْ بُيُوتِ  
أَبَائِكُمْ أَوْ بُيُوتِ أُمَّهَاتِكُمْ أَوْ بُيُوتِ إِخْوَانِكُمْ  
أَوْ بُيُوتِ إِخْوَانِكُمْ أَوْ بُيُوتِ أَعْمَامِكُمْ  
أَوْ بُيُوتِ عَمَّاتِكُمْ أَوْ بُيُوتِ إِخْوَانِكُمْ أَوْ  
بُيُوتِ خَالَاتِكُمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ  
مَقَاتِحَهُ أَوْ صَدَائِقِكُمْ لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَنْ  
تَأْكُلُوا مِنْهَا جَمِيعًا أَوْ أَشْتَاتًا إِذَا دَخَلْتُمْ  
بُيُوتًا فَسَلِّمُوا عَلَى أَنْفُسِكُمْ تَحِيَّةً مِنْ  
عِنْدِ اللَّهِ مُبْرَكَةٌ طَيِّبَةٌ كَذَلِكَ  
يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمُ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ

تَعْلَمُونَ ﴿٦١﴾

لَهُمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ  
وَإِذَا كَانُوا مَعَهُ عَلَى أَمْرٍ جَامِعٍ لَمْ يَذْهَبُوا حَتَّىٰ

batuusa obukulu nagyo gy'emyaaka 15. bateekwa bakole ekyo bakulu baabwe kye bakola. Kale nabo bateekwa basabanga okukikirizibwa nga tebnayingira eri abakulu.

61. Abawarabu oluberyebere eddiini we yajira, baalina obulombolombo emisoso n'emizizo ebitakkirizibwa mu ddiini. Bamuzibe, abalema n'abo bonna abaabanga n'obulwadde obw'amaanyi nga babalibwa ngebevive, era abatasana kwegatta wamu na bantu balala mu kulya. Kino Katonda yakigaana kubanga wadde oyo alabika nga taliiko kamogo yandiba omubi mu maaso ga Katonda okusinga ow'akamogo. Era kyabalibwanga nti okulya mu maka g'abennaganda nakyo kivve, tekikkirizibwa. Okulya mu mikwano egya nnamaddala emyesimbu nakyo eddiini yakikkiriza okuggyako

okumusaba (Nabbi) abakkirize. Mazima abo abakusaba obakkirize, abo be bo abakkiriza Katonda n'omubaka We. Kale bwe baba nga bakusabye okubakkiriza ku lw'ebimu mu bigambo (ebyetaago) byabwe, kkirizanga oyo gw'obanga oyagadde mu bo, era obeegayiririre Katonda abasonyiwe. Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

63. Temufuulanga okukoowoola kw'omubaka wakati wammwe nga okukoowoola kw'abamu (mu mmwe nga bakoowoola) eri bannaabwe. Mazima Katonda Amanyi abo abeesebulula mu mmwe, mu kwebbirira. Era bateekwa beekeke abo abaaawukana ku kiragiro kye okubatuukako akabi oba ebibonyobonyo ebiruma.

64. Abange, mazima bya Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. Ddala mazima amanyi ekyo mmwe kye muliko. Era (amanyi) n'olunaku lwe baliddizibwako gy'Ali alyoke abannyonyole ebyo bye baakola (kuno ku nsi). Ne Katonda Amanyi buli kintu.

يَسْتَأْذِنُكُمُ إِنَّ الَّذِينَ يَسْتَأْذِنُونَكَ  
أُولَئِكَ الَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ  
فَإِذَا اسْتَأْذَنُوكَ لِبَعْضِ شَأْنِهِمْ قَاذَنَ  
لِمَنْ شِئْتَ مِنْهُمْ وَاسْتَغْفِرَ لَهُمْ  
اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٦٣﴾

لَا تَجْعَلُوا دُعَاءَ الرَّسُولِ بَيْنَكُمْ  
كَدُعَاءِ بَعْضِكُمْ بَعْضًا قَدْ يَعْلَمُ  
اللَّهُ الَّذِينَ يَتَسَلَّلُونَ مِنْكُمْ لِوَاذًا  
فَلْيَحْذَرِ الَّذِينَ يُخَالِفُونَ عَنْ أَمْرِهِ  
أَنْ يُصِيبَهُمْ فِتْنَةٌ أَوْ يُصِيبَهُمْ عَذَابٌ  
أَلِيمٌ ﴿٦٤﴾

أَلَا إِنَّ لِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ  
قَدْ يَعْلَمُ مَا أَنْتُمْ عَلَيْهِمْ وَيَوْمَ يَرْجِعُونَ  
إِلَيْهِ يُنَبِّئُهُمْ بِمَا عَمِلُوا وَاللَّهُ بِكُلِّ  
شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٦٥﴾

mu mikwanokwano egitali gya maanyi. Era omuntu bw'aba yeesiimide kulyanga yekka oba n'abalala tewali kibi mw'ekyo. Omuntu wa ddembe okukola ky'ayagala.


## EBIFA KU SSUULA AL-FURKAANE MU BUFUNZE (25)

Essuula eno y'emu kw'ezo ezakkira e Makka. Esinga kujjumbira kunnyonyola ebikwata ku nzikiriza, okusinga ennyo ebyo ebikakasa nga Kuraane bwe kiri Ekitabo eky'amazima amereere. Era nga Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe buli obwa mazima. Ng'era bw'ennyonyola omuntu bw'ateekwa Okukkiriza okubaayo kw'Okuzuukira oluvannyuma lw'okufa, n'Okusasulwa empeera eri abo abaakola obulungi ku nsi. Era mulimu okunyuma ku bimu mu byafaayo bya Bannabbi omuntu alyoke akifuule ekimubuulirira n'okulabirako.

Essuula etandikira ku kwogera ku bifa ku Kuraane nga Katonda bwe yagissa ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) asobole okutiisa abantu ebibonerezo bya Katonda, singa bagaana okukkiriza Obubaka bw'abaleetedde okuva eri Katonda waabwe eyabatonda. Era n'ekakasa nga Katonda bw'atalina mwana wadde ekimwegattako mu Bwakatonda Bwe. Era ennyonyola nga abakafiiri b'omu Makka bwe baagezaako okulumba Kuraane n'okugilimbisa oluusi nga bagiyita nfumo z'abantu ab'edda oluusi nga bagamba nti ebyo ebigambo Muhammadi y'abyegunjiddewo ate olundi nti bigambo bya ddogo ery'olwatu. Katonda kwe kulaga mu ssuula eno obujulizi obulaga nga Kuraane bwe yassibwa nga eva gy'Ali era n'annyonyola ebifa ku Bubaka nga alimbisa ebirowoozo by'abakafiiri abaa-gambanga nti omubaka teyandisaanye kuba muntu wabula yandibadde Malayika. Eggyawo n'ebirowooze by'abakafiiri abaa-gambanga nti Omubaka wa Katonda teyandi-badde mwavu.

Oluvannyuma essuula eyogera ku kibiina ky'abo abamanya amazima ne bagategeera ate oluvannyuma ne bagavaako. Katonda abakakasaako okuyingira omuliro, okugeza ng'omusajja ayitibwa Ukubatu mutabani wa Muyiitwe oyo eyakkiriza Obusiraamu ate oluvannyuma n'akyuka okuva mu ddiini. Era eyogera ku Bannabbi mu kutwalira awamu wamu n'okwogera ku bibiina by'Abo abaabalimbisa n'ebibonerezo ebyabatuukako ku lw'okulimbisa Bannabbi ba Katonda. Okugeza ng'abo abaalimbisa Nabbi Nuuhu (emirembe gibe ku ye) n'abantu ba Bannabi abalala Katonda be yazikiriza ku lw'okulimbisa Bannabbi Be be yabatumira okubalungama.

Essuula emaliriza nga eyogera ku bitendo n'empisa ennungi abaddu ba Katonda abakkiriza ab'amazima bye balina n'engeri Katonda gye yabawaamu empisa ez'ettendo n'okweyisa obulungi okwo okulibatuusa ku kwesiima okwa nnamaddala.



## ESSUULA AL-FURKAANI (25)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya 77

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Yatukula n'agulumira (Katonda) Oyo eyassa Kuraane eyawula wakati w'amazima n'obulimba, (nga agissa) ku muddu We (Muhammadi) alyoke abeere omutiisa eri ebitonde;
2. Oyo (Katonda) alina Obufuzi bw'eggulu n'ensi, era ateteerawo mwana era atabeerangako nga alina amweggattako mu bufuzi Bwe. Era eyatonda buli kintu n'akigera olugera ne kituukirira.
- 3 (Nate abakafiiri) ne bateekawo atali Ye (Katonda Oyo) Ali Omu baka-tonda abatatonda kintu kyonna ate nga nabo baatondebwa butondebwa, era nga tebafunira myoyo gyabwe (kweggyako) kabi yadde (okweleetera) omugaso, era nga tebafuga kufa wadde obulamu oba okuzuukira.
4. Ne bagamba abo abaakaafuwala: Teri eno (Kuraane Muhammadi gy'azze nayo) wabula bulimba bwe yagunjawo nga kimubeerako ekibiina ky'abantu abalala. Mazima baaleeta obulyazaamaanyi n'obulimba (mu kugamba kwabwe nti Kuraane Muhammadi ye yagunjawo).
5. Era ne bagamba nti (ezo) nfumo z'abasooka yaziwanduukuluza (nga) nazo zimusomerwa enkya n'eggulo, (kubanga ye tamanyi kusoma wadde okuwandiika).

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

تَبَارَكَ الَّذِي نَزَّلَ الْفُرْقَانَ عَلَى عَبْدِهِ  
لِيَكُونَ لِلْعَالَمِينَ نَذِيرًا ﴿١﴾

الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَلَمْ يَلْخُذْ بِالَّذِينَ نَزَّلْنَا عَلَيْهِ سُورَةَ الْبُرْجِ  
فِي الْمَلِكِ وَخَلَقَ كُلَّ شَيْءٍ قَدْرًا ﴿٢﴾  
وَالَّذِينَ آمَنُوا مِنْ دُونِهِ لَا يَسْأَلُونَ  
سَيِّئًا وَهُمْ يُحْفَظُونَ وَلَا يَسْأَلُونَ  
رَدَّ نَفْسِهِمْ ضَرًّا وَلَا نَفْعًا وَلَا يَمُوتُونَ  
مَوْتًا وَلَا يَحْيَوْنَ وَلَا تَسْؤَرُونَ ﴿٣﴾

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ هَذَا إِلَّا أُنشَاءُ  
مَنْزُورٍ وَعَالَمٌ عَلَيْهِمْ قَوْمٌ آخَرُونَ ﴿٤﴾  
فَقَدْ جَاءَهُمْ ظُلْمَاتٌ وَرُؤُوسُهُمْ

وَقَالُوا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ اكْتُمْنَا  
فَهُمْ نَسُوا عَلَيْهِمْ بُكْرَةً وَأَصْبَلًا ﴿٥﴾

6. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Yagissa (Kuraane) Oyo amanyi ebyama (ebiri) mu ggulu ne mu nsi. Mazima (okuva ddi okutuusa ddi) yali Musonyiyi, Musaasizi.
7. Ate ne bagamba: Wa ngeri ki ono omubaka (wa Katonda) alya emmere n'atambula ne mu butale? Singa assiddwako malayika n'abeera awamu naye nga mutiisa.
8. Oba n'ateerwawo eggwanika, oba ennimiro gy'alyamu? Ne bagamba abalyazaamaanyi (abakafiiri): Bwe muba nga mugoberera, (temugoberera), wabula omusajja omuloge.
9. Tunuulira engeri gye baakugereza- ngako ebifaananyi, kale ne babula ne batasobola (kufuna) kkubo (libatuusa ku kulungama)!
10. Yatukula n'agulumira Oyo, singa yayagala. yandikuteereddewo ebirungi okusinga ebyo — Amalimiro nga emigga gikulukutira wansi waayo era n'akussizaawo n'amayumba (ag'ebitiibwa mu yo).
11. Nedda, wabula balimbisa (okubaawo) kwe) Ekiseera Ky'enkomerero, naye twateekerateekera oyo alimbisa Eki-seera Ekyenkomerero (ebibonerezo) by'omuliro ebyokya:
12. (Omuliro ogwo) bwe guliba nga gubalengedde okusenziira ewala, baliwulira nga gulina okutokota n'okududuma (olw'obuswakiivu bwagwo).
13. Era bwe baliba basuuliddwamu mu bifo ebifunda nga bagattiddwa (emikono gy'abwe) — mu kiseera awo baliyita okufa (nga bakuba ebiwoobe bwe basaba okufa kubajjire).

قُلْ أَنْزَلَهُ الَّذِي يَعْلَمُ السِّرَّ فِي السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ إِنَّهُ كَانَ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥﴾

وَقَالُوا مَالِ هَذَا الرَّسُولِ يَأْكُلُ  
الطَّعَامَ وَيَمْشِي فِي الْأَسْوَاقِ لَوْلَا  
أَنْزَلَ إِلَهِهُ مَلَكَ فَيَكُونُ مَعَهُ نَذِيرًا ﴿٦﴾  
أَوْ يُلْقَى إِلَيْهِ كَنزٌ أَوْ تَكُونُ لَهُ جَنَّةٌ  
يَأْكُلُ مِنْهَا وَقَالَ الظَّالِمُونَ إِنْ  
تَتَّبِعُونَ إِلَّا رَجُلًا مَسْحُورًا ﴿٧﴾

أَنْظُرْ كَيْفَ ضَرَبُوا لَكَ الْأَمْثَالَ فَضَلُّوا  
فَلَا يَسْتَطِيعُونَ سَبِيلًا ﴿٨﴾

تَبَارَكَ الَّذِي لَمْ يَكُنْ لَكَ خَبِيرًا  
مَنْ ذَلِكَ جَنَّتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا  
الْأَنْهَارُ وَيَجْعَلُ لَكَ فُصُورًا ﴿٩﴾

بَلْ كَذَّبُوا بِالسَّاعَةِ وَأَعْتَدْنَا لِمَنْ  
كَذَّبَ بِالسَّاعَةِ سَعِيرًا ﴿١٠﴾

إِذَا رَأَوْهُمْ مِنْ مَكَانٍ بَعِيدٍ سَمِعُوا  
لَهَا تَغَيُّطًا وَرَفِيرًا ﴿١١﴾

وَإِذَا الْقَوْمُ مِنْهَا مَكَانًا ضَيِّقًا مَقْرَبِينَ  
دَعَوْا هُنَالِكَ ثُبُورًا ﴿١٢﴾

14. (Tulibagamba): Olwa leero temweyi-tira kufa mulundi gumu, wabula mweyitire okufa emirundi mingi.

لَا تَدْعُوا الْيَوْمَ ثُبُورًا وَاحِدًا وَادْعُوا  
ثُبُورًا كَثِيرًا ﴿١٤﴾

15. Bagambe nti: Ekyo (eky'okwokebwa omuliro) kye kirungi oba Ejjana ey'obugenderevu, eyo (Ejjana) eyalagaa-nyisibwa abatya Katonda? Ya kuba-beerera bo empeera (yaabwe) n'obuddo (obulungi obw'olubeerera).

قُلْ أَذَلِكَ خَيْرٌ أَمْ حِنَّةُ الْخَلْدِ الَّتِي  
وَعِدَ الْمُتَّقُونَ ط كَأَنْتَ لَهُمْ جَزَاءٌ وَ  
مَصِيرًا ﴿١٥﴾

16. Balina mu yo ebyo (byonna) bye beetaaga, ba kutuulamu bugenderevu. Yali endagaano eyo (ey'okusasula Ejjana abatya Katonda) ku Mukama wo nga ndagaano nkakafu ey'oku-tuukirizibwa.

لَهُمْ فِيهَا مَا يَشَاءُونَ خَالِدِينَ كَانَ  
عَلَى رَبِّكَ وَعْدٌ مَسْئُورًا ﴿١٦﴾

17. N'olunaku lw'alibakunngaanya (abakafiiri) n'ebyo bye basinza ebitali Katonda n'abagamba (abo bakatonda baabwe) nti: Abaffe mmwe mwabuza abaddu Bange abo oba bo bennyini be baabulwa ekkubo (ery'amazima)?

وَيَوْمَ يَحْشُرُهُمْ رَبُّهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ يُعْقَلُونَ ءَأَنْتُمْ أَصْلَابُهُمْ  
عِبَادِي هُوَ آذَاءٌ أَمْ هُمْ صُلُوبُ السَّبِيلِ ﴿١٧﴾

18. Baligamba (bakatonda abo): Oya-wulwa Ggwe! Kyali tekutugwanira ffe okweteerawo abagoberezi (abatusinza) okuggyako Ggwe: naye wabeeyagaza n'obatebenkeza (Ggwe Katonda, abo abakafiiri) ne bakitaabwe okutuusa lwe beerabira okubuulirirwa ne bafuuka ekibiina ekizikiridde.

قَالُوا اسْمِعْنَاكَ مَا كَانُوا يَنْبَغِي لَنَا أَنْ  
تُنْخِذَنَا مِنْ دُونِكَ مِنْ أَوْلِيَاءٍ وَلَكِنْ  
مَتَّعْتَهُمْ وَآبَاءَهُمْ حَتَّى نَسُوا الذِّكْرَ  
وَكَانُوا قَوْمًا بُورًا ﴿١٨﴾

19. (Katonda alibagamba): Mazima babalimbisizza kw'ebyo bye mwogera (bakatonda be mwasinzanga), temusobola kukyusa (bibonerezo kubyeggyako) wadde okweetaasa. Omuntu (yenna) alyazaamaanya mu mmwe (n'agatta Katonda n'ebintu ebirala), tulimukombesa ku bibonyo-bonyo ebinene.

فَقَدْ كَذَّبْتُمْ بِمَا تَقُولُونَ فَمَا تَسْتَغِيثُونَ  
صَافِرًا وَلَا نَصْرًا وَمَنْ يَظْلِمِ مَثَلًا  
نَدْبُهُ عَدَا بَابًا كَثِيرًا ﴿١٩﴾

20. Era tetwatuma oluberyebereye lwo mu babaka wabula mazima bonna baalyanga emmere era baatambulanga ne mu butale. Ne tufuula (abantu) abamu mu mmwe nga kikemo eri abalala: Abaffe munaagumiikiriza? Ne Mukama wo y'Alaba (buli kimu).

وَمَا أَرْسَلْنَا قَبْلَكَ مِنَ الْمُرْسَلِينَ إِلَّا  
لَهُمْ لِيَاكُونُ الطَّعَامَ وَيَمْشُونَ فِي  
الْأَسْوَاقِ وَجَعَلْنَا بَعْضَكُمْ لِبَعْضٍ فِتْنَةً  
۞ أَكْضِبُونَ وَكَانَ رَبُّكَ بَصِيرًا ﴿٢٠﴾

21. Ne bagamba abo abatasuubira kusi-sinkana Naffe nti: Singa kussibbwa ku ffe bamalayika oba ne tuiaba Mukama waffe! (Katonda n'agamba): Mazima beekuzana nnyo mu myoyo gyabwe ne babula olubula olunene.

وَقَالَ الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا لَوْلَا  
أُنزِلَ عَلَيْنَا الْمَلَكَةُ أَوْ تَرَى رَبَّنَا  
لَقَدْ اسْتَبْرَأْنَا فِي الْفَيْهِمْ وَعَتَقُوا  
عَمَّا كَبِيرًا ﴿٢١﴾

22. Olunaku lwe baliraba bamalayika, tewalibeera kusanyusibwa ku lunaku olwo ku boonoonyi: (Wabula bamalayika) balibagamba nti: Muziyizibwa oluziyiza!

يَوْمَ يَرَوْنَ الْمَلَكَةَ لَا بُشْرَىٰ يَوْمَئِذٍ  
لِّلْمُجْرِمِينَ وَيَقُولُونَ حَجْرًا مَّحْجُورًا ﴿٢٢﴾

23. Olwo ne tukyukira eri ebyo bye baakola mu mirimu (emirungi) ne tugifuula (nga) enfuufu efuumuddwa (n'ebuna wonna mu bbanga).

وَقَدْ مَنَّ آلِي مَاعِيَا مِنْ عَمَلٍ  
فَجَعَلْنَاهُ هَبَاءً مَنْثُورًا ﴿٢٣﴾

20. Buli Mubaka eyatumibwa eri abantu okubalunngama n'obubaka ng'abuggya eri Katonda yalinga muntu okufaanana nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.), era yalyanga emmere n'atambulanga ne mu butale ng'abantu bonna bwe bakola. Kale si kamogo ng'abakafiiri bwe beerimbanga olw'okulaba Muhammadi nga yeeyisa ng'Omuntu omulala yenna bw'akola.

21. Abakafiiri abo abakutukira ddala ku kigambo ky'eddiini ya Katonda, era abo abajeja ebyo ebyogera ku kubaayo kw'okuzukira tebalina kye batya nti kiyinza okubatuukako olw'obunyoomi n'okwekuluntaza bye balina.

Kale banoonyereza buli kantu bakafuule ensonga eyabagaana okukkiriza Kuraane n'obukakafu bw'obubaka bwa Nabbi Muhammadi; kwe kugamba nti lwaki tebassizibwa bamalayika balyoke babakakase nga Muhammadi bw'ali Ow'amazima, oba lwaki Ye Katonda yennyini tabalabikira abakakase kw'ekyo. Sso nga bo Abaisraeli abasaba balabe Katonda mu kiseera kya Nabbi Musa, baazirika n'okubwatuka kw'eggulu n'olumamya olw'amaanyi nga nabo balaba — naye olw'okusaa-sira n'ekisa kya Katonda, bye byabawonya okuzikiririrawo embulaga, kale oluvannyuma yabazza engulu ne balamuka. Kale baabula mu kubula okusuffu nga bali mu kululunkanira okulaba Katonda kuno ku nsi mbu olwo balyoke bakkirize.

22. Ku lunaku olwo bamalayika balibajira abakafiiri si na mawulire ga ssanyu wabula kubaukulamu myoyo gyabwe. Era tebalikkirizibwa n'akatono kweyagalirako mu byengera by'Obulamumu Bw'oluvannyuma, eby'omu Jjana; kyebaliva bagambibwa nga bwe kizirira ddala ku bo okulokoka.

23. Egyo emirimu emirungi gye baakola nga basuubira okufunamu empera okuva eri Katonda, balisanga tebalina kantu konna ke bafunyeemu olw'okubanga tebirikkirizibwa ebikolwa byabwe wazira okusaasaanyizibwa ng'enfuufu olwo nga bigaaniddwa.

24. Bannanyini kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) ku Lunaku olwo (be balibeera) n'obutebenkero obulungi era (be balisinja) ekiwummulo ekisinga obulungi.

أَضْحَبُ الْجَنَّةِ يَوْمَئِذٍ خَيْرٌ مُسْتَقَرًّا  
وَ أَحْسَنُ مَقِيلًا ﴿٣٤﴾

25. N'olunaku eggulu lwe liryatikamu wamu n'ebire ne tussa bamalayika olussa (nalwo lwe Lunaku Lw'enkomerero).

وَيَوْمَ تَشْقُقُ السَّمَاوَاتُ بِالْعَمَارِ وَ تُرْسَلُ  
السَّائِكَةُ تَنْزِيلًا ﴿٣٥﴾

26. Obufuzi obw'amazima ku Lunaku olwo buliba bwa Katonda Omusaa-sizi, era lulibeera lunaku luzito ku bakafiiri.

السَّائِكُ يَوْمَئِذٍ الْحَقُّ لِلرَّحْمٰنِ وَ كَانَ  
يَوْمًا عَلَى الْكٰفِرِيْنَ عَسِيرًا ﴿٣٦﴾

27. N'olunaku, omulyazaamaanyi lw'aliruma ku ngalo ze, olwo aligamba nti: Abange (zinsanze) nze; singa nneeteerawo ekkubo nga ndi wamu n'omubaka (wa Katonda).

وَيَوْمَ يَعْصُ الظَّالِمُ عَلَى يَدَيْهِ يَقُولُ  
يَلَيْتَنِي أَخَذْتُ مَعَ الرَّسُولِ سَبِيلًا ﴿٣٧﴾

28. Abange zinsanze nze, singa nze saafuula gundi wa mukwano!

يُؤَيَّتِي لَيْتَنِي لِمَ أَخَذْتُ مَلَائِكًا  
خَلِيلًا ﴿٣٨﴾

29. Ddala mazima yambuza n'anjawukanya n'Okubuulirirwa oluvannyuma lw'okunzijira. Sitaane yali okuva edda okutuusa ddi ayabulira omuntu (mu kiseera kya kazigizigi).

لَقَدْ أَضَلَّنِي عَنِ الذِّكْرِ بَعْدَ إِذْ جَاءَنِي  
وَ كَانَ الشَّيْطٰنُ لِلْإِنْسٰنِ خَدُوْلًا ﴿٣٩﴾

30. Omubaka n'agamba: Mukama wange! Mazima ekibiina kyange baafuula Kuraane eno esengukiddwa (ekintu eky'okujejeja n'okujegeuula).

وَ قَالَ الرَّسُولُ يٰ رَبِّ إِنَّ قَوْمِي اتَّخَذُوا  
هٰذَا الْقُرْءَانَ مَهْجُوْرًا ﴿٤٠﴾

31. Era bwe kityo twateerangawo buli Nabbi omulabe mu bonoonyi; naye

وَ كَذٰلِكَ جَعَلْنَا لِكُلِّ نَبِيٍّ عَدُوًّا مِّن

24. Abo abalongosa ku nsi mu Bulamu Bw'enkomerero balibeera n'ekifo ekirungi okusinga ekyo abakafiiri kye baalimu ku nsi.

27. Omuntu eyagaana okukkiriza oluberyebere ng'akyaali ku nsi bw'alyejusa oluvannyuma ng'amaze okulaba ebibonerezo bya Katonda, okwo okwejjusa kwe tekulimugasa kubanga si kwa kukkirizibwa.

Alituusa n'okuwanjaga nti singa kale yakkiriza obubaka Nabbi Muhammadi bwe yajja nabwo nga buva eri Katonda olwo n'aba nga yeetemedde oluwenda lw'obulungamu n'atayingira Muliro. Ebyo byonna eby'okulondobereza biriba tebikyamugasa!

31. Wano Katonda agumya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti nga naye bwe yafuna abalabe abo



kikumale okuba Mukama wo Omulungama, era nga ye Mutaasa.

32. Ne bagamba abo abaakaafuwala: Lwaki tessibbwa ku ye Kuraane omulundi gumu bulambalamba? Bwe kityo tugissa (mu bitundutundu) tulyoke tunyweze nayo omutima gwo; era ne tuginnyonyola olunnyonyola.

33. Era tebakuletera kifaananyi (kyonna) wabula tujja kukuletera amazima (agakiddamu nga gakiwakanya), n'okunnyonyola okusinga obulungi.

34. Abo abalizikirizibwa (nga bevuunise) ku byenyi byabwe (ne bakululwa okulaga) eri omuliro Jahannama: Abo be balina ekifo ekisinga obubi era be basinga okubulwa ekkubo.

35. Era mazima twawa Musa Ekitaboo (Tauraati) ne tuteeka awamu naye Muganda we Haruuna nga katikiro (omubeezi) we;

36. Ne tubagamba bombiriri nti: Mugende eri ekibiina eky'abo abalimbisa obu-

المجرمين ولقي بربك هادياً ونصيراً ﴿٣١﴾

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ الْقُرْآنُ جُمْلَةً وَاحِدَةً كَذَلِكَ لِنُثَبِّتَ بِهِ فُؤَادَكَ وَرَتَّلْنَاهُ تَرْتِيلاً ﴿٣٢﴾

عَنْ عَبْدِ الْقَدِيرِ بْنِ

وَلَا يَأْتُونَكَ بِمَثَلٍ إِلَّا جِئْنَاكَ بِالْحَقِّ وَأَحْسَنَ تَفْسِيرًا ﴿٣٣﴾

الَّذِينَ يُخْسِرُونَ عَلَىٰ وُجُوهِهِمْ إِلَىٰ هَهُنَا ﴿٣٤﴾ أُولَٰئِكَ سَمَوَاتُهَا مَكَانًا وَأَصْلُهَا سَبِيلًا ﴿٣٥﴾

وَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ وَجَعَلْنَا مَعَهُ أَخَاهُ هَارُونَ وَزِيْرًا ﴿٣٦﴾

فَقُلْنَا اذْهَبْ إِلَى الْقَوْمِ الَّذِينَ كَذَبُوا

abaagaana okugoberera Kuraane, — ekyo takirowoosa nti ekyo kyatuuka ku ye yekka — nedda, wabula mu ngeri y'emu n'ababaka abaamusooka baalinanga abalabe baabwe. Naye kyokka Katonda ye Mutaasa we, tatywa wadde teyeeeralikirira wa kumutaasa.

32. Nabbi (s.a.w.) yafuna obuzito n'ennaku bya maanyi mu kiseera kye eky'okutuusa obubaka bwa Katonda eri Abawarabu n'oluvannyuma eri ensi yonna, abaamukaluubiriza ennyo okukyusa emyoyo gyabwe give ku kusinza amasanamu, balubaale n'ebifaananyi, gidde ku kusinza Katonda Omu Omutonzi. Ekikolwa ekyo kyamuzitooowerera nnyo era kyali kyetaagisa obuvumu n'obugumiikiriza bya nsusoo.

Kale okumusobozesa Nabbi afune ebitendo ebyo alyoke atuukirize obubaka obwamatumibwa kye kyavaako Katonda okussa ku ye Kuraane mpolampola alyoke anyweze Omutima gwe. Kale bwe yafunanga obuzito obw'engeri ezitali zimu, ate Katonda n'amussiza ebitundu (aya) ng'amuddamu oba amuguma. Oba bwe yabuuzibwanga ebibuuzo eby'engeri ezitali zimu, nabyo nga Katonda abimussizaako ekyo ekyetaagisa.

Kale ne kibeeera nti olw'entegeka ya Katonda tekyali nga kyetaagisa Kuraane essibwe lumu mw'ekyo Ye mwe yategekerako okusobozesa Muhammadi (s.a.w.) okutuukiriza obubaka Bwe; Naye bo abantu obuntu ng'abo abatakkiriza abakaafiiri, ekyo tekyasoboka kubeevoleka mu kutegeera kwabwe okutono: kye kyababuuzisa nti: Lwaki Kuraane tessibbwa ku Ye (Muhammadi) omulundi gumu?

36. Nabbi Musa ne Muganda we Haruuna baatumibwa eri Fir'auna w'ensi v e Misiri n'abantu

- bonero Bwaffe. N'oluvannyuma ne tubazikiriza oluzikiriza.
37. N'ekibiina kya Nuuhu (twakizikiriza) bwe baalimbisa ababaka, ne tubasaanyaawo (n'amataba) ne tubafuula eky'okulabirako eri abantu (bonna mu nsi). Era twateekerateekera abalyazaamaanyi ebibonyoobonyo ebiruma; —
38. Era (n'ab'ekika) kya Aadi n'ekya Thamuudu (twabazikiriza) era ne Bannannyini (nsi ya Luzzi) Al-Rassi, n'emirembe (gy'abantu) mingi egiri wakati w'abo (be tumenyec).
39. Bonna twabakubiranga ebifaananyi (balabireko) era bonna twabazikiriza oluzikiriza (bwe baagaana okugondera ebiragiro Byaffe).
40. Mazima (abo Abakuraishi abatakkiriza nga bali ku saffaali zaabwe) bayita ku kyalo ekyo ekyatonnyesebwako enkuba embi (ey'omuzira). Abaffe baalinga tebakiraba (engeri gye kyazikirizibwa)? Wabula baalinga tebasuubira kuzuukira.

بِالْبَيْتَاءِ عَدَمَرْنَهُمْ تَدْمِيرًا ۝  
 وَتَوْمُ مَوْجٍ لَمَّا كَذَّبُوا الرُّسُلَ أَغْرَقْنَاهُمْ  
 وَجَعَلْنَاهُمْ لِلنَّاسِ آيَةً وَأَعَدْنَا  
 لِلظَّالِمِينَ عَذَابًا أَلِيمًا ۝

وَعَادًا وَتَمُودًا وَأَصْحَابَ الرَّسِّ وَقُرُونًا  
 بَيْنَ ذَلِكَ كَثِيرًا ۝

وَكُلًّا صَبَّأَهُ الْأَمْنَالُ زُكُلًا تَبْرًا  
 تَبِيرًا ۝

وَلَقَدْ آتَوْنَا عَلَى الْقَرْيَةِ الَّتِي أَمْطَرْنَا  
 مَطْرَ السَّوْءِ فَالَّذِينَ كَفَرُوا إِسْرَوْهَا بِئْسَ  
 كَانُوا لِيَرْجُونَ نُسُورًا ۝

be. Bwe baagaana okukkiriza olw'okulimbisa obubaka (obujulizi) bwa Katonda, Musa bwe yabalectera obulaga amazima g'obwannabbi bwe, Katonda n'abazikiriza n'okubasaanyaawo mu Nnyanja Emyufu — *Red Sea*.

37. Bwe baalimbisa Nabbi Nuuhu abantu be, mu kumulimbisa okwo baalinga abalimbisizza ababaka bonna kubanga bonna Katonda Omu ye yabatuma. Kale okulimbisa Omu mu bo obanga alimbisizza bonna.

38. Ekigambo *Rass* kitegeeza oluzzi olukadde olwakalira. Abantu wano aboogerwako nga Bannannyini Nsi ya Luzzi, (Al-Rassi) tebategeerekeka bulungi. Abannyonnyozi abatali bamu buli omu abannyonyolako bubwe, kyokka nga tewali nnyinyonyola yonna ematiza.

Era, mpozzi, ekintu ekikakafu ekiyinda okuboogerwako kiri nti abantu bano batta Nabbi waabwe eyatumirwa okubalungama n'okumusula mu luzzi oba nga bamusibye n'aleeeteera mu lukonko lw'oluzzi.

40. Ekyalo ekyogerwako wano ky'ekyo ekyo Sodoma ne Gomorra, Nabbi Luutu gye yatumbiwa. Abatuze baamu, abantu be, baasukkirira mu bwonoonyi ne bakolanga ekivve eky'okusobyanga ku basajja emabega. Kale Katonda yabasaanyaawo ne namutikkwa w'enkuba ey'amayinja amasa (muzira).

Abakuraish mu ngendo zaabwe ez'obusuubuzi nga bava mu Arabia okugenda e Shaamu (Syria) baayitanga ku Nnyanja 'Dead Sea' awaalinga ebyalo ebyo byombiriri — Sodoma ne Gomorra. Kale oba nabo baabycerabirako n'amaaso gaabwe engeri gye byasaanyizibwawo, lwaki abo abakafiiri ekyo tebaakifuula eky'okulabirako ng'akabonero akalaga obuyinza bwa Katonda — engeri gy'abonerezaamu abo abalimbisa ababaka Be.

41. Bwe baba nga bakulabye (Ggwe Muhammadi) tebakufuula wabula (ekintu) eky'okujeeja (nga bagamba) nti: Ono y'oyo Katonda gwe yatuma nga mubaka?
42. Mazima abadde asemeredde oku-tubuza atuggye ku bakatonda baffe singa tetugumiikirizza ne tubalemerako. Kyaddaaki balimanya mu kiscera bwe baliraba ebibonyobonyo, nti ani eyabulwa ekkubo (okusinga ku balala)?
43. Olaba oyo afudde obwagazi bwe okuba katonda? A baffe ggwe (oyo ow'ekika ekyo) oyinza okubeera omukuumi ku ye?
44. Oba abaffe alowooza nti mazima abasinga obungi mu bo bawulira oba bategeera? Tebali bo wabula balinga ebisolo ebirundibwa — Nedda, wabula bo be basinga okubulwa ekkubo (okusinga ebisolo).
45. Tolaba engeri Mukama wo gye yawanvuyaamu ekisiikirize? Singa yayagala yandikifudde ekiteenyenyanya (obudde ne buba ku mbeera emu) — Oluvannyuma twafuula enjuba nga y'eragirira ku kyo;

وَإِذَا أَرَأَوْكَ إِذْ أَنْتَ تَخُذُ وَنَاكَ إِلَّا هُمُ رَأَوْا  
أَهَذَا الَّذِي بَعَثَ اللَّهُ رَسُولًا ﴿٣١﴾

إِنْ كَادَ لَيُبْتَلِئَنَّ عَنِ الْهَيْتِنَا لَوْلَا  
أَنْ صَبَرْنَا عَلَيْهَا وَسَوْفَ يَعْلَمُونَ  
حِينَ يَرَوْنَ الْعَذَابَ مَنْ أَضَلُّ  
سَبِيلًا ﴿٣٢﴾

أَرَأَيْتَ مَنْ أَخَذَ إِلَهَهُ هَوَاهُ أَفَأَنْتَ  
تَكُونُ عَلَيْهِ وَكِيلًا ﴿٣٣﴾

أَمْ تَحْسَبُ أَنَّ الْكُرْهُومَ يَسْمَعُونَ أَوْ  
يَعْقِلُونَ إِنْ هُمْ إِلَّا كَالْأَنْعَامِ بَلْ  
عَجِبْتَ هُمْ أَضَلُّ سَبِيلًا ﴿٣٤﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى رَبِّكَ كَيْفَ مَدَّ الظِّلَّ وَكَوَّشَاءَ  
جَعَلَهُ سَائِكِنًا ثُمَّ جَعَلْنَا الشَّمْسَ  
عَلَيْهِ دَلِيلًا ﴿٣٥﴾

43. Omuntu ow'ekika ekyo buli lwonna lw'aba n'ekintu ky'ayagala ennyo, ekyo ky'afuula eddiini ye. Kale Omuntu ng'oyo tewali kirala kyonna kiyinza kumukyusa kuva kw'ekyo omwoyo gwe kye gwagadde. Oyo talina muntu yenna gw'awuliriza okuggyako ekyo omutima gwe kye gumwagaza.

Abawarabu ab'edda teekako n'abantu abalala mu nsi yonna ku lw'obusiru bwabwe baasinzanga buli kyonna kye baalabanga nga kibasanyusa mu mitima gyabwe. Bwe baalabanga, ka tugambe, ejinja eddungi nga balisinzira kyokka bwe waazuukangawo eddala eririsigako nga lino balireka olwo nga basinzira cryo eddala.

44. Abantu abatakkiriza be babi okusinga ebisolo kubanga byo ebisolo bikola ekyo ekyabitonderwa; naye abo abaakaafuwala, ekikulu ekyabatonza eky'okusinza Katonda obutamugattako kintu kirala kyonna baakivaako, — ne baba nga bamugattako ebintu ebirala awamu n'okuba nga yabatamira ababaka okubannyonyola n'okubalaga ekkubo ettufu.

45. Nakyo kiraga buyinza bwa Katonda okulaba engeri gye yawanvuyaamu ekisiikirize, n'engeri gye kigenda nga kiyimpawala ng'enjuba bw'egenda yeeyongera okujjulukuka mu kifo ky'ebaamu. Bw'eba evaayo, ebisiikirize bigenda biyimpuka okutuusa lw'eba mu ggulu wakati olwo ne bisingira ddala okuba ebimpi; ate bw'egenda egolooba okutuusiza ddala okugwa, bigenda byeyongera obu-

46. Oluvannyuma ne tukikwata okudda gye tuli (kyonna ne kiggwaawo) — olukwata olwangu.
47. Era Ye Y'oyo eyabafuulira ekiro (okuba) ekyambalo n'okwebaka nga kuwummula, n'afuula omusana (okuba) ogw'okusaasaaniramu (ku lw'okukoleramu emirimu egibayimirizaawo).
48. Era Ye Y'oyo asindika empewo ezi-tegeeza amawulire g'essanyu (enkuba) wakati mu maaso g'okusaasira Kwe. Ne tussa okuva mu ggulu amazzi agatukuza,
49. Tulyoke tulamuse nago ensi eba efudde (ekaze ku lw'omusana), era tuganywese ebimu mw'ebyo bye twatonda — ebisolo ebirundibwa n'abantu abangi.
50. Era mazima twaginyonnyola (Kuraane) wakati mu bo balyoke bajjukire, kyokka abantu abasinga obungi ne bagaana wabula ne balemera ku kuwakana na kugirimbisa.
51. Era singa twali twagadde twanditumye mu buli kyalo (Nabbi) omutiisa.
52. N'olwekyo togonderanga abakafiiri, naye banyikireko n'eyo (Kuraane), olunyiikira olunene.
53. Era Y'oyo (Katonda) eyagatta ennyanja zombi; nga eno ya mazzi amannyogovu aganywebwa; nga ate eno ya munnyo olukalabule; n'assa wakati waazo zombi ekisiikiriza n'ekibikka ekiziyiza (okwetabula).

ثُمَّ قَبَضْنَاهُ إِلَيْنَا قَبْضًا يَسِيرًا ﴿٤٦﴾

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ اللَّيْلَ لِيَأْسَؤَ  
الْيَوْمِ سُبَاتًا وَجَعَلَ النَّهَارَ نُشُورًا ﴿٤٧﴾

وَهُوَ الَّذِي أَرْسَلَ الرِّيحَ مُبَشِّرَاتٍ لَئِنِ  
رَمْتُمْ مَاءً سَقَمْتُمْ بِهِ وَأَنْزَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً طَهُورًا ﴿٤٨﴾

لِنُحْيِيَ بِهِ بَلْدَةً مَيِّتًا وَنُسْقِيَهُ مِمَّا خَلَقْنَا  
أَنْعَامًا وَأَنَا سَيِّدٌ كَثِيرًا ﴿٤٩﴾

وَلَقَدْ صَرَّفْنَا فِيهِ لَكُم مَّا لَيْدٌ كَرِيمًا لِيُنزِلَ  
أَكْثَرَ النَّاسِ إِلَّا كَافُورًا ﴿٥٠﴾

وَلَوْ شِئْنَا لَبعَثْنَا فِي كُلِّ قَرْيَةٍ نَذِيرًا ﴿٥١﴾

فَلَا تُطِعِ الْمُكْفِرِينَ وَجَاهِدْهُمْ بِهِ  
جِهَادًا كَبِيرًا ﴿٥٢﴾

وَهُوَ الَّذِي مَرَجَ الْبَحْرَيْنِ هَذَا عَذْبٌ  
فُرَاتٌ وَهَذَا مِلْحٌ أُجَاجٌ وَجَعَلَ  
بَيْنَهُمَا بَرْزَخًا وَجِجًا مَحْجُورًا ﴿٥٣﴾

wanvu okutuusa lwe bibulawo nga egudde. Kale enjuba y'ebikulembera mu ngeri gye bibaamu.  
51. Singa kwe kwali okwagala kwa Katonda, yanditumye eri mu buli ggwanga eriri mu nsi yonna omubaka waalyo, atiisa abantu ebibonerezo Bye. Naye si bwe yayagala, n'olw'ekyo yatuma Nabbi Ow'enkomerero yekka Muhammadi abeeru amala okutiisa bantu b'ensi yonna ebibonerezo Bye.

54. Era Y'oyo eyatonda omuntu (ng'amuggya) mu mazzi (agazaala) oluvannyuma n'amuteekamu ekika n'obuko (ku lw'okufumbiraganwa); kubanga Mukama wo Muyinza (ku buli kintu).

وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ مِنَ الْمَاءِ بَشَرًا جَعَلَهُ  
نَسَبًا وَصِهْرًا وَكَانَ رَبُّكَ قَدِيرًا ﴿٥٤﴾

55. Ne basinza ebyo ebitali Katonda ebyo ebitabagasa era ebitabaleetera kabi. Yali omukafiiri nga muyambi (wa Sitaane) ku (kujeemera) Mukama we.

وَيَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُهُمْ  
وَلَا يَضُرُّهُمْ وَكَانَ الْكَافِرُ عَلَىٰ رَبِّهِ  
ظَهِيرًا ﴿٥٥﴾

56. Tetwakutuma (Ggwe Muhammadi) wabula nga (oli) mubuulizi era omu-tiisa.

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا مُبَشِّرًا وَنَذِيرًا ﴿٥٦﴾

57. Bagambe nti: Sibasaba ku kwo oku-batuusaako (obubaka) mpeera, wabula oyo ayagala okweteerawo ekkubo eririmutuusa eri Mukama we (y'anaagoberera).

قُلْ مَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِلَّا  
مَنْ شَاءَ أَنْ يَتَّخِذَ إِلَىٰ رَبِّهِ سَبِيلًا ﴿٥٧﴾

58. Era weesige ku Mulamu Oyo atafa, era otendereze ebitendo Bye. Era kimala okuba Ye nga amanyi ebibi by'abaddu Be,

وَتَوَكَّلْ عَلَى الْحَيِّ الَّذِي لَا يَمُوتُ وَ  
سَيَحْكُمُ بِحُكْمِهِ وَكُلُّي بِهِ يَدُوبُ عِبَادَهُ  
خَيْرًا ﴿٥٨﴾

59. Oyo eyatonda eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri mu nnaku mukaaga, oluvannyuma n'atereera ku *Al-Arushi*. Katonda Omusaasizi! Buuza ku Ye omumanyi amanyi ebintendo Bye (akubuulire ebimufaako).

الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا  
بَيْنَهُمَا فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ وَرُؤُوسَ السُّورِ عَلَى  
الْعُرْسِيِّ أَلَمْ نَقْتُلْ بِهِ خَيْرًا ﴿٥٩﴾

60. Bwe baba nga bagambiddwa (abakafiiri) nti: Muvunnamire Katonda Omusasizi! Bagamba nti: Ani Katonda Omusaasizi? Tuvunnamire oyo gw'otulagira (ggwe Muhammadi) ne kibo-

وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ اسْجُدُوا لِلرَّحْمَنِ قَالُوا  
وَمَا الرَّحْمَنُ أَنَسْجُدُ لِمَا تَأْمُرُنَا وَ

54. Katonda yatonda omuntu ng'amuggya mu mazzi aganyoomwa, oluvannyuma n'afuna ekika ku lw'okuzaalagana. Ate bw'awasa oba n'afumbirwa afuna abako ekireeta okutabagana n'okwagana wakati w'abantu mu nsi.

55. Omukafiiri olw'okugoberera sitaane by'alagira, mu kukola ekyo aba amuyamba ku kujeemera Katonda.

ngera (ekyo kye boogera) okudduka  
(nga beesamba Amazima).

61. Yagulumira Oyo eyateeka mu ggulu  
emmunyeenye ennene, era n'assaamu  
ettaala (Enjuba) n'Omwezi ogwaka!

62. Era Ye Y'oyo eyafuula ekiro n'emisa-  
sana ebisigiragana (ebigoberegana,  
bigase) eri oyo ayagala okujjukira,  
oba oyo ayagala okwebaza.

63. N'abaddu ba Katonda Omusaasizi  
(abakkiriza) be bo abatambula ku nsi  
n'obuwombeefu era bwe baba nga  
abatamanyi boogede nabo (ebigambo  
ebibi) babaddamu mirembe;

64. Era be bo abasula nga bavunnama  
era nga bayimiride ku lwa Katonda  
waabwe,

65. Era be bo abagamba: Mukama waffe!  
tuggyeeko ebibonyobonyo by'omu-  
liro (Jahannama); mazima ebibonyo-  
bonyo byagwo byali bikakafu (bya  
lubeerera);

66. Mazima gwo bwe butebenkeru obu-  
singa okuba obubi era ky'ekifo eki-  
singira ddala obubi;

67. Era be bo, bwe baba nga bawaddeyo,  
tebaduubuuda era tebakekkereza; ne  
babeera wakati wa byombiriri mu  
makkati;

68. Era be bo abatasaba awamu ne Kato-  
nda Omutonzi katonda mulala, ne

زَادَهُمْ نُفُورًا ٤٤

تَبَرَكَ الَّذِي جَعَلَ فِي السَّمَاءِ بُرُوجًا وَ

جَعَلَ فِيهَا سِرَاجًا وَقَمَرًا مُنِيرًا ٤٥

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ خِلْفَةً  
لِمَنْ أَرَادَ أَنْ يَذَّكَّرَ أَوْ أَرَادَ

شُكُورًا ٤٦

وِعِبَادَ الرَّحْمَنِ الَّذِينَ يَتَّقُونَ عَلَى  
الْأَرْضِ هُونًَا وَإِذَا خَاطَبَهُمُ الْجَاهِلُونَ

قَالُوا سَلَامًا ٤٧

وَالَّذِينَ يَبِيتُونَ لِرَبِّهِمْ سُجَّدًا  
وَقِيَامًا ٤٨

وَالَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا اصْرِفْ عَنَّا  
عَذَابَ هَٰؤُلَاءِ إِنَّكَ عَدْلٌ لَّمْ يَكُنْ لَكُم مِّن

إِلَٰهٍ سَاءَتْ مُسْتَقَرًّا وَمُقَامًا ٤٩

وَالَّذِينَ إِذَا أَفْقَحُوا الْمَيْتَ يَمُوتُوا وَلَمْ  
يَقْتُرُوا وَكَانَ بَيْنَ يَدَيْكَ قَوْمًا ٥٠

وَالَّذِينَ لَا يُدْعُونَ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا

63. Abaddu ba Katonda b'ayagala be bo abatambula nga bawombeefu era baggonjebwa abateekuluntaza mu nsi. Ne bwe baba nga abantu b'empisa embi babavumye, bo tebabaddamu wabula babalekera eddembe.

67. Abo aboogeddawo wano be bo abatamala gaduubuuda mmaali yaabwe mu kugabirira abantu b'omu maka gaabwe, era ate ne batakkekereza kiyitiride — wabula ne bakozeza ekigero eky'omu makkati.

batatta mwoyo (muntu) ogwo Katonda gwe yaziza wabula na mazima, era abatayenda — n'omuntu akola ekyo agenda kususinkana (ekibonerezo) ky'ekibi (kye);

69. Birimwongezebwa ebibonyobonyo ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) era (omuliro) agenda kugutuulamu obugenderevu nga anyoo-mwa;

70. Wabula oyo eyeenenya n'akkiriza n'akola emirimu emirongoofu; nabo Katonda abakyusiza ebibadde ebibi byabwe (n'abibakyusizaamu) ebirungi. Era Katonda (okuva ddi na ddi) yali Musonyiyi, Omusaasizi,

71. N'omuntu yenna eyeenenya n'akola emirimu emirongoofu, mazima ye aba adda eri Katonda we oludda (olwa nnamaddala) —

72. Era be bo abatawa bujulizi bwa bulimba, naye bwe baba nga bayise ku mizannyo egitasaana, bayitawo nga ba kitiibwa;

73. Era be bo bwe baba nga bategeeze-bbwa obubonero bwa Mukama waa-bwe tebabwawukanako nga beezibye amatu n'amaaso;

74. Era be bo abagamba: Mukama waffe! Tugabire mu bakyala baffe ne mu

أَخْرَوْا لَا يَقْتُلُونَ النَّفْسَ الَّتِي حَرَّمَ  
اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ وَلَا يَزْنُونَ ۗ وَمَنْ  
يَفْعَلْ ذَلِكَ يَلْقَ أَتَمًا ﴿٦٨﴾  
يُضَاعَفْ لَهُ الْعَذَابُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ  
يَخْلُدُ فِيهِ مُهَانًا ﴿٦٩﴾

إِلَّا مَنْ تَابَ وَآمَنَ وَعَمِلَ عَمَلًا  
صَالِحًا فَأُولَٰئِكَ يُبَدِّلُ اللَّهُ سَيِّئَاتِهِمْ  
حَسَنَاتٍ ۗ وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٧٠﴾

وَمَنْ تَابَ وَعَمِلَ صَالِحًا فَإِنَّهُ يَتُوبُ  
إِلَى اللَّهِ مَتَابًا ﴿٧١﴾

وَالَّذِينَ لَا يَشْهَدُونَ الزُّورَ وَإِذَا  
مُرُوا بِاللَّعْمِ مَرُّوا كِرَامًا ﴿٧٢﴾

وَالَّذِينَ إِذَا ذُكِرُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ لَمْ  
يَخْرُجُوا عَلَيْهَا حُمُومًا وَعُمِينَكَاءَ ﴿٧٣﴾

وَالَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا هَبْ لَنَا مِنْ

70. Omuntu ayeenenya n'amalirira obutaddayo kudda mu kibi ekyo kye yeenenyerezza, Katonda amusonyiwa n'amukyusizaamu mu byali ebibi bye, ne bifuuka ebirungi. Ekyo kituukirira kubanga omuntu oyo buli lwonna lw'ajjukira ekibi kye yakola yennyamira n'adda eri Katonda, n'afunamu obulungi.

73. Abantu abo bwe bawulira ebigambo bya Katonda babissaako nnyo omwoyo ne babitegeera, ne babikozesa sso ne batadda awo kwezibya matu oba amaaso ng'abatakiriza bwe bakola.

74. Tufuule ffe abalunggama abantu okubalagirira ekkubo eddungi — Era obulungi bwaffe bubeere obubuna so nga tebukoma ku ffe ffekka, wabula busigale ne mu zzadde lyaffe abaana n'abazzukulu.

zadde lyaffe (abaana) abatereeza amaaso (gaffe n'emyooyo gyaffe), era otufuule abakulembeze (b'abo) abatya Katonda

أَزْوَاجِنَا وَذُرِّيَّتِنَا أَقْرَبَ أَعْيُنٍ وَأَجْعَلْنَا  
لِلْمُتَّقِينَ إِمَامًا ﴿٤٣﴾

75. Abo (aboogeddawa) bagenda kusalulwa amadaala aga waggulu (mu Nnyumba Ey'emirembe — Ejiana) ku lw'e-byo bye baagumiikiriza, era balisi-sinkanwanga mu yo n'okulamusibwa n'emirembe

أُولَئِكَ يُجْزَوْنَ الْعُرْفَةَ بِمَا صَبَرُوا  
وَيُلْقَوْنَ فِيهَا حَبِيبَةً وَسَلَامًا ﴿٤٤﴾

76. Ba kutuula mu yo obugenderevu. Bwalongooka obutebenkero (obwo) n'ekifo (ekyo mwe balibeera)!

خُلْدَيْنَ فِيهَا حَسَنَتٍ مُّسْتَقَرًّا وَمُقَامًا ﴿٤٥﴾

77. Bagambe (Ggwe Muhammadi abo abatakkiriza) nti: Mukama wange afaayo ki ku mmwe singa ssi kusaba kwammwe (kwe mumuwanjagira nga mumusinza). Mazima mwali-mbisa (amazima) kale kyaddaki (okubonerezebwa kwammwe) kujja kubeera okukakase

قُلْ مَا يَعْجَبُكُمْ رَبِّي لَوْلَا دُعَاؤُكُمْ  
فَقَدْ كَذَّبْتُمْ سَوْفَ يَكُونُ لِزَامًا ﴿٤٦﴾

75. Bamalayika bagenda kubasisinkana nga babalamusa awamu n'okubassaamu ekitiibwa.

77. Abakafiri baalimbisa Bannabbi ba Katonda. Kale eyo n'ebera ensonga eribatuusa ku kubonerezebwa n'okuzikirira kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma



## EBIFA KU SSUULA ASH-SHUARAA MU BUFUNZE (26)


Essuula eco y'eims kw'ezo ezakk ira e Makka. Esinga kwogera ku bikolo by'eddiini nga Okwawula Katonda, Obubaka bwa Nabbi n 'Okuzuukira, okufaanana n'essuula endala ezakkira e Makka, ezisinga okussa essira ku bikwata ku Nzikk iriza n'ebi kolo by'okukkiriza.

Estandika na kwogera ku kifo kya Kuraane ey'ekitiibwa ky'erina. eyo Kuraane Katonda gye yassa ku lw'okulun ngamya abantu b'ensi eno bonna, era eyo evumula obulwadde bw'Enzikkiriza. Ennyonnyola engeri abatakkiriza bwe baalimbisa Kuraane awamu n'okumala okukakatawo obujulizi obw'enkukunala obulaga amazima gaayo, nga bwe buli Obubaka obuvudde eri Katonda, ne batandika okusaba ebyamagero ebirala nate ebikakasa nga Kuraane bwe biri ebigambo bya Katonda nga ekyo bakik ola lwa kugenderera kuteekawo kiremwa na kuwalaaza mpaka wamu n'okwekuluntaza.

Essuula y'emu eyogera ku Babaka abamu abo Katonda beyatuma ku lw'ok ulunnigamya abantu. N'etandikira ku kwogera ku Nabbi Musa n'engeri gye yalwanaganamu ne Fir'auna, oyo eyali omukafiri lukulwe, eyatuuka n'okweyita Katonda. Ennyonnyola ebyo ebyayita wakati waabwe n'engeri Katonda gye yawagira Musa n'asobola okusanyawo obulimba bwa Fir'auna oluvannyuma lwa byonna. Era egsuula enyiinyintiridde ku kubuulirira n'okulaga eby'okulabirako ebimatiza ebiraga enjawulo eri wakati w'obukkiriza n'obubuze. Nga bw'eyogera ku byafaayo bya Nabbi Ibrahiimu (emirembe gibe ku ye) engeri gye yalwanaganamu ne kitaawe ne bannansi banne olutalo olw'ebigambo nga abagaana okusinza amasanamu, okutuusa amazima lwe geeyoleka ku lw'okunnyonnyola okutuufu okwali kuwagirwa amaanyi ga Katonda, Ibrahiimu yabannyonnyola nga bwe kitali kituufu okusinza ekyo ekitawulira era ekitagasa era ekitasobola kwerwanako singa kibe kirumbaganiddwa. Nabbi Ibrahiimu alaga obujulizi obumatiza ku kubeera nga Katonda Ali Omu mu Bwakatonda Bwe. era nga ye Katonda w'ebitonde byonna. Y'alina okubirabirira n'okubigabira: Y'abiwa obulamu era y'abuggyawo. Essuula ennyonnyola ekifo ky'abatya Katonda n'obuddo bwabwe. Kw'ebyo egoberezaako kwogera ku Bannabbi bano: Nuuhu, Huudu, Swalihi, Luutu, ne Swaibu n'ebyo bye baayitamu mu kutuusa Obubaka Bwa Katonda eri bantu be batumwamu.

Era eggumiza obukulu bw'Ekitabo Ekitukuvu Kuraane nga bwe kiri nga kyassibwa okuva eri Katonda Omulezi w'ebitonde, nga kiyita ku Malayika Omwesigwa Jibriilu, nga akituusa ku Nabbi Muhammadi. nga kiri mu lulimi Luwarabu olunnyonnyofu, olw'ennono.

Essuula emaliriza ng'erimbisa abo abagamba nti Kuraane si kitabo kya Katonda, nga bagiyita ennyimba z'ebitontome Nabbi ze yeeyiyiza; sso nga Kuraane yakka kuva eri Katonda Ow'obuyinza era tewali muntu yenna ayinza kuyiyya ebyo ebigirimu.



## ESSUULA ASH-SHUARAA (26)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 11 ne Aya 227

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

## 1. TAA SIIN MIIM.

2. Bino bigambo by'Ekitabo ekinyonyonyofu (Kuraane).

3. Olinga Ggwe (Muhammadi) azikiriza omwoyo gwo olwa (Abakafiiri) obutakkiriza.

4. Singa twagadde (tuyinza) okussa ku bo okuva mu ggulu akabonero. Ne (ziryoka) zibeera ensingo zaabwe nga zikagondera.

5. Era tekibajjira ekigambo kyonna ekipya okuva mu Kuraane nga kiva eri Katonda Omusaasizi, wabula babeera nga bakyawukanako.

6. Mazima baalimbisa (Amazima); naye kulibatuukako okutegezezebwa ebyo bye baalinga bajecja.

7. Abaffe tebatunuulira eri ensi, — byenkanawa bye twagimezaamu mu

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

طسّم ①  
تِلْكَ آيَاتُ الْكِتَابِ الْمُبِينِ ②

لَعَلَّكَ بَآخِرَ لَفْسِكَ أَلا يَكْفُرُوا  
مُؤْمِنِينَ ③

إِن نُّنَزِّلُ عَلَيْكَ مِنَ السَّمَاءِ آيَةً  
فَقُلْتَ أَتَأْتِيهِمْ لَهَا فَخْضِعُونَ ④

وَمَا يَأْتِيهِمْ مِنْ ذِكْرِ مِنَ الرَّحْمَنِ  
مُحْدَثٍ إِلا كَانُوا عَنْهُ مُعْرِضِينَ ⑤

فَقَدْ كَذَّبُوا فَسَاءَ لِمَ يَأْتِيهِمْ أَنْبَاءُ مَا كَانُوا  
بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ⑥

أَوَلَمْ يَرَوْا إِلَى الْأَرْضِ كَمَا أَنْبَأْنَا فِيهَا

1. TAA SIIN MIIM: Amakulu g'ennyukuta ezo Katonda y'agamanyi.

3. Omulimu gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) gwali gwa kutuusa bubaka bwa Katonda eri abantu kyokka sso ssi kubakaka bayingire eddiini gy'abuulira. Kale abantu be, Abakraish bwe baagaana okukkiriza, olw'okubalumirwa ennyo mu mwoyo gwe n'okubasaasira, — kyennyamiza nnyo Nabbi. Katonda kwe kumugamba nti: "Olinnganga ggwe ayagala okufa olw'obutakkiriza bw'abo abakafiiri." Ekyo kyali kya kusanyusa Nabbi (s.a.w.) aleme kulumwa olw'obutakkiriza bwabwe.

4. Katonda teyayagala kukkirizisa Bakuraish (abantu) bayingire mu ddiini na maanyi wabula yayagala bo bokka bayingire na kweyagalira.

Kyokka singa yayagala bakkirize lwa mpaka — okwagala n'obutayagala, yandisobodde okussa akabonero akalaga obuyinza Bwe, abantu ne bawalirizibwa okukkiriza olw'empaka.

buli mutindo (gw'ebimera) ogw'ekitiibwa?

مِنْ كُلِّ زَوْجٍ كَرِيمٍ ﴿٤﴾

8. Mazima muli mw'ekyo, akabonero (akalaga obuyinza Bwaffe); naye tebaali abasinga obungi bakkiriza.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّمَنْ كَانَ الْكُفْرُ هُمْ  
مُؤْمِنِينَ ﴿٥﴾

9. Ddala mazima Mukama wo ye W'ekitiibwa. Omusaasizi.

وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿٦﴾

10. Era jjukira mu kiseera Mukama wo bwe yakoooola (Nabbi) Musa, (n'amugamba) nti: Genda eri ekibiina ky'abalyazaamanyi (Abakaafiiri),

وَإِذْ نَادَى رَبَّكَ مُوسَى أَنْ ائْتِ الْقَوْمَ  
الظَّالِمِينَ ﴿٧﴾

11. Ekibiina kya Fir'auna (obagambe nti): Tebatya Katonda?

تَوْمَ فِرْعَوْنَ أَلا يَتَّقُونَ ﴿٨﴾

12. N'agamba (Musa) nti: Mukama wange! Mazima nze ntya bajja kunimbisa,

قَالَ رَبِّ إِنِّي أَخَافُ أَنْ يُكَدِّبُونِ ﴿٩﴾

13. Kifunde ekifuba hyange (ku lw'obusungu n'okwennyamira), era olulimi lwange luleme okwatula obulungi (ebigambo) n'olwekyo tumira n'eri Haruuna (tubeera babiri annyambeko).

وَلَيُضِيقُ صَدْرِي وَلَا يَبْنِي لِي سَاكِنًا  
فَأَرْسِلْ لِي الْهُدُونَ ﴿١٠﴾

14. Era (n'okuba), nnina ku bo ekisobyo (kye nakola bwe natta omuntu), n'olwekyo ntya okunzita.

وَأَلْهِمَّ عَلَيَّ ذُرِّيَّتَ فَإِنَّا أَخَافُ أَنْ  
يَقْتُلُونِ ﴿١١﴾

15. (Katonda) n'amugamba nti: Nedda (tebalina kye bajja kubakola)! Kale mungende mwembiriri n'obujulizi Bwaffe. Mazima ffe tuli wamu nammwe, tuwuliriza.

قَالَ كَلَّا فَاذْهَبْ بِآيَاتِنَا إِنَّا مَعَكُمْ مُسْتَمِعُونَ ﴿١٢﴾

16. Ne bajjira bombiriri Fir'auna ne bamugamba nti: Mazima ffe ffembi (tuli) Babaka ba Mukama Omulezi w'ebitonde byonna,

فَأْتِيَا فِرْعَوْنَ فَقُولَا إِنَّا رَسُولُ رَبِّ  
الْعَالَمِينَ ﴿١٣﴾

9. Aya ezo okuva ku 3-8 zibadde zikwata ku bakafiiri b'omu Makka, abantu b'ekika kya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) Abakuraish. Kyokka mu kugaziya ebyo byonna si bya njawulo kw'ebyo ebiba ku bantu b'omu nsi awalala wonna.

14. Ekisobyo Musa kye yazza ku Bamisiri kye kyo eky'okutta Omumisiri eyali abonyabonya Omulsraeli, olwo alyoke adduke okuva mu Misiri.

17. (Atutumye tukugambe) osindike bagende wamu naffe Abaana ba Israeli.
18. Fir'auna n'agamba (Musa) nti: Te-twakulera (bwe wali) ng'oli mu ffe ng'okwali mwana muto? N'omala mu ffe emyaka mu bulamu bwo?
19. Era wakola ekikolwa kyo (eky'okutta omuntu) ekyo kye wakola, naawe n'obeera wa mu bakafiiri — abata-siima.
20. (Musa) n'agamba nti: Nakikola mu kiseera ekyo, nga nange nkuali wa mu babuze.
21. Kale ne mbaddukako mmwe bwe namala okubatya (nti mwandinzita ku lw'okutta omuntu), (wabula olu-vannyuma) Mukama n'amateeka era n'anfuula ow'omu babaka (Be).
22. N'ekyo (eky'okundera kati) ky'ekyengera ky'ondaalaasaako nga waddirira Abaana ba Israeli n'obafunga obuddu!

أَنْ أُرْسِلَ مَعَنَا بِنِي إِسْرَائِيلَ ١٧  
 قَالَ أَلَمْ نُرَبِّكَ فِينَا وَلِيدًا أَوْ كَيْتَنَّا  
 فِيمَا مِنْ عُمُرِكَ سِنِينَ ١٨  
 وَفَعَلْتَ فَعَلْتِكَ الَّتِي فَعَلْتَ وَأَنْتَ  
 مِنَ الْكٰفِرِينَ ١٩  
 قَالَ فَعَلْتَهَا إِذْ وَأَنَا مِنَ الصّٰلِحِينَ ٢٠  
 فَفَارَّطُ مِنْكُمْ لِنَأْخِذَكُمْ فَوَهَبْنَا لِي  
 رُبِّي حُكْمًا وَجَعَلْتَنِي مِنَ الْمُرْسَلِينَ ٢١  
 وَتِلْكَ نِعْمَةٌ مِّنْهَا عَلَيَّ أَنْ عَبَّدتَّ  
 بِنِي إِسْرَائِيلَ ٢٢

17. Bate okuva mu bufuge obakirize basobole okugenda naffe mu nsi yonna gye baagala.  
 18. Fir'auna yeewuunya okulaba nga Musa omwolekeza obwanga mu maka gye okumutegeza nga Katonda Omulezi w'ebitonde byonna bw'amutumye amugamba mbu ate Abaana ba Israeli bagende gye baagala! Eky'okusooka, Musa yali yakulira mu Misiri era naddala mu lubiri lwa Fir'auna — kale Fir'auna yali tamanyiyo mulezi mulala yenna okuggyako ye kennyini. ate nga ye yennyini ye yali yalera Musa — Olwo amugamba atya nti waliyo omulezi (Katonda) Omulala?

Eky'okubiri Musa yali yadduka mu Misiri Iuvannyuma lwa kuita muntu, kale ate atya bw'amwvoleka atyo nga akyalina n'essango lya nnaggomola, alyoke amutegeze nga Katonda bw'amutumye?

19. Ekikolwa Fir'auna ky'ajjukiza Musa ky'eky'okutta omuntu, oyo gwe yatta mu butanwa mu kiseera bwe yamuggunda ekkonde nga alwanirira omusajja Omuisraeli eyali atuntuzibwa.

Kale Fir'auna ategeze nga Musa bw'atali mutemu kyokka wabula era ye mutasima kubanga mu kikolwa ky'okutta omuntu, kyali kiraga nkukunala nga bw'atasima okutta omu mw'abo abaamulera.

20. Musa addamu nga bwe yakola ekyo mu butanwa, era olw'obusungu; naye kati yeenyena olw'okukikola kubanga kati Katonda yali yamulunnganya dda.

22. Musa mu kwogera atyo ategeze nga Fir'auna bw'atalina kirungu kyorma kye yamukolera newankubadde nga yamulera. Ekyo lwa kubanga yaddirira abantu be era baganda be - Abaana ba Israeli. n'abafuga n'abakoozesanga kagiri nga abalinimulako agalimu aganene,

Kale okubeera nga Ye Musa yekka yamuyisa bulungi n'amukuza ng'omwana we, kyokka ng'ate Abaisraeli abalala yababonyabonya, — ekyo tekyalimu mulamwa.

23. Fir'auna n'agamba nti: Ani oyo (Katonda) Omulezi w'ebitonde?
23. (Musa) n'amugamba nti: Ye (Katonda) omulabirizi w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri, bwe mubeera nga mukakasa (ekyo, kale mykakase).
25. (Fir'auna) n'agamba abaali emmabali we: Abaffe temuwuliriza (ebyo eby'obulimba by'ayogera)?
26. (Musa) n'abagamba nti: Katonda Mukama wammwe era ye Mukama wa bakitammwe abaasookawo bonna.
27. (Fir'auna) n'agamba nti: Mazima omubaka wammwe oyo atumiddwa gye muli mulalu.
28. (Musa) n'agamba nti: Omufuzi w'e Buvanjuba n'e Bugwanjuba n'ebyo ebiri wakati waabyo, bwe mubeera nga mutegeera!
29. (Fir'auna) n'agamba nti: Mazima bw'onoofuula omulala (okuba) Katonda atali nze, ddala nja kukuteeka mu basibe.
30. (Musa) n'amugamba nti: Ne bwe mba nga nkulecetede ekintu ekyeyolefu (ekiraga amazima g'Obubaka bwange)?
31. (Fir'auana) n'amugamba nti: Kale ki-reete bw'obanga oli mu boogera amazima!
32. (Olwo Musa) n'asuula omuggo gw, okwejjukiriza nga musota omunene omweyolefu,

قَالَ فِرْعَوْنُ وَمَا رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٣﴾

قَالَ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا  
إِنْ كُنْتُمْ مُوقِنِينَ ﴿٢٣﴾

قَالَ لِمَنْ حَوْلَهُ أَأَلَسَمِعُونَ ﴿٢٥﴾

قَالَ رَبُّكُمْ وَرَبُّ آبَائِكُمُ الْأَوَّلِينَ ﴿٢٦﴾

قَالَ إِنْ رَسُولُكُمْ الَّذِي أُرْسِلَ إِلَيْكُمْ  
لَمَجْنُونٌ ﴿٢٧﴾

قَالَ رَبُّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ وَمَا بَيْنَهُمَا  
إِنْ كُنْتُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٢٨﴾

قَالَ لِمَنِ الْخُدَاتُ الَّتِي تَعْبُدُونَ  
مِنَ الْمَسْجُونِينَ ﴿٢٩﴾

قَالَ أَوْ لِمَنِ الْمَسْجِدُ الَّذِي يُشْرِكُونَ ﴿٣٠﴾

قَالَ قَاتِلْهُمْ إِنْ كُنْتُمْ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٣١﴾

قَالَ لَقَدْ أَخَذَ لَهَا مَوْدِعًا وَخَافَ عَلَيْهَا  
مُعِينٌ ﴿٣٢﴾

25. Fir'auna yakyukira abantu be abaali bamwetooldde ababuze oba tebeewuunya ebyo ebitalimu mulamwa --- eby'okubeerayo Katonda omulala atali ye, nga Musa bwe yali agamba.

29. Wano Fir'auna --- bw'ataafuna kya kuddamu n'alaba nga ensonga zimumeze n'atandika okukozesa eryanyi, n'okutisatiisa Nabbi wa Katonda Musa nga bw'ajja okumussa mu kkomera

33. Ate n'aggyayo omukono gwe (mu kimeeme kye) okugenda okulaba nga mweceru (ttuku ogwakaayakanira) abatuulizi (bonna).
34. (Fir'auna) n'agamba abakungu be abo abaali emabbali we: Mazima ono mulogo nnakinku,
35. Ayagala okubaggya my nsi yammwe ku lw'eddogo lye. Kiki (mmwe) kye mulagira (okukola)?
36. Nebamugamba nti: Mulindirizeeko, (ye) ne muganda we, ate otyeme mu bibuga (ababaka) abanaakunngaanya (abalogo bannakinku) —
37. Bakuleetere buli mulogo nnakinku omumanyi (w'eddogo).
38. Kale abalogo ne bakungaanyizibwa mu kiseera (ekiragaane) mu lunaku olumanyiddwa,
39. Abantu ne bagambibwa: Abaffe mmwe (nammwe) muli ba kukunngaana?
40. (Ne baddamu nti : Yee) oba olyawo ffe ne tugoberera abalogo, bwe banaabeera nga be basinze.
41. Kale abalogo bwe bajja ne bagamba Fir'auna: Ddala tuli ba kufuuna mpeera bwe tunaaba ffe tunize?
42. N'agamba nti: Yee bwe kiri, era mazima mmwe bwe kinaaba bwe kityo (ne muwangula) mujja kuba mu basmbezebwa (ku lusegere lwange).

وَنَزَعِيْدَهُ فَاِذَا هِيَ بِيْضَاءُ النَّظْرِ ۝۳۳

قَالَ لِلْمَلَاحِزَةِ اِنَّ هَذَا السَّحْرَ عَلَيَّ ۝۳۴

يُرِيْدُ اَنْ يُخْرِجَكَ مِنْ اَرْضِكَ بِسِحْرِهِ  
فَمَا اَنَا مُرُوْنٌ ۝۳۵

قَالُوْا اَرْجِهْ وَاَحَاةْ وَاَبْعَثْ فِي الْمَدَائِنِ  
خُسْرِيْنَ ۝۳۶

يَأْتُوْكَ بِكُلِّ سَعَاٍ عَلَيْهِ ۝۳۷

فَجَمَعَ السَّحْرَةَ لِبَيْعَاتِ يَوْمٍ مَّعْلُوْمٍ ۝۳۸

وَقِيْلَ لِلنَّاسِ هَلْ اَنْتُمْ مُّجْتَمِعُوْنَ ۝۳۹

لَعَلَّكُمْ اَنْتُمْ السَّحْرَةُ اِنْ كَانُوْا هُمْ الْعٰلِيْنَ ۝۴۰

فَلَمَّا جَاءَ السَّحْرَةَ قَالُوْا الْفِرْعَوْنَ اَيُّنَ  
لَنَا الْاَجْرُ اِنْ كُنَّا مَعَهُ الْعٰلِيْنَ ۝۴۱

قَالَ نَعَمْ وَاِنْ كُنْتُمْ اِذًا لِمَنْ الْمَقْرَبِيْنَ ۝۴۲

33. Fir'auna bwe yamala okulaba ebyamagero ebyamutiisa, n'ategeera obusukirivu bw'obunene bwabyo, olwo n'atandika okulwanirira ekifo kye wamu n'okukakasa mu mwoyo gwe obuta-sobola bwe. Kyokka olw'obukaafiiri bwe yayagala abuzeebuze abagoberezi be.

35. Wano kirabika ng'oyo abadde yeeyita Katonda atandise okusaba abo abamuyunnamira amagezi, — olw'okubeebuuzako kiki kye banaakola omusajja oyo omukenkufu mu by'eddogo.

37. Katonda yabawa ekirowoozo ekyo alyoke alage amazima ga Nabbi We mu lujjudde lw'abantu, era alyoke alage enjawulo eri wakati w'eddogo n'ekyamagero Kye.

43. Musa n'abagamba (abo abalogo):  
Musuule mmwe ebyo bye musuula!
44. Olwo ne basuula emigwa gyabwe  
n'emiggo gyabwe bwe bagamba nti:  
Ku lw'ekitiibwa kya Fir'auna, mazima  
ffe, ffe ab'okusinga.
45. Kale (ne) Musa n'asuula amuggo  
gwe, okugenda okulaba nge gwo  
gumira (ebyo byonna) bye baafuu-  
sizzafuusizza (okulabika ng'emisota).
46. Awo abalogo ne bagwa (wansi) nga  
bavunna,
47. Bwe bagamba nti: Tukkirizza Mukama  
Omulezi w'ebitonde (byonna).
48. Mukama wa Musa ne Haruuna.
49. (Fir'auna) n'agamba nti: Mumuki-  
rizza oluberyebereye nga sinnabakki-  
riza. Mazima ye (alabika nga) ye  
mukulu wammwe oyo eyabayigiriza  
eddogo! Kale kyaddaaki munaama-  
nya (ekinaabakolebwa kubanga dda-  
la) nja kubasalako emikono gyammwe  
n'amagulu gammwe mu mpulungu-  
tanyi, era nja kubakomerera ddala  
ku musaalaba mwenna!
50. Ne bagamba nti: Tewali kabi, (kuba-  
nga) mazima ffe (ffenna abantu) tujja  
kukyuka tudde eri Mukama waffe.

قَالَ لَهُمْ مُوسَى الْقَوْمَ مَا أَنْتُمْ مَلَكُونَ ﴿٤٣﴾

فَالْقَوْمَاجِبَالُهُمْ وَعِصِيَّهُمْ وَقَالُوا بِعِزَّةِ  
فِرْعَوْنَ إِنَّا لَنَحْنُ الْعَالَمُونَ ﴿٤٤﴾

فَالْقَوْمُ لِمُوسَى عَصَاكَ فَإِذَا هِيَ تَلْقَفُ  
مَا يَأْتُونَ ﴿٤٥﴾

فَالِقَوْمِ السَّحَرَةَ لَسِيحِينَ ﴿٤٦﴾

قَالُوا أَمْثَلُ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٧﴾

رَبِّ مُوسَى وَهَارُونَ ﴿٤٨﴾

قَالَ أَمْثَلُكُمْ قَبْلَ أَنْ أَدْنَى لَكُمْ  
إِنَّهُ لَكَبِيرُكُمْ الَّذِي عَلَّمَكُمُ السَّحْرَ  
فَلَسَوْفَ تَعْلَمُونَ إِذْ يَطْرُقَنَّ أَيُّدِيكُمْ  
وَأُجْعَلُكُمْ مِنَ الْخَلْفِ وَلَا رَدَّوْصَلْبَكُمْ  
أَجْمَعِينَ ﴿٤٩﴾

قَالُوا أَضْمِرْنَا لَنَا إِلَى رَبِّنَا مُنْقَلِبُونَ ﴿٥٠﴾

45. Emigwa n'emiggo gy'abalogo, — bye bye baafuusa ne birabika ng'emisota mu kulaba okw'abantu

46-48. Abalogo bwe baamala okuteegra nga okufuuka kw'omuggo gwa Musa Omusota bwe litali ddogo bulogo era nti ekyo ky'aleese eky'omuggo okufuuka omusota kya mw'ebyo omuntu by'atasobola okuggyako Katonda cyatonda ggulu ne nsi. Ekyo baakitegeera olw'okumanya kwabwe enjawulo eri wakati w'eddogo n'ekyamagero, ne bakkiririzaawo Musa embagirawo; ne bakkiriza amangu ago okubaayo kwa Katonda Omuyinza ku buli kyonna. Kale ekyo ne kibeera ekigambo ekinene ennyo eri Fir'auna.

49. Mu mpulungutanui' — amakulu nti kubasalako buli omu, omukono gwe ogwa ddyo n'okugulu okwa kkono. Oba ssi ekyo, asale omukono ogwa kkono n'okugulu okwa ddyo.

51. Mazima ffe tululunkanira Mukama waffe atusonyiwe ebisobyoy byaffe olw'okuba nga ffe tusoose okukkiriza (wano).

إِنَّا نَنْظُرُهُمْ أَنْ يَغْفِرَ لَنَا رَبُّنَا خَطِيئَتَنَا  
أَنْ نَكُنَّا مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٥١﴾

52. Kale ne tutumira eri Musa, nga tugamba nti: Twala abaddu Bange (Abanna ba Israeli) ekiro, (kubanga) mazima mmwe muli ba kuwonderwa (Fir'auna).

وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنْ أَسْرِ بِعِبَادِي  
رِجَالًا مِنْ بَعْدِكَ ﴿٥٢﴾

53. Kale Fir'auna n'atuma mu bibuga (byonna) abakunngaanya (bakunngaanye amagye ge gaziyize Abaisraeli okuva mu Misiri),

فَأَرْسَلَ فِرْعَوْنُ فِي الْمَلَأِينَ خَيْرِينَ ﴿٥٣﴾

54. (N'agamba bagambe abantu nti): Mazima abo (Abaisraeli) kibiina kya bantu batono,

إِنَّ هَؤُلَاءِ لَشُرُومَةٌ وَلَيْسُوا بِكُلِّ

55. Era mazima bo batusunguwazizza;

وَاللَّهُمَّ لَنَا الْغَائِظُونَ ﴿٥٥﴾

56. Era ddala naffe ffenna twekeka obubi bwabwe.

وَأَنَا الْحَجِيَّةُ خِزْرُونَ ﴿٥٦﴾

57. Kale ne tubaggya mu malimiro (gaabwe), ne ku nsulo z'amazzi,

فَأَخْرَجْنَاهُمْ مِنْ جَنَّاتٍ وَعَيْوُونَ ﴿٥٧﴾

51. Abalogo bwe baamala okusenserwa obukkiriza mu minima dyable. oluvannyuma lw'okukyuka, — baalaba nga tewali kabi konna ke batya,ako Fir'auna ke yali ayagala okubakola kubanga 'empeera' z'eyo bye baali basubira eri Katonda nga bye bisinga akabi Fir'auna ke yayagala okubatusaako.

Bwe kityo obukkiriza bwe buba nga bumaze okuyingira mu mutima gw'omuntu, alaba nga byonna ebiri ku nsi binyoomwa era nga bya kuggwaawo. Na buli buzibu bwonna bw'aba afunye mu kkubo lya Katonda bubs bwangu gy'alli.

52. Nabbi Musa (emirembege ku ye) nga amaze ebbanga ddene mu Misiri mwe yalwanaganira ne kyewaggua Fir'auna n'abantu be (Abamisiri) n'okufuba okubamatiza nga Katonda bw'Ali Omu kyokka nga ye Fir'auna aledmedde ku bukafiiri, ne ku kweyita Katonda, — oluvannyuma lwa byonna nga ne Katonda amubonereza ebibonerezo ebikalali — Musa yalagirwa aggye Abaana ba Israeli mu nsi y'e Misiri mu kiseers eky'ekiro, abatwale mu nsi endala eye Katonda gye yamulagira. Era yamutegeza nga Fir'auna bwe yali owfokubawondera.

Fir'auna ng'awulidde okuva kwa Musa n'Abaana ba Israeli mu Misiri yakunngaanya eggye lye balyoke babalumbe mu lugendo lwabwe.

55. Fir'auna wano yategeza abaatumwa bagambe abantu be bakunngaanya nga Abaisraeli bwe batalina maanyi, era batons ennyo: era nti baali babasumbwa olw'okukola ebikolwa ebibasunguwaza buli kaseera.

56. Mu kiseera ekyo ng'amagye gamaze okunngaanyizibwa. — Fir'auna nago. baawondera Abaisraeli n'ekigendererwa eky'okubamalirawo ddala nga bwe kyali mu kuloozza kwe. Kyokka Katonda yabadduukirira n'ataasa Nabbi we Musa, bo Abamisiri n'abagaanyaawo mu nyanja.



58. Era ne tubaggya ne mu mawanika (gaabwe) ne mu bifo eby'ekitiibwa;

وَلَكِنَّهَا وَمَقَاوِرُ كَرِيمٍ ﴿٥٨﴾

59. Bwe kityo (bwe twabaggyako ebintu ebyo byonna) ne tubisikiza Abaana ba Israeli.

كَذَلِكَ وَأَوْرَثْنَا نَبِيَّ إِسْرَائِيلَ ﴿٥٩﴾

60. Kale (Fir'auna n'eggye lye) ne babagoberera nga batuusizza mu matulutulu,

فَاتَّبَعُوهُمْ مُشْرِقِينَ ﴿٦٠﴾

61. Bwe byamala okulengeragana ebibiina byombiriri, abagoberezi ba Musa (Abaisraeli) ne bagamba: Mazima ffe tusangiddwa.

فَلَمَّا تَرَأَى الْجَمْعَ قَالَ أَصْحَابُ مُوسَى  
إِنَّا لَمُدْرِكُونَ ﴿٦١﴾

62. (Musa) n'agamba nti: NeddaMazima Mukama wange ali wamu nange. Ajja kunnungamya (atutaaseffenna).

قَالَ كَلَّا إِنَّ مَعِيَ رَبِّي سَيَهْدِينِ ﴿٦٢﴾

63. Ne tutumira eri Mus, nti: Kuba n'omuggo gwo ku nnyanja. (Bwe yakikola) olwo ne yeetemaatemamu (amakubo), ne kibeera buli kitundu ng'olusozi olutumbiivu.

فَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنْ اصْرِفْ بِعَصَاكَ  
الْبَعْرَ فَإِنَّكَ لَا تَكَانُ كُلَّ فَرْقٍ كَالطُّورِ  
الْعَظِيمِ ﴿٦٣﴾

64. Ne tubasembeza awo (ku nnyanja) ate oluvannyuma ne tusembeza abalala (Abamisiri).

وَأَزَلْنَا ثَمَّ الْأَخْرِيزِينَ ﴿٦٤﴾

65. Olwo ne tuwonya Musa n'abo abaali nye bonna;

وَالْحَيْنَا مُوسَىٰ وَمَنْ مَعَهُ أَجْمَعِينَ ﴿٦٥﴾

66. Olubannyma ne tusaanyaawo abalala (Fir'auna n'eggye lye).

ثُمَّ أَعْرَفْنَا الْأَخْرِيزِينَ ﴿٦٦﴾

67. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero (aka'okulabirako ero abajja oluva-

إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَةً لِّمَنْ كَانَ الْكُفْرُ هُمْ

61. Mu kiseera ky'okulengeragana kw'ebibinja ebibiri, — eky'a Fir'auna ekyali kiwondera n'ekya Musa ekyali kiwonderwa, — Abaisraeli baali bamaze okutuuka ku nnyanja. Kale olw'okulaba nga tebasobola kulwanyisa Bamisiri, era nga tebasobola kudduka olw'okwebungululwa ennyanja ku luuyi olumu ate eno abalane ku lulala, kyebaaya bawanjagira Katonda abayambe.

64. Ennyanja nga yeeyasizzaamu, omuwaatwa omukulu, Musa n'Abaana ba Israeli baayitamu mirembe ne basomoka emitala ne Fir'auna n'eggye lye baasembera ku nnyanja nabo ne bagenda nga dagoba obuufu bw'Abaisraeli mwe barite. Bonna nga baggweereddemu. ennyanja yeeyunga bupya n'ebabuutikira bonna ne basaanawo.

- nnyuma), naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.
68. Era ddala mazima Mukama wo, Ye ye W'ekitiibwa, Omusaasizi.
69. Basomere ekyafaayo kya (Nabbi) Ibrahiimu:
70. Mu kiseera bwe yagamba kitaawe n'ekibiina kye: Kiki kye musinza?
71. Ne bagamba nti: Tusinza bifaananyi (masanamu, era ddala) ne tuwungeeza nga tuyimiriddewo ku lwa-byo.
72. N'abagamba nti: Abaffe, bibawulira mu kiscera (bwe muba) nga mubisaba?
73. Oba bibagasa (bwe mubisaba) oba bibaleetera akabi (bwe muba temu-bisinzizza)?
74. Ne bamugamba nti: Nedda; wabula twasanga bakitaffe nga bakola bwe batyo (babisinza).
75. N'agamba nti: Abaffe, mulaba ebyo bye mubadde musinza —
76. Mmwe ne bakitammwe abaakulembera? —
77. Mazima abo (bakatonda bammwe be musinza) balabe bange, wabula Omufuzi W'ebitonde (nze gwe nsinza);
78. Oyo eyantonda, Naye y'annunngamya,
79. Era Y'oyo andiisa era n'annywesa
80. Ate bwe mba nga ndwadde, era Ye y'amponya.
81. Era Ye ye w'okunzita, ate oluva-nnyuma annamuse (anzuukize),

مُؤْمِنِينَ ﴿٥٨﴾

وَلَنْ رَبَّكَ لَهوَ الْعَرَبُ بِرَبِّ الرَّحْمَنِ ﴿٥٩﴾

وَاتْلُ عَلَيْهِمْ نَبَأَ إِبْرَاهِيمَ ﴿٦٠﴾

إِذْ قَالَ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِ مَا تَعْبُدُونَ ﴿٦١﴾

قَالُوا نَعْبُدُ آبَاءَنَا مَا نَفَعْنَا لَهُمُ الْعَفْءِينَ ﴿٦٢﴾

قَالَ هَلْ يَسْمَعُونَكُمْ إِذْ تَدْعُونَ ﴿٦٣﴾

أَوْ يَنْفَعُونَكُمْ إِذْ يُصْرُونَ ﴿٦٤﴾

قَالُوا بَلْ وَجَدْنَا آبَاءَنَا كَذَلِكَ يَفْعَلُونَ ﴿٦٥﴾

قَالَ أَفَرَأَيْتُمْ مَا كُنْتُمْ تَعْبُدُونَ ﴿٦٦﴾

أَنْتُمْ وَأَبَاؤُكُمْ إِذْ أَنْتُمْ مُمُونٌ ﴿٦٧﴾

فَأَنهَمُ عَدُوٌّ لِلَّهِ الرَّبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٨﴾

الَّذِي خَلَقَنِي فَهوَ يَهْدِينِ ﴿٦٩﴾

وَالَّذِي هُوَ يُطْعِمُنِي وَيَسْقِينِ ﴿٧٠﴾

وَإِذَا مَرِضْتُ فَهُوَ يَشْفِينِ ﴿٧١﴾

وَالَّذِي يُمِيتُنِي ثُمَّ يُحْيِينِ ﴿٧٢﴾

82. Era Y'oyo gwe ndulunkanira ennyo n'essuubi okunsonyiwa ebisobyobyange ku Lunaku Lw'okusasulwa.
83. Mukama wange! Ngabira okumanya okulamula Ensonga n'Amateeka era onsisinkanye n'abalongoofu (Banna-bbi);
84. Onteerewo okwogerwako okulungi (okw'amazima) mw'abo abalijja oluvannyuma;
85. Era onteeke mw'abo abalisikira Ejjana Ey'ebyengera (Ennyumba Ey'emirembe),
86. Onsonyiwe ne kitange (kubanga) mazima ye yali mu babuze.
87. Era tonswazanga ku Lunaku lwe balizuukizibwa (abantu),
88. Olunaku emmaali lw'eteligasa (muntu) yenna wadde abaana
89. Okuggyako oyo alituuka ewa Katonda n'omwoyo omulamu (ogukkiriza Obwomu Bwe n'amazima ga Bannabbi Be — oyo y'aliganyulwa);
90. N'esembezebwa Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) ku lw'abatya Katonda.
91. Ne gwolesebwa omuliro (*Al-Jahimu*) ku lw'ababuze;
92. Ne bagambibwa nti: Biriwa ebyo bye mwali nga musinza —
93. Ebyo ebitali Katonda. Abaffe, binaabataasa oba byo byennyini okwetaasa?
- وَالَّذِي أَطْمَعُ أَنْ يَغْفِرَ لِي خَطِيئَتِي  
يَوْمَ الدِّينِ ﴿٣٦﴾
- رَبِّ هَبْ لِي حُكْمًا وَالْحَقْنِي بِالطَّالِقِينَ ﴿٣٧﴾
- وَاجْعَلْ لِي لِسَانَ صِدْقٍ فِي الْآخِرِينَ ﴿٣٨﴾
- وَاجْعَلْنِي مِنْ وَرَثَةِ جَنَّةِ النَّعِيمِ ﴿٣٩﴾
- وَاعْفُرْ لِي رَبِّ إِنِّي كَانُ مِنَ الضَّالِّينَ ﴿٤٠﴾
- وَلَا تُخْزِنِي يَوْمَ يُبْعَثُونَ ﴿٤١﴾
- يَوْمَ لَا يُنْفَعُ مَالٌ وَلَا بَنُونَ ﴿٤٢﴾
- إِلَّا مَنْ آتَى اللَّهَ بِقَلْبٍ سَلِيمٍ ﴿٤٣﴾
- وَأَرْزُقْتَ الْجَنَّةَ لِمَسْكِينٍ ﴿٤٤﴾
- وَبَرَزْتَ بِالنَّجْمِ الثَّوَاتِينَ ﴿٤٥﴾
- وَقِيلَ لَهُمْ آيَمَا كُنْتُمْ تَعْبُدُونَ ﴿٤٦﴾
- مَنْ دُونِ اللَّهِ هَلْ يَنْصُرُونَكُمْ أَوْ  
يَنْصُرُونَ ﴿٤٧﴾

86. Ibrahiimu yasabira kitaawe bwe yali tannamanya nti mulabe wa Katonda. Kyokka ng'amaze okukitegeera, eky'okumusabira yakireka.

93. Ekitegeza nti abaabula kuno ku nsi si ba kuggyibwa mu bibonyobonyo, era ne bye baasinzanga si bya kubataasa kubagga mu byo wadde byo byennyini okwetaasa.

94. Ne basoggwa (mu muliro batokomokere) mu gwo bo n'ababuze (abo abasinzibwa n'ababasinza),  
 ﴿فَجَبُّوْا فِيهَا هُمْ وَالْعَاوُنَ ۝٩٤﴾
95. N'ab'eggye lya sitaane bonna.  
 ﴿وَجُوْدُ اِبْلِيسَ اَجْمَعُوْنَ ۝٩٥﴾
96. Baligamba, (eri abo be baasinzanga) nga bali mu gwo nga bayombagana:  
 ﴿قَالُوْا وَهُمْ فِيْهَا يَخْتَصِمُوْنَ ۝٩٦﴾
97. Tulayidde Katonda, mazima twali mu bubuze obweyolefu,  
 ﴿تَاللّٰهِ اِنْ كُنَّا لَفِيْ ضَلٰلٍ مُّبِيْنٍ ۝٩٧﴾
98. Mu kiseera bwe twabenkanya (mu kubasinza) ne Katonda Omulezi w'ebitonde byonna;  
 ﴿اِدْنَسُوْكُمْ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ ۝٩٨﴾
99. Teyatubuza (mulala yenna) wabula abo aboonoyi.  
 ﴿وَمَا اَضَلْنَا اِلَّا الْمَجْرُمُوْنَ ۝٩٩﴾
100. Kaakati tetulina ffe muwolereza,  
 ﴿فَمَا لَنَا مِنْ شٰفِعِيْنَ ۝١٠٠﴾
101. Wadde ow'omukwano nfiirabulago (atumirwako).  
 ﴿وَلَا صٰدِقِيْنَ حٰمِيُوْ ۝١٠١﴾
102. Singa mazima tulina (akakisa) okuddayo (ku nsi), ne tubeera ab'omu bakkiriza!  
 ﴿فَلَوْ اَنَّ لَنَا لَكْرَهٌ فَنَكُوْنُ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ ۝١٠٢﴾
103. Mazima mulimu mw'ekyo akabonero (ak'okulabirako eri abantu) naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza!  
 ﴿اِنَّ فِيْ ذٰلِكَ لَايَةً وَمَا كَانَ اَلَكْرَهُ ۝١٠٣﴾
104. Era ddala mazima Mukama wo, Ye ye W'ekitiibwa, Omusaasizi.  
 ﴿وَ اِنَّ رَبَّكَ لَهٗوَ الْعَزِيْزُ الرَّحِيْمُ ۝١٠٤﴾
105. Abantu b'ekibiina kya Nuuhu baalimbisa ababaka (ba Katonda),  
 ﴿كَذَبَتْ قَوْمٌ نُّوْحًا اِلْمُرْسَلِيْنَ ۝١٠٥﴾
106. Mu kiseera muganda waabwe Nuuhu bwe yabagamba nti: A baffe, temutya Katonda?  
 ﴿اِذْ قَالَتْ لَهُمْ اَخُوْهُمْ نُّوْحًا اَلَا تَتَّقُوْنَ ۝١٠٦﴾
107. Mazima nze ku mmwe ndi mubaka omwesigwa,  
 ﴿اِنِّيْ لَكُمْ رَسُوْلٌ اٰمِيْنَ ۝١٠٧﴾

105. Ku lw'okulimbisa Nabbi omu — Nuuhu, baalinga abaalimbisa n'abalala bonna kubanga bw'olimbisaako omu, obanga alimbisizza bonna.

108. Kale mutye Katonda era munngondere. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ١٠٨
109. Era sibasaba ku bwo mpeera yonna; teri empeera yange wabula eri ku Mukama W'ebitonde. وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ١٠٩
110. Kale mutye Katonda era munngondere. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ١١٠
111. Ne bamugamba nti: Tukukkirize nga (n'okuba) abakugoberedde be ba wansi? قَالُوا أَنْتَ مِنْ لَدُنْكَ فَاتَّبِعْكَ أَلَا تَرَى كَذِبًا ١١١
112. N'abagamba nti: Kiki kye mmanyi mw'ebyo bye baalinga bakola (nga sinnabajjira)? قَالَ وَمَا عَلَيَّ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ١١٢
113. Tekuli okubalibwa kwabwe wabula (kuli) ku Mukama wange, singa (mubadde) mutegeera; إِنْ حَسَابُهُمْ إِلَّا عَلَى رَبِّي لَوْ شِئْتُمْ لَأَنْزَلْتُمْ ١١٣
114. Era ssiri nze wa kugoba bakkiriza. وَمَا أَنَا بِطَارِدِ الْمُؤْمِنِينَ ١١٤
115. Ssiri nze (kiralwa kyonna) wabula omutiisa omweyolefu. إِنْ أَنَا إِلَّا نَذِيرٌ مُبِينٌ ١١٥
116. Ne bamugamba nti: Bw'onooba tolekedde awo (ebyo by'otugamba) gwe Nuuu, mazima ojja kubeera mu ba kukubibwa mayinja. قَالُوا لَيْسَ لَكَ تَنْتَهُ يُؤْمِرُ لَتَكُونَنَّ مِنَ الْمَرْجُومِينَ ١١٦
117. N'agamba: Mukama wange! Mazima ekibiina kyange kinnimbisizza. قَالَ رَبِّ إِنْ قَوْمِي كَذَّبُونِ ١١٧
118. N'olwekyo lamula wakati wange nabo olulamula (olwa nnamaddala), olyoke omponye n'abo abali nange abakkiriza. فَأَفْتَحْ يَتِيمِي وَيَبِيئَهُمْ فَفُحَا وَجَّيْتِي وَمَنْ مَعِيَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ١١٨

111. Wano abakungu mu bantu be baategeeza Nuuu nga bwe kitasoboka kumukkiriza olw'okubanga abo bonna abaasooka okumugoberera be ba wansi mu ddaala abakopi, abanyoomebwa.

114. Nabbi wa Katonda tayinza nate kugoba oyo yenna eyecyunira eri obubaka bwa Katonda —ssi nsonga k'abe nga mwavu oba mugagga; oba ow'ekitiibwa oba anyoomebwa. Wabula buli amujjira alina kumwaniriza.

116. Amakulu baali bategeeza nti, singa Nuuu takomya kubakoowoola bakkirize Katonda, baali ba kumukuba mayinja okutuusa okufa.

Mu ngeri y'emu, n'abantu ba Nabbi Swaibu ab'e Madiyana, n'abo aba Nabbi Ibrahiimu, baabagamba okubakuba amayinja nga tebaledde awo kubabuulira bifa ku kukkiriza Katonda Omu.

119. Kale ne tumuwonya (amataba) wamu n'abo abaali naye mu lyato erijjudde (ebiramu — ekikazi n'ekisajja, mu buli mutindo gw'ebitonde byonna ebiri mu nsi).
120. Bwe twamala (okubawonya) oluwannyuma ne tusaanyaawo abaasigala (abonoonyi).
121. Mazima muli mw'ekyo, akabonero, kyokka abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.
122. Ddala mazima Mukama wo, Ye, ye w'ekitiibwa, Omusaasizi.
123. N'abantu b'ekika kya Aadi baalimbisa ababaka (ba Katonda);
124. Mu kiscera bwe yabagamba muganda waabwe (Nabbi) Huudu nti: Abaffe, temutya Katonda?
125. Mazima nze ku mmwe ndi mubaka omwesigwa,
126. Kale mutye Katonda era munngondere.
127. Era sibasaba ku bwo (obubaka) mpeera yonna; teri empeera yange wabula (eri) ku (Katonda) Mukama w'ebitonde byonna.
128. Abaffe! Muzimba ku buli kifo ekigulumivu akabonero (ng'ekijjukizo awatali kigendererwa kyonna, wabula) nga muzannya buzannyi?
129. Era ne muzimba amayumba amakuukuutivu amawunde, ng'abasubira nti muli ba kuwangaala mirembe na mirembe?

وَأَجْمَعُهُ وَمَنْ سَعَهُ فِي الْفُلِّ الْمَشْحُونِ ١١٩

ثُمَّ أَعْرِفْنَا بَعْدَ الْبَقِيَّةِ ١٢٠

إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَةً ط وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ١٢١

وَلَا رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ١٢٢

كَذَّبَتْ عَادٌ الْمُرْسَلِينَ ١٢٣

إِذْ قَالَ لَهُمْ أَخُوهُمْ هُودٌ أَلَا تَتَّقُونَ ١٢٤

إِنِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ١٢٥

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ١٢٦

وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ١٢٧

أَتَّبِعُونَ بَعْضٌ رِيعَ آيَةٍ لَعِبْتُمْ ١٢٨

وَتَتَّخِذُونَ مَصَانِعَ لَعَلَّكُمْ تَخْلَدُونَ ١٢٩

128. Amayumba ge muzimba amayooyoote era amawunde gatyo, temulina nsonga ndala yonna gye mugazimbira wabula lwa kweraga na kuzannya, so ne mutatya Katonda?

130. Era bwe mubeera nga mukutte mu (nvuba) mukwata (olukwaata) olw'a-bafuzi b'obumbula ba- kkirimaanyi? وَاذْأَبَطْشْتُمْ بِطَشْتُمْ جَبَّارِينَ ﴿١٣٠﴾
131. Kale mutye Katonda era munngondere. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ﴿١٣١﴾
132. Mutye Katonda Oyo eyabagabira (ebintu eburungi) ebyo bye mumanyi, وَاتَّقُوا الَّذِي أَمَدَّكُمْ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٣٢﴾
133. Yabagabira ebisolo eburundibwa n'abaana ab'obulenzi, أَمَدَّكُمْ بِالْعَامِرِ وَزَيْنِ ﴿١٣٣﴾
134. N'amalimiro n'emigga. وَجَنَّتِ وَعَمِيُونَ ﴿١٣٤﴾
135. Ddala mazima nze mbatiisa mmwe ebibonyobonyo ku Lunaku olunene (olw'okuyimirira mu maaso ga Katonda). لِيُؤْتِيَ أَخَافَ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿١٣٥﴾
136. Ne bagamba nti: Kye kimu ku ffe, k'obe ng'obuuliridde obanga tobadde wa mu babuulizi (tetuyinza kufaayo ku by'otugamba); فَالْوَأْسَاءُ عَلَيْنَا أَوْ عَظَمْتَ أَمْ لَمْ تَكُنْ مِنَ الْوَاعِظِينَ ﴿١٣٦﴾
137. Tekiri kino (eky'abantu okujja ne beeyita ababaka) wabula mpisa y'abaasooka ab'edda, إِنْ هَذَا إِلَّا خُلُقُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٣٧﴾
138. Era tetuli ffe ba kubonyabonyezebwa (nga bw'ogamba). وَمَا تَحْنُ بِمُعَذِّبِينَ ﴿١٣٨﴾
139. Kale ne bamulimbisa n'olw'ekyo ne tubazikiriza. Mazima muli mw'ekyo akabonero naye tebaali abasinga obungi mu bo bakkiriza. فَكَذَّبُوهُ فَأَهْلَكْنَاهُمْ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٣٩﴾
140. Era ddala mazima Mukama wo, Ye ye W'ekitiibwa, Omusaasizi. يَعْلَمُ إِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٤٠﴾

130. Abantu b'ekika kya Aadi be bo Nabbi Huudu be yatumwamu okubalunggama. Yalondebwa okuweebwa obwannabbi nga aggyibwa mu bo bennyini. Baali bantu baatikirivu mu kuzimba amayumba amagulumivu amawunde era amayooyote, amakuukutivu. Baali milangaatira, enjasa-biggu z'abasajja ba-kkirimaanyi.

Kyokka baafaafaaganirwa olw'okwemalira eri eby'okufuna kw'ensi, okweraga n'okwekuluntaza gattako n'ebivve ebingi bye baakola.

141. Ekika kya Thamuudu (nakyö) kya-  
limbisa ababaka ba Katonda
142. Mu kiseera muganda waabwe Swa-  
lihi bwe yabagamba: Abaffe, temu-  
tya Katonda?
143. Mazima nze ndi mubaka ku mmwe  
Omwesisgwa.
144. Mutye Katonda era mungoberere.
145. Era sibasaba ku bwo (obubaka bwe  
mbatuusaako) mpeera yonna; teri  
empeera yange wabula eri ku Mukama  
Omulezi w'ebitonde.
146. (Mulwooza nti) mujja kulekebwa  
mirembe mw'ebyo (ebibeeyinuzä) ebiri  
wano? —
147. Mu masamba (g'ebimera) n'emigga,
148. N'emisiri gy'ebisigwa n'emitende egise-  
rekeredde enkota ezikutamyä (olw'o-  
buzito bwazo)
149. Era nga muwummula ne muwuukula  
mu nsozi (ez'amaanyi) amayumba  
mu ngeri ey'obukugu bwa bakakensa?
150. Kale mutye Katonda era munngo-  
ndere;
151. Era temugondera ekigambo ky'abo-  
noonyi (abo abasukka ebikomo by'a-  
mateeka ga Katonda),

كذبت ثمود المرسلين ﴿١٧١﴾

إذ قال لهم أخوهم صالم ألا تتقون ﴿١٧٢﴾

إني لكم رسول أمين ﴿١٧٣﴾

فأتقوا الله وأطيعون ﴿١٧٤﴾  
وما أنزلكم عليه من أجر إن أجرى  
إلا على رب العالمين ﴿١٧٥﴾

أنتزكون في ما ههنا أمينين ﴿١٧٦﴾

في جنتٍ وديون ﴿١٧٧﴾

ورودع ونخل طلعها هضيم ﴿١٧٨﴾

وتحتون من الجبال بيوتاً فريين ﴿١٧٩﴾

فأتقوا الله وأطيعون ﴿١٨٠﴾

ولا تطيعوا أمر المرسلين ﴿١٨١﴾

146. Nabbi wa Katonda Swalihi wano yabajjukiza ebyengera bya Katonda bye yabawa, ebyo bye baalimu wamu n'eddembe lye baali batebenkeddemu.

149. Emitende gibala enkota z'ebirimba, kale enkota ezo bwe zikula zizitowa ne zibwamirira nga ezikoonokayo.

Ddala abantu abo ab'ekika kya Thamuudu baalinga bakakensa mu kuzimba amayumba amagumu, ago ge baawookoolanga mu njazi z'ensozi, era baagawundanga mu ngeri ey'obukugu nga ga kusulwamu na kusanyukiramu. Era baalinga balimi bamaanyi. Baalimanga obulime obuyoooyoote ne basiganga emisiri gya buli bibala.

Kale Nabbi waabwe Swalihi kwe kubajjukiza bw'abagamba beebaze Katonda ku lw'okubawa obusobozzi bw'okwekolera ebyo bye beeyagala nabyo: Yabakubiriza batendereze Katonda bagondere amateeka n'ebiragiro Bye era bamugondere ye Swalihi olw'okuba Omubaka wa Katonda.

151. Temugondera ekigambo by'abakungu bammwe mw'ebyo bye babagamba okusinzä ebitali Katonda.



152. Abo abonoona (obwonoonyi) kyokka mu nsi sso ne batalongoosa (mpisa na bikolwa byabwe).  
 الَّذِينَ يُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ وَلَا يُصْلِحُونَ ﴿١٥٢﴾
153. Ne bagamba nti: Mazima ggwe (Swalihi) oli mu baloge  
 قَالُوا إِنَّمَا أَنْتَ مِنَ الْمُسَحَّرِينَ ﴿١٥٣﴾
154. Toli ggwe wabula omuntu obuntu nga ffe. Kale leeta akabonero (akalaga amazima go) bw'obanga oli wa mu boogera amazima.  
 مَا أَنْتَ إِلَّا بَشَرٌ مِّثْلُنَا فَأْتِ بِآيَاتٍ إِنْ كُنْتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿١٥٤﴾
155. N'abagamba nti: Eno engamiya enduusi; crina okunywa (mu nzizi), nammwe mulina okuzikimako (amazzi) ku lunaku olumanyiddwa.  
 قَالَ هَذِهِ نَاقَةٌ لَهَا شِرْبٌ وَلَكُمْ شِرْبُ يَوْمٍ مَّعْلُومٍ ﴿١٥٥﴾
156. Temugitusangako akabi ne biryoka bibakwata ebibonyobonyo by'olunaku olunene  
 وَلَا تَمْسُوْهَا سَوْءًا فَيَأْخُذَكُمْ عَذَابٌ يُؤْمِرُكُمْ بِهَا ﴿١٥٦﴾
157. Wabula (bo) ne bagifumita (n'efa), kale ne bakeesa enkya nga bejusa.  
 فَعَمَّرُوْهَا قَالُوا أَصَبْحُوْا ائْتِمِرُوا ﴿١٥٧﴾
158. Olw'ekyoo ne bibakwata ebibonyobonyo. Mazima mw'ekyoo mulimu akabonero, kyokka tebaali bakkiriza abasinga obungi mu bo.  
 فَأَخَذَهُمُ الْعَذَابُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُّؤْمِنِينَ ﴿١٥٨﴾
159. Era ddala mazima Mukama wo, Ye ye W'ekitiibwa, Omusaasizi.  
 إِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٥٩﴾

154. Abantu b'omulembe gwa Nabbi Swalihi baamusaba akabonero akakakasa amazima g'obubaka bwe nti abaggyire engamiya mu lwazi. Baamugamba nti singa akisobola ekyyo, olwo balyoke bamukkirize. Nabbi Swalihi yasaba Katonda engamiya n'eva mu lwazi nga bwe baayagala.

155. Engamiya eyo kyali kyamagero ku bantu abo, nga kya kubagezesa kirage oba baali ba kukkiriza obubaka bwa Nabbi waabwe. Engamiya yali ya kunywa n'okwerundiranga ku muddo mu nsi eyo olunaku lwayo olwawufu. Nabo abantu baali ba kukimanga amazzi ku lunaku olwawule. Kale nga yo engamiya lw'enywa tebakima mazzi ate nga bo lwe bakima, yo tenywa.

156. Nabbi waabwe yabeekesa akabi akayinza okubaviira mu kuyisa obubi engamiya eyo, kyokka tebaamuwuliriza.

157. Abantu ba Thamuudu beekobaana okutta engamiya eyo. Omusajja eyali asinga obwonoonyi mu bo, eyali ayitibwa Kudaari, ye yecronda okugitta. Kale yagitema entega za buli kugulu n'efa. Wadde eyagifumita yali Omu, naye bonna baazikirizibwa ekibonerezo kya Katonda bwe kyabakkira, olw'okubanga bonna tebaabuulirangananga kukola birungi.

160. Ekibiina kya (Nabbi) Luutu kyali-bisa ababaka (ba Katonda),  
 كَذَّبَتْ ثَمُودُ بِطُغْيَانِهِ وَاتَّبَعَتْهُ إِتِيفَاتٌ مِنْ نِسْوَةٍ لِيَكْفُرَ بِمَا كَفَرَتْ ۚ (١٦٠)
161. Mu kiseera muganda waabwe Luutu bwe yabagamba: Abaffe, temutya Katonda?  
 إِذْ قَالَ لَهُمْ أَخُوهُمْ نُوحٌ أَلَا تَتَّقُونَ ۚ (١٦١)
162. Mazima nze ku mmwe ndi mubaka omwesigwa,  
 إِنِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ۖ (١٦٢)
163. Kale mutye Katonda era munngondere.  
 فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ۚ (١٦٣)
164. Sibasaba mpeera yonna ku bwo (obubaka bwe mbatusaako); teri empeera yange wabula eri ku (Katonda) Mukama w'ebitonde.  
 وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجِرِيَ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ۖ (١٦٤)
165. Abaffe! Mu bitonde byonna (mu nsi) ne mwagalamu basajja,  
 أَتَأْتُونَ الذِّكْرَانَ مِنَ الْعَالَمِينَ ۚ (١٦٥)
166. Ne muleka ekyo Mukama wammwe kye yabakolera mu bakyala bammwe? Nedda, wabula mmwe muli ekibiina ekiyisa ebikomo (ebyo Katonda bye yakkiriza).  
 وَتَذَرُونَ مَا خَلَقَ لَكُمْ مِنْكُمْ مِنْ ذُرِّيَّتِكُمْ أَنْ تَقُولُوا قَوْلَهُمْ عُدْوَانَ ۚ (١٦٦)
167. Ne bamugamba nti: Bw'onooba tole-seeyo (ebyo by'ogamba), Owange Luutu! Mazima ojja kubeera mu bagobeddwa (okuva mu nsi eno).  
 قَالُوا لَيْسَ لَكَ تَنْتَاهُ يَا نُوحُ لِتَكُونَ مِنَ الْمُهْجَرِينَ ۚ (١٦٧)
168. N'abagamba nti: Mazima nze ndi mw'abo abasunguwalira (era abeeninyala) ekikolwa kyammwe (ekyo ekikyafu, eky'okwagala abasajja mu kifo ky'abakazi).  
 قَالَ إِنِّي لِعَمَلِكُمْ مِنَ الْقَالِينَ ۖ (١٦٨)
169. (Awo n'asaba nti): Mukama wange! Mponya n'abantu ab'omu maka gange mw'ebyo bye bakola.  
 رَبِّ زِدْنِي وَهْلًا وَمِمَّا يُعْمَلُونَ ۖ (١٦٩)
170. Kale ne tumuwonya n'abantu b'omu maka ge bonna.  
 فَتَجِدْهُ وَأَهْلَهُ أَجْمَعِينَ ۖ (١٧٠)

167. Baategeza nti baja kumuwanngangusa bamuggye mu nsi yaabwe.

171. Wabula omukazi nnamukadde (mukyala we) eyali mu baasigala. إِلَّا الْجَوْرَ فِي الْغَيْرِينَ ﴿١٧١﴾
172. Oluvannyuma ne tuzikiriza abalala bonna. تَعْرَدَ مَرْنَا الْأَخْرَيْنَ ﴿١٧٢﴾
173. Ne tubatonnyesaako nnamuttikkwa w'enkuba (ey'amayinja). Ddala yali mbi nnyo enkuba (ku abo) abaatisibwa (kyokka ne becwulinkiriza). وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا نَسَاءَ مَطَرِ الْمُنْذَرِينَ ﴿١٧٣﴾
174. Mazima mulimu mw'ekyo akabonero, naye tebaali bakkiriza abasinga obungi. إِن فِي ذَلِكَ لَآيَةً وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٧٤﴾
175. Era na mazima Katonda wo, Ye ye W'ekitiibwa Omusaasizi. إِنَّا وَإِنَّ رَبَّكَ لَهوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٧٥﴾
176. (Abantu b'e Madiyana) Bannannyini Nsi y'Ebibira ebikwafu (Al-Aikati) nabo baalimbisa ababaka (ba Katonda), كَذَّبَ أَصْحَابُ كَيْبَكَةَ الْمُرْسَلِينَ ﴿١٧٦﴾
177. Mu kiseera (Nabbi) Swaibu bwe yabagamba nti: Abaffe temutya Katonda? إِذْ قَالَ لَهُمْ شُعَيْبٌ أَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٧٧﴾
178. Mazima nze ndi mubaka omwesigwa, إِنِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٧٨﴾
179. Kale mutye Katonda era munngondere. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا أَمْرًا ﴿١٧٩﴾
180. Era sibasaba mpeera yonna ku bwo (obubaka olw'okububatuusaako); kubanga teri empeera yange wabula eri ku (Katonda) Mukama w'ebitonde byonna. وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٨٠﴾

171. Mukyala Luutu yasigala emabega mu abo abaajemera Luutu. Kale Luutu bwe yava ntu kitundu ekyo n'abantu be, ye mukyala we n'azikirira wamu n'abo abaazikirira olw'ebikolwa byabwe eby'ekivve.

176. Abantu bano boogerwako mu bujjuvu mu Ssuula Al-Hijiri (15), aya 78.

Abantu bano ensi yaabwe yali ya bibira ebikwafu ddala, kale kyebaava bayitibwa abantu ba Al-Aikati — ekitegezeza abantu b'ekibira ekikwafu — Erinnya lyabwe eddala bayitibwa abantu ba Madiyana; Madiyana kyali kibuga kyabwe ekikulu kwe baggya okuyitibwa batyo ate nga n ensi yaabwe bwe yali cyitibwa. Abantu abo Nabbi waabwe ye yali Swaibu.

181. Mutuukirizenga ebigero n'ebipimo sso temubeeranga mu battirizi (abo abatenkanya bigero)
182. Mupimisenga ebipimo ebituufu.
183. Temukendeczanga abantu ebintu byabwe, era temwonoonanga mu nsi ne muba abonoonyi (abajecemu).
184. Era mutye Oyo eyabatonda n'emirembe gy'abaasooka.
185. Ne bamugamba nti: Mazima ggwe oli mu baloge (abonoonefu b'emitwe)!
186. Era toli ggwe wabula omuntu obuntu nga ffe, era mazima ffe tukulowooza nti oli wa mu balimba!
187. Oba oli mubaka wa Katonda nga bw'og amba kale tusuulire ekitundu (kitugweko ekimogose) okuva ku ggulu bw'obanga oli mu boogera amazima!
188. N'agamba nti: Mukama wange y'a manyi ebyo (byonna) bye mukola.
189. Kale ne bamulimbisa, ne biryoka bibakwata ebibonyobonyo by Olunaku ekire lwe kyabasiikiriza. Mazima lwo lwali Lunaku Lunene (olw'entiisa).

أَوْثُوا الْكَيْلَ وَلَا تَكُونُوا مِنَ الْمُخْسِرِينَ ﴿١٨١﴾

وَرَبُّوْا بِالْقِسْطِ الْمُسْتَقِيمِ ﴿١٨٢﴾

وَلَا تَبْغِضُوا النَّاسَ أَشْيَاءَهُمْ وَلَا تَعْتُوا

فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿١٨٣﴾

وَاللَّهُ الَّذِي خَلَقَكُمْ وَالْحَمَلَةَ الْأُولَىٰ ﴿١٨٤﴾

قَالُوا إِنَّمَا أَنْتَ مِنَ الْمُسْحَرِينَ ﴿١٨٥﴾

وَمَا أَنْتَ إِلَّا بَشَرٌ مِّثْلُنَا وَإِنْ نَطَّلُكَ

لَيَنْ الْكٰفِرِينَ ﴿١٨٦﴾

فَأَسْقِطْ عَلَيْنَا كِسْفًا مِّنَ السَّمَاءِ إِنْ

كُنْتَ مِنَ الصّٰدِقِينَ ﴿١٨٧﴾

قَالَ رَبِّيٰ عَلَّمَهَا عَمَلًا وَن ﴿١٨٨﴾

فَكَذَّبُوْهُ لَا يَأْخُذُهُمْ عَدَا بِيَوْمِ الظَّلٰةِ

إِنَّهٗ كَانَ عَدَا بِيَوْمٍ عَظِيْمٍ ﴿١٨٩﴾

181. Abantu b'e Madiyana; omulimu gwabwe omukulu gwali gwa busuubuzi, kyokka nga baali bakafuru mu kukumpanya mu buli ngeri yonna cyasobokanga. Tebenkanyanga bipimo na bigero, nga basuubulagana. Kyokka abaabonyabonyezebwanga ennyo be baavu — kubaoga bo abagagga be baabanga bannyini byamaguzi. Era tebaabanga benkanya mu bulamu bwabwe obwa bulijjo era nga bonoonyi ab'enjawulo, kubanga ng'oggyeeko okusinza ebintu ebirala ebbali wa Katonda Omutonzi baatemulanga abantu. Ate olw'okubanga bo baali ku kkubo eddene eriyitibwako abasuubuzi okuva mu nsi ya Misiri okulaga mu y'e Palastimi, Syria kale baateeganga abantu ku makubo ne babanyagako cbyamaguzi byabwe — olwo ne bafuula ensi ennyoononefu sso nga mu ngereka ya Katonda yali nteefu. Baaziyizanga n'abantu mu kkubo lya Katonda. kubanga mu bo abamu baakozesanga eddiini okufuna eby'obukumpanya byabwe bye beetaaga era abamu ne beerimba nti bawaaayo mu kkubo lya Katonda ng'ate emmaali gye bawaaayo evudde mu makubo ag'ekivve, agatali matuufu. Oba mu ngeri endala nga bayinza okuzimba omuzikiti mbu ssinzizo lya Katonda mu mmaali cy'ekika ekyo.

189. Abantu ba Nabbi Swaibu baamala ebbanga ng'omusana ppereketya gubookya, — okutuusa olunaku ekire eky'ebibonyobonyo lwe kyabasiikiriza bo ne balowooza nti oba kyali kya kubasiikiriza ku lubabu lw'okwokebwa Omusana; nedda beelimba! Ekire ekyo mwe mwajjira ebibonyobonyo byabwe. Kyatandika okutonnyesa omuliro bonna ne baggya ne basirikka.

190. Mazima mulimu mw'ekyo akabonero; kyokka abasinga obungi tebaali bakkiriza.
191. Era mazima Mukama wo, Ye ye W'ekitiibwa, Omusaasizi.
192. Era mazima Yo (Kuraane) kussa kwa Mukama w'ebitonde byonna:
193. Yakka nayo Mwoyo Mutukuvu (Malaika Jibriilu) Omwesigwa —
194. (Nga agissa) ku mutima gwo, olyoke obeere ow'omu batiisa
195. (Nga eri) mu lulimi Iwa Kiwarabu olweyolefu.
196. Era mazima Yo (Kuraane) eri mu Bitabo eby'edda ebyasooka.
197. Abaffe takaali kabonero gye bali okubeera nga bagimanyi abayivu mu Baana ba Israeli?
198. Era singa twali tugissizza ku bamu ab'amawanga amalala abatala ba ggwanga Iya Bawarabu,

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّمَن كَانَ أَكْثَرُهُمْ  
مُؤْمِنِينَ ﴿١٩٠﴾  
فَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٩١﴾  
وَإِنَّهُ لَتَنْزِيلُ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٩٢﴾  
نَزَلَ بِهِ الرُّوحُ الْأَمِينُ ﴿١٩٣﴾  
عَلَى قَلْبِكَ لِتَكُونَ مِنَ الْمُنذِرِينَ ﴿١٩٤﴾  
بِلِسَانٍ عَرَبِيٍّ مُّبِينٍ ﴿١٩٥﴾  
وَإِنَّهُ لَفِي زُبُرِ الْأَوْلِيَاءِ ﴿١٩٦﴾  
أَوَّلَهُمْ بَيِّنٌ لَهُمْ آيَةٌ أَنْ يَعْلَمَهُ عُلَمَاءُ  
بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿١٩٧﴾  
وَلَوْ نَزَّلْنَاهُ عَلَى بَعْضِ الْأَعْجَمِينَ ﴿١٩٨﴾  
فَفَرَّخَاكَ عَلَيْهِمْ مَا كَانُوا بِهِ مُؤْمِنِينَ ﴿١٩٩﴾

Kirabika nga ekire ky'omuliro ekyo kyava mu kukankana kwa Musisi ddekabusa, eyo eyaleetera ensozi ez'omuliro okwetondekawo ne zifuuwa mu bbanga ettaka eryokya ennyo, evvu, amayinja n'omukka: okwo nga kw'otadde n'okubwatuka okw'ensusso. Kale ebyo byonna bye byekwata mu bwengula ne bikola ekire ekikwafu ate ekyatonnyera abantu be Al-Aikati (Madiyana) ne bazikirira bonna abonoonyi.

196. Kuraane yalangibwa okuina kwayo ng'eyogerwako mu bitabo bya Bannabbi abaaasookawo oluberyebere Iwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

197. Olw'okubanga bakabona. abayivu abakenkufu mu Bayudaaya baali bakimanyi era ne bakakasa nga Kuraane bwe yayogerwako mu kitabo kyabwe, Tawraati, — ekyo kyali kimala bumazi okuba obujulizi obulaga amazima gaayo. Baali baakimanya dda nga Nabbi bwe yali ow'okutumibwa ng'ava mu Bawarabu. Era ne mu Bakristaayo abayivu bakakensa mu bo mu by'eddiini nabo baali bakimanyi nga Kuraane tennakka. Kale bwe yakka, ne mubaamu mu bo — Abayudaaya n'Abakristaayo, abaaasiramuka ne bagoberera Nabbi nga Abdallah Bin Salaam eyasiramuka nga Nabbi (s.a.w.) kyajje atuuke e Madina n'abalala bangi.

199. Abawarabu b'omu Makka, abakafiiri tebandikirizza Kuraane ebeera kukkira ku mulala venna atali Muwarabu.

200. Bwe kityo bwe twagiyingiza (Kuraane) mu mitima gy'abonoonyi.

كَذَلِكَ سَلَكْنَاهُ فِي قُلُوبِ الْمُجْرِمِينَ ﴿٢٠٠﴾

201. Tebajja kugikkiriza okutuusa lwe baliraba ebibonyobonyo ebiruma;

لَا يُؤْمِنُونَ بِهِ حَتَّىٰ يَرَوُا الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ﴿٢٠١﴾

202. Sso nga bya kubajjira (ebibonyobonyo ebyo), nabo nga tebategedde;

فِي آيَاتِهِمْ بَعْتَهُ وَهُمْ لَا يُشْعُرُونَ ﴿٢٠٢﴾

203. Olwo bagambe nti: Abaffe ffe tuli ab'okulindirizibwako (ekiseera tulyoke twenenyeye)?

فَيَقُولُوا هَلْ نَحْنُ مُنظَرُونَ ﴿٢٠٣﴾

204. Ebibonyobonyo Byaffe bye basaba Okubanguyira?

أَفِعَذَابِنَا يَسْتَعْجِلُونَ ﴿٢٠٤﴾

205. Olaba otya? Bwe taba tubeeyagazizza okumala emyaka,

أَفَرَأَيْتَ إِنْ مَتَّعْنَاهُمْ سِنِينَ ﴿٢٠٥﴾

206. Nate oluvannyuma ne kibajjira ekyo kye baali balagaanyisibwa!

ثُمَّ جَاءَهُمْ مَا كَانُوا يُوعَدُونَ ﴿٢٠٦﴾

207. Tebiribagasa n'akatono ebyo ebyabecyagazanga (mu bulamu buno obw'ensi)!

مَا آغْنَىٰ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَسْعَوْنَ ﴿٢٠٧﴾

208. Era tetwazikiriza kyalo kyonna wabula nga kimaze okutumirwa abatiisa (abo nga be bannabbi baakyo) ---

مَنْ وَمَا أَهْلَكْنَا مِنْ قَرِينَةٍ إِلَّا لَهُمْ مُنْذِرُونَ ﴿٢٠٨﴾

209. (Ekyo) nga kya kubuulirira (eri abalijja); era Ffe tetwali balyazaamaanyi (mbu tubazikirize nga tetumaze kubalabula).

ذِكْرِي وَمَا نُنَاطِلِيهِمْ ﴿٢٠٩﴾

210. Era sitaane tezacka nayo (Kuraane):

وَمَا تَزَلَتْ بِهِ الشَّيَاطِينُ ﴿٢١٠﴾

211. Era tekizisaanira (okukka nayo Kuraane) era tezisobola (kugissa).

وَمَا يَنْبَغِي لَهُمْ وَمَا يَسْتَطِيعُونَ ﴿٢١١﴾

200. Kuraane yasomerwa abantu bonna mu Buwarabu bwe yakkira mu Lulimu lwabwe. Mu kiseera ky'okugibasomera, tewali n'omu mu bo yandiyinzizza kulemca bubaka busomebwa okuyingira mu mitima gwe. Wabula bo abonoonyi ku lw'obugubaasivu bw'emitima gyabwe, baagirimbisa, ne bagaana okukkiriza oluvannyuma lw'okumala okutegeera amazima gaayo n'obutuufu bwayo ne bakakakasiza ddala. N'oluvannyuma lw'okumala okukakasiza ddala nti ssi bigambo bya muntu, naye olw'obwonoonefu bwabwe bagaana okukkiriza.

210. Abakafiiri b'omu Makka baagamba nti nno Kuraane yassibwa Sitaane ng'olwo bagivumagana, olw'okubanga yabawuniikiriza olw'obunnyonyofu bwayo n'ebigirimu eby'amazima.

212. Mazima bo (basitaane) baaziyizibwa okuwuliriza (obubaka Bamalayika bwe balcetera Bannabbi).

إِنَّهُمْ عَنِ السَّمْعِ لَمَعُونَ وَوَلُونَ ﴿٢١٢﴾

213. Kale tosinzanga awamu ne Katonda Omutonzi katonda omulala yenna n'obeera ow'omu balibonyabonyezebwa.

فَلَا تَدْعُ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ فَتَكُونُ مِنَ الْمَعْدِيَّينَ ﴿٢١٣﴾

214. Era tiisa ab'oluganda lwo olw'okumpi (naawe),

وَأَنْزِلْ عَشِيرَتَكَ الْأَقْرَبِينَ ﴿٢١٤﴾

215. Okkakkanye ekiwawaatiro kyo (mu kusaasira), kw'oyo aba akugoberedde mu bakkiriza.

وَاحْفَظْ جَنَاحَكَ لِمَنِ اتَّبَعَكَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢١٥﴾  
فَإِنْ كَفَرُوا فَكُنْ عَلَيْهِمْ رَاقِبًا إِنَّهُمْ عَمَلُهُمْ

216. Wabula bwe baba (ab'oluganda lwo) nga bakujeemedde, ogambenga nti: Mazima Nze njawukanye n'ebyo bye mukola.

وَلَوْ كَلَّ عَلَى الْعَرْشِ الرَّحْمِئِيُّ ﴿٢١٦﴾

217. Era weesigenga (Katonda) Ow'ekitiibwa, Omusaasizi,

الَّذِي يَبْرِكُ حِينَ تَقُومُ ﴿٢١٧﴾

218. Oyo akulaba mu kiseera ng'oyimiridde (osaala)

وَقَلِّبَكَ فِي السُّجُودِينَ ﴿٢١٨﴾

219. (Era alaba) n'okwckuyusakyusa kwo (nga oli) ow'omu bavunnama (abasaala).

إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٢١٩﴾

220. Mazima Ye, y'Awulira, era Ye Mumanyi.

هَلْ أُنْتَبِهُكُمْ عَلَىٰ مَنْ نَزَّلَ الشَّيْطَانُ ﴿٢٢٠﴾

221. Abaffe, mbategeeze (mmwe abantu), oyo basitaane gwe bakkako?

214. Nabbi nga tannalagirwa asaasaanye obubaka eri abantu bonna, yasooka kulagirwa asooke kubuulira abantu b'enganda ze abaamuli okumpi. Nabbi kwe kubakunngaanya bonna abatuuze b'omu kitundu Makka, abantu b'ekika kye Abakuraish; n'alinywa ku kasozi akayitibwa Al-Swafaa n'akoowoola abantu nti: "Abange mmwe abantu b'ekika kya Kuraish!" Bwe baawulira okukoowoola okwo ne beeyuna okulaga gy'ali. N'abagamba nti: "Mumanye mazima nti nze ndi mutiisa (atumiddwa Katonda) mbatiise ebibonnyobonyo ebityitirivu, Katonda andagidde mbatiise mmwe baganda bange ab'oku lusegere, nti temuyinza kwesunga kufuna kalungi konna na butebe nkevu mu nsi oba mu ggulu okuggyako nga mujulira nti tewali Katonda mulala okuggyako Katonda Ali Omu Omutonzi." Awo kojiaawe Abu Lahabi we yayimukira nga ajjudde obusungu n'agamba nti, "Okuzikirira kube ku ggwe (Muhammadi) olwa leera! Ekyo ky'otukunngaanyirizza?"

Awo Essuula Abu Lahabi (III) we yakkira.

221. Waliwo abakafiiri abaagamba nti Nabbi yali mugu wa ddalu, oba nti Kuraane yassibwa ku ye na basitaane. Kale, ekirowoozo ekyo okukirowoozaako obulowooza kimala bumazi okuba ckikolwa kya Sitaane, era omuntu oyo akirowooza oba okukyogera aba kafuru mu bwonoonyi.

222. Bakka ku buli mulimba, omwonoonyi,

نَزَّلَ عَلَىٰ كُلِّ أَقْلٍ حِجْمًا ۝

223. (Abo be) bayigiriza ebyo bye bawuliriza (ebitaliimu nsa), era abasinga obungi mu bo balimba.

يُتَقَوْنَ السَّمْعَ وَأَكْبُرَهُمْ كِلَابًا ۝

224. N'abayimbi (b'ebitontome ebitaliimu nsa) — bagoberera (abantu abo) ababuze.

وَالشُّعْرَاءُ يَتَّبِعُهُمُ الْغَاوُونَ ۝

225. Tolaba nga mazima bo babulubutira (busa) mu buli lusenyi?

أَلَمْ تَرَ أَنهٗم فِي كُلِّ وَادٍ يَّهيمُونَ ۝

226. Era mazima bo boogera ebyo bye batakola,

وَأَنهٗم يَقُولُونَ مَا لَا يَفْعَلُونَ ۝

227. Wabula (abayimbi) abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, era ne boogera nnyo ku Katonda (mu kumutendereza), era ne beetaasa oluvannyuma lw'okulumbaganwa nga balangwa obwemage (abo tebabalibwa kuba babi). (Kale kyaddaaki) bagenda kumanya abo abalyazaamaanyi buddo ki gye balidda.

إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَ  
ذَكَرُوا اللَّهَ كَثِيرًا وَانْتَصَرُوا مِنْ بَعْدِ  
مَا ظَلَمُوا وَسَيَعْلَمُ الَّذِينَ ظَلَمُوا  
أَيَّ مَقَلَبٍ يَنْقَلِبُونَ ۝

222. Basitaane ssi be baaletera Nabbi Obubaka nga bwe baagamba abakafiiri, wabula Malayika Jibriilu ye yabumuleetera. Kale wano kwe kutegeezebwa nga Sitaane bw'eri kw'abo bokka abonoonyi, abalimba, abalaguzi.

225. Amakulu nti tolaba abo abayimbi? Bakwata mu kutenda oba mu kuvuma ekkubo lyonna lye baba balabye. Batenda ckintu oluvannyuma lw'okukivuma, ne basukkulumya omuntu oluvannyuma lw'okumunyooma. Bwe kityo abayimbi tebalina kye banywererako kubanga boogera nnyo ebyo bye batakola.

227. Abayimbi abo abatya Katonda bo si babi. Mulimu abo abalina ebitone ebyogeddwako abaayiyi nga batendereza ebiteendo bya Katonda; era nga mu kulwana kwabwe mu kkubo Lye; tebayiyi kibi ku muntu wabula oyo aba abalumbaganyc n'ekibi oba oyo aba abavumyc. Kale nga Hassaani bwe yayimba nga avuma abakafiiri abo abaali bavuma Nabbi; ne Nabbi n'amukkiriza abavume. Abayimbi ab'engeri eyo si babi.




## EBIFA KU SSSUULA AN-NAMULI MU BUFUNZE (27)

Essuula eno y'emu kw'ezo ezakkira e Makka, ezo ezisinga okussa essira ku bikwata ku bikolo by'Enzikiriza: Okwawula Katonda obutamugattako kintu kirala mu Bwakatonda Bwe, ebikwata ku Bubaka bwa Bannabbi n'Okuzuukira. Essuula eno yatuumibwa An-Namuli ekitegeeza 'ensanafu' kubanga mulimu okunyumya ekyafaayo ky'ensanafu eyalabula nsanafu zinnaayo okuyingira mu binnya byazo Nabbi Sulayimaani n'eggye lye baleme okuzirinyira. Era n'engeri Sulayimaani bwe yategeera ebigambo by'ensanafu n'okusekaasekamu ku lw'okwebaza ekyengera kya Katonda kye yamugabira n'amuyigiriza okutegeera ebigambo by'ebiramu ebitali bantu. N'essuula zino essatu Ash-Shuaraa, An-Namuli ne Kasasi zonna zakkira kumu kumu nga ziddirinnanye era zikwata ekkubo limu mu kunnyonyola kwazo n'okubulirira ebyafaayo by'emirembe egyasooka.

Essuula ennyonyola nga Kuraane Ey'ekitiibwa bw'eri ekyamagero ekiraga amazima ga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) era nga bwe buli obujulizi obw'enkukunala obulaga amazima g'Obubaka bwa Nabbi Muhammadi obw'okubaawo okutuusa ensi lw'erivaawo. Eyogera ku byafaayo bya Bannabbi abaaasooka, okugeza nga Nabbi Musa, Nabbi Swalihi ne Babbi Luutu n'ebyo ebyatuuka mu bantu be baatumwamu bwe baagaananga okukkiriza Obubaka bwabwe. N'oluvannyuma Katonda n'abasaako ebibonerezo ebikakali ku lw'okugaana okukkiriza okukoowoola kwa Katonda n'okulimbisa kwabwe Ababaka Be.

Era ennyonyola mu bujuvu ekyafaayo kya Nabbi Dauda n'ekya mutabani we Nabbi Sulayimaani n'ebiyengera Katonda bye yabagabira; era n'ennyonnola enkizo gye yabawa bombiriri bwe yabagattira Obwannabbi n'obwakabaka obugazi. N'ennyonyola n'ekyafaayo kya Nabbi Sulayimaani awamu ne Nnabakyala Bilkiisi, kabaka w'ekitundu ekyayitibwanga Sabaa. Mu kyafaayo ekyo kiraga nga Nabbi Sulayimaani bwe yeeyambisa obwakabaka Katonda bwe yamuwa okubeera nga bumuyamba okusaasanya eddiini ya Katonda n'okugituusa ku b'ebitiibwa abalala, gamba nga bwe kirabika mu ngeri gye yasobola okumatiza kabaka Nnabakyala Bilkiisi naye n'anywegera Obusiraamu. Kyo kisaana kibe eky'okuyiga eri bakabaka n'abafuzi oteekeko n'abagagga okweyambisa ebyo Katonda bye yabawa mu kusaasaanya eddiini ya Katonda.

Essuula eyogera ne ku by'entiisa ebiribeerawo mu Lunaku lw'Okuzuukira; era n'etegeeza nga abantu bwe balibeeramu emiteeko ebiri: abalongoofu abaliba mu kwesiima n'abononyi abaliba mu kubonaabona era abalivuunikwa mu muliro.



## ESSUULA AN-NAMULI (27)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 7 ne Aya 93

Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi

1. TAA SIIN. Bino Bigambo bya Kuraane — Ekitabo ekinnyonyofu (mu buli kyonna ekifa ku Ddiini);
2. Kya kulungamya na kubuulira amawulire ag'essanyu eri abakkiriza,
3. Abo abayimirizaawo esswala ne bawaayo zzakaati era nga nabo bakakasa (okubaawo) kw'Olunaku Olw'enkomerero.
4. Mazima abo abatakkiriza (kubaayo kwa) Nkomerero, twabanyiriza emirimu gya-bwe (emibi) ne gibalabikira ng'emirungi n'olw'ekyo nabo (kati) bali mu bwonoonofu babulubuuta.
5. Abo be bo abalina ebibonyobonyo ebibi nabo ku Lunaku Lw'enkomerero bo be b'okufaafaaganirwa.
6. Na mazima ggwe (Muhammadi), oija kuweebwa Kuraane okuva awali (Katonda Oyo) Omukakasa, Omumanyi.
7. Era jjukira mu kiseera Musa bwe yagamba abantu be (ab'omu maka):

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

طَسَّ بِتِلْكَ آيَاتِ الْقُرْآنِ وَكِتَابٍ مُبِينٍ ﴿١﴾

هُدًى وَبُشْرَى الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢﴾

الَّذِينَ يَقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ  
وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ يُوقِنُونَ ﴿٣﴾

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ زَيَّنَّا  
لَهُمْ أَعْمَالَهُمْ فهُمْ يَرِجُوهَا ﴿٤﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَهُمْ سُوءُ الْعَذَابِ وَهُمْ  
فِي الْآخِرَةِ هُمْ الْخَسِرُونَ ﴿٥﴾

وَأَنَّكَ لَتَلَقَى الْقُرْآنَ مِنْ لَدُنْ حَكِيمٍ  
عَلِيمٍ ﴿٦﴾

إِذْ قَالَ مُوسَى لِأَهْلِهِ إِنِّي آنَسْتُ نَارًا

الْقَائِمَةَ

1. TAA SIIN — Ezo ennyukuta, Katonda y'amanyi ky'agenderera nazo.  
4. Ebikolwa byabwe birungi ku bo bennyini sso nga awali Katonda bibi.  
7. Nabbi Musa bwe yagenda awali omuliro, yadda n'ckigambo ekinene cky'Obubaka era n'akomawo n'ekitangaala.

Mazima nze nengedde omuliro (ka nngendeyo); nja kubaleetera okuva we guli ekigambo (ckinaatulagirira ekkubo erituuka e Misiri), oba mbaleetera ekitawuliro ky'omuliro oba olyawo ne mwota (mubugume).

سَأَلْتِكُمْ مِمَّا يَخْتَفِرُ فِيهِ الْكُفْرُ بِشِهَابٍ  
قَبَسٍ لِعَالَمِكُمْ تَصْطَلُونَ ⑥

- 8. Naye bwe yagutuukako, n'akoowoolwa (eddoboozi nga ligamba): Aweebwe omukisa oyo ali mu muliro guno (mu kitangaala) n'abo (bonna) abali emabbali waagwo! Era ayawulwa Katonda, Mukama W'ebitonde!

فَلَمَّا جَاءَهَا لُؤْدِيٌّ أَنْ يُورِكَ مَنْ فِي  
الْقَارِ وَمَنْ حَوْلَهَا وَبُجِحَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ⑧

- 9. Owange Musa! Mazima ddala Nze Katonda, Ow'ekitiibwa, Omukakasa:

يُؤَسِّسُ إِنَّهُ أَنَا اللَّهُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ⑨

- 10. Suula omuggo gwo! Naye bwe yagulaba nga gudduka gwanguwa nga gulinga omusota (omutono), n'akyuka n'adduka (omulambaalo) nga akubyeyo amabega; (wabula Katonda n'amukoowoola): Owange Musa! Totya! Mazima Nze ababaka tebatya mu maaso Gange,

وَالْبَقِ عَصَاكَ فَلَمَّا رَأَاهَا تَهْتَزُّ كَأَنَّهَا  
جَانٌّ وَلِي مُدِيرٌ وَأَلَمْ يُعَقِّبْ يَمُوسَى  
لَا تَخَفْ إِنِّي لَا يَخَافُ لَدَى الْمُرْسَلِينَ ⑩

- 11. Wabula oyo aba alyazaamaanyizza bw'amala n'akyusaamu obulungi oluvannyuma (lw'okukola) obubi, mazima Nze ku ye Ndi Musonyiyi, Omusaasizi.

إِلَّا مَنْ ظَلَمَ ثُمَّ بَدَّلْ حِسَابًا بَدِئَ سُوءٍ  
فَأَنِّي عَفُورٌ رَّحِيمٌ ⑪

- 12. Era yingiza omukono gwo mu kimeeme kyo, ojja kuguggyayo nga mweru ttuku awatali bulwadde. (Ako ka kuba) nga kamu mu bubonero omwenda (obunaakuweebwa) okugenda eri Fir'auna n'ekibiina kye. Mazima bo baali kibiina kya bonoonyi.

وَأَدْخَلَ يَدَكَ فِي جَيْبِكَ تَخْرُجُ بَيْضَاءَ  
مِنْ غَيْرِ سُوءٍ فِي تَسْعِ آيَاتِ إِلَى فِرْعَوْنَ  
وَقَوْمِهِ اللَّهُمَّ كَانُوا قَوْمًا فَاسِقِينَ ⑫

8. Ekitegeeza nti: Aweebwe emukisa Musa oyo ali mu Kitangaala ne bamalayika bonna abali emabbali gaakyo. Ogwo tegwali muliro buliro ogwa bulijjo, wabula kyali kitangaala ekiraga ebyengera bya Katonda.

11. Oyo aba akoze ekibi oluvannyuma ne yeenenya n'akola ebirungi, oyo Katonda amusonyiwa n'amusaasira.  
Musa yali azzizza Omusango mu Misiri olw'okuba yaddukayo luvannyuma lwa kutta muntu.

13. Bwe bwabatuukako obubonero Bwaffe obutangaavu (obwandibalaze amazima, bo) ne bagamba nti: Lino ddogo eryeyolefu!

فَلَمَّا جَاءَهُمْ آيَاتُنَا مَبْصُورَةً قَالُوا هَذَا  
بَشَعْرٌ مِثْلُ سَحَابٍ ١٣

14. Ne babuwakanya, sso nga emyoyo gyabwe gibukakasizza (nti bwa mazima), nga babuwakanya mu bulyazaamaanyi n'olw'okwekuluntaza kale tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abonoonyi!

وَسُحُودًا وَإِبْهَامًا وَسَيِّفَةً مَّا أَنفُسُهُمْ ظَلَمُوا  
وَعَالُوا فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِينَ ١٤

15. Era mazima twawa Dauda ne Sulaimani okumanya ne bagamba bombiriri (nga beebaza), nti: Buli kitendo (kyonna) kya Katonda, Oyo cyatusinza ku basinga obungi mu baddu Be abakkiriza!

وَلَقَدْ آتَيْنَا دَاوُدَ وَسُلَيْمَانَ عِلْمًا وَقَالَ  
الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي فَضَّلَنَا عَلَى كَثِيرٍ مِّنْ  
عِبَادِهِ الْمُؤْمِنِينَ ١٥

16. Sulaimani n'asikira Dauda. N'agamba nti: Abange mmwe abantu! Tuyigiri-zibbwa amakulu g'enjatula y'ennyonyi ne tuweebwa mu buli kintu, mazima ekweo kyo bwe bulungi obweyolefu.

وَوَرِثَ سُلَيْمَانُ دَاوُدَ وَقَالَ يَا أَيُّهَا  
النَّاسُ عُلِّمْنَا مَنَاطِقَ الطَّيْرِ وَأُوتِينَا مِنْ  
كُلِّ شَيْءٍ طَرًّا هَذَا هُوَ الْفَضْلُ الْمُبِينُ ١٦

17. Ne likunngaanyizibwa eggye Iya Sulaimani okuva mu magegece (amajinni) ne mu bantu, n'ennyonyi, nabo nga bagerekwa mu madaala gaabwe ne mu nnyiriri zaabwe.

وَحُشِرَ لِسُلَيْمَانَ جُنُودُهُ مِنَ الْجِبِّ وَالْإِنْسِ  
وَالطَّيْرِ فَهُمْ يُوزَعُونَ ١٧

18. Okutuusa, bwe baatuuka ku lusenyi lw'ensanafu, ensanafu n'egamba nti: Abange bawansanafu! Muyingire mu nnyumba zammwe Sulaimani tababetenta n'eggye Iye, nga nabo tebategedde.

حَتَّىٰ إِذَا اتُّوا عَلَىٰ وَادِ التَّمْرِ قَالَتْ  
نَمْلَةٌ يَا أَيُّهَا النَّمْلُ ادْخُلُوا مَسَاكِنَكُمْ  
لَا يَحْطَبُكُمْ سُلَيْمَانُ وَجُنُودُهُ وَهُمْ  
لَا يَشْعُرُونَ ١٨

16. Katonda yagabira Nabbi Sulaiman ebirungi bingi abyali eby'okumuyamba mu bufuzi bwe Era yamuwa wamu n'abo be yali nabo, obusobozi bw'okutegeera ennimi z'ennyonyi n'ebisolo.

18. Mu kiseera ekyo Sulaimani yawulira ebigambo by'ensanafu.

19. Olwo (Sulaimani) n' amwenya nga aseka, olw' ekigambo kyayo, n' agamba nti: Mukama wange, njigiriza okwebaza ekyengerera kyo ekyo kye wangabira ne bakadde bange, era nkole (emirimu) emirongoofu gy' Osiima, era onnyingize ku lw' okusaasira Kwo (mbeere) mu baddu Bo abalongoofu.

فَتَبَسَّمَا جَمًّا مِّن تَوَلَّهَا وَقَالَ رَبِّ  
أَوْرَعْنِي أَنْ أَشْكُرَ نِعْمَتَكَ الَّتِي أَنْعَمْتَ  
عَلَيَّ وَعَلَى وَالِدَيَّ وَأَنْ أَعْمَلَ صَالِحًا تَرْضَاهُ  
وَأَدْخِلْنِي بِرَحْمَتِكَ فِي عِبَادِكِ الصَّالِحِينَ ﴿١٩﴾

20. (Sulayimani) n' anoonyereza ennyonyi (zonna) n' abulwamu (emu) n' agamba nti: Lwaki siraba Ffulungu, oba libadde mu bataliwo (leero)?

وَتَفَقَّدَ الطَّيْرَ فَقَالَ مَا لِيَ لَا أَرَى  
الْهَدْيَ هَذَا أَمْ كَانَ مِنَ الْغَائِبِينَ ﴿٢٠﴾

21. Nja kulibonyabonya olubonyabonya oluyitirivu oba nja kulisala, (okuggyako) oba nga linandeeetera obujulizi obweyolefu (olw' obutabaawo).

لَأَعْرِضَنَّهُ عَنْ آبَائِي شَرِيدًا أَوْ لَأَذْحِجَنَّهُ  
أَوْ لَأَكِيدُنِّي سُلْطٰنٍ مُّبِينٍ ﴿٢١﴾

22. N' atuula ebbanga eritali ddene (kyaddaaki Efulungu ne Iijja), ne ligamba (Nabbi Sulaimani) nti: Nneetolodde okumanya ekyo ky' otomanyi, era nkujjide nga nva (mu nsi eyitibwa) Sabaa n' ekigambo ekikakafu.

فَمَكَتْ عَيْرَ بَعِيدٍ فَقَالَ أَحَطْتُ بِمَا  
لَمْ مَحْطُ بِهِ وَجَمَّتْكَ مِنْ سَائِبِي بَابًا  
يَقْوِينَ ﴿٢٢﴾

23. Mazima nze nsanze omukazi ng' abafuga, nga yaweebwa (ekyetaagibwa omufuzi okuva) mu buli kintu, era alina namulondo ennene ey' ekitiibwa.

إِنِّي وَجَدْتُ امْرَأَةً تَبْلُغُهُمْ وَأُوتِيَتْ  
مِنْ كُلِّ شَيْءٍ وَلَهَا عَرْشٌ عَظِيمٌ ﴿٢٣﴾

24. Musanze ye n' ekibiina kye nga bavunnamira Njuba atali Katonda; Sitaane yabanyiririza emirimu gyabwe, n' abaziyiza okukwata ekkubo eggolokofu, (kale ne baba) nabo nga tebalunngania;

وَجَدْنَاهَا وَقَوْمَهَا يَسْجُدُونَ لِلشَّمْسِ مِنْ  
دُونِ اللَّهِ وَزَيْنُ لَهُمُ الشَّيْطٰنُ أَعْمٰلَهُمْ  
فَصَدَّقْنَاهُمْ مِنْ الشَّيْطٰنِ لِقَوْلِهِمْ لَا يَسْمَعُونَ

25. Abaffe, tebavunnamira Katonda Oyo aggyayo (ekiba) kyekwese mu ggulu

الَّذِينَ يَسْمَعُونَ وَاللَّهِ الَّذِي يَخْفِيهِمْ فِي  
السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ وَيَعْلَمُ مَا تُخْفُونَ

20. Sulaiman yali mu emu mu ssaafaali ze ne yeetaaga amazzi n' amagamaga ennyonyi zonna, naye eyo (Efulungu) eyalina omulimu gw' okunoonyereza n' okutegeera mu kifo omuli amazzi mu ttaka n' atagiraba.

23. Ekitengeza nti Katonda yamuwa buli kintu kye yeetaaga mu bufuzi bwe Nnabakyala oyo.

ne mu nsi era amanyi ebyo bye mukweka n'ebyo bye mwolesa.

26. Katonda; tewali Katonda mulala okuggyako Ye, Omufuzi wa *Al-Arush*i ennene.
27. Sulaimani n'agamba nti: Tunaalaba oba oyogedde mazima oba obadde ow'omu balimba.
28. Genda n'ebbaluwa yange eno ogibasulire; oluvannyuma obeesambe (oyimirire kumpi awo) otunuulire kiki kye banaddamu —
29. (Nnabakyala bwe yafuna ebbaluwa) n'agamba nti: Abange ekibiina ky'abakungu! Mazima wasuuliddwa gyendi ebbaluwa cy'ekitiibwa.
30. Mazima yo eva wa Sulaimaani: Era ddala yo (egamba bw'eti): Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi Ow'ekisa Ekingi;
31. Temunneekuluntalizaako, Mujje nga mukkirizza nga muli abagoberera Katonda Omu.
32. (Nnabakyala) n'agamba nti: Abange ekibiina ky'abakungu (abampabula): Mumpe amagezi mu kigambo kyange kino. Ssiri wa kusalawo kigambo okutuusa nga munseberedde (ne mumpabula).
33. (Abakungu) ne bagamba nti: Ffe tulina amaanyi era tuli bamanyirivu abayitirivu mu (kulwana) olutalo, naye kyo ekiragiho kiri eri ggwe; kale laba kiki ky'onoolagira.

وَمَا تَعْلَمُونَ ﴿٢٥﴾

إِنَّ اللَّهَ لَرَأِيهِ إِذْ هُوَ رَبُّ الْعَرْشِ الْعَظِيمِ ﴿٢٦﴾

قَالَ سَنَنْظُرُ أَصَدَقْتَ أَمْ كُنْتَ مِنَ الْكَاذِبِينَ ﴿٢٧﴾

إِذْ هَبَّ بِنَفْسِي هَذَا فَأَلْقَيْتُ إِلَيْهِمْ ﴿٢٨﴾  
ثُمَّ كَوَّلَ عَنْهُمْ فَأَنْظُرْ مَاذَا يَرْجِعُونَ ﴿٢٩﴾

قَالَتْ يَا أَيُّهَا الْمَلَأَى الْأَعْيُنَ إِلَىٰ رُءُوسِهِمْ ﴿٣٠﴾  
كِرِيمٍ ﴿٣١﴾

إِنَّكَ مِنْ سُلَيْمَانَ وَإِنَّهُ بِسُحْرِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿٣٢﴾

أَلَا تَعْلَمُونَ عَلَىٰ وَأَنْتُمْ مُسْلِمِينَ ﴿٣٣﴾

قَالَتْ يَا أَيُّهَا الْمَلَأَى الْأُنثَىٰ فِي أَفْرَأِي ﴿٣٤﴾  
مَا كُنْتُ قَاطِعَةً أَمْرًا حَتَّىٰ تَشْهَدُونِ ﴿٣٥﴾

قَالُوا لَوْ كُنَّا نَسْمَعُ أَوْ نَعْقِلُ مَا كُنَّا فِي أَصْحَابِ شَرِيدٍ ﴿٣٦﴾  
وَأَلَمْ نُمِرَّاكَ بِاللَّيْلِ أَنْ تُنَظِرَ مَاذَا آتَانَا مِنَ رَبِّهِ ﴿٣٧﴾

26. *Al-Arush*i kye kitonde ekisinga ebitonde bya Katonda byonna bye yakola; era y'eri waggulu w'ebitonde byonna.

29. Omukyala oluvannyuma yakunngaanya abakungu be abasomere ebbaluwa era bateese engeri gye banaddamu ebbaluwa eyo. Nnabakyala oyo erinnya lye yali ayitibwa Bilkiisi.

33. Abantu ba Nnabakyala oyo baawera mu maaso ge nga bwe balina amaanyi, era nga bwe basobola okulwana n'omulabe. Era baamutegeza nga bwe balinze ekiragiho kye kyokka kyokka.

34. N'agamba nti: Mazima bakabaka, bwe baba bayingidde ensi n'amaanyi bagyonoona era ne bafuula abakulu baamu aba wansi (abanyoomebwa). Era bwe batyo bwe bakola.

قَالَتْ إِنَّ الْمَثُورَ إِذَا دَخَلُوا قَرْيَةً  
أَفْسَدُوهَا وَجَعَلُوا آيَاتِهِمْ آذَانًا  
وَكَذَلِكَ يَفْعَلُونَ ﴿٣٤﴾

35. Era mazima nze ndi wa kubawee-reza ekirabo, (nnindirire) ntunuulire ekyo ababaka kye banazza.

وَلَقَدْ مَرْسَلْنَا إِلَيْهِمُ بُحَيْرَةَ فَنظِرًا لَهُمْ  
يَرْجِعُ الْمُرْسَلُونَ ﴿٣٥﴾

36. (Ababaka) bwe baamala okujja eri Sulaimani, n'agamba nti: Munsikiriza na mmaali? Ebyo Katonda bye yampa bye bisinga obulungi okusinga ebyo bye yabawa mmwe. Wabula mmwe musanyuka ku lw'ebirabo bya-mmwe, (nze tebinsanyusa).

فَلَمَّا جَاءَ سُلَيْمٌ قَالَ أَنِيدُونَ مَالًا  
مَا أَنشَأَ اللَّهُ خَيْرَ مِمَّا أَنشَأَكُمْ بَلْ أَنْتُمْ  
بِهِدَايَتِكُمْ أَقْرَبُونَ ﴿٣٦﴾

37. Ddayo (n'ebirabo ebyo) gye bali. Mazima tujja kubalecetera eggye lye batayinza kusobola, era mazima tujja kubaggyamu (mu nsi yaabwe) nga banyoomwa, era nga nabo bagayibwa.

إِذْ جَعَلْنَا لِيَمِينِهِمْ نَهْرًا فَجَرَدُوا عَنْهَا  
وَأَخْرَجُوا مِنْهَا آذَانًا وَهُمْ صَاغِرُونَ ﴿٣٧﴾

38. (Sulaimani n'akyukira eri abantu be) n'abagamba nti: Abange ekibiina ky'abakungu! Ani mu mmwe anandeetera Nnamulondo ye nga tebanaba kuntuukako nga bakkiriza (basiramuse)?

قَالَ يَا أَيُّهَا الْمَثُورُ أَيُّكُمْ يَأْتِنِي بِعَشِيرَتِهِ  
قَبْلَ أَنْ يَأْتُونِي مُسْلِمِينَ ﴿٣٨﴾

39. Eggeege (ejjini) ery'amaanyi mu Mageege (gonna) ne ligamba: Nze nja kugikuleetera nga tonnaba na kuyimuka mu kifo kyo. Era mazima nze ndi wa maanyi kw'ekyo (okukikola) era omwesigwa.

قَالَ عَشِيرَتِي مِنَ الْحِجْرِ أَنَا أَتَيْتُكَ بِهِ  
قَبْلَ أَنْ تَقُومَ مِنْ مَقَامِكَ وَإِنِّي عَلَيْهِ  
لَقَوِيٌّ أَمِينٌ ﴿٣٩﴾

40. N'agamba oyo alina okumanya (Okutukuvu) okuva mu Kitabo (kya

قَالَ الَّذِي عِنْدَهُ عِلْمٌ مِنَ الْكِتَابِ أَنَا

Ye omukyala yali wa magezi, yategeera nti newankubadde bamaanyi, naye tebasobla kulwanyisa Sulaimani. Kale kye yava abategeera engeri bakabaka ab'amaanyi gye bakola bwe baba bazze mu nsi n'amaanyi.

37. Ababaka bwe baamala okuddayo eri omukyala oyo okuva eri Sulaimani n'ebirabo, n'ama-nya nga bw'atasobola kumulwanyisa. Kwe kusitula agende gy'ali bateesaganye. Nabbi Sulaimani bwe yategeera okujja kwe, n'ayagala bamuleetera Nnamulondo ye nga ye tannatuuka.

38. Sulaimani yayagala entebe emutuukeko nga Nnabakyala tannaba kukkiriza kubanga yamanya nti oluvannyuma lw'okumala okukkiriza, yali tasobola kugibaggyako.

Katonda): Nze nja kugikuleetera nga eriiso lyo terinnadda gy'oli. Bwe yagira nga eteredde (mu maaso ge) w'ali, (Sulaimani) n'agamba nti: Kino kya mu bigabwa ebirungi ebya Mukama Katonda wange, (bye yampa) alyoke angezeze (alabe) oba nnee-baza oba mpakanya. N'oyo (yenna) ayeebaza, mazima yeebaza ku lulwe. N'oyo (yenna) awakanya, mazima Katonda wange Mugagga, Mugabi.

أَتَيْكَ بِمَقْبَلٍ أَنْ يَرْتَدَّ إِلَيْكَ طَرْفًا  
فَلَمَّا رَأَى الْمُسْتَقَرَّ اعْتَدَاهُ قَالَ هَذَا مِنْ  
فَضْلِ رَبِّي لِيَبْلُوَنِي أَءَشْكُرُ أَمْ أَكْفُرُ  
وَمَنْ شَكَرَ فَإِنَّمَا يَشْكُرُ لِنَفْسِهِ ۗ وَمَنْ  
كَفَرَ فَإِنَّ رَبِّي غَنِيٌّ كَرِيمٌ ﴿٣١﴾

41. (Sulaimani) n'agamba nti: Mugimubulizebulize nnamulondo ye tulabe nga anaalungama (n'agimanya nti yiye) oba anaabeera mw'abo abatalungama (mu kugimanya).

قَالَ تَكْرَهُوا وَالْحَا عَرَضَتُمْ أَنْ تَهْتَدُوا  
تَكُونُوا مِنَ الَّذِينَ لَا يَهْتَدُونَ ﴿٣١﴾

42. (Nnabakyala) bwe yajja n'agambibwa nti: Nnamulondo yo eri bw'etyo? N'agamba nti: Erinnganga y'oyo. Era twaawebwa okumanya (nti oli nabbi) oluberyeberye lwa (kino nga sinnajja wano). Era (kati) tuli bakkiriza abagonvu (eri Katonda Omutonzi).

فَلَمَّا جَاءَتْ قِيلَ أَهَكَذَا عُرْشِي قَالَتْ  
كَانَتْ هُوَ وَأَوْتَيْنَا الْحِجَابَ مِنْ قَبْلِهَا  
وَكِنَّا مُسْلِمِينَ ﴿٣٢﴾

43. Ne bimuziyiza (okugoberera eddiini entuufu) ebyo bye yali asinza ebitali Katonda, (olw'okubanga) mazima ye (Nnabakyala oyo) yali mu kibiina ky'abakafiiri (oluberyeberye lwa kino).

وَصَدَّهَا مَا كَانَتْ تَعْبُدُ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
إِنَّهَا كَانَتْ مِنْ قَوْمٍ كَافِرِينَ ﴿٣٢﴾

44. N'agambibwa nti: Yingira (ku mwaliiro) gw'Olubiri (lwange) bwe yagulaba n'agulowooza nti mazzi kale (Nnabakyala) n'abikkula entumbwe

قِيلَ لَهَا ادْخُلِي الصُّورَ فَلَمَّا سَأَتْهُ  
حَسِبَتْهُ لُجَّةً وَكَشَفَتْ عَنْ سَاقِهَا

41. Sulaimani (Emirembe gibe ku ye) yalagira bafuulefuule Nnamulondo ya Nabakyala bongereko ebimu ate bakendeze ebimu alyoke alabe oba Nnabakyala anaasobola okugitegeera.

44. Omwaliiro gw'olubiri olwo gwali gutandaazibbwa na birawuli, kyokka nga wansi waabyo waliyo amazzi nga mutekeddwamu ebyennyanja. Olw'obutangaavu bw'ebirawuli ebyo, Nnabakyala yalowooza nti gaali mazzi meereere.

Oluvannyuma Nnabakyala yeenenya eri Katonda ne yeeyama nga bw'asiramuse n'ayingira mu ddiini ya Sulaimani eyo ey'okusinza Katonda Omu awatali kumugattako kintu kirala kyonna; nayo y'eddiini y'Obusiraamu.



ze (alyoke asobole okugayitamu). (Nabbi Sulaimani) n'amugamba nti: Mazima gwo mwaliiro omusiisiitiire (ogwakolebwa) mu birawuli. (Nnabakyaala) n'agamba nti: Mukama wange! Ddala nze nalyazaamaanya omwoyo gwange, era kati nsiramuse ne nzikiriza wamu ne (Sulaimani) ku lwa Katonda, Mukama W'ebitonde.

قَالَ إِنَّكَ صَرَّ مَمْرًا وَمِنْ فَوَارِيرِهِ  
قَالَتْ رَبِّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي وَأَسْلَمْتُ  
عَمَّ مَع سُلَيْمَانَ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٦﴾

45. Era mazima twatumira eri (ekika kya) Thamuudu muganda waabwe Swalihi, (abagambe) nti: Musinze Katonda. Okugenda okulaba nga beeyawuddemu ebibiina bibiri (eky'abamugoberera n'abamuwakanya), nga bayombagana.

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا إِلَى ثَمُودَ أَخَاهُمْ صَالِحًا  
أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ فَإِذَا هُمْ فَرِيقَيْنِ  
يَخْتَصِمُونَ ﴿٤٥﴾

46. N'abagamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Lwaki mwanguyiriza (okusaba) ekibi (nga temunnaba kusaba) bulungi? Singa mwegayiridde Katonda okubasonyiwa, oba olyawo ne musaa-sirwa.

قَالَ يَقُولُونَ لِوَاسِعِجُونَ بِالسَّيِّئَةِ قَبْلَ  
الْحَسَنَةِ لَوْلَا تَسْتَعْفِرُونَ اللَّهُ لَعَلِمَ  
تُرْحَمُونَ ﴿٤٦﴾

47. Ne bagamba nti: Tujjiddwa ekikwa ku lulwo n'abo abali naawe. N'abagamba nti: Ekikwa kyammwe kiri wali Katonda (ku lw'obwonoonyi bwa-mmwe). Wabula mmwe muli kibiina ekigezesebwa (Katonda alabe oba munakkiriza ne mumugondera oba nedda).

قَالُوا الظُّمَيْرُ نَابِكُ وَبَيْنَ مَعَكَ قَالَ  
ظُهُورَكُمْ عِنْدَ اللَّهِ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ مُفْتَنُونَ ﴿٤٧﴾

48. Mwalimu mu kibuga abasajja mwenda nga bonoona (nnyo) mu nsi (eyo) era nga tebalongoosa.

وَكَانَ فِي الْمَدِينَةِ تِسْعَةُ رَهْطٍ يُفْسِدُونَ  
فِي الْأَرْضِ وَلَا يُصِحُّونَ ﴿٤٨﴾

45. Obubaka bwa Nnabbi waabwe bwabaleetera okukaayana ku bikwata ku ddiini eyo gye yali ababuulirira. Ekibiina ekimu kyakkiriza ne kigoberera Nabbi Swalihi. Ekyo kyali ky'abo naddala abaavu mu bo; ate ekirala ekyalimu okusinga bannagagga, kyamuwakanya.

46. Swalihi bwe yababuulira nga abayita beeyunire oludda lwa Katonda bo baayongeramu na bwongezi kwonoona; na kweyongerera mu maaso kukijjanyaba abaaamugoberera. Era baamubuuzana nti: "Oba ekyo ky'otuleeteredde (Eddiini y'Okusinja Katonda Omu) nga ge mazima, kale tuleeterera byo ebibonerezo by'otutiisa nabyo."

49. (Abasajja abo omwenda) ne bagamba nti: Mulayiragane Katonda (nti) mazima tujja kumusulirira okumutta ekiro (Ye Swalihi) n'abantu be, oluvannyuma tujja kugambira ddala nnanyini ye nti: Tetwabaddewo mu kufa kwa muntu we. Era ddala twogera mazima.

قَالُوا اتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي تَسْتَنُّوْنَ وَأَهْلَهُ تَمَّ  
لَقَوْلِهِمْ لَوْلَا أَنَّهُمْ شَهِدْنَا مَا هَلَكَ أَهْلُهُ  
وَإِنَّا لَصَادِقُونَ ﴿٤٩﴾

50. Ne basala enkwe zaabwe: (Naffe) ne tusala enkwe (Ezaffe, ez'okubazikiriza), nabo nga tebategeera (kye tukola).

وَمَكَرُوا وَمَكَرَ اللَّهُ وَمَكْرُؤًا مَكْرُؤًا هُمْ لَا  
يَشْعُرُونَ ﴿٥٠﴾

51. Kale tunuulira olabe engeri enkomerero y'olukwe lwabwe bwe yali, (kubanga) mazima, Ffe twababete ntabetenta n'ekibiina kyabwe bonna awamu.

كَانُوا يَنْظُرُونَ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ مُكْرِمِهِمْ ۗ إِنَّ  
ذَمْرَهُمْ وَقَوْمَهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٥١﴾

52. N'ago amayumba gaabwe matongo ku lw'ebyo bye baalyazaamaanya. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero (ak'okulabirako) eri ekibiina ky'abamanyi.

فَبَلَغْتَ بِيَوْمِهِمْ خَاوِيَةً كَمَا ظَلَمُوا وَإِنَّ  
فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿٥٢﴾

53. Ne tuwonya abo abakkiriza era abaalilinga batya Katonda.

وَأَجْبَيْنَا الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ﴿٥٣﴾

54. Era (ijukira twatuma) Luutu mu kiseera bwe yagamba ekibiina kye; abaffe mukola eby'obuwemu nga nammwe mulaba?

وَلَوْ طَأَدُ قَالَ لِقَوْمِهِ أَتَأْتُونَ الْفَاحِشَةَ  
وَأَنْتُمْ تُبْصِرُونَ ﴿٥٤﴾

55. Mazima mmwe mumalira ku basajja obwagazi mu kifo ky'abakazi? Wabula mmwe muli kibiina ekitamanyi (bye kikola n'akatono)?

أَيُّكُمْ لَتَأْتُونَ الرِّجَالَ سَهْوَةً مُّنْ دُونِ  
النِّسَاءِ ۗ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ مُّجْهَلُونَ ﴿٥٥﴾

56. Tekwali okuddamu kw'ekibiina kye wabula baagamba: Mubaggye (mu-

فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَخْرِجُوا

50. Abakafiri abo omwenda baasala olukwe olw'okutta Nnabbi Swalihi n'abagoberezi be, ne Katonda n'abazikiriza mu kubasasula olukwe lwabwe.

56. Baali bategeera nti bo abagoberezi ba Nabbi Luutu baali betukuza mu kuvumagana ekivye kyo kyo okusobya ku basajja.

bagobe) abantu ba Luutu mu kyalo kyammwe kubanga mazima bo bantu abeetukuza!

- 57. Ne tumuwonya n'abantu be okuggyako mukazi we; twamugerera (okuba) ow'omu b'okusigala (bazikirizibwe ku lw'obukafiiri bwabwe).
- 58. Ne tubatonyesaako (nnamuttikkwa) w'enkuba (ey'amayinja) kale n'eba mbi nnyo enkuba eyabatiisibwa (ne batafaayo).

- 59. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Buli kitendo kya Katonda n'emirembe gibe ku baddu Be abo be yayawula! Abaffe Katonda ye mulungi oba ebyo bye bamugattako?

- 60. Abaffe Oyo eyatonda eggulu n'ensi, n'abassiza okuva mu ggulu amazzi ge mumeza nago amalimiro agalina obulungi, (nga) temwalina mmwe (busoboz) kumeza miti gyago? Abaffe waliwo katonda omulala ali awamu ne Katonda (Omutonzi)? (Tekiyinzika), wabula bo kibiina ekyenkanyankanya (Katonda n'ebintu ebirala),

- 61. Oyo eyafuula ensi entebenkevu (eri mmwe mugibeeremu), n'assa mu myagaanya gyayo emigga, n'agissizaamu enzozi ennywevu, era n'assa wakati w'ennyanja ebbiri (ey'omunnyo n'ey'amazzi amalungi) ekisiikiriza? Abaffe, waliwo katonda ali awamu ne Katonda (Omutonzi)? Nedda, wabula abasinga obungi tebategeera.

أَلْ لُّوطٍ مِّن قَرِينِكُمْ أَنَّهُمْ أَنَا سَيِّئَاتُهُمْ  
يَتَطَهَّرُونَ ﴿٥٧﴾

فَأَجْنِبْنَاهُ وَآهْلَهُ إِلَّا امْرَأَتَهُ فَذَرْنَاهَا  
مِنَ الْغَابِرِينَ ﴿٥٨﴾

وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا فَسَاءَ مَطَرُ الْمُنذَرِينَ ﴿٥٩﴾

قُلِ الصَّدُوقُ لِلَّهِ وَسَلِّمْ عَلَىٰ عِبَادِهِ الَّذِينَ  
اصْطَفَىٰ اللَّهُ خَيْرًا مَّا يَشْرُونَ ﴿٦٠﴾

أَمَّنْ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَأَنْزَلَ  
لَكُمْ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَنْبَتْنَا بِهِ حَدَائِقَ  
ذَاتِ كَهْفٍ مَّا كَانَ لَكُمْ أَنْ تُنبِتُوا شَجَرَهَا  
إِنَّ اللَّهَ مَعَ الْعَائِلِينَ ﴿٦١﴾

أَمَّنْ جَعَلَ الْأَرْضَ قَرَارًا وَجَعَلَ خِلَالَهَا  
أَنْهَارًا وَجَعَلَ لَهَا رَوَاسِيَ وَجَعَلَ بَيْنَ  
الْبَحْرَيْنِ حَاجِزًا إِنَّ اللَّهَ مَعَ الْعَائِلِينَ ﴿٦٢﴾

58. Enkuba eyo yali mbi nnyo nga ya mayinja (muzira). Era Katonda yabuutikira ekyalo kyabwe n'avuunika ebadde kungulu n'edda wansi.

59. Katonda y'asinga ebyo byonna abatakiriza bye bamugattako.

61. Katonda yassaawo ekiziyiza wakati w'amazzi g'ennyanja ey'omunnyo n'ennyanja ey'amazzi agatali ga munnyo ne gateetabula.

62. Oyo ayanukula ali mu kabi bw'aba nga amusabye n'aggyawo akabi, n'abafuula (mmwe abantu) abasigire mu nsi? Abaffe, waliwo katonda (omulala) ali awamu ne Katonda (Omutonzi)? Kitono nnyo kye bajjukira!

أَمْ كُنْ تُحِبُّبِ الْمَصْطَرِّ إِذَا دَعَاكَ وَ  
يَكْشِفُ السُّوءَ وَيَجْعَلُكَ خَلْفَاءَ الْأَرْضِ  
عَالِيَهُ مَعَ اللَّهِ قَلِيلًا مَا تَذَكَّرُونَ ﴿١٣٦﴾

63. Abaffe Oyo abalunngamya (ne musobola okuyita) mu bizikiza by'oku lukalu ne mu nyanja era Oyo asindika empewo ezisanyusa (olw'enkuba) wakati mu maaso g'okusaasira Kwe? Waliwo katonda ali awamu ne Katonda (Omutonzi)? Yagulumira Katonda okwawukana kw'ebyo bye bamugattako!

أَمْ نَ يَهْدِيكُمْ فِي ظُلُمَاتِ الْبَرِّ وَالْبَحْرِ  
وَمَنْ يُرْسِلِ الرِّيحَ بُشْرًا بَيْنَ يَدَيْ  
رَحْمَتِهِ عَالِيَهُ مَعَ اللَّهِ تَعَالَى اللَّهُ عَنَّا  
يُشْرِكُونَ ﴿١٣٧﴾

64. Abaffe Oyo atandikawo ebitonde bw'alimala n'abizzaawo (oluvannyuma lw'okubiggyawo), era Oyo abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Abaffe waliwo katonda ali awamu ne Katonda Omutonzi? Bagambe nti: Muleete obujulizi bwammwe (obulaga nti waliwo katonda omulala atali Katonda Omutonzi) bwe mubeera nga mwogera mazima!

أَمْ نَ يَهْدِيكَ الْخَلْقَ تَتَّبِعُهُمْ كَافِرًا  
يُرْسِلُكُمْ مِنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ عَالِيَهُ  
مَعَ اللَّهِ قُلْ هَاتُوا بُرْهَانَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ﴿١٣٨﴾

65. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Tewali amanyi Bitalabikako mw'abo abali mu ggulu ne mu nsi wabula Katonda; era tebamanyi kiseera ki lwe balizuukira.

قُلْ لَا يَعْلَمُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
الْغَيْبَ إِلَّا اللَّهُ وَمَا يَشْعُرُونَ أَيَّانَ  
يُبْعَثُونَ ﴿١٣٩﴾

66. Nedda, wabula (ekikakafu kiri nti) okumanya kwabwe tekutuuka ku Nkomerero. Wabula bo bali mu kubuusabuusa mu kwo (Okuzuukira). Nedda, wabula bo bazibi ba maaso ku kyo (eky'okumanya Enkomerero lw'eribaawo).

بَلِ آدْرَأَكْ عِلْمُهُمْ فِي الْآخِرَةِ بَلِ هُمْ  
عَمَّ فِي تَشَاقُقِهَا تَبَلُّغُ هُمْ مِنْهَا عَمُونَ ﴿١٤٠﴾

62. Buli muntu yenna aba ali mu kabi adda eri Katonda n'amuwanjagira, olwo n'amuggya mu buzibu obwo bw'aba alimu. Era Katonda y'afuula abantu abamu abadda mu bigere bya bannaabwe, — buli mulembe ne gudda mu kifo ky'omulala oguba guvuddewo.

67. Ate abo abaakaafuwala ne bagamba nti: Abaffe bwe tuliba nga tufuuse ettaka, (ffe) ne bakadde baffe, mazima (nate) ffe tuli ba kuggibwayo (mu ntaana tube abalamu)?

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِذْ أُنزِلَتْ آيَاتُ رَبِّكَ وَ  
أَبَاؤُنَا إِنَّمَا الْمَرْجُونَ ﴿٦٧﴾

68. Mazima (kituufu) twalagaanyisibwa kino, ffe ne bakadde baffe, abaa-sooka. Tekiri kino wabula nfumo z'ab'edda.

لَقَدْ وَعَدْنَا هَذَا النُّحُومَ وَأَبَاؤَهُمْ قَبْلَ  
أَنْ هَذَا إِلَّا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٦٨﴾

69. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mutambule mu nsi mutunuulire engeri nga bwe yali enkomerero y'abononyi!

قُلْ سِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَانظُرُوا كَيْفَ  
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُجْرِمِينَ ﴿٦٩﴾

70. (Kyokka) tobanakuwalira, era tobearinga mu kunyigibwa (kwonna) mw'ezo enkwe ze basala.

وَلَا تَحْزَنْ عَلَيْهِمْ وَلَا تَكُنْ فِي ضَيْقٍ  
مِمَّا يَمْكُرُونَ ﴿٧٠﴾

71. Ne bagamba nti: Eyo endagaano (ey'okutuzikiriza gye mutulagaanyisa) erituuka ddi bwe muba nga mwogera mazima?

وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْوَعْدُ إِن كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ﴿٧١﴾

72. Bagambe nti: Oba olyawo biyinza okuba nga bibasemberedde ebimu kw'ebyo bye musaba okubanguyiza!

قُلْ عَسَى أَنْ يَكُونَ رَدِفٌ لَكُمْ بَعْضُ  
الَّذِي تَسْتَعْجِلُونَ ﴿٧٢﴾

73. Mazima ddala Katonda wo alina ekisa ku bantu, naye mazima abasinga obungi tebeebaza.

وَلَنْ رَبُّكَ لَذُو فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ وَ  
لَكِنْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَشْكُرُونَ ﴿٧٣﴾

74. Mazima Katonda wo amanyi ebyo ebifuba byabwe bye bikweka, n'ebyo bye boolesa.

وَلَنْ رَبُّكَ لَيُعْلِمَنَّ مَا تُمْرُكُنَّ صَدُّوا عَنْهُمْ  
وَمَا يَعْلَمُونَ ﴿٧٤﴾

75. Era tewali ekyo (kyonna) ekitalabikako mu ggulu ne mu nsi wabula kiri mu Kitabo (kya Katonda) ekyeyolefu.

وَمَا مِنْ غَائِبَةٍ فِي السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ إِلَّا  
فِي كِتَابٍ مُبِينٍ ﴿٧٥﴾

69. Batunuulire bekaanye engeri Katonda gye yaboneriza abo abaalimbisa ababaka.

75. Buli kintu kyonna ekiri mu ggulu ne mu nsi kikuumirwa ku lubaawo olwo Katonda kw'akuumira ebyama by'ebitonde.

76. Ddala mazima eno Kuraane etegeeza Abaana ba Israeli ebisinga obungi mw'ebyo bye baawukanamu.

إِنَّ هَذَا الْقُرْآنَ يَقْضَىٰ عَلَىٰ بَنِي إِسْرَائِيلَ  
أَكْثَرَ الَّذِي هُمْ فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿٧٦﴾

77. Era mazima Yo (Kuraane) kyakulungamya na kusaasira eri abakkiriza.

وَأَنذَرْتَهُمْ يَوْمَئِذٍ بِرَحْمَةٍ لِّمُؤْمِنِينَ ﴿٧٧﴾

78. Era ddala Katonda wo aliramula wakati waabwe n'okulamula Kwe (okw'Amazima); Nayeye W'ekitiibwa, Omumanyi.

إِنَّ رَبَّكَ يَقْضِي بَيْنَهُمْ بِحُكْمِهِ وَهُوَ  
الْعَزِيزُ الْعَلِيمُ ﴿٧٨﴾

79. Kale (Ggwe Muhammadi) weesige ku Katonda, mazima ggwe oli ku mazima amecyolefu.

فَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ إِنَّكَ عَلَىٰ الْحَقِّ الْمُبِينِ ﴿٧٩﴾

80. Mazima ggwe toyinza kuwuliza bafu, wadde toyinza kuwuliza bakiggala kukoowoola (kwo), (naddala) bwe babeera nga bakyuse nga bakubyeyo amabega (gy'oli).

إِنَّكَ لَا تُسْمِعُ الْمَوْتَىٰ وَلَا تُسْمِعُ الصُّمَّ  
لَا تَسْمَعُ إِذَا أَذْوَدُوا مَدِيرِينَ ﴿٨٠﴾

81. Era toli Ggwe wa kulungamya bamuzibe kubaggya ku bubuze bwabwe. Toyinza kuwuliza, wabula abo abakkiriza Obubonero Bwaffe, nabo be bagoberezi b'amateeka ga Katonda (Abasiraamu).

وَمَا أَنْتَ بِهَادِي الْعَمَىٰ عَن ضَلَالَتِهِمْ  
إِنَّ سُمْعَ الْأَعْمَىٰ مِن يَوْمٍ بِأَيْدِيهِمْ  
مُسْلَمُونَ ﴿٨١﴾

82. Bwe kiriba ekigambo (ky'okubazikiriza) nga kibaguddeko tujja kubaggyirayo ensolo mu nsi nga eyo-

وَأِذَا دُعِيَ الْقَوْمَ عَلَيْهِمْ أَخْرَجْنَا لَهُمْ  
دَابَّةً مِّنَ الْأَرْضِ تُكَلِّمُهُمْ أَنَّ النَّاسَ

76. Kuraane ennyonyola obutuufu bw'ebyo Abaisraeli bye baayawukanamu ku bifa ku Nabbi Issa, bo Abakristaayo gwe bagamba nti Mwana wa Katonda, ate bo Abayudaaya gwe baagamba nti Mwana wa bwenzi. Yo Kuraane ebannyonyola nti Issa Nabbi wa Katonda era Mubaka We sso ssi mwana We. Era tabanga mwana wa bwenzi.

79. Wano Nabbi Muhammadi (s.a.w.) alagirwa yeesige Katonda mu bizibu byonna ebinaamu-tuukako, era amukakasa nga bw'ali ku mazima amasengejje newankubadde nga waliwo abagaawukanako.

80. Nga bw'otoyinzira kuwuliza bafu na bakiggala, bwe kityo na bano abakaafiiri toyinza kubawuliza kintu kyonna kibagasa kubanga ebibi bye bakola byetauma ku mitima gyabwe ne bigibikka. Era n'amatu gaabwe gaaziba tebakyasobola kulungama.

82. Mu aya eno; Katonda yategeeza akamu mu bubonero obuliraga nga Enkomerero bw'eri okumpi okutuuka — nako, eriba nsolo erijja ng'eyogera n'abantu era olwo Katonda aliba takyakiriza kwenyana kwa muntu yenna.

gera nabo, mazima abantu baalinga tebakakasa bubonero Bwaffe.

كَاثُرًا بَابَيْتِنَا لِيُؤْتُونَ ﴿٨٤﴾

83. Era (bajjukize) n'olunaku lwe tuli-kunngaanya (nga tuggya) mu buli kibiina ekibinja mw'abo abaalimbisa obubonero Bwaffe, nga nabo bage-rekwa mu bifo byabwe;

وَيَوْمَ نَحْشُرُ مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ فَوْجًا مِّنْ يَّكْذِبٍ بِآيَاتِنَا فَهُمْ يُوزَعُونَ ﴿٨٣﴾

84. Okutuusa bwe baliba nga bazze (mu maaso ga Katonda ku Lunaku Lw'okulamulwa) n'abagamba nti: Mwalingbisa (mmwe) obubonero Bwange ne mutetooloola kubumanya; abaffe kiki kye mwali mukola?

حَتَّىٰ إِذَا جَاءَهُمْ وَقَالَ كَذَّبْتُمْ بِآيَاتِي وَلَمْ تُحِطُوا بِهَا عُلَمَاءُ آمَنَآ إِذْ كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٨٤﴾

85. Olwo ekigambo ne kibagwako (eky'okubazikiriza) ku lw'ebyo bye balyazaamaanya, nabo tebalisobola kwatula (kigambo kyonna mbu beewozeeko).

وَوَقَعَ الْقَوْلُ عَلَيْهِمْ بِمَا ظَلَمُوا أَنفُسَهُمْ لَآ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٨٥﴾

86. Abaffe tebalaba nti mazima Ffe twateekawo ekiro balyoke bawummuliremu, (n'obudde) emisana obubawa ekitangaala (balyoke balabe)? Mazima muli mw'ebyo obubonero (obumaliza) eri ekibiina ekikkiriza.

الَّذِينَ يَرُونَا أَتَيْنَا لِيَسْأَلُنَا فِيهِمُ وَاللَّهُكَارِهُمُ وَإِن فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٨٦﴾

87. Era (bajjukize) n'olunaku lw'erifuuyibwa enngombe (Olunaku Lw'okuzuukira) olwo ne batya abo (bonna) abali mu ggulu n'abo abali mu nsi, wabula oyo Katonda gw'aliba aya-gadde. Na bonna bagenda kumujjira nga banyoomwa.

وَيَوْمَ يُنْفَخُ فِي الصُّورِ نَفْرَةٌ مِّنْ فِي السَّمٰوٰتِ وَمَنْ فِي الْاَرْضِ اِلَّا مَنْ شَاءَ اللّٰهُ وَكُلُّ اَنْفُوٰةٍ دٰخِرِيْن ۝٨٧

88. Era oliraba ensozi (ezo) z'olowooza nti ziyimiridde (nnywevu gulugulu)

وَكُرَى الْجِبَالِ يَخْسَبَهَا جَارِدَةٌ لَّهُمْ تَمْرٌ

84. Katonda agenda kubabuza ku bifa ku nzikiriza yaabwe n'emirimu gyabwe, era tebalisobola kunnyonyola ensonga lwaki baagaana okukkiriza.

85. Omusango oguliba gubavunaanwa guliba mutuufu ddala. Kale tebagenda kufuna kye baddamu kubanga balimanya nti ago ge mazima; olw'okubanga beeryazaamaanya kuno ku nsi bwe baajeemera ebiragiro bya Katonda.

87. Katonda agenda kulagira Maliyika Israfiil okufuwa mu nngombe. Abantu bonna bagenda kufa na buli kyonna ekiramu ekiri mu ggulu ne mu nsi. Oluvannyuma nate alifuuwa mu nngombe olufuwa olw'okuzuukira okugenda eri okubalibwa n'okulamulwa.

nga nazo ziyita (zikunngunta) nga okuyita (kw'ebire): (Okwo) kwe kukola kwa Katonda Oyo eyanyweza buli kintu. Mazima Ye Mumanyi wa byonna bye mukola.

89. Oyo (yenna) eyajja n'ekirungi alina obulungi mu kyo; nabo (tebaliba) mu kutya ku Lunaku olwo baliba mirembe.

90. N'oyo eyajja n'ekibi, birivuunikwa ebyenyi byabwe mu Muliro. Abaffe mulisasulwa okuggyako ebyo bye mwali mukola?

91. (Gamba nti): Mazima nze (Muhammadi) nalagirwa okusinza Mukama wa kino Ekibuga (Makka) ekyo kye yaziza (kye yafuula eky'emizizo), era nga buli kintu Kikye. Era nalagirwa okubeera ow'omu bakkiriza (Abasi-raamu),

92. Era (nalagirwa) nsome Kuraane. N'omuntu alunngama, mazima alunngama ku lwa mwoyo gwe; n'oyo abula — mugambe; Mazima nze ndi wa mu batiisa (abatiisa ebibonerezo bya Katonda).

93. Era gamba nti: Buii kitendo (kyonna) kya Katonda (Oyo) ajja okubalaga (mu bwangu) obubonero Bwe mubumanye. Era tali Mukama wo agayaaliridde kw'ebyo bye mukola (mmwe abantu).

مَرَّ السَّحَابُ بِصُبْحَةِ اللَّهِ الَّتِي أَنْقَنَ كُلَّ شَيْءٍ طَرَانَةً خَيْرٌ لِمَا تَعْمَلُونَ ﴿٨٨﴾

مَنْ جَاءَ بِالْحَسَنَةِ فَلَهُ خَيْرٌ مِنْهَا ۖ وَهُمْ مِّنْ فَزَعٍ يَوْمَئِذٍ أَمُونَ ﴿٨٩﴾

وَمَنْ جَاءَ بِالسَّيِّئَةِ فَكَلَبَتْ وُجُوهُهُمْ فِي النَّارِ هَلْ يُجْزَوْنَ إِلَّا مَا كُنتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٩٠﴾

لَأَنَّمَا أَوَمَرْتُ أَنْ أَعْبُدَ رَبَّ هَذِهِ الْبَلَدِ الَّتِي كُنتُمْ تَعْبُدُونَ ۚ وَأَمَرْتُ أَنْ أَكُونَ مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿٩١﴾

وَأَنْ أَتَاكُمُ الْقُرْآنَ ۚ فَمَنْ اهْتَدَىٰ فَإِنَّمَا يَهْتَدِي لِنَفْسِهِ ۚ وَمَنْ ضَلَّ فَقُلْ إِنَّمَا أَنَا مِنَ الْمُنذِرِينَ ﴿٩٢﴾

وَقُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ سِيرَ نَبِيِّكُمْ إِلَيْهِ فَتَعَرَّفُوا بِهَا ۚ وَمَا رَبُّكُمْ بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٩٣﴾

92. Wano kitegeza nti Nabbi Muhammadi agambe nga ye bw'ali mu bannabbi abaatumibw okujja okutiisa abantu ebibonerezo bya Katonda, ky'alina kyokka kwe kutuusa obubaka obw obwamutumibwa.



## EBIFA KU SSUULA AL-KASASI MU BUFUNZE (28)


Nayo y'emu ku ssuula ezakkira e Makka. Era esinga kwogera ku bikwata ku bikolo by'Enzikiriza okufaanana n'essuula ebbiri ze twakakuba amabega, An-Namuli ne Ash-Shuaraa.

Essuula eno ejuza okunnyonyola kw'ebyo ebyayogeddwa mu bufunze mu ssuula ezo ebbiri ezigisoose. Essira esinze kuliteeka ku kutegeza Amazima n'ebyo ebitali bituufu, n'ebigambo Kugonda n'Okubula; n'olutalo oluli wakati w'eggye Iya Katonda n'eggye Iya Sitaane; nga bwe kirabikira mu kyafaayo kya Fir'auna eyeekuluntaza ne yeeyita Katonda, oyo cyatuusa ku Baisraeli ebibonerezo ebikambwe, bwe yatuuka okusala Abaana baabwe abalenzi n'alekawo abawala; n'atuuka ne ku kweyita Katonda owa waggulu, mu kiseera bwe yalangirira n'agamba nti: "Sibamanyiddeeyo Katonda mulala atali Nze". Era ennyonyola n'ekyafaayo kya Karuuna eyali ku mulembe gwa Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye) oyo ayabula ne yeesukkulumya ku lw'obugagga Katonda bwe yamuwa. Ebyo byombi kabonero akalaga ng'omuntu mu bulamu buno bw'aleeta okubula n'okweraga olw'emmaali oba olw'ekitiibwa n'obufuzi, sso nga ebyo temuli kantu bya luwunguko, ebikoma ku nsi kuno kwokka.

Essuula eyogera ku kuzaalibwa kwa Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye) n'engeri nnyina gye yatyamu ku lw'omwana olw'obukambwe bwa kabaka Fir'auna naddala eri abaana ab'obulenzi. Ennyonyola nga Katonda bwe yaletera omukyala oyo ekikolwa ky'okusuula omwana we mu nnyanja kiryoke kiveeko okukula kwe. N'etegeza okukula kwa Musa n'okutuuka mu myaka gy'obuvubuka bwe, n'engeri gye yattamu omusajja Omumisiri n'oluvannyuma alyoke asengukire mu nsi y'e Madiyana; n'engeri gye yawasa muwala wa Swaibu nga atuuse e Madiyana; era nga Katonda bwe yamutumira nga amulagira addeyo e Misiri akoowoole kabaka Fir'auna n'abantu be okudda eri Katonda.

Era essuula ennyonyola ebyaddirira oluvannyuma lw'okudda kwa Musa e Misiri n'okutuusa kwe Obubaka bwa Katonda ku Fir'auna; nga ensonga eyo ennyonyolwa mu bujuvu okutuusiza ddala ku kuzikirira kwa Fir'auna. bwe yasaanawo mu nnyanja n'eggye Iye Iyonna.

Era eyogera ku bakafiiri b'omu Makka n'engeri gye benngangamu okuziyiza Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.), ekyo ne kiraga nti ekkubo ly'ababuze Iye limu liba Iya kuwakanya Mazima gonna agabajjira okufaanana nga n'abakafiiri abaasookawo bwe baakolanga.



## ESSUULA AL-KASASI (28)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 9 ne Aya 88

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. TAA SIIN MIIM
2. Bino bigambo bya mu Kitabo ekye-yolefu
3. Tukusomera ggwe (ebimu) mu bya-faayo bya Musa ne Fir'auna n'ama-zima, ku lw'ekibiina ekikkiriza.
4. Mazima Fir'auna yeesukkulumiza mu nsi (e Misiri) n'afuula abantu baayo ebibiinabiina nga anafuya ekibiina mu bo: nga asala abaana baabwe abalenzi n'aleka nga balamu abaana baabwe abawala. Mazima ye yali wa mu bonoonyi.
5. Ne twagala okugabira ebyengera kw'abo abaanafuyizibwa mu nsi (e Misiri), era tubafuule abakulembeze (b'enzikiriza) era tubafuule abasika (b'ebiyengera ebyo),
6. Era tubatebenkereze ddala mu nsi tulage okuva mu bo (Abaana ba Israeli) Fir'auna ne Hamaana n'amagye gaabwe bombiriri ekyo kye baali beekaka.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

طسّم ①

تِلْكَ آيَاتُ الْكِتَابِ الْمُبِينِ ②

تَنزِيلًا عَلَيْنَا مِنْ نَبِيِّ أَوْسَىٰ وَفِرْعَوْنَ

بِالْحَقِّ لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ③

إِنَّا نُرِيدُ أَنْ نَمُنَّ بِمَا نُنَادِي بِكُمْ بِدِينِكُمْ

أَبْنَاءَهُمْ وَكَيْتَبْتَنَّهُمْ بَنِاتِنَآ

كَانَ مِنَ الْمُسْتَضِئِينَ ④

وَنُرِيدُ أَنْ نَمُنَّ عَلَى الَّذِينَ اسْتُضِعُوا

فِي الْأَرْضِ وَنَجْعَلَهُمْ أَئِمَّةً وَنَجْعَلَهُمُ

الْوَارِثِينَ ⑤

وَأَمَّا إِنْ كُنْتُمْ فِي الشَّكِّ مِنْهُ فِئْتَنُوا

وَأَمَّا إِنْ كُنْتُمْ فِي الشَّكِّ مِنْهُ فِئْتَنُوا

وَأَمَّا إِنْ كُنْتُمْ فِي الشَّكِّ مِنْهُ فِئْتَنُوا

1. TAA SIIN MIIM: Ezo ennyukuta Katonda y'amanyi ky'ategeeza nazo.

4. Ekibiina ekyo Fir'auna kye yafuga obumbula ky'eky'Abaana ba Israeli.

6. Abamisiri Katonda yali wa kubalaga okuva mu Baana ba Israeli ekyo kye baali batya. Fir'auna n'abagoberezi be baali baalabulwa dda nti ensonga eyali ey'okusaanyaawo obwakabaka bwabwe yali mwana mulenzi eyali ow'okuzaalibwa mu Baana ba Israeli, kale ng'eyo y'ensonga eyabattisanga abaana bonna abalenzi abaazaalibwanga Abaisraeli — newankubadde baakola ekyo naye Musa yazaalibwa n'aba ensonga eyazikiriza Fir'auna n'eggye lye.

7. Ne tutumira eri nnyina Musa, nti: Muyonse (omwana wo) naye bw'oba nga omutidde (okumuyonsa), kale musuule mu mugga era totya wadde tonakuwala. Mazima Ffe tuli ba kumukuddiza era tuli ba kumufuula (omu) mu babaka (Baffe).
8. Ne bamulonda abantu b'omu maka ga Fir'auna. (Era bwe kityo bwe kya-gendererwa kibe) alyoke abeere omulabe waabwe era eky'okunakuwala: (olw'okubanga) mazima Fir'auna ne Hamaana n'eggye lyabwe baali basobya.
9. Mukyala Fir'auna n'agamba (bbaawe) nti: (Ono ajja kuba) omutereza w'amaaso gange n'agago. Temumutta. Oba olyawo yanditugasa (gye bujja mu maaso), oba tumufuule omwana (waffe). (Baakola batyo) nga nabo tebategeera (nti yali wa kuba mulabe waabwe).
10. Omwoyo gwa nnyina Musa ne gukeesa nga mwereere (ku lw'obweraliikirivu), era mazima yasemberera okumwoleka (nga bw'ali omwana we) singa tetwasiba ku mwoyo gwe (ne tumuwa obuvumu n'obugumiikiriza), alyoke abeere ow'omu bakkiriza.
11. (Nnyina Musa) n'agamba mwannyina (Musa): Mulondoole. Kale n'amulengera ng'asinzira wala, nga nabo tebategeera.

وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ إِبْرَاهِيمَ أَنِ اضْجَعِيهِ ۖ  
فَإِذَاحْفَت عَلَيْهِ فَأَلْقِيهِ فِي الْيَمِّ وَلَا  
تَخَافِي وَلَا تَحْزَنِي إِنَّا رَادُّوهُ إِلَيْكَ وَ  
جَاعِلُوهُ مِنَ الْمُرْسَلِينَ ۝

فَالْقِطَّةَ الَّتِي زَعَمُونَ لِيَكُونَ لَهُمْ عَدُوًّا  
وَخِزْيَاطًا إِنَّ فِرْعَوْنَ وَهَامَانَ وَجُنُودَهُمَا  
كَانُوا خَاطِئِينَ ۝

وَقَالَتِ امْرَأَتُ فِرْعَوْنَ قُرْتُ عَيْنٍ لِّي  
وَلَكِنِّي لَأَنْقُذُهُنَّ عَنْكَ إِنِّي تَقَعُنَّ آذُنِي  
تَّخِذْهَا وَلَدًا وَهَمَّ لَا يَشْعُرُونَ ۝

وَأَصْبَحَ فُؤَادُ إِبْرَاهِيمَ فُرْعَانًا كَادَتْ  
لَتُبْدِي بِهِ لَوْلَا أَن رَّبَّنَا عَلَّقَ قَلْبَهُمَا  
لَيَكُونَنَّ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ۝

وَقَالَتْ لِأُخْتِهِ قُصِّيهِ ذُبحته فبررت به عن  
جنب وهم لا يشعرون ۝

8. Abakyala b'omu maka ga Fir'auna baali ku lubiri lwabwe ku mugga ne balaba nga ekisero ekisaanikire kijja kiseeyecyeza ku mazzi okubikkulako nga balabamu omwana omuwere. Kale kwe kumulonda ne bamutwala eri Mukyala Fir'auna, ye kwe kusaba bba bamufuule omwana waabwe oba olyawo n'abagasa ng'akuze.

11. Mwannyina Musa yalondoola ekisero Musa mwe yali aseeyecyeza ku mazzi nga yeerimbise mu bitoogo ebyali ku lubalamu lw'omugga, okutuusa lwe yalaba ng'alondebwa abakyala b'omu lubiri lwa Fir'auna. Bo abakyala abo baamutwala mu katale banoonye anaabamuyonseza okutuusa mwannyina lwe yabeewa n'abasaba abalagirire anaamubayonseza; nabo tebaali babi ne bakkiriza

12. Ne tuziza ku ye abayonsa (abalala okuva) oluberyeberye, (okutuusa mwannyina) lwe yabasemberera n'abagamba: Abaffe mbalagirire abantu b'ennyumba abanaamubalera (era nga) nabo baja kumubuulirira (bulungi)?

وَحَرَمْنَا عَلَيْهِ الْمَرَاضِعَ مِنْ قَبْلُ فَقَاتَتْ  
هَلْ أَدُلُّكُمْ عَلَىٰ أَهْلِ بَيْتِكُمْ يُؤْمِنُ بِهِ  
لَكُمْ وَهُمْ لَكُمْ نَاصِحُونَ ﴿١٢﴾

13. Kale (bwe tutyo) ne tumuzzaayo ewa Nnyina oba olyawo amaaso ge ne gatereera era aleme okunakuwala era alyoke amanye nti, endagaano ya Katonda ya mazima. Naye abasinga obungi mu bo (abantu) tebamanyi.

فَرَدَدْنَاهُ إِلَىٰ آوِيهِ لَنْ نَقْرَعَهُنَّ أَبْعَادًا  
وَلِنَعْلَمَنَّ وَعَدَّ اللَّهُ حَقًّا وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ  
لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٣﴾

14. (Musa) bwe yamala okuvubuka n'okusajjakula; ne tumuwa Amagezi n'okumanya (ensonga). Era bwe tutyo bwe tusasula abalongoosa.

وَلَمَّا بَلَغَ أَشُدَّهُ وَاسْتَوَىٰ آتَيْنَاهُ حَمَلًا  
وَعَلَّمْنَا وَكَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿١٤﴾

15. (Lumu Musa) n'ayingira mu kibuga mu kiscera ky'eggandaalo ly'abantu baakyo (mu ttuntu), n'asangamu abasajja babiri nga balwanagana, nga omu wa mu kibiina kye (Muisraeli) nga n'omulala wa mu balabe be (Mumisiri); kale n'amusaba amutaase oyo ow'omu kibiina kye, kw'oyo omulabe we. Olwo Musa n'amukuba ekikonde n'amumaliriza (n'amuttirawo mbulaga). N'agamba (nga yejjusa n'okwenenya) nti: Kino (kye nkoze) kya mu mirimo gya Sitaane; ddala ye mulabe, omubuza omweyolefu.

وَدَخَلَ الْمَدْيَنَ عَلَىٰ جَبْنَ نَعْلَةٍ مِنْ  
أَهْلِهَا فَوَجَدَ فِيهَا رَجُلَيْنِ يَقْتَتِلَانِ هَذَا مِنْ  
شَيْعَتِهِ وَهَذَا مِنْ عَدُوِّهِ فَاسْتَعَاذَهُ  
الَّذِي مِنْ شَيْعَتِهِ عَلَى الَّذِي مِنْ عَدُوِّهِ  
فَوَكَزَهُ مُوسَىٰ فَقَضَىٰ عَلَيْهِ قَالَ هَذَا مِنْ  
عَمَلِ الشَّيْطَانِ إِنَّهُ عَدُوٌّ مُضِلٌّ مُبِينٌ ﴿١٥﴾

16. (Musa) n'agamba nti: Mukama wange! Mazima nze ndyazaamaanyizza omwoyo gwange, (wabula) nsonyiwa! Ne (Katonda), n'amusonywa. Mazima Ye ye Musonyiyi, Omusaasizi.

قَالَ رَبِّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي فَاغْفِرْ لِي  
فَغَفَرَ لَهُ إِنَّهُ هُوَ الْعَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿١٦﴾

17. N'agamba nti: Katonda wange! Ku lw'ekyo (ekyengera) kye wangabira

قَالَ رَبِّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي فَاغْفِرْ لِي  
فَغَفَرَ لَهُ إِنَّهُ هُوَ الْعَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿١٧﴾

nga tebamanyi nti oyo ye yali mwannyina era ne batamanya nti kamuyonsa cyabafunirwa ye yali Nnyina.

Kale olw'okugera kwa Katonda, teyakkiriza mukazi mulala kumuyonsa atali nnyina.

(n'onsonyiwa), siriddayo kubeera muyambi ku (bantu) bonoonyi.

18. Musa n'akeeseza mu kibuga (olunaku olwaddirira) nga atya era nga yeekengera (ekinaamujjira olw'okutta omuntu), nate yagenda okulaba nga oyo (y'omu) eyamusa bye okumutaasa eggulo nga nate asaba (Musa) okumutaasa (era ku mulabe omulala). Musa n'amugamba: Mazima ggwe (toli kirala wabula) oli mubuze omweyolefu.
19. Bwe yayagala okukuba oyo (Omunisiri eyali) ye Omulabe wa bombiriri; (omusajja oyo) n'agamba nti: Owange Musa! Oyagala okunzita nga bwe wasse omuntu eggulo? Tolina ky'oyagala wabula okubeera (kikirimaanyi) eyeekuliza mu nsi, era toyagala kubeera mu balongoosa.
20. Awo omusajja n'ajja nga adduka okuva ku nkomerero y'ekibuga n'agamba nti: Owange Musa! Mazima abakungu bakuteesaako bakutte; n'olwekyo fuluma (ensi eno Misiri odduke). Mazima nze ndi wa mu bakubuuliridde.
21. Kale (Musa) n'afuluma okuva mu kyo; nga atya nga yeekengera, bw'alabirira. N'agamba nti: Mukama wange! Mponya (onzigye) mu kibiina ekiryazaamaanyi.
22. Bwe yamala okwolekera ku ludda lw'e Madiyana, n'agamba nti: Oba olyawo Mukama wange anannunngamya eri ekkubo eggolokofu.
23. Bwe yamala okutuuka (awakimwa n'okunywezeza ensolo) ku mazzi g'e

ظَهِيرَ الْمَجْرِمِينَ ﴿١٤﴾

فَاصْبِرْ فِي الْمَدِينَةِ خَائِفًا تَتَرَقَّبُ فَإِذَا  
الَّذِي اسْتَنْصَرَكَ بِالْأَمْسِ يَسْتَصْرِحُهُ  
قَالَ لَهُ مُوسَى إِنَّكَ لَغَوِي مُبِينٌ ﴿١٥﴾

فَلَمَّا أَنْ أَرَادَ أَنْ يَبْطِشَ بِالَّذِي هُوَ  
عَدُوٌّ لَهُمَا قَالَ يَمْوَسَى أَنْتَ رِيدُ أَنْ  
تَقْتُلَنِي كَمَا قَتَلْتَ نَفْسَ يَا لَمَسِّ إِنْ  
تُرِيدُ إِلَّا أَنْ تَكُونَ جَبَّارًا فِي الْأَرْضِ  
وَمَا تُرِيدُ أَنْ تَكُونَ مِنَ الْمَصْلِحِينَ ﴿١٦﴾  
وَجَاءَ رَجُلٌ مِنْ أَقْصَا الْمَدِينَةِ يَسْعَى  
قَالَ يَمْوَسَى إِنَّ الْمَلَائِكَةَ أَمْرُؤُنَ بِكَ  
لِيُقْتَلُوكَ فَاخْرُجْ فِي لَيْلِكَ مِنَ النَّاصِحِينَ ﴿١٧﴾

فَخَرَجَ مِنْهَا خَائِفًا تَتَرَقَّبُ قَالَ رَبِّ  
نَجِّنِي مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿١٨﴾

وَلَمَّا تَوَجَّهَ تِلْقَاءَ مَدْيَنَ قَالَ عَسَى رَبِّي  
أَنْ يَهْدِيَ بَنِي سَوْأَةَ السَّبِيلِ ﴿١٩﴾

وَلَمَّا وَرَدَ مَاءَ مَدْيَنَ وَجَدَ عَلَيْهِ أُمَّةً

Madiyana n'asangako ekibiina ky'abasajja nga banywesa (amagana g'embuzi zaabwe), era n'asanga (awo kumabbali) abakazi babiri abatali (abo abanywesa) nga batangira (embuzi zaabwe obuteegatta mu za basajja abo). (Musa) n'abagamba nti: Ngeri ki mmwe (Lwaki mmwe muziyiza ezammwe)? Ne bamugamba nti: Tetuyinza kunywesa (zaffe) okutuusa abalunzi lwe bamala (okunywesa ezaabwe ne baziggyawo, olwo naffe ne tunywesa). Ne kitaffe, mukadde mukulu.

24. Kale (Musa) n'abanyweseza (ensolo zaabwe) bwe yamala n'akyuka okudda eri ekisiikirize (awummule) olwo n'agamba nti: Mukama wange! Mazima nze (nsiima) ekyo kyonna ky'onooba onzisizizza mu bulungi ku lw'obwavu.
25. (Oluvannyumako katonu) n'amujjira omuwala omu ku bombi (abo be yanyweseza ensolo zaabwe), nga atambula (agenda w'ali) n'ensonyi. N'agamba nti: Mazima kitange akuyita okukusasula empeera olw'okutunyweseza (embuzi zaffe). (Musa) bwe yamala okumujjira (kitaawe w'abawala) n'amunyumiza ekyafaayo (kye kyonna), n'abagamba nti: Totya owonye! Owonye mu kibiina ky'abalya-zaamaanyi.
26. (Omuwala) omu ku bombiriri n'agamba: Owange kitange! Mukozese

مِنَ النَّاسِ يَسْقُونَ وَوَجَدَ مِنْ دُونِهِمْ  
أَمْرًا كَيْفَ تَدْرُدْنَ قَالَ مَا أَحْطُ بِمَا  
قَالْتُمْ لَسْتُ بِمُحْسِنٍ حَتَّى يُصِيبَ الرَّعَاءُ وَأَبُونَا  
شَيْخٌ كَبِيرٌ ﴿٢٧﴾

فَسَقَى لَهُمَا ثُمَّ تَوَلَّى إِلَى الظِّلِّ فَقَالَ  
رَبِّ إِنِّي لِمَا أَتَيْتُكَ مِنَ خَيْرٍ  
فَقِيرٌ ﴿٢٨﴾

فَجَاءَتْهُ إِحْدَاهُمَا تَمْشِي عَلَى اسْتِحْيَاءٍ  
قَالَتْ إِنَّ ابْنِي يَدْعُوكَ لِجِزْيِكَ أَجْرًا  
سَقَيْتَ لَنَا فَلَمَّا جَاءَهُ وَقَصَّ عَلَيْهِ  
الْقِصَصَ قَالَ لَا تَخَفْ مِمَّا يَخِفُّونَ مِنْ  
الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٢٩﴾

قَالَتْ إِحْدَاهُمَا يَا بَتِ أَسْتَأْجِرُكَ

24. Musa yali awanjagira Katonda we amussize kyonna mu birungi ekisobola okumuvumula enjala n'okumuggya mu buyinike. Yali avudde e Misiri yonna nga talina mmere gy'alidde okuggyako ebikoola by'emiti n'ebivava ebibisi. Era yali talina ngatto. Kale yatuula awo mu kittuluzze nga n'olubuto lwe lubulidde ku mugongo nga yeetaaga olubajjo lw'entende naye nga nalwo talulaba; kalc kwe kusaba Katonda amuyambe afune akampwikipwaki konna k'azza eri omumwa.

26. Omuwala yawa kitaawe amagezi akozese Musa abeere ng'abalundira embuzi zaabwe kubanga yamulaba nga wa maanyi bwe yasitula olwazi yekka olusitulwa abasajja ekkumi, era

(abeere omulunzi mu kifo kyaffe). Mazima omulungi oyo (asaanye okukozeza) ye (musajja) ow'amaanyi omwesigwa.

27. (Swaibu, Kitaawe w'abawala) n'amugamba nti: Mazima nze njagala okukufumbiza omu ku bawala bange abo bombi (n'akakalu) ak'okuba nga onkolera (okumala) emyaka munaana. Naye bw'onooba ojuzizza ekkumi ekyo kinaava gy'oli, era saagala kukuzitooyeera. Ojja kunsanga, Katonda bw'anaaba ayagadde, (nga ndi) mu balongoofu (abakolaganika nabo).
28. (Musa) n'agamba nti: Ekyo kiri wakati wange naawe. Ekimu ku biseera (by'endagaano ebyo) ebibiri kye nazamala, tewaaabe kunnumbagana, ne Katonda ye Mujulizi kw'ebyo bye twogera.
29. Musa bwe yamala okumalako ekiseera (ky'endagaano ye ne ssezaala we — emyaka ekkumi), n'atambula n'abantu be, n'alengera omuliro ku ludda (eri) olusozi olwo n'agamba abantu be nti: Mutuule (wano mmwe). Mazima nze nnengedde omuliro; oba olyawo naabaleetera okuva we guli ekigambo, oba ekitawuliro ky'omuliro mulyoke mwote.
30. Wabula bwe yamala okugutuukako, n'akoowoolwa (eddoboozi) okuva ku ludda lw'olusenyi olwa ddyo. Mu kifo eky'omukisa, okuva ku muti

إِنَّ خَيْرَ مَنْ اسْتَأْجَرْتَ الْقَوِيُّ  
الْأَمِينُ ﴿٢٧﴾

قَالَ إِنْ أُرِيدُ أَنْ أَمْكِكَ أَحَدَى  
ابْنَتِي هَتَيْنِ عَلَى أَنْ تَأْجُرَ فِي ثَمْنِي  
حَجِيرَةً فَإِنْ أَنْهَسْتَ عَشْرًا فَمِنْ  
عِنْدِكَ وَمَا أُرِيدُ أَنْ أَمْسُقَ عَلَيْكَ  
سَعْدُ فِي إِنْ شَاءَ اللَّهُ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٢٨﴾

قَالَ ذَلِكَ بَيْنِي وَبَيْنَكَ أَيُّمَا الرَّجُلِينَ  
قَضَيْتَ فَلَا عُدْوَانَ عَلَيَّ وَاللَّهُ عَلَى  
مَا نَقُولُ وَكِيمٌ ﴿٢٩﴾

فَلَمَّا قَضَى مُوسَى الْأَجَلَ وَسَارَ بِأَهْلِهِ  
أَنَّ مِنْ جَانِبِ الطُّورِ نَارًا قَالَ لِأَهْلِهِ  
امْكُتُوا لِي أَنْتَ نَارَ الْعَلِيِّ رَبِّكُمْ مِنْهَا  
يَخْرُجُ أَوْجِدَةٌ مِنَ النَّارِ تَلْعَلْكُمْ  
تَصْطَلُونَ ﴿٣٠﴾

فَلَمَّا أَنْتَاهُ يُودِي مِنْ شَاطِئِ الْأَوْدِ الْأَمِينِ  
فِي الْبَقْعَةِ الْمُبَارَكَةِ مِنَ الشَّجَرَةِ أَنْ

yamulaba nga mwesigwa, bwe baali nga bajja naye n'amulagira ave emabega aleme kumukulembera.

28. Musa yagamba mukoddomi, ssezaala we nti nzikirizza ekyo ky'ogambye okunkozeza, eky'okulunda embuzi zo okumala emyaka omunaana; naye okujjuza ekkumi ekyo kyo kinaava gyendi sso tekijja kuba mu ndagaano.

Okuva olwo Musa n'atandika okulunda embuzi okutuusa lwe yamalako ekiseera kye baalagaana.

29. Musa yagamba mukyala we amulindirire awo agende gy'alengedde omuliro oba olyawo n'afunayo omuntu n'amulagirira ekkubo erituuka e Misiri, oba ssi ekyo abaleetereyo omuliro basobole okwota kubanga obudde bwali bwa butiti.

(nga limugamba) nti: Owange Musa!  
Mazima Nze Katonda, Omutonzi  
w'Ebitonde;

يُمُوسَىٰ إِلَىٰ أَنَا اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٠﴾

31. Kale suula (wansi) omuggo gwo. Bwe yagulaba nga gwanguwa ng'omusota, n'akyuka (n'adduka) nga akubyeyo amabega obutatunula mabega. (Wabula n'agambibwa nti): Owange Musa! Sembera eno era totya. Mazima ggwe oli mu bali emirembe.

وَأَنْ لَّنْ عَصَاكَ فَلَمَّا رَأَاهَا هَتَرَ كَأَنَّهَا  
جَانٌّ وَوَلَّىٰ مُدْبِرًا وَلَمْ يُعَقِّبْ يُمُوسَىٰ  
أَقْبَلَ وَلَا تَحْجَفْ إِنَّكَ مِنَ الْأَرْمِينِ ﴿٢١﴾

32. Yingiza omukono gwo mu kimeeme ky'ekkanzu yo, oja kuguggyayo nga mweru ttuku awatali (kuba na) bulwaddde. Era wumbatira gy'oli (ku kifuba kyo) omukono gwo bw'owulira okutya. Nabwo bwombi bubonero bubiri okuva eri Mukama wo (obw'okutwala) eri Fir'auna n'abakungu be: Mazima bo baali kibiina ekyonoonyi (okuva ddi na ddi).

أَسَلِكُ يَدَكَ فِي جَيْبِكَ تَخْرُجُ بِيضًا  
مِنْ غَيْرِ سَوْءٍ زَوَّضْتُمُ اللَّيْلَ  
جَنَاحَكَ مِنَ الرَّهْبِ فَذُرِّيَّتُكَ بَرَهَانٌ  
مِّنَ رَبِّكَ إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِ أَنَّهُمْ  
كَانُوا قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٢٢﴾

33. (Musa) n'agamba nti: Mukama wange!  
Mazima nze nabattamu omuntu n'olw'ekyo ntya bajja kunzita.

قَالَ رَبِّ إِنِّي قَتَلْتُ مِنْهُمْ نَفْسًا فَأَخَافُ  
أَنْ يَقْتُلُونِ ﴿٢٣﴾

34. Ne muganda wange Haruuna, ye y'asinga nze olulimi olwatufu (mu kwogera) n'olw'ekyo, mutume awamu nange (abeere) nga muyambi (annya-mba era) akakase amazima gange. Mazima nze ntya okunnimbisa.

وَأَخِي هَارُونُ هُوَ أَضْعَفُ مِنِّي لِسَانًا  
فَارْسَلَهُ مَعِيَ رِدْءًا يُصَدِّقُنِي إِنِّي أَخَافُ  
أَنْ يُكِيدُونِي ﴿٢٤﴾

35. (Katonda) n'amugamba nti: Tujja kunyweza omukono gwo ne muganda wo (Haruuna), era tubatereewo mmwe mwembi obujulizi (obw'amaanyi). Kale baleme kutuuka gye muli mmwe mwembiriri ku lw'obubonero Bwaffe.

قَالَ سَتَشُعِلُ عَصَاكَ بِأَخِيكَ وَتَجْعَلُ  
لَكُمْ سُلْطَانًا فَلَا يَصِلُونَ إِلَيْكُمَا بِآيَاتِنَا

31. Musa yaduma n'adduka bwe yalaba ng'ogubadde omuggo gufuuse omusota ogudduka gwanguwa. Kyokka nga ayitiddwa, yaddayo emabega.

35. Kitegeezebwa wano nti Abamisiri tebaalina ngeri yonna gye baanaasembereramu Musa ne Haruuna mu kukola ebyamagero ebyewuunyisa. Era tebaalina kabi konna ke banaabakola bombiriri mu kiseera ky'okubatuusaako ebiganbo bya Katonda.



Mmwe mwembi n'ababagoberedde, mmwe munaasinga.

أَنْتُمْ وَمَنِ اتَّبَعَكُمْ الْغُلُوبُونَ ﴿٣٥﴾

36. Musa bwe yamala okubajjira (Fir'auna n'abantu be) n'obubonero Bwaffe obunnyonnyofu, ne bagamba nti: Tekiri kino wabula eddogo erigunjiddwawo. Era tetuwulirangako (kiringa) kino (okuva) mu bakadde baffe abaasooka.

فَلَمَّا جَاءَهُمْ مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا يَتَّبِعْتَنِي قَالَ أَوْ مَا هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُّفْتَرَىٰ وَمَا سَمِعْنَا بِهَذَا فِي آبَائِنَا الْأَوَّلِينَ ﴿٣٦﴾

37. Musa n'agamba nti: Mukama wange y'amanyi oyo eyajja n'obulunngamu nga buva w'Ali (era y'Amanyi) n'oyo aliba nga alina enkomerero y'Ennyumba (Ey'emirembe): Mazima abalyazaamaanyi tebagenda kulokoka.

وَقَالَ مُوسَىٰ رَبِّي أَعْلَمُ بِمَنِ جَاءَ بِالْهُدَىٰ مِنْ عِنْدِي وَمَنْ تَكُونُ لَهُ عَاقِبَةُ الدَّارِ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ الظَّالِمُونَ ﴿٣٧﴾

38. Fir'auna n'agamba nti: Abange abakungu! Sibamanyiddeeyo Katonda mulala atali nze, kale (nkumira ttanuulu) onjokere (amataffaali) mu bbumba, Owange Haamaana, onteerewo omunaala ndyoke (nninnyireko mu ggulu) ndabe ku Katonda wa Musa; era Mazima nze (Musa) mulowooza nti wa mu balimba.

وَقَالَ فِرْعَوْنُ يَا أَيُّهَا الْمَلَأُ مَا عَلِمْتُ لَكُمْ مِنْ إِلَهِ عَيْرِي فَأَوْقِدْ لِي يَا مَلِكُ عَلَى الطَّيْنِ فَاَجْعَلْ لِي صَرْحًا لَعَلِّي أَطَّلِعُ إِلَىٰ إِلَهِ مُوسَىٰ وَإِنِّي لَأَظُنُّهُ مِنَ الْكَاذِبِينَ ﴿٣٨﴾

39. Ne yeekuza ye n'eggye lye mu nsi mu bitali bituufu, ne balowooza nti mazima bo ssi ba kuzibwa gye Tuli.

وَأَسْتَكْبِرُ هُوَ وَجُودُهُ فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ وَظَنُّوا أَنَّهُم لَيَسُنَّ أَلَهُمْ لِيَرْجِعُونَ ﴿٣٩﴾

40. N'olw'ekyo ne tumukwata n'eggye lye, ne tubakasuka (ne basaanawo) mu nnyanja. Kale tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abalyazaamaanyi.

فَأَخَذْنَاهُ وَجُودَهُ فَنَبَذْنَاهُ فِي الْيَمِّ فَأَنظَرَ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الظَّالِمِينَ ﴿٤٠﴾

37. Katonda y'amanyi ani mu bantu ow'okuba n'enkomerero ennungi mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Era abo abatakkiriza Katonda tebalirokoka kuwona bibonerezo Bye mu Lunaku Olw'oluvannyuma.

40. Fir'auna ye sukulumya nga yeeyita Katonda. Era abantu be baamugoberera era nga bamusinza. Kale Fir'auna yalagira katikiro we Hamaana amuzimbire omunaala asobole okulinyirako okutuuka lw'anaalaba Katonda oyo Musa gwe yagamba nti ye Katonda w'ebitonde byonna. Oluvannyuma ennyo, Katonda yamusaanyaawo Fir'auna n'eggye lye mu Nnyanja Emmyufu.

41. Ne tubafuula abakulembeze abakoowoola (abantu) okugenda mu Muliro, ne ku lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) tebagenda kutaasibwa.

وَجَعَلْنَاهُمْ آيَةً يُدْعَوْنَ إِلَى التَّوَارِثِ  
وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ لَا يُنصَرُونَ ﴿٤١﴾

42. Netubagoberezaako ekikolimo mw'ensi ne ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) bo ba mu (abo) abalifuulibwa ababi.

وَاتَّبَعْنَاهُمْ فِي هَذِهِ الدُّنْيَا لَعْنَةً  
وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ هُمْ مِنَ الْمَقْبُوحِينَ ﴿٤٢﴾

43. Mazima twawa Musa Ekitabo oluvannyuma lw'okuzikiriza emirembe egyasooka (ne giggwaaawo) nga kya kulabisa kya bantu era nga kya kulungama (kw'abantu) n'okusaasira, oba olyawo ne bajjukira.

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ مِنْ بَعْدِ  
مَا أَهْلَكْنَا الْقُرُونَ الْأُولَى بِصَافِرِ  
الطَّائِسِ وَهَدَىٰ وَرَحْمَةً لَّعَلَّهُمْ  
يَتَذَكَّرُونَ ﴿٤٣﴾

44. Era tewaliwo (Ggwe Muhammadi) ku ludda olw'e Bugwanjuba (bw'O-lusozi olwo) mu kiseera we twamalira Musa ekigambo (ky'okumutuma eri Fir'auna) era tewali mw'abo abaliwo (okujulira ebyo ebyaliwo);

وَمَا كُنْتَ بِجَانِبِ الْغُرُبَىٰ إِذْ قُضِيَ  
إِلَىٰ مُوسَى الْأَمْرُ وَمَا كُنْتَ مِنَ  
الشَّاهِدِينَ ﴿٤٤﴾

45. Naye mazima Ffe twasibulawo emirembe (mingi oluvannyuma lwa Nabbi Musa nga ggwe tonnabaaawo), obuwangaazi (bwabwe) ne buba buwanvu. Era (ggwe) tewali mutuuzze (wa) mu bantu b'e Madiyana nga obasomera obubonero Bwaffe, naye mazima Ffe twalinga tubatumira (abantu, ababaka).

وَلَكِنَّا أَنشَأْنَا قُرُونًا فَتَطَاوَلَ عَلَيْهِمُ  
الْعُمُرُ وَمَا كُنْتَ ثَاوِيًّا فِي أَهْلِ مَدْيَنَ  
تَتْلُو عَلَيْهِمْ آيَاتِنَا وَلَكِنَّا كُنَّا  
مُرْسِلِينَ ﴿٤٥﴾

46. Era tewali ku ludda lwa lusozi mu kiseera bwe twakoowoola (Musa);

وَمَا كُنْتَ بِجَانِبِ الطُّورِ إِذْ نَادَيْنَا

44. Olusozi olwo Nabbi Musa we yatimirwa eri Fir'auna lwe luyitibwa Sinai; ate lwo olusenyi ne luyitibwa Tuwaa.

45. Wano Katonda ategeza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga ebyo byonna by'amubuulira mu byafaayo bya Musa, ye Muhammadi bwe yali tabirabyeko na maaso ge wadde okuba nga yaliwo mu biro by'emirembe egyo alyoke abimanye; wabula okufaananako nga ababaka bonna abaali baatumwa oluberyebye lwe, naye Katonda yamubikkulira Amazima n'amutuma eri abantu b'ensi bonna. Era ebyo byonna bye yatumbwa nabyo yabitegeera ku lwa bubaka obwamuweebwa.

naye (okutumibwa kwo n'okutegeezebwa ebifa ku ye Musa) kusaasira kwa Katonda wo olyoke otiise eki-biina (ky'abantu) abatajjirwanga mutiisa (yenna) oluberyeberye lwo, oba olyawo ne bajjukira.

وَلَكِنَّ رَحْمَةً مِّن رَّبِّكَ لِتُنذِرَ قَوْمًا مَّا أَتَاهُمْ مِّن نَّذِيرٍ مِّن قَبْلِكَ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٣٦﴾

47. (Era twalibadde tetukutuma eri bo — naye) singa kabadde kabatuseeko akabi ku lw'ebyo (ebikolwa ebibi) bye gyakulembeza emikono gyabwe, bandigamba nti: Mukama waffe! Singa watutumira Omubaka, (eyanditubuulidde naffe) ne tugoberera amateeka Go era ne tubeera mu bakkiriza?

وَلَوْلَا أَن نُّصِيبَهُمْ مُّصِيبَةً مِّمَّا قَدْ كَتَبْنَا عَلَيْهِمْ لَفِيضُوا لَوَلَّوْا أَرْسَلْنَا إِلَيْكَ رَسُولًا فَتُنَبِّئُهُم لَيْتَكُم مِّنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٣٧﴾

48. Naye mazima bwe gaamala okubajjira Amazima (Kuraane) okuva gye Tuli, baagamba nti: Singa aweereddwa (ekyamagero Muhammadi) eki-faanana ng'ekyo kye yaweebwa Musa! Abaffe tebaawakanya ebyo Musa bye yaweebwa oluberyeberye? Ne bagamba nti: (Ye Musa ne Muhammadi) balogo bombiriri abayambagana; era ne bagamba nti: Mazima ffe bonna tubawakanyizza.

فَلَمَّا جَاءَهُمُ الْحَقُّ مِنْ عِنْدِنَا قَالُوا لَوْلَا أُوتِيَ مِثْلَ مَا أُوتِيَ مُوسَىٰ أَوْ لَمْ يَنْفِرُوا بِمَا أُوتِيَ مُوسَىٰ مِنْ قَبْلُ قَالُوا اسْمَعْ نَظَاهَرًا وَقَالُوا إِنَّا بِحُجْلٍ لَّكِرُونَ ﴿٣٨﴾

49. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Kale muleete Ekitaboekiva eri Katonda ekyo ekigolokofu (obulungi) okusinga (bino) byombiriri (Kuraane ne Tau-raati) ndyoke nkigoberere, bwe muba nga mwogera mazima.

قُلْ فَأْتُوا بِكِتَابٍ مِّنْ عِنْدِ اللَّهِ هُوَ أَهْدَىٰ مِنْهُمَا أَتَّبَعُهُ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٣٩﴾

47. Nabbi Muhammadi yatumbwa eri Abakuraish baleme kwekwasa ng'ebibonerezo bya Katonda bibadde bibatuseeko ku lw'obutakkiriza n'obwonoonyi bwabwe, nti bo tebaatumirwa mubaka kubalunggama.

48. Nabbi Musa bwe yagenda eri Fir'auna n'abagoberizi be, baamuyita omulogo bwe yasuula wansi omuggo gwe ne gufuuka omusota ate omukono gwe ne gwakaayakana ttuku bwe yaguggya mu kimeeme kye. Ne Nabbi Muhammadi bwe yatumbwa ne Kuraane Ey'ekitiibwa erimu obubaka obuwuniikiriza eri Abakuraish, baamulimbisa ne bamuyita omulogo. Kale ebyo bye baagamba nti singa naye yali aweereddwa ebyamagero okufaanako ng'ebyo ebyaweebwa Nabbi Musa tebyalimu nsa, wabula kwali kwekwatiriza. Era ddala mu nkomerero ya byonna Musa ne Muhammadi baabassa mu ttuluba limu lya kubayita balogo.

50. Bwe baba nga tebakuzzeemu, olwo manya nti mazima (bo) bagoberera bwagazi bwabwe. Ani omubuze okusinga oyo agoberera obwagazi bwe awatali bulungamu buva eri Katonda? Mazima Katonda talungamya kibiina ky'abalyazaamaanyi.

فَإِنْ لَمْ يَسْتَجِبْ إِلَيْكَ فَاعْلَمْ أَنَّمَا  
يَتَّبِعُونَ أَهْوَاءَهُمْ وَمَنْ أَضَلُّ مِمَّنْ  
اتَّبَعَ هَوَاهُ يَبْغِي هُدًى مِنَ اللَّهِ إِنَّ  
اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٥٠﴾

وَلَقَدْ وَصَلْنَا لَهُمُ الْقَوْلَ لَعَلَّهُمْ  
يَتَذَكَّرُونَ ﴿٥١﴾

51. Mazima (kati) tubannyonyodde Ekigambo, oba olyawo ne bajjukira.

الَّذِينَ آتَيْنَاهُمُ الْكِتَابَ مِنْ قَبْلِهِ هُمْ  
بِهِ يُؤْمِنُونَ ﴿٥٢﴾

52. N'abo be twawa Ekitabo oluberyebye (lw'eno Kuraane), — (abamu mu) bo bagikkiriza.

53. Bwe baba nga ebasomeddwa (Kuraane), bagamba nti: Tugikkirizza. Ddala yo mazima agavudde eri Mukama waffe, mazima ffe (okuva) oluberyebye twali nga tuli bakkirizza (abeewaddeyo eri Katonda Omu).

وَإِذْ أُنزِلَتْ عَلَيْهِمْ الْقُرْآنُ فَسَاءَ  
الْحَقُّ مِنْ رَبِّنَا إِنَّكُمُ اسْمَاءُ  
مُؤْمِنِينَ ﴿٥٣﴾

54. Abo baliweebwa empeera yaabwe emirundi ebiri ku lw'ebyo bye baagumiikiriza era ne baggisaawo n'ekirungi ekibi, era nga bagaba okuggya mw'ebyo bye twabagabira.

أُولَئِكَ يَتُوبُونَ أَعْرَاجَهُمْ مَرَّتَيْنِ بِمَا  
صَبَرُوا وَيَدْرُءُونَ بِالْحَسَنَةِ السَّيِّئَةَ  
وَمِمَّا زَكَرْنَا لَهُمْ يَنْفِقُونَ ﴿٥٤﴾

55. Bwe baba nga bawulidde eby'olubalaato bamwawukanako (oyo abiireeta), ne bagamba nti: Ffe tulina emirimo gyaffe nammwe mulina emirimo gyammwe. Emirembe gibe ku mmwe! (Ffe) tetwagala (kkubo) lya bantu abatamanyi.

وَإِذْ أَسْمَعُوا اللَّعْنَاءَ عَرَضُوا عَنْهُ وَ  
قَالُوا إِنَّا أَعْمَالُنَا وَلَكُمْ أَعْمَالُكُمْ  
سَلِّمُوا عَلَيْكُمْ زَلْ لَا تَبْغِي  
الْجَاهِلِينَ ﴿٥٥﴾

56. Mazima ggwe (Muhammadi) toyinza kulungamya (buli yenna) oyo gw'oba

إِنَّكَ لَا تَهْدِي مَنْ أَحْبَبْتَ وَلَكِنَّ

54. Bo ba kufuna empeera emirundi ebiri, olw'okubanga bakkiriza Taurati oba Enjiri ne bagoberera Nabbi Musa oba Nabbi Issa oluberyebye. Ate na kati bakkiriza Kuraane ne bagoberera Nabbi Muhammadi. N'olw'ekyo babadde ku bulungamu emirundi gyombiriri - ekyokyekinaabafunyisa empeera ez'emirundi ebiri.

56. Aya eno yakka nga kojja wa Nabbi Omwagalwa ennyo Abu Twalib yaakafa. Nabbi yayagala nnyo Kojjaawe oyo era nga ayagala afe nga Musiraamu. Kyokka Abakuraish abalala abatakiriza

oyagadde, naye Katonda y'alunngamya oyo gw'aba ayagadde. Naye y'ama-nyi abalunngamu.

57. Ne bagamba (Abakuraish abamu) nti: Singa (tuba) tugoberedde Obulunngamu (buno bw'ozze nabwo) awamu naawe tuyinza okusikulwa mu nsi yaffe (eno). Abaffe tetwabatebenkereza Ekibuga (kyabwe Makka) Eky'emizizo (era) Eky'emirembe omwo omukuluumulirwa buli ngeri ya bibala, nga (okwo) kugaba okwava we Tuli? Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.
58. Era bimeka mu byalo bye twazikiriza ebyayonoona obulamu bwabyo (obwali obw'eddembe n'okwegazaanya ku lw'okubula kwabyo)! N'ago amayumba gaabwe tegaatulwamu oluvannyuma lwabwe wabula amatono (ddala). Era Ffe twafuuka abasika (baago).
59. Teyali Katonda wo wa kuzikiriza kyalo, okutuusa lwe yatumangamu mu kikolo kyakyo Omubaka nga abasomera ebigambo Byaffe (olwo bwe batakkirizanga n'alyoka abazikiriza). Era tetwali ba kuzikiriza kyalo wabula nga abantu baamu balyazaamaanyi.
60. N'ekyo kyonna kye muba muweereddwa mu kintu, kya mu byakweyagala bya mu bulamu bwa nsi n'okwenyiriza kwayo; n'ebyo ebiri awali

اللَّهُ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ وَهُوَ أَعْلَمُ  
بِالْهُتَدَى ٥٧

وَقَالُوا إِنَّا بِنِعْمَةِ الْهُدَى مَعَكُمْ  
فَنُخَلِّفُ مِنْ أَرْضِنَا أَوْلِيَهُمْ لَعَلَّ  
هُمْ يَحْتَفِلُونَ فِيهَا لِيَكُونَ لَهُمْ  
رِجَالٌ يَلْعَلُونَ ٥٨

وَكَمْ أَهْلَكْنَا مِنْ قَرْنٍ لَاطَرَتْ مِنْهُمْ  
أَعْيُنُهُمْ فَنِخَلْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ  
إِلَّا قَلِيلًا ٥٩

وَمَا كَانَ رَبُّكَ مُهْلِكَ الْقُرَى حَتَّى  
يَبْعَثَ فِي أُمِّهِمْ رَسُولًا لِيَمْلِكُوا  
عَلَيْهِمْ ٦٠

وَمَا أَوْتِيْتُمْ مِنْ شَيْءٍ فَمَتَّاعِ الْخَيْوَةَ  
الَّذِينَ أَوْزَيْنْتُمْهَا وَمَا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ

baasendasenda Abu Twalib n'atasiramuka. Kale okufa kwe ng'akwali mu butakkiriza kyaluma nnyo Nabbi wamu n'okumunakuwaza ennyo era n'agezaako n'okusaba Katonda amusoniywe.

Katonda kwe kussa aya ng'ategeza Nabbi nga ye ku bubwe bw'atasobola kulunngamya muntu olw'okwagala kwe, wabula ky'alina ekikulu ky'eky'okutuusa obubaka eri abantu.

58. Ebyalo cbyo ebimu ebitaafuna bantu balala kubisenga byafuuka matongo era ne bifuuka ebifo bya Katonda, nga Ye ye Nnannyinibyo.

59. Obulyazaamaanya bwabanga bwa kugaana kukkiriza bubaka gattako n'okukola ebya-mbyone eby'obujemu.

Katonda bye bisinga obulungi era bye by'okusigalawo (olubeerera). Abaffe, temutegeera?

عَلَّمَ وَأَنْفَى أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٦٤﴾

61. Abaffe oyo gwe twalagaanyisa enda-gaano ennungi (era nga) naye wa kugisisinkana (ng'etuukirizibwa); ayinza okufaanana nga oyo gwe tweyagaza mu by'okweyagala kw'obulamu bw'ensi, nga n'oluvannyuma ye ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) wa mu balise-mbezebwa mu bibonerezo (by'Omuliro)?

أَقْمِنَ وَعَدَنَهُ وَعَدَّ أَحْسَنًا فَهُوَ  
لَا قِيَّةَ لِمَنْ مَتَّعْنَاهُ مَتَاعَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
ثُمَّ هُوَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ مِنَ الْمُحْضَرِينَ ﴿٦١﴾

62. (Bajjukize) n'olunaku (olwo Katonda) lw'alibakoowoola n'abagamba nti Baluwa 'bannange' (be mwangattako) — abo be mwalinga mugamba (nti nabo bakatonda)?

وَيَوْمَ مِينَادُهُمْ فَيَقُولُ أَيُّنَ تُرْكَأِي  
الَّذِينَ كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ ﴿٦٢﴾

63. Baligamba abo abaliba bamaze okukakatako Ekigambo (ky'okubonerezebwa): Mukama waffe! Abo be bo be twabuza. Twababuza nga bwe twabula. Tutukudde (ne tubesamba mu maaso Go) okudda gy'Oli. Tebaali nga basinza ffe.

قَالَ الَّذِينَ حَقَّ عَلَيْهِمُ الْقَوْلُ رَبَّنَا  
هَؤُلَاءِ الَّذِينَ أَغْوَيْنَا أَغْوَيْنَاهُمْ  
كَمَا غَوَيْنَا تَبَرَّأْنَا إِلَيْكَ مَا كَانُوا  
إِيَّا نَاعْبُدُونَ ﴿٦٣﴾

64. Ne bagambibwa nti: Mukoowoole bannammwe (be mwasinzanga nga mubagatta ku Katonda). Kale balibakoowoola (naye) ne batabaanukula, era baliraba Ebibonyobonyo (nga bibeyolese). (Olwo balyejjusa nti) abaffe mazima bo singa baali balunnigamu (nga bakyali ku nsi ne bawona ebibonyobonyo).

وَقِيلَ ادْعُوا شُرَكَاءَكُمْ فَدَعَوْهُمُ  
فَكَرِهُوا سُبْحَانَ اللَّهِ وَرَأَى الْعَذَابَ  
لَوْ أَنَّهُمْ كَانُوا يَهْتَدُونَ ﴿٦٤﴾

65. (Era bajjukize) n'Olunaku lwe bali-koowoolwa (Katonda) n'agamba nti: Kiki kye mwayanukula ababaka?

وَيَوْمَ مِينَادُهُمْ فَيَقُولُ مَاذَا جِئْتُمْ  
الْمُرْسَلِينَ ﴿٦٥﴾

66. Kulibabula okunnyonyola ku Lunaku olwo, (babeere) nabo nga tebasobola wadde kubuuzaganya.

فَعَبَّيْتُمْ عَلَيْهِمُ الْإِنْبَاءَ يَوْمَ مِينَادُهُمْ  
لَا يَتَسَاءَلُونَ ﴿٦٦﴾

67. Naye oyo (aliba nga) yeenenya (ku nsi kuno) n'akkiriza n'akola ebirungi, kale oba olyawo alibeera mu b'oku-  
lokoka.

فَمَا مَن تَابَ وَأَمَن وَعَمِلَ  
صَالِحًا فَغَسَىٰ أَنْ يَكُونَ مِنَ  
الْمُفْلِحِينَ ﴿٤٥﴾

68. Ne Mukama wo akola nga bw'aya-  
gala n'asiima (nga bw'aba ayagadde).  
(Abantu) tebalina kwesiimira (ku  
kigambo kyonna). Katonda yaya-  
wukana n'agulumira kw'ebyo bye ba-  
mugattako!

وَرَبُّكَ يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَيَخْتَارُ مَا  
كَانَ لَهُمُ الْحَيْرَةُ سُبْحَانَ اللَّهِ وَعَلَىٰ  
عِزِّهِ يُشْرِكُونَ ﴿٤٦﴾

69. Era Mukama wo amanyi ebyo bye  
bikweka ebifuba byabwe n'ebyo bye  
boolesa

وَرَبُّكَ يَعْلَمُ مَا تُكْرَهُمْ صَدُّهُمْ وَمَا  
يُعْلَمُونَ ﴿٤٧﴾

70. Naye ye Katonda; tewali Katonda  
(mulala) wabula Ye. Alina okute-  
ndebwa mu (bulamu) obw'olube-  
ryeberye (obw'oku nsi) n'Obw'olu-  
vannyuma, era y'alina okulamula, ne  
gy'ali gye mulizzibwa.

وَهُوَ اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ لَهُ الْحَمْدُ  
فِي الْأُولَىٰ وَالْآخِرَةِ وَلَهُ الْحُكْمُ وَ  
إِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٤٨﴾

71. Bagambe nti: Mumbuulire, singa  
Katonda abassizaawo ekiro eky'olu-  
beerera okutuuka ku Lunaku Lw'o-  
kuyimirira (mu maaso Ge), ani kato-  
nda omulala atali Katonda Omutonzi  
ayinza okubaleetera ekitangaala?  
Abaffe temuwulira?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ جَعَلَ اللَّهُ عَلَيْمُ النَّيْلَ  
سُرْمًا إِلَىٰ يَوْمِ الْقِيَامَةِ مَنْ إِلَهٌ غَيْرُ  
اللَّهِ يَأْتِيكُمْ بِضِيَاءٍ أَفَلَا تَسْمَعُونَ ﴿٤٩﴾

72. Bagambe nti: Mumbuulire! Bw'abanga  
Katonda abataddeko Omusana ogw'o-  
lubeerera okutuusa ku Lunaku Lw'o-  
kuyimirira (mu maaso Ge), ani katonda  
omulala atali Katonda Omutonzi ayi-  
nza okubaleetera ekiro kye muwu-  
mmuliramu? Abaffe temulaba?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ جَعَلَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ  
النَّهَارَ سُرْمًا إِلَىٰ يَوْمِ الْقِيَامَةِ مَنْ إِلَهٌ  
غَيْرُ اللَّهِ يَأْتِيكُمْ بِاللَّيْلِ تَسْتَكُونُ فِيهِ  
أَفَلَا تُبْصِرُونَ ﴿٥٠﴾

73. Ne ku lw'okusaasira K we kwe kuba-  
teerawo ekiro n'emisana, mulyoke  
muwummuliremu, era mulyoke mu-  
noonye mu bigabwa Bye, era oba  
olyawo ne mwebaza.

وَمَنْ رَحْمَتِهِ جَعَلَ لَكُمْ الْيَلَّ وَالنَّهَارَ  
لِتَسْكُنُوا فِيهِ وَلِتَبْتَغُوا مِنْ فَضْلِهِ وَ  
لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٥١﴾

74. N'olunaku (Katonda) lw'alibakoo-woola n'abagamba nti: Baluwa banange abo be mwali mugamba (nti nabo bakatonda)?

وَيَوْمَ يَبْكَدُ يَهُودُ قَوْلُ آيِنِ شُرَكَاءِ  
الَّذِينَ كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ ﴿٧٤﴾

75. Era tuliggya (okuva) mu buli kibiina omujulizi (ow'okubajulira). Ne tugamba nti: Muleete obujulizi bwa-mmwe. Olwo lwe balimanya nti Amazima ga Katonda; ne bibabulako ebyo bye baalinga bagunjawo — (bakatonda ab'obulimba).

وَنَزَعْنَا مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا فَقُلْنَا  
هَاتُوا بُرْهَانَكُمْ فَعَلِمُوا أَنَّ الْحَقَّ لِلَّهِ  
وَضَلَّ عَنْهُمْ تَاكَاؤُا يَفْتَرُونَ ﴿٧٥﴾

76. Mazima Karuuna yali mu kibiina kya Musa, wabula n'abasukkirira (ng'abeegulumirizaako n'okwemanya); ne tumuwa amawanika (g'emmaali empitirivu) nga mazima ebisumuluzo byago byandizitooweredde n'ekibiina eky'amanyi. Mu kiseera ekibiina kye bwe kyamugamba nti: Tosanyuka; mazima Katonda tayagala (bantu) abasanyuka (nga beemanya olw'obugagga).

إِن تَارَدُونَ كَانَ مِنْ قَوْمِ مَوْسَىٰ بَعِيَ  
عَلَيْهِمْ وَأْتَيْنَاهُ مِنَ الْكُتُوبِ مَا إِنَّ  
مَفَالِقَهُ لَكُنُوزًا بِأَلْعَصَبَةِ أُولَى الْقُوَّةِ  
إِذْ قَالَ لَهُ قَوْمُهُ لَا تَفْرَحْ إِنَّ اللَّهَ لَا  
يُحِبُّ الْفَرِحِينَ ﴿٧٦﴾

77. Noonyanga mw'ebyo Katonda bye yakuwa Ennyumba y'Enkomerero (otoole zakka, osaddaake, oyambe abeetaavu n'ebirala) era teweerabiranga omugabo gwo mu nsi, era longoosa nga Katonda bwe yakulongooseza, tonoonyanganga okwonoona mu nsi; ddala Katonda tayagala bonoonyi.

وَابْتَعِرْ فِيمَا أَنْتَ اللَّهُ الذَّارِ الْآخِرَةَ وَلَا  
تَسْ نَصِيبَكَ مِنَ الدُّنْيَا وَأَحْسِنْ كَمَا  
أَحْسَنَ اللَّهُ إِلَيْكَ وَلَا تَبْغِ الْفُسَادَ فِي  
الرَّمْضِ إِنْ اللَّهُ لَا يُحِبُّ الْمُفْسِدِينَ ﴿٧٧﴾

78. (Karuuna) n'agamba nti: Mazima nagabweba ku lw'okumanya kwe

قَالَ إِنَّمَا أُوتِيتُهُ عَلَىٰ عِلْمٍ عِنْدِي ط

76. Abantu be baategeeza nti nno aleke kwemanya na kwekuluntaza olw'emmaali Katonda gye yamuwa.

Omusajja ono Karuuna yali mwana wa Kitaawe wa Nabbi Musa omuto era yali Musomi wa Tauraati. Kyokka yayonooneka olw'emmaali endulundu Katonda gye yamuwa. Mu nkomerero ya byonna Katonda yamusaanyaawo ettaka ne limumira awamu n'emmaali ye gattako n'abantu be abamugobereranga.

78. Karuuna yabaddamu abantu be ng'agamba nga cyo emmaali bwe yali agifunye olw'okumanya kwe kwe yalina okwamusobozesa okutetenkanya okugifuna n'okugikunngaanya n'eyala. Kale bo baali tebalina buyinza kumugambako era nti ye yalina okugikozesa nga bw'ayagala.



nnina. Abaffe, teyamanya nti, mazima Katonda ddala yali yazikiriza (dda) oluberyeberye lwe mu mirembe egyayita, abo abaali bamusinga amaanyi era nga bamusinga n'emmaali ennyingi (entuume)? Era tebabuuzibwa abo-noonyi ku bibi byabwe (kubanga Katonda aba abimanyi).

79. (Bw'aty'o Kaaruuna) n'aviirayo eki-biina kye nga ali mu majolobera ge. Ne bagamba abo (mu bo) abaagala obulamu bw'ensi: Abaffe, singa naffe tulina ekifaanana nga ebyo Karuuna bye yaweebwa! Mazima ye alina omugabo munene.

80. Ne bagamba abo abaaweebwa oku-manyanya (okwa nnamaddala mu bo): Zibasanze mmwe! (Mubadde ki)? Empeera za Katonda ze zisinga obulungi eri oyo aba akkiriza n'akola obulongoofu (okusinga eyo emmaali Kaaruuna gy'alina). (kyokka) teba-kiyiga wabula abagumiikiriza.

81. (Oluvannyuma) ne tumusaanyaawo (Karuuna) n'amayumba ge n'amiribwa mu ttaka. Yali nga talina kibiina kya bamutaasa abatali Katonda

أَوَلَمْ يَعْلَم أَنَّ اللَّهَ قَدْ أَهْلَكَ مِنْ  
قَبْلِهِ مِنَ الْقُرُونِ مَنْ هُوَ أَشَدُّ مِنْهُ  
قُوَّةً وَأَكْبَرَ سِمَةً وَلَا يُسْئَلُ عَنْ  
ذُنُوبِهِمُ الْمُجْرِمُونَ ﴿٤٨﴾

فَخَرَجَ عَلَى قَوْمِهِ فِي زِينَتِهِ قَالَ الَّذِينَ  
يُرِيدُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا لِيَكُن لَنَا  
مِثْلَ مَا أُوتِيَ قَارُونَ إِنَّهُ لَكَاؤُحٌ  
عَظِيمٌ ﴿٤٩﴾

وَقَالَ الَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ وَيَدَّكُم  
ثَوَابُ اللَّهِ خَيْرٌ لِمَنْ آمَنَ وَكَمَلَ صَالِحًا  
وَلَا يَقْتُلُهَا إِلَّا الضَّالُّونَ ﴿٥٠﴾

فَحَسْبُنَا بِهِ وَبَدَارِ الْاِكْرَامِ فَمَا كَانَ  
لَهُ مِنْ ذُرِّيَةٍ يَنْصُرُونَهُ مِنْ دُونِ اللَّهِ

Kale bwatyo Karuuna bwe yazibwa amaaso emmaali ne yeeyagala n'okuduula n'aduula eno bwe yeegulumiza olw'okukitwala nti ye wa magezi, era busobozi bwe na kumanya kwe bye byali bimugaggawazizza, sso si Katonda; n'olw'ekyo ne yeetwala okuba waggulu wa banne bonna era nga wa ddembe okubayisa nga bw'ayagala.

Kozzi kitawe yali muzibi wa maaso, asiruwazibwa emmaali era nga emwerabizizza ne Katonda. Bwe batyo abagagga bangi emmaali gye batuuma ebeberabiza Omutonzi waabwe eyabagabira. Era olw'ebibi byabwe ebigi bazikirizibwa awatali na kubuuzibwa.

79. Mu bantu b'ekibiina kya Karuuna, abalala abo abaali balabankanyizibwa ebvokufuna kw'obulamu bw'ensi begomba ebyo Kaaruuna bye yalina era ne bamwesimisa awatali kutunuulira ngeri gye yeeyisaamu eri Katonda we.

Kyokka abo abaalina kye bamanyiiko baalaba ng'emmaali ya Kaaruuna temwali kalungi konna era ne bamanya nti empeera eziva eri Katonda ze zisinga obulungi eri oyo aba alongoosizza emirimu gye.

80. Amakulu, abamanyi bategeeza nti okumanya empeera za Katonda ze zisinga obulungi okusinga ebvokufuna kw'ensi. Eddaala eddene erya waggulu terituukikako wabula abagumiikiriza bolka be balituukako.

81. Emmaali ya Kaaruuna n'abanlu be tebyasobola kumutaasa ku bibonerezo bya Katonda.

(ku kiseera ekyo eky'okumuzikiriza) era teyali wa mu bayinza kwetaasa.

82. Ne bakeesa (enkyo) abo abaabadde beegomba ekifo kye olunaku lweggulo nga bagamba nti: Ee abange! (Ddala) Katonda agaziyiza ebyokufuna kw'oyo gw'ayagadde (ssi nsonga k'abe mubi) mu baddu Be ate n'abifundiza (ku gw'ayagadde). Singa Katonda teyatugabira (kyengera n'atukolera ekisa) yanditusaanyi-zaawo (ettaka ne litumira naffe nga bwe yakoze(Kaaruuna). Abange! Nga mazima (ddala) abakafiiri te-balokoka!

83. Eyo Ennyumba (ey'Obulamu) Obw'oluvannyuma tugiteerawo abo abataagala kwessukulumya mu nsi, oba okwonona, enkomerero (ennungi) y'abatya Katonda.

84. N'omuntu alijja n'ekirungi alina obulungi ku lwakyo n'oyo alijja n'ekibi, tebagenda kusalulwa abo abakola ebibi wabula ebyo bye baalinga bakola.

85. Mazima Oyo eyakulaalikako Kuraane (okugituusa eri abantu) wa kukuzza eri (ekifo) kye yakulagaanya. Bagambe nti: Mukama wange y'amanyi oyo azze n'obulunngamu era n'oyo ye ali mu bubuze obweyolefu.

86. Era wali ggwe tosubira okuleetebwa Ekitabab (kino Kuraane) gy'oli wabu-

وَمَا كَانَ مِنَ الْمُنتَصِرِينَ ﴿٨١﴾

وَاصْبِرْ لِلَّذِينَ تَمَتَّعُوا بِمَكَانِهِ بِالْأَمْسِ  
يَقُولُونَ وَيَكُنَّ اللَّهُ يَبْسُطُ الرِّزْقَ  
لِمَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَيَقْدِرُ لَوْلَا  
أَنْ مَنَّ اللَّهُ عَلَيْنَا لَخَسَفَ بِنَا وَيَسْكَأُ  
عَمَّا لَا يَفْلِحُ الْكَافِرُونَ ﴿٨٢﴾

تِلْكَ الدَّارُ الْآخِرَةُ لِمَجْلُوعِ الَّذِينَ  
لَا يُرِيدُونَ عُلُوًّا فِي الْأَرْضِ وَلَا  
كُفْرًا ۗ وَالْعَاقِبَةُ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٨٣﴾

مَنْ جَاءَ بِالْحَسَنَةِ فَلَهُ خَيْرٌ مِنْهَا  
وَمَنْ جَاءَ بِالسَّيِّئَةِ فَلَا يُجْزَى الَّذِينَ  
عَمِلُوا السَّيِّئَاتِ إِلَّا مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٨٤﴾  
إِنَّ الَّذِي قَرَضَ عَلَيْكَ الْقُرْآنَ لَرَادُّهُ  
إِلَى مَعَادٍ قُلْ رَبِّي أَعْلَمُ مَنْ جَاءَ  
بِالْهُدَى وَمَنْ هُوَ فِي ضَلَالٍ مُبِينٍ ﴿٨٥﴾  
وَمَا كُنْتَ تَرْجُو أَنْ يُثَقِّلَ بِكَ الْقِتَابَ

85. Katonda yalaalika Nabbi Muhammadi (s. a. w.) agoberere Kuraane mu byonna by'akola era agiyigirize abantu. N'olw'okugiyigiriza abantu Nabbi yawalanwa n'ayigganyizibwa ne kimutuusa ne ku kudduka awanngangukire e Madiina n'aleka Ekibuga Makka mwe yazaalibwa n'okukulira era mwe yafunira obwannabbi n'okutandika okuyigiriza Kuraane ya Katonda.

Ebyafaayo bigamba nti aya eno yakka nga Nabbi ali ku lugendo lw'okuwannangukira kwe e Madina. Kale "Okumuzza mu kifo" kitegeza nti oluvannyuma Katonda yali wa kumuwanguzza abalabe be (abatakkiriza) abaali bamuyigganya, adde mu kibuga ekyo Makka. Oba mu makulu amalala kiri nti nga ye bwe yali omukozi w'obulungi, Katonda yali wa kumuwa ekifo ekirungi —Ejjana, mu Bulamu bwe Obw'oluvannyuma.

la (kyakolebwa kityo) ku lwa kusaa-sira okwava eri Mukama wo, n'olw'ekyo tobeeranga Omuyambi ku batakkiriza.

87. Mazima takuziyizanga (muntu yenna n'ova) ku bubonero bwa Katonda oluvannyuma lw'okubussa ku ggwe; wabula koowoola (abantu) okujja eri Mukama wo, mazima tobeereranga ddala ow'omu bagatta Katonda n'ebintu ebirala.

88. Era tosabanga awamu ne Katonda Omutonzi katonda omulala yenna. Tewali Katonda (mulala) wabula Ye yekka. Buli kintu kyonna kya kuzikirira wabula ekyenyi Kye. Okulamula Kukwe, era gy'Ali (mwenna) gye mulizzibwa.

إِلَّا رَحْمَةً مِنْ رَبِّكَ فَلَا تَكُونَنَّ  
ظَهِيرًا لِلْكَافِرِينَ ﴿٨٧﴾

وَلَا يَصُدُّكَ عَنْ آيَاتِ اللَّهِ بَعْدَ إِذٍ  
أَنْزَلَتْ إِلَيْكَ وَأَدْعُ إِلَى رَبِّكَ وَلَا  
تَكُونَنَّ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٨٨﴾

وَلَا تَدْعُ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ لَا إِلَهَ  
إِلَّا هُوَ قَدْ سُبِّحَ كُلُّ شَيْءٍ بِهَذَا الْوَجْهِ  
لَهُ الْحُكْمُ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٨٨﴾

## EBIFA KU SSUULA AL-ANKABUUTI MU BUFUNZE (29)

N'eno y'emu ku Ssuula ezo ezakkira e Makka. Esinga kunnyonyola ebifa ku Nzikiriza, gamba nga. Okwawula Katonda obutamugattako bintu birala mu Bwakatonda Bwe, n'ennyonyola ebifa ku Bubaka bwa'Bannabbi, n'Okuzuukira n'Okusasulwa.

Essira esinga kuliteeka ku Bukkiriza n'okulaga obuzibu Abakkiriza bwe basanga nga buva mu batali bakkiriza mu bulamu buno obw'ensi: Kubanga abakafiiri b'omu Makka baatuusa ebizibu bingi ku Basiraamu. Mu ngeri emu bw'etyo ne Bannabbi bonna abaasooka Muhammadi (s.a.w.) baafuna ebizibu ebitagambika okuva mu bantu be baatumwamu. Era Essuula ennyonyola ensonga cno mu bujuvu. Asooka okwogerwako ye Nabbi Nuuhu ne kuddako Ibrahiimu, ne kuddako Luutu ne Swaibu; era n'eyogera ku bibiina ebyabula ne biyitiriza okubula n'okwekuluntaza, nga Ekika kya Aadi ne Thamuudu. Okwo teekako Fir'auna Karuuna ne Hamaana n'abalala.

Mu ntandikwa yaayo eyogera ku mutendera gw'abantu abo abalwooza nti okukkiriza kukoma ku kugamba bugambi nti: "Tukkiriza". Abo bwe baba batuusibwako obuzibu n'okubonaabona ne bava ku Bulunngamu ne badda mu bubuze, eddiini ne bagivaamu balyoke bawone okubonaabona kw'ensi n'ebizibu byayo; sso nga ebibonnyobonyo by'omu Bulamu Obw'oluvannyuma bye bisinga okuba ebikakali.

Kw'ebyo nno Essuula kw'eyongereza okunnyonyola Amazima g'Obubaka bwa Nabbi Muhammadi era nga bw'eraga Obujulizi obwoleka Obuyinza bwa Katonda n'Obwomu Bwe.

Emaliriza nga eyogera ku kusasulwa kw'abo abagumiikiriza ebizibu ku lw'okutwani-rira Eddiini ya Katonda esobole okuyimirirawo; nga bawaayo obulamu bwabwe n'emmaali yaabwe; Katonda ategeeza nga bw'ajja okubalunngamya mu Makubo Ge amatuufu, era ategeeza nga bw'Ali awamu n'abo abalongoosa emirimu gyabwe ku Lulwe.



## ESSUULA AL-ANKABUUTI (29)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 7 ne Aya 69

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. ALIF LAAM MIIM.

الْحَمْدُ

2. Abaffe, abantu balwooza nti baja kulekebwa olw'okugamba obugambi nti, Tukkiriza, nga nabo tebagezese-bbwa?

أَحْسِبَ النَّاسَ أَنْ يُتْرَكُوا  
أَنْ يَقُولُوا آمَنَّا وَهُمْ لَا يُفْتَنُونَ ﴿٢﴾

3. Mazima twagezesa abo abaabasooka. Kale Katonda ajja kumanyira ddala abo abakkiriza ab'amazima era ddala ajja kumanya abalimba (mu bukkiriza bwabwe).

وَلَقَدْ فَتَنَّا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ  
فَلَيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ صَدَقُوا  
وَلَيَعْلَمَنَّ الْكٰذِبِينَ ﴿٣﴾

4. Balwooza abo abakola ebibi oku-tukulembere (tulemwe kubabonereza)? Kibi nnyo ekyo kye basalawo!

أَمْ حَسِبَ الَّذِينَ يَعْمَلُونَ السَّيِّئَاتِ  
أَنْ يَسْبِقُونَا سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ ﴿٤﴾

5. Oyo aba asuubira okusisinkana Katonda (akimanye nti) mazima eki-seera (kya Katonda) kye yalagaanya kya kutuuka, era Naye y'Awulira, Amani.

مَنْ كَانَ يَرْجُوا لِقَاءَ اللَّهِ فَإِنْ أَجَلَ  
اللَّهُ لَاتٍ وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٥﴾

1. ALIF LAAM MIIM: Okufaananako n'essuula endala ezitandika n'ennyukuta ezo, Katonda y'amanyi kye yagenderera nazo.

2. Obukkiriza si kigambo ekyogerwa obwogerwa wabula buvunaanyizibwa obwetaagisa okwannganga obuzibu n'okugumiikiriza ebikemo byonna ebiba bituuse ku muntu; kubanga Katonda tajja kuleka bakkiriza bagambe bugambi nti Bakkiriza. Si bwe kijja okuba wabula ajja kumala kubageza na kubaletera bubenje alyoke alabe obugumiikiriza bwabwe n'amazima g'obukkiriza bwabwe.

4. Abantu abo abagaana okukkiriza ne bakola ebibi, tebalwooza n'akatonon nti ba kusu-mattuka ebibonereza bya Katonda, era endowooza eyo mbi nnyo ddala.

6. N'oyo anyiikira, mazima anyiikira ku lulwe, mazima Katonda mugagga obuteetaaga eri bitonde (Bye).
7. N'abo abakkiriza ne bakola ebirungi, mazima tugenda kubakingiriza ebibi byabwe era ddala tulibasasula obulungi ku lw'ebyo bye baali bakola.
8. Era twalaamira omuntu okuyisa obulungi bakadde be; naye bwe babanga bakuwaliriza okungattako ekyo ky'otalinaako kumanya; olwo tobagonderanga. Gyendi y'eri obuddo bwammwe ndyoke mbategeeze ebyo bye mwali mukola.
9. N'abo abakkiriza ne bakola ebirungi tulibayingiriza ddala mu balongoofu.
10. Ne mu bantu mulimu abo abagamba nti: Tukkiriza Katonda; kyokka bwe baba nga banakuwazibwa ku (lw'okulwana mu kkubo lya) Katonda, bafuula okuwalagganya kw'abantu nga ebibonyobonyo bya Katonda ate bwe kuba nga kuzze okutaasa kwa Mukama wo, bagambira ddala nti: Mazima ffe twabadde nammwe (eki-seera kyonna — sso nga balimba). Abaffe, tali Katonda amanyi ebyo ebiri mu bifuba by'ebitonde?

وَمَنْ جَاهَدَ فَإِنَّمَا يُجَاهِدُ  
لِنَفْسِهِ إِنَّ اللَّهَ لَغَنِيٌّ عَنِ

الْعَالَمِينَ ⑥

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
لَنُكَفِّرَنَّ عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ

أَحْسَنَ الَّذِي كَانُوا يَعْمَلُونَ ⑤

وَوَصَّيْنَا الْإِنْسَانَ بِوَالِدَيْهِ حُسْنًا  
وَإِنْ جَاهَدَاكَ لِتُشْرِكَ بِي مَا لَيْسَ

لَكَ بِهِ عِلْمٌ فَلَا تُطِعْهُمَا إِلَيَّ مَرْجِعُكُمْ  
فَأُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ⑧

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَنُدْخِلَنَّهُمْ  
فِي الصَّالِحِينَ ④

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَقُولُ آمَنَّا بِاللَّهِ فَإِذَا  
أُودِيَ فِي اللَّهِ جَعَلَ فِتْنَةَ النَّاسِ

كَعَدَابِ اللَّهِ وَلَئِن جَاء نَصْرٌ مِّن  
رَّبِّكَ لَيَقُولُنَّ إِنَّا كُنَّا مَعَكُمْ أَوْ لَيْسَ

اللَّهُ بِأَعْلَمَ بِمَا فِي صُدُورِ الْعَالَمِينَ ⑩

6. Buli muntu yenna anyiikira okukola ebyo Katonda by'ayagala, omugaso gw'okunyiikira kwe gudda gy'ali, sso ssi eri Katonda. Ekyo kiri kityo kubanga Katonda talina kye yeetaaga ku bitonde Bye.

8. Katonda yalagira omuntu okugondera bakadde be n'okubayisa obulungi mw'ekyo kyonna omutali kujeemera Mutonzi. Naye singa bakulagira okujeemera Omutonzi tosaanye kubagondera, kubanga si kituufu okugondera ekitonde mw'ekyo ekirimu okujeemera Katonda.

10. Mu aya eno ekika ky'abantu abamu abatwala ekigambo ky'obukkiriza nti kyangu nga bakyali mu ddembe boogerwako. Naye bwe baba nga batuuse ku buzibu ku lw'eddiini yaabwe gy'e bakkiriza benkanyankanya obuzibu obwo n'ebibonerezo bya Katonda. N'olw'ekyo baddirira mu

11. Mazima Katonda ajja kumanyira ddala abo abakkiriza, era ajja kumanyira ddala abo abannanfuusi.
12. Ne bagamba abo abaakaafuwala eri abakkiriza nti: Mugoberere ekkubo lyaffe (sso temugoberera Muhammadi) era tugenda kubeetikkira ebibi byammwe (mmwe muleme kubone-rezebwa). Sso nga bo ssi ba kwetikka mu bibi byabwe kintu na kimu. Mazima bo balimba.
13. Mazima bagenda kwetikka obuzito bw'ebibi byabwe n'obuzito bw'ebibi (ebirala ebyo eby'okubuza bannaabwe) awamu n'obuzito bw'ebibi byabwe, era ddala bagenda kubuuzibwa ku Lunaku Lw'Okuyimirira (mu maaso ga Katonda) kw'ebyo bye baagunjangawo.
14. Era mazima twatuma Nuuhu (ng'omubaka Waffe) eri ekibiina kye n'abamalamu emyaka lukumi okuggyako (emyaka) amakumi ataano (ng'ababuulira naye ne batakkiriza); kale amataba ne gabakwata (ne basaanawo) olw'okubanga bo baali balyazaamaanyi.
15. Ne tumuwonya (n'abantu be) abaali mu lyato, ne tukifuula akabonero ak'okulabirako eri ebitonde (abantu bonna).

وَلْيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَلْيَعْلَمَنَّ  
الْمُنْفِقِينَ ①

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِلَّذِينَ آمَنُوا اتَّبِعُوا  
سَبِيلَنَا وَنَحْمِلْ خَطِيئَتَكُمْ وَمَا هُمْ  
بِحَاكِلِينَ مِنْ خَطِيئَتِنَا مِنْ شَيْءٍ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ②

وَلْيَحْمِلُنَّ أَثْقَالَهُمْ وَأَنْقَالَهُمْ  
وَلْيَسْأَلُنَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ عَمَّا كَانُوا يَفْتَرُونَ ③

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ فَلَبِثَ فِيهِمْ  
أَلْفَ سَنَةٍ إِلَّا خَمْسِينَ عَامًا فَأَخَذَهُمُ  
الطُّوفَانُ وَهُمْ ظَالِمُونَ ④

فَأَجْمِنُوا وَأُصْحَبِ السَّفِينَةَ وَجَعَلْنَاهَا  
آيَةً لِلْعَالَمِينَ ⑤

bukkiriza bwabwe olw'okutya abantu; sso nga ebibonerezo bya Katonda bya maanyi okusinga okuwalaganyizibwa kw'abantu.

13. Abo abakulembeze abaatwalanga abantu mu bukafiiri bagenda kwetikka ebibi byabwe bye baakolanga awamu n'ebibi by'okubuza kwabwe abantu ku Lunaku Lw'okuzuukira.

14. Nabbi Nuuhu yawangaala emyaka 950. Era ebbanga ly'obulamu bwe eryo lyonna yalimala n'abantu be, nga abayita okudda eri Katonda naye ne bagaana. N'olw'ekyo Katonda n'alyoka abasaanyaawo n'amataba olw'obukaafiiri bwabwe.

16. (Bajjukize) ne Ibrahiimu mu kiseera bwe yagamba ekibiina kye: Musinze Katonda, era mumutye; kyo kye kirungi gye muli bwe mubeera nga mumanyi.
17. Mazima mmwe musinza ebyo ebitali Katonda amasanamu ne mukola eby'o-bulimba? Abo be musinza abatali Katonda tebabafunira mmwe kyakulya. N'olw'ekyo muncoonye (okuva) eri Katonda kyo kulya era mumusinze, wamu n'okumwebaza (olw'okubanga) gy'Ali gye mugenda okuzibwa.
18. Bwe muba nga mulimbisizza (obubaka bwange), mazima ebibiina ebyabakulemba byalimbisa (Ababaka nabyo). Tekiri ku mubaka wabula okutuukiriza (obubaka) okweyolefu.
19. Abaffe tebalaba engeri Katonda gy'atandikamu ebitonde, bw'amala n'abizzaayo (omulundi ogw'okubiri gy'Ali)? Mazima ekyo ku Katonda kyangu.
20. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mutambule mu nsi mutunuulire engeri Katonda gye yatandikamu ebitonde, oluvannyuma Katonda y'alibitandikawo olutandika olw'enk'omerero (mu Bulamu Obw'oluvannyuma). Mazima Katonda Muyinza ku buli kintu.
21. Abonyabonya oyo gw'ayagadde n'asaasira oyo gw'ayagadde, era nga muli ba kuyusibwa okudda gy'Ali.
22. Era temuli ba kulemera ku nsi wadde mu ggulu, era temulina mw'ebyo ebi-

وَأَرْسَلْنَا إِلَيْهِمُ الرِّسَالَاتِ بَعْدَ مَا نَبَّأَهُم بِآيَاتِنَا أَنْ يَرْجِعُوا إِلَى اللَّهِ وَأَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ مِنْ أَثَرِ النَّارِ  
ذَلِكَ خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١٦﴾

إِنَّمَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ أَوْثَانًا وَتَخْلُقُونَ إِفْكًا إِنَّ الَّذِينَ تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ لَا يَمْلِكُونَ لَكُمْ رِزْقًا فَاتَّبِعُوا عِندَ اللَّهِ الرِّسَالَاتِ وَاعْبُدُوا  
وَاشْكُرُوا لَهُ ۖ إِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿١٧﴾

وَأَنْ تَكْفُرُوا فَقَدْ كَذَّبْتُمْ عَنْ وَسْطِ رِجْلِكُمْ وَمَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ  
الْمُبِينُ ﴿١٨﴾

أَوَلَمْ يَرَوْا كَيْفَ يُبْدِئُ اللَّهُ الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيدُهُ إِنَّ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ﴿١٩﴾

قُلْ سِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَانظُرُوا كَيْفَ  
بَدَأَ الْخَلْقَ ثُمَّ اللَّهُ يُنشِئُ النَّشْأَةَ الْآخِرَةَ  
إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢٠﴾

يُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ وَيَرْحَمُ مَنْ يَشَاءُ  
وَالِيَهُ تُقْبَلُونَ ﴿٢١﴾

وَمَا أَنْتُمْ بِمُعْجِزِينَ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي

16. Singa mutya Katonda mujja kufuna obulungi mu bulamu bw'ensi n'Obulamu Obw'oluvannyuma.  
20. N'ebibalibwa mu buyinza Bwe kwe kuzzaawo ebitonde oluvannyuma lw'okufa kwabyo.



tali Katonda mukuumi oba omutaasa (alisobola kubataasa abaggye mu bibonerezo bya Katonda).

23. N'abo abawakanya obubonero bwa Katonda n'Okumusisinkana (ku Lunaku Lw'enkomerero), abo ba kukutuka n'okusuubira okusaasira Kwange. Nabo balina ebibonyobonyo ebiruma.
24. Tekwali okuddamu kw'ekibiina kye (Ibrahiimu) wabula baagamba: Mumutte oba mumwokye. Kyokka Katonda n'amuwonya mu muliro (gwe baamusuulamu). Mazima muli mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekikikiriza.
25. N'abagamba nti: Mazima mutaddewo atali Katonda amasanamu ku lw'okwagalana (kwe mulina kati) wakati wammwe mu bulamu (buno) obw'ensi, (naye) oluvannyuma ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) abamu mulyegaana bannammwe era abamu mulikolimira bannammwe n'obuddo bwammwe (guliba) muliro era temulibeera na bataasa.
26. Kale Luutu n'amukkiriza (n'akkiriza Ibrahiimu) n'agamba nti: Mazima nze nsenguse okudda eri Katonda wange. Mazima Ye ye Ow'ekitiibwa, Omukakasa.

السَّمَاءِ وَمَا لَكُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ  
قُوِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ ﴿٢٣﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِاللَّهِ وَآيَاتِهِ  
أُولَئِكَ يَسْئُرُونَ رَحْمَتِي وَأُولَئِكَ  
لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢٤﴾

فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَنْ قَالُوا  
أَتَأْتِلُوهُ أَوْ حَرِّقُوهُ فَأَنجَاهُ اللَّهُ مِنَ  
التَّارِكِينَ فِي ذَلِكَ آيَاتٍ لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٢٥﴾

وَقَالَ إِنَّمَا اتَّخَذْتُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
أَوْثَانًا مَوَدَّةَ بَيْنِكُمْ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
ثُمَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ يَكْفُرُ بَعْضُكُمْ بِبَعْضٍ  
وَيَلْعَنُ بَعْضُكُمْ بَعْضًا ذَمُّواكُمْ  
التَّارِكُمْ وَمَا لَكُمْ مِنْ نَصِيرِينَ ﴿٢٦﴾

فَأَمَّنَ لَهُ لُوطٌ وَقَالَ إِنِّي مُهَاجِرٌ إِلَى  
رَبِّي إِنَّهُ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٧﴾

25. Mu bwonoonyi n'obulyazaamaanyi kuno ku si, mukunngaana ne muba bamukwano nga musinza ebyo ebitali Katonda. Kyokka ku Lunaku Lw'oluvannyuma, abagobererwa (bakatonca ab'obulimba) bagenda kwegaana ababagoberera, era n'abagoberezi balikolimira be bagoberera. Bonna awamu tebalifuna mutaasa alibaggya mu bibonerezo bya Katonda.

26. Nabbi Ibrahiimu bwe yalaha n'abantu be bagaanve okukkiriza n'asenguka okuva mu ns'i y'ewaabwe awamu ne mukyala we Saala, ne muganda we (Nabbi) Luutu n'atumbiwa nga Nabbi eri abantu b'ebyalu Sodoma ne Gomorra.

27. Ne tumugabira (Ibrahiimu omwana) Ishaka ne Yakubu (omuzzukulu). Ne tussa mu zzadde lye Obwannabbi n'Ekitabo, ne tumuwa empeera ye muno mu nsi, era mazima ye wa mu balongoofu mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

وَوَهَبْنَا لَهُ إِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَجَعَلْنَا فِي ذُرِّيَّتِهِ الشُّبُهَةَ وَالْكَتِبَ وَأَتَيْنَاهُ آجْرَهُ فِي الدُّنْيَا وَإِنَّهُ فِي الْآخِرَةِ لَمِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٢٧﴾

28. Era (jjukira) ne (Nabbi) Luutu! Mu kiseera bwe yagamba ekibiina kye: Mazima mmwe mukola ekyobuwemu (ekyo eky'okusobyu ku basajja) awatabanga muntu n'omu yabasooka ku kyo mu bitonde (byonna).

وَلَوْطًا إِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ إِنَّكُمْ لَأنتَونَ الْفَآحِشَةُ مَا سَبَقَكُمْ بِهَا مِنْ أَحَدٍ مِّنَ الْعَالَمِينَ ﴿٢٨﴾

29. Mazima mmwe mukola (eby'obuwemu) ku basajja ne muteega (abantu mu) makubo (okubatta n'okubanyaga), ne mukolera ebibi (ebya mbyone) mu nkunngaana zammwe? Tekwali okwanukula kw'ekibiina kye wabula baagamba: Tuletere ebibonyobonyo bya Katonda bw'oba nga oli mu boogera mazima.

إِنَّكُمْ لَأنتَونَ الرِّجَالِ وَتَقَطُّعُونَ السَّبِيلَ وَتَأنتَونَ فِي نَادِيكُمُ الْمُنكَرِ فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلاَّ أَن قَالُوا ائْتِنَا بِعَذَابِ اللَّهِ إِن كُنتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٢٩﴾

30. (Luutu) n'agamba nti: Mukama wange! Ntaasa ku kibiina ky'aboononyi.

قَالَ رَبِّ ائْصُرْنِي عَلَى الْقَوْمِ الْمَفْسِدِينَ ﴿٣٠﴾

31. Ababaka baffe (bamalayika) bwe baamala okutuuka eri Ibrahiimu (nga bagenze) okumubuulira eky'essanyu (eky'okuzaala omwana Ishaka), baamugamba nti: Ffe tuli ba kuzikiriza bantu b'ekyalo kino (Sodoma ne Gomorra), olw'okubanga mazima abantu baakyo balyazaamaanyi.

وَلَمَّا جَاءَتْ رُسُلُنَا إِبْرَاهِيمَ بِالْبَشْرَى قَالُوا إِنَّا مُهْدِكُمْ أَهْلَ هَذِهِ الْقَرْيَةِ إِنَّ أَهْلَهَا كَانُوا ظَالِمِينَ ﴿٣١﴾

32. (Ibrahiimu) n'abagamba nti: (Mu bantu abo) mulimu Luutu. Ne bamugamba

قَالَ إِنَّ فِيهَا لُوطًا قَالُوا لَنْ نَعْلَمَ بِمَنْ

27. Nabbi Ibrahiimu yazaala omutabani Ishaka, ye omwana n'amuzaalira omuzzukulu Yakubu. Ate nga mu zzadde Lye Ibrahiimu mwe mwali mutabani we omukulu Ismaeli. Bonna abo abaana be baazaala baasibukamu bannabbi; gamba nga Musa ne Muhammadi; era nga abo bombi baa weebwa Ebitabo Ebitukuvu. Musa yaweebwa Tauraati ate ye Muhammadi n'aweebwa Kuraane.

32. Nabbi Ibrahiimu yabuuza bamalayika engeri gye banaazikiriza abantu ba Sodoma ne Gomorra nga mulimu n'omuntu omulongoofu nga Luutu.

nti: Ffe tusinga okumanya abo abalimu. Mazima tujja kumuwoyeza ddala n'abantu be wabula mukazi we, ali mw'abo ab'okusigala.

33. Ababaka Baffe bwe baamala okutuuka eri Luutu, n'ankuwala ku lwabwe era ne yeeraliikirira ku lwabwe n'afuna okunyigibwa mu kifuba (olw'okubanga yali tasobola kubataasa eri bantu be); wabula ne bamugamba nti: Totya era tonakuwala! Mazima ffe tuli ba kukuwonya n'abantu bo, (mwenna awamu) okuggyako mukazi wo, ali mw'abo ab'okusigala.

34. Mazima ffe tuli ba kussa ku bantu b'ekyalo kino ebibonerezo okuva mu ggulu ku lw'ebyo bye baali bonoona.

35. Mazima twaleka mu kyo (ekitundu ky'ensi ekyo) akabonero akeyolefu eri ekibiina ekitegeera.

36. Era (jjukira bwe twatumira abatuuze) b'e Madiyana muganda waabwe (Nabbi) Swayibu. N'abagamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Katonda, era musuubire (empeera) Olunaku Lw'enkomerero, era temwonona mu nsi, nga (mugenderera) ne muba abonoonyi.

37. Ne bamulimbisa, n'abakwata musisi (ow'amaanyi), ne bakeesa mu mayumba gaabwe nga mirambo egibundadde ku maviivi.

فِيهَا النَّبِيُّ وَآهْلُهُ إِلَّا امْرَأَتَهُ  
كَانَتْ مِنَ الْغَيْرِينَ ﴿٣٣﴾

وَلَمَّا أَنْ جَاءَتْ رُسُلُنَا لَوْطَاسِيٍّ يَوْمِ  
وَضَاقَ بِهِمْ ذُرْعًا وَقَالُوا لَا تَخَفْ  
وَلَا تَحْزَنْ إِنَّا مُنْجُونَكَ وَأَهْلَكَ إِلَّا  
امْرَأَتَكَ كَانَتْ مِنَ الْغَيْرِينَ ﴿٣٤﴾

إِنَّا مُنْزِلُونَ عَلَىٰ أَهْلِ هَذِهِ الْقَرْيَةِ  
رِجْرًا مِّنَ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوا  
يَفْسُقُونَ ﴿٣٥﴾

وَلَقَدْ تَرَكْنَا مِثْلَهَا آيَةً لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ  
يَعْقِلُونَ ﴿٣٦﴾

وَالِى مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْبًا فَقَالَ  
يَوْمَ اعْبُدُوا اللَّهَ وَارْجُوا الْيَوْمَ الْآخِرَ  
وَلَا تَعْتُوا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿٣٧﴾

فَكَذَّبُوهُ فَأَخَذَ لَهُمُ الرَّجْفَةَ فَأَصْبَحُوا  
فِي دَارِهِمْ جثيمين ﴿٣٨﴾

Mukyala wa Luutu ye teyali wa kuluwona kubanga yali ayamba ku bakozi b'ebibi mu bibi byabwe. N'olw'ekyo naye yali wa kusigala nnyuma azikirizibwe nabo.

33. Bamalayika abo baatuuka eri Luutu nga bali mu kifaananyi ky'abavubuka abalungi. Ate nga abantu be beeziranga kulaba ku musajja naddala omuvubuka, ng'olwo banaamusobyako. Kale kyeeyava yeeraliikirira nti bannansi banne abaali baagwenyuka edda baali baja kubasobyako aswale mu maaso gaabwe.

38. Era (jjukira n'abantu b'ekika) kya Aadi ne Thamuudu! Mazima (okuzikirizibwa kwabwe) kwabeeyolekera mmwe mu bifo byabwe (ebyasigala amatongo mwe baalinga). Sitaane yabanyiririza emirimo gyabwe (emibi) n'abaziya ku kkubo (ly'obulungi). Sso nga ate baalinga balaba (eki-tuufu).

وَعَادًا أَوْ تَمُودًا وَقَدْ تَبَيَّنَ لَكُمْ مِنْ  
مَسْئَلِهِمْ فَصَدَّقْتُمْ أُولَئِكَ أَعْمَاءُ لَمْ  
يَجْعَلْ لَهُمْ مِنَ السَّبِيلِ وَإِذْ كَانُوا مُسْتَبْصِرِينَ ﴿٣٨﴾

39. Era (jjukira) Karuuna ne Fir'auna ne Hamaana! Mazima Musa yabajjira n'obujulizi (obulaga obuyinza bwa Katonda), kyokka ne beekuluntaliza mu nsi. Tebaali ba kukulembera (Katonda, abalemwe okubabonereza).

وَقَارُونَ وَفِرْعَوْنَ وَهَامَانَ وَلَقَدْ  
جَاءَهُمْ مُوسَى بِالْبَيِّنَاتِ فَاسْتَكْبَرُوا فِي  
الْأَرْضِ وَمَا كَانُوا سَابِقِينَ ﴿٣٩﴾

40. Kale buli omu twamukwata (ne tumuzikiriza) olw'ekibi kye; mu bo mulimu gwe twasindikira kikunngunta (alimu n'amayinja) era mu bo mulimu oyo eyakwatibwa okuboggola (kwa laddu n'afa), era mulimu mu bo oyo gwe twasaanyaawo n'ensi (ettaka ne limumira), ne mu bo mulimu gwe twasaanyaawo (n'amazzi n'abbira). Era Katonda teyali wa kubalyazaamaanya naye baali beeryazaamaanya bokka.

فَكُلًّا أَخَذْنَا بِذُنُوبِهِمْ فَمِنْهُمْ مَنْ أَرْسَلْنَا  
عَلَيْهِ حَاصِبًا وَمِنْهُمْ مَنْ أَخَذَتْهُ  
الصَّبْحَةُ وَمِنْهُمْ مَنْ خَسَفْنَا بِهِ الْأَرْضَ  
وَمِنْهُمْ مَنْ أَعْرَفْنَا وَمَا كَانِ اللَّهُ لِيُظْلِمَهُمْ  
وَلَكِنْ كَانُوا أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٤٠﴾

41. Ekifaananyi ky'abo abafuula abatali Katonda abakuumi, balinga ekifaananyi kya Nnabbubi eyeekolera ennyumba (sso nga) mazima esinga okunyoomba mu mayumba (gonna)

مَثَلِ الَّذِينَ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ  
أَوْلِيَاءَ مَثَلِ الْعَنْكَبُوتِ اتَّخَذَتْ بَيْتًا  
وَأَنْ أَوْهَنَ الْبُيُوتِ بَيْتُ الْعَنْكَبُوتِ

40. Katonda yazikiriza abonoonyi mu ngeri nnyingi. Kitwalibwa okuba nti abantu ba Sodoma ne Gomorra be baazikirizibwa kikunngunta alimu n'amayinja. Bo ab'Aadi ne bazikirizibwa kikunngunta ssinziggu ate omunnyogovu ennyo ow'obutiti. Kwo okuboggola okw'amaanyi n'okukan-kanyizibwa kwa musisi byazikiriza Aba Thamuudu, aba Madiyana, abantu ba Nabbi Luutu (Sodoma ne Gomorra), abantu ba Al-Hijiri n'abamu ntu bantu uba Thamuudu oteckeko ne Bannan-niyini kibuga abo aboogerwako nga cky'okulabirako ckiweebwa mu Ssuula Yaa-Siin.

Abo abaasaanyizibwawo mu mazzi ye Fir'auna n'abantu be ne Hamaana ogatteko n'abantu ba Nabbi Nuuhu ababbira mu mujuzo. Okumiribwa ettaka ye yali enkomerero ya Karuuna.

41. Ennyumba ya Nnabbubi njabayaba nnyo, kale terina muntu yenna gw'eyinza kugasa. Kale ne bakatonda baabwe abo nabo bwe bali tebalisobola-kubagasa n'akatono.

y'ennyumba ya Nnabbubi, singa baali bamanyi.

لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٣١﴾

42. Mazima Katonda amanyi ebyo bye basaba ebitali Ye. Temuli kintu, naye Ye wa Kitiibwa, Omukakasa.

إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا يُدْعُونَ مِنْ دُونِهِ مِنْ شَيْءٍ، وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٣٢﴾

43. N'ebyo ebifaananyi tubikubira abantu (bagerezeeko) naye tebabitegeera wabula abayivu mu bo.

وَتِلْكَ الْأَمْثَالُ لِقَوْمٍ لَّا يَعْقِلُونَ ﴿٣٣﴾

44. Katonda yatonda eggulu n'ensi n'amazima. Mazima muli mw'ekyo akabonero (ak'okulabirako) eri abakkiriza.

خَلَقَ اللَّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ، إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّمُؤْمِنِينَ ﴿٣٤﴾

45. Soma ebyo ebitumiddwa gy'oli (ebiva) mu Kitabo (kino Kuraane), era oyimirizeewo esswala: Mazima esswala eziyiza (oyo agisaala) okukola eby'o-buwemu n'ebitayagalwa (mu ddiini). N'okwogera ku Katonda kye kisinga obukulu (ku birala byonna mu kulongoosa omuntu). Ne Katonda Amaanyi ebyo bye mukola.

أَتْلُو مَا أَوْحَىٰ إِلَيْكَ مِنَ الْكِتَابِ وَأَقِمِ الصَّلَاةَ لِإِنَّ الصَّلَاةَ تَكْفِي عَنِ الْفَحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ وَلَذِكْرُ اللَّهِ أَكْبَرُ وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا تَصْنَعُونَ ﴿٣٥﴾

46. Era towakananga na Bannannyini Kitabo wabula n'ekyo ekisinga obu-

وَلَا تُجَادِلُوا أَهْلَ الْكِتَابِ الَّذِي هُوَ

45. Katonda alagira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) asomere abantu Kuraane nga abatuusaako obubaka. era mu ngeri y'emu n'abakkiriza (Abasiraamu) basome Kuraane eyo omubaka gy'aleese, era n'amulagira asaale kubanga esswala egatta ebintu b'ibiri: Ekisooka ye muntu asaala okumuziyiza okukola ebibi eri omuntu oyo aba yemanyiiiziza okusaala. Nabbi (s.a.w.) yabuuzibwa ku kigambo ekigamba nti "Mazima esswala eziyiza okukola ebibi", n'addamu n'agamba nti: "Omuntu okusaala kwe bwe kuba nga tekumugaanye kukola bibi n'ebyo ebitayagalwa aba talina by'asade". Ate Ibn Abaasi yagamba nti, Omubaka wa Katonda yagamba nti: "Omuntu okusaala kwe bwe kuba nga tekumuziyiza kukola bibi n'ebyo ebitayagalwa mu ddiini, okusaala okwo tekumwongera kusembera wa Katonda, wabula kumwongera kumwesamba."

Ekyokubiri ekifunwa mu kusaala, nga era ekyo kye kisinga obunene n'obukulu kwe kwogera ku Katonda, ne Katonda olwo n'abaggyako ebibi byabwe abo ababa bamujjukidde ne bamwogerako. Ekigambo kino kirimu amakulu abiri: Amakulu agasooka kwe kugamba nti Katonda okubajjukira kye kisinga obunene okusinga mmwe okumwogerako.

46. Katonda ategeera za kitundu kino nga Abasiraamu bwe balina okukozesa ebizambo ebirungi n'amagezi mu kuyita abantu okujja eri eddiini ya Katonda. Nga bw'agamba mu kitundu ekirala nti: "Yita abantu okujja eri ekkubo lya Katonda n'amagezi wamu n'okubulirira okulungi, okuggyako abo ababa babatanuddoko olutalo olwo nammwe mulina okwerwanako. Era mugambe abo ab'eddini endala abalina Ekitabo nti tukkiriza ebyo ebyassibwa ku ffe ebiri mu Kuraane n'ebyo ebyassibwa okusooka ku Bannabbi abasooka. Ne bwe biba nga bitegeera ebyo bye tutamanyi

lungi, okuggyako abo abalyazaamaanyi (abatawuliriza mazima era abalumbaganyi) mu bo: era mugambenga nti: Ffe tukkiriza ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebyo ebyassibwa gye muli; ne Katonda waffe nammwe Ali Omu, naffe ku Ye twewaddeyo tuli (Abasiraamu) abamugoberera.

47. Era bwe kityo tussizza gy'oli Ekitabo (kino Kuraane). N'abo be twawa Ekitabo (oluberyeberye lwa kino) bakikkiriza; ne mu bano (Abakurayish, Abawarabu) mulimu oyo akikkiriza: Era tawakanya Bigambo Byaffe wabula abo abawakanya amazima.

48. Era tewali (Ggwe Muhammadi) asoma oluberyeberye lwakyo (Ekitabo kino Kuraane) kitabo kyonna, wadde (era tewali asobola) kukiwandiika n'omukono gwo ogwa ddyo: Singa kyali bwe kityo (ddala olwo) abonoonyi bandibuusizzabuusizza (nnyo n'amaanyi).

أَحْسَنُ إِلَّا الَّذِينَ ظَلَمُوا مِنْهُمْ وَقَوْلُوا  
أَمْثَلًا الَّذِي أَنْزَلْنَا وَإِنَّا نُنزِلُ إِلَيْكُمْ  
وَالْهَنَاءَ وَالْهَكْمَ وَاحِدًا وَنَحْنُ لَهُ  
مُسْلِمُونَ ﴿٣٧﴾

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ فَالَّذِينَ  
أَتَيْنَاهُمُ الْكِتَابَ يُؤْمِنُونَ بِهِ وَمِنْ هَؤُلَاءِ  
مَنْ يُؤْمِنُ بِهِ وَمَا يَجْحَدُ بِالَّذِينَ  
الْكَافِرُونَ ﴿٣٨﴾

وَمَا كُنْتَ تَتْلُو مِنْ قَبْلِهِ مِنْ كِتَابٍ وَلَا  
تَخْطُ بِهِ يَمِينِكَ إِذْ أُرْتَابَ الْمُبْطِلُونَ ﴿٣٩﴾

mazima gaabyo oba obulimba bwabyo; tetubirimbisa kubanga oluusi biyinza okuba nga bya mazima; era tetubikakasa kubanga oluusi biyinza okuba ebitali bituufu nga birimu ebyo ebyakyusibwa.

47. Katonda ategeza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti: Mu ngeri y'emu nga bwe twawa Bannabbi abaasooka Ebitabo, bwe kityo nawe twakussizza ekitabo Kuraane, era abo abakisoma mu butuufu mu bakugu mw'abo Abalina ebitabo ebyasooka nga Tauraati, eya Nabbi Musa, n'Enjili eya Nabbi Issa, bakikkiriza ne bakakasa nti mazima kyo, bubaka obuvudde eri Katonda. Okugeza nga Abdallah mutabani wa Salaamu eyali Omuyudaaya eyakkiriza oluvannyuma lw'okusoma Kuraane, ne ne Silimaani Al-Faarisi eyali Omukristu era eyakkiriza oluvannyuma lw'okusoma Kuraane, ne babeeera Abasiraamu aba nnamaddala. Era Katonda n'agamba nti ne mu Bawarabu abaali batayina ddiini wabula nga basinza bifaananyi ebibaje, nabo mulimu abakkiriza. Katonda yamaliriza nga agamba nti: "Omuntu talimbisa Kuraane wabula oyo awalaza obuwalaza empaka n'akweka ama/ima."

48. Katonda agamba Nabbi we Muhammadi nti wamala ebbanga ddene mu nsi yo nga tomanyi kusoma era nga tomanyi kuwandiika. Ekyo abantu bonna bakimanyi n'abasoma ebitabo ebyasooka nabo bakimanyi kubanga basangamu mu bitabo byabw'okulangirirwa kwa Nabbi; ate nga mu bubonero obulaga obwa Nabbi oyo kwe kuba nga tasoma biwandiike era nga tawandiika. Nga Katonda bw'ategeza mu kitundu ekirala nti: "Abo abagoberera Nabbi atawandiika era atasoma biwandiike, oyo gwe basanga nga awandiikiddwa we bali (mu bitabo by'e balina) mu Tauraati n'Enjili, nga abalagira empisa ennungi era nga abagaana empisa embi."

49. Wabula Yo (Kuraane) bigambo ebinnyonyofu mu bifuba by'abo abaa weebwa okumanya, era tawakanya bigambo Byaffe wabula abo abalyazamaanyi (abawalaaza empaka).
50. (Abatakkiriza) ne bagamba nti: Singa kussibwa ku ye ebyamagero okuva eri Mukama we! Bagambe nti: Ddala mazima (ebikwata) ku byamagero biri eri Katonda yekka, naye nze mazima ndi mutiisa butiisa omweyolefu (abatiisa ebibonerezo bya Katonda).
51. Abaffe, tekibamala okuba nti mazima Ffe tussizza ku gwe Ekitabo (kino

بَلْ هُوَ آيَاتٍ كُنْتُمْ فِي صُدُورِ الَّذِينَ  
أُوتُوا الْعِلْمَ وَمَا يَجْحَدُ بِآيَاتِنَا إِلَّا  
الظَّالِمُونَ ﴿٥٠﴾

وَقَالُوا لَوْلَا أُنزِلَ عَلَيْهِ آيَاتٌ مِّن  
رَّبِّهِ قُلْ إِنَّمَا الْآيَاتُ عِندَ اللَّهِ وَ  
إِنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٥١﴾

أَوَلَمْ يَكْفِهِمْ أَنَّا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ

(Nabbi oyo eyalangwa ye Nabbi Muhammadi (s.a.w.) kubanga obubonero obwo bwa fabika mu ye era yali tawandiika obulamu bwe bwonna, nga ensonga eyamugaana okumanya okuwandiika kyali kigendererwa kya Katonda, abatakkiriza baleme kugamba nti Kuraane Nabbi gyazze nayo kitabo kye ye yakyewandiikira. Katonda amaliriza aya eno nga agamba nti: "Tewali awakanya butuufu bwa Kuraane wabula abo abalyazaamaanya amazima ne batagoogera wabula ne basalawo kuwalaaza mpaka."

49. Katonda agamba nti Kuraane ebigambo byayo binnyonyofu era bitangaavu mu kulaga amazima. Eyanguyira okugikwata ku bakugu, abamanyi. Katonda abawa obwangu mu kugikwata n'okuginnyonyola, ekyo ne kiba nga nkizo nnene gye balina. Kuraane Kitabo Ekitukuvu Katonda kye yawa Nabbi Muhammadi (s.a.w.); nga era bw'akakasa ekyo Nabbi yennyini nga agamba nti: "Tewali Nabbi n'omu wabula (buli omu) Katonda yamuwa ekyamagero ekyo abantu kye basinzirako okukkiriza, naye nze mazima ekyange kye naweebwa bwe Bubaka (Kuraane), obwo Katonda bwe yantumira. Nsuubira okubeera nga nze ndiba n'abagoberezi abasinga obungi."

Wano Katonda kwe kukakasa nga bwe watali asobola kulimbisa ebigambo ebiri mu Kuraane okuggyako abo abalyazaamaanya amazima ne badda mu kuwalaaza empaka. Nga era bwe yaboogera mu kitundu ekirala. n'agamba nti: "Mazima (abo) abaakakatako ebigambo kya Katonda wo (eky'okubonereza), tebagenda kukkiriza ne bw'obalectera buli kabonero konna okutuusa bwe baliraba ebibonyobonyo ebiruma."

50. Katonda ayogera ku bakafiiri abamugattako balubaale engeri gye baagugubangamu obatakkiriza Nabbi nga beekwasa, bwe bagamba nti: "Singa ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) awecreddwa ekyamagero ekitulaga nga bw'ali omubaka wa Katonda okufaana nga Swalihi bwe yaweebwa engamiya nga eva mu lwazi!" Katonda n'agamba Nabbi We nti: "Bagambe nti ebyamagero biri wali Katonda era y'amanyi. Singa abadde amanyi nti munakiriza yandireese ekyo kye musaba n'ayanukula okusaba kwamme" Era nga Katonda bw'agamba mu kitundu ekirala nti: "Tewali kwatugaara kusindika byamagero wabula lwa kuba nti (ab'emirembe) egyayita) abasooka baabirimbisa. Nga bwe baaleeterwa abantu ba Thamuudu engamiya ennamu ne bagiryazaamaanya n'ekyavaamu kwakugita, era ne batakkiriza Nabbi waa bwe Swalihi; ekyavirako Katonda n'abazikiriza." Wano nti Nabbi (s.a.w.) kwe kugamba nti: "Mazima nze ndi mutiisa omweyolefu" ntumiddwa kubatuusaako bubaka Katonda bw'antumye.

51. Mu aya eno, Katonda agamba nti: "Abaffe abo abaagala ebyamagero kino Ekitabo Kuraane: Katonda ky'assizza ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) tekibamala okuba akabonero akalaga amazima



Kuraane) ekibasomerwa? Mazima (mu kyo) mulimu eky'okusaasira n'okubulirira eri ekibiina ky'abakkiriza.

52. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Kimale okuba nga Katonda ye mujulizi wakati wange nammwe. Amanyi ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. N'abo abakkiriza ebitali bituufu ne bawakanya Katonda, nabo be bo abafaafaaganiddwa.
53. Bakusaba okubanguyiza ebibonyobonyo (bya Katonda): (Naye) singa teryali banga ggere (Katonda ly'alindiriza, lye yabigerera bijjiremu), byandibajjidde ebibonerezo (ebyo mbagirawo): Era byandibajjidde kibwatukira nga nabo tebamanyi!
54. Bakupeeka okubanguyiza ebibonerezo sso nga mazima omuliro (Jahannama) gwa kwetooloola abakafiiri!—
55. Olunaku ebibonerezo lwe biri babuutikira okuva waggulu waabwe n'okuva wansi w'amagulu gaabwe. (Katonda) n'abagamba nti: Mukombe kw'ebyo bye mwali mukola!

يَسْتَجِئُونَكَ فِي ذَلِكَ رَحْمَةً وَ  
ذِكْرِي لَعْنَةُ الْمُؤْمِنُونَ ﴿٥١﴾

قُلْ لَعْنَةُ اللَّهِ عَلَى الْبَغِيِّينَ وَبَيْنَهُمْ شُعَيْبٌ إِذْ  
جَاءَ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَالَّذِينَ آمَنُوا  
بِالْبَاطِلِ وَكَفَرُوا بِاللَّهِ أُولَئِكَ هُمُ الْخٰسِرُونَ ﴿٥٢﴾

وَيَسْتَجِئُونَكَ بِالْعَذَابِ وَلَوْلَا أَجَلٌ مُّسَمًّى  
لَجَاءَهُمُ الْعَذَابُ وَلَيَأْتِيَنَّهُمْ بَغْتَةً وَ  
هُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٥٣﴾

يَسْتَجِئُونَكَ بِالْعَذَابِ وَإِنَّ هَمَّهُمْ  
لَمُحِيطَةٌ بِالْكَفْرِينَ ﴿٥٤﴾

يَوْمَ يَشْهَرُهُمُ الْعَذَابُ مِنْ فَوْقِهِمْ  
وَمِنْ تَحْتِ أَرْجُلِهِمْ وَيَقُولُ دُونَكَ  
مَا لَمْ تَعْمَلُونَ ﴿٥٥﴾

ge?" — Ekyo ekirimu okunnyonyola ebigambo ebyaliwo ku mireme egayita era ekiramula n'obwenkanya ebyo ebiba biri wakati wammwe wamu n'okubeera nga akireese y'oyo atasoma biwandike era nga tabangako n'abo abalinda ebitalo ebyasooka; n'asobola wamu n'ekyo okuleeta ekitalo ekyogera ku byali mu bitabo ebyasooka nga abannyonyola obutuufu mw'ebyo bye bayawukanamu.

52. Katonda yagamba Nabbi we nti: Bagambe nti Katonda y'amilyi ebyo bye mugenda mwogera eby'okunnimbisa era amanyi ebyo bye mbagamba nga mbategeza nga bw'antumye. Singa mbadde nnimba, Katonda yandinsaanzyizaawo. Ekituufu kiri nti ddala nze njogera mazima mw'ebyo bye mbagamba nga mbiggya ku Katonda wange. Amanyi buli kintu, tewali kimwekweka ka kibe mu ggulu oba mu nsi. N'abo abakkiriza ebitali bituufu Katonda agenda kubonereza ku Lunaku Lw'enkomerero olw'ebyo bye bakola bwe balimbisa amazima ne bagoberera eby'obulimba, ne bakkiriza bakatonda ab'obulimba awatali bujulizi bwe beesebesaba.

53. Katonda Agamba nti, singa teyagera kiseera kya kubonererezaamu bajemu, — nalwo nga lwe Lunaku Lw'enkomerero lw'abalindiriza, yandibireese ebibonerezo amangu ddala nga kyebajje babisabe.

55. Omuliro gugenda kubeetoolola okusinzira mu buli ludda era baligambibwa nga bawemuukirizibwa nti: Mukombe kw'ebyo bye mwali mukola nga muli mu nsi, mu kiseera bwe mwagaana okukkiriza Obwomu bwa Katonda ne mujeemera ebyo Bannabbi ba Katonda bye baabaleetera okuva eri Ye.



56. Abange abaddu Bange abo abakkiriza! Mazima ensi Yange ngazi muli ba ddembe okusenguka (awaba wabazibuwalidde ne musenga awalala wonna awabasobokera). Kale munsinze Nze nzekka.
57. Buli mwoyo gwonna gwa kukomba ku kufa: Oluvannyuma muzzibwe gye Tuli.
58. N'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi, Tugenda kubatebenkeza mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) mu mayumba aga kayina nga emigga gikulukutira wansi waayo. Ba kubeera mu yo obugenderevu. Nga okugabirwa (okwo) y'empeera y'abakozi (b'ebirungi — Abakkiriza)!
59. Abo abavumu abagumiikiriza, era nga beesiga Katonda waabwe.
60. Ebiramu ebitambula bimeka ebitasobola kwetikka byakulya byabyo

يُعبأ دى الذين آمنوا إن أروحن واسعة  
فأياى فأعبدون ﴿٥٦﴾

كل نفس ذائقة الموت ثم اليها  
نرجعون ﴿٥٧﴾

والذين آمنوا وعملوا الصالحات لننبئهم  
من الجنة عن قريب من تحتها الأنهار  
خلدين فيها نعم أجر العاملين ﴿٥٨﴾

الذين صبروا وعلى ربهم يتوكلون ﴿٥٩﴾

وكاين من دابة لا تحمل رثها رب

56. Kino kiragiro kya Katonda kye yalagira abaddu Be abakkiriza basengukenga mu nsi eyo mwe baba batasobolera kusinza Katonda n'okuyimirizaawo eddiini Ye, bagende mu nsi endala mwe basobola okwegazaanya mu kusitula eddiini n'okwawula Katonda n'okumusiza nga bwe yabalagira. Nabbi (s.a.w.), yagamba nti: "Ensi, nsi ya Katonda; buli kitundu mwe mufunira obulungi mwe muba muba."

Olw'ekyo Abasiraamu bwe baawalagganyizibwa ne bafunzibwa mu Makka, baasenguka ne bagenda mu nsi Ethiopia (Habash) balyoke bataase eddiini yaabwe, era baafuna eddembe mu nsi eyo Kabaka waayo Najaashi bwe yababudamya n'abawagira ku ddiini yaabwe. Era oluvannyuma ne Nabbi (s.a.w.) yasenguka okuva e Makka nga ali wamu n'abakkiriza abaali batagende mu Ethiopia n'agenda e Madina, ekibuga ekitukuvu era ekyafuuka ekitebe ky'Obusiraamu.

57. Katonda agamba nti wonna we munaabeera mu nsi okufa kugenda kubatuukako, n'olwekyo mulina kusinza Katonda n'okugondera buli kyonna kye yabalagira; ekyo kye kirungi gye muli. Oluvannyuma mugenda kuzibwa gye Ndi. Aliba nga yanngondera, olwo Mmusasule empeera esinga okuba ennungi era enzijuvu emalayo emirimu gye.

59. Abo abagumiikiriza ku lw'eddiini yaabwe ne basenguka ku lwa Katonda, ne baleka abantu baabwe n'ebyaabwe.

Nabbi (s.a.w.), agamba nti: "Mu Jjana mulimu amayumba. Bw'oba ebweru (w'amayumba ago) olaba munda waago, ate bw'oba munda waago olaba ebweru. Ebyo Katonda yabitegekera oyo aliisa abantu emmere, n'ayogera bulungi n'abantu n'aliraanyisa esswala (nga tazisaala matobotobo). Bwe kityo (bwe kuli) n'okusiiiba, n'agolokoka mu matumbi okusaala nga abantu beebase."

Bo aboogeddwako era ne baba nga beesiga Katonda waabwe mu ngeri yonna ku bikwata ku ddiini yaabwe ne ku nsi yaabwe, abo Katonda b'asasula Ejjana.

60. Katonda ategeeza nti tewali kiramu kisobola kwetereka byakulya byakyo oba okubikunngaanya wadde okubifuna, wabula Ye Katonda y'alina okubigabira nga otwaliddemu n'abantu.

bibibeezawo? Katonda Yekka y'abigabira era nammwe (abantu): Naye Awulira, Amanyi.

اللَّهُ يَرْزُقُهَا وَإِيَّاكُمْ وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٢٥﴾

- 61. Singa oba obabuuzizza nti: Ani eyatonda eggulu n'ensi, n'agonza enjuba n'omwezi (ne biba nga bikolera ku Ngereka Ye)? Baddamu nga bagambira ddala nti: Katonda. Olwo ngeri ki bwe bakyusibwa (ne bava ku Mazima)?

وَلَيْن سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ فَأَنَّى يُؤْفَكُونَ ﴿٢٦﴾

- 62. Katonda ayanjuluza ebyokufuna (by'agaba) kw'oyo gw'aba ayagadde, mu baddu Be, n'abimufundiza oyo (gw'ayagadde). Mazima Katonda Mumanyi wa buli kintu.

اللَّهُ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَيَقْدِرُ لَهُ إِنَّ اللَّهَ وَكُلَّ شَيْءٍ عَالِمٌ ﴿٢٧﴾

- 63. Era bw'oba nga obabuuzizza ani assa amazzi nga agaggya mu ggulu, n'alamusa nago ensi oluvannyuma lw'okufa kwayo? Bagambira ddala nti: Katonda. Gamba: Atenderezebwe Katonda! Wabula abasinga obungi tebategeera.

وَلَيْن سَأَلْتَهُمْ مَنْ نَزَّلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَحْيَا بِهِ الْأَرْضَ مِنْ بَعْدِ مَوْتِهَا لَيَقُولُنَّ اللَّهُ قُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ بَلْ أَنتُمْ هُمْ لَا تَعْقِلُونَ ﴿٢٨﴾

- 64. Tebuli buno obulamu bw'ensi wabula masanyu na muzannyo. Naye mazima Obulamu bw'omu Nnyumba Ey'oluvannyuma bwo bwe bulamu obwa nnamaddala, singa (abantu) bamanyi.

وَمَا هَذِهِ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا لَهْوٌ وَلَعِبٌ وَإِنَّ الدَّارَ الْآخِرَةَ لَهيَ الْحَيَوانِ مَن كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٢٩﴾

Nga Katonda bw'agamba mu kitundu ekirala nti: "Tewali kiramu kyonna ekitambula ku nsi wabula (buli kimu) kuli ku Katonda okukigabirira. Y'amilyi obutebenkero bwakyo n'obuterekeru bwakyo. Ebyo byonna biri mu kitabo ekyeyolefu."

- 61. Wano Katonda akakasa nga bw'Ali Omu mu Bwakatonda Bwe — Tewali Katonda mulala atali Ye. N'abakafiiri abasinza ebifaananyi nabo bakakasa nga bw'Ali Yekka, nga Ye mutonzi eyatonda eggulu n'ensi n'enjuba n'omwezi, n'ateekawo ekiro n'omusana. Era ddala y'agabira ebitonde Bye era y'agera entuuko zaabyo. Y'amilyi buli bitonde Bye byonna era Y'amilyi buli byonna ebibagasa n'ebibaletera akabi. Bwe kibera nga bwe kityo bwe kiri, lwaki olwo abantu Katonda bamugattako ebintu ebirala mu kumusinza?
- 62. Katonda mu aya eno akakasa nga Ye bw'Ali Omutonzi awa abantu. Era y'alina okubagabira mu ngeri nga bw'ayagala: N'awa obugagga oyo gw'ayagadde okugaggawaza ate n'ayavuwa oyo gw'alabye nga asaanira okwawuwaza, kubanga Ye y'amilyi ebyo ebisaanira abaddu Be.
- 64. Katonda ateeza nga obulamu bw'ensi bwe buli ekintu ekitono ekyangu ky'okuvaawo n'okuggwaawo. N'ebirimu biringa muzannyo na binyumo ebisanyusa akasera obuseera ne biggwaawo. Kyokka bwo Obulamu Obw'olubeerera, obwo obutaliggwaawo ebbanga lyonna singa abantu bategeera, bwe bandibadde bakolerera ne babukulembeza kw'obwo obw'ensi.

65. Bwe baba nga balinnye mu maato basaba Katonda nga balongooseza ekigendererwa kyabwe ku Lulwe Yekka. Naye bw'amala okubawonya n'abatuusa (mirembe) ku lukalu, ogena okulaba nga (olwo mu kumusinja) bamugattako ebintu ebirala,

فَاذْرِكُوا فِي الْعَالَمِ دَعْوَا اللَّهِ مُخْلِصِينَ  
لَهُ الدِّينَ ۖ فَلَمَّا نَجَّوْهُمْ إِلَى الْبَرِّ إِذَا هُمْ  
يُشْرِكُونَ ﴿١٤٥﴾

66. Kale beegaane ebyo bye twabawa balyoke beeyagale (beegazaanyize mu byamasanyu g'ensi). Wabula kya-ddaaki balimanya.

لَا يَكْفُرُوا بِمَا آتَيْنَاهُمْ ۖ وَلِيَتَتَّبِعُوا أَسْوَفَ لَوْمَةٍ ﴿١٤٦﴾

67. Abaffe, tebalaba nti mazima Ffe twa-fuula (Makka) ekibuga Eky'emizizo, Eky'emirembe sso nga abantu abali emabbali waakyo wonna okukyetooloola basikulwa (enkyana n'eggulo mu kwettingnana — nga abamu batta bannaabwe): Abaffe, ebitali bituufu bye bakkiriza ate ne bagaana ebye-nga bya Katonda?

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا جَعَلْنَا حَرَمًا مَّا وَنَا وَنُحِفُّهُ  
النَّاسَ مِنْ حَوْلِهِمْ أَفَبِالْبَاطِلِ يُؤْمِنُونَ  
وَبِعِصْمَةِ اللَّهِ يُكْفَرُونَ ﴿١٤٧﴾

68. Era ani asinga okuba omulyazaamaanyi okusinga oyo agunja obulimba ku Katonda, oba oyo alimbisa amazima bwe gaba gamutuseeko? Abaffe, temuli mu muliro (Jahannama) kifo ky'abakafiiri (abalimbisa Bannabbi)?

وَمَنْ أَظْهَرُ مِنِّي أُنْفَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا  
أَوْ كَذَّبَ بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُ أَلَيْسَ فِي جَهَنَّمَ  
مَثْوًى لِلْكَافِرِينَ ﴿١٤٨﴾

67. Katonda Ategeeza Abakuraishi abaali abatuuze b'omu kibuga Makka nga bwe yateeka mu kibuga ekyo emirembe ne muba omutalwanirwa era omutayibwa musaayi era nga buli abaamu aba mirembe k'abe mutuuze waamu oba oyo avudde awalala atali waamu.

Buli yenna ayingira mu kyo aba mirembe, sso nga bo bannamalungu abakyetoolodde, abamu banyaganngana buli kakedde teekako n'okutinngana. Abaffe mu kifo ky'okwebaza Katonda kw'ekyo ekyengerera kye yabawa basalawo kusinja balubaale baabwe na masanamu, so ne begaana ekyengerera kya Katonda wabula ne basalawo kumugattako bintu birala, ne bawakanya ebyo Nabbi wa Katonda era Omubaka We by'ababuulira — Ne bamulimbisa obulimbisa era ne bamulwanyisa ne bamusindiikiriza okumuggya mu Makka, Ekibuga Ekitukuvu mwe yazaalibwa n'okukulira? Olw'ekyo Katonda yabaggyako eddembe lye yali abawadde, abamu ne battibwa ku litalo lw'e Badri; oluvannyuma lwa byonna obuwanguzi ne buba nga bwa Nabbi n'abakiriza, Katonda bwe yabaso-bozesa okuwangula Makka.

68. Amakulu nti tewali alina bibonerezo bikakali okuva eri Katonda okusinga oyo agunjawo obulimba nga obwesigamiza ku Katonda, n'agamba nti: 'Katonda ampadde obubaka' sso nga alimba. Era bwe kityo tewali alina bibonerezo bikakali okuva eri Katonda okusinga oyo alimbisa amazima agavudde eri Katonda bwe gaba nga gamaze okumutuukako.

69. N'abo abanyikira (ne beewaayo) ku Lwaffe — Ddala tugenda kubalungamya mu makubo Gaffe, era mazima Katonda ali wamu n'abalongoosa.

وَالَّذِينَ جَاهَدُوا فِينَا لَنَهْدِيَهُمْ صَبِيلَنَا  
 وَإِنَّ اللَّهَ لَمَعَ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٩﴾

---

69. Katonda ategEEza nga bw'ajja okulungamya abo abanyikira ne beewaayo okuyimirizaawo eddiini Ye: nabo ye Nabbi (s.a.w.) ne banne, nga otwaliddemu na buli mukkiriza ow'amazima. Abo ajja kubalaga ekkubo ettuufu muno mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. N'amaliriza nga agamba nti: "Katonda Ali wamu n'abalongoosa." Nabbi Issa (emirembe gibe ku ye) yagamba nti: "Ekiyitibwa kulongoosa kwe kuyisa obulungi oyo aba akuyisizza obubi, so si kuyisa obulungi oyo aba akuyisizza obulungi (ate n'oyisa bubi oyo akuyisizza obubi)."



## EBIFA KU SSUULA AR-RUUM MU BUFUNZE (30)

Essuula *Ar-Ruum* ekitegeeza Abaruumi eggya erinnya lyayo ku kigambo ekiri mu aya esooka nga yakkira mu mwaka gwe gumu ogwo Abasiraamu gwe baasengukiramu balyoke banoonye obubudamu mu nsi Habash; omwaka 615 A.D. Yakkira Makka.

Yakkira mu kiseera nga amagye g'e Buvanjuba bw'Obwakabaka bw'Abaruumi gaali gonna gawanguddwa Abafariisi mu bibangirizi byonna ebyali biriraanye Buwarabu. Era amagye g'Abafariisi gaali gakyeriisa nkuuli nga gagenda gawangula n'ebitundu ebirala mu nsi y'Abaruumi. Essuula bwe yakka, Abawarabu abatakkiriza baajaganya nnyo olw'okuwulira obuwanguzi bw'Abafariisi. Obuwanguzi obwo bo baabulaba ng'okuwangulibwa kwa Nabbi Muhammadi n'abagoberezi be abaali abatono ennyo—ekyo lwa kubanga Abaruumi baali Bakuristaayo abakkiriza Katonda Omu nga n'Abasiraamu bwe baali ng'ate bo Abafariisi baali ku nsiza za butamanya eza bakatonda abangi ng'Abawarabu abatakkiriza bwe baali. Badda ne mu kubalaala eno bwe bagamba nti amaanyi ga Katonda si ge gaali aga waggulu era agasingayo nga ye Nabbi bwe yagambanga, olw'okubanga obwakabaka bw'abatakkiriza bwali buwangudde obw'abakkiriza mu Katonda, bye baayogeranga.

Okuddamu kw'ebyo kwakkira mu Bubaka obuli mu aya ezitandika Essuula eno obulanga nga Abaruumi mu bbanga ettono bwe baali ab'okuwangula Abafariisi era nga n'Abasiraamu abo abaayigganyizibwanga mu Buwarabu bwe baali ab'okwesiima, bajaganye. Waayita emyaka mitono, mu 624 A.D. amagye g'Abaruumi ne gasenserera ensi y'Abafariisi ne gagiwangula yonna, ate mu mwaka gwe gumu, eggye ly'Abasiraamu nga liduumirwa Nabbi (s.a.w.) ne liwangula eggye ly'abatakkiriza mu lutalo lw'e Badri. Okulangirira kw'Essuula eno obuwanguzi obwo obwatuukibwako Abaruumi n'Abasiraamu ate ne bituukirira, kabonero ka maanyi akakakasa nga Kuraane bw'eri Ebigambo bya Katonda era nga Nabbi Ow'ekitiibwa ddala bw'ali Omubaka wa Katonda ow'amazima.


Eky'okuyiga mu birangiriro byombiriri Essuula by'etandika nabyo kiri nti bulijjo abantu bakoma ku kulaba ebyo ebirabwako, ebyeyoleka ng'ate ebyo ebyekusise bye batalabako tebabimanya. Obutamanya bw'ebyo ebitalabikako bulijjo busuula omuntu mu nsobi ekyo ekiyinda okumuviiramu emitawaana mu biseera ebiba eby'omu maaso. Okwo Essuula ezzaako kwogera ku Bulamu Obwoluvannyuma nga yeeyambisa ensonga ziwera okukakasa nga obulamu obwo bwe buliyo. Okuggyako nga omuntu akkiriza ekikakafu ekyo, wa kwesanga nga agudde mu katyabaga ke kamu ng'oyo akkiririza mu ebirabwako byokka ebyo ebyeyoleka k'aligwamu mu Nkomerero.

Era okwo eyongerezaako okukakasa obutuufu n'obusaamu bw'Obwomu bwa Katonda *Tawhiid* nga yeeyambisa obubonero n'ensonga ze zimu ezo ezeeyambisiddwa mu kuwagira okubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma. Era kiggumizibwa nti omuntu yatonderwa ku ngereka ya *Tawhiid* era nga akakatirwa kusinza Katonda Omu Yekka—ng'ate kwo okusinza bakatonda abangi *Shirk* kuwakanya okugera kwa Katonda n'engereka y'obutonde. N'olwekyo kye kiva kiba nga buli muntu lwe yeesamba Katonda Omu obutabangako nga bugwawo, era bwe kyabanga nti entalo zonna ezaabalukangawo mu nsi mu byafaayo nga zisibukawo batakkiriza.

Essuula emaliriza ng'ewa eky'okulabirako abantu balyoke bategeere nti nga ensi eba ekaze bw'edda obulamu n'etinta n'esibula ebimera mu bwangu olw'ekire ky'enkuba. bwe kityo mu ngeri y'emu abantu bwe balizuukira ne badda obulamu.

Bw'atyo ne Katonda bw'Abafariisi afukiridde Okusaasira Kwe ku bantu nga Bubaka

n'Obwannabbi nabyo bizza buto obulamu bw'abantu ne bibusibula ne bukulaakulana ne bulongooka. Kwe kulabula Abawarabu nti singa baneeyambisa omukisa ogwo ne bakkiriza Obubaka ne Nabbi (s.a.w.) ensi Buwarabu eyo enkalu etadda bimeru ya kwanya etinte ku lw'Okusaasira kwa Katonda era obulungi obunaava mw'ekyo bwonna bunaaba bwabwe. Nti naye bwe bateeyambisa mukisa ogwo, banaaba beefaafaaganyizza—Okwejjusa oluvannyuma si kwa kubayamba era si ba kufuna kaaganya mbu beddeko balongoose.



## ESSUULA AR-RUUM (30)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya 60

*Ku Linnya Lya Katonda, Omusaasizi,  
Owe'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. ALIF LAAM MIIM.

الْقَافِ

2. Bawanguddwa Abaruumi —

عَلِمَتِ الرَّوْمُ ٦

3. Mu nsi ey'okumpi (n'eya Buwarabu—  
nayo ye Shaamu), nabo (Abaruumi)  
oluvannyuma lw'okuwangulwa kwa-  
bwe (okwo) bajja kuwangula (nate) —

فِي أَدْنَى الْأَرْضِ وَهُمْ مِنْ بَعْدِ عَلَيْهِمْ  
سَيِّغْلُونَ ٦

4. Mu myaka egitawera kkumi. Ki-  
gambo kya Katonda ekyasooka  
n'eky'oluvannyuma: ne mu lunaku

فِي بَضْعِ سِنِينَ اللَّهُ الْأَمْرُ مِنْ قَبْلُ

2. Abaruumi aboogerwako wano be bantu abo ab'edda mu biseera bya Nabbi (s.a.w.). Baalina obwakabaka bwa maanyi nnyo obuzingiramu amatwale mangi agaatuukiranga ddala ne mu kibangirizi kya Buwarabu. Kati abantu bano be b'omu nsi Italy n'ekibuga kyabwe ekikulu ye Roma (Rome).

Essuula eno we yakkira obwakabaka bw'Abaruumi bwali buwanguddwa ne bawambibwako ebitundu binene ddala nga birwanyisibwa amagye g'Abafariisi. Akakuubagano k'Abaruumi n'Abafariisi kabagukawo mu mwaka 602 A. D. Mu mwaka 613 A. D. Abaperusia baali bamaze okuwamba Jerusaalime n'ensi Shaamu (Syria) ate mu gwaddako ne bawamba Misiri — Ebyo byonna byali bitundu bya bwakabaka bw'Abaruumi. Era n'ekibuga ky'Abaruumi ekikulu Kositantiniya (Constantinople) kyali kiri mu njegooyego ya kuwambibwa nga kumpi kizingiriziddwa: Embeera eyo y'etegecebwa mu kugamba nti 'obwakabaka bwa Ruumi buwanguddwa'.

3. Amawulire g'okuwangulwa kw'Abaruumi bwe gaatuuka mu Makka, Abakuraish abakafiiri ne bajaganya nnyo ne bakyakyankya kubanga baali tebaagala Baruumi olw'okubanga nabo baali bakkiriza mu Katonda Omu era nga balina n'Ekitabo nga n'Abasirramu bwe baali mu ituluba rimu.

Akramat yagamba nti abakafiiri b'omu Makka baasisinkana abagoberezi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ne bagamba nti: "Nga mmwe bwe mulina Ekitabo Quraane nga n'Abakristaayo bwe balina Ekitabo Enjili, ate nga ffe tuli awo tetulina ddiini, nga Abafariisi bwe tufaanana bawangudde bannammwe Abakristaayo, naffe tujja kubawangula singa munaagezaako okutulwanyisa."

Katonda kwe kussa aya zino nga ategeera nga Abaruumi bwe bajja okuwangula Abafariisi mu bbanga eritasukka myaka kkumi. Ate nga ddala bwe gwali: Waayita emyaka nga musanvu Abaruumi ne batandika okufufuggaza obwakabaka bw'Abafariisi ne bayingirira ddala n'ensi yaabwe. Emyaka okuwera omwenda nga Abafariisi bawanguddwa. Nabbi bwe yasengukira e Madiina mu 622 A.D., waayita emyaka ebiri gyokka mu 624 A.D. n'abakafiiri b'omu Makka ne bawangulwa mu lutalo lw'e Badri.

4. Abafariisi bwe baawangula Abaruumi, Abasiraamu ne banyiiiga ate Abaruumi bwe baawa-



olwo (Abaruumi lwe baliwangula Abafariisi) abakkiriza bagenda kusa nyuka —

وَمِنْ بَعْدِ وَيَوْمَ يُقْرَأُ الصُّرُورُ  
الْمُؤْمِنُونَ

5. Kulw'okutaasa kwa Katonda. Ataasa oyo gw'ayagadde (n'amutuusa ku buwanguzi). Naye Ye Weekitiibwa, Omusaasizi.

يَنْصُرُ اللَّهُ يَنْصُرُ مَن يَشَاءُ وَهُوَ الْعَزِيزُ  
الرَّحِيمُ ⑤

6. (Okwo) kwe kulagaanyisa kwa Katonda. Katonda tayawukana ku ndagaano Ye, naye mazima abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَعَنَّا اللَّهُ لَا يُلَاقِي اللَّهُ وَعْدًا وَلَا كَيْدًا  
أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ⑥

7. (Abantu) bamanyi bya kungulu (byokka ebifa) mu bulamu bw'ensi, nabo ku bikwata ku Bulamu Obw'enkomerero bo bagayaavu.

يَعْلَمُونَ ظَاهِرًا مِّنَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
وَهُمْ عَنِ الْآخِرَةِ هُمْ غَفْلُونَ ⑦

8. Abaffe, tebeekuba mu myoyo gyabwe ne bafumiitiriza (ne balaba) nti Katonda teyatonda ggulu na nsi wamu n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri wabula mu mazima (sso si mu lusaago) era n'ateekawo ebbanga eggere (Iye birimala)? Naye ddala

أَوَلَمْ يَتَفَكَّرُوا فِي أَنفُسِهِمْ مَّا خَلَقَ اللَّهُ  
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا إِلَّا  
بِإِحْسَانٍ وَأَجَلٍ مُّسَمًّى وَإِنَّ كَثِيرًا مِّنَ

ngula Abafariisi olwo Abasiraamu ne basanyuka kubanga Abaruumi baalinga bali ku Kitabo kkyava eri Katonda; nga mu kutwalira wamu be bali okumpi n'Abasiraamu okusinga Abafariisi abaali batali ku ddiini n'akatonno. Nga Katonda bw'agamba mu aya 82, Essuula Al-Maaida (5): "Ojja kusangira ddala nga abasuffu abasinga mu bantu bonna okuwalagganya Abasiraamu nga be Bayudaaya n'abo abasinza ebitali Katonda. Ate ojja kusanga nga ddala abasinga okuba okumpi okwagala abo abakkiriza (Abasiraamu) nga be bo abagamba nti: Mazima ffe tuli Bannaswaaraa (Abakristaayo): ..."

6. Wano Katonda ateggeeza Nabbi We (s.a.w.) nti ebyo bye nkubulidde ebigamba nti mazima Ffe tujja kudduukirira Ruumi ewangule Fariisi, kibalibwa mu kulagaanya kwa Katonda okw'amazima era okuteekwa okutuukirira kubanga Katonda tayawukana ku ndagaano gy'aba alagaanyizza. Era ekyo ky'aba alagaanyizza kiba kiteekwa kutuukirira — Ne mu ngeri ya Katonda kwe kutaasa abo abali okumpi n'amazima; kyokka bo abantu abasinga obungi tebamanyi kulamula kwa Katonda n'Okusalawo Kwe mu bwenkanya.

7. Abantu abasinga obungi basinga kujjumbira kumanya bikwata ku Bulamu bwa nsi, era bafuba okugitawaanira n'okugikolerera. Kyokka nga balagajjavu nnyo beesuulirayo gwa nna-gamba ku bikwata ku Bulamu Obw'oluvannyuma wamu n'okubukolerera, bwe batyo ne baba nga bakiggala. Osanga omu nga amanyi buli kakodyo konna akakwata ku byenfuna, naye nga ekye-wuunyisa tamanyi kusaala era nga tafaayo kw'ebyo ebiriddirira oluvannyuma lw'okufa.

8. Mu aya eno Katonda alabuliramu abantu mu ngeri y'ekibuuzo balowooze nnyo ku bitonde bye yatonda abiraga okubaawo Kwe n'obuyinza Bwe era bamanye tewali Katonda mulala okugyako Ye, ayecmalirira mu Bwakatonda Bwe. Oyo eyasobola okutonda eggulu n'ensi n'ebyo

abantu abasinga obungi bawakanya okusisinkana ne Mukama waabwe (ku Lunaku Lw'okuzuukira)!

9. Abaffe tebatambulako mu nsi (bano abakafiiri b'omulembe gwo, Ggwe Muhammadi — Abakuraish) ne beerabirako engeri gye yali enkomerero y'abo abaabasookawo? Baali nga be bayitirivu b'amaanyi okusinga bano (abaliwo kati): era baafuukuula ensi ne bagizimba okusinga mu ngeri bano gye bagizimbye: n'ababaka baabwe baabajjira (okuva eri Katonda) n'obujulizi obwenkukunala (obulaga amazima gaabwe ne batakkiriza, bwe batyo ne beetuusa ku kwezikiriza). Katonda teyali wa kubalyazaamaanya (mbu abazikiririze obwemage) naye baali nga bo bennyini be beerayazaamaanya bokka.
10. Oluvannyuma enkomerero embi ennyo yali kw'abo abaayonoona, olw'okubanga baalimbisa obubonero bwa Katonda, ne babeera nga babujeeguula.
11. Katonda y'atandika okutonda ebitonde, bw'alimala n'abizzaawo (oluvannyuma lw'okubiggyawo ku nsi), oluvannyuma nate mulizzibwa gy'Ali (ku Lunaku Lw'enkomerero ku lw'okusasulwa ebyo bye mwakola).

byonna ebiri wakati waabyo byombiriri — ebitonde eby'emitando emyawufu. Awamu n'ekyo, birina ekiseera ekigere kye birimala nga weebiri, ate oluvannyuma agenda kubiggyawo nate abizzeewo ku Lunaku Lw'enkomerero.

9. Mu bitundu by'ensi za Buwarabu, ng'oli atambudde okuva e Makka n'ayolekera mu Mambuka, mu nsi y'e Syria (Shaamu) n'ebitundu ebirala, oba bw'ayolekera mu bitundu by'omu Maserengeta mu nsi nga Yaman ne Hadhramaut, kigambibwa wasangibwayo ebitundu ebyeyolefu eby'amatongo g'emirembe egimu abazikirizibwa olw'obwonoonyi bwabwe n'okujeemera kwabwe Katonda. Mu aya eno Katonda ategeza ng'abamu mw'abo be yazikiriza bwe baali abasajja enjasa-biggu ab'amaanyi ennyo, era abaali abalengezeza wala nnyo abo ab'omulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) mu kulima n'okuzimba kuno ku nsi, — okugeza ng'abantu ba Aadi ne Thamuudu — naye Katonda bwe yabatumira Ababaka ne batafaayo ne badda mu kusanyuka n'ebyo bye yabawa, naye kyeyava abazikiriza. Kale Ye kwe kugamba nga bw'ataabalanga bwereere okugyako bo be beeragajjalira ne beezikiriza olw'obutakwata na kugoberera ebyo ebyabagambibwa.

النَّاسِ بِمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ①

أَوَلَمْ نَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَنَنْظُرُوا كَيْفَ  
كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ كَانُوا  
أَشْدَّ مِنْهُمْ قُتُورًا وَاتَّارُوا الْأَرْضَ وَ  
عَمَرُوهَا أَكْثَرَ مِمَّا عَمَرُوا وَهَاجَرْنَا عَنْهُمْ  
رُسُلُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ طَمَا كَانَ اللَّهُ لِيُظْلِمَهُمْ  
وَلَكِنْ كَانُوا أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ①

ثُمَّ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ آسَأُوا السُّؤَالَ  
عَنْ كَذِبُوا بِالْبَيِّنَاتِ وَاللَّهُ وَكَانُوا يَكْفُرُونَ ①

اللَّهُ يَبْدَأُ الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيدُهُ لَتُنْفَخَنَّ  
رُجُوعُونَ ①

12. Olunaku Ekiseera Eky'enkomerero lwe kirituuka (abonoonyi) bagenda kukutuka n'okusuubira (babeere awo nga basamaaliridde tebalina buwonero).
13. Era tebaliba n'abawolereza okuva mu bannaabwe (bakatonda baabwe be baasinzanga) nga babenkanya ne Katonda, era (bo bennyini abonoonyi) ba kwegaana bannaabwe (abo be baasinzanga nga basuubira mbu ba kubagasa).
14. Olunaku Ekiseera Ky'enkomerero Lwe kirituuka, — mu Lunaku olwo (abantu) balyawukana.
15. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi, nabo baliba mu bifo ebyeyagaza (mu Jjana) nga beeyagala, (olw'ebiyengera bye balyegazaanyizaamu).
16. Naye mazima abo abawakanya (Obwomu bwa Katonda) ne balimbisa ebigambo Byaffe ne balimbisa n'okusisinkana Enkomerero, — abo bagenda kusembezebwa mu bibonerezo (by'omuliro, si ba kuvaamu).
17. Atenderezebwe Katonda mu kiseera bwe muwungeeza ne mu kiseera bwe mukeesa;
- وَيَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُبْلِسُ الْمُجْرِمُونَ ﴿١٢﴾
- وَأَمَّا الَّذِينَ لَهُمْ مِّنْ شُرَكَائِهِمْ شُفَعَاءٌ  
وَكَانُوا يُشْرِكُهُمْ لِكْفَرٍ مِّنَ ٱلْحَقِّ ﴿١٣﴾
- وَيَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُومِنُونَ بِٱلْبَيْتِ ٱلْمَقَرَّةِ ﴿١٤﴾
- فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّٰلِحٰتِ فَهُمْ  
فِي رَوْضَةٍ يُحْبَرُونَ ﴿١٥﴾
- وَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا وَكَانُوا يُرِيدُونَ  
وَلِقَآئِي ٱلْآخِرَةِ فَأُوَٰلَئِكَ فِي ٱلْعَذَابِ  
مُخْتَضِرُونَ ﴿١٦﴾
- فَسُبْحٰنَ ٱللَّهِ حِينَ تَسُوبُ وَحِينَ تُصْبِحُونَ ﴿١٧﴾

14. Olunaku Lw'enkomerero y'eriba nsaleesale, buli kintu kiryeyoleka ne kiba mu mutendera gwakyo. Amazima n'obulimba biryawukana, obulungi n'obubi mu ngeri y'emu n'obulongoofu n'obujeemu. Kale bwe batyo abalongoofu balyawuliwira ku bajeemu; abalongoofu olwo bayingizibwe mu Jjana, ate bo abonoonyi bayingizibwe omuliro. Eyo y'eriba enjawukana ey'enkomerero awatali kuddayo kusuubira kulabagana lwakubiri.

17. Wano Katonda Ye kennyini yeyogerako nga yeetendereza era nga alunganyama abaddu Be bamutenderezenga nga bamutukuza obutamugattako kintu kyonna mu Bwakatonda Bwe, mu bisera bwe bawungeeza nga basemberera okuwummula mu kiro ne we bakeseza nga boolekedde okwambalagana n'emirimu gyabwe egy'olunaku. Essuula eno we yakkira ng'esswala ataanoo tezinnaalalikwa ku Basiraamu; kyokka oluvannyuma lw'okuscngukira e Madiina, bwe zaalaalikwa, zeesigamizibwa ku bisera ebyo ebibiri, ebiiyimiridde ku kuyukakyuka kw'enjuba. Ettuntu nga

18. Era Kukwe okutenderezebwa mu ggulu ne mu nsi! — ne mu kiseera ky'ettuntu (ng'enjuba ekyuse mu Ggwango wakati — *Dhuhur*) n'obudde nga bukaalaamye (ng'ettuntu limenyese — *Al-Aswir*).

وَلَهُ الْحَمْدُ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ  
عَشِيًّا وَحِينَ تُظْهِرُونَ ﴿١٨﴾

19. (Katonda) aggya ekiramu mu kifu n'aggya ekifu mu kiramu, n'alamusa ensi oluvannyuma lw'okufa kwayo (okukala). Era bwe kityo bwe mulifulumizibwa (okuva mu ntaana).

يُخْرِجُهُ الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَيُخْرِجُهُ الْمَيِّتَ  
مِنَ الْحَيِّ وَيَجِيءُ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا وَ  
قَدْ كَذَّبَ لَكَ نَحْرُجُونَ ﴿١٩﴾

20. N'ekibalibwa mu bubonero Bwe (obulaga obuyinza) kwe kuba nga yabatonda mu ttaka (nga bwe yatonda Jjajjammwe Adamu mu ttaka); oluvannyuma (okuviira ddala olwo) ne mubeera mmwe abantu abasaasaa-nidde mu nsi!

وَمِنَ آيَاتِهِ أَنْ خَلَقَكُمْ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ  
إِذَا أَنْتُمْ بَشَرٌ تَشْرُونَ ﴿٢٠﴾

21. Ne mu bubonero bwe (ebyengera bya Katonda eri mmwe abantu) kwe kubatondera mmwe nga aggya mu mmwe mwennyini abakyala mulyoke mute-

وَمِنَ آيَاتِهِ أَنْ خَلَقَ لَكُمْ مِنْ أَنْفُسِكُمْ  
أَزْوَاجًا لَتَسْكُنُوا إِلَيْهَا وَجَعَلَ بَيْنَكُمْ

limenyese esswala ya Dhuhuri esaalibwa ate olweggulo nga akawungeezi kasembedde. Aswir n'esaalibwa. Nga buwungedde, wasaalibwa Esswala ya Magharibi ate nga bukunidde ne wabaaaawo lsha — Magharibi ne lsha zibalibwa mu kiseera kya kuwungeeza budde kubanga olwo buba kawungeezi. Nga bukeesa, Al Fajri esaalibwa.

19. Mu aya eno Katonda alaga obuyinza Bwe, engeri bw'atonda ebitonde mu ngeri y'ekyewuunyo — ekyo ne kyoleka obuyinza Bwe obujjuvu ku bitonde Bye: ne mw'ebyo mwe muli okutonda cibimera nga abiggya mu mpeke enkalu ate n'aggya empeke enkalu mu bimera abibisi. Aggya amagi (amafu) mu nkoko ennamu ate n'aggya enkoko ennamu mu ggi (effu), n'aggya omuntu mu mazzi agazaala. Era aggya omukkiriza mw'oyo atali mukkiriza, ate n'aggya mw'oyo atali mukkiriza omukkiriza. Alamusa ettaka oluvannyuma lw'okukala kwalyo ku lw'okutonnyesa enkuba. Obwo bwonna bujulizi obulaga nga Katonda bw'alizuukiza abafu.

20. Ekikolo ky'abantu kyava mu ttaka, olw'okuba nga Jjajjaffe Adamu mwe yatondebwa. Oluvannyuma okusobola okwaza ezzadde lye, olw'okwegatta ne Mukyala we Haawa, abantu ne bava mu mazzi agazaala *Amani* aganyoomwa; oluvannyuma ne babeera ekisaayisaayi. mu kisaayisaayi ne muvaamu ekinyamanyama oluvannyuma ne kifuukamu amagumba. Oluvannyuma Katonda amagumba ago n'agateekako ennyama n'ateekamu omwoyo olwo nno n'afuuka omuntu omujjuvu ku lw'obuyinza bwa Katonda. Bw'aty nno singa omuntu ajjukira gye yava yandibadde atya Katonda n'abeera nga yeesibirira entanda nga yeetegekera eyo gy'aliraga oluvannyuma lw'okuva ku nsi.

21. Katonda okugamba nti: "Yabakolera abakyala ng'abaggya mu mmwe" lwa kubanga yatonda Haawa nga amuggya mu lubiriizi lwa Adamu (a.s.) era yateeka wakati w'omusajja ne mukyala we omukwano n'okusaasiragana obufaanana na biramu birala, kiryoke kibasobozese okutegeka

benkerere gye bali, era yassa wakati wammwe okwagalana n'okusaasiragana. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekifumiitiriza (ne bamanya ekyama ekyekusise mw'ekyo).

22. N'ekibalibwa mu bubonero Bwe (Katonda) kwe kutonda eggulu n'ensi, n'okwawukana kw'ennimi zammwe (ze mwogera) n'amabala gammwe. Mazima mulimu mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri abo abamanyi (obukakafu bw'ebintu).

23. N'ekibalibwa mu bubonero Bwe kwe kwebaka kwammwe ekiro n'cmisana n'okunoonya kwammwe (ebibabec-zaawo) mu bigabwa Bye. Mazima muli mw'ebyo obubonero (obulaga obuyinza Bwe) eri ekibiina ekiwulira (ne kitegeera era ne kiraba).

24. Era n'ekibalibwa mu bubonero Bwe (obulaga amaanyi Ge) kwe kubalaga olumamya ku lw'okutya (okukubwa eggulu) n'okululunkanira (okutonnya kw'enkuba), era assa nga aggya mu ggulu amazzi (g'enkuba) n'alamusa nago ensi oluvannyuma lw'okufa kwayo (okukala). Mazima mulimu mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekitegeera.

25. N'ekibalibwa mu bubonero Bwe (obunene obulaga obuyinza Bwe) kwe kuyimirirawo kw'eggulu n'ensi ku lw'ekiragiro Kye, oluvannyuma

مَوَدَّةً وَرَحْمَةً إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَاتٍ  
لِّقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴿١٦﴾

وَمِنْ آيَاتِهِ خَلْقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَاجْتِزَاءَ السَّنَةِ عَلَيْكُمْ وَالْأَسْبَابِ  
فِي ذَلِكَ آيَاتٍ لِلْعُلَمَاءِ ﴿١٧﴾

وَمِنْ آيَاتِهِ مَنَامُكُمْ بِاللَّيْلِ وَالنَّهَارِ  
وَالْبَحْرِ وَالْبُرُوقِ إِنَّ فِي ذَلِكَ  
لآيَاتٍ لِّقَوْمٍ كَسِمَوعُونَ ﴿١٨﴾

وَمِنْ آيَاتِهِ يُرِيكُمُ الْبَرْقَ خَوْفًا وَطَمَعًا  
وَأَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَيُخْرِجُ بِهِ  
الْحَبَّ وَأَشْجَارًا إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَاتٍ  
لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿١٩﴾

وَمِنْ آيَاتِهِ أَنْ تَقُومَ السَّمَاءُ وَالْأَرْضُ  
بِأَمْرٍ إِذْ أَدْعَاكُمْ إِذْ حُمِّلْتُمْ  
بِهَا

ebikwata ku bulamu bwabwe nga bayambagana kubanga ekyo kyetaagisa wabcerero okwagalana n'okusaasiragana. Era yakola atyo basobole okulera ezzadde lyabwe eriva mu bo.

25. Eky'okufuluma okuva mu ntaana awatali kusigala muntu n'omu oba okusikattirana mu kiribaawo mu kiseera enngombe bw'erifuuyibwa omulundi ogwokubiri olwo abantu bonna ne bava

bw'aliba nga abayise oluyita lumu (okuva mu ntaana zammwe), mu kiseera ekyo mmwe mugenda kufuluma (bunnambiro nga muva mu ntaana zammwe ku lw'Okubalibwa).

26. Era Babe (bonna) abo abali mu ggulu ne mu nsi. Bonna bamugondera (okwagala n'obutayagala).

27. Era Ye (Katonda) Y'oyo atandikawo (okutonda) ebitonde, bw'alimala n'abizzaawo (ku Kuzuukira oluvannyuma lw'okubiggyawo); n'ekyo (eky'okubizzaawo) kyangu ku Ye. Era alina ebitendo ebya waggulu (by'atendebwa nabyo ebitalina mulala yenna mu bitonde Bye) mu ggulu ne mu nsi: Naye ye Weekitiibwa (Omukasi akaka buli kintu), Omukakasa (akakasa buli ky'akola).

28. Katonda yabakubira mmwe kifaa-nanyi (nga agereza) ku mmwe mwennyini (n'agamba nti): Abaffe mulina mw'abo (abaddu bammwe) emikono gyammwe egya ddyo be gyafuna okubeera nga babee-gattako mw'ebyo bye twabagabira ne muba nga mmwe mu byo muli kimu (mwenkanya emigabo), nga mubatya (ne mubassaamu ekitiibwa) nga bwe mutyanngana (n'okuwanngana ekitiibwa) mwekka na mwekka (mmwe abatali baddu)? Bwe kityo bwe tunnyonyola obubonero (obulaga amazima) ekibiina ekitegeera.

الأرض إذا أنتم تخرجون ﴿٢٥﴾

وَلَهُ مَنْ فِي السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ مِنْ كُلِّ لُغَةٍ قَائِمُونَ ﴿٢٦﴾

وَهُوَ الَّذِي يَبْدَأُ الْخَلْقَ لَكُمْ لَعَلَّكُمْ تَعْلَمُونَ  
وَهُوَ أَهْوَنُ عَلَيْهِ وَلَهُ الْمَثَلُ الْأَعْلَى فِي السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٧﴾

صَرَبَ لَكُمْ مَثَلًا مِنْ أَنْفُسِكُمْ هَلْ لَكُمْ مِنْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ مِنْ شُرَكَاءَ فِي مَا رَزَقْنَاكُمْ فَأَنْتُمْ فِيهِ سَوَاءٌ تَخَافُوهُمْ كَخِيفَتِكُمْ أَنْفُسَكُمْ كَذَلِكَ نُفَصِّلُ الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿٢٨﴾

mu ntaana zaabwe, — abasaooka n'ab'oluvannyuma nga balinda okukunngaanyizibwa mu bbaliro.

28. Katonda ategeeza mu aya eno nga omu mu mmwe bw'atasiima okubeera nga omuddu we gw'afuga abeera nga naye alina obuyinza ku mmaali ye eyo Katonda gye yamuwa; kale oba bwe kiri kityo nti omuntu tasobola kwegatta na muddu we mu byanfuna naye abeere nga alina obuyinza ku yo: olwo ngeri ki bwe musiima okuba nga Katonda alina abamwegattako mu Bwakatonda Bwe nga bava mu bitonde bye yatonda obutonzi, era nga abo baddu Be? Era ngeri ki mmwe abantu bwe musiimye ne musalawo okumugattako Katonda bakatonda abalala nga mubaggya mw'ebyo bye

29. Wabula abo abalyazaamaanya (amazima ne bagatta ku Katonda ebintu ebirala) bagoberera bwagazi bwabwe awatali (kuggya) ku kumanya. Abaffe anaiyinza okulungamya oyo Katonda gw'abuzizza? Abo tebalina bataasa (balibataasa kubaggya mu bibonerezo bya Katonda).

بَلِ التَّعَبِ الَّذِينَ ظَلَمُوا أَمْوَالَهُمْ بِغَيْرِ  
عِلْمٍ فَمَنْ يَهْدِي مَنْ أَضَلَّ اللَّهُ ط  
وَمَا لَهُمْ مِنْ تَوَّابِينَ ﴿٣٠﴾

30. N'olw'ekyo (Ggwe Omuntu) yolekeza amaaso go (nga onywerera) ku ddiini entukuvu — nga (okwo) kwe kutonda kwa Katonda okwo kwe yatonderako abantu. Tewali kukyusa ntonda ya Katonda. Eyo y'eddiini (y'Obusiraamu, Eddiini) engolokofu, kyokka abantu abasinga obungi tebamanyi —

فَأَقْمْ وَجْهَكَ لِلدِّينِ حَنِيفًا فِطْرَتِ  
اللَّهِ الَّتِي فَطَرَ النَّاسَ عَلَيْهَا لَا تَبْدِيلَ  
لِخَلْقِ اللَّهِ ذَلِكَ الدِّينُ الْقَيُّمُ وَلَكِنَّ  
أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣١﴾

31. (Olw'ekyo kyemuva mukubirizibwa) mubeere abeenenya abadda gy'Ali, era mumutye; era muyimirizeewo esswala, wabula temubeeranga mu bagatta Katonda n'ebintu ebirala (mu Bwakatonda Bwe), —

مُؤْمِنِينَ إِلَيْهِ وَالتَّقْوَى وَالَّذِينَ هُمْ  
وَلَا تَكْفُرُوا مِنَ الْمَشْرُوقِينَ ﴿٣١﴾

32. Mw'abo abayawulayawula mu ddiini yaabwe ne babeera ebibiabiina nga

مِنَ الَّذِينَ فَتَرُوا دِينَهُمْ وَكَانُوا تَشِيْعًا

yatonda? Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: “Buli mwana azaalibwa nga ali ku ddiini y'obutonde (okumanya Obwomu bwa Katonda) wabula bakadde be oluvannyuma (bw'agenda akula) be bamukyusa ne bamuzza ku ddiini endala (enkyamu).

30. Mu aya eno Katonda alagira abantu banywerere ku ddiini entukuvu eddiini ey'obutonde, eyo eyawula Katonda mu Bwakatonda Bwe awatali kumugattako kintu kirala, y'Eddiini y'Obusiraamu. Era abalagira baleme kubuzibwa kudda ku ddiini ndala kubanga eddiini eri emu yokka entuufu — nayo ye y'Obusiraamu.

Omuntu mu butonde bwe nga ali mu lubuto ne bw'azaalibwa mu buwere aba mutukuvu atalina kabi konna ng'ali ku Ngereka ya Katonda yokka — Eddiini ya Katonda Obusiraamu, kubanga Obusiraamu kiteegeza kwewaayo eri Katonda n'okumwemaliza mu buli kimu. Kale nno n'omuntu mu buwere buli ky'akola kiba ekyo kyokka Katonda kye yamutonderamu mu butonde bwe. Kyokka bw'agenda nga akula akuyuka: Oluusi ayinza okwonooneka oba n'asigala nga mulungamu mu mbeera ze. Okukyuka okwo kwesigamira ku ngeri nnyingiko. Okusooka kwesigamira ku butonde bwe bwennyini Katonda bwe yamwawulira, ne kuddako ku ndera ye eyo gy'akuliramu, embeera gy'aba emwebunguludde mu bulamu n'ebirala. Naye okusingira ddala bakadde be oba omukuza yenna awo w'aba akulidde bakyusa kinene nnyo ku butonde bwe. Bwe baba abalongoofu, abatya Katonda, kiba kikalubu ddala naye obutaba mulungoofu: Bwe baba abonoonefu naye era bw'atyo. Ku bantu abo omwana w'akulira, ogattako abo abalala bonna b'agenda abaamu mu bisera by'obulamu bwe; Embeera y'ensi nga bw'eba n'ebirala.

32. Kitegezebwa wano nti temubeera ng'abo abasaalawo okugatta ku Katonda ebintu ebirala

buli kibiina kisanyuka n'ebyo bye kirina.

كُلُّ حِزْبٍ لِّمَا لَدَيْهِمْ قَرْحُونَ ﴿٣٥﴾

33. Obuzibu bwe buba nga bubakutte abantu bawanjagira Mukama Katonda waabwe (mu buli ngeri) nga beenyena badda gy'Ali; Oluvannyuma (bw'abaggya mu buzibu obwo bwe babaddemu) n'abakombesa ku kusaasira okuva gy'Ali, okwejjukiriza nga abamu mu bo bagatta ku Mukama waabwe ebintu ebirala, —

وَإِذَا مَسَّ النَّاسَ ضُرٌّ دَعَوْهُمْ مُبِينِينَ  
إِلَيْهِ ثُمَّ إِذَا آذَانَهُمْ مِنْهُ رَحِمَةٌ إِذَا  
فَرِيقٌ مِنْهُمْ وَرِيقٌ يَشُرُّونَ ﴿٣٦﴾

34. Balyoke beegaane ebyo bye (twabawa mu Bigabwa Byaffe). (Ab'ekika ekyo bagambibwa): Kale mweyagale (nga bwe mulaba), kyaddaaki mulimanya (ebiriddirira oluvannyuma lw'okweyagala n'ebymasanyu g'ensi eno cy'okuggwaawo).

لِيَكْفُرُوا بِمَا آتَيْنَاهُمْ لَعَلَّهُمْ يَسْتَوُونَ ﴿٣٧﴾

35. Abaffe, oba twabassiza obujulizi obwo nga nabwo bwogera (ne bugamba aboonyi ebintu) ebyo bye bamugattako Ye (Katonda)?

أَمْ أُنزِلْنَا عَلَيْهِمْ سُلْطَانًا فَهُمْ يَنْتَكِرُونَ  
بِمَا كَانُوا بِه يُشْرِكُونَ ﴿٣٨﴾

36. Bwe tuba nga abantu tubakombezzaako ku kusaasira (okuva gye Tuli) basanyuka nakwo, (eky'ennaku ne beerabira Katonda). Kyokka akabi

وَإِذَا أَقْبَلْنَا النَّاسَ رَحْمَةً فَرِحُوا بِهَا  
وَلَنْ نُؤْتِيَهُمْ سَيْئَةً بِمَا قَدَّمَتْ

mu Bwakatonda Bwe, abo abayawukanayawukana mu ddiini yaabwe ne bagikyusakyusa, ne kivaako okwetematemamu ebibiinabiina nga buli bamu beesiba ku ndowooza yaabwe, gye balaba nti ntuufu, n'efuuka eddiini yaabwe. Olwo buli omu n'atandika okusinja okwagala kwe, era buli kibiina ne kibeera nga kisanyufu era nga kinyweredde kw'ebyo bye kyagunjawo nga balowooza nti ebyo bye baliko, ebitali bituufu y'eddiini entuufu. Ne baba nga bakkirizaako ebituufu ebimu ne bawakanya ebimu, okugeza nga Abayudaaya n'Abakristaayo n'eddiini endala ezakyusakyusa eddiini ya Katonda ne bayingizaamu ebirowoozo byabwe okwesigamira ku kwagala kwabwe ne bifuuka eddiini ekyo ne kibaleetera okweyawulayawula mu ddiini entuufu Katonda gye yawa Bannabbi — Eddiini eyawula Katonda n'aba nga Ali Bwaggere mu Bwakatonda Bwe. Naye bw'aba abawadde eddembe n'obugagga n'obulamu obwesimisa n'abaggya mu kabi ke babaddemu, olaba nga abamu mu bo bagatta ku Katonda ebintu ebirala; ekyo ne kiraga obubi bw'abo abatakkiriza Katonda Omu.

35. Ekituufu kiri nti tebalina bujulizi bwonna bubalagira kugatta ku Katonda kintu kyonna — oba tugambe mbu Katonda yali atumye omubaka yenna n'abalagira okukola *Shirik* oba n'assa ekitabo ekiraga nti Katonda alina 'katonda' munne omulala amwegattako mu Bwakatonda Bwe.

36. Katonda wano ategeezza ng'omuntu mu butonde bwe bw'atasiima: kubanga singa ab



bwe kaba nga kabatuuseeko ku lw'e-byo (ebibi) emikono gyabwe bye gyakulembeza (okukola), olaba nga bo baggwaamu essuubi (ly'okuddayo okufuna okusaasira kwa Katonda)!

أَيُّدُهُمْ إِذَا هُمْ يَقْنَطُونَ ﴿٣٦﴾

37. Abaffe, tebalaba nga mazima Katonda ayanjululiza ebyokufuna kw'oyo gw'aba ayagadde ate n'abifundiza (oyo gw'aba ayagadde): Mazima mulimu mw'ekyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ky'abakkiriza.

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقْدِرُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ مُّؤْمِنُونَ ﴿٣٧﴾

38. Kale wanga (Owange ggwe Omukkiriza!) ow'oluganda olw'okumpi ky'ateekwa (okuweebwa) n'omunaku n'omutambuze (ali mu buzibu). Ekyo kye kirungi eri abo abaagala (okudda eri) oludda lwa Katonda (nga banoonya okusasulwa gy'Ali). Era abo bo be b'okulokoka (ne beesiima n'okufuna amadaala aga waggulu).

فَاتِ ذَا الْقُرْبَىٰ حَقَّهُ وَالْمِسْكِينَ وَابْنَ السَّبِيلِ ذَٰلِكَ خَيْرٌ لِّدِينٍ يُرِيدُونَ وَجَهَ اللَّهُ وَأَوْلِيكَ هُمُ الْمُغْلِقُونَ ﴿٣٨﴾

39. N'eyo emmaali gye muwaayo mu kuwola okw'okuzzaamu eryoke egobolole (ng'ezaalukukira) mu mmaali y'abantu (abalala naye)

وَمَا آتَيْتُم مِّن دِينٍ لَّيْسُوا فِي أَمْوَالِ النَّاسِ فَلَا يَرُونَهَا عِنْدَ اللَّهِ وَمَا آتَيْتُم

amugabidde ekyengera n'obugazi bw'ebyenfuna n'obulamu obwesiimisa, osanga nga abantu becyagala n'ebyo by'abawadde, abamu ne beemanya, ne beewulira n'okuduula ne baduula — nga olwo tebasuubira nti kyandiinzika n'olumu nate okuggibwako ebyo bye balina. Era abasinga obungi beerabirira ddala Katonda. Naye bw'aba akusizizaako n'abaletera ebizibu n'ebibonerezo, oba oluusi n'okubakendeereza emmaali olw'ebibi n'ebivve byabwe bye baba bakoze, baterebukira ddala ne bayenjebuka ne baggweeramu ddala essuubi ly'okuddayo okufuna okusaasira kwa Katonda.

37. Ekirala mu byoleka obuyinza bwa Katonda kwe kugaziya ebyenfuna eri abantu abamu ate n'abifundiza abalala — Ye y'amanyi ky'aba ayagala. Ate nga ddala ekyo kiba kigezo kya maanyeri eri abo b'awadde ebingi n'eri abo b'afundizizza. Singa oyo aweereddwa okwetaaya mu byenfuna akodowala n'atayamba banaku, era n'atayamba mu mikolo gya kusitula ddiini na bulungi bwa bonna, n'atamanya bantu banne n'abakudaalira wamu n'okuduula n'assa okwo, ow'ekika ekyo aba yezikiriza yekka era nga ekigezo kimumenze. Obuddo bwe guba muliro! Singa omugagga yeeyambisa emmaali ye mu makubo amatuufu ago agasiimibwa Katonda, era n'amanya bantu banne n'abayisa mu buntu ssi nsonga oba baavu oba si babitiibwa. — Katonda oyo amusasula Ejjana.

N'oyo gw'aba awadde ekitono ekimumala, tasaanye kutoma wabula asiime ekyo kyonna ky'aba nakyo era asinze Katonda mu ngeri gy'akakwirwa okusinziwa. Era alongoose emirimu gye awatali kuwankwankira ebyo by'ataaweewba — naye bw'agendera ku kkubo ettufu asasulwa Jjana. Kyokka bw'adda mu kukwatirwa banne obuggya, ensaalwa n'effitina n'abakolera obulabe n'enkwe olw'ebyo bye bamusinza, olwo aba yeesuula yekka mu kuzikirira.

tegobolola awali Katonda: Naye (emmaali) eyo gye muba muwaddeyo mu kusaddaaka okwabalaalikwa (Zzakaati), nga munoonya oludda lwa Katonda (Okusiima Kwe—eyo egobolola): (Abo abawaayo bwe batyo) bo be b'okwongezebwa (mu kusalwa empeera era be balifuna ebirungi ebitagambika).

مِن رَّوۡدٍ يُرۡبِـدُونَ وَجَهَ اللّٰهِ فَآوۡاۤ اِلَيْكَ  
هُمُ الْمُضۡحِكُونَ ﴿٣٩﴾

40. Katonda y'Oyo eyabatonda, oluvannyuma (n'abeera nga) abagabira ebibabeezaawo, ate n'abatta, n'oluvannyuma alibazza obulamu. Abaffe, mulimu mu bannammwe (bakatonda bammwe be mugatta ku Katonda) oyo yenna akola ekintu ekimu kyonna kw'ebyo? Ayawulwa n'agulumizibwa okwawukana kw'ebyo bye bamugattako.

اللّٰهُ الَّذِي خَلَقَكُمْ ثُمَّ رَرَّكُمْ ثُمَّ يُمِـدُّكُمْ ثُمَّ يُحۡيِيۡكُمْ هَلۡ مِنْ شَرۡكٍ بِكُمْ مَّنۡ يَّفۡعَلُ مِنْ ذٰلِكَ مِمَّنۡ شِئۡءٌ مِّنۡ شِئۡءٍ ط سُبۡحٰنَكَ وَتَعَالٰى عَمَّا يُشۡرِكُوۡنَ ﴿٤٠﴾

41. Obwonoonefu bweyolese (mu nsi) ku lukalu ne mu nnyanja olw'ebyo (ebibi) emikono gy'abantu bye gyakola, (Katonda) alyoke abakombese (ku kibabu) ku lw'ebyo bye bakola, oba olyawo ne beddamu (ne beenenya okuva ku kumujeemera).

ظَهَرَ الْفَسَادُ فِي الْبَحْرِ وَمَا كَسَبَتِ  
اَيۡدِي النَّاسِ لِیۡدِیۡهِمْ بَعۡضَ الَّذِي  
عَمِلُوۡا الْعَالَمُۗهُۗمۡ یُرۡجَعُوۡنَ ﴿٤١﴾

42. Bagambe (Muhammadi, abo abatakkiriza) nti: Mutambule mu nsi

كُلُّ سَیۡرٍ وَّافِی الْاَرۡضِ فَانۡظُرۡ وَاۤلۡیَفَٰ

40. Katonda Omugulumivu ye yekka Omutonzi era y'alina okugabira abaddu Be abo be yatonda nga abaggya mu mbuto za bannyaabw; nga baali ngalo nsa abatalina kantu wadde olugoye olwambalwa, era nga tebalina kye bamanyi, wadde okuwulira n'okulaba. Bw'amala n'abagabira emmaali n'ebintu ebyokufuna ebibabeezaawo mu bulamu. Awamu n'ekyo y'alina obuyinza bw'okubaggyawo n'abatta era y'Omu Oyo alibazuukiza oluvannyuma lw'okufa alyoke abasasule empeera z'ebyo bye baakola kuno ku nsi. Abaffe waliwo mu bakatonda bammwe abo be musinza ebbali wa Katonda Omutonzi asobola okukola ekintu kyonna kw'ebyo?

Wabula Katonda yekka Oyo Ali Omu mu Bwakatonda Bwe ye Mutonzi era Agabira ebitonde — Talina amufaanana, tazaala era teyazaalibwa. Ayawulwa obutamugatta na kintu kyonna mu Bwakatonda bwe.

41. Katonda ategeeza ng'obunjenje n'ebizibu, okugeza nga ekyeya n'obulwadde, okuttingana n'emikisa okuggwa mu nsi bwe bibunye wonna mu nsi ng'ekyo kiva ku bantu okuyitiriza okumujeemera kubanga ensi okugirongoosa kwe kugondera Katonda nga abantu batuukiriza ebyo bye yabategekera ne beesama ebyo bye yabaziyiza.

mutunuulire engeri bwe yali enkomerero y'abo abaabasooka: baali nga abasinga obungi mu bo abagatta Katonda n'ebintu ebirala.

كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلُ هَكَذَا أَكْثَرُهُمْ مُشْرِكِينَ ﴿٣٢﴾

43. Kale weemalire wenna (Ggwe omusomi)! ku ludda lw'eddiini engolokofu (Obusiraamu) nga terunnatuuka Olunaku (Lw'enkomerero) okuva eri Katonda olutalina aliruzzaayo. Mu Lunaku olwo (abantu) balyeyawula (ekibinja ekimu ne kigenda mu Jjana ekirala ne kiyingira omuliro) —

فَاتَّخَذُوا هَكَذَا لِلدِّينِ الْقِيَمِ مِنْ قَبْلُ أَنْ يَأْتِيَ يَوْمَ لَا مَرَدَّ لَهُ مِنَ اللَّهِ يَوْمَئِذٍ يُصَدِّعُونَ ﴿٣٣﴾

44. Omuntu agaana okukkiriza (Katonda), ekibi ky'obutakkiriza kiba ku ye, n'abo abakola emirimu emirungi baba bategekede myoyo gyabwe —

مَنْ كَفَرَ فَعَلَيْهِ كُفْرُهُ وَهُوَ مِنْ عَمَلٍ صَاحِحٍ أُولَئِكَ نَفْسِهِمْ يَهْدُونَ ﴿٣٤﴾

45. Alyoke asasule abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi mu birungi Bye. Mazima Ye tayagala batakkiriza.

لِيَجْزِيَ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ مِنْ فَضْلِهِ إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الْكَافِرِينَ ﴿٣٥﴾

46. N'ekibalibwa mu bubonero Bwe (obulaga okusaasira Kwe), kwe kusindika empewo ezisanyusa (ku lw'okulanga enkuba eba ebindabinda) alyoke abakombye ku kusaasira Kwe era amaato galyoke gatambule ku lw'ekiragiro Kye, era musobole okunoonya mu bigabwa Bye, oboolyawo ne mwebaza (by'abawadde mu kugaba Kwe).

وَمِنَ آيَاتِهِ أَنْ يُرْسِلَ الرِّيَّاحَ مُبَشِّرَاتٍ وَلِيُنْفِخَ مِنْ رَحْمَتِهِ وَلِيُنَجِّرِيَ الْفُلُكَ بِأَمْرِهِ وَلِيَتَّبِعُوا مِنْ فَضْلِهِ وَلَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٣٦﴾

47. Mazima twatuma oluberyeberye lwo (Ggwe Muhammadi) ababaka eri ebibiina byabwe ne babajjira n'ebyamagero (ebiraga amazima

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ رُسُلًا إِلَى قَوْمِهِمْ فَجَاءَهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ وَأَنْتُمْ مَنَّا

44. Buli yenna agaana okukkiriza Obwomu bwa Katonda n'amateeka n'ebiragiro Bye. N'asawo okuba atakkiriza, ekibi ky'obutakkiriza n'ebibonerezo ebikambwe mu Bulamu Obw'oluvannyuma bigenda kuba ku ye, era wa kubeera lubeerera mu byo ssi wa kubivaamu.

N'oyo akola obulungi, n'agondera Katonda oluvannyuma lw'okukkiriza, abo baba beetegekede okufuna ebirungi bye balisanga mu Bulamu Obw'oluvannyuma, ebyo ebiritebenkeza amaaso gaabwe era eby'olubeerera ebitali bya kuggaawo.

gaabwe). Kyokka ne tuzikiriza abo abaayonoona; ne kibeera nga kiteekwa buteekwa ku Ffe okutaasa abakkiriza.

48. Katonda y'Oyo asindika empewo ne zifuukuula ebire: (bw'amala) n'abyanjuluriza ku ggulu nga bw'ayagala ate, n'abifuula ebyetuumye mu bitundutundu n'olaba nnamungi w'enkuba ng'etonna okuva mu myagaanya gyabyo. Bw'aba nga agitonnyesezza kw'abo b'ayagadde mu baddu Be ogenda okulaba nga basanyuka! —

49. Newankubadde nga babadde oluberye nga tebannatonyerwa nkuba, nga baktuse n'okugisuubira!

50. Kale tunuulira (weetegereze) eri ebyo ebiva mu buwufu (bw'okusaasira kwa Katonda wo, Owange omuntu ku lw'okutonnyesa enkuba) engeri gy'alamura ensi oluvannyuma lw'okufa kw'ayo (okukala kw'ayo): ddala Oyo (Katonda) wa kulamura (abafu). Naye Muyinza ku buli kintu (talemwa kw'ekyo ky'aba ayagadde).

51. Naye bwe tuba nga tusindise empewo ne babiraba (ebirime byabwe) nga biwotookeredde ne byengerera, babeera oluvannyuma lw'ekyo abeegaana (ebyengera bya Katonda).

52. N'olwekyo mazima, ggwe (Muhamadi) toyinza kuwuliza bafu (singa

مِنَ الَّذِينَ أَجْرَمُوا وَكَانَ حَقًّا عَلَيْنَا نَصْرَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٨﴾

اللَّهُ الَّذِي يُرْسِلُ الرِّيحَ فَتُبْرِسَ حَابًا فَيَبْسُطُهُ فِي السَّمَاءِ كَيْفَ يَشَاءُ وَيَجْعَلُهُ كِسْفًا فَيَكْرِي الْوَدْقَ يَخْرُجُ مِنْ خَلْقِهِ فَإِذَا أَصَابَهُ مِنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادَةٍ إِذَا هُمْ يَسْتَبْشِرُونَ ﴿٤٩﴾

وَإِنْ كَانُوا مِنْ قَبْلُ أَنْ يُنَزَّلَ عَلَيْهِمْ مِنْ قَبْلِهِ لَكَيْلِينَ ﴿٥٠﴾

فَانظُرْ إِلَى آثَارِ رَحْمَتِ اللَّهِ كَيْفَ يُغِي الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا إِنَّ ذَلِكَ لَمُنْعَى الْمَوْتَى وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٥١﴾

وَلَيْنِ أَرْسَلْنَا رِجَالًا قَرِوًا مُصَفَّرًا لَطَفْنَا مِنْ بَعْدِهَا لِكَيْفُمْ وَنَ ﴿٥٢﴾

فَأَتَاكَ لَا تَسْمِعُ الْمَوْتَى وَلَا تَسْمِعُ الصَّمَمَ

51. Eyo y'engeri y'abatakkiriza Katonda, singa baba mu kyengera basanyuka ne bajaganya naye bwe baba nga batuuseeko obuzibu mu birime byabwe oba ebirala byonna mu bintu byabwe, bonoonekera ddala ne babanga abatafunanga ku kalungi konna kuva eri Katonda.

52. Kitegezebwa nga Nabbi (s.a.w.) bw'atasobola kuwuliza bafu wadde abo bakiggala na kuno okubuulira okumatiza. Era singa bakiggala abo bakyuse ne bamukuba amabega oluvannyuma n'agezaako okumuyita, tasobola kuwulira. Kale mu ngeri y'emu n'abo abatakkiriza abaagubaasira emitima, tebasobola kuwulira ne bakkiriza kubuulira kwa Nabbi (s.a.w.) oba wadde okulungama.

oba obakoowoodde), era toyinza kuwuliza bakiggala mu kubakoo-woola bwe baceera nga bakyuuse ne bakubayo amabega.

53. Era toli asobola kulunnngamya bamuzibe okubaggya ku bubuze bwabwe: Wabula (bw'oba owuliza), owuliza oyo yekka akkiriza ebigambo Byaffe, nabo bagoberera (okubuulira kwo ne kubagasa, ne bagoberera era ne bagondera Katonda).
54. Katonda y'Oyo eyabatonda nga abaggya mu bunafu (nga mukyali mu mbuto, mu buwere ne mu buto), oluvannyuma n'abafuula ab'amaanyi oluvannyuma lw'obunafu, nate oluvannyuma lw'amaanyi n'azzaawo obunafu n'obukadde. Atonda ekyo ky'aba ayagadde. Naye ye Mumanyi ennyo, Omuyinza.
55. Olunaku Ekisera Eky'enkomerero bwe kirituuka bagenda kulayira aboonyi (nga bakakasa) nga bwe bataanama (ku nsi) okuggyako ekiseera obuseera — bwe kityo bwe baalinga bakyuka okuva ku mazima (ne badda eri obulimba)!
56. Naye abo abaawebwa okumanya n'obukkiriza ne bagamba nti: Mazima

الدُّعَاءُ إِذَا دُلُّوا مُدِيرِينَ ﴿٤٣﴾

وَمَا أَنْتَ بِهَادٍ الْعَمَىٰ عَنْ ضَلَالِهِمْ  
إِنْ سَمِعُوا إِلَّا مَنْ يَوْمًا مِنْ بَيْنِنَا فَمَهُمْ  
مُسْلِمُونَ ﴿٤٤﴾

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ ضَعْفٍ ثُمَّ  
جَعَلَ مِنْ بَعْدِ ضَعْفٍ قُوَّةً ثُمَّ  
جَعَلَ مِنْ بَعْدِ قُوَّةٍ ضَعْفًا وَشَيْبَةً  
يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ ۚ وَهُوَ الْعَلِيمُ الْقَدِيرُ ﴿٤٥﴾

وَيَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُقْسِمُ الْمُجْرِمُونَ  
مَا لَنَا بِغَيْرِ سَاعَةٍ كَذَلِكَ كَانُوا يُكَذِّبُونَ ﴿٤٦﴾

وَقَالَ الَّذِينَ أُذِلُّوا الْعِلْمَ وَالْإِيمَانَ

54. Katonda ategeeza omuntu nga bwe yamutonda nga amuggya mu kintu ekinafu — nago ge mazzi agazaala ge yayisa mu mitendera egy'enjawulo ne luba olubuto, wuuyo afuuse omwana omuwere ayonka, avudde ku mabeere. Mu biseera bye byonna eby'obuto aba munafu. Omuntu bw'avubuka Katonda n'amufuula ow'amaanyi, nate oluvannyuma ne bafuuka abanafu bwe bagenda bakula ennyo ne bakaddiwa — ne Katonda akola nga bw'ayagala.

55. Olw'embeera embi ennyo aboonyi gye balibeeramu n'ebibonerezo ebikakali, kiribalabikira nga ebbanga ly'oku nsi lyali ttono nnyo era nga muli bali mu kwejjusa na kusaba singa baagira bakyalikebwa ku nsi kubanga yo baali mu ddembe ppitirivu — Naye okwo kwonna kuliba kulaajanira busa si ba kuzibwayo ku nsi.

56. Abagezi abalinga bategeera era abaalina obukkiriza obutuufu n'okumanya okukakafa

mwamala mu nsi ebbanga eryali mu Ngera ya Katonda okutuusa ku Lunaku Lw'okuzuukira. Na luno lwe Lunaku Lw'okuzuukira: naye mazima mmwe —mwali temumanyi.

57. Mu Lunaku olwo tekuligasa abo abaalyazaamaanya (ne batakkiriza) okwetonda kwabwe, era tebali bo ba kusabibwa kwenenya.

58. Mazima tukubidde abantu ebifaananyi (ebyokulabirako) ebya buli ngeri mw'eno Kuraane (ku lw'okulungama kwabwe n'okulabulwa): ne bw'onooba obaleetedde akabonero (ke beesabidde akalaga amazima go), mazima abo abatakkiriza bajja kugamba nti: Ddala temuli mmwe (abakkiriza) wabula abonoonyi abalimba (abamala obumazi ebisecera).

59. Bwe kityo Katonda bw'azibikira ku mitima gy'abo abatamanyi (ne beeyongera butalaba kituufu).

60. Kale nywera ogumiikirize (Ggwe Muhammadi, obuzibu bwonna obuba bukujjidde)! Ddala endagaano ya Mukama wo (ey'okukutaasa) ya Mazima wabula tebakutiisatiisanga (n'oterebuka) abo (abatalina kintu kyonna) kye bakakasa butuufu bwa-kyo.

لَقَدْ لَيْتُمُ فِي كِتَابِ اللَّهِ إِلَى يَوْمِ الْبَعْثِ  
فَهَذَا يَوْمُ الْبَعْثِ وَلَكِنَّكُمْ كُنْتُمْ لَا  
تَعْلَمُونَ ﴿٥٧﴾

فَيَوْمَئِذٍ لَا يَنْفَعُ الَّذِينَ ظَلَمُوا مَعِدَّتُهُمْ  
وَلَا هُمْ يُسْتَعْتَبُونَ ﴿٥٨﴾

وَلَقَدْ فَهَرْنَا لِلنَّاسِ فِي هَذَا الْقُرْآنِ  
مِنْ كُلِّ مَثَلٍ وَلَئِنْ جِئْتَهُمْ بِآيَةٍ لَيَقُولُنَّ  
الَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا مُبْحَلُونَ ﴿٥٩﴾

كَذَلِكَ يَطْبَعُ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِ الَّذِينَ  
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٥٩﴾

فَأَصْبِرْ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ وَلَا يَسْتَخِفُّكَ  
الَّذِينَ لَا يُؤْتُونَ ﴿٦٠﴾


baligamba nga balimbisa abo abeeragajjalira mu bulamu bw'ensi nti: Mazima mwamala mu nsi ebbanga Katonda lye yabawandiikira mu Ngera Ye cyasooka oluberyeberye okutuusa ku Lunaku L'wokuzuukira olwalagaanyizibwa naye eky'okusaalirwa temwakkiriza kujja kwalwo.

## EBIFA KU SSUULA LUKMAAN MU BUFUNZE (31)

Essuula eno nayo yakkira Makka ng'ebalibwa mu ezo ez'omu biseera ebivannyuma nga okusengukira e Madina kunaatera okubaawo. Eytibwa Lukmaan okusenziira ku musajja omukulu kagezimunno Lukmaan ayogerwako okuva ku aya 12-19 mu ssuula muno. Ebiro mwe yakkira nga akatuubugiro k'okukijjanyana mu wefubirira okulemesa Obusiraamu nga kakoledde. Kino kinnyonnyolerwa mu aya 14-15, bamusaayimuto abaanywegera Obusiraamu mwe balyowerwa emyoyo nti wadde nga bakadde baabwe be babalinako obuyinza obwa waggulu, naye tebabawuliriza ne babagondera singa baba nga bagezaako okubagaana okukkiriza Obusiraamu oba wadde babefubiriddeko okubakaka okubazza mu nzikiriza ya *Shirik*, esinza bakatonda abangi.

Ekikulu mu bubaka obuli mu ssuula kwe kutangaaza abantu nga okusinza kwa *Shirik* bwe biri ebyayanga ebisa, wabula nga kwo okusinza kwa *Tawuhiid* (Okukkiriza Katonda Omu) bwe kuli okw'amazima era okukakafu kwokka. Abantu bakubirizibwa bennyike mu Busiraamu bakkirize Obubaka bwa Mutume Muhammad (s.a.w.) baleme kubutabura mu kukopperera ebyo ebyobutamanya be baasanga bajajjaabwe basinza.

Okuggumiza Amazima g'Obubaka Nabbi bwe yayitiranga abantu bagoberere kwo-ngerwamu amaanyi n'okuwabula abantu nti Kuraane si njigiriza mpya esooka obusoosi okutangazibwa eri abantu; wabula ne bakagezimunno abamanyirivu ab'emirembe egyasooka nga ne Mutume Muhammad (s.a.w.) tannatumibwa nabo baabulira Obubaka bwe bumu nga Nabbi bwe yali abayitira—Omusajja Omumanyirivu eyayitibwanga Lukmaan, ow'ettutumu mu mmwe olw'amagezi ge n'obumanyirivu bwe naye bye yakubirizanga bantu banne bagoberere. N'olwekyo kyeraga kyokka nti emisingi gy'obuntubulamu egiri mu Bubaka Nabbi bwe yabuuliranga gyekwanyiza ddala bulungi n'egyo Lukmaan gye yayigirizanga bantu banne.



## ESSUULA LUQMAANI (31)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 4 ne Aya 34.

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## 1. ALIF LAAM MIIM.

الْمِ

2. Ebyo bigambo by'Ekitabo ebikakafu,

بِأَنَّ آيَاتِ الْكِتَابِ الْحَكِيمِ ۝

3. Kyakulunngamya era kyakusaasira eri abalongoofu, —

هُدًى وَرَحْمَةً لِّلْمُحْسِنِينَ ۝

4. Aboabayimirizaawo esswala ne batoola Zzakaati (omutemwa ogwabalaalikwa mu mmaali yaabwce) nga nabo bakakasa okubaawo kw'Olunaku Lw'enkomerero.

الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ يُوقِنُونَ ۝

5. Abo bali ku bulunngamu okuva eri Mukama waabwce; era abo be b'okulokoka.

أُولَٰئِكَ عَلَىٰ هُدًى مِّن رَّبِّهِمْ وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ۝

6. Ne mu bantu mulimu oyo agula emboozizi ezirabankanya (ezitaliimu makulu) alyoke abuze (abantu) okubaggya ku kkubo lya Katonda awatali kusi-

وَمِن النَّاسِ مَن يَشْتَرِي لَهْوَ الْحَدِيثِ لِيُضِلَّ عَن سَبِيلِ اللَّهِ بِغَيْرِ عِلْمٍ ۖ

2. Ebigambo ebiri mu Kitabo kino binywevu ebitegeke era ebisengeke obulungi okusinga ebitabo byonna ebyawandiikibwa, era kyawufu mu mateeka gaakyo agakirimu n'okunnyonyola kwakyo.

3. Kirunngamya ne kituusa abo abalongoosa emirimu gyabwce muno mu nsi ku kusaasira kwa Katonda mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

4. Abantu abalongoofu abo wano boogerwako ebitone byabwce — be bo abasaala esswala zaabwce nga batuukiriza amateeka agalagirwa mu kusaala, era nga balaga eggonjebwa n'empisa nga bali mu maaso ga Katonda basaba. Era bawo abeetaavu omugabo gwabwce Katonda gwe yalaalika (Zzakaati) ku beesobola babeere nga baguwa abeetaavu, nga mw'ekyo banoonya kusiima kwa Katonda, okwo nno kwe bayita okukakasa okubaawo kwa Katonda.

6. Mu aya eno Katonda ayogera kw'oyo awaayo emmaali, obulamu n'ebiseera bye eby'omuwendo n'abimalira mu binyumu ebyo ebirabankanya omuntu, cbyo ebitaliimu mugaso gwonna! Amala obulamu bwe obw'omuwendo ate obw'ekiseera obuseera mw'ebyo ebitaamugase okuggyako okumubuza okuva ku kkubo lya Katonda. N'ebinyumu ebigenderreddwa mu aya eno — buli kyonna



nziira ku kumanya n'abifuula (ebigambo bya Katonda) eby'olusaago. Abo bo balina ebibonyobonyo ebinyoomesa.

7. Bwe biba nga bimusomeddwa ebigambo Byaffe akyuka n'akubayo amabega nga yekuluntaza n'abeera nga atabiwulidde, ne muba nga mu matu ge omuli ekigazibikidde. Kale musanyuse ng'omukudaalira nga bw'anaasisinkana ebibonyobonyo ebiruma.

8. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu balina Ejjana Ey'ebyengera, —

9. Ba kubeera bugenderevu mu yo. Okulagaanyisa kwa Katonda kwa mazima. Naye ye Weekitiibwa, Omukakasa wa byonna.

10. Yatonda eggulu awatali mpagi ze mulaba (ziriwaniridde), n'ateeka mu nsi ensozi ennyewevu, (ensi) ereme okuyuuga nammwe; n'asaasaanya mu yo

وَيَخَذَنَّهَا هُرُوطًا وَأُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ مُّهِينٌ ⑥

وَإِذَا تَنَسَّلْنَا عَلَيْهِ إِلَيْنَا وَلَّى مُسْتَكْبِرًا كَانَ لَهُمْ لِمَعْمَعِمَا كَانَ فِي أذُنَيْهِ وَقُرْآنٌ فَشِرَّةٌ يُعَذِّبُ بِالْمِثْمِ ⑦

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ جَنَّاتُ النَّعِيمِ ⑧

خَالِدِينَ فِيهَا وَعَدَّ اللَّهُ حَقًّا طَوْهُوَ الْعَرَبِيَّةِ الْحَكِيمِ ⑨

خَلَقَ السَّمَوَاتِ بِغَيْرِ عَمَدٍ تَرَوْنَهَا وَأَلْقَى فِي الْأَرْضِ رَوَاسِيَ أَنْ تَمِيدَ بِكُمْ وَ

ekirabankanya ne kimuggya ku kugondera Katonda na buli kyonna ekitaliimu kalungi oba omugaso; okugeza ng'emboozzi ezitalina makulu, ebigambo eby'obukaba n'obuwemu, ennyimba n'ebivuga.

Kigambibwa nti mu kiseera ky'obulamu bwa Nabbi (s.a.w.) waaliwo omukafiiri omu eyayitibwanga Nadhir mutabani wa al-Haarith eyaggya ebinyumu n'emboozzi ku bantu ab'ettuttumu mu Bafariisi (Persia), n'asendasenda Abakuraish nkuumuliitu ne bamwetaayiriranga ne balwooza nti by'abanyumiza by'ebisinga ebigambo bya Katonda sso nga bo olw'obutamanya baali beesuula bokka mu nnyanga.

8. Balisasulwa Ejjana ku lw'obukkiriza bwabwe n'olw'okugoberera kwabwe amateeka ga Katonda mu Bulamu Obw'oluvannyuma, era baliba mu kwesiima ebbanga lyonna ku lw'ebirungi ebiribasulwa olw'emirimu gyabwe emirungi gye baakola nga bali ku nsi. Balisanyuka ku lw'ebiyokulya ebirungi n'ebiyokwambala n'abakyala abalungi abatakubikamu maaso, n'ekitiibwa kye baliweebwa—Ebyo byonna nga bya lubeerera si bya kuggwaawo.

10. Katonda alaga nga bwe yatonda eggulu awatali mpagi ziriwaniridde awamu n'obugazi bwalyo mu Bwengula okuggyako okuwanirirwa obuyinza Bwe. Era yateeka mu nsi ensozi cryoke enywere ereme okubayuguumya mmwe abantu, ne musisi aleme okumenya amayumba gammwe. Kisaana kimanyike nti okutereera kw'ensi kwesigamywe ku buzito bwayo — singa si bwe kiri amazzi ne kikunnguunta byandigiyuugumizza. Era ekirala ekiraga obuyinza bwa Katonda kwe kuteeka mu nsi ebiramu ebya buli ngeri nga mu byo mulimu ebiriibwa n'ebyeagalwa nga enfalaasi, ebyo ebiramu omuntu by'atayinza kumenya n'amalayo emitindo gyabyo.

buli kiramu ekitambula. Ne tussa nga tuggya waggulu amazzi (enkuba) ne tumeza mu yo (ensi) emitindo ebiri ebiri mu buli ngeri (y'ebimera) eby'omugaso omuyitirivu.

بَشَّ فِيهَا مَنْ كَلَّ دَابَّةً وَأَنْزَلْنَا  
مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَابْتِثْنَا فِيهَا مِنْ كُلِّ  
زَوْجٍ كَرِيمٍ ⑩

11. Okwo kwe kutonda kwa Katonda Omutonzi (Allah). Kale mundage bye biri wa bye batonda abo abatali Ye (mw'abo be muyita bakatonda): Wabula abalyazaamaanyi (abatakkiriza Katonda nga bw'Ali Omu) bali mu kubula okwenkukunala.

هَذَا خَلْقُ اللَّهِ فَأَرُونِي مَاذَا خَلَقَ  
الَّذِينَ مِنْ دُونِهِ بِئْسَ الظَّالِمُونَ فِي  
صَلِيلٍ مُسْمِينٍ ⑪

12. Era mazima twawa Luqumaan okutegeera (ne tumugamba) nti weebaze Katonda; n'omuntu yenna eyeebaza, mazima aba yeebazizza ku lwa mwoyo gwe (kubanga omugaso gw'okwebaza gudda gy'ali). N'oyo ayeegaana ebyengera (bya Katonda), mazima Katonda Mugagga talina kyonna kye yeetaaga wadde (okweguya), Atendererezbwa.

وَلَقَدْ آتَيْنَا لُقْمَانَ الْحِكْمَةَ أَنْ اشْكُرْ  
لِلَّهِ وَمَنْ يَشْكُرْ فَإِنَّمَا يَشْكُرُ لِنَفْسِهِ  
وَمَنْ كَفَرَ فَإِنَّ اللَّهَ غَفِيرٌ حَمِيدٌ ⑫

13. Era (jjukira) mu kiseera Luqumaan bwe yagamba mutabani we, nga naye amubuulirira: Owange Mutabani wange! Togattanga ku Katonda ekintu ekirala mu Bwakatonda Bwe. Mazima okugatta ku Katonda ekintu ekirala bwe bulyazaamaanyi obunene (obw'ensusso).

وَإِذْ قَالَ لُقْمَانُ لِابْنِهِ وَهُوَ يُعِطُّهُ  
يَبْنَىٰ لَا تُشْرِكْ بِاللَّهِ إِنَّ الشِّرْكَ لَظُلْمٌ  
عَظِيمٌ ⑬

Era n'ekirala ekibalibwa mu buyinza Bwe kwe kumeza ku nsi ebimera ebya buli kika nga mu byo mulimu ebiriibwa, ebiggibwamu eddagala n'ebirala; era mulimu na buli ngeri ya miti nga byonna birina omugaso ogutagambika eri abantu.

11. Bwe mukakasa nti tewali asobola kutonda bitonde okuggyako Katonda Omutonzi (Allah) bwe kityo tewali atekwa kusinzibwa wabula Ye yekka, Katonda Oyo Ayawulwa obutagattibwako mulala mu Bwakatonda Bwe.

12. Luqumaan teyali Nabbi wabula Katonda yamuwa amagezi amoozi ennyo n'okumanya ensonga. Era yali omukakasa mu kukkiriza kwe, omwagazi ennyo owa Katonda, bw'atyo ne Katonda n'amwagala. Tewali kyogerwa ddala ku ggwanga ki lye yalimu oba wadde okwogera ku kiseera ki kyennyini, kye yaliwo, wabula kikakafu nti yaliwo nga Kuraane tennakka era nga mwatitikirivu nnyo mu bitundu bya Buwarabu olw'amagezi ge.

13. Okugatta ku Katonda ekintu ekirala kuba kulyazaamaanya okusinga okuba okubi, kubanga

14. Ne tulaamira omuntu (alongoosenga eri) bakadde be bombi — Nnyina amuba olubuto nga munafu ali ku bunafu, n'amuggya ku mabeere mu (bbanga lya) myaka ebiri — (Kale kwata ekikulagirwa) mazima onnebazze Nze ne bakadde bo bombi. Gye Ndi y'eri obuddo.

وَوَضَّيْنَا لِلْإِنْسَانِ بِوَالِدَيْهِ حَمَلَتُهُ  
أُمَّهُ وَهَنَا عَلَى وَهْنٍ وَفَضَّلَهُ فِي  
عَامَيْنِ أَنْ اشْكُرَ لِي وَوَالِدَيْكَ مَا  
إِلَى الْمَصِيرِ ⑭

15. Naye bwe baba (bakadde bo) bombiriri bakunyikiddeko bakuwaliriza okungattako ekyo ky'otolinaako kumanya, olwo tobagonderanga; wabula era beeranga nabo mu nsi nga obayisa bulungi, era ogobere-renga ekkubo ly'oyo ayeenanya, n'adda gye Ndi. Oluvannyuma gye Ndi y'eri obuddo bwammwe, ne Ndyoka mbategeeza ebyo bye mwalinga mukola:

وَأَنْ جَاهَكَ عَلَى أَنْ تُشِيرَ لِي مَا  
لَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمٌ فَلَا تُطْعِمْهُمَا وَ  
صَاحِبُهُمَا فِي الدُّنْيَا مَعْرُوفًا وَاتَّبِعْ  
سَبِيلَ مَنْ أَنْابَ إِلَى اللَّهِ تَكُنْ مِنَ الْمُجْتَنِبِينَ  
فَأَتَّبِعْكُمْ بِمَا أَنْتُمْ تَعْمَلُونَ ⑮

16. Owange mutabani wange! Ne bwe kiribeera ekikolwa kyonna ekibi oba nga (mu butono bwakyo) kyenkana nga obuzito bw'empeke ya *Khari-*

يُنَيِّئُ الْإِنْسَانَ تَأْكُ مِثْقَالَ حَبَّةٍ مِنْ  
خَرْدَلٍ تَنْتَنُ فِي صَفْحَةٍ أَوْ فِي السَّمَوَاتِ أَوْ

oba oddidde okusinza n'okussa mu kifo ekitali kyakwo. Omuntu yenna addira ebitonde bya Katonda n'abissa mu kifo kya Katonda n'abisinza nga bw'asinza Katonda — ng'abo abasinza amasanamu ne lubaale, olwo baba nga bessizza mu kifo ky'oyo akomererayo obutategeera. era omulyazaamaanyi lukulwe asinga abalyazaamaanyi bonna.

14. Katonda yalagira omuntu ayisenga bulungi bazadde be bombi okusingira ddala omuzadde omukazi kubanga yamusitulira mu lubuto lwe wamu n'obuzibu. Olubuto buli bwe lweyongeranga okukula, nga naye yeyongeranga okunafuwa okutuusa ku kumuzaala n'amuyonsa okumala ebanga eritasukka myaka ebiri. Era yalagira omuntu amwebazenga Ye Katonda era yeebaze ne bakadde be nga abayisa bulungi mu buwulize n'eggonjebwa — mw'ekyo nga yeebaza ebyo bye bamukolera.

Yamaliriza nga agamba nga gy'Ali bw'eri obuddo bwa buli kitone, alyoke abalamule, asasule abakazi b'obulungi ebirungi bye bakola, abonereze abonoonyi ku lw'obwonoonyi bwabwe.

15. Katonda ategeza nti singa abazadde b'omuntu bamwefubirira okumuggya ku kukkiriza n'okusinza Katonda Omu, tabagonderanga mw'ekyo kubanga tewali akkirizibwa kugondera kitone kyonna mw'ekyo ekirimu okujeemera Katonda Omutonzi. Awamu n'ekyo omuntu talagirwa akyawe bakadde be abeekutulireko ddala mu ngeri zonna wabula alagirwa nga bw'asaanye akolagane nabo mu bikwata ku butamu bw'ensi mu ngeri ennungi, era alina okubayisa obulungi n'okubayamba n'okubakuma newankubadde si bakkiriza, kubanga ekyo tekiggyaawo buzibu bwe baafuna mu kumulera n'okumulabirira.

16. Katonda ategeza nga Luqumaan bwe yalaamira omwana wa nga amutegeeza nti: Ekikolwa kyonna omuntu kye yakola, wadde ka kibe kibi oba kirungi era ka kibe kitono nnyo nga akaaso k'akaloolo (empeke ya *Khardali*), ate nga kiri mu kifo ekyekusifu ennyo, gamba ng'okuba nga kyekusise munda w'olwazi obanga kiri mu kifo eky'ewala ennyo nga okuba nga kiri mu ggulu oba mu

*dali*, wadde kibeere mu lwazi, oba mu ggulu, oba mu nsi, Katonda agenda kukireeta (asasule eyakikola ku Lunaku Lw'enkomerero). Ddala Katonda Mukwatampola, Mumanyi w'ebyama.

17. Mwattu mutabani wange! Yimirizanga wo esswala, okubirizenga (abantu) okukola ebirungi obagaanenga okukola ebibi, era nyweranga ogumiikirizenga kw'ebyo (ebizibu n'ebikangabwa byonna) ebibanga bikuguddeko. Mazima (ebikubuliriddwa) bibalibwa nga bya mu bigambo ebikakafu (ebisaanye okugumizibwa).

18. Era tokyusizanga ku bantu ettama lyo (amaaso go, nga obeenyinyimbwa oba okubaziimuula), era totambulanga mu nsi nga weewulira (n'okulaga amalala). Ddala Katonda tayagala buli yenna omwekuluntaze, omwekuluntaze (ayeeyagalira ku bantu).

19. Beeranga mu makkati mu kutambula kwo (teweetikambulanga bwe-sikambuzi oba okwekandagga ate n'otatambulanga kasoobo), era kakkanyanga eddoboosi lyo (mu kwogera); kubanga mazima eddoboosi erisinga obubi (mu maloboosi gonna) ly'eddoboosi ly'endogoyi.

﴿١٧﴾ فِي الْأَرْضِ يَأْتِيهَا اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ لَطِيفٌ خَبِيرٌ

يُنَبِّئُ أَقْبَالَ الصَّلَاةِ وَأَمْرًا مَعْرُوفٍ وَإِنَّهُ  
عَنِ الْمُنْكَرِ وَأَصْدَقُ عَلَى مَا آصَابَكَ مِنْ  
ذَلِكَ مِنْ غَيْرِ مِثْلِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٨﴾

وَلَا تُصَعِّرْ خَدَّكَ لِلنَّاسِ وَلَا تَمْشِ فِي  
الْأَرْضِ مَرَحًا إِنَّ اللَّهَ لَذُوُ عُنُقٍ  
مُتَعَلِّمٌ ﴿١٩﴾

وَاقْصِدْ فِي مَشْيِكَ وَاعْصُمْ مِنْ  
صَوْتِكَ إِنَّ أَنْكَرَ الْأَصْوَاتِ لَصَوْتُ  
النَّاسِ ﴿٢٠﴾

nsi. Katonda agenda kukisembeza ku Lunaku Lw'enkomerero alyoke akibalire oyo eyakikola.

Katonda akuba ekifaananyi ekyo ng'agenderera okutegeeza nga bwe watali mulimu na gumu mu mirimu gv'abaddu Be guinyza kumwekweka, wadde ka gube omutono nga akanyiinkuuli.

17. Mw'ebyo Katonda bye yalagira nga bye bibalibwa mu bwennyini bw'Obukkiriza obukuu-kuitivu, omuntu kwe kuba omuvumu n'agumiikiriza mu buli kiba kimuguddeko mu bizibu, era ne yeesamba ebibi.

19. Omuntu tasaanye kutambula ng'omuzoole nga yenna, agenda asikambuka busikambuzi oba okwekandagga; sso ate n'atambulanga kasoobo ng'omulwadde wabula asaanye agendere awo mu makkati. Ate ng'abadde ayogera, tasaanye kulegesa oba aleekaane buleekaanyi oba okukoboggoka obukoboggosi ate tasaanye ayogere mpola nnyo okutuuka n'obutawulirwa by'ayogera, wabula akozese eddoboosi essaamu esseeneekerevu ery'omu makkati. Singa omwogezi ayogera n'afaana na nga endogoyi, abantu batuuka n'okwetamwa ebigambo bye.

20. Abaffe, temulaba (Abange mmwe abantu!) nga mazima Katonda yabagondeza ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi n'abajjuliza mmwe ebyengera Bye ebyokungulu (ebirabikako) n'ebyo omunda (ebyekisizza)? Wabula ate mu bantu mulimu oyo akaayana (mu Bwomu) bwa Katonda nga taggya ku kumanya wadde ku bulungamu wadde (okuggya) mu Kitabo ekitangaavu (ekimutangaaza kw'ebyo by'awalazaamu empaka)!

أَلَمْ تَرَوْا أَنَّ اللَّهَ تَخَوَّلَ لَكُمْ فِي السَّمَوَاتِ  
وَمَا فِي الْأَرْضِ وَأَسْتَبْرَأَ عَلَيْكُمْ نِعْمَتَهُ  
ظَاهِرَةً وَبَاطِنَةً وَمِنَ النَّاسِ مَنْ  
يَجَادِلُ فِي اللَّهِ بِغَيْرِ عِلْمٍ وَلَا هُدًى وَلَا  
كِتَابٍ مُنِيرٍ ﴿٢٠﴾

21. Bwe baba bagambiddwa nti: Mugerere ebyo Katonda bye yassa, bagamba nti: Nedda! wabula tugoberera ebyo bye twasangako baki-taffe (nga bye basinza). Owa! wadde k'abe nga Sitaane yabakoowoolanga abalaza eri omuliro ogubuubuuka (ng'olwo era bagoberera)?

وَلَا تَقُولُ لَهُمْ السُّبْحَانَ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ قَالَوْا  
بَلْ نَسْتَعِينُ مَا وَجَدْنَا عَلَيْهِ آبَاءَنَا أَوْ لَوْ  
كَانَ الشَّيْطَانُ يَدْعُوهُمْ إِلَى  
عَذَابِ السَّعِيرِ ﴿٢١﴾

22. N'omuntu ayeewaayo yenna n'ayolekera eri (okugondera) Katonda nga naye mulongoosa (mukkiriza), mazima aba yeekutte ku nngango enngumu. N'eri Katonda y'edda enkomerero y'ebigambo.

وَمَنْ يُسَلِّمْ وَجْهَهُ إِلَى اللَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ  
فَقَدْ اسْتَمْسَكَ بِالْعُرْوَةِ الْوُثْقَىٰ وَإِلَى  
اللَّهِ عَاقِبَةُ الْأُمُورِ ﴿٢٢﴾

20. Katonda ateggeeza nga bwe yagabira abantu ebyengera nfaafa mu bujuvu ebitayinzika na kubalika, ebyeyoleka okugeza nga okumugabira okuwulira, okulaba n'obulamu. Nga n'ekikulu ekisinga byonna kwe kumugabira eddiini y'Obusiraamu eyo esinga ebyengera ebirala byonna Katonda bye yagabira omuntu. Ebyo eby'omunda bye byo ng'omutima, amagezi, okutegeera, okuyiga n'ebirala ebifaanana ng'ebyo.

Naye ate mu bantu osangamu ekibiina ky'abo abakalambirira ku mpaka nga bawakanya Obwomu bwa Katonda nga tebaggya ku kumanya oba okutegeera okutuufu; era nga tebalina bujulizi ku nsonga eyo era nga tebalina Kitabo kyava eri Katonda kibalunggama ku nsonga eyo.

22. Katonda yageza n'ategeeza nga omuntu oyo anywerera ku kumugondera n'okumwesiga bw'afaanana n'oyo aba ali mu kinnya akiwanvu n'afuna omuguwa omugumu ne yeenywereza ku gwo n'asobola okuwona.

Era Katonda ateggeeza nga bw'eteri buddo bulala bwonna muntu gy'alidda mu Bulamu Obw'enkomerero okuggyako eri Ye yekka, olwo n'alyoka asasula abakazi b'obulungie mpeera zaabwete abo abonoonyi abasogge mu muliro.

23. (Ggwe Muhammadi) n'oyo awakanya (Obwomu bwa Katonda) tekukunakuwazanga okuwakanya kwe, gye Tuli y'eri obuddo bwabwe, olwo tubategeeze ebyo bye baakolanga. Mazima Katonda Mumanyi nnyo ow'ebyo ebiri mu bifuba (mu mitima).

وَمَنْ لَقِيَ فَلَا يَخْرُجُكَ لِقَاءَ إِلَيْنَا  
مَرْجِعُهُمْ فَنُنَبِّئُهُم بِمَا عَمِلُوا إِنَّ  
اللَّهَ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٣١﴾

24. Tubeeyagaza (ekiseera) kitono (ebbanga ly'obulamu bwabwe mu nsi muno), oluvannyuma (tulibawaliriza okwagala n'obutayagala) okubazza eri ebibonyobonyo ebizito.

لَمَّا جَاءَهُمْ قِيلٌ لَمْ نَضُرُّهُمْ إِلَى  
عَذَابٍ غَلِيظٍ ﴿٣٢﴾

25. Singa obadde obabuuzizza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi? Mazima bagambira ddala nti: Katonda Omutonzi. Gamba nti: Atenderezebwa Katonda (ne yeebazibwa ku kwolesa amazima)! Wabula abasinga obungi tebamanyi.

وَلَيْن سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
يَقُولُونَ اللَّهُ قُلْ الْحَمْدُ لِلَّهِ  
بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٣﴾

26. Bya Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi: Ddala Katonda Ye Mugagga, Atenderezebwa.

لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ إِنَّ اللَّهَ  
هُوَ الْعَزِيزُ الْحَمِيدُ ﴿٣٤﴾

27. Era singa mazima emiti gyonna egyo egiri mu nsi zaali kkalaamu nga n'ennyanja (awamu n'obugazi bwayo nga yali bwiino) n'oluvannyuma lwayo nga kwongerwako ennyanja endala musanvu (ne ziwandiika ebigambo ebifa ku Katonda) tebyandiweddeyo ebigambo bya Katonda. Mazima Katonda Waakitiibwa, Omukakasa (mu kutonda Kwe ne mu bigambo Bye).

وَلَوْ أَنَّ مَا فِي الْأَرْضِ مِنْ شَجَرَةٍ أَقْلَامٌ  
وَالْبَحْرِ يَمِينٌ مِنْ بَعْدِ سَبْعَةِ أَبْحُرٍ  
مَا نَفِدَتْ كَلِمَاتُ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ  
حَكِيمٌ ﴿٣٥﴾

23. Wano Katonda yasanyusa Nabbi We (s.a.w.) ng'amugumya aleme kweraliikirira olw'abo abagaanye okukkiriza ne balemera ku bubuze. Kubanga ekibi kiri ku bo so si ku Nabbi. Era Katonda wa kubaboneriza oba na kuno ku nsi naye nga atekwa butekwa mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

27. Ennyanja zonna eziri mu nsi ng'ozigasse awamu nga yali bwino nga n'emiti gyonna egy'omu nsi nga biteekeddawo biwandiika ebigambo ebiraga obuyinza bwa Katonda n'ebitendo Bye, akka-

28. Tekuli okutondebwa kwammwe wadde okuzuukiza kwammwe wabula kulinga (okutonda n'okuzuukiza) omuntu omu. Mazima Katonda Awulira, Alaba.

مَا خَلَقَكُمْ وَلَا يَعْظُمُ إِلَى الْكُفْسِ  
وَإِحْدَةٍ إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ ٢٨

29. Abaffe tolaba, (Ggwe omuntu) nti mazima Katonda abuliza ekiro mu musana n'abuliza omusana mu kiro, n'agonza enjuba n'omwezi (ku Nge-reka Ye, ne biba) nga buli kimu kidduka okutuusa ebbanga eggere. Era ddala Katonda Amanyi nnyo ebyo bye mukola?

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يُؤَلِّجُ الْبَلَّ فِي النَّهَارِ  
وَيُؤَلِّجُ النَّهَارَ فِي الْبَلِّ وَسَخَّرَ  
الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ كُلٌّ يَجْرِي إِلَى  
أَجَلٍ مُّسَمًّى وَإِنَّ اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُونَ  
خَبِيرٌ ٢٩

30. Ekyo (kiri kityo) lwa kubanga mazima Katonda, Ye ge Mazima (gokka), ng'ate mazima ebyo bye basaba ebitali Ye bye bitali bituufu era lwa kubanga mazima Katonda — Ye ye Waawaggulu, Omunene.

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّ مَا  
يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ الْبَاطِلُ وَأَنَّ  
اللَّهَ هُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ٣٠

31. Abaffe, tolaba nga mazima amaato gaddukira mu nnyanja ku lw'okugaba kwa Katonda? — Alyoke abalage Obumu mu bubonero Bwe

أَلَمْ تَرَ أَنَّ الْفُلْكَ تَجْرِي فِي الْبَحْرِ  
بِنِعْمَتِ اللَّهِ لِيُرِيَكُمْ مِنْ آيَاتِهِ إِنَّ

laamu n'ennyanja byandiwedde byo ebigambo ebifa ku Katonda ne bisigala nga tebiweddecyo — kubanga emit n'ennyanja birina ekikomo ate nga byo ebigambo bya Katonda tebirina kikomo. Katonda wa Kitiibwa talina ky'alemwa. Mukakasa tewali kisukka kumanya Kwe.

28. Katonda talina kyonna kimuzitoowera oba kimulema. Ku Ye okutonda kw'ebitonde byonna awamu n'okubizuukiza oluvannyuma lw'okufa, w'Ali kiringa okutonda n'okuzuukiza omuntu omu. Ng'abadde ayagade ekintu kyonna kibeevo agamba bugambi nti Ba ne kiba nga bw'ayagade.

29. Katonda amanyi engeri z'abantu zonna n'emirimu gyabwe. Tewali kintu na kimu kimwekweka era mazima singa omuntu afaayo ne yeetegeza ebitonde bya Katonda byonna ebinene mu Bwengula n'entegeka yaabyo, yandikakasizza nti mazima Oyo yabitonda era abiribirira amwetoolode, amanyi byonna abimufaako.

30. Ebyo byonna bye mulaba mu byewuunyisa nga eggulu, enjuba, omwezi n'ebirala, bimala bumazi okukakasiza ddala nti mazima Katonda Omutonzi yekka y'ateekwa okusinziywa awatali kumugattako kintu kirala mu Bwakatonda Bwe era nti tewali kirala kyonna kituufu kusinza. Si kituufu n'akatono okusinza ebintu ng'ebifaananyi, ebibajje (amasanamu) ne balubaale oba abantu. Ebyo byonna bibalibwa mu bitonde bya Katonda, era ekimu mu byo tekisobola kunyeenyanya ekintu kyonna kyonna wabula lwa kukkiriza kwa Katonda Omugulumivu.

31. Singa omuntu yeetegeza n'afumiitiriza engeri Katonda kye yagonza ennyanja ne zisobola okuyitibwako emmeeri ezifumbekedde ebintu ebya buli ngeri ate ebizito, yandikifudde ekyokulabirawo n'okutegegerako obuyinza bwa Katonda — mpozzi okuggyako abavumu abo abagumiikirize

(obulaga obuyinza Bwe)? Mazima mulimu mw'ekyo obubonero (obwoleka Obusobozi Bwe) eri buli omugumiikiriza (omuvumu ddala), ayecebaza.

32. (Abatakkiriza) amayengo bwe gaba nga gababisse nga weema nga (bali mu lyato basaabala mu nnyanja) olwo basaba Katonda Omutonzi nga bamwawula nga bw'Ali Omu atekwa okusabwa. Wabula bw'amala okubawonya n'abatuusa ku lukalu, mu bo mubaamu abakola ekyenkanyi mu kusinza Katonda (ne bamusinza mu Bwomu Bwe nga bw'akakatirwa okusinzibwa). Era tawakanya bujulizi Bwaffe, wabula buli wa nkwe omukafiiri, omuyitirivu mu kwegana (ebigabwa bya Katonda)!

33. Abange abantu! Mutye Katonda wammwe era mutye (okutuuka) kw'O-lunaku lw'ataligasa omuzadde mutabani we wadde omutabani okugasa omuzadde we mu kintu kyonna. Mazima endagaano ya Katonda ya mazima. Tebugayaza obulamu bw'ensi, era tekibagayaza okubaggya ku Katonda ekigayaza kyonna.

34. Mazima Katonda w'Ali we wali okumanya (ddi lwe kiribeerawo)

فِي ذَلِكَ آيَاتٍ لِّكُلِّ صَبَّارٍ شَكُورٍ ﴿٣٢﴾

وَإِذْ أَعْتَبْتَهُمْ مَّقْوَصَةً كَالظَّلِيلِ دَعَا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ فَلَمَّا نَجَّاهُمْ إِلَى الدِّرِّ قَمِعْتَهُمْ مَّقْتَصِدًا وَمَا يَجْحَدُ بِآيَاتِنَا إِلَّا كُلُّ خَتَّارٍ كَفُورٍ ﴿٣٣﴾

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمُ وَالْخَشَوَاتِمْ  
لَا يَجْزِي وَالِدٌ عَنْ وَلَدِهِ وَلَا مَوْلَاٌ  
هُوَ جَارٌ عَنْ وَالِدِهِ شَيْئًا ط ان وَعَدَ  
اللَّهُ حَقًّا فَلَا تَغُرَّنَّكُمْ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا  
وَلَا يَغُرَّنَّكُمْ بِاللَّهِ الْغُرُورُ ﴿٣٤﴾

إِنَّ اللَّهَ عِنْدَ أَعْيُنِ السَّاعَةِ وَيُرِيدُ

enno mu kiseera ky'obuzibu, ate ne beebaza Katonda mu kiseera ky'eddembe be bakifuula ekyokulabirako.

33. Abantu basaanye batye Olunaku olw'entiisa ennyo omuzadde mw'ataligasisa mwana we n'omwana mw'ataligasisa muzadde; okuwolereza mwe kutaligasisa n'akatono, n'amakubo gona agatuusa omuntu ku kuwona ekizibu ky'Olunaku olwo mwe galizibira — okuggyako oyo aliba n'emirimu emirongoofu Katonda gy'asiima gye yakulembeza mu bulamu bwe obw'oku nsi y'aliba mu miremba. N'olwekyo omuntu tasaanye kusikirizibwa masanyu ga nsi n'ebuyokufuna byayo, oba sitaane okumulabankanya n'amuggya ku kwetegekera Obulamu Obw'oluvannyuma.

34. Bino ebitono ebyogeddwa mu kitundu kino by'ebintu Katonda bye yeeyawulidde Ye yekka okubimanya: kubanga tewali mulala yenna abimanyi wadde k'abe Nabbi oba Malayika. Nga bwe yagamba nti: Ekisumuluzo ky'ebintu ebitalabikako - biri ebintu bitaano: tewali abimanyi oku-



Ekiseera Eky'enkomerero, era y'Attonnyesa enkuba (w'aba asiimidde) era y'amanya ekyo ekiri mu nnabaana (oba kikazi oba kisajja n'ebirala ebikifaako). N'omwoyo tegumanyi kiki kye gunaafuna enkya, era omwoyo tegumanyi nsi ki mwe guli-fiira. Mazima Katonda Mumanyi nnyo, Amanyi ebyokungulu n'eb'yomunda.

الغَيْثُ وَيَعْلَمُ مَا فِي الرُّحَابِ وَمَا  
تَدْرِي نَفْسٌ إِذَا اكْتَسَبَ غَدًا وَمَا  
تَدْرِي نَفْسٌ بِأَيِّ أَرْضٍ تَمُوتُ إِنَّ  
اللَّهَ عَلِيمٌ خَبِيرٌ ﴿٣١﴾

ggyako Katonda™ Nabbi (s.a.w.) n'asoma aya eno etegeeza nga Katonda bw'Ali Ye Yekka amanyi ekiseera Enkomerero w'erituukira era y'amanyi ekiseera enkuba w'etonnycera n'ekitundu mw'eneetonya, era y'amanyi ekikyali mu nnabaana era omuntu tamanya ky'anaafuna nkya. Era tewali muntu yenna amanyi nsi mw'alifira wadde ekifo mw'aliziikwa. Okumanya ebyo byonna kuli eri Katonda, Oyo amanyi buli kigambo kyonna era Amanyi kungulu kw'ebigambo n'eb'byama byabyo

## EBIFA KU SSUULA AS-SAJDA MU BUFUNZE (32)


Essuula eno nayo yakkira Makka. Eyitibwa As-Sajda okusenziira ku aya 15 'Okuvu-  
nnama' mwe kwogererwako.

Ekgendererwa ky'essuula ekikulu kwe kumala akakunkuna konna mu mitima gy'a-  
bantu ku bifa ku ky'Obw'omu bwa Katonda, Obulamu Obw'oluvannyuma n'Obutume  
bwa Muhammadi (s.a.w.) otekeko okukowoola abantu beeyunire okukkiriza ebikulu  
ebyo byonsatule.

Olw'okubanga abatakkiriza baalimbisanga Obubaka bwa Nabbi n'okubuvvoola nga  
babutankanamu, kye bava bakakasibwa mu ssuula eno nga Bwo Obubaka bwe buli,  
Ebigambo bya Katonda Yennyini obwassibwa bulyoke bunnyulule abantu abo abaali  
bebbise mu bwewuluntaze, sso nga bambi bafiirwa ebyengera n'empeera ebiva mu  
kubukkiriza. Era abatakkiriza bagambibwa bakozese ku g'obuzaale beesalirewo Ama-  
zima n'Ekituufu nga beesembesa kalonda w'ebiyokulabirako ebivuniikiriza ebise-  
ngeke mu Bwengula era balabire ne ku kutondebwa kwabwe, obanga ebyo byonna  
tebikakasa Obubaka obuyigirizibwa Nabbi (s.a.w.) obuli mu Kuraane.

Essuula era ekubira abatakkiriza ekifaananyi ky'omu Bulamu Obw'oluvannyuma  
n'ebikolobero by'ebibala by'obutakkiriza nga eno bwe bakoowoolwa bave mu butakki-  
riza olubereberye nga tebannagwa mu ddubi, badde eri Kuraane by'ebayigiriza ate nga  
ddala bye by'okubajuna mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Essuula ematiza omuntu omu-  
jeemu nti kisinziira ku Kisa kya Katonda ekisuffu okuba nti tavumbagirirawo mwonoo-  
nyi mbulaga awo w'aba ayonoonedde wabula n'alabulwa obulabulwa n'okutuusibwako  
obubonnyobonyo obutonotono, emitawaana n'ebikangabwa omuddirirwa alyoke ye-  
jjuse agoberere ebimubuulirwa. Era kigambibwa nga bwe kiteewuunyisa Ekitabo  
Kuraane okussibwa kuba si kye kisoose okutumibwa eri abantu nga kiyitira ku muntu—  
wabula n'olubereberye lwa Kuraane ekitabo Tauraati kyali kyatumirwa Musa. N'olw'e-  
kyo Kuraane Kitabo kikakafu okuva eri Katonda era Obukulembeze mu nsi bw'abo  
bokka abakikkiriza n'abo abatakkiriza ba kufaafaaganirwa.

Okwo essuula eyongerezaako okulabula abatakkiriza b'omu Makka nti balabire ku  
mirembe gy'abantu abaabasooka mu nsi abo abaazikirizibwa olw'obutakkiriza nga  
n'amatongo gaabwe bo Abakuraishi bagayitako buli kakedde nti singa nabo balemera ku  
butakkiriza enkomerero yaabwe bw'eriba. Essuula ewunzika nga Nabbi (s.a.w.) aga-  
mbibwa nti wadde abatakkiriza bakunngoola nga bakulimbisa by'obatiisa nabyo naye  
bakakase nti nga nsalesale atuuse ow'okusalawo wakati w'abakkiriza n'abatakkiriza,  
olwo ne bwe balikkiriza ku nkomerero abo abamunngoola olwo tebaliwulirizibwa. Bwe  
baba ba kukkiriza bateekwa bakkirize kati, oba si ekyo, olwo balindirire enkomerero  
embi ennyo.



## ESSUULA AS-SAJDAH (32)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 30.

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## 1. ALIF LAAM MIIM.

الْحَمْدُ ①

2. Okussibwa kw'Ekitabo kino (Kuraane) temuli kubuusabuusa mu kyo (okuba nga kyassibwa) okuva eri Omufuzi w'ebitonde.

تَنْزِيلِ الْكِتَابِ لَأَرْبَبِ فِيهِ مِنْ رَبِّ  
الْعَالَمِينَ ②

3. Abaffe, oba (abakafiiri) bagamba nti (Muhammadi) yakye gunjirawo? Nedda, ssi bwe kiri, wabula go mazima agaava eri Mukama wo (Ggwe Nabbi) olyoke otiise ekibiina (ky'abo) abatajjirwanga mubaka yenna (abatiisa ebibonerezo bya Katonda) olube-reberye lwo, oba olyawo ne balunngama.

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ بَلْ هُوَ الْحَقُّ مِنْ  
رَبِّكَ لِتُنذِرَ لِقَوْمٍ مِمَّا آتَتْكُمْ مِنْ نَذِيرٍ  
مَنْ قَبْلِكَ لَعَلَّهُمْ يَهْتَدُونَ ③

4. Katonda Oyo cyatonda eggulu n'ensi, n'ebyo ebiri wakati wa byombi, mu nnaku mukaaga. Oluvannyuma n'atebenkera ku *Arushi*. Temulina

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ  
وَمَا بَيْنَهُمَا فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَى

3. Abatakkiriza b'omu Makka, ensonga emu gye beebjerezanga nayo mu byabagaana okukkiriza obubaka yali ya kugamba nti Kuraane Nabbi Muhammadi ye yagye yiiziza n'alyoka agamba nti Katonda ye yagissa. Naye mw'ekyo baali beerimbisizza bokka kubanga mu bbanga ly'obulamu bwe lyonna lye yamala nga tannatumibwa nga Mubaka, bonna abatuuze b'omu Makka baali bamumanyi ng'ow'amazima ennyo. omwenkanya era omwesigwa. kale olwekyo yaalibadde tasobola kulimba. Ate ekirala bo bennyini baali bamumanyi nga bw'ataasoma era nga bw'ataali amanyi kuwandiika, kale mu buli ngeri teyalina ngeri gye yandiyinzizaa muk uyiyi na kuwandiika Kitabo kya kikula kya Kuraane. Bo Abawarabu baali tebatumwanganu mubaka yenna ng'ate Katonda yali yatuma dda olukunkumuli lw'ababaka mu ma wa nga gonna agatali gamu, kale kyali kituufu era nga kyetaagisa okutuma Omubaka nga ava mubo nga n'omubaka oyo ye yali Nabbi Muhammad (s.a.w.) eyatumwa eri abantu b'ensi yonna ng'omubaka eyakoobera olukalala lwa Bannabbi bonna.

Abannyonyozi abamu bagamba nti ekyagendererwa n'abo abatajjirwanga mubaka' be bo abantu abali mu kiseera okuva ku Nabbi Issa mutabani wa Mariamu okutuuka ku Nabbi Muhammad (s.a.w.).

atali Ye mutaasa oba omuwolereza. Abaffe, temujjukira (ne mukkiriza)?

5. Alabirira ebigambo byonna okuva mu ggulu okutuusa ku nsi, oluvannyuma biririnnya gy'Ali mu Lunaku olwo ekigero kyalwo (ekiwera) emyaka olukumi mw'egyo gye mubala.
6. Oyo ye Mumanyi w'ebitalabikako n'ebirabika, Ow'ekitiibwa, Omusaa-sizi; —
7. Oyo cyalongoosa (n'aterenza ekifaananyi kya) buli kintu kye yatonda: n'atandika okutonda omuntu nga amuggya mu ttaka (nga bwe yatonda Adamu mu ttaka);
8. Oluvannyuma n'ateeka olukolo lwe (ezzadde ly'omuntu okuba) nga lusibuka mu mazzi aganyoomwa (agava mu musajja n'omukazi)!
9. Oluvannyuma (n'amutereza) n'amwenkanyankanya n'amufuuwamu omwoyo gwe; n'abateerawo mmwe (abantu) okuwulira n'amaaso n'emitema. Mwebaza katono nnyo!
10. (Abawakanya Okuzuukira) ne bagamba nti: Bwe tuliba nga tubulidde mu ttaka (ne tufuuka ettaka), nate ddala ffe tuliba ebitonde ebiggya? (Yee bwe kiri) wabula bo bawakanya okusisinkana Katonda waabwe.

عَلَى الْعَرْشِ مَا لَكُمْ مِنْ دُونِهِ مِنْ

وَلِيٍّ وَلَا شَفِيعٍ أَفَلَا تَتَذَكَّرُونَ ﴿٣﴾

يُدِيرُ الْأَمْرَ مِنَ السَّمَاءِ إِلَى الْأَرْضِ

ثُمَّ يَعْرُجُ إِلَيْهِ فِي يَوْمٍ كَانَ مِقْدَارُهُ

أَلْفَ سَنَةٍ مِمَّا تَعُدُّونَ ﴿٤﴾

ذَلِكَ عِلْمُ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ الْعَزِيزِ

الرَّحِيمِ ﴿٥﴾

الَّذِي أَحْسَنَ كُلَّ شَيْءٍ خَلَقَهُ وَبَدَأَ

خَلْقَ الْإِنْسَانِ مِنْ طِينٍ ﴿٦﴾

ثُمَّ جَعَلَ نَسْلَهُ مِنْ سُلَالَةٍ مِّنْ نَّوَاهِيهِ

وَأَنزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا

لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ الْوَحْيِ وَالْحَقِّ

كَلِمَاتٍ لِّكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٍ ﴿٧﴾

قَلِيلًا مَّا تَشْكُرُونَ ﴿٨﴾

وَقَالُوا إِذَا ضَلَلْنَا فِي الْأَرْضِ أَإِنَّا

لَفِي خَلْقٍ جَدِيدٍ بَلْ هُمْ بِلِقَائِ

رَبِّهِمْ لَغَافِلُونَ ﴿٩﴾

8. Oluvannyuma lw'okutonda Nabbi Adamu (a.s.s.) nga amuggya mu ttaka yatonda ezzadde lya Adamu nga abaggya mu mazzi aganyoomwa, agava mu migongo gya bakitaabwe ne mu masaabiro ga bannyaabwe, n'atandika okugaalirira mu nnaabana w'omukyala.

9. Katonda yatandika okutonda omuntu, okusookera ddala ng'amuggya mu ttaka, bwe yamala n'amutondanga mu mazzi agazaala n'amutereereza ebiyungo bye mu nnaabana, n'amufuuwamu omwoyo okutuusa okubera ng'ali ku kifaananyi eky'obuntu ekisinga okuba ekirungi.

11. Bagambe (Ggwe Nabbi) nti: Agenda kubatta Malayika Walumbe oyo eyabakwasibwa (okubatta): oluvannyuma mulizzibwa eri Mukama Katonda wammwe.

قُلْ يَوْمَ تَمُوتُ مَلَائِكَةُ الْمَوْتِ الَّتِي دُونَكَ  
بِكُمْ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ تُرْجَعُونَ ﴿١١﴾

12. Singa oliraba mu kiseera abonoonyi bwe baliba nga bakotese emitwe gyabwe a wali Mukama waabwe, (nga bagamba nti): Ayi Mukama waffe! Kati tulabye era tuwulidde (ne tukakasa amazima g'ebyo Ababaka bye baabuulira): kale tuzzeeyo (ku nsi); tukole emirimu emirungi, mazima ffe tukakasizza.

وَلَوْ تَرَىٰ إِذِ الْمُرْسَلُونَ تَأْكُلُ سَوَآءٌ دُونَهم  
عِندَ رَبِّهمُ رَبَّنَا أَبْصَرْنَا وَسَمِعْنَا  
فَارْجِعْنَا لِنَعْمَلْ صَالِحًا إِنَّا مُوقِنُونَ ﴿١٢﴾

13. Singa twayagala, twandiwadde buli mwoyo (muntu) obulunngamu bwagwo, naye ekigambo kyakakata dda okuva gye Ndi nti: Mazima Nngenda kujjuliza ddala omuliro (*Jahannam*) nga nga nzigya (abajee mu) mu majinni ne mu bantu bonna awamu.

وَلَوْ نَشِئْنَا لَاتَيْنَاكُلْ نَفْسٍ هُدًى سَاءً  
لَكِنِ حَقُّ الْقَوْلِ مِنِّي لَأَمْلَأَنَّ جَهَنَّمَ  
مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ ﴿١٣﴾

14. Kale mukombe (ku bibonerezo) ku lw'okwerabira kwammwe okusisinkana Olunaku lwammwe luno, mazima Ffe (Naffe), tubeerabidde kale mukombe ku bibonyobonyo eby'olubeerera ku lw'ebyo bye mwalinga mukola (eby'obujeemu).

فَذُوقُوا بِمَا نَسِيتُمْ لِقَاءَ يَوْمِكُمْ  
هَذَا إِنَّا نَسِينَاكُمْ وَذُوقُوا عَذَابَ  
الْحُلْدِ بِمَا لَمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٤﴾

15. Mazima ddala bakkiriza ebigambo Byaffe abo, bwe baba nga babuuliriddwa nabyo, bagwa wansi ne bavunna mu batendereza ebitendo

إِنَّمَا نُؤْمِنُ بِالَّذِينَ الَّذِينَ إِذَا ذُكِرُوا  
بِهَا خَرُّوا سُجَّدًا وَسَبَّحُوا بِحَمْدِ

12. Ku Lunaku Lw'okulamulwa n'okusasula, abakafiiri abaagaana okukkiriza Katonda, bagenda kuwanjaga, eno nga bwe bakotese emitwe mu buswawu n'okunyoowa, nga bategeeza nga bwe bakkiriza nga bakakasa okubaawo kwa Katonda Omu mu Bwakatonda Bwe. Era nga bakakasa nga Ababaka bye baabuulirira bwe gaali Amazima. Era awo balisaba Katonda abazze ku nsi basobole okukola emirimu gy'ayagala — naye ekyo kiriba tekikyasoboka.

15. Abakkiriza ab'amazima be bo abakakasa mu kukkiriza kwabwe ne batakoma kw'ekyo kyokka wabula ne batya Katonda. Bwe bawulira okubuulira, bassa ebyenyi byabwe ku ttaka nga bavunna ku lw'okusinza Katonda nga bwe bamutendereza mu kwebaza ebyo bye yabagabira, awatali kwekuluntaliza ku kumusinza.

bya Mukama waabwe — nabo tebee-sukkulumya.

رَهُمْ وَهُمْ لَا يَسْتَكْبِرُونَ ﴿١٥﴾

16. Zaa wakana embiriizi zaabwe ku bitanda (mu kiro) nga basaba Mukama waabwe mu kumutya ne mu kululunkanira (empeera); era ne bagaba (saddaaka n'okuwaayo Zzakaati) nga baggya mw'ebyo bye tubagabira.

تَجَافَى جُوهَهُمْ عَنِ الْمُصَاحِمِ  
يَدْعُونَ رَبَّهُمْ خَوْفًا وَطَمَعًا  
وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنفِقُونَ ﴿١٦﴾

17. Tewali mwoyo na gumu gumanyi ekyo ekyagikwekebwa mu bitebenkeza amaaso (ebibalindiridde mu Jjana),—nga mpeera y'ebyo bye baalinga bakola (kuno ku nsi mu mirimu emirungi).

فَلَا تَعْلَمُ نَفْسٌ مَّا أُخْفِيَ لَهُم مِّن  
قُرْآنٍ آخِرٍ جَزَاءً لِّمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٧﴾

18. Abaffe, oyo eyali (ku nsi) omukkiriza aliyinza okuba nga oyo eyali omwonoonyi (mu maaso ga Katonda)? Tebasobola kuba kimu (mu kitiibwa ne mu kusalwala).

أَفَمَن كَانَ مُؤْمِنًا كَمَن كَانَ فَاسِقًا  
لَّا يَسْتَوُونَ ﴿١٨﴾

19. Naye abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, balina bo Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) nga bwe buddo (mwe balyesiimira) — nga bwe bugenyi (bwe balifuna) ku lw'ebyo (ebirungi) bye baalinga bakola.

أَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فَلَهُمْ  
جَزَاءٌ مَّا أَوْفُوا نَزَلًا لِّمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٩﴾

20. Naye ate mazima abo abaayonoona, obuddo bwabwe muliro. Buli lwonna lwe banaayagalanga okugufulumamu nga baguzzibwamu. Nga bagambibwanti: Mukombe ku bibonyobonyo by'omuliro ogwo gwe mwalinga mulimbisa (okubaawo kwagwo).

وَأَمَّا الَّذِينَ فَتَقُوا فَمَأْوَاهُمُ النَّارُ كُلَّمَا  
أَرَادُوا أَن يَخْرُجُوا مِنْهَا أُعِيدُوا فِيهَا  
وَقِيلَ لَهُمْ دُونُوا آدَابَ النَّارِ الَّذِينَ  
كُتِبَ لَهُم بِهَا تَكْدِيرُونَ ﴿٢٠﴾

21. Mazima tulibakombeseza ddala ku bibonyobonyo eby'okumpi (ebitono-

وَلَنذِيقَنَّهُمْ مِنَ الْعَذَابِ الْأَلِيمِ دُونَ

21. Katonda yategeeza nga bw'agenda okutuusa ku bantu ebibonerezo eby'emirundi ebiri ebyangungu ku nsi kuno, okugeza nga okutibwa mu ntalo, obubenje, ennana, amataba, ebyeya, enjala, okusibwa n'okulwala n'ebirala ebifaanana nga ebyo, nga ebibonerezo ebinene eby'Obulamu Obw'oluvannyuma tebinnaba bikyabalindiridde. Nga ensonga kikumukozesa ekyo lwa kwagala abantu bakifuule ekyokulabirako, balyoke beenenye badde gy'Ali.

tono kuno ku nsi) ebitali bibonyobonyo ebinene (ebyo eby'omu Bulamu Obw'oluvannyuma), oba olyawo ne baddirira ne beenenya.

22. Era ani omulyazaamaanyi okusinga oyo abulirwa ebigambo bya Mukama we, oluvannyuma n'abyawukanako (n'atakkiriza)? Mazima Ffe tuli ba kuzikiriza aboonyoni.
23. Era ddala twaleetera (Nabbi) Musa Ekitabo (Tauraati): Kale tobeeranga (ggwe Muhammadi) abuusabuusa mu kukifuna (Ekitabo Kuraane); era twakifuula kya kulunggama eri Abaana ba Israeli
24. Ne tuteeka mu bo abakulembeze abalunggama (abalala) ku lw'ekiragiro Kyaffe, bwe baagumiikiriza ne babeera nga bakakasa obubonero Bwaffe.
25. Ddala Mukama wo Ye wa kulamula wakati waabwë (abakkiriza n'abatakkiriza) ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso Ge) mw'ebyo bye baalinga bayawukanamu (kuno ku nsi).
26. Abaffe tekubalunggama (okulaba) bameka be twazikiriza oluberyebye lwabwe mu mirembe egyayita (nga n'okuba bano kati) batambulira mu bifo byabwe (mwe baabanga)? Mazima mulimu mw'ekyo obubonero (obw'okulabirako). Abaffe teba-wulira
27. Abaffe tebalaba (buyinza Bwaffe)? — Mazima Ffe tusindika amazzi eri

الْعَدَابِ الْكَبِيرَ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٢١﴾

وَمَنْ أَنْظَمَهُ مِمَّنْ ذُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ  
ثُمَّ أَعْرَضَ عَنْهَا طَائِفًا مِنَ الْمُجْرِمِينَ

﴿٢٢﴾ مُنْتَقِمُونَ ﴿٢٣﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ فَلَا تَكُنْ  
فِي مِرْيَةٍ مِنْ لِقَائِهِ وَجَعَلْنَاهُ هُدًى  
لِبَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿٢٤﴾

وَجَعَلْنَا مِنْهُمْ آيَةً يَهْتَدُونَ بِأَمْرِنَا  
لِتَأْتِيَهُمْ رُسُلُنَا فَيُؤْمِنُوا  
﴿٢٥﴾

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ يَفْصِلُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ  
الْقِيَامَةِ فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿٢٦﴾

أَوَلَمْ يَهْدِ لَهُمْ كَمَا أَهْلَكْنَا مِنْ قَبْلِهِمْ  
مَنْ الْقُرُونِ يَمْشُونَ فِي مَسْجِدِهِمْ  
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ أَفَلَا يَتَذَكَّرُونَ ﴿٢٧﴾

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا نَسُوقُ الْمَاءَ إِلَى الْأَرْضِ

23. Katonda yayongera okugumya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) anywerere ku mazima ago agamuweereddwa, kubanga ddala ago gennyini era ge go agaaweebwa Musa. Mu nsonga eyo ebitabo byombi Tauraati ne Kuraane bisisinkana.

ensi enkalu ne tusibula nago ebimera (n'ebisigwa) bye biryako ebisolo byabwe nabo bennyini. Abaffe tebalaba?

الْجُرْمُ فَنُحْرِمُ بِهِ زُرْعَاتَكُمْ كُلَّ  
مِنْهُ أَنْعَامَهُمْ وَأَنْفُسَهُمْ أَفَلَا  
يُجْرُونَ ٣٥

28. (Abatakkiriza) bagamba (Abasiraamu) nti: Kulibaawo ddi okwo okuwangula (kwammwe) bwe muba ab'amazima.

وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْفَتْحُ إِنْ كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ٣٥

29. Gamba (Ggwe Nabbi) nti: Olunaku Lw'okuwangula tekugenda kugasa abo abawakanya Obwomu bwa Katonda okukkiriza kwabwe (bwe balikkiriza ku Lunaku olwo), era bo tebagenda kulindirizibwa.

قُلْ يَوْمَ الْقِتْمَةِ لَا يُنْفَعُ الَّذِينَ كَفَرُوا  
إِنَّمَا لَهُمْ وِلَاةُهُمْ بِبُظُرٍ ٣٦

30. Kale haveeko, olindirire (ebirungi ebyo bye walagaanyisibwa). Mazima bo (nabo) balindiridde (ekyo eki-naagwa ku mmwe kuno ku nsi).

فَاعْرِضْ عَنْهُمْ وَانْتَظِرِ الْعَذَابَ الَّذِي لَمْ يَنْتَظِرُوا ٣٦

28. Abatakkiriza b'omu Makka baagambanga Abasiraamu, abakkiriza Obubaka bwa Nabbi (s.a.w.) nga babakudaalira nti: Mulituwangula ddi ne mutuuka ku kwesiima bwe muba nga muli bamazima? Katonda kwe kussa aya eno n'eyo eddirira ng'ategeeza ng'obuwanguzi obw'amazima bwe buli obw'okutuuka.

29. Olunaku lw'okuwangula lwennyini lwe lwo olwawangulirwako Makka; naye nga kitegeeza n'Olunaku Lw'enkomerero.

Katonda bw'aliba amaze okubakwata nga tebannakkiriza, tebagenda nate kuweebwayo kiseera kirala balyoke bakkirize. Oba bwe baliba nga bafudde tebakkiriza ku Lunaku Lw'enkomerero, tebagenda kulindirizibwa mu kiseera bwe baliwanjaga nga basaba balindirizibwe mbu olwo basobole okukkiriza.



## EBIFA KU SSUULA AL-AHZAAB MU BUFUNZE (33)

Essuula eno yakkira Madiina; ng'eggya erinnya lyayo ku kigambo ekiri mu aya 20. Yakkira mu mwaka ogwokutaano (5 A.H.) oluvannyuma lwa Nabbi (s.a.w.) okusengukira e Madiina. Essuula eno essira erinyinyitiridde ku kuttottola ebyataayo bisatu: Olutalo lwa Khandak (Olusalosalo oba Olutalo Lw'ebibinja ebyeeegasse); okulumba kw'Abayudaaya b'ekika kya Bani Kuraiza; ne Nabbi (s.a.w.) okuwasa Hazarat Zainab, ebyo byonsatule ebyaliwo mu mwaka gwe gumu ogwo.

Ebika ebyo ebyekobaana ne birumba Abasiraamu e Yathrib (Madiina) binyumizibwako mu aya 9-25. Ebika ebyo ebyekobaana byali: Abayudaaya b'ebika bya Bani Nadhiir, Bani Kainukaai, Ghatafaan n'ebirala okwo ogatteko Abakuraish b'omu Makka n'ekika kya Bani Kuraiza, eky'Abayudaaya abo abeefuukululira ku Basiraamu mu kiseera kya kanaayokyani kyennyini. Ebika ebyo okwekobaana basaanyeeo Obusiraamu n'Abasiraamu kyava ku bamu mu b'ekika kya Bani Nadhiir, eggwanga ly'Abayudaaya ekyo Nabbi (s.a.w.) be yali afuumudde mu Makka olw'obunnanfuusi abaagenda eri abakulembeze mu Bakuraish n'eri abakungu b'eggwanga eddene Ghatafaani nga babasendasenda okugenda okuzinda Abasiraamu e Madiina babazikirize. Era baaba-suubiza nga n'Abayudaaya bonna mu Yathrib bwe baali ab'okwetaba mu lukwe. Ekyava mw'ekyo, by'ebibiina byonna ebimenyedwa okusitukiramu ne boolekera Madiina, basaanyeeo Obusiraamu.

Abamu mu bibinja by'Abalabe abo abataalina kkonda ku Busiraamu babbirako Nabbi (s.a.w.) ku luzinda olwali lubindabinda era kyazira kumugwa mu kutu, Nabbi n'alagira Olusalosalo lusimibwe lw'etooloozebwe Ekibuga Madiina era nga naye yeenyigiramu mu kulusima. Ebibinja by'abalabe byagenda okutuuka ng'Olusalosalo luwedde. Eggye ly'Abasiraamu eryaweramu abalwanyii 3,000 lye lya yolesa obwanga n'ery'abalabe abaali bawerera ddala 10,000 n'okusobamu—Olusalosalo lwe lwali lwawula ebibinja ebibiri eky'Abazinni n'eky'Abakkiriza. Abazinni baayira Abasiraamu obusaale okumala omwezi mulamba, ng'olwo Abasiraamu beeraliikirivu nnyo basuubira nti ebbanga lyonna baseeggulwa, awo we kyawulikikira nga Abayudaaya b'ekika kya Bani Kuraiza bwe baali beefuukululde ku Ndagaano y'omukago n'Abasiraamu, ne beeyunga ku bazinni. Ekiseera ky'okwolekagana n'omulabe kyonna, ng'olwo abaana, abakyalala n'abateesobola baggalidwa mu bigo, kyokka nga tewali babakuuma; ekyo ekyaleeteranga n'abamu mu bakkiriza okusaba Nabbi (s.a.w.) bawe mu ddwaniro bagende bakuume ab'eka.

Nga bali mu mbeera bw'etyo eya kazigizigi awo mu nsiisira z'abalabe we wagwiramu obutateegeragana n'obuteesigagana. Ate nga nalwo Olusalosalo lwe bajja tebasuubira lwabazibuwaliza okwetantala balubuuke; okwo nno kwe kwegattira kibuyaga wa kiku-nngunta ow'obutiti eyabakonkobaza okumalira ddala ennaku ssatu emisana n'eki-ro. Kikunnguunta yeeswanta nnyo n'eweema zaabwe zonna n'aziyuzaayuzza n'okuzisimbula nga tebasobola kwakisa muliro wadde okufumba ekintu kyonna. Omukulembeze w'Abatakkiriza ye yasooka okuterebuka n'amalamu omusubi. Ekyo ekyaleetera n'ebika abirala okwabula ne byeddirayo cwaabwe waabyo.

Kw'olwo lwennyini Abasiraamu lwe baagumbulukuka ne baddayo cwaabwe nabo, lwe lwo lwe baazingiriza ba Banu Kuraiza mu bigo byabwe mwe baali beekukumye nga babalanga obunnanfuusi. Okubazingiriza okwo kwatwala ennaku nga 25 okutuusa lwe baawanika. Okubasalira ekibonerezo ekibaggyaamu kwakolebwa Saad bin Mu'aaz omukulu w'ekika kya Ausi, oyo eyalondebwa Basiraamu banne. Yasalwo ng'alagira

abasajja bonna mu bannanfuusi battibwe bo abakyala n'abaana bafuulibwe abaddu, n'ebibadde abyabwe byonna bigabanyizibwemu Abasiraamu nga Nabbi (s.a.w.) bw'aba alabye.

Mu aya 37, Essuula eyogera ku bufumbo obw'ennaku wakati wa Zaidi, oyo eyali omuddu Nabbi n'amuwa eddembe, ne Zainabu. Nabbi yali awasisizza Zaidi omukyala oyo Zainabu ng'agenderera okumenyawo empisa eyedda ey'okwemanya enkizo mu buzaale olw'ebika, sso nga ye Zainabu ekyo teyakyagala n'akatono—yali ayagala afumbirwe Nabbi (s.a.w.). Eky'omukisa omubi era obufumbo tebwalama era mu nkomerero y'okuwooyawooyebwa Zaidi ne Mukazi we banyweze obufumbo, byonna byagwa butaka, bwe batyo ne batangana. Katonda naye kwe kulagira Nabbi awase Hazarat Zainabu ekyo kiyambe okumalawo empisa ey'obutamanya Abawarabu gye baalina ey'okutwalanga omwana omwole nga abava ddala ku migongo gyabwe, sso nga ekyo Katonda yali takiragiranga, era nga takisiima kubanga mu kufumbiraganwa kw'Eddiini n'omukyala alina okwesiimira. Ate nga ne Katonda obufumbo ayagala obwo omuli okutegeeragana n'essanyu.

Essuula eyongerera okwogera ku bakyala baka Nabbi (s.a.w.), engeri ensaamu ey'obuntubulamu gye basaanye okweyisaamu n'okuba ekyokulabirako eri abakyala abakkiriza bonna kubanga bo be bannakazadde b'Obusiraamu. Abakkiriza bonna awamu bayigirizibwa engeri gye basaanye okweyisaamu nga babadde bakyalaganye, wamu n'okukyallira Nabbi (s.a.w.). Era baweebwa ebikomo mwe bateekwa okwefugira nga babadde bawasa oba okufumbirwa. Abakkiriza abakyala balagirwa okwebikkiriranga enkaaya nga babadde batambuddeko, bafulumye mu mayumba gaabwe, era bayigirizibwa n'ennyambala Eddiini gye yeetaaga.



## ESSUULA AL-AHZAAB (33)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 9 ne Aya 73.

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Owange Nabbi! Tya Katonda (obu-taddirira) era togonderanga abatakkiriza n'abannanfuusi. Mazima Katonda Amanyi nnyo, Omukakasa wa buli kintu.
2. Era gobereranga ebyo ebitumiddwa gy'oli okuva eri Mukama wo. Mazima Katonda Yali okuva ddi nga Mumanyi nnyo kw'ebyo bye mukola.
3. Era weesigenga Katonda (mu buli mbeera zonna z'obaamu ka zibe nnungi oba mbi), kubanga Katonda amala okuba omukuumi.
4. Katonda tateekanga mitima ebiri mu musajja mundaawe (mu kifuba kye) era tafuulanga bakyalala bammwe abo be mulayirira (ne mubafaanaanyiriza emigongo) gya bannyamwe — (tabafuulanga) bannyammwe (babazaala)

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ اتَّقِ اللَّهَ وَلَا تُطِعِ الْكَافِرِينَ  
وَالْمُنَافِقِينَ طَرَفًا إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا  
حَكِيمًا ①

وَاتَّبِعْ مَا يُوحَىٰ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ ۗ  
إِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ②

وَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ  
وَكِيلًا ③

مَا جَعَلَ اللَّهُ لِرَجُلٍ مِنْ قَلْبَيْنِ فِي  
جُوفِهِ ۗ وَمَا جَعَلَ أَزْوَاجَكُمْ إِلَىٰ نُظُرِهِمْ  
مِنْهُمْ ۗ أَمْ هُنَّ أَدْعِيَاءُكُمْ

1. Katonda yakoowoola Nabbi mu ngeri y'okumuwa ekitiibwa nga amulagira anywerere ku kutya Katonda era agende nakwo mu maaso kubanga omulvango gw'okutya Katonda mugazi nnyo. Era yamugamba aleme okugondera abatakkiriza, abo abaali bamaze okumusubiza nti singa anaakomya okuvumirira bakatonda baabwe nabo tebaali ba kwongera kumutawaanya. Ok wo kwe yatwalira n'abannanfuusi abo abaalina enkolagana mu bubba n'abatakkiriza nga bonna becfubirira ku kulemesa Obusiraamu.

2. Katonda alagira Nabbi We (s.a.w.) aleme kufaayo wadde akatono kw'ebyo abakafiiri bye bagamba wabula akolere kw'ebyo byokka ebimutumiddwa ebikwata ku mateeka g'eddiini engolokofu, era amukuutira yeekwate ku Kuraane gy'amuwadde.

4. Ekigendererwa mu aya eno kwe kugyayo empisa y'obutamanya cyaliwo mu Bawarabu nga Nabbi Muhammad tannatumibwa: Nga bwe kiri nti omuntu tayinza kuba na mitima ebiri, bwe kityo bwe kiri nti n'omukyala w'omuntu tayinza kufuuka nnyina amuzala olw'okumulayirira nti "ggwe olinga omugongo gwa nnyabo" ng'empisa y'Awarabu bwe yali. Baadibyangana omukyala yenna

era tafuulanga abaana be muyita obuyisi (batabanyi bammwe) kuba batabanyi bammwe ddala. Ekyo mmwe kigambo kyammwe (kye mwo-gera obwogezi) n'emimwa gyammwe. Naye Katonda Ayogera mazima, era Ye Alunngamya ku kkubo (eggolo-kofu).

5. Mubayitenga (abaana abo be mwola, na mannya ga) bakitaabwe; ekyo ky'eky'obwenkanya awali Katonda. Naye bwe mubanga temumanyi (mannya ga) bakitaabwe olwo (bo) baganda bammwe mu ddiini era bannammwe ab'emikwano. Era temulina kibi (kibavunaanwa) mw'ekyo kye muba musobezza (mu butamanya) wabula (mulina ekibi) mw'ekyo emitima gyammwe kye giba gigenderedde. Era Katonda yali Omusonyiyi. Omusaasizi okuva ddi okutuusa ddi.
6. Nabbi y'asinga okukakatirwa okwagalibwa abakkiriza okusingako okweyagala (bo bennyini) ne bakyala be bannyaabwe (mu ddiini). N'ab'oluganda mu buzaale abamu be basinga okukakatirwa ku bannaabwe (ne basi-

أَبْنَاءَكُمْ ذَلِكَ قَوْلُكُمْ بِأَفْوَاهِكُمْ وَاللَّهُ  
يَقُولُ الْحَقُّ وَهُوَ يَهْدِي السَّبِيلَ ﴿٥﴾

أَدْعُوهُمْ لِأَبَائِهِمْ هُوَ أَقْسَطُ عِنْدَ اللَّهِ  
فَإِنْ لَمْ تَعْلَمُوا آبَاءَهُمْ فَاخْرُجُوا  
فِي الدِّينِ وَمَوَالِيكُمْ وَلَيْسَ عَلَيْكُمْ  
جُنَاحٌ فِيمَا أَخْطَأْتُم بِهِ وَلَكِنْ مَا تَعَمَّدُ  
قُلُوبُكُمْ وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥﴾

التَّبِيُّ أَوْلَىٰ بِالْمُؤْمِنِينَ مِنْ أَنفُسِهِمْ  
وَأَزْوَاجُهُمْ وَأَوْلُو الْأَرْحَامِ بَعْضُهُمْ  
أَوْلَىٰ بِبَعْضٍ فِي كِتَابِ اللَّهِ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ

oli gw'akyaaye mu mpisa y'obusiru cyo eya *Dhihaar* "okulayira n'afaananya mukyala we omugongo gwa nnyina" — okuva olwo n'aba nga teyeegatta naye era talina kantu konna k'amuwa ate nga omukyala aba tayinza kuva mu maka ago mbu afumbirwe awalala. Bw'atyo n'abaana abo omukyala oyo b'azaala nga tebakyamukwatako n'akatono mu kubalabirira. Abawarabu baatalwanga omukazi okuba ng'ensolo ecyebagalwa, kale kwe kubalayiriranga nga babafaananya emigongo gya bannyaabwe sso si kiyungo kirala kyonna. Baalayiriranga batyo olw'okubanga kizibu omuntu okwebagala nnyina. Ensonga eno ennyonyoddwa okusingawo mu aya 1-4 mu Ssuula Al-Mujaadilah (58).

Mu ngeri y'emu cyo n'omwana tasobola kufuuka mwana wa muntu atamuzadde ku lw'okumu-fuula omwana we nga bwe kyali mu mpisa z'Abawarabu era mu mirembe egyo nti omwana omwole oba omukuze aba mwana ddala ow'omu nju n'olwekyo nga tayinza kuwasa mu nju omwo oba kufumbirwamu. Era omwana ow'obulenzi bwe yatanga mukazi we nga tekikikirizibwa kitaawe kamukuza kuwasa mukazi oyo. Sso nga mu ngeri ate esingako n'obubi. Abawarabu baasikiriranga ne bannyaabwe bennyini ne babawasa abo ababadde bakitaabwe ababazaala bennyini nga babadde bafudde. Gwe baazizanga yekka nga y'oyo azaalira ddala omulenzi. N'eno empisa Katonda kwe kugizira n'atukuza eky'omukuza okuwasa omukazi atalakiddwa oyo yenna gw'aba yakuza oba yayola. Era bw'atyo kwe kulagira Nabbi (s.a.w.) awase Mukyala Zainabu muwala wa Jahish oyo eyali atalakiddwa Zaid mutabani wa Haaritha gwe yali akuzizza — nga bwe kinajja mu aya 37.

kiragana ne batabagana ne mu birala) mu mateeka ga Katonda okusinga abakkiriza (abalala) n'abo abaase-nguka (ne Nabbi okuva Makka, *Bamuhaajiriin*): Wabula musaanye okukolera obulungi eri mikwano gyammwe (ku lw'Obusiraamu). Ekyo kyaliekyawandiikwa edda mu Kitabo (Kya Katonda eky'Engereka Ye).

وَالْمُهَاجِرِينَ إِلَّا أَنْ تَفْعَلُوا إِلَىٰ أَوْلِيَائِهِمْ  
مَعْرُوفًا كَانَ ذَٰلِكَ فِي الْكِتَابِ مَسْطُورًا ﴿٧٠﴾

7. Era (jjukira) mu kiseera lwe twaggya ku Bannabbi obukalu bwabwe, ne ku ggwe wennyini (Nabbi Muhammadi) ne ku Nuuhu ne Ibrahiimu ne Musa ne Issa mutabani wa Mariyamu. Twabaggyako endagaano enzito;

وَلَا تَأْخُذْ بَاِذِنَ الَّذِينَ يَبِغُونَ مِيثَاقَهُمْ مِّنْكَ  
وَمِنَ الْمُؤْمِنِينَ وَأَبْرَاهِيمَ وَمُوسَىٰ وَعِيسَىٰ  
ابْنِ مَرْيَمَ وَأَخَذْنَا مِيثَاقَهُمْ آتَاءَ عَلِيًّا ﴿٧١﴾

8. Alyoke abuuze abakkiriza ab'amazima (Bannabbi) ku mazima gaabwe (ge baa weebwa okukuuma n'okusaa-saanya). Era yategekera abatakkiriza ebibonyobonyo ebiruma (mu Nko-merero).

لَيْسَ سَأَلَ الصَّادِقِينَ عَنْ صِدْقِهِمْ وَأَعَدَّ  
لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿٧٢﴾

9. Abange mmwe abakkiriza! Mujj-kire ekyengera kya Katonda kye

لِيَأْكُلُوا مِن ثَمَرِهِمْ يَوْمَ يُؤْتَوْنَ أَجْرَهُمُ  
لَا يَأْكُلُهَا الَّذِينَ آمَنُوا وَلَا ذُرِّيَّهُمْ وَاللَّهُ  
بِالْعَمَلِ عَلِيمٌ ﴿٧٣﴾

7. Okuviira ddala oluberyeberye, Katonda yaggya ku Bannabbi bonna endagaano ey'okutuusa Obubaka Bwe eri abantu.

Ababaka abo abamennyeddwa be basinga obukulu mu Babaka bonna era be baasinga obumalirivu n'obuvumu mu kugumira ebizibu ebyabatuusibwangako abantu b'ebibiina byabwe.

8. Katonda agenda kubuuzza Bannabbi engeri gye baatuusa Obubaka ku bantu gye baatumwa; ng'ekikulu ekigendererwa mu kubuuzza ababaka, kwe kuwemuukiriza abo abaagaana okukkiriza n'okugoberera Ababaka.

9. *Ahzaab* — kitegezza ebibinja. N'eggye ly'ebibinja eryogerwako mu Aya eno ly'eryo ery'ebika by'Abawarabu n'Abayudaaya abegatta ne balumba Nabbi n'Abagoberezi be e Madiina nga baagala basiguukululirewo ddala Obusiraamu busaanirewo ddala mu nsi. Kino kyaliwo mu mwaka ogwokutaano nga Nabbi amaze okusengukira e Madiina (5 A.H.). Ebibinja ebyetaba mu kikungo kino bye bino: Eky'Abakuraish ekyava e Makka, eky'Abawarabu b'okumpi ne Madiina aba Ghatuafaani, eky'Abayudaaya ab'ekika kya Banu Nadhiir n'eky'abo abefuukulula oluvannyuma ba Banu Quraiza teekako n'abannanfuusi. Bonna awamu baaewera wakati w'omutwalo n'omutwalo ogumu mw'enkumi ebiri. Omukulu eyaduumira eggye ly'ebibinja yali Abu Sufiyaane.

Nabbi nga awulidde okulumbibwa okwali kubindabinda, yeeyambisa amagezi agaamuweebwa Silmaani. Omufaarisi n'alagira nga naye mw'asitikidde olusalosalo oluwanvu ne lusimibwa okwe-tooolera ddala Madiina, oluvannyuma n'agenda ayambalagane n'omulabe ng'aweza abajaasi enkumi 3,000 ng'ate mu bo Abayudaaya b'ekika kya ba Banu Quraiza baaseketereranga eggye lya Nabbi nga bakolaganira mu nkukutu n'abalabe okwo nga kwe kwegasse n'abannanfuusi.

Eggye eggatte bwe lyatuuka teryasobola kubuuka lusalosalo olwo era baagezanga okulubuuuka

yabagabira mu kiseera eggye (ly'ebibinja ebyekobaanye) bwe lyabajjira libasaanyee, ne tulyoka tubasiindikira abo kikunnguunta (ow'obutiti) n'eggye (Iya bamalaika) lye mutaalaba. Ne Katonda olubeerera Alaba ebyo bye mukola.

10. Mu kiseera awo (amagye g'abazinsi) bwe baabajjira nga bayita waggulu wammwe ne wansi wammwe ne mukiseera amaaso bwe gaalambala (ne mutunula enkalariza) n'emitima ne gituuka mu malookooli, ne mulwooza ku Katonda ebirwoozo ebitali bimu!

11. Mu kiseera ekyo baagezesebwa abakkiriza (olugezesa olw'amaanyi) era ne bakankanyizibwa olukankana oluyitirivu.

12. Era awo abannanfuusi we baagambira n'abo abalina endwadde mu mitima gyabwe nti: Katonda n'omubaka We tebaatulagaanyisa wabula kutuguyaaguya buguyaaguya.

13. Ekiseera ekibiina mu bo (abannanfuusi) bwe kyagamba nti: Abange

عَلَيْكُمْ إِذْ جَاءَكُمْ جُنُودٌ فَأَرْسَلْنَا  
عَلَيْهِمْ حُرِيًّا وَجُنُودَ الْمَآءِ تَرَوُهَا  
وَكَانَ اللَّهُ بِمَا نَعْمَلُونَ بَصِيرًا ⑩

إِذْ جَاءَكُمْ مِنْ فَوْقِكُمْ وَمِنْ أَسْفَلَ  
مِنْكُمْ وَأُذِرْتُمْ الضُّلَّالَ وَبَلَغَتِ  
الْقُلُوبُ الْحَنَاجِرَ وَتَظُنُّونَ بِاللَّهِ الظُّنُونًا ⑪

هَذَا لِكَابِ الْبَشَرِ الْمُؤْمِنُونَ وَرَزَلْنَا  
رِزْلًا أَسَدِيًّا ⑫

وَلَا يَقُولُ الْمُنْفِقُونَ وَالَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ  
مَّرَضٌ مَا وَعَدَنَا اللَّهُ وَرَسُولُهُ إِلَّا  
عُرُورًا ⑬

وَلَا تَقَالَتْ ظُلُفُهُمْ وَمِنْهُمْ يَأْهَلُ يُرْبِ

nga battibwa eggye Iya Nabbi (s.a.w.). Abazinsi bwe batyo baagumba bweru wa kibuga Madiina mu bbanga awataali kabasiikiriza konna ng'ate ekiseera ekyo kyali kya butiti. Baagumbira ennaku ezisoba mu makumi abiri, naye nga wakati waabwe waliwo obutateegeragana n'okuvuvungana okwo Katonda kwe yayongereza kikunngunta ow'omusenyu n'oluyinjajinja, ow'obutiti ennyo teekako n'enkuba. Bwe zityo weema zaabwe zaasimbulwa n'okuyulika ne ziyulika, omulno gwabalema n'okukuma n'ebwabwe ne byonoonoka. Era okwo Katonda kwe yayungulira n'eggye Iya Bamalaika nga lukumi, abantu lye bataasobola kulaba, ne bayuugumizza ddala abazinsi.

Kale olw'obutateegeragana n'ebikwa ebingi ebyabajjira ebyabaku bamu enkyukwe ne baterebuka ne batiitirira ne basalawo okwabuka nga bagenda yiriyiri, omupaapaapaalo obutalaba nnyuma. Nga n'ayakulembera okugumbulukuka kw'abalabe ye yali omuduumizi waabwe Abu Sufiyaane. Bwe batyo nno ebiruubirirwa byabwe bwe byagwa obutaka. Ye Nabbi n'eggye lye, olw'obukkiriza wababwe obugumu n'obuwulize wababwe wamu n'obukulembeze bwa Nabbi (s.a.w.) obw'obuzira, bo tebaaterebukako n'akamu.

10. Mu kiseera kya kazigizigi, amaaso g'Abalwanyani ba Nabbi (s.a.w.) gaalambala kata gakoonoke mu biwanga olw'okutya nga balaba enkuumuliitu n'enkuumuliitu y'abalabe nga babazinda okuva mu buli ludda. N'emitima gyabecwanika nga balwooza nti oba olyawo tebaali ba kulwabuka. Bo abannanfuusi n'abanafu baali balaba nti Katonda abavuddemu obwabwe bukomye. Naye bo abakkiriza aba ddala baali basuubira okutaasa kwa Katonda.

abantu b'omu Yathrib (Madiina)! Temulina kubeera wano, n'olw'ekyo muddeeyo (mu maka gammwe). Ate ekibiina mu bo (abannanfuusi) ne kisaba Nabbi (abakkirize baddeyo cwaabwe, nga beetonda) nga bagamba; mazima amayumba gaffe mee-reere (tewasigadde bagakuuma), sso nga go tegaali mee-reere. Tebaayagala (kirala kyonna) okuggyako okudduka obuddusi.

لَا مَقَامَ لَكُمْ فَارْجِعُوا وَيَسْتَأْذِنُ فَرِيضٌ  
مِّنْهُمُ النَّبِيَّ يَقُولُونَ إِنَّ بُيُوتَنَا عَوْرَةٌ  
وَمَا هِيَ بِعَوْرَةٍ إِنَّ يُرِيدُ بِنَا الْفِرَارَ

عَنْ عَبْدِ اللَّهِ بْنِ

14. Singa (abannanfuusi) baali bayingiriddwa (abalabe) okuva mu mpuyi zaakyo (ekibuga Madiina) oluvannyuma ne basabibwa bakaafuwale (beetabe mu kulwanyisa Abasiraamu) bandikikoze, era tebandisikattiddenamu wabula katono!

وَلَوْ دَخَلَتْ عَلَيْهِمْ مِّنْ أَقْطَارِهَا تَحْرُ  
سُئِلُوا الْفِتْنَةَ لَأْتَوْهَا وَمَا تَابْتُهُنَّ إِلَّا  
لِأَسِيرًا ⑬

15. Sso nga mazima baali nga baalaganyanya dda Katonda mu kusooka nti tebagenda kukyuka kukubayo mabega (nga badduka ku lutalo oba wadde okusekeeterera Obusiraamu). Era nga yali endagaano ya Katonda nga ya kubuuzibwako (eri oyo yenna aba agyawukanyeekeo).

وَلَقَدْ كَانُوا عَاهِدُوا اللَّهَ مِنْ تَحْتِ  
يُؤْتُونَ الْأَدْبَارَ وَكَانَ عَهْدُ اللَّهِ مُسَوِّدًا

16. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Tekujja kubagasa okudduka bwe munaaba nga mudduse okufa oba okuttibwa, bwe kiba bwe kityo (wadde ne bwe muba musobodde okudduka), temujja kweyagala wabula (akaseera) katono!

قُلْ لَنْ يَنْفَعَكُمْ الْفِرَارُ إِنْ فَرَرْتُمْ مِنَ  
الْمَوْتِ أَوِ الْقَتْلِ وَإِذًا لَا تَسْمَعُونَ إِلَّا  
قَوْلِيًّا ⑭

14. Singa abalabe baayingira ekibuga Madiina ne basaba abannanfuusi bakyuke bave mu Busiraamu, era nabo beetabe mu kulwanyisa Abasiraamu bandisitukiddemu mu bwangu awatali kusibanamu kubanga bo tebayinza kunyerera ku Bukkiriza bwabwe.

15. Nga olutalo lw'e Uहुदु lwakaggwa, abannanfuusi baawera enkolokooto ne bakakasa nga bwe bajja okulwananga obwezizingirire mu ntalo z'ediini zonna ezinaabanga zibaluseewo. Olwo olwa Uहुदु lwaliwo nga Nabbi yaakamala e Madiina emyaka ebiri, nga tekiyinzika na kulwoozeka nti lumu walibawo olutalo nga luno olwa Handaqi (Olusalosalo) — Olwo ne kibeera nti baali bateekwa buteekwa okutuukiriza endagaano eyo, kubanga ya kubabuuzibwako mu maaso ga Katonda.



17. Bagambe nti: Ani oyo ayinza okubakuuma mu Katonda (n'amuziyiza) bw'anaaba nga abaalizza akabi, oba (okuziyiza okusaasira Kwe) bw'aba nga abaalizza okusaasira? Era tebajja kwefunira atali Katonda mukuumi wadde omutaasa.

قُلْ مَنْ ذَا الَّذِي يَعْصِمُكُمْ مِنَ اللَّهِ إِنْ أَرَادَ بِكُمْ سُوءًا أَوْ أَرَادَ بِكُمْ رَحْمَةً ۗ وَلَا يَجِدُونَ لَهُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلِيًّا وَلَا نَصِيرًا ۝١٧

18. Ddala Katonda amanyi abo abaziyiza (abantu okugenda ku lutalo) mu mmwe, n'abo abagamba baganda baabwe nti: Mujje eno gye tuli (temugenda eri Muhammadi)! Era tebeewaayo mu kulwana wabula kitono,

قَدْ يَعْلَمُ اللَّهُ الْمَعْرُوفِينَ مِنْكُمْ وَالْقَائِلِينَ لِإِخْوَانِهِمْ هَلْ هُمْ آئِنًا وَلَا يَأْتُونَ الْبَاسَ إِلَّا قَلِيلًا ۝١٨

19. Nga babakodowalira mmwe (abakkiriza — tebaagala kubayamba oba okubataasa). Wabula bwe kuba nga kuzze okutya nga (olutalo tubaluseewo), obalaba nga batunula gy'oli (Ggwe Muhammadi) nga amaaso gaabwe nga geetooloola (tegateereera mu kiwanga) okufaanana nga oyo abikkiddwa okufa (azirise): Kyokka okutya bwe kuba nga kuvuddewo, babagugumbula n'ennimi enjosi (nga babavuma) balulunkana okufuna ebirungi (ebifuniddwa mu minyago). Abo tebakkiriza mu butuufu. Katonda kyeyava ayonoona emirimu gyabwe (ne giba nga si gya kubolola mu Bulamu Obw'oluvannyuma). Era kyali ekyo nga kyangu ku Katonda.

أَشِيَّةَ عَلَيْهِمْ ۖ فَإِذَا جَاءَ الْخَوْفَ رَأَيْتَهُمْ يَنْظُرُونَ إِلَيْكَ تَلَوُّرَ عَيْنِهِمْ كَالَّذِي يُعْتَشَى عَلَيْهِ مِنَ الْمَوْتِ ۖ فَإِذَا ذَهَبَ الْخَوْفُ سَقَطُوا بِأَلْسِنَتِهِمْ حِدَادًا أَشِيَّةَ عَلَى الْخَيْرِ ۗ أُولَٰئِكَ لَمْ يُمْؤَاؤُا حَبِطَ اللَّهُ أَعْمَالَهُمْ ۗ وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ۝١٩

17. Amakulu nti singa Katonda aba abageredde okubazikiriza oba nga abageredde okubataasa n'ebyengeta Bye, tewali n'omu ayinza kukyusa oba okuziyiza kw'ekyo ky'aba ageze.

18. Katonda yamanya ebyo ebyali mu bannanfuusi abo abaziyiza abantu okugenda ku lutalo abagamba bannaabwe bwe bafaanana mu nzikiriza ne mu bannanfuusi nti mujje mutwegatteko muleke Muhammadi ne banne bafe. Temugezaako okwetaba nabo mu lutalo! Ng'ate nabo bennyini bwe bagendayo mu lutabaalo, bawunyayo buwunyi nga batandika kwebejjereza na busonga mutali mulamwa nga olwo basaba baddeyo ewaabwe.

19. Abannanfuusi bakodo ddala — Baatuuka n'okukodowalira abakkiriza mu butabaagala n'obutabalumirwa. Era tebabaagaliza kalungi konna wadde okubawa amagezi, oba obuyambi oba gamba okutoola ne bawaayo mu kudduukirira mu lutalo. Era bwe batuuka mu lutalo, batitiira n'amaaso gaabwe ne gaboyana obubovaanyi mu kiwanga ku lw'okutya ne babcera nga omulwadde



20. (Abannanfuusi olw'obujega bwabwe) bakyalowooza nti ebibinja (by'abalabe) tebinnagumbulukuka (kuddayo waabwe); era singa ebibinja bibadde bizze (omulundi omulala) bandyagadde singa babadde mu malungu awamu n'Abawarabu bannamalungu ne baba nga babuuzza bubuuzza ebibafaako (sso ne bateetaba mu buzibu bw'olutalo); ng'ate singa (basazeewo) okuba mu mmwe, tebaalirwanye wabula kitono nnyo.

يَحْسَبُونَ الْأَحْزَابَ لَمْ يَذْهَبُوا وَإِنْ  
يَأْتِ الْأَحْزَابَ يَوَدُّوْنَ وَالْوَأْتِهِمْ يَأْتُونَ  
فِي الْأَحْزَابِ يَسْأَلُونَ عَنْ أَنْبَاءِكُمْ  
وَلَوْ كَانُوا فِيكُمْ مَا قَاتَلُوا إِلَّا  
عَن قَلِيلٍ ۝٣٠

21. Mazima mwalina mmwe mu mubaka wa Katonda eky'okugoberera ekirungi kw'oyo abeera nga asuubira (empeera) za Katonda (n'okusisinkana) Olunaku Olw'enkomerero, n'ayitiriza okwogera ku Katonda.

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أُسْوَةٌ  
حَسَنَةٌ لِّمَن كَانَ يَرْجُوا اللَّهَ وَالْيَوْمَ  
الْآخِرَ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا ۝٣١

22. Abakkiriza bwe baalaba ebibinja by'amagye ebyegatta, ne bagamba nti: Kino ky'ekyo Katonda n'omubaka We kye baatulagaanyisa. Era ddala Katonda n'omubaka We baayogera mazima. Era kyo (abakkiriza) tekyabongera wabula kukiriza na kwewaayo (kugoberera kiragiyo kya Katonda).

وَلَمَّا رَأَى الْمُؤْمِنُونَ الْأَحْزَابَ قَالُوا  
هَذَا مَا وَعَدَنَا اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَصَدَقَ  
اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَمَا زَادَهُمْ إِلَّا إِيمَانًا  
وَسُلِيمًا ۝٣٢

ataawa, azirise. Olutalo oluggwa nga olwo batandika kusasambula bakkiriza n'ebigambo ebisongovu nga babapeeka babagabire emmaali mbu kubanga nabo babadde ku lutalo.

Ne Katonda kwe kutegeza nga bo bwe batali bakkiriza mu maaso Ge kubanga bakkiriza kungulu sso nga mu mitima gyabwe temuli bukkiriza era n'olwekyo baleme kusuubira mpeera mu mirimu gyabwe.

20. Katonda yecyongera okutegeza engeri abannanfuusi gye baalimu ku lutalo lwa Handaqi (Olusalosalo): oluvannyuma lw'amagye g'abalumbaganyi, abakafiri okugumbulukuka nga balemeddwa okuyingira Madiina, abannanfuusi olw'okutya kwe baalina baalirwanye nti amagye gaali tegannagendera ddala. Era singa gaakomawo bandyegombye okuba bannamalungu babeeere nga nabo babuuzza bubuuzza ebifa mu Madiina. Ate nga baba kwetaba na bakkiriza mbu balwane mu kiseera ky'olutalo, bandirwanye kitono ddala olw'obutiitiizi bwabwe.

21. Empisa n'enneyisa ya Nabbi (s.a.w.) n'ebikolwa bye n'enjogera ze byali birungi ddaia, ebituukana n'amateeka n'ebiragiyo bya Kuraane — Kale bwe kityo abakkiriza, Abasiraamu balina mu Mubaka wa Katonda, okumufuula ekyokulabirako n'okugoberera okulungi mu bulamu bwabwe.

22. Abakkiriza bwe baalaba abalabe baabwe nga batuuse era babazingirizza buli ludda, tebaatyabwula baayongera kukakasa ekyo Katonda kye yabalagaanya n'omubaka We eky'okubona-

23. Mu bakkiriza mulimu abasajja abakakasizza (ne batuukiriza) ekyo kye baalagaanyisa Katonda. Mw'abo mulimu abo abaatuukirizza obweyamo bwabwe (ne babumaliriza n'oku-fiira mu lutalo), ate mu bo mulimu abo abalindirira (oba bafiirira eddiini ne bafa nga balwana); era tebaakyusaako (ku bumalirivu bwabwe) kukuusa kwonna.

مِنَ الْمُؤْمِنِينَ رِجَالٌ صَدَقُوا مَا عَاهَدُوا  
اللَّهُ عَلَيْهِمْ فِيمَهُمْ مَنْ قَضَىٰ حُبَّهُ وَمَنْهُمْ  
مَنْ يَنْتَظِرُ وَمَا بَدَّلُوا بَدْلًا ۙ

24. Katonda alyoke asasule abakkiriza ab'amazima ku lw'amazima gaabwe, era alyoke abonyebonye abannanfuusi ng'abadde ayagadde, oba akkirize okwenenya kwabwe (nga babadde bezzeemu). Mazima Katonda yali okuva ddi nga Musonyiyi, Omusaasizi.

لِيَجْزِيَ اللَّهُ الصَّادِقِينَ بِصِدْقِهِمْ  
وَيُعَذِّبَ الْمُنْفِقِينَ إِن شَاءَ أَوْ  
يَتُوبَ عَلَيْهِمْ إِنَّ اللَّهَ كَانَ غَفُورًا  
رَّحِيمًا ۙ

25. Katonda yazzaayo abo abatakkiriza awamu n'obusungu bwabwe nga tebafunye kalungi konna. Katonda n'amalira abakkiriza okulwana. Ne Katonda yali okuva ddi Ow'amaanyi, Ow'ekitiibwa (atalemwa kyonna).

وَرَدَّ اللَّهُ الَّذِينَ كَفَرُوا بِغَيْبِهِمْ  
لَمَّيْنَا لَهُمُ الْوَاخِيزَ ۙ وَوَعَىٰ اللَّهُ الْمُؤْمِنِينَ  
الْقِتَالَ ۙ وَكَانَ اللَّهُ تَوَّابًا عَزِيزًا ۙ

bona ku lw'olrutaasa eddiini ya Katonda n'olrugezescebwa n'agazibu, obubenje, ebikangabwa, enjala n'obuyinike n'oluvannyuma Katonda abawe obuwanjuzi Abannyonyozi bagamba nti: "Abasiraamu bwe baali basima olusalosalo (olunnya) okwetoolooza ekibuga Madiina olw'okwelruuma abalabe, ne basanga olwazi ne lubalema okwasa ne bayita Nabbi (s.a.w.). Yakwata ensuululu (n'asoma ebigambo emirundi nga cna) n'alwasa; n'abagamba (nga basanyuka) nti: Musanyuke ku lw'obuwanguzi bwe munaatuukako. Ebibinja by'abalabe bwe byatuuka, abakkiriza ne bagamba nti: Kino ky'ekyo Katonda kye yatulagaanyizza wamu n'omubaka We. Eky'olrulaba eggye eddene eribalumbye, tekyabatitanyamu wadde akatono wabula okubongera amaanyi g'obukkiriza n'okwewaayo mu ddiini ya Katonda.

23. Mu Basiraamu mw'alimu abasajja abali baawera edda enkolokooto nga beeyama nti bwe walibaawo olutalo lwonna nga bali n'omubaka wa Katonda (s.a.w.) nti bagenda kunywera balwanc oba kufa bafe. Era bwe batyo bwe baakola nga bazindiddwa amagye amagatte. Era mu bo mulimu aba abaatuukiriza ekyo kye baalagaanyisa ne bakikomekkereza ne batubwa mu kulwanirira eddiini ya Katonda — Nabo baali Anasi mutabani wa Maaliki, Hamuza ne Saadi mutabani wa Mu'aaz eyali akurilira ekika kya Ausi. Abalaba baalwana n'obuvumu wamu n'obumalirivu kyokka ne batatibwa.

25. Katonda yazzaayo abo abeggata mu lutalo ku lw'olruwanyisa Nabbi n'abakkiriza nga babalwanyisiza mu kibuga Madiina, nga baswadde era nga tebafunye ekyo kye babadde balubirira, ne bagenda nga bajjudde essungu.

Katonda yamalira Abasiraamu obubi, ejoogo n'obulumbaganyi bw'abatakkiriza awatali kulwana mu kiseera bwe yabasindikira kikunnguunta ajjudde olusenyusenyu olw'obutiti n'eggye lya Bamalayika, wamu n'okubasuulamu obutategeeragana n'olrutootoogana, olrutuusa lwe baddayo

26. (Katonda) n'assa abo abaabayamba (abalabe) mu bannanyini Kitabo (nga abaggya) mu bigo byabwe, n'aka-suka mu mitima gyabwe okutya n'okujugumira. Ekibiina mu bo mwabatta ate abalala ne mubawamba.

وَأَنْزَلَ الَّذِينَ ظَاهَرُوا مِنْهُمْ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ مِنْ صَيِّاصِيهِمْ وَقَدَّيْ فِي قُلُوبِهِمُ الرَّعْبَ فَرَبِّئَا تَقْتُلُونَ وَتَأْبِرُونَ فَرَبِّئَا ۝٢٦

27. (Bw'atyo Katonda) n'abasikiza mmwe ettaka lyabwe n'amayumba gaabwe n'emmaali yaabwe, n'ensi endala gye mutannalinyamu kigere. Era yali Katonda okuva ddi nga Muyinza ku buli kintu.

وَأُذِرْكُمْ أَرْضَهُمْ وَمِوَادِّيَهُمْ وَأَمْوَالَهُمْ وَارْضَاتَهُمْ تَطَّوُّهَا وَكَانَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرًا ۝٢٧

28. Owange Nabbi! Gamba bakyaala bo nti: Bwe muba nga mwagala (kwegaziya mu byanfunu) bya nsi na kwenyiriza kwayo, — kale mujje! Mbasibirire (ebinaabayimirizaawo okumala ekiseera ekisaamu) era mbate twawukane oluta olulungi.

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ قُلْ لِمَ أَرْجَاؤُكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تُرِيدُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَزِينَتَهَا فَتَعَالَيْنَ أُمَتِّعْكُمْ وَأَسْرِحْكُمْ سَرَّاحًا حَسِيلًا ۝٢٨

29. Naye bwe muba nga mwagala Katonda na mubaka We na (bulamu)

وَإِنْ كُنْتُمْ تُرِيدُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ

nga bawanguddwa. Ekyo kyali bwe kityo lwa kubanga Katonda ayinza okukola ekyo kyonna ky'aba ayagadde, tewali ayinza kumuwangula.

26. Abo abaalumbwa mu bigo byabwe be Bayudaaya ab'ekika kya Banu Quraiza kubanga be bo ensekeeki abalya mu Basiraamu olukwe ne babaabulira ne bayamba abalabe mu kiseera kyakazigizigi. Kale amagye amalumbaganyi bwe gaagumbulukuka ne gaabula, Nabbi (s.a.w.) n'alagirira abalumbe olw'enkwe zaabwe. Beesibira mu bigo byabwe okumala ennaku nga 27 oluvannyuma enjala ng'esemberedde okubasindula, kwe kuwanika ne bawangulwa.

Olwo ebbanga lyonna Abasiraamu lye baamala nga bazingiriza Abayudaaya abo ensekeeki mu bigo byabwe, baali bo beesigula nti banaawolerezebwa Saadi mutabnai wa Mu'aazomukulu w'ekika kya Aus kubanga baali baakola nabo endagaano y'okuyambagana. Naye ate ye Saad olw'okunyigira ennyo ekikolwa kyabwe ek'yobulyake yabattattanira ddala, kuba yabalamuzisa etteeka ly'Abayudaaya cry'omu Taurati mu ndagaano enkadde (Deutronomy, Essuula 20, ennyiriri 13-14 erigamba nti: "Abantu abo Mukama wo b'aba akuwadde n'obawangula: Tta buli musajja yenna mu bo n'ekitala kyo: naye bo abakazi n'abaana abato, n'ente n'ebintu ebirala byonna mu kibuga kyabwe, wadde eminyago gyonna, ebyo byezze; era olye ebyo by'osuzizza abalabe bo, ebyo Mukama Katonda wo by'akuwadde."

Bwe batyo abakazi bonna n'abaana baabafuula baddu ate bo abasajja ne batirimbulwa.

27. Katonda yatuuza Abasiraamu ku buwanguzi bwa mirundi mingi era n'abalagaanyisa n'okuba nga bwe baali baja okuwangula n'ebitundu ebirala bye baali batannatuukamu. Nga ne mu byo mwe mwali Khaibara, ekitwalibwa okuba nga kye kyogerwako wano nga ekitundu kye baali batannatuukamu. Khaibara, kitundu ekiri mu mailo nga kyenda mu Mambuka ga Madiina. Kitundu kya bulimi kyaafuuka enfo y'Abayudaaya bonna abaaafuumulwa mu Madiina olw'ebikolwa kyabwe eby'ekko, abo abeekokkolanga ennyo, Abasiraamu n'Obusiraamu.

29. Abasiraamu nga bawangudde Abayudaaya b'ekika kya Banu Quraiza baafuna obutitimbe

bwa Nnyumba Ey'enkomerero, olwo ddala mazima Katonda yateekera-teekera abakyala abakola obulungi mu mmwe empeera nnene.

30. Abange abakyala ba Nabbi! Omu yenna ku mmwe anaakola eby'o-buwemu eby'olwatu, ayongezebwa ye ebibonerezo emirundi ebiri, era ekyo kyangu ku Katonda.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
لَنَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿٣٩﴾

يُنِيسَاءَ النَّبِيِّ مَن تَيَاتٍ مِّنْكَ بِفَاحِشَةٍ  
مُّبِينَةٍ يُضَعَّفُ لَهَا الْعَذَابَ ضِعْفَيْنِ  
وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ﴿٤٠﴾

bw'emmaali y'eminyago. Nabbi (s.a.w.) yagabira abantu okusinzira ku bwetaavu bwabwe emmaali cyo, wabula bakyala be bo n'atabawa: Kigambibwa nti abakyala be ckyo kyabaluma cky'obuta-weebwa ng'ate balaba Katonda yali agabudde Abasiraama ckyengera ky'eminyago. Bo kwe kugenda eri Nabbi (s.a.w.) bamutuseeko ensonga yaabwe. Nabbi (s.a.w.) teyayagala bakyala be kweyingizaamu mwoyo gwa kululunkanira byakufuna bya nsi, era ckyo kyamunyiza nnyo ne kimutuusa ne ku kubecamba okumala omwezi mulamba nga talabagana nabo, n'ayagala n'okubatalaka bonna. Katonda kwe kussa aya eno. Oluvannyuma Nabbi yabuza bakyala be kinnoomu obanga baali basimako okwagala Katonda n'omubaka We ku by'okwejalabya by'ensi, oba si ckyo abate. Aisha ye yasooka era bonna n'agenda nga abuza kinnoomu — ne basimawo okwagala Katonda n'omubaka We (s.a.w.) bw'atyo kwe kuba nabo.

Ekyo mwo ne kyoleka bulungi nti bakyala ba Nabbi tebaali nga abakyala abalala aba bulijjo. Baalina emirimu egyabwe egy'enjawulo n'obuvunaanyizibwa mu kuyamba okuzimba Obusiraamu era naye Nabbi teyabawasa lwa kunoonya masanyu busanyu mu bo nga Abagoberezi ba Yeesu bwe bagamba kubanga abecra kuba nga yalubirira kwesanyusa kyokka mu bo yaalibadde tawasa bakazi abasinga nga bakadde n'abalala nga bannamwandu. Era kiba ekyo teyaalibalumizza kubamba ku byakwejalabya wabula yandifubye nnyo okubasanyusa, era teyandibadde bulindaala kubata olw'okuba bamulazze omwoyo gw'okwegomba cbintu by'ensi.

Ng'oggyeeko Mukyala Khadija (r.a.) gwe yawasa nga tannatumbirwa, era cyatuusa okufa oluvannyuma lw'obufumbo obw'emnyaka 25 nga Nabbi (s.a.w.) tamugasseeko mukyala mulala, abalala bonna buli omu yamuwasanga lwa nsonga emu oba cndala - oba lwa kubasaasira na kubalumirwa olw'embeera cyennyamiza gye baalimu oba olw'okwagala okuzza omukwano wakati w'ababadde abalabe be: oba olw'okwagala bamuyambe mu ngeri emu mu mirimu gye egy'obukulumbeze bwa Umma, naddala mu bakyala bannaabwe abaali beetaagisa okuzimba mu bulamu bw'eddiini n'okuwumbawumbira awamu mu Busiraamu: Mukyala Aisha yali mugezi, nga muyivu, era yayamba nnyo mu kukwata Hadiith. Mukyala Zainabu muwala wa Khuzaima yafunvubira nnyo mu kuyamba abanaku, kyekyavaako okumuyita 'Nnyina w'abanaku'. Ne Zainabu muwala wa Jahsh naye yayamba mu kudduukirira abanaku okuva ku nsimbi ezo ze yajjanga mu mirimu gye yakolanga mu by'amaliba. Kyokka bonna awamu ng'abakyala ba Nabbi (s.a.w.) baakolanga era ne bayamba olw'okubanga be Bannakazadde b'Abasiraamu.

30. Olw'okubanga nga bo bakyala bakitiibwa mu ddiini olw'okuba baka Nabbi. omu yenna aba akoze ekibi mw'ebyo ebyagaaniibwa, okugeza nga okujeemera Nabbi, ekibi kye kyongezebwa emirundi ebiri ekibonerezo ne kiba nga kisukka ku kibonerezo ky'omukyala omulala atali wa Nabbi. Ekyo kyali kityo okwoleka ekitiibwa kye balina mu maaso ga Katonda n'enkizo gye balina ku bakyala abalala kubanga okuneyezebwa okwo okw'amaanyi bwe kutyo okuba nga kuva eri Katonda kulaga bulazi ekitiibwa kyabwe. Olw'okuba kwabwe okumpi ennyo n'omubaka wa Katonda ckyo kiraga nga bwe baali okumpi ne Katonda; era abakyala ba Nabbi (s.a.w.) bagenda kuba Bakyalaba be mu Jjana (mu Bulamu Obw'oluvannyuma).

31. N'oyo mu mmwe (abakyala ba Nnabbi) agondera Katonda n'omubaka We n'akola emirimu emirongoofu, Tujja kumuwa empeera ye emirundi ebiri, era Twamutegekera ebyokufuna eby'ekitiibwa.

وَمَنْ يَفْقَهُتْ مِنْكُمْ لَبَّاءٌ  
رَسُولِهِ وَعَمَلٌ صَالِحًا تَوَرَّعًا  
أَجْرَهَا مَرَّتَيْنِ وَأَعْتَدْنَا لَهَا جَزَاءً  
كَرِيمًا ﴿٣١﴾

32. Abange bakyala ba Nnabbi! Mazima mmwe temulinga n'omu mu bakyala abalala. Bwc muba nga mugonedde (Katonda), temwegonzagonzanga (ne mutta amaloboosi) mu kwogera n'alulunkana oyo alina obulwadde mu mutima gwe, n'olw'ekyo mwogerenga ekigambo eky'obuntubulamu.

يُنْسَاءُ النَّبِيِّ لَسْتُمْ كَأَحَدٍ مِنَ النِّسَاءِ  
إِنَّ الْتَقِيْمِيْنَ فَكَلَّا تَخْضَعْنَ بِالْقَوْلِ  
فَيُطْمَعُ الَّذِي فِي قَلْبِهِ مَرَضٌ وَقَلْنَ  
قَوْلًا مَعْرُوفًا ﴿٣٢﴾

33. Mukkalire mu mayumba gammwe. Temwejaajaamyanga nga okwejaajaama kwa (abakazi) abaasooka abaali mu mirembe gy'obutamanya (mateeka ga Katonda). Muyimiri-zenga wo esswala, era mutoolenga zzakaati mugonderenga Katonda n'omubaka We. Mazima Katonda ayagala abaggyeko mmwe ebibi (Abange Mmwe) ab'omu nnyumba ya Nabbi, (era) abatukuze olutu-kuza.

وَقَرْنَ فِي بُيُوتِكُنَّ وَلَا تَبَرَّجْنَ تَبَرُّجَ  
الْجَاهِلِيَّةِ الْأُولَىٰ وَأِمِّنَ الصَّلَاةِ  
وَأَتِينَ الزَّكَاةِ وَأَطِعْنَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ  
أَلَمْ كُفِّرُوا اللَّهَ لِيُدْهِبْ عَنْكُمْ الرِّجْسَ  
أَهْلَ الْبَيْتِ وَيُطَهِّرَكُمْ تَطْهِيرًا ﴿٣٣﴾

31. Aya eno cyogera ku bakyala baka Nnabbi, ng'etegeeza nga bwe balina emnyongeza mu mirimu gyabwe singa baba bagonedde Katonda n'Omubaka We mw'ebyo bye baba babalagidde olw'enkizo gye balina ku bakyala bannaabwe.

Era basubizibwa okugabirwa ebyokufuna ebirungi ebitukuvu eby'ekitiibwa olw'okuba nga baganda kuba ne Nnabbi mu kifoekisinga okuba ekya waggulu mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe).

32. Katonda wano yategeza nga abakyala ba Nnabbi bwe balina eddaala n'ekitiibwa eby'enjawulo ku bakyala abalala,—singa baba bamugonedde mw'ebyo by'abalagira. Wabula yabagaana okukozesa ebigambo ebiveweevu olw'okubanga byandiinyinza okusikiriza abo ab'emitima eminafu. Kye baalina okukola kwe kwogeranga nabo ebigambo ebirungi.

33. Mu aya eno Katonda yalagira baka Nnabbi n'abakyala bonna Abasiraamu okutwalira awamu okutuulanga mu maka gaabwe batereere, balemenga kufuluma wabula ku lw'ensonga entuufu mu mateeka g'eddiini. Era yabagaana okudda awo okwera galaganga obulungi bwabwe n'ebiyokwenyiriza bye beenaanise eri abasajja ab'ebweru; okufaananako ng'abakazi abaali mu butamanya ddiini bwe baakolanga.

Okubalagira okusaala n'okuwaayo omutemwa mu mmaali ogwo Katonda gwe yalaalika n'okubalagira okugondera Katonda ne Nabbi mu buli kyonna kye yalagira ne kye yagaana, nga ky'ayagala kwe kubatukuzza abagye mu bibi teekako n'okubawa ekitiibwa ekibasaaanira.



37. Jjukira mu kiseera bwe wagamba oyo Katonda gwe yagabira (ekyengerera ky'Obusiraamu) naawe n'omugabira (ekyengerera ky'okumuta okuva mu buddu): Nyweza ggwe mukyala wo (toyawukana naye), era otye Katonda. Ggwe n'okweka mu mutima gwo ekyo Katonda ky'anaayolesa, n'otya abantu sso nga Katonda y'asinga okukakatirwa okuba nga gw'otya. Kale Zaidi bw'amala okumala obwetaavu ku ye (omukyala we, n'amuta), ne tukumufumbiza kireme okubeera (okuva olwo) ekibi ku bakkiriza (okuwasa) abakyala b'abo (abaana abalenzi) be baafuula abaana baabwe olw'okuboola, bwe baba nga (abaana abo) bamaze obwetaavu bwabwe ku bo (ne babata). Kyali Ekigambo kya Katonda (bulijjo) nga kya kukolebwa.

وَأَذِّنْ لِقَوْلِ الَّذِي أَعْمَرَ اللَّهُ عَلَيْهِ وَ  
 أَنْعَمْتَ عَلَيْهِ أَمْسِكْ عَلَيْكَ زَوْجَكَ  
 وَاتَّقِ اللَّهَ وَخُفِيَ فِي نَفْسِكَ مَا اللَّهُ  
 مُبْدِيهِ وَتَخْشَى النَّاسَ وَاللَّهُ أَحَقُّ  
 أَنْ تَخْشَاهُ فَلَمَّا قَضَى زَيْدٌ مِنْهَا وَطَرًا  
 زَوَّجْنَاكَهَا لِكَيْ لَا يَكُونَ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ  
 حَرَجٌ فِي أَزْوَاجِ أَدْعِيَائِهِمْ إِذْ اقْتَضُوا  
 مِنْهُمْ وَطَرًا وَكَانَ أَمْرُ اللَّهِ  
 مَفْعُولًا ﴿٤٤﴾

38. Nabbi teyalina kibi kyonna mw'ekyo Katonda kye yamulaalika (okukola). Eryo lyali tteeka lya Katonda kw'abo (bannabbi bonna) abaayita oluberye-berye — (era) ekigambo kya Katonda kyali ekyaggwa edda okugera — (oku-baawo).

مَا كَانَ عَلَى النَّبِيِّ مِنْ حَرَجٍ فِيمَا فَرَضَ  
 اللَّهُ لَهُ سُنَّةَ اللَّهِ فِي الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ  
 قَبْلُ وَكَانَ أَمْرُ اللَّهِ قَدَرًا مَقْدُورًا ﴿٢٨﴾

37. Mu aya eno Katonda ategeeza ebifa ku Zaidi Mutabani wa Haarith, eyali omuddu wa Nabbi (s.a.w.) oluvannyuma n'amuta n'amufuula omwana we nga empisa y'Abawalabu bwe yali edda. Oluvannyuma Nabbi yawasiza Zaidi mukyala Zainabu. muwala wa Jahashi. Kyokka obufumbo bwabwe ne bulema olw'enkovu etaasoboka kunaabukawo wakati waabwe olw'okubanga Zinau yecerabanga nga azaalibwa mu maka ga kitiibwa ate nga ye Zaidi yali muddu — kale ekyo kyamu-gayisa bbaawe era nga alaba tamusaanira. Okutwalira awamu mu kifo ky'essanyu obufumbo bwabwe bwabaviiiramu nnaku.

Kale Zaidi bwe yayagala okuta mukyala we, Nabbi yamugamba abeere ne mukazi we era agumiikirize obuzibu obwo. Wabula era munkomerero ya byonna obufumbo tebwakola, Zaidi yata Zainabu, n'oluvannyuma lw'okumala emigenzo gy'okwawukana kwabwe gamba nga okumala ebbanga ly'emyezi esatu egya liddat: Katonda yalagira Nabbiawase Zainabuera aleme okutya bantu olw'okuwasa abadde mukyala w'oyo gwe yali yakuza n'amufuula omwana we. Ekigendererwa ky'ekyo kyali kya kuggyawo empisa embi eyo eyaliwo eyaziyizanga omuntu okuwasa oyo abadde mukyala w'oyo gwe yakuza, - ekyo eddiin; kye yagaana.

Zaidi mutabani wa Haaris y'oyo Katonda gwe yagabira ekyengerera ky'Obusiraamu ate ne Nabbi wa Katonda n'amugabira ekyengerera ky'okumuta okuva mu buddu gattako n'okumufuula omwagalwa



39. (Eyo y'empisa y'abo,) abo abaatuusa obubaka bwa Katonda ne bamutya, ne batatya muntu n'omu wabula Katonda. Kimale okuba nga Katonda ye Muyambi, Omubazi.

الَّذِينَ يَبْلُغُونَ رِسَالَاتِ اللَّهِ وَيَخْشَوْنَهُ  
وَلَا يَخْشَوْنَ أَحَدًا إِلَّا اللَّهَ ط وَكَفَى  
بِاللَّهِ حَسِيبًا ﴿٣٩﴾

40. Tabeeranga Muhammadi kitaawe w'omu mu basajja mu mmwe, naye ye mubaka wa Katonda era ye w'enkomerero mu bannabbi; era Katonda Amanyi buli kintu.

مَا كَانَ مُحَمَّدٌ أَبَا أَحَدٍ مِّن رِّجَالِكُمْ  
وَلَكِن رَّسُولَ اللَّهِ وَخَاتَمَ النَّبِيِّينَ ط  
وَكَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿٤٠﴾

41. Abange mmwe abakkiriza! Muyitirize nnyo okwogera ku Katonda!

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اذْكُرُوا اللَّهَ  
ذِكْرًا كَثِيرًا ﴿٤١﴾

42. Era mumutendereze (buli) nkya n'olweggulo.

وَسَبِّحْهُ بِحَمْدِهِ بَكْرَةً وَآخِرًا ﴿٤٢﴾

43. Ye y'Oyo abasaasira, ne bamalayika (be ne babasabira), Alyoke abaggye mu bizikiza okubalaza eri ekitangaala era (Ye) Musaasizi ku bakkiriza.

هُوَ الَّذِي يُصَلِّيْ عَلَيْكُمْ وَمَلَائِكَتُهُ  
يُخْرِجُكُمْ مِّنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ ط  
وَكَانَ بِالْمُؤْمِنِينَ رَحِيمًا ﴿٤٣﴾

ne mu kiscera we yafiira ku lutalo lw' e Mauta bwe yali nga y' omu ku baduumizi mu lutalo olwo. Ye Zainabu yali muwala wa Jahashi, era y' omu mu bakyala ba Nabbi abatutumufu.

39. Mu aya eno Katonda yayogera kw'abo abaatuukirizanga okutuusa obubaka bwabwe eri abantu, nga asinga mu bonna abo ye Mutume Muhammadi (s.a.w.), oyo eyasaasaanya obubaka ohwamatumbwa Katonda eri abantu b'ensi yonna. Era n'abagoberezi be nabo ne bakola omulimu gwe gumu okutuusa ensi lw'erivaawo.

Nahhi Muhammadi asinga babaka banne bonna olw'okubanga obubaka bwe, bubuna ku mawanga gonna sso nga bannabbi abamusooka baatumibwanga mu mawanga gaabwe gokka mwe baasibukanga.

40. Nabbi Muhammadi ye Nabbi Ow'enkomerero; tegenda kujjajo Nabbi mulala yenna oluvannyuma lwe, nga bwe yagamba nti:

"Ekifaananyi kyange n'ekifaananyi kya bannabbi kiringa ekifaananyi ky'omusajja eyazimba ennyumba n'agimaliriza wabula n'alekawo ekifo omugya ettaffaali (limu lyokka). Nange nze najja ne nzijuzi ekifo ky'ettaffaali." Era yagamba nti: "Nze muzuukiza. Abantu bagenda kuzuukira ku kigere kyange; era nze ow'enkomerero: Tewali Nabbi (alijja) luvannyuma lwange."

Ne Hadiith endala nnyinge ezitegeeza nga Nabbi Muhammadi bw'ali ow'enkomerero era nga bwe wataliyo Nabbi mulala yenna alijja oluvannyuma lwe, Kati eddiini yamala okujjula. Tewali kyetaaga kwongerako, n'olw'ekyo tekyetaagisa Katonda kutuma Nabbi mulala.

43. Katonda wano ategeza abakkiriza abo abamwogerako wamu n'okumutendereza nga bw'abasaasira era ne bamalayika Be ne bamwegayirira ku lwabwe abaggye mu bizikiza by'obutamanya n'obukafiri otekeko n'obujeemu, abalage ekitangaala ky'obukkiriza n'okumanya wamu n'okumugondera.



44. Ekiramuso kyabwe olunaku lwe balimusiinkana (kiriba kigambo): Mirembe. Era yabateekerateekera empeera ey'ekitiwba,

يَحْيِيَهُمْ يَوْمَ يَقُونَ سَأَمَهُمْ وَعَدَّ لَهُمْ  
أَجْرًا كَرِيمًا ﴿٣٤﴾

45. Owange Ggwe Nnabbi! Mazima Ffe twakutumanga nga oli mujulizi era omubuulizi w'amawulire ag'essanyu era omutiisa, —

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ شَاهِدًا وَمُبَشِّرًا  
وَنَذِيرًا ﴿٣٥﴾

46. Era (obeere) nga oyita (abantu) okujja eri Katonda ku lw'okulagira Kwe era (obeere) ettaala eyaka.

وَدَاعِيَ إِلَى اللَّهِ يَأْتِيهِمْ فِيهِ سِرًا جَانِبًا مُبِينًا ﴿٣٦﴾

47. Era osanyuse abakkiriza nti mazima balina obulungi bungi okuva eri Katonda.

وَنَبِّئِ الْمُؤْمِنِينَ بِأَنَّ لَهُمْ مِنَ اللَّهِ فَضْلًا  
كَبِيرًا ﴿٣٧﴾

48. Era togonderanga abatakkiriza n'abannanfuusi. Era tofaayo ku kunakuwaza kwabwe, era weesige Katonda. Era kikumale Katonda okuba Omukuumi wo.

وَلَا تَطْعَمِ الْكُفْرَانَ وَالْمُنْفِقِينَ دَرَجَاتُهُمْ  
وَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ وَكَفَى بِاللَّهِ وَكِيلًا ﴿٣٨﴾

49. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga muwasizza abakyalala abakkiriza oluvannyuma ne mubata nga temunnalabagana nabo temulina ku bo kiseera (Iddat) kye bamala nga tebannafumbirwa (basajja balala).

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا أَنْكَحْتُمُ الْمُؤْمِنَاتِ  
تَمَّ طَلَقُهُمْ مِنْ قَبْلِ أَنْ تَمْسُوهُنَّ  
فَمَا لَكُمْ عَلَيْهِنَّ مِنْ عَدْوٍ تَعْتَدُوْنَ لَهَا

44. Katonda yatuma Nabbi Muhammadi eri abantu bonna n'obubaka bw'eddiini y'Obusiraamu abeera ajulira nga Katonda bw'Ali Omu, era asanyuse abakkiriza ng'ababulira nga bwe balina empeera ennene n'obulungi okuva eri Katonda. Ate atise abo abatakkiriza ebibonyobonyo bya' Katonda bye balibaamu mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

45. Mu aya eno Katonda yategeeza Nabbi We (s.a.w.) nga bwe yamutuma n'Obubaka bw'eddiini y'Obusiraamu abutuuse ku bantu ng'ajulira amazima ago ge yajja nago era ajulire n'amazima ago bannabbi abamukulemba ge bajja nago. Era yatumbwa abere nga asanyusa buli mukkiriza yenna nga bw'alina okwesiiima mu Bulamu Obw'oluvannyuma, ate atise oyo yenna amuwakanya nga bw'alitukwato ebibonerezo ebikakali mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

48. Nabbi yagaanibwa okugondera ebigambo n'ebikolwa by'abatakkiriza n'abannanfuusi abo abakkiriza kungulu sso nga muli munda emitima gyabwe tegikkiriza era ngane by'abagamba tebabiwuliriza. Okwo Katonda yayongerako okumuwabula nti abaleke abo ababi era abasanyiwe mw'ebyo bye baamunakuwazangamu, wabula yeesige Katonda yekka.

49. Abasajja Abasiraamu nga mubadde muwasizza abakyalala wabula ne mubata oluvannyuma lw'okubawoowa kyokka nga temulabaganye nabo, olwo tewaba kiseera kigere kye batekwa okumala nga tebannafumbirwa basajja balala. Kiba ku bo wonna we baba baagalidde okufumbirwa

Wabula mubasibirire era mubaleke oluleka olulungi.

50. Owange Nnabbi! Mazima Ffe twa-kukkiriza bakyala bo abo be wawa omutwalo gwabwe (amahare gaabwe) n'abo omukono gwo ogwa ddyo be gwafuna (abazaana oba abawambe) mw'abo Katonda be yakugabira mu ntalo (ng'eminyago) era (okkirizibwa) okuwasa bawala ba kitaawo omuto ne bawala ba ssengaawo, ne bawala ba kobjaawo, ne bawala ba bannyoko abato abo abaasenguka naawe (era okkirizibwa), n'omukyala omukkiriza bw'aba nga yeegabidde Nnabbi yekka (awatali kusaba kuweebwa Mahare) singa abadde Nnabbi nga y'ayagadde okumuwasaba ekyo kyeyawulidde ggwe wekka (Nabbi) sso ssi abakkiriza (bonna)—Mazima (abo) twamanya ebyo bye twabalaalika (ebikwata) ku bakyala baabwe n'abo emikono gyabwe egya ddyo be gyafuna. (Twakwawulira ne tukukkiriza tutyo ggwe wekka) kuleme kubeera ku ggwe okunyigibwa, (kubanga) Katonda Musonyiyi, MUSAASIZI.

51. Olindiriza oyo gw'oba oyagadde mu bo (abakyala bo) n'ajja gy'oli oyo gw'oyagadde, n'oyo gw'oyagadde mw'abo b'oba olindiriza (akaseera)

فَمِعْوُهُنَّ وَسَرَّحُوهُنَّ مَرْحَاتٍ حَسْبَ جِيلٍ ﴿٢٩﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِنَّا أَحْلَلْنَا لَكَ أَزْوَاجَكَ  
الَّتِي آتَيْتَ أَجُورَهُنَّ وَمَا مَلَكَتْ يَمِينُكَ  
رِمَاءَ أَهْلِ اللَّهِ عَلَيْكَ وَبَدَنَ عَمْرِكَ وَبَدَنَ  
عَمْرِيكَ وَبَدَنَ خَالَكَ وَبَدَنَ خَلِيْفَتِكَ الَّتِي  
هَاجَرْنَ مَعَكَ وَأَمْرًا ذَمِيمَةً إِنْ ذَهَبَتْ  
نَفْسُ اللَّيْبِيِّ إِنْ أَرَادَ النَّبِيُّ أَنْ يَسْتَنْحِمَهَا  
خَالِصَةً لَكَ مِنْ دُونِ الْمُؤْمِنِينَ قَدْ  
عَلِمْنَا مَا قَرَضْنَا عَلَيْكُمْ فِي أَزْوَاجِهِمْ وَمَا مَلَكَتْ  
أَيْمَانُهُمْ لِيَكُونَ عَلَيْكَ حَرْبٌ  
وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٣٠﴾

تُرْجَى مِنْ نِسَاءٍ مِنْهُنَّ وَتُؤْتَى الْيَتَامَى  
مِنْ نِسَاءٍ وَمِنْ اِبْتِغَايَاتٍ مِمَّنْ عَزَلْتَ

baba n'eddembe okukikola. Era mubawengayo ekintu ekibasanyusa, ate mubaleke bagende ewaabwe lwa bulungi awatali kubabonyabonya.

50. Mu kitundu kino Katonda yategezza Nabbi We engeri gye yamukkirizaamu okuwasanga abo b'awadde amahare gaabwe n'abo ababa beewaddeyo bokka okubawasa awatali kubawa kintu kyonna, singa Nabbi ye ku lulwe aba ayagadde — Ekyo nga kyeyawulidde Nabbi yekka.

Ate bo abakkiriza bye baalaalikwa ebikwata ku bufumbo bwabwe kwe kuwasa abakyala abaa na baboowo n'okuba n'abazaana era nga batekwa okuwa bakyala baabwe amahare nga waliwo abajulizi.

51. Mu aya eno Katonda agamba Nabbi (s.a.w.) nti: "Oyinja okulindiriza oyo gw'oba oyagadde mu bakyala ku nnaku ze wamugerera, n'osembeza ez'oyo gw'oba oyagadde. Ate bw'oba oyagadde okuddayo eri oyo gwe walindiriza tolina kibi kyonna mu kukola ekyo".

tolina kibi (okumuyita nate); (oku-kola) ekyo kye kisémbéza okutereza amaaso gaabwe (ne gasanyuka); ne batanakuwala ne basiima ebyo by'obawadde bonna. Ne Katonda amanyiebyo ebiri mu mitima gyammwe (Abange mmwe Abantu) era Katonda yali Amanyi nga Wa kisa.

52. Tokkirizibwa n'akatono bakyala (balala) oluvannyuma (lw'abo b'olina), oba okubakyusaamu abakyala abalala newankubadde (ka babe) nga bukusanysizza obulungi bwabwe, okuggyako oyo omukono gwo ogwa ddyo gwe gwafuna (omuzaana oba omuddu). Katonda Mukuumi ku buli kintu.

53. Abange mmwe abakkiriza! Temuyingiranga mu nnyumba za Nabbi okuggyako nga mukkirizibwa okugenda okulya (sso) awatali (kumala kutuulirira ne) mulindirira emmere okuggya. Naye bwe mubeeranga muyitiddwa, muyingiranga, wabula bwe mubeeranga mumaze okulya

فَاِحْنَاهُ عَلَيْكَ ذَلِكَ اَدْنَىٰ اَنْ تَقْرَرَّ  
اَعْيُنُهُمْ وَلَا يَحْزَنُ وَيَرْضَيْنَ بِمَا آتَيْنَهُنَّ  
كُلَّهُنَّ وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا فِي قُلُوبِكُمْ  
وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَلِيمًا ﴿٥١﴾

لَا يَحْزَنُ لَكَ النِّسَاءُ مِنْ بَعْدِ وَلَا اَنْ  
تَبْدَلَ بِهِنَّ مِنْ اَزْوَاجٍ وَلَوْ اَعْجَبَكَ  
حُسْنُهُنَّ اِلَّا مَا مَلَكَتْ يَمِينُكَ وَكَانَ  
اللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ رَقِيبًا ﴿٥٢﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَدْخُلُوا بُيُوتَ  
النَّبِيِّ إِلَّا أَنْ يُؤْذَنَ لَكُمْ إِلَىٰ طَعَامِهِ  
غَيْرِ نَظَرٍ لِنِسَائِهِ وَلَكِنْ إِذَا دُعِيتُمْ  
فَادْخُلُوا فَإِذَا طَعِمْتُمْ فَانْسَبُوا وَكَلِمًا

Ekyo kitegeeza nti Nabbi (s.a.w.) yali tavunaanyizibwa kutuukiriza nnaku ze yagera eri buli mukyala we; wabula yalina eddembe okusula gy'ayagala w'ayagalidde wonna.

52. Aya eno yakka ku lw'okusasula abakyala baka Nabbi (s.a.w.) n'okubasiima ku lw'ebirungi byabwe bwe baasalawo okuleka ebyamasanyu g'ensi ne basiima Katonda n'omubaka We (s.a.w.) n'okufuna obulungi bw'Obulamu Obw'oluvannyuma. Okuva olwo Katonda n'atangira Nabbi obutayongerako mulala ku bakyala abo, oba okukyusa mu kifo ky'omu mu bo n'awasisaamu omulala.

Wabula yakkirizibwa okuba n'abazaana b'aba ayagadde. Gano ge mannya g'abakyala ba Nabbi abagendereddwa mu aya eno: Aisha, Hafsa, Ummu Habiiba, Sauda, Zainabu, Juweriya. Safiyya. Ummu Salama ne Maimuna.

53. Mu aya eno Katonda annyonyola enkolagana esaanira wakati wa Nabbi (s.a.w.) wamu ne bakyala be; wamu n'okuggyawo empisa embi Abawarabu abamu gye beeyisangamu mu maka ga Nabbi, oluusi ne kituuka n'okumuniyiza.

Ensonga y'okukka kw'ekitundu kino, okusinzira nga Anasi Mutabani wa Maliki bwe yagamba nli: "Nabbi (s.a.w.) bwe yawasa mukyala we Zainabu, yakola embaga n'agabula abantu emigaati n'ennyama, n'amutuma okuyingiza abantu. N'ayingizanga abantu ne balya, eno abamaze okulya bwe bafulumu ate bwe bayingira abalala okutuusa lwe baggwaayo n'emmerc n'eremerawo. Ne wasigalawo abantu basatu bokka nga banyumya".

"Nabbi n'afulumu n'agenda mu kisenge kya Mukyala Aisha era n'ayingira ne mu bisenge bya bakyala be bonna nga agenda abalamusa, nga nabo bamukulisa embaga, era nga bwe bamusabira

mugendenga mangu. Temusikirizibwanga emboози (ne mudda awo okwenyumuza). Mazima ekyo (eky'okunyumya) kyalinga kinyiiza Nnabbi (wabula) n'abakwatirwa ensonyi (okubagamba mugende); naye (Ye) Katonda takwatirwa nsonyi mu kwatula amazima. Bwe muba nga mubasabye abakyala (ba nnabbi) ekintu (kyonna), mubasabirenga emabega w'ekisiikiriza (wakati wammwe nabo). Ekyo nno kye kisinga okutukuza emitima gyammwe n'emitima gyabwe. Temulina kunakuwaza Mubaka wa Katonda, wadde okuwasa bakyala be oluvannyuma lwe (okufa) obugenderevu. Mazima (ekikolwa) ekyo kinene awali Katonda.

54. Bwe muba nga mwolesezza ekintu obanga mukikwese, (Katonda akimanya, kubanga) mazima Katonda Mumanyi wa buli kintu.
55. Tebalina kibi abakyala (Ba Nnabbi okulabikira) bakitaabwe, oba bata-

مُسْتَأْنِبِينَ رَحْمَتِي إِنَّ دَلِيمَ كَانَ  
يُؤْذِي النَّبِيَّ فَيَسْتَفِي مِنْكُمْ وَاللَّهُ لَا يَسْتَفِي  
مِنَ الْحَقِّ وَإِذَا سَأَلْتُمُوهُنَّ مَتَاعًا فَسَأَلُوهُنَّ  
مِنْ وَرَاءِ حِجَابٍ ذَلِكُمْ أَطْهَرُ لِقَائِكُمْ وَ  
تَلَوْنَهُنَّ وَمَا كَانَ لَكُمْ أَنْ تُؤْذُوا رَسُولَ  
اللَّهِ وَلَا أَنْ تُتَكَبَّرُوا عَلَيْهِ مِنْ بَعْدِهِ  
أَبَدًا إِنَّ دَلِيمَ كَانَ عِنْدَ اللَّهِ عَظِيمًا ﴿٥٤﴾

إِنَّ تُبَيِّدُوا أَسْمَاءَ أَوْ تَخْفَوْهُ فَإِنَّ اللَّهَ  
كَانَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿٥٥﴾

لِكُنُوسٍ عَلَيْهِمْ فِي آيَاتِهِمْ وَلَا أَبْرَاهِيمَ

emikisa. Bwe yamala n'akomawo nga abasajja bakyatudde banyumya. Nabbi (s.a.w.) yalinanga ensonyi nyingi, nga tasobola kubagamba kufulumu. Bwe yabalaba nga bakyaliwo n'addayo mu kisinge kya Mukyala Aisha".

Bwe yafulumu n'akomawo, Katonda n'assa aya eno nga ekunngaanyizza empisa ez'obuntubulamu, mu mitendero gino:

(1) Obutayingira mu maka ga Nabbi wabula ng'omuntu akkirizibwawa. Nga era bwe kityo bwe kikwata ne ku maka amalala.

(2) Obutalindirira (obutatuulirira) mmere kugya olyoke olye, mpozzi nga wayitiddwa.

(3) Obutadda awo kunyumya oluvannyuma lw'okulya kubanga ekyo kyalinga kizitoowerenza Nabbi n'abantu ab'omu maka ge.

(4) Singa mulina kye musaba oba kye mubuuza abakyala baka Nnabbi, mubuuze nga wakati wammwe nabo waliwo ekisiikiriza. Bwe kityo na buli mukyala yenna Omusiraamu tateckwa kwera eri musajju atali bbaawe oba atali oyo amuzira okumuwasa mu mateeka g'eddiini. Katonda n'agamba nti: "Ekyo eky'obuteetabula basajja na bakazi, kwe kutukuza emitima gya bonna, abasajja n'abakazi.

(5) Obutuakola kyonna ekinyiiza Nabbi (s.a.w.).

(6) Obutawasa bakyala be oluvannyuma lwe kubanga bakyala ba Nabbi (s.a.w.) bali mu kifo kya bazadde eri Abasiraamu bonna. Era okubawasa kuba kuweebwala ekitiibwa kye era kibi kinene nnyo mu maaso ga Katonda.

55. Abo abooeddawo be b'oluganda ababazira okubawasa, n'olwekyo si kibi eri omukyala

bani baabwe, oba baganda baabwe (abalenzi n'abawala), oba batabani ba bannyinaabwe, oba batabani ba baganda baabwe abawala oba bakazi bannaabwe, oba abaddu baabwe be baafuna n'emikono gyabwe egya ddyo. Mutye Katonda Mmwe abakyala! Mazima Katonda Alaba buli kintu.

56. Mazima Katonda ne bamalayika Be basabira Nnabbi. Abange mmwe abakkiriza! Mumusabirenga era mumulamusa olulamusa (olumusaanira).

وَلَا تَخْوِفُهُمْ وَلَا تَنبَأُ عَوْنَهُمْ وَلَا  
أَنْبَاءَ عَوْتِهِمْ وَلَا نِسَاءَهُمْ وَلَا مَا  
مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ وَالَّذِينَ اللَّهُ إِنْ  
اللَّهُ كَانَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدًا ﴿٥٦﴾

إِنَّ اللَّهَ وَمَلَائِكَتَهُ يُصَلُّونَ عَلَى النَّبِيِّ  
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا  
تَسْلِيمًا ﴿٥٧﴾

okweraga gye bali n'okubeera nabo. Wabula ekizira kwe kutunula ku mubiri gwabwe oguli wakati w'ekundi n'amaviivi.

56. Mu aya eno Katonda ategeza abakkiriza nga Ye bw'asabira Nabbi wamu ne Bamalayika Be. N'okusabira kwa Katonda Nabbi kwe kumwogerako awali Bamalayika n'okumusaasira, n'okumwongerera mu madaala aga waggulu. Okusabira kwa Bamalayika kwe basabira Nabbi, kwe kwegayirira Katonda asaasire Nabbi era amwongeze mu madaala aga waggulu. N'okusabira kw'abantu kwe basabira Nabbi kuba kwegayirira na kugonda mu maaso ga Katonda; Katonda asobole okubasonyiwa n'okubasaasira ku lw'okusabira Nabbi (s.a.w.).

Aya eno bwe yakka Abakkiriza ne babuza Nabbi (s.a.w.) nti: "Owange Omubaka wa Katonda! Okukulamusa tukumanyi naye ngeri ki bwe tunaakusabiranga? N'agamba nti: 'Mugambenga nti (Ayi Katonda! Saasira Muhammadi Omuddu Wo, era Omubaka Wo nga bwe wasaasira Ibrahiimu, Osse emikisa ku Muhammadi ne ku bantu be ab'omu maka nga bwe wassa emikisa ku Ibrahiimu n'abantu n'ennyumba ya Ibrahiimu. Mazima Ggwe otenderezebwa, Agulumizibwa).

N'ekigendererwa mu kulamusa Nnabbi (s.a.w.) kwe baali bamanyi ky'ekigambo ckiri mu at-tahiyaatu ekigamba nti:

As-salaamu 'alaika ayyuha-n-nabiiyy wa rahmatul-laahi wa barakaatuhu. Ekitegeeza: 'Emirembe gibe ku ggwe owange ggwe Nabbi, n'okusaasira kwa Katonda n'emikisa Gye".

Wabula Katonda kwe kubagamba bongereko okumusaasira nga bwe tukunyonnyodde. N'olwekyo kyekiva kubecera nga Okusaalira Nabbi mu T-tashahudu (At-tahiyaatu) nga mpagi nkulu ddala mu mpagi z'esswala. Esswala tetuuka bw'obanga Tosabidde Nabbi mu lutuula olukomererayo. Ebigambo bingi ebyava ku Nabbi (s.a.w.) ebitegeeza obulungi bw'okumusaalira. Mu byo Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu bw'ansaalira omulundi gumu, Katonda amusaalira emirundi kkumi. Era nti Katonda yagamba nti 'Munsabire' kubanga kyo kya kwetukuzwa kwamwwe eri Katonda. Nfune Al-Wasiliat kubanga lyo ddaala eriri waggulu mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe). Teririfunwa wabula omuntu omu yekka era nsuubira nga ye Nze."

Kirungi okusaalira Nabbi (okumusaalira) buli lwonna lw'ayogerwako; na buli lwonna lw'ojjulukuka mu kifo okudda mu kirala. N'oluvannyuma lw'okusaala ne ku nkomerero. N'ekiseera ky'okuyingira mu muzikiti n'okufuluma. Era Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu bw'ansaalira ng'ali awali kabbuli yange mmuwulira, n'oyo ansabira nga asinzidde wala mbuulirwa". Ekyo kitegeeza nga Nabbi (s.a.w.) bw'atava mu kabbuli ye kugenda mu kifo gye bamusaalira; wabula abuulirwa bamalayika abali ku mulimu ogwo.

Era ebyo ebigamba nti Nabbi ajja mu Mawuledi mu kiscera nga basomye omulyango gwa Qiyaamu si bituufu n'akamu kubanga Hadiithi, ebigambo ebituufu ebyava ku Nabbi yennyini (s.a.w.) bikwakanya. Awo nno n'okuyimirira oluvannyuma lw'okusoma omulyango gwa Qiyaamu

- 57. Mazima abo abanakuwaza Katonda n'omubaka We, yabakolimira Katonda mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma, era n'abategekera ebibonyobonyo ebinyoomesa.
- 58. N'abo abanakuwaza abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala awatali kye bakoze, mazima baba beetisse okuwaayiriza n'ekibi ekyevolefu.
- 59. Owange ggwe Nnabbi! Gamba bakyala bo ne bawala bo n'abakyala b'abakkiriza beebikkiriranga enkaaya zaabwe (bwe babanga nga batambudde okuva mu maka gaabwe). Ekyo kye kisémbéza okubamanya (nti bakitiibwa era ba nsa) ne batanakuwazibwa. Ne Katonda yali Omusonyiyi, Omusaasizi.
- 60. Bwe banaaba nga abannanfuusi tebalesseyo (bikolwa byakko), n'abo abalina obulwadder mu mitima gyabwe n'abo abatiisatiisa (Abasiraamu) mu (kibuga) Madiina, tujja kukusindikira ddala (obakoleko), oluvannyuma tebajja kukuliraana mu Kibuga, wahũũũ ekiscera kitono.

إِنَّ الَّذِينَ يُؤْذُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ  
لَعَنَهُمُ اللَّهُ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ  
وَأَعَدَّ لَهُمْ عَذَابًا مُهِينًا ﴿٥٧﴾

وَالَّذِينَ يُؤْذُونَ الْمُؤْمِنِينَ  
بِغَيْرِ مَا كَسَبُوا فَقَدْ أَحْمَلُوا  
بُهْتَانًا وَإِنَّمَا بُهِتَانًا

يَأْتِيهَا السَّخِيبُ قُلْ إِنزُوا جَاك  
وَبَنِيكَ وَسَاءَ الْمُؤْمِنِينَ يُذَنِّبُونَ  
عَلَيْهِمْ مِنْ جَلَاءِ يُبَيِّنُ ذَلِكَ لَكَ  
أَنْ يُعْرِفَنَ فَلَا يُؤْذِينَ وَكَانَ اللَّهُ  
عَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥٩﴾

لَيْسَ لَهُ بَيْتَةٌ مَنِفِقُونَ وَالَّذِينَ فِي  
قُلُوبِهِمْ مَرْصَدٌ لَنْ يَمُوتُوا فِي السَّيِّئَاتِ  
لَنْ نُغْنِيَنَّكَ بِهِمْ ثُمَّ لَا يُجَاوِرُونَكَ فِيهَا  
إِلَّا قَلِيلًا ﴿٦٠﴾

tekirina makulu, kubanga Nabbi (s.a.w.) takulagiranga wadder abayizi abeesigamibwako bannamateeka mu by'eddiini.

58. Abo aboogera ku Basiraamu ebiganbo ebibi ku lw'okwagala okwonoona erinnya lyabwe, nga sso ebyo bye baboogerako tebabikolanga, mazima baba beetisse ekibi ky'okuwaayiriza, era baba bakoze ekyonoono eky'olwatu ekibakakasaako ebibonerezo bya Katonda.

59. Aya eno etegeeza etteeka eriragira abakyala Abasiraamu okwebikkiriranga enkaaya. Litandikirira ku bakyalabaka Nabbi (s.a.w.) ne bawala be, nga Katonda abalagira beebikke omubiri gwonna nga basulidde obukaaya okuva ku mutwe bubikke n'ebifuba byabwe; n'ategeeza nga ekyo bwe kireetawo okubamanya nga bwe bali abakyala ab'ensa ne kibawonya okulumbwa abo abayinza okubanakuwaza mu basajja.

60. Mu aya eno Katonda yatitisa abannanfuusi abo abakkiriza kungulu nga emitima gyabwe tegikkiriza, n'abo abalina emitima emibi ku bakkiriza n'abo abaabunyisanga enngambo nga batiisa tiisa abakkiriza nga bwe waliwo omulabe azze sso nga tewali n'agamba nti bwe banaaba tebalesseyo bikolwa byabwe ebyo ebibi, ajja kubasindikira Nabbi We (n'abakkiriza) abalwanyise era abagobe mu kibuga Madina, nga bwe yakola Abayudaaya abo abaali babonyabonya Nabbi n'abagoberezi be. Katonda yamulagira okubalwanyisa n'okubagoba mu bitundu bye baalimu.

61. Bakolimirwa wonna we basangibwa, bakwatibwa ne battibwa olutta (awatali kubasaasira).
62. (Eryo lye lyali) etteeka lya Katonda (eryalangwa) mw'abo abaayita oluberyeberye; tojja kusanga kukyusa mu tteeka lya Katonda.
63. Abantu bakubuuza (ebikwata) ku Nkomerero (nti: Erituuka ddi)? Bagambe nti: Okumanyibwa kwayo kuli eri Katonda (yekka). Kiki eki-naakumanyisa oba olyawo Enkomerero n'ebeera nga eri kumpi (okutuuka)?
64. Mazima Katonda yakolimira abatakkiriza, n'abateekerateekera omuliro ogwokya,
65. Ba kutuula mu gwo bugenderevu. Tebalifuna mutaasa wadde omuyambi.

مَاعُونِينَ أَيَّمَا تَقَفُوا أَخَذُوا وَوَقَّتُوا  
تَقْتِيلًا ①

سُنَّةَ اللَّهِ فِي الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ قَبْلِهِ  
وَلَنْ يَجْعَلَ اللَّهُ لِلْكَافِرِينَ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ  
سَبِيلًا ②

يَسْأَلُكَ النَّاسُ عَنِ السَّاعَةِ قُلْ إِنَّمَا  
عِلْمِي عِنْدَ اللَّهِ وَمَا يُدْرِيكَ لَعَلَّ  
السَّاعَةَ تَكُونُ قَرِيبًا ③

إِنَّ اللَّهَ لَعَنَ الْكُفْرَانَ وَآمَدَ لَهُمُ  
سَعِيرًا ④

خُلِدِينَ فِيهَا أُولَئِكَ لَرُجْدُهُمْ لِيَكُونَ  
لَهُمْ فِيهَا نَصِيرًا ⑤

63. Mu aya eno, Katonda yategeeza Nabbi nga ekiseera ky'okuvaawo kw'ensi bwe watali akimanyi okuggyako Katonda Yekka. Abakafiiri baalinga babuuza nnyo Nabbi (s.a.w.) ababuulire Ekiseera ky'Enkomerero lwe kirituuka. Katonda n'ategeeza Nabbi nti tewali amanyi kiseera kyennyni Enkomerero w'erituukira wabula Katonda Yekka — Ekyo kyama kya Katonda. Teya-kibuulirako muntu yenna k'abe Nabbi oba Malaika.

Umaru mutabani wa Hattwabi yagamba nti: "Twali tuli awo nga tutudde awali Omubaka wa Katonda (s.a.w.) omusajja n'ajja gye tuli nga ayambadde engoye ezitukula ennyo ttuku nga enviiri ze ziddugala nnyo nga talabikako kabonero ka lugendo (nga talabika ng'ava ewala), ate nga tewali n'omu amumanyi. N'amugamba nti: 'Owange Muhammadi! Mbuulira Obusiraamu ebibufaako!' N'agamba nti tewali asinzibwa wabula Katonda, ne Muhammadi Mubaka wa Kaionda. Era n'oyimirizaawo esswala ettaano, n'otoola zzakaati, n'osiiba omwezi gwa Ramanzaanc, n'olambula Ennyumba ya Katonda singa oba osobodde.

Omusajja n'addamu nti: 'Oyogedde Mazima', ne tumwewuunya okulaba nga abuuza ate n'akakasa ekyo ky'abuuzizza. N'agamba nti: 'Mbuulira Obukkiriza (Imaani) kye kiki? (Nabbi) n'amugamba nti: Kwe kukkiriza Katonda, ne Bamalayika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be n'Oluunaku Lw'enkomerero, n'Okugera kwa Katonda — Obulungi obuli mu kwo n'obubi obuli mu kwo. N'agamba nti: 'Oyogedde mazima! N'amugamba nti: 'Mbuulira ku kulongoosa (Ihsaani). (Nabbi) n'amugamba nti: Kwe kusinza Katonda mu Mazima n'obanga ggwe amulaba ne-wankubadde nga tomulaba (kuba) Ye (aba) akulaba. N'amugamba nti: 'Mbuulira ku Nkomerero lw'erituuka'. (Nabbi) n'amugamba nti: 'Abuuzibwa tali omumanyi okusinga abuuzizza'. Amakulu nti bombi bafaanana mu butamanyisa kiseera kyennyni Enkomerero lw'erituuka. N'eyali abuuza yali Malaika Jibriilu kubanga Nabbi (s.a.w.) yagamba nga Malaika amaze okugenda nti: Mazima oyo Jibriilu abajjidde abayigirize Eddiini yammwe.

66. Olunaku lwe birikyusibwakyusibwa ebyenyi byabwe mu muliro, nga bagamba: Abange, zitsanze ffe! Singa twagondera Katonda ne tugondera n'Omubaka (We).

يَوْمَ تَقْلَبُ وُجُوهَهُمْ فِي النَّارِ يَقُولُونَ  
لِيَلَيْتَنَا أَطَعْنَا اللَّهَ وَأَطَعْنَا الرَّسُولَ ﴿٣٦﴾

67. Ne bagamba nti: Mukama waffe! Mazima ffe twagonderanga abakungu baffe n'abettutumu baffe (abafuzi), ne batubuza okutwawukanya n'ekukubo eggokofu.

وَقَالُوا لَوْلَا رَبَّنَا إِنَّا أَطَعْنَا سَادَتَنَا وَكُبَرَاءَنَا  
فَأَضَلُّونَا السَّبِيلَ ﴿٣٧﴾

68. Mukama waffe! Bawe ennyongeza emirundi ebiri mu bibonyobonyo. Era obakolimire ekolimo ekinene.

رَبَّنَا أَنْتَهُمْ ضَلُّوا مِنَّا فَالْتَمِمْ  
عَيْنًا وَالْعَنَاهُمْ لَعْنًا كَبِيرًا ﴿٣٨﴾

69. Abange mmwe abakkiriza! Temubeera nga abo abaanakuwaza Musa (ne bamwogerako ebyakalebule, ne) Katonda n'amutukuza mw'ebyo bye baayogera, n'abeera nga wa kitiibwa awali Katonda.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ  
أَدْرَأُوا مُوسَىٰ فَذَارَ اللَّهُ مَعَهُمَا قَالُوا  
وَإِن كَان وَعِدَ اللَّهُ وَوَجَّهًا ﴿٣٩﴾

70. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda, era (bulijjo) mwogere ekigambo ekituufu (eky'amazima);

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَقُولُوا  
قَوْلًا سَدِيدًا ﴿٤٠﴾

71. Ajja kubalongooseza emirimu gya-mmwe era abasonyiwe ebibi bya-mmwe. N'omuntu agondera Katonda n'omubaka We, mazima aba yeesiimye olwesiiima olunene.

يُصَلِّحْ لَكُمْ أَعْمَالَكُمْ وَيَغْفِرْ لَكُمْ  
ذُنُوبَكُمْ وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ  
فَقَدْ فَازَ فَوْزًا عَظِيمًا ﴿٤١﴾

72. Mazima Ffe twayanjulira obuvunaanyizibwa eri eggulu n'ensi n'e-

إِنَّا عَرَضْنَا الْأَمَانَةَ عَلَى السَّمَوَاتِ وَ

72. Ekyagendererwa n'obuvunaanyizibwa kwe kugondera Katonda n'okukkiriza okukolera ku mateeka Ge n'ebiragiro Bye n'okwewala ebyo bye yagaana, awamu n'okukuuma obulombolombo bwabyo: okugeza nga okusiiba, okwetuukuza (mu bigambo ne mu bikolwa) n'okukuuma amateeka g'eddiini gonna. Obwo bwe bwesigwa bwe yayanjulira eggulu n'ensi n'ensonzi ne bigaana olw'obuzibu bw'okutuukiriza obuvunaanyizibwa obwo. Oluvannyuma yabwanjulira omuntu, ye omuntu n'abuza nti: "Singa ndiba nga mbutuukirizza ndifuna ki?" Katonda n'amugamba nti: "Ogenda kusasulwa empera ennungi era bw'otolibutuukiriza Nngenda kukubonereza". Omuntu n'akkiriza okubwetikka. Olwo wamu n'obunafu bwe teekako n'ebyo chimwetooolode, gamba nga obwagazi n'omululu



nsozi, ne bigaana okubwetikka ne bibutya (obuvunaanyizibwa obwo). Ye omuntu n'abawetikka. Mazima ye yali eyeryazaamaanya, omusiru ddala (atamanyi ekyo ekiyinzika okusitulwa n'ekitayinzika):

73. Alyoke Katonda abonyabonye abannanfuusi abasajja n'abannanfuusi abakazi, n'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala, abasajja n'abakazi. Era Katonda akkirize okwenenya kw'abakkiriza abasajja n'abakazi ne Katonda Musonyiyi, Omusaasizi.

الْأَرْضِ وَالْجِبَالِ فَأَبِينْ أَنْ تُجْمِلَنَهَا  
وَأَشْفِقْنَ مِنْهَا وَحَمَلَهَا الْأَسَانُ ط  
إِنَّهُ كَانَ ظَلُومًا كَثُورًا ۝٤٠

لِيُعَذِّبَ اللَّهُ الْمُنَافِقِينَ وَالْمُنَافِقَاتِ  
وَالْمُشْرِكِينَ وَالْمُشْرِكَاتِ وَيَتُوبَ اللَّهُ  
عَلَى الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ وَكَانَ  
اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ۝٤١

n'ebirala ebitamusobozesa kutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe yakkiriza mu maaso ga Katonda, bw'atyo n'abecera nga yeeryazaamaanyizza yekka nga tamanyi kabi akalali mu kulagajjalira obuvunaanyizibwa bwe yakkiriza.

Tusaba Katonda atulungamye era atuyambe mu kutuukiriza amateeka Ge n'ebiragiro Bye. n'okwewala buli kyonna kye yagaana kubanga Ye ye Musaasizi. Ow'ekisa.

## EBIFA KU SSUULA SABAA MU BUFUNZE (34)

Essuula eno yakkira Makka mu biseera ng'Obubaka kye bujje butandike okussibwa. Eyiitibwa Sabaa okusinzira ku aya 15 abantu b'omu kitundu Sabaa eky'omu nsi Yamani mwe boogererwako.

Yakkira mu kiseera ng'okuyigganya kw'Obusiraamu tekunnakaawa nnyo wabula nga kukyali mu bigambo bugambo, gamba ng'okuvvoola, okujeja oba okulimbisa obulimbisa Obubaka n'abagoberezi baabwo.

Essuula esinga kwogera ku batakkiriza ng'evumirira ebijweteke ebyo bye baateetulanga ku Bubaka Nabbi bwe yabayitiranga okukkiriza obw'okusinza Katonda Omu (Tawhiid), Obwannabbi bwe n'Obulamu Obw'oluvannyuma nga babiwakanya. Ebyo byonna bye baadobonkananga nabyo biddibwamu mu ngeri ematiza mu ngeri y'ebiragi, okulabula n'okutiisibwa ebiribaviira mu byekko ebyo bye baajeegulangamu Amazima. N'olw'okuggumiza ensonga eno ebyafaayo by'abatuze b'omu kitundu Sabaa mu nsi Yamani n'ebyaafaayo bya Bannabbi Dauda ne Sulaimaani kye biva byogerwako. Mw'ekyo mulubirirwamu okuyigiriza abatakkiriza nga eryanyi n'obugagga bwe bitasaanye kubeeyinuzza kubanga Bannabbi bombiriri abo baali bakkiriza abaddala abatutumufu, bannabwakabaka obw'amaanyi obwali tebuweebwanga mulala yenna mu nsi — Nayeawamu n'ekyo tebaalina kwekuluntaza wadde okwemanya wabula ebbanga lyonna baali baddu ba Katonda abeebaza era abatamujeemera. Sso nga ate bo abantu ba Sabaa, oluvannyuma lw'okuweebwa ebyengerwa bya Katonda, beekuluntaza ekyo ekyabaviirako okuzikirizibwa ne basaanawo kati ne basigalira kufumwa bufumwa. N'ebyokulabirako ebyo; abantu balekerwa beesalirewo lye liruwa ekkubo ettuufu erisaanye okugobererwa wakati w'ery'obutakkiriza n'ery'Obukkiriza.



## ESSUULA SABAA (34)

Yakkira Makka: Erina Enitundu 6 ne Aya 54

Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi

1. Buli kitendo kyonna kya Katonda, Oyo Nnannyini ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi. Era alina okutendebwa mu Nkomerero. Naye ye Mukakasa, Omumanyi w'ebiyama.
2. Amanyi ekyo ekiyingira mu nsi n'ekyo ekigifulumamu, n'ekyo ekikka okuva mu ggulu n'ekyo ekirinnya mu Iyo. Naye ye Musaasizi, Omusonyiyi.
3. Abo abawakanya (omubaka) ne bagamba nti: Ekiseera Eky'enkomerero tekigenda kututuukako. Bagambe nti: Nedda, ndayidde Mukama Katonda wange, mazima ddala kigenda kubatuukako. (Ndayidde) Oyo amanyi ebitalabikako. Tekibula (ekintu kyonna) kuva ku kumanya Kwe ckigero ky'akanyinkuuli, mu ggulu ne mu nsi oba eki-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

أَلْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي لَمْ يَلَمْأْ فِي السَّمَوَاتِ وَمَا  
فِي الْأَرْضِ وَلَهُ الْحَمْدُ فِي الْآخِرَةِ ۗ  
وَهُوَ الْحَكِيمُ الْحَكِيمُ ۝١

يَعْلَمُ مَا يَلْبِغُ فِي الْأَرْضِ وَمَا نُجِئُ  
مِنْهَا وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَعْرُجُ  
فِيهَا ۗ وَهُوَ الرَّحِيمُ الْعَفُورُ ۝٢

وَقَالَ الَّذِينَ لَقَرُوا الْآتَيْنَا السَّاعَةَ  
قُلْ بَلْ وَرَيْتُ لِنَأْتِيَنَكُمْ عَلِيمُ الْغَيْبِ  
لَا يَعْرُبُ عَنْهُ مِثْقَالُ ذَرَّةٍ فِي  
السَّمَوَاتِ لَا فِي الْأَرْضِ وَلَا أَصْغَرُ  
مِنْ ذَلِكَ وَلَا أَكْبَرُ إِلَّا فِي كِتَابٍ

1. Essuula eno yatandika n'okunyonnyola nga Katonda bw'akakatirwa okutendebwa n'ebitendo ebijjuvu ku lw'ebyo bye yagabira abantu. Na buli byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bitendo bya Katonda era y'abirinako obuyinza obujjuvu. Era amanyi buli kintu tewali kimwekweka.

2. Katonda amanyi buli kyonna ekiyingira mu bitundu by'ensi ne mu ttaka, okugeza nga amazzi, ebyobugagga eby'omu ttaka, ensigo, abafu twalirako na buli kyonna ekiziikwa. Era amanyi buli kyonna ekiva mu nsi nga ebiramu, ebimera ebisigwa mu ttaka, amazzi n'ebirala. Era amanyi ebikka okuva mu ggulu, nga bamalayika, ebitabo byakkanga ku Bannabbi, enkuba, laddu (eggulu) n'ebirala. Era amanyi ebyo ebirinnya mu ggulu, okugeza nga bamalayika, emirimu gy'abakkiriza. emyoyo n'ebirala. Era Katonda y'alina Okusaasira okungi, era ye musonyiyi w'abonoonyi abo ababa beecenzyeza ne badda gy'Ali.

3. Abatakkiriza bwe baawakanya okubaawo kw'Ekiseera Ky'enkomerero, Katonda n'alagira Nabbi We era Omubaka We alayire nga akakasa nga Enkomerero bw'eri ey'okubatuukako, abagambe era nga Katonda bw'Ali amanyi era nga Ye Mumanyi wa buli kintu, ne bwe kiba ekitono

tono okusingawo oba ekinene eki-singawo, wabula (buli kimu) kiri mu Kitabo ekinnyonnyofu,

4. Alyoke abasasule abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu. Abo balina okusonyiyibwa n'eb'yokufuna eby'ekitiibwa.
5. N'abo abanyiikira mu (kulimbisa) ebigambo Byaffe, nga balesesa (oyo aba ayagadde okukkiriza), abo balina boebibonyobonyo mu bibonerezo ebisinga obubi, ebiruma.
6. N'abo abaaawebwa okumanya bamanyi nga ebyo ebyassibwa gy'oli okuva ewa Mukama Wo go nga mazima. Era nga birunnngama eri ekkubo ly'Ow'ekitiibwa, Atenderezebwa.
7. Ne bagamba abo abawakanya ba (Nabbi, nga babuuliragana mu kubereega) nti: Abaffe tubalagirire eri omusajja abategeeza nti bwe muliba muyuzibbwayuzibbwa oluyuzalwonna (mu ntaana oluvannyuma lw'okufa) ne mukutukakutuka obufififi nti mazima mmwe muliddayo mu kutondebwa okupya?
8. Agunzeeo obulimba ku Katonda, aba mugwi wa ddalu? Wabula abo

مُسِين ٢

لِيَجْزِيَ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
أُولَئِكَ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَرِيمٌ ٢

وَالَّذِينَ سَعَوْا فِي آيَاتِنَا مُجْرِبِينَ أُولَئِكَ  
لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ٥

وَيَرَى الَّذِينَ أُذُووا الْعِلْمَ الَّذِي  
أُنزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ هُوَ الْحَقُّ وَ  
هُدًى إِلَى صِرَاطٍ الْعَزِيزِ الْحَمِيدِ ٦

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا هَلْ نَدُوكُمْ عَلَى  
رَجُلٍ يَدْعُكُمْ إِذَا أُمرَ فَمَنْ كُلُّ قَوْمٍ  
إِنَّا لَكُمْ لَفِي خَلْقٍ جَدِيدٍ ٧

أَفَتَدْعُونَ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا أَمْ بِهِ جِنَّةٌ ٨

kitya oba ekinene. Tewali kiri bweru wa kumanya Kwe. Amagamba g'abafu ne bwe gabeera nga gamulunguse ne gasaanawo, Ye Katonda agamanyi yonna gye gaba gali. Era agenda kugakunnaganya agazzeewo nga bwe gaali, kubanga buli kintu kyonna kyawandiikiibwa dda mu kitabo Kye Ekinnyonnyola buli kintu.

7. Abakafiiri baagamba bannaa bwe mu lulimi olw'okujerega nga boogera ku kigambo ky'Okuzuukira nti: "Tubalagirire omusajja abanyumize mbu bwe muliba nga mufudde ne mukutukakutuka obunyamanyama nti mulizuu kizibwa mudde obulamu nate?—Naye nga bategeeza Nabbi Muhammad.

8. Abatakkiriza baayongerako okukakasa eky'okuwakanya Okuzuukira ne bagamba nti Nabbi Muhammad (s.a.w.) awaayiriza Katonda nti yamutumira nti waliyo Okuzuukira, oba ssi ekyo mulalu bulalu. Ne Katonda kwe kubaddamu n'agamba nti: "Wabula abo abatakkiriza Nkomerero bali mu bukafiiri obulibatuusa mu bibonyobonyo bya Katonda mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Era babuze olubula oluli ewala n'okulungama. Mu butuufu Nabbi Muhammad tali nga bwe balo-

abatakkiriza Nkomerero bali mu bibonyobonyo n'okubula okuli ewala n'okulungama.

9. Abaffe tebalaba eri ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebyo ebiri emabega waabwe mu ggulu n'ensi? Bwe tuba nga twagadde tuyinza okubasanyaaawo n'ettaka ne libamira oba okubakuba ekitundu ky'eggulu okuva mu ggulu. Mazima muli mw'ebyo akabonero akalaga (obuyinza bwa Katonda) eri buli muddu ayeenyanya (n'adda eri Katonda).
10. Mazima twawa Dauda okuva gye Tuli ebirungi (Obwannabbi n'ekitabo), ne tugamba nti: Abange nsozi muddemu (nga mutendereza) awamu naye; n'ennyonyi (nammwe mukole bwe mutyo)! Netumugondeza ebyuma,
11. (Ne tumulagira) nti: Kola amaganduula ag'ebyuma ofunze amakowe (gaago). Era mukole emirimu emirongoofu. Mazima Nze Ndaba ebyo bwe mukola.

بَلِ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ فِي  
الْعَذَابِ وَالصَّلَاةِ الْبَعِيدِ ⑤  
أَفَلَمْ يَرَوْا إِلَى مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا  
خَلْفَهُمْ مِنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ إِنَّ  
لِنَشَاطِحِمْ فِيهَا مِنَ الْأَرْضِ أَوْ سُقَطِ عَلَيْهِمْ  
سِقَاقِمْ مِنَ السَّمَاءِ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً  
لِّكُلِّ عَبْدٍ مُنِيبٍ ⑥

وَلَقَدْ آتَيْنَا دَاوُدَ مِمَّا قَلِيلًا مُجْتَلًا  
أَوْ بِنِي مَعَهُ وَالطَّيْرَ وَكَانَ الْكَافِرِينَ ⑦

إِنْ أَعْمَلَ سَبِيحَتٍ وَقَدَّرُ فِي السَّرِّ  
وَأَعْمَلُوا صَالِحًا لِنُنزِّلَ الرِّيحَ  
بِصَيْرٍ ⑧

wooz: wabula ye wa mazima mw'ebyo by'ayogera, era a li ku kkuho Ettuufu. Naye bo abawakanya Okuzuukira be balimba, ababuze, abatategeera -- abalikakatako ebibonezezo bya Katonda mu Bulamu Obw'oluvannyuma."

9. Abakafiiri abo abawakanya Okuzuukira tebalaba eggulu n'ensi ebibeetoolodde ne bamanya obuyinza bwa Katonda nti asobola okukola ekyo ky'ayagala bw'Ab'a nga ayagadde ayinza okubakuba eggulu oba okubasanyaaawo ne babulira mu ttaka?

Ddala singa omuntu yeetegeereza engeri Katonda gye yakolamu ensi n'eggulu, kandibadde akabonero akalaga obuyinza bwa Katonda eri buli muntu. Olwo omuntu ow'amagezi n'ategeera n'adda eri Katonda, n'amanya nti Katonda eyakola ebintene bwe biti asobola okuzuukiza emibiri egyaafa edda ne givunda n'amagumba ne gamulunguka. Olwo ng'agiz uukizza, alyoke asasule oyo eyakkiriza bannabbi Be n'akola ebirungi muno mu nsi, era abonezeze oyo eyajecma n'awakanya Bannabbi Be era n'awakanya n'Okuzuukira.

10. Mu aya eno Katonda anyumya ku Nabbi We Dauda engeri gye yamugabira ebirungi ebingi n'amuwa Obwannabbi n'Obwakabaka obw'amaanyi. N'amuwa eddoboozi eddungi eryo bwe yabanga atendereza Katonda nga ensozi n'ennyonyi bimweyungako ne bitendereza a wamu naye. Era yamugondeza ebyuma n'aba nga tekimwetaagisa kumala kubisaanuusa na muliro, wabula ng'abikolamu kyonna ky'ayagala bulambalamba.

11. Aya eno etegeera nga Katonda bwe yatumira Nabbi Dauda nti akole amaganduula ag'ebyuma amagazi gasobole okukuuma oyo agamtadde mu ntalo. Era aganyweze mu kugaluka nga

12. Era yalina Sulaimani (okugondezebwa) empewo, nga we zitambulira ekitundu kyomusana ekyokunkya watambulirwa omwezi mulamba era nga we zitambulira ekitundu eky'olweggulo watambulirwa omwezi mulamba, era ne tumukulukusiza ensulo ez'ekikomo, nga ne mu mageege mulimu agakola wakati w'amaaso ge ku lw'okukkiriza kwa Mukama We. Nga eryo lyonna mu go eriva ku kiragiro Kyaffe, nga tuli-kombya ku bibonyobonyo by'omu-liro ogwokya,

13. Nga gamukolera ebyo (byonna) by'ayagala: (Nga) emizikiti n'ebifaa-nanyi (ebibumbe), n'ebiriirwako (ebinene) ebiringa ebidiba n'entamu (obwaguuga) ennyewu (ezitaggabwa mu kifo). (Ne tubagamba): Mukole (mmwe) abantu ba Dauda! (Mu) kwebaza (Katonda ku lw'ebyo bye yabawa). Wabula batono mu baddu Bange abeebaza.

وَلَسَلِّمْنَ الرِّيحَ عُدُوَهَا شَهْرًا وَ  
رَوَاحَهَا شَهْرًا وَأَسَلْنَا لَهُ عَيْنَ الْقِطْرِ  
وَمِنَ الْجِبِّ مَن يَعْمَلُ بَيْنَ يَدَيْهِ  
يَأْذِنُ رِبِّهِ وَمَنْ يَتَزَكَّرْهُمْ عَنْ أَمْرِنَا  
نَذِقْهُ مِنْ عَذَابِ السَّعِيرِ ﴿١٢﴾

يَعْمَلُونَ لَهُ مَا يَشَاءُونَ مِنْ مَّحَارِبٍ  
وَتَمَازِيلٍ وَجِبَابٍ كَالْجِبَابِ وَقُدُورٍ  
رُسَيْدٍ أَعْمَلُوا آلَ دَاوُدَ شُكْرًا وَ  
قَلِيلٌ مِّنْ عِبَادِيَ الشَّاكِرِينَ ﴿١٣﴾

ayisiganya amakowe gaago. Era yalagirwa, ye n'abantu be bakole emirimu emirungi egiiza omugaso gye bali.

12. Katonda bw'amaze okwogera ku byengera bye yagabira Nabbi Dauda n'atandika okwogera ku byengera bye yagabira Nabbi Sulaimani, mutabani wa Dauda. N'ategeza nga bwe yamugondeza empewo ne ziba nga zitambula mu nnamutaayiika w'obwengula, nga we zitambulira ekiseera eky'enkya watambulirwa omwezi mulamba. Ate era nga we zitambulira ekiseera eky'olweggulo, watambulirwa omwezi mulamba ku lw'okutuukiriza emigaso gya Nabbi Sulaimani ku lw'obuyinza bwa Katonda. Era n'amugondeza ekikome nga kikulukuta okuva mu ttaka ebyo nga byamagero bya Nabbi Sulaimani; okwo osseeko n'amageege, ago omuntu g'atasobola kulaba. Gaakolanga emirimu gya Nabbi Sulaimani, gyonna egyagalagirwanga (emirembe gibe ku ye).

13. Mwebaze Katonda olw'ebyo bye yabawa mmwe ab'ennyumba ya Nabbi Dauda nga mukola emirimu emirungi, nga okusaala, okusiiba n'okusaddaaka, Nabbi (s.a.w.) yagamba: "Mazinga okusaala okusinga okwagalwa eri Katonda Omugulumivu kwe kusaala kwa Nabbi Dauda. Yalinga okusaba kimu kyakubiri mu kiro. Ate nga asaalamu kimu ekyokusatu ne yebaka ekimu eky'omu-kaaga. Ate era okusiiba okusinga obulungi kwe kusiiba kwa Nabbi Dauda. Yalinga asiiba olunaku n'asiibulukuka olunaku." Katonda bwe yamala n'ategeza nga abantu bwe bali abatonno ennyo abasobola okwebaza ehyengera Katonda by'abawadde; wabula abasinga obungi Katonda bw'abagabira becyongera kumwerabira na kwesukkulumya. Omuntu ne bw'aba tasobola kumalayo kwebaza Katonda by'amugabira, era asaana agezecko okwebaza ekigero nga bw'asobola. Katonda yagamba nti: "Bwe muba nga mwebaza ehyengera bya Katonda temusobola kubikomekkerereza." N'okwebaza Katonda tekukoma ku lulimi kwokka; wabula kuteekwa kusibuka mu mutima, ne mu bigambo ne mu bikolwa wamu n'okukakasa mu mutima gwo nga bw'otosobola kumalayo kwebaza ebyo Katonda bye yakuwa ne by'akukolera.

14. Bwe twamala okumugerera okufa (Sulaimani, n'afa) tewali kyabalaga ku kufa kwe wabula ekiramu eky'omu ttaka (enkuyege ze zaamanya okufa kwe). Ne zirya omuggo gwe (ogwali gumuwaniridde). Bwe yamala okugwa amajinni ne gategeera nti singa gaali agamanyi eby'ewala ebitalabikako; tegandibadde mu kubonaabona okunyoomesa.

فَلَمَّا قَضَيْنَا عَلَيْهِ الْمَوْتَ مَا دَلَّهُمْ  
عَلَىٰ مَوْتِهِ إِلَّا دَابَّةُ الْأَرْضِ تَأْكُلُ  
مِنْ سَاتِهِ ۖ فَلَمَّا أَحْرَسْتِنَا إِخْتَفَىٰ  
لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ۚ الْغَيْبَ مَا لَبِثُوا فِي  
الْعَذَابِ الْمُهِينِ ﴿١٤﴾

15. Mazima baalina abantu b'omu (nsi) Saba mu maka gaabwe eky'okulabirako (obuyinza bwa Katonda): Baalina ennimiro (ku njuyi) ebbiri ku ddyo ne ku kkono: Mulye mu bigabwa bya Katonda wammwe era mumwebaze. (Baalina) Ekibuga ekirungi (eky'emirembe) ne Katonda Musonyiyi!

لَقَدْ كَانَ لِسَبَإٍ فِي مَسْأَلِهِمْ آيَةً ۚ فَجَاءَتْ  
عَنْ يَمِينِهِمْ وَشِمَالِهِمْ جُمُوعٌ مِنْ ذُرِّيِّ  
رَبِّكَمْ ۚ وَاشْكُرُوا لَهُ ۚ بَلَدًا طَيِّبَةً ۚ  
وَرَبُّ غَفُورٌ ﴿١٥﴾

16. Ne bava kw'ekyo ekyabalagirwa, kale ne tubasi ndikira mukoka a kuluggusa

فَاعْرَضُوا فَإِذَا سَلْنَا عَلَيْهِمْ سَبِيلَ الْعُرْوِ

14. Mu aya eno Katonda yannyonyola okufa kwa Nabbi Sulayimani (emirembe gibe ku ye). Sulayimani bwe yafa, tewali n'omu mu majinni ne mu bantu eyategeera nti afudde okuggyako enkuyege ezaatandika okulya omuggo gwe ogwali gumuwaniridde okutuusa lwe yagwa wansi oluvannyuma lw'omuggo okunafuwa ku lw'okuliibwa enkuyege. Olwo nno abantu n'amajinni ne bamanya nti yali yafa dda. Olwo n'amajinni ne gakkiriza nga bwe gatamanyi by'ewala ebitalabika; sso nga mu kusooka gaagamba nti gamanyi ebiri ewala: Kyegaava gagamba nti: Mazima singa twali tumanyi eby'ewala tetwandibadde mu kubonaabona na kwetawaanya nga tukola emirimu emizibu nga tulowooza nti Sulayimani gwe tukolera mulamu (atulaba) sso nga yafa dda.

Ekyo kiraga nti wadde amaanyi g'abantu n'obututumufu ka bibe bitya, biba bya kiseera buseera era byandigwaawo mu kaseera katono ddala nga n'okumanya temunnamanya; era ne kiraga nti ebikolwa ebyo ebikolwa abantu ku lw'amaanyi kyokka, nga n'amajinni bwe gaakola tebiba bya kuwangaala lubeerera; wabula ku ludda olulala, ebintu ebyewuunyisa byandyolekwa omuntu oyo anyoomebwa mu bulamu bunu obw'ensi, atalina *itutumu* n'akatono gamba nga zo enkuyege bwe zaamanya okufa kwa Sulayimani era ne ziba nga ze zaayoleka okufa kwe ng'abantu n'amageege tebategedde.

15. Saba linnya lya kika kya bantu abaali batuula ku ludda olwa ddyo olwa Yamani. Ekitundu ky'ensi yaabwe kyali kigimu nnyo. Baali balimi bakuukuutivu; ne bakola amaterekeru g'amazzi ge beetooloozanga ebbibiro nga mulimu emiryango; Bwe beetaaganga amazzi nga bagiggula okumala ekigero nga bwe baabanga beetaaze.

Katonda yabagamba balye beeyagale n'ebyo by'abawadde, kyokka bo ne bateebaza byengera Byc. Katonda oluvannyuma yabaggyako ebyo bye yali abawadde nga bwe kinannyonyolwa mu aya eddirira.

16. Abantu ba Saba bwe baava kw'ebyo Katonda bye yabalagira ne bateebaza era ne balekayo n'okukola emirimu emirungi Katonda gy'asiima ne beekuluntaza, n'abasindikira mukoka okulu-

amayinja (okuva ku bbibiro ly'amazzi) ne tubawaanyisizaamu mu nnimiro zaabwe zombiriri ennimiro bbiri ezirina ebyokulya ebikaawa, n'emiti egitabala n'emiti gya Sidri emitonotono.

وَبَدَّلْنَاهُمْ بِمَجْتَنِبِهِمْ جَتَّتَيْنِ ذَوَاتِي  
أَكْلِ خَمِطٍ وَأَثَلٍ وَشَيْءٍ مِّنْ  
سِدْرٍ قَلِيلٍ (١٧)

17. Eyo (nga y'empeera) gye twabasasula ku lw'okuwakanya kwabwe (ebyengera Byaffe). Abaffe tuboncreza ebibonerezo eby'engeri eyo (wabula abakaafiiri) abawakanya (ebyengera bya Katonda)?

ذَلِكَ جَزَاءُ يَوْمِ الْكُفْرِ وَأَهْلُ مَجْرِي الرَّالِ الْكُفْرِ (١٨)

18. Ne tussa, wakati waabwe n'ow'ebyalo ebyo bye twassaamu emikisa, ebyalo ebyetadde, ne tubigereramu (ebifo omuwummulirwa ebigonza) entambula, (ne tubagamba): Mubitamblemu ekiro n'emisana nga muli mirembe.

وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمْ وَبَيْنَ الْقُرَى الَّتِي  
بَرَكْنَا فِيهَا قُرًى ظَاهِرَةً وَقَدَّرْنَا فِيهَا  
السَّيْرَ سَيْرُوا فِيهَا لِيَالٍ وَإِنَّا مَا آمِنِينَ (١٨)

19. (Wabula ne batasiima byengera ebyo), ne bagamba: Mukama waffe! Wanjvuya wakati w'engendo zaffe. Ne beeryazaamaanya bokka, olwekyo ne tubafuula emboozu enyumizibwa (munsi). Ne tubayuzaa yuzalu yuzaa yuzalu

فَقَالُوا إِنَّا بَعْدُ بَيْنَ أَسْفَارِنَا وَ  
ظَلَمُوا أَنْفُسَهُمْ فَجَعَلْنَاهُمْ أَحَادِيثَ  
وَمَزَقْنَاهُمْ كُلَّ مَرْقِطٍ إِنَّ فِي ذَلِكَ

ggusa amayinja okutuusa n'ebbibiro ly'amazzi lwe lyayabika, ennimiro ne zizikirira ne mutandika okumeramu emiti egiina ebibala ebikaawa n'emiti egitabala ne Sidri omutonotono atalina ky'agasa.

18. Mu aya eno Katonda ategeeza eddembe abantu ba Saba lye baaliko n'obulamu obwesiiimsa, n'ebyalo ebiriraanye nga ebimu bikwataganye ne binnaabyo wamu n'okuba n'emiti emingi n'amalimiro omuli ebibala. Kale ng'omutambuze tekimwetaaza kusiba ntanda. Buli w'aba avudde ng'afuna bulungi emmere n'amazzi era nga abatambuze balina ebbanga eggere lye batambuliram n'emigiini, ebifo mwe baawummuliranga. Era nga baba mirembe awatali kutya kabi konna.

19. Abantu abo abayogeddwako mu aya eno baasaba Katonda, ne bagamba nti: "Katonda waffe, wonya engendo zaffe" ku lw'okwetamwa eddembe Katonda lye yali abawadde; ne baagala batambule mu malungu n'engendo empanvu ezeetaaga entanda n'okusanga ebizibu mu zo. Ne Katonda yayanukula okusaba kwabwe n'ababunya emiwabo ne bafuuka emboozu y'abantu nga banyumya ebyafaayo byabwe. Katonda kwe kumaliriza aya ng'agamba nti: "Mazima muli mw'ekyo" ekyaafaayo ky'abo obubonero obulaga obuyinza bwa Katonda eri buli alina okugumiikiriza mu kiseera ky'obuzibu, era ayeabaza Katonda kw'ekyo ky'aba amuwadde.

N'ebyo ebitungo ebibiri bisangibwa mu mukkiriza ow'amazima, oyo asubira empeera okuva eri Katonda.



(Iwonna—ne tubabunya emiwabo). Mazima mw'ebyo mulimu obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri buli mugumiikiriza, ayecebaza.

لَا تَأْتِي لِكُلِّ صَبَإٍ شَاكِرٌ ⑩

20. Era ddala sitaane (Ibliisa) yabakakizaako ekirowoozo kye, ne bamugoberera, okuggyako ekibiina mu bakkiriza.

وَلَقَدْ صَدَقَ عَلَيْهِمُ الْإِلَهِسُ كَذَابًا  
فَاتَّبَعُوهُ إِلَّا قَرِيْقًا مِّنَ الْمُؤْمِنِينَ ⑪

21. Era (sitaane) teyabalinaako buyinza bwonna wabula (twabagezesa) tumanye oyo akkiriza Olunaku Lw'enkomerero okuva kw'oyo ye alulinamu okubusabusa; ne Mukama wo Mukuumi ku buli kintu.

وَمَا كَانَ لَهُ عَلَيْهِم مِّن سُلْطٰنٍ إِلَّا لِنَعْلَمَ  
مَنْ يُّؤْمِنُ بِالْآخِرَةِ مِمَّنْ هُوَ مِنْهَا فِي  
شَكٍّ ۚ وَرَبُّكَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ حَفِيظٌ ⑫

22. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Musabe (babayambe) abo be mugamba (nti bakatonda) abatali Katonda Omutonzi! Tebafuga buzito bwa kanyinkuuli mu ggulu ne mu nsi, era tebalina mu byombiriri mugabo, era talina Katonda muyambi kuva mu bo (abo be muyita bakatonda).

قُلْ ادْعُوا الَّذِينَ رَعِمْتُمْ مِّن دُونِ  
اللَّهِ لَا يَمْلِكُونَ شَيْئًا وَثَقَالَتِ  
الْوِزَارَةُ عَلَىٰ الْأَرْضِ وَآلَهُمْ فِيهَا مَأْسَمٌ  
شَرِيكٌ وَمَالٌ كَثِيرٌ مِّنْ ظَهِيرٍ ⑬

23. Era tekugenda kugasa okuwolereza (kwabwe) w'Ali (Katonda) wabula

وَلَا تَنْفَعُ الشَّفَاعَةُ عِنْدَهُ إِلَّا لِمَنْ أُوذِنَ

21. Katonda bwe yali agoba sitaane mu kusaasira Kwe olw'okwekuluntaza n'ajeemera ebiragiro Bye, sitaane yamwegayirira amugumiikirizeeko, wabula Katonda ng'amaze okukkiriza okusaba kwe, awo we yawerera enkolokooto nga bw'alibuzabaddu ba Katonda abasinga obungi okuggyako abatono ennyo. Kale ekyo ky'ekirowoozo ekyogerwako wano.

Katonda ategeza nga abantu ab'amasitaane, Ibliisa bwe yabakakizaako ekirowoozo kye, bwe yasobola okubabuzababa nabo ne bamugoberera, ne babula nga bwe yaloozo okuggyako ekibiina ky'abakkiriza abo abasobola okujeemera sitaane wabula ne bakakatira ku mazima ago gasobole okutuuka ku buli yenna aba agaagala ne gamweyoleka n'amanya nti sitaane talina buyinza bumuwaliriza kumugoberera.

Katonda agamba nti: "Wabula sitaane aliwo Tulyoke tumanye oyo akkiriza okubaa wo kw'Olunaku Lw'enkomerero". Obukkiriza mubukuume obutakyukakyuka, obutafaana n'oyo akyalina okubusabusa—naye y'oyo agoberera sitaane n'abula okuva ku kkubo eggolokofu.

22. Mu aya eno Katonda ategeza nga bw'Ali Omu mu Bwakatonda Bwe. Agamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) agambe abo abamugattako, Ye Katonda, ebintu ebirala nti basabe abo be bayita bakatonda abatali Ye Omutonzi, babaletere ekyo ekibagasa oba babaggirewo akabi akaba kabatuuseeko. Ddala bo tebayinza kubaanukula kubanga tebalina bwannanyini mu ggulu ne mu nsi wadde ekigero ky'akanyinkuuli mu byombiriri era nga Katonda teyetaaga buyambi bwa ngeri yonna kuva eri abo be bamugattako mu kulabirira ebitonde Bye.

23. Mazima okuwolereza kwa bamalayika tekugenda kugasa ku Lunaku Lw'enkomerero mu

oyo gw'aliba akkiriza; okutuusa lwe kuliba okutya nga kuggyiddwa ku mitima gyabwe, ne bagamba nti: Kiki Mukama wammwe ky'agambye? (Bamalaika) ne bagamba nti: (Ayogedde) Mazima. Naye ye wa waggulu, Omunene.

24. Bagambe nti: Ani abagabira (ebiba-beezaawo) okuva mu ggulu ne mu nsi? Gamba nti: Katonda. Mazima ffe oba mmwe, waliwo ali ku bulungamu oba mu bubuze obweyolefu.
25. Bagambe nti: Temugenda kubuuzibwa kw'ebyo bye twayonoono, era (naffe) tetugenda kubuuzibwa kw'ebyo bye mukola.
26. Bagambe nti: Mukama waffe agenda kutugatta (atukunngaanyize mu kifo kimu ku Lunaku Lw'enkomerero), oluvannyuma alamule wakati waffe n'amazima. Naye ye Mulamuzi, Omumanyi.
27. Bagambe nti: Mundage abo be mungasseeko nga bannange. Nedda (si bwe kiri)! Wabula Ye ye Katonda Omutonzi (Ali Omu mu Bwakatonda Bwe), Ow'ekitiibwa, Omukakasa (mw'ebyo by'akola ne by'ayogera).

لَهُ حَتَّىٰ إِذْ أُنزِلَ عَنْ قُلُوبِهِمْ قَالُوا مَاذَا قَالَ رَبُّكُمْ قَالُوا الْحَقُّ ۖ وَهُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ﴿٢٣﴾

قُلْ مَنْ يَرْزُقُكُمْ مِنَ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ قُلْ اللَّهُ وَإِنَّا أَوْلَىٰكُمْ لَعَلَّ هُدَىٰ أَوْ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٢٤﴾

قُلْ لَا أَسْأَلُكُمْ عَمَّا أَجْرَمْنَا وَلَا نَسْأَلُ عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٢٥﴾

قُلْ يَجْمَعُ بَيْنَنَا رَبَّنَا ثُمَّ يَفْتَحُ بَيْنَنَا بِالْحَقِّ ۖ وَهُوَ الْفَتَّاحُ الْعَلِيمُ ﴿٢٦﴾

قُلْ أَرُونِي الَّذِينَ أَحَقُّكُمْ بِهٖ شِرْكَاءَ كَلَاهُ بَلْ هُوَ اللَّهُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٧﴾

maaso ga Katonda, mpozzi eri oyo gw'alikiriza okuwolereza: Nakwo kulibaawo oluvannyuma lw'okuva mu kutya okuliba kubisse emitima gyabwe olw'entiisa y'olunaku olwo. Bwe balimala abantu okuddamu amagezi ne babuuzza bamalayika ne babaddamu nti: Agambye ekigambo kya Mazima. Ekitegezza nti, Katonda akkiriza okuwolereza abakkiriza abo abatamugattangako bintu birala. Era Ye Katonda ye Wa waggulu, Omukulu alina okulamula abaddu Be nga bw'ayagala.

24. Katonda yalagira Nabbi We Muhammadi (s.a.w.) abuuze abakafiiri abo abamugattako ebintu ebirala ebibuuzo ebyo, nate n'amugamba abaddemu nga bw'Ali Katonda Omutonzi abagabira sso ssi bakatonda ab'obulimba be basaba kuba nga bo tebalina buyinza mu nsi ne mu ggulu. Era yamulagira abategeze nga ku bo ebibiina ebibiri bwe waliwo abali ku bulungamu nabo nga be Basiraamu, ate abalala ne baba nga bali mu bubuze obweyolefu, abo abaddira ebyo ebitasobola kubagabira ne babifuula ba katonda.

25. Katonda era yalagira Nabbi abagambe nga bo abakkiriza bwe batalibuuzibwa kw'ebyo abakkiriza bye baasobywa mu maaso ga Katonda, era nga nabo abakkiriza bwe batalibuuzibwa kw'ebyo abatakkiriza bye bakola. Wabula buli omu agenda kubuuzibwa lulwe yekka; abonereze bwe bw'aba nga yakola ebibi oba asasulwe empeera bw'aba nga yakola ebirungi Katonda by'asiima.

28. Tetwakutuma (Ggwe Muhammadi) wabula eri abantu bonna ng'oli mubuulizi asanyusa abakkiriza era ng'oli mutiisa (atiisa abajecmu); naye mazima abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا كَافَّةً لِّلنَّاسِ بَشِيرًا  
وَنَذِيرًا وَلَٰكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٢٨﴾

29. Ne bagamba nti: Eribaa wo ddi endagaano (gye mutulagaanyisa ey'okutuuka kw'Enkomerero) bwe muba nga mwogera mazima?

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَٰذَا الْوَعْدُ إِن كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ﴿٢٩﴾

30. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mulina endagaano mu lunaku lwe mutalirindirizibwa kiseera kyonna era lwe mutaliyanguyizibwa (kuzikirizibwa nga ekiseera tekinnatuuka).

قُلْ لَكُمْ مِيعَادُ يَوْمٍ لَا تَسْتَأْخِرُونَ  
عِنْدَهُ سَاعَةً وَلَا تَسْتَقْدِمُونَ ﴿٣٠﴾

31. Ne bagamba abo abaawakanya (Nabbi). Tetujja kukkiriza eno Kuraane wadde ebyo (ebitabo) ebiri wakati w'amaaso gaayo (ebyajja oluberyeberye lwayo); naye singa oliraba abo abalyazaamaanyi (abagaana okukkiriza) nga bayimirizibwa mu maaso ga Mukama waabwe, nga abamu bazza ebigambo (eby'okunenyagana) eri bannaabwe; nga bagamba obo abaanafuyizibwa (mu nsi—abagoberezi) nga bagamba eri abo abeekuza (abaagobererwa) nti: Singa temwali mmwe (kutubuza) mazima twalibadde bakkiriza!

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ نُؤْمِنَ بِهَٰذَا  
الْقُرْآنِ وَلَا بِالَّذِي بَيْنَ يَدَيْهِ وَلَوْ  
تَرَىٰ إِذِ الظَّالِمُونَ مَوْتُوا فَوُجُوهًا  
لَّهُمْ يَتَوَرَّجُونَ بَعْضُهُمْ إِلَىٰ بَعْضٍ  
يَقُولُ الَّذِينَ اسْتَضَعُوا الَّذِينَ  
اسْتَكْبَرُوا لَوْلَا أَنكُم لَكُنَّا مُؤْمِنِينَ ﴿٣١﴾

32. Abo abeekuza (abaagobererwa bagambe) eri abo abaanafuyizibwa: Ffe twabaziyiza ku Bulunngamu oluvannyuma lw'okubajjira? (Nedda), wabula mmwe, mwennyini mwali bonoonyi.

قَالَ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا الَّذِينَ اسْتَضَعُوا  
أَنكُم صَدَدٌ دَلَّكُمْ عَنِ الْهُدَىٰ بَعْدَ إِذْ  
جَاءَ الْكُفْرَ لَوْلَا أَنكُم مُّجْرِمِينَ ﴿٣٢﴾

29. Abo abajecmu abatakkiriza kubaayo Kuzuukira baabuuzanga ababaka ba Katonda abatu-middwa gye bali nti: "Lulituuka ddi Olunaku lw'endagaano y'Okusasulwa kwaffe, abatakkiriza ne tusingira omuliro, mmwe abakkiriza ne musingira Ejjana Ennyumba Ey'emirembe bwe muba nga mwogera mazima nti waliyo Olunaku olw'alagaanyizibwa?"

- 33. N'abo a baana fuyizibwa bagambe eri abo abee kuza (abaagobererwa). (Nedda ssi bwe kyali) wabula (zaali) enkwe ze mwasalanga ekiro n'emisana (ez'okutuziyiza okukkiriza) mu kiseera bwe mwalinga mutulagira tuwakanye (Obwomu bwa) Katonda tumuteekeko bakatonda abalala. Ne bakweka mu mitima gyabwe okwejjusa bwe baliba bamaze okulaba ebibonyobonyo; ne tussa ebikoligo mu nsingo z'abo abaakaafuwala. Abaffe, balisasulwa wabula ebyo bye baali bakola?
- 34. Era tetutumanga mu kyalo (kyonna) mubaka yenna, wabula baagambanga aba waggulu baamu (abagagga, n'abafuzi) nti: Mazima ffe tuwakanyizza ebyo by'otumiddwa nabyo.
- 35. Ne bagamba nti: Tubasinza (mmwe) emmaali n'abaana, era tetuli ffe ba kubonyabonyezebwa!
- 36. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima Mukama wange agaziyyiza eby'okufana eri oyo gw'aba ayagadde ate n'abifundiza (oyo gw'aba aya-gadde). Naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَقَالَ الَّذِينَ اسْتَضَعُوا الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا  
 بَلْ مَثْوٍ إِلَيْهِمُ وَالنَّهَارِ لِذَاتِ مَا مَرُونَا أَنْ  
 تَكْفُرُوا بِاللَّهِ وَتَجْعَلُ لَهُ أَدْنَىٰ آثَانًا وَأَسْرُوا  
 النَّدَامَةَ لِلنَّارِ أَوْ الْعَذَابِ وَجَعَلْنَا  
 الْغُحُلَ فِي آعْيَانِ الَّذِينَ كَفَرُوا هَلْ  
 يُحْزَنُونَ إِلَّا مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٣٣﴾

وَمَا أَرْسَلْنَا فِي قَرْيَةٍ مِّنْ نَّذِيرٍ إِلَّا  
 قَالَ مُتْرَدُونَ هَٰذَا آيَاتُنَا بِرَبِّهِ  
 لَكْفُرُونَ ﴿٣٤﴾  
 وَقَالُوا لَوْ كُنَّا نَسْمَعُ أَوْ نَعْقِلُ  
 مَا كُنَّا بِمُعْذِيبَةٍ ﴿٣٥﴾  
 قُلْ إِنْ رَبِّي يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ  
 وَيَقْدِرُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا  
 يَعْلَمُونَ ﴿٣٦﴾

34. Mu aya eno Katonda yategeza Nabbi nga bw'atasaanye kweraliikirira ku lw'abatutumufu nga bannaggaga n'abakungu mu Bakurayish okumulimbisa kubanga n'ababaka bonna abamukulembera baalimbisi bwanga abantu ab'ettutumu mu bitundu gye baatumibwanga. Era kimanyiddwa bulijjo nti abantu aba wansi be baasookanga okukkiriza bannabbi n'okubagoberera. Okugeza nga abantu ba Nabbi Nuuhu baamugamba nti: "Abaffe, tukugoberere nga tulaba abasoose okukugoberera (be bantu) aba wansi?"

Era tolaba Harikali bwe yabuza Abu Sufiyane nga ayagala okumanya amazima ga Nabbi Muhammadi? Yamugamba nti. "Abamugoberede ba wansi oba ba waggulu (ab'ebitiibwa)?" Abu Sufiyane n'adamu nti: "Ba wansi". Harikali n'amugamba nti: "Aba wansi be bagoberezi b'ababaka."

36. Katonda agaziyyiza ebyokufuna muno mu nsi eri gw'aba ayagadde era n'abifundiza oyo gw'ayagadde ku lw'okubagezesa.

Naye ekyo tekitegeza nti oyo Katonda gw'aba awadde emmaali ne ku Lunaku lw'enkomerero agenda kuba mulongoofu. N'olw'ekyo temulowoozanga nti emmaali yammwe n'abaana hammwe biribagasa ku Lunaku lw'enkomerero bwe muliba nga temukoze mirimu mirungi egyo Katonda gyasiima.

37. Teli emmaali yammwe wadde abaana bammwe nga ky'ekyo ekiribasembeza okumpi n'awali Katonda, wabula oyo aba akkiriza n'akola emirimu emirungi (Katonda gy'asiima y'atusemberera we Tuli). N'abo baliba n'empeera ezongezebwa ku lw'ebyo bye baakola, nabo bagenda (kubaera) mirembe mu nnyumba eza kayina (mu Jjana).

38. N'abo abanyiikira okwonoona obujulizi n'ensonga Zaffe, nga balesesa (Bannabbi Baffe okutuukiriza Obubaka), abo ba kusembezebwa mu bi-bonyobonyo.

39. Gamba nti: Mazima Katonda wange agazi yiza ebyokufuna kw'oyo gw'aba ayagadde mu baddu Be, ate n'abimufundiza (oyo gw'ayagadde). N'ekyo kyonna ekintu kye muba mugabye (ku lw'obulungi) naye akisikiza (akizzaawo). Naye ye mulungi okusinga abagabi bonna.

40. (Bajjukize) n'olunaku lwe tuli bakunngaanya bonna, oluvannyuma aligamba Bamalayika: Abo mmwe be baali basinza?

وَمَا أَمْوَالُكُمْ وَلَا أَوْلَادُكُمْ بِالَّتِي تُقَرَّبُكُمْ  
عِنْدَنَا نَأْتِي إِلَّا مَنْ أَمِنَ وَعَمِلَ  
صَالِحًا زَكَاةً وَلِلَّهِ لَمَهُمْ جَزَاءُ الضَّعِيفِ  
بِمَاعِيهِمْ وَأَوْهُمْ فِي الْعُرْفَةِ أَمُونٌ ③٧

وَالَّذِينَ يَسْعَوْنَ فِي آيَاتِنَا مُعْجِزِينَ  
أُولَئِكَ فِي الْعَذَابِ مُحْضَرُونَ ③٨

قُلْ إِنْ رَأَيْتَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ  
مِنْ عِبَادِهِ وَيَقْدِرْ لَهُ وَمَا تَقْتُمُ  
مِنْ شَيْءٍ فَهُوَ مُحْفَلٌ لَهُ وَهُوَ خَدِيرٌ  
الرِّزْقِينَ ③٩

وَيَوْمَ يُحْشَرُهُمْ مِمَّا عَاثَمُوا يَوْمَ السَّائِلَةِ  
أَهُؤْلَاءُ مَا كَانُوا يَعْبُدُونَ ④٠

37. Emmaali evumiddwa n'abaana by'ebyo byombiriri ebyongera okubuza omuntu ne yecrabra Katonda n'Obulamu Obw'enkomerero.

Naye singa eba nga mmaali nnungi efuniddwa mu makubo amatuufu nga n'omwana mulongoofu, ekyo kiba kyengera Katonda ky'aba amuwadde.

39. Buli kyonna kye muba mugabye mu makubo Katonda ge yabalagira n'ago ge yabakkiriza. Katonda alibaddizaawo kuno ku nsi. Ate n'abasasula empeera yaakyo mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Era Katonda ye mugabi omulungi okusinga abagabi bonna.

40. Katonda ategeciza nga bw'alikunngaanya abakafiiri abo abasinzanga amasana mu ge baagambanga nti babasinza balyoke babasembeze mu maaso ga Katonda ku lunaku olwo Katonda alibuza oluvannyuma lw'okukunngaanya ebitonde nti: "Mmwe mwalagira abo babasinze?" Era nga bwe yagamba mu Ssuula Al-Furkaan (25) nti: Mmwe mwabuzza abaddu Bange bano obo be baabulwa ekkubo eggolokofu?" Era nga bw'alibuza Nabbi Issa (okusaasira kwa Katonda kube ku ye) nti: "Ggwe wagamba abantu nti mufuule nze ne nnyabo bakatonda ababiri atali Katonda Omutonzi?" Issa aligamba nti "Okawula Kukwo: Saalina nze kwogera ekyo ekitali kyange (kye simanyiiko)." Olwo buli bantu bonna abasinzanga ebitali Katonda baliswazibwa mu maaso ge'ebitonde, abo be baalinga bayita bakatonda baabwe bwe balibeegeana.

41. Ne bagamba nti: Okwawulwa Kukwo!  
Ggwe Mukama waffe (gwe twesiga mu byonna) sso ssi bo! Wabula baali basinza mageege (majinni); abasinga obungi mu bo baali ge bakkiriri-zaamu.

قَالُوا سُبْحَانَكَ أَنْتَ وَلِيْنَا مَنْ دُررِهِمْ  
بَلْ كَانُوا يَعْبُدُونَ الْجِنَّ أَكْثَرَهُمْ  
بِهِمْ مُؤْمِنُونَ ﴿٣٦﴾

42. (Katonda alibagamba): Olwa leero abamu tebajja kufunira bannaabwe mugaso oba akabi. Tujja kugamba abo abaalyazaamaanya nti: Mukombe ku bibonyobonyo by'omuliro ogwo gwe mwalinga mulimbisa (okubaayo kwagwo nga mukyali ku nsi).

قَالُوا وَمَا يَمْلِكُ بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ نَفْعًا  
وَلَا ضَرًّا وَنَقُولُ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا ذُررًا  
عَذَابَ النَّارِ الَّتِي كُنْتُمْ فِيهَا كَاذِبِينَ ﴿٣٧﴾

43. Bwe baba nga basomeddwa ebigambo Byaffe ebinnyonyofu, bagamba: Tali ono (Muhammadi) wabula omusajja ayagala okubaziyiza kw'e-byo bakitammwe bye baalinga basinza, ate ne bagamba nti: Teri eno (Kuraane gy'azze nayo) wabula bulimba obugunje. Era ne bagamba abo abawakanya amazima bwe gamala okubajjira: Tebiri bino wabula eddogo eryeyolefu.

وَإِذَا انشَلَقْنَاهُمُ انشِلَاقًا  
مَاهْدًا إِلَى رَجُلٍ يُرِيدُ أَنْ يَصُدَّكُمْ  
عَمَّا كَانُوا يَعْبُدُونَ أَمْ لَهُمْ آهَانًا  
إِلَّا أَنْفُكَ مُفْعَرًا وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا  
لَلْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ إِنَّ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُرْسِلٌ ﴿٣٨﴾

44. Tetwabaleetera bitabo bye basoma (oluberyeberye Iwa Kuraane eno), era nga tetubatimiranga oluberyeberye Iwo (Ggwe Muhammadi) mutiisa — (Omubaka abatiisa ebibonerezo bya Katonda, bano ab'omulembe gwo balyoke bagambe nti buno bulimba).

وَمَا آتَيْنَاهُمْ مِنْ نَبِيٍّ يَدْرُسُونَهَا وَمَا  
أَرْسَلْنَا إِلَيْهِمْ قَبْلَكَ مِنْ نَذِيرٍ ﴿٣٩﴾

41. Bamalayika baliddamu Katonda nga beegaana ebyo ebibagambiddwa. Baligamba nti: "Wayawukana n'ogulumira okukugattako ebintu ebirala mu Bwakatonda Bwo ffe tuli baddu Bo. era abo tubeegaanye--baalinga basinza sitaane." Ekyo nga kitegeeza nti sitaane ye yabalagiranga okusinza ebifaananyi n'ababuza.

44. Katonda yali tatumanga mubaka yenna mu Bawarabu oluberyeberye Iwa Mubammadi (s.a.w.) era yali tassanga mu bo kitabo kyonna okuggyako Kuraane. Era buli kiseera baabanga bagamba nti: Singa alitujjira omubaka, tugenda kulunnigama okusinga ab'ebibiina ebyasooka. Katonda bwe yatuma Nabbi Muhammadi ng'ava mu bo ate ne bamuwakanya teekako n'okumulimbisa.

45. Baalimbisa (Bannabbi) abo abaabasooka, (kale nga bano ab'omulembe gwo Ggwe Muhammadi) tebannatuuka na ku kimu kya kkumi mw'e-byo bye twabawa abo abaabasooka, naye ne balimbisa ababaka Baffe. Ngeri ki bwe kwali okubabonereza (Kwange)?

وَكذَّبَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَمَا بَعَثُوا  
مُعْتَشَرًا مَأْتِيَهُمْ فَكَذَّبُوا رُسُلِي ت  
فَكَيْفَ كَانَ تَكْدِيرِي ﴿١٥﴾

46. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mbabuulirira n'ekigambo kimu (kyokka ekiri nti): Muyimuke ku Iwa Katonda ababiri-babiri ne kinnoomu, oluvannyuma mufumiitirize mutegeere nti: Munnamwewe ssi mulalu. Era tali ye wabula omutiisa wammwe (abatiisa ebibonerezo bya Katonda ebiyitirivu). Wakati w'amaaso ge waliwo ebibonyobonyo ebiyitirivu.

قُلْ إِنَّمَا أَعْطَاكُمْ بِوَاحِدَةٍ أَنْ تَقُومُوا  
لِلَّهِ مَعْتَشِرًا وَقُرْأَى تَمْ تَفْكَرُوا مَا  
بِصَاحِبِكُمْ مِّنْ جُنْدٍ أَنْ هُوَ الْإِنْدِي  
لَكُمْ بَيْنَ يَدَيِ عَدَاِبٍ شَدِيدٍ ﴿١٦﴾

47. Bagambe nti: Sibasaba mpeera yonna yonna (ya kunzikiriza). Nayo empeera eyo yammwe. Teli mpeera yange wabuli eri eri Katonda. Naye y'ajulira buli kintu.

قُلْ مَا سَأَلْتُكُمْ مِّنْ أَجْرٍ فَبِعَوْنِكُمْ  
أَنْ أَجْرِي إِلَّاءَ عَلَى اللَّهِ وَهُوَ عَلَى كُلِّ  
شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿١٧﴾

48. Bagambe nti: Mazima Mukama wange akasuka amazima (ng'akuba obulimba), — Ye Mumanyi w'E-bye'wala Ebitalabikako.

قُلْ إِنَّ رَبِّي يَقْذِرُ بِالْحَقِّ عَآلَمَ  
الْغُيُوبِ ﴿١٨﴾

45. Amakulu agategeezebwa wano gali nti ebibiina by'abantu abaakulemba baali ba maanyi era nga bannaggagga naye bano bo Abawarabu Abakuraish tebannabatuuka na kimu kyakkumi okugeraageranya n'ebyo bali bye baafuna, naye olw'okulimbisa ababaka ba Katonda, Katonda yabazikiriza.

46. Katonda yagamba Nabbi we Muhammadi (s.a.w.) nti: "Gamba abo abatakkiriza abakuyita omulalu nti: Mbasaba ekigambo kimu kyokka: mugoiokoke ku Iwa Katonda awatali kugoberera kwagala kwammwe. Buli omu yeebuuze ku munne era buli omu afumiitirize ku ngeri ya Muhammadi:- Amazima gajja kubeyolekera nga : Nabbi bw'atali mulalu wabula Omubaka wa Katonda ow'amazima mw'ebyo by'agamba era abatiisa ebibonerezo bya Katonda singa munaaba mulemedde ku bukafiri."

48. Katonda addira amazima n'agakuba obulimba ne busaanawo. Naye y'amanyi ebyo byonna ebitalabikako n'ebirabika tewali kintu na kimu kimwekweka.

49. Bagambe nti: Amazima gaze, tebukyazzibwawo obulimba era ssi bwa kudda.

قُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَمَا يُبَدِّلُ الْبَاطِلَ  
وَمَا يُعِيدُ ﴿٤٩﴾

50. Bagambe nti: Bwe mba nga mbuze, mazima mba mbuze ku lwange, ate bwe mba nga nunngamye mba nunngamye ku lw'ebyo Mukama wange by'antumira. Mazima Ye Awulira, Ali okumpi (Awulira ebigo by'abaddu Be era ayanukula okusaba kw'amusabye).

قُلْ إِنْ ضَلَلْتُمْ فَإِنَّمَا أَضِلُّ عَلَى  
نَفْسِي وَإِنِ اهْتَدَيْتُمْ فِيمَا أُوحِيَ إِلَيَّ  
رَبِّي إِنَّهُ سَمِيعٌ قَرِيبٌ ﴿٥٠﴾

51. Singa oliraba mu kiseera (abakafiri) bwe balitiisibwa ku Lunaku Lw'enkomerero, tewaliba buddukiro (ku bo) era balikwatibwa nga baggibwa mu kifo eky'okumpi (ennyoy).

وَلَوْ تَرَى إِذْ فِرَعَوْنَ قُلُوبًا وَأُجْرَدًا  
مِّنْ مَّكَانٍ قَرِيبٍ ﴿٥١﴾

52. Ne bagamba nti: (Kati) tubukkirizza (Obubaka Nabbi bw'azze nabwo). Wa gye baliggya okukkirizza nga okuva mu kifo okukkirizza (kwabwe) mwe kwandikiririzibwa,

وَقَالُوا آمَنَّا بِهِ وَأَنَّى لَهُمُ التَّنَاطُشُ  
مِّنْ مَّكَانٍ بَعِيدٍ ﴿٥٢﴾

53. Nga ddala baawakanya (Amazima) oluberyeberye (nga bali ku nsi), era

وَقَدْ كَفَرُوا بِهِ مِنْ قَبْلُ وَيَقْدِرُونَ

49. Ekikulu ekitegeezebwa kiri nti: Amazima gaze okuva eri Katonda nago ge mateeka Nabbi Muhamadi g'azze nago agali mu Kuraane.

Bwo obulimba ne bukoma bwonna ne busaanawoera n'amakubo gaabwo ne gaggwaawo n'olw'ekyo ssi bwa kudda.

51. Katonda agamba nti singa oliraba Ggwe Muhammadi bwe baliba abo abalimbisa Okuzuukira nga bakankana n'okutiitiira olw'ebitiiso by'Olunaku Lw'okuzuukira ne baba nga tebalina buddukiro, ne bakwatibwa mu kiseera, ekyo, oliraba ekigambo ekinene.

52. Abakafiri bwe balimala okulaba ebitiiso by'Olunaku Lw'enkomerero baligamba mu kiseera ekyo nti: "Tukkirizza Katonda nga bw'Ali Omu ne bamalayika Be n'Ebitabo Bye n'ababaka Be be yatuma nga bwe bali ab'amazima.

Wano Katonda kwe kugamba nti: "Engeri bwe bakkirizza nga bamaze okuva, mu kifo (ku nsi) okukkirizza mwe kukkiririzibwa ne batuuka mu Bulamu Obw'oluvannyuma — Nga nakyo kifo kya kusasula abo abakkirizza Amateeka ga Katonda kuno ku nsi sso ate kyo si kifo kya kukkiririzaamu. Sing bakkirizza Katonda nga bakyali ku nsi ne bakola emirimu Katonda gy'ayagala, okukkirizza kwabwe kwandibagasizza. Naye oluvannyuma lw'okutuuka mu Bulamu Obw'oluvannyuma, tebalina kkubo lyonna linaabatusa ku kukkirizisa Katonda bukkirizza bwabwe. Ekyo lwa kubanga ekiseera kiriba kyabayitako dda.

53. Ngeri ki bwe kunakkirizibwa okukkirizza kwabwe nga baawakanya dda ne ssekuwakanya, Amazima nga bakyali kuno ku nsi ne bakasuka ebirwoowo byabwe, eby'ohulimba kw'ebyo Eby'e-



nga bakasuka (ebirowooza eby'obulimba) ku bigambo eby'ewala ebitalbikako (ebimanyiddwa Katonda yekka) mu kifo eky'ewala.

بِالْغَيْبِ مِنْ مَّكَانٍ بَعِيدٍ ﴿٥٣﴾

54. Ne wasiikirizibwa wakati waabwe ne wakati w'ebyo bye baagala, nga bwe baakolebwa bannaabwe(abaali) baba-faanana (mu butakkiriza) oluberyeberye lwabwe (bano). Mazima bo baali mu kubuusabuusa okutekkaanya.

وَجِيلَ بَيْنَهُمْ وَبَيْنَ مَا يَشْتَهُونَ كَمَا  
فُعِلَ بِأَشْيَاعِهِمْ مِمَّنْ قَبْلُ ط إِنَّهُمْ  
كَانُوا فِي شَاكٍ مُّرِيبٍ ﴿٥٤﴾

wala bye batamayi mu kifo ekiri ewala n'obutuufu, mu kiseera bwe baalimbisa Nabbi olulimbisa, ne bagamba nti: Mulalu ate oluusi ne bagamba nti mulogo n'olulala ne bagamba nti mulaguzi oba muyiyya wa nnyimba (bitontome) kale ebyo by'ababuulira y'abyeyiyyiza. Waliwo ne lwe baagamba nti by'abasomera (obubaka) muntu mulala y'abimuyigiriza ye n'alyoka abiwanduukulala. Ate n'ekirala nga bagamba nti teri kuzuukira. Ebyobyonna nga babyogera nga balowoolereza bulowoolereza sso nga tebabiggya ku kumanya.

54. Baali babuusabuusa okubuusabuusa okwabalecetera obutekkaanya mw'ebyo ebyabaleceterwa


## EBIFA KU SSUULA FAATIR MU BUFUNZE (35)

Essuula eno yakkira Makka. Eytibwa Faatir (Omutonzi) oba AI-Malaa'ika (Bama-laika) okuva mu aya esooka ku Ssuula.

Mu kiseera we yakkira, akanyoolagano k'abatakkiriza n'Obusiraamu kaali kalin nye wansi ne waggulu, ng'abalabe b'Obusiraamu bakola buli kyakko kyonna ekisoboka mu keefubiriro k'okulemesa Nabbi (s.a.w.) okutuusa Obubaka.

Obubaka bw'essuula eno bugenderera okumenya n'okulabula abantu b'omu Makka n'abakungu baabwe olw'ebikolwa byabwe ebyekko nga balafuubanira okulemesa Nabbi okutuusa Obubaka bw'Okusinja Omutonzi Omu — Nga bategeezebwa nti ebikolwa eby'enziro ebyo n'enkwe zaabwe nga baagala balemese Obusiraamu akabi kaabyo kaali kadda gye bali kubanga mu nkomerero ya byonna mu buli ngeri be baali ab'okufiirwa; sso nga bwo Obubaka bwa Nnabbi bwali ku lwa bulungi bwabwe. Abatakkiriza baweebwa ebyokulabirako bingi ebiraga wamu n'okukakasa Obwomu n'Obuyinza bwa Katonda Omutonzi basobole okufumiitiriza bamatire nga enzikiriza ya Shirik (okusinza bakatonda abangi) bw'eteriimu muganyulo gwonna wadde omulamwa okuggyako oku<sup>u</sup>ssuula oyo yenna agikkiririzaamu mu ddubi.

Ye Nabbi Ow'ekitiibwa (s.a.w.) agumizibwa omuddirirwa nti kasita aba nga ali ku gwa kubuulirira Mazima mu ngeri gy'akakatirwa, tavunaanyizibwa kw'abo bonna abaguggubirira mu bubuze ne bagaana okukwata Ekkubo ettuufu kubanga akabi k'obutakkiriza bwabwe ka kudda gye bali. Era Nabbi (s.a.w.) agambibwa nti teyennyamira n'akatono olw'abo abatakkiriza oba yadde okwerumya obulamu bwe nga alafuubanira mbu abalungameye okuggyako asaanye afe kw'abo bokka abamugoberera. N'olwekyo abakkiriza basanyusibwa n'amawulire amalungi balyoke bagume era baddemu essuubi olw'okwekwata ku Kkubo ettuufu erya Katonda.



## ESSUULA FAATIRI (35)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 5 ne Aya 45

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Buli kitendo (kyonna) kya Katonda Omutonzi w'eggulu n'ensi, eyassaawo bamalayika ababaka abalina ebiwawaatiro, ow'ebibiri n'ow'ebisatu n'ow'ebina. Ayongera ku kutonda ekyo ky'ayagala. Mazima Katonda Muyinza ku buli kintu.
2. Ekyo Katonda ky'aba agguliddewo abantu mu kusaasira (Kwe) tewali akiziyiza; n'ekyo ky'aba aziyizizza tewali wa kukiyaasawo (kibatuuke) oluvannyuma Lwe, Naye ye w'Ekitiibwa, Omukakasa (w'ebigambo).
3. Abange mmwe abantu! Mujjukire ekyengera kya Katonda kye yabagabira! Abaffe waliwo Omutonzi omulala atali Katonda abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Tewali Katonda mulala asinzibwa wabula Ye yekka. Ngeri ki nate bwe mukyuka (okuva ku kusinza Katonda Omutonzi ne musinza ebyo ebitali Ye)?

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الْحَمْدُ لِلَّهِ فَاطِمَةَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
جَاعِلِ الْمَلَائِكَةَ رُسُلًا أُولَىٰ أَجْنَحَةٍ  
مَّثْنَىٰ وَثُلَّةَ ۖ وَلِرَبِّهِمْ فِي السَّمَاوَاتِ  
مَا يَشَاءُونَ ۗ إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ①

مَا يَهْتَفِ اللَّهُ لِلنَّاسِ مِنْ رَحْمَةٍ فَلَا  
مُمْسِكٍ لَهَا وَهِيَ كَمُنْثَىٰ ۖ فَلَا يُرْسِلُ  
لَهُ مِنْ بَعْدِهَا ۗ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ②

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اذْكُرُوا النِّعْمَةَ الَّتِي عَلَيْكُمْ ۗ هَلْ  
مِنْ خَالِقٍ غَيْرِ اللَّهِ يَرْزُقُكُمْ مِنَ السَّمَاءِ  
وَالْأَرْضِ ۗ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ ۚ فَانِ تَوَكَّلُوا ③

1. Katonda yatandika essuula eno n'okutenda Oyo eyatandikawo eggulu n'ensi awataali kifaananyi kyakulemba. Era n'assaawo bamalayika nga babaka wakati We ne Bannabbi, nga balina ebiwawaatiro ebibayamba ku kubuuka, singa baba batumiddwa mu bwangu. Abamu mu bo nga balina ebiwawaatiro bibiri abalala ba bisalu nga n'abalala balina bina ate n'aba ng'ayongera ku muwendo ogwo nga bw'ayagala.

Nga Nabbi (s.a.w.) bwe yagamba mu kunyuma ku Malayika Jibriilu nti: "Nalaba Malayika Jibriilu mu kiro lwe natwalibwa e Jerusaalimu (Bayitul Makdis) ng'alina ebiwawaatiro Lukaaga."

2. Wano Katonda ategeeza nga ddala ekyo ky'aba ayagadde kiberewo kibaawo. N'ekyo ky'aba tayagadde tekisobola kubaawo era tewali yenna amma oyo gw'aba awadde, era tewali awa oyo gw'aba ammye.

4. Bwe baba nga bakulimbisizza (Ggwe Muhammadi), mazima baalimbisibwa ababaka (ba Katonda) abaakukulembera. N'eri Katonda ebigambo byonna gye bidida.
5. Abange abantu! Mazima endagaano ya Katonda ya mazima. Kale tebutagayaalizanga ddala obulamu bw'ensi era tabagayaalizanga ddala (olukookere lwa sitaane) omulimba okubawukanya ne Katonda.
6. Mazima Sitaane mulabe wammwe ow'olulango nammwe mumufuule omulabe. Mazima akoowoola eki-biina kye (abagoberezi be) balyoke babeere mu bannannyini kuba mu Muliro ogubuubuuka.
7. Abo abawakanya (Obwomu bwa Katonda), balina ebibonyobonyo ebityitirivu, n'abo abakiriza ne bakola emirimu amirongoofu, balina okusonyiyibwa n'empeera ennene (awali Katonda).
8. Abaffe oyo eyalungiyizibwa omulimu gwe omubi n'agulaba nga mulungi, (yenkana n'oyo omulungamu)? Mazima ddala Katonda abuza oyo gw'aba ayagadde okubuza, n'alunnganya oyo gw'ayagadde okulunnganya; kale teweggyangamu omwoyo ku lwabwe ku lw'okubalimirwa (abo abatakiriza). Mazima Katonda amanyi ebyo bye bakola (era agenda kubibavunaana).

وَأَنْ يَكْفُرُ بِكَ فَكَدَّبْتُ مُنَافِقِينَ  
 قَبْلِكَ وَإِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ ﴿٣٥﴾

يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ فَلَا  
 تَغُرَّبَلُوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَلَا يَغُرَّبَلْكُمْ  
 بِاللَّهِ الْعَرُورُ ﴿٥﴾

إِنَّ الشَّيْطَانَ لَكُمْ عَدُوٌّ فَاتَّخِذُوا عَدُوَّ  
 إِبْرَاهِيمَ إِذْ جَاءَ بِهٖ لِبَنِي إِدْرِيسَ مِنَ السَّعِيرِ ﴿٤﴾

الَّذِينَ لَفَّوْا بِهِمُ عَدَابَ شَدِيدٍ وَالَّذِينَ  
 آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ  
 وَأَجْرٌ كَبِيرٌ ﴿٤﴾

أَفَمَنْ رُزِيَ لَهُ سُوءُ عَمَلِهِ فَرَآهُ حَسَنًا  
 فَإِنَّ اللَّهَ يُضِلُّ مَنْ يَشَاءُ وَيَهْدِي مَنْ  
 يَشَاءُ فَلَا تَدْرِبْ نَفْسَكَ عَلَيْهِمْ  
 حَسْرَةً إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِمَا يَصْنَعُونَ ﴿٥﴾

4. Wano Katonda agamba Nabbi nga bw'alina okugumiikiriza kw'ebyo bye bamulimbisaa mu n'okumuwakanya, kubanga ssi ye Muhammadi y'asoose okulimbisibwa ng'omubaka wabula n'abalala bonna abaamusooka baalimbisibwa mu ngeri y'emu. Bajja kuvunaanwa abo abamulimbisa era babonerezebwe.

5. Mu aya eno abantu bakakasibwa nga Endagaano ya Katonda ey'okuzuukiza ebitonde oluvannyuma lw'okufa n'okusasulwa emirimu gyabwe gye baakola ku nsi n'okutaasibwa ku balabe baabwe bw'eri ey'amazima.

N'olw'ekyo balabulwa ensi tebakwenyakwenyanga n'ebecerabiza Obulamu Obw'oluvannyuma. Era omulabankanya sitaane tabakwenyakwenyanga n'oahaawukanya ku kugoberera ababaka bye babalagira awamu n'okubasuubiza ate muleme kulemera ku bibi.

9. Katonda Y'oyo asindika empewo ne zifuumuula ebire (by'enkuba) ne tubisindika eri ensi enfu (ekaze) ne tugizza nabyo obulamu (olw'enkuba gye bitonnyesa) oluvannyuma lw'okufa kwayo. Bwe kityo bwe kiliba okuzuukira.

وَاللَّهُ الَّذِي أَرْسَلَ الرِّيحَ فَتُحْمِيئُهُ  
سَحَابًا يَأْتِيهِمُ الْمَاءُ فِي الْبَلَدِ الْمَيِّتِ فَاحْيِيئْنَا  
بِهِ الْأَمْوَالَ بَعْدَ مَوْتِهَا أَكْذَلِكِ الشُّكُورُ ⑨

10. Omuntu aba ayagala ekitiibwa (amanye nti) ekitiibwa kyonna kya Katonda. Gy'ali gye kirinnya ekigambo ekirungi (kyonna), n'emirimu emirongoofu agisitula (n'agikkiriza); n'abo abakola enkwe z'ebibi (nga beeraga eri abantu babalwoozese nti batya Katonda sso nga Katonda abasunguwalira ku lwa bampaane gwe bakola mu mirimu gyabwe), balina ebibonyobonyo ebityirivu; n'enkwe zaabwe za kugwa butaka.

مَنْ كَانَ يُرِيدِ الْعِزَّةَ فَإِنَّ الْعِزَّةَ مَتَاعًا  
الَّذِي يَصْعَدُ الْكُلُّ الطَّيِّبِ وَالْعَمَلُ  
الصَّالِحِ يَرْفَعُهُ وَالَّذِينَ يَمْكُرُونَ النَّيِّاتِ  
لَهُمْ عَذَابٌ شَدِيدٌ وَكَلِمَاتُ الْوَيْلِ هُوَ يُبَوِّرُ ⑩

11. Ne Katonda yabatonda ng'abaggya mu ttaka; oluvannyuma n'abaggya mu mazzi agazaala (amani) n'oluvannyuma n'abassa mu mitindiro ebiri omusajja n'omukazi. Era tewali kikazi kiba lubuto era tewali kizaala wabula na lwa kumanya Kwe. Tewali kiwangaala mu biwangaala, era teki-kendeera mu buwangaazi bwakyo wabula (ekyo kyonna kye kiba) kiri (mu buwandiike) mu Kitabo. Mazima ekyo kyangu ku Katonda.

وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ مِنْ نُطْفَةٍ  
ثُمَّ جَعَلَكُمْ أَزْوَاجًا وَمَا تَحْمِلُ مِنْ أُنْثَى  
وَلَا تَضَعُ إِلَّا بِعِلْمِهِ وَمَا يُعَمَّرُ مِنْ مُعَمَّرٍ  
وَلَا يُنْقِصُ مِنْ عُمُرِهِ أَكْفَى بُرْهَانًا ⑪

12. Tezenkanankana ennyanja zombiriri, eyo eya mazzi amannyogovu aga-

وَمَا يَسْتَوِي الْبَحْرَانِ هَذَا عَذَابٌ مُرَاتٍ

9. Katonda asindika empewo ne zikuungusa ebire ebijjudde amazzi g'enkuba okutuusa lwe bituuka mu kitundu ky'ayagala enkuba etonnyemu: Nga bw'agamba nti – "Ne tubisindika eri ensi ekaze egudemu ekyeya, ne tugiaa obulamu ku lw'okutonnya kw'enkuba ebimera ne bimera ne bitinta oluvannyuma lw'okufa. Bwe tutyo okufaananako nga bwe tumeza ebimera n'enkuba nga tubiggya mu ttaka era bwe tulizaukiza n'abafu okuva mu ntaana zaabwe ku Lunaku Lw'enkomerero."

11. Omuntu mu kusooka yatondebwawo ng'aggibwa mu ttaka – Jajaffe Adamu. Oluvannyuma abantu ne baja nga batondebwa baggibwa mu mazzi agava mu musajja n'omukazi. Era tewali kiba lubuto oba kizaala wabula nga Katonda yawandiika dda n'olunaku lwe kinazaala. Era tewali awangaala akatono wabula byonna Katonda yabiwandiika mu Kitabo Kye.

nywebwa (amawoomu), agaseeneeker-  
era mu kuganywa, ng'ate eyo (endala)  
ya mazzi ag'omunnyo olukalabule. Na  
mu zonna mulyamu ennyama (y'ebynn-  
yanja) ebibisi era muggyamu n'eb'y'ok-  
wenaanika bye mwambala (nga lulu ne  
alimasi). N'olaba amaato mu zo nga  
gayuza mu mazzi (nga gasaabala) muly-  
oke munoonye mu bimu mu bigabwa  
Bye (Katonda — ku lw'okusuubula  
n'okuyisaamu ebyamaguzi okubituusa  
mu nsi endala) era oba olyawo ne mwe-  
baza.

سَابِعَ شَهْرِهِ وَهَذَا مَوْلِدُ أَحَابِرَ وَمِنْ  
كُلِّ نَائِكُونَ حَمَاطِرِيًّا وَتَتَفَرَّجُونَ حَلِيَّةَ  
تَلْبَسُونَهَا وَتَرَى الْفَلَكَ فِيهِ مَوَاحِرَ  
لَتَبْتَغُوا مِنْ فَضْلِهِ وَلَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿١٣﴾

- 13. Abuliza ekiro mu musana n'abuliza  
omusana mu kiro. N'agonza enjuba  
n'omwezi (ne biba nga bitambulira ku  
ngereka Ye). Buli kimu kiddukira  
ebbanga ggere. Oyo ye Katonda Omu-  
tonzi Mukama wammwe; Bubwe Ob-  
wakabaka obujjuvu; n'abo(bakatonda  
ab'obulimba) be musaba abatali Ye  
tebafuga wadde ekyenkanyi ky'akabubi  
akaba ku mulamwa gw'entende. (Ngeri-  
ki bwe mubasaba ebyo bye batalinaako  
bwannanyini era ngeri ki bwe basaan-

يُولِجُ الْيَلَّ فِي النَّهَارِ وَيُولِجُ النَّهَارَ فِي  
الْيَلِّ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ كُلَّ  
يَجْرِي لِأَحِلِّ سَمِّيَ ذَلِكَ كَوْمَ اللَّهِ رَبِّكُمْ  
لَهُ الْمَلَكُ وَالَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ  
مَا يَمْلِكُونَ مِنْ قِطْمِيرٍ ﴿١٣﴾

- 14. Bwe muba nga mubasabye tebulwira  
kusaba kwammwe, wadde singa babad-  
de bawulidde tebandibaanukudde (kub-  
awa ebyo bye mubasaba). Ne ku Luna-  
ku Lw'enkomerero bagenda kuwakanya  
okubagatta kwammwe ne Katonda. Tajja  
kukutegeeza (mulala yenna, Owange  
ggwe Omuntu!) okufaanana nga (bw'a-  
kutegeeza Katonda) Omumanyi w'ebya-  
ama.

إِنْ تَدْعُهُمْ لَيَسْمَعُوا دَعَاءَكُمْ وَلَوْ  
سَمِعُوا مَا اسْتَجَابُوا لَكُمْ وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ  
يَكْفُرُونَ بِشِرْكِكُمْ وَأَلَيْسَ بِكُلِّ غَبِيرَةٍ  
﴿١٤﴾

- 15. Abange mmwe abantu! Mmwe baavu  
abeetaaga eri Katonda naye

يَا أَيُّهَا النَّاسُ أَنْتُمُ الْفُقَرَاءُ إِلَى اللَّهِ

13. Kale ngeri ki abantu gye basabamu bakatonda ab'ckika kyo ebintu nabo bye batalinaako bwa  
nmanyini. Era ngeri ki bwe basaanira okusinzibwa?

Ye Katonda, Ye Mugagga Atenderezebwa.

وَاللَّهُ هُوَ الْعَلِيُّ الْحَمِيدُ ﴿١٥﴾

16. Bw'aba nga ayagadde ayinza okubaggyawo mmwe (okubazikiriza) n'aleeta (mu kifo kyammwe) ebitonde ebiggya.

إِنْ يَشَاءُ يُدْهِبْكُمْ وَيَأْتِ بِخَلْقٍ جَدِيدٍ ﴿١٦﴾

17. Era tekiri ekyo kinene (n'akatono) ku Katonda.

وَمَا ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ بَعِزٌ ﴿١٧﴾

18. Omwoyo ogwayonoona tegugenda kwetikka kibi kya (mwoyo) mulala, ne bwe gulisaba (ogwo) oguzitoo-wereddwa okugwetikkirako, tegugenda kwetikkirwako n'akatono ne bw'alibeera (oyo gw'asaba amwetikkireko) ow'oluganda olw'okumpi. Mazima otiisa abo (bokka) abatya Mukama waabwe awamu n'obutamulabako, ne bayimirizaawo esswala. N'oyo ayeetukuza (okuva mu bibi) aba yeetukuzza ku lulwe (omugaso gw'okutukula gudda gy'ali sso tayinza kutukuza balala). N'eri Katonda y'eri obuddo (buli omu n'amusasula ekyo ekisaanira emirimu gye gye yakolera ku nsi).

وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَىٰ وَإِنْ تَدْعُهُمْ ثِقْلَةٌ إِلَىٰ جِهَاتِهِمْ يُحْمَلْ مِنْهُ شَيْءٌ وَلَوْ كَانَ ذَا قُرْبَىٰ ط إِنَّنَا نُنزِرُ الَّذِينَ يَخْشَوْنَ رَبَّهُم بِالْغَيْبِ وَأَنَا مَوَدَّةٌ الصَّلَاةُ وَمَنْ تَزَكَّىٰ فَإِنَّمَا يَتَزَكَّىٰ لِنَفْسِهِ وَإِلَى اللَّهِ الْمَصِيرُ ﴿١٨﴾

19. Muzibe teyenkanankana n'alaba;

وَمَا يَسْتَوِي الْأَعْمَىٰ وَالْبَصِيرُ ﴿١٩﴾

20. Wadde ekizikiza tekyenkanankana na kitangaala;

وَلَا الظُّلُمَاتُ وَلَا النُّورُ ﴿٢٠﴾

21. Wadde ekittuluzte tekyenkanankana na (musana) gwokya;

وَلَا الظُّلُمَاتُ وَلَا النُّورُ ﴿٢١﴾

22. Era tebenkanankana abalamu wadde abafu. Mazima Katonda awuliza oyo

وَمَا يَسْتَوِي الْأَعْمَىٰ وَالْبَصِيرُ ﴿٢٢﴾

15. Wano kitegeezebwa nti mmwe abantu muli baavu abeetaaga mu buli ngeri yonna eri Katonda okubayamba. Ye Katonda ye mugagga ateetaaga eri bitonde Bye. Y'atonda era atenderezebwa mu bikolwa Bye n'ebigambo Bye n'okugaba Kwe.

22. Mu aya eno Kalonda yagamba nti. nga bwe bitenkanankana ebyo ebyogeddwako era nga waliwo enjawulo nnene wakati waabyo okugeza n'enjawulo ezo eziri wakati w'ebibiri bibiri ebyo ebigeragaeranyiziddwa. bwe kityo n'abatali bakkiriza abo abagaana okukkiriza balinga abafu

gw'aba a yagadde. Toli ggwe ( Nabbi Muhammad) wa kuwuliza abo abali mu nataana.

اللَّهُ يُسْمِعُ مَن يَشَاءُ وَأَنْتَ لِمَ تَسْمِعُ  
مَنْ فِي الْقُبُورِ ﴿٢٢﴾  
إِنْ أَنْتَ إِلَّا نَذِيرٌ ﴿٢٣﴾

٢٢  
٢٣

23. Toli ggwe wabula omutiisa (atiisa abantu ebibonerezo bya Katonda).

24. Mazima Ffe twakutuma n'amazima nga oli mubuulizi asanyusa era atiisa (abajeemu) era tewali kibiina kyonna wabula nga yayita dda mu bo omutissa

إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ بِالْحَقِّ بَشِيرًا وَنَذِيرًا  
وَأَنْ مِّنْ أُمَّةٍ إِلَّا خَلَا فِيهَا نَذِيرٌ ﴿٢٤﴾

25. Mazima bwe baba nga bakulimbisizza, dala baalimbisa (bannabbi baabwe) abaaaliwo oluberyeberyelwabwe (bane ab'omulembe gwo). ababaka baabwe baabaleetera ebyamagero (ebiraga Obwakabaka bwa Katonda n'Obwomu Bwe),n'ebiwandiiko n'ebitabo ebitangaavu (ebibalaga ekkubo ettuufu ery'obuelungamu).

وَأِنْ يَكْفُرْ بِذُنُوبِهِمْ لَنَنصُرَهُنَّ  
فَبَلَّغْ هَاجَاتَهُمْ رَسُولَهُمْ بِأَمِينٍ  
وَبِالزُّبُرِ وَالْكِتَابِ الْمُنِيرِ ﴿٢٥﴾

٢٥

26. Oluvannyuma ne Mbakwata abo abaawakanya (ne Mbavunaana), ngeri ki bwe kwali okubeetamwa Kwange - (Amakulu okubatamwa Kwange n'okubasunguwalira kwali kuyitirivu).

ثُمَّ أَخَذْتُ الَّذِينَ كَفَرُوا فَكَيْفَ كَانَ  
نَكِيرِي ﴿٢٦﴾

٢٦

27. Tolaba nti mazima Katonda assa amazzi okuva mu ggulu (mu bire). ne

الْحَمْرَ إِنَّ اللَّهَ أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً

olw'okulemwa okukola ekyo ekisaanira omuntu omulamu: nakyo ky'eky'okukkiriza Katonda n'okumwawula ku bitonde byonna wamu n'okugoberera amateeka Ge Bannabbi Be ge bajja nago. Wano Katonda kwe kugamba Nabbi (s.a.w.) nga Ye Katonda bw'awuliza ebigambo Bye, oyo gw'ayagadde n' alungama, naye ye Nabbi tayinza kuwuliza abo abafu b'emilima ku lw'obukafiri bwabwe ! 'okuwalaaza kwabwe empaka, era nli ye Nabbi layinza kuwuliza bafu bali mu ntaana.

24. Katonda agamba Nabbi We M uhammadini nga bwe yamutuma eri abantuU bona n'eddiini ey'amazima nga asanyusa abo abamukkiriza ne bamugoberera okuyingira Ennyumba Ey'emirembe (Ejjana) era nga atiisa abo abamuwakanya ebibonerezo by'omuliro mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Yayongerako n'okumutegeeza nga bwe watali kibiina kya bantu mu bibiina byonna ebyasooka wabula Katonda yabatimiranga Omubaka abatiise ebibonerezo Bye.

27. Katonda annyonyola mu aya eno ebimu mu biraga obuyinza Bwe,okugereza ku ngeri gye yatondamu ebintu ebyawukamu eby'enjawulo ebitali bimu nga byonna abiggya mu mazzi g'assa okuva mu bire ne gabaza ebibala eby'enjawulo eza buli kika: nga bwe kirabika. ebimu nga byeru.



tuggyayo ngo ebibala ebyawufu amabala gaabyo; ne mu nsozi mulimu amakuubo ameeru n'amamyufu n'amaddugavu zziggi agaawukanye amabala gaago.

28. Ne mu bantu n'ebiramu n'ebisolo ebirundibwa, nabuoamabala gaabyo maawukamu mu geriy'emu. Mazima ddala abatya Katonda mu baddu Be, be bayigirize (bannaddiini). Ddala Katonda wa Kitiibwa, Omusonyiyi.
29. Mazima abo abasoma Ekitabo kya Katonda (Kuraane), ne bayimiri-zaawo esswala, ne bawaayo nga baggya mw'ebyo bye twabagabira mu kyama ne mu lwatu; basuubira ebyamaguzi ebitadiba,
30. Alyoke abatuukirize okubasasula empeera zaabwe era abongeze mu birungi Bye. Mazima Ye Musonyiyi, Yeebaza.

فَاخْرَجْنَاهُ بِشَمْرَةٍ مُّخْتَلِفًا أَلْوَانُهَا  
وَمِنَ الْجِبَالِ جُدَدٌ بَيْضٌ وَحُمْرٌ  
مُّخْتَلِفٌ أَلْوَانُهَا وَعَرَابِيٌّ سُودٌ ﴿٢٨﴾  
وَمِنَ النَّاسِ وَالْأَنْعَامِ  
مُخْتَلِفٌ أَلْوَانُهُ كَذَلِكَ إِنَّمَا يَخْشَى اللَّهَ  
مِنْ عِبَادِهِ الْعُلَمَاءُ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ  
غَفُورٌ ﴿٢٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ يَتْلُونَ كِتَابَ اللَّهِ وَأَقَامُوا  
الصَّلَاةَ وَالْفَقْرَاءَ مِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُسْرًا  
وَعَلَانِيَةً يَجْعَلُونَ تِجَارَةً لَّن تَبُورًا ﴿٣٠﴾  
لِيُؤْتِيَهُمُ اللَّهُ أُجُورَهُمْ ذَوْرًا بِمِثْرِ  
إِنْفُسِهِمْ لِيُشْكُرُوا ﴿٣١﴾

ebirala bimuyufu ate ebirala bya kiragana. ebindi bya kyenvu n'ebirala eby'engeri endala awamu n'okuba n'empooma n'obuwoowo obw'enjawulo – buli kimu nga tekifaanana kinnaakyo awamu n'okuba nga byonna byanywesebwa amazi ge gamu.

Mu ngeri y'emu yatonda n'ensozi ezirimu ebikuubo by'ettaka oba amayinja oba enjazi, ebiba ne langi ez'enjawulo. Ezimu njeru. endala nzirugavu. ezimu mmyufu teekako n'endala ezitali zezo.

28. Era bwe kityo Katonda bwe yatonda n'abanlu mu mabala amaawukamu: abamu beeru, abalala baddugavu, ab'akataketake n'abamyufu mu bifaananyi eby'enjawulo. Nga bwe kirabika oluusi nga n'abalongo abakulidde mu lubuto olumu buli omu ayinza okwetaanana yekka, ne mu mpisa ne mu bicolwa Era mu kutonda ebiramu ebya buli ngeri gamba nga ebisolo ebirundwa, embuzi, ente n'engamiya n'ebyo eby'omu nsiko n'ennyonyi—buli bimu byawufu ku binnaabyo. Omuntu tayinza kwetegereza kyama kya Katonda ekiri mw'ebyo ebyogeddwako n'amanya obuyinla bwa Katonda, n'amutya? Wabula abo abayiga ennyo eddiini ne bamanya ebyama by'ebitonde bya Katonda, ne batya Katonda Oyo eyabitonda ne bamukkiriza wamu n'okugondera amateeka agaaletebwa Bannabbi Be; era ne bakakasa nti ddala Katonda wa maanyi ku buli kintu, era asonyiwa abaddu Be abakikiriza mw'ebyo bye baba basobeza, abo bokka be basobola.

29. Ekigendererwa mu kusoma Ekitabo kya Katonda, Kuraane, ssi kwe kawatuzza eddobozi ne Iyitamuyisi. Wabula ekikulu era ekigendererwa kwe kwetegereza amakulu g'Ekitabo okutuusa ku kukitegerera ddala n'okuzozesa ebyo by'otegedde mu kyo wamu n'okugoberera amateeka agakirimu ng'okusaala n'okuwaayo ebyo Katonda bye yakulaalika mu kiscera kyabyo mu lwatu oba mu kyama awamu n'okusuubira amagoba awali Katonda mu byamaguzi ebitadiba. Ekyyo kiri kityo lwa kubanga bo bakakasa nti ebyo bye bawaddeyo ku lwa Katonda bagenda kufunamu amagoba okuva eri Katonda mu Bulamu Obw'oluvannyuma wamu n'ennyongeza.

31. N'ebyo bye twakutumira mu Kitabo, go ago ge Mazima — bikakasa amazima g'ebyo ebiri wakati w'amaaso gaakyo (Ebitabo ebyajja oluberye-berye lwakyo). Mazima Katonda Mumanyi wa byama, Alaba abaddu Be.

وَالَّذِي أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ مِنَ الْكِتَابِ  
هُوَ الْحَقُّ مُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ  
إِنَّ اللَّهَ بِعِبَادِهِ لَخَبِيرٌ بَصِيرٌ ﴿٣١﴾

32. Oluvannyuma (mu nkomerero) twakisikiza Ekitabo (Kuraane) abo be twayawula mu baddu Baffe. Mu bo mulimu abo abalyazaamaanya emyoyo gyabwe era ne mubaamu mu bo abenkanyankanya (wakati w'ebikolwa ebirungi n ebibi), era mulimu mu bo abakulembera (ennyo ddala ku bannaabwe) n'okukola ebirungi, ku lw'obuyinza bwa Katonda. Ekyo kyo bwe bulungi obunene (obw'e-nsusso)!

ثُمَّ أَوْرَثْنَا الْكِتَابَ الَّذِينَ اصْطَفَيْنَا  
مِنْ عِبَادِنَا فَمِنْهُمْ ظَالِمٌ لِّنَفْسِهِ  
وَمِنْهُمْ مُّقْتَصِدٌ وَمِنْهُمْ سَابِقٌ  
بِالْخَيْرَاتِ يُأْتِنَ اللَّهُ ذَلِكَ هُوَ الْفَضْلُ  
الْكَبِيرُ ﴿٣٢﴾

33. Ejjana Entebenkevu (Ennyumba Ey'emirembe), gye baliyingira. Balyenaanikira mu yo ebikomo ebya zaabu ne luulu n'ebymbalo byabwe mu yo biriba nga bya silika (*Hariiri*).

جَنَّتْ عَدْنٌ يَدْخُلُونَهَا يُجَادُونَ فِيهَا  
مِنَ آسَائِهِمْ وَذَهَبٌ وَوَلَدٌ وَلِيَّاسٌ  
فِيهَا حَرِيرٌ ﴿٣٣﴾

34. Ne bagamba (nga beebaza) nti: Buli kitendo kyonna kya Katonda oyo eyatuggyeeko ennaku (yonna): Mazima Katonda waffe Musonyiyi, Yeebaza,

وَقَالُوا الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَذْهَبَ عَنَّا  
الْحَزْنَ إِنَّ رَبَّنَا لَغَفُورٌ شَكُورٌ ﴿٣٤﴾

35. Oyo eyatussa mu Nnyumba Ey'olubeerera, ku lw'obulungi Bwe, omwo

الَّذِي أَحَلَّنَا دَارَ الْمَقَامَةِ مِن فَضْلِهِ

31. Wano Katonda agama Nabbi We ng'ebyo byonna ebimutumirwa mu Kuraane bwe biri amazima ameeereere. Era amutegeeza nga bwe yabissa nga bikakasa ebyo ebyassibwa mu bitabo eby'oluberyeberye lwa Kuraane--nabyo ye Tauraati eya Nabbi Musa, Enjili eya Nabbi Issa ne Zabburi eya Dauda: byonna birina ekikolo n'ensibuko emu.

32. Katonda yagabira ekibiina ky'Abasiraamu, abakkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'abaawula okubeera nga be basikira Ekitabo Kuraane. babeere nga bayimiridde ku kugikozesa n'okugigoberera. Kyokka mu bo, bonna tebenkana. wabula balimu emitendera esatu. Ogusooka: Mulimu abo abeeryazaamaanya emyoyo gyabwe, nabo be bo abakola ebibi ne bisukkirira ebirungi byabwe. Ab'omutendera ogwokubiri: be bo ab'omu makkati. nabo be bo abalina ebibi ebyenkankana n'ebirungi byabwe. Ate bo ab'ogwo ogwokusatu, be bo abakulemberera ddala ne baba ab'oku mwanjo mu kukola ebirungi.

ennaku mw'etegera kututuukako era mwe tutalituukirwako kukoowa.

36. N'abo abaakaafuwala, balina (oku-yingira) omuliro (Jahannama); tebagenda kusalarwa bo (gwa kufa) ne bafa wadde tebalikendeerezebwako ku bibonerezo byagwo (omuliro). Bwe kityo bwe tulasula buli mutasiima yenna!

37. Nabo nga bawowogganira mu gwo, (bwe bagamba): Ayi Mukama waffe! Tuggyeemu (otuzze ku nsi tulyoke) tukole ebirungi ebitali ebyo bye twali tukola (nga tukyaliko). (Katonda alibagamba nti): Abaffe tetwabawangaaza (ebbanga ppanvu erimala) eryo mw'ajjuukirira oyo ajjukira? Ate nga yabajjira omubaka abatiisa (ebibonyobonyo by'Olunaku luno mmwe ne mulagajjala)? N'olw'ekyo mukombe (ku bibala by'ebikolwa byammwe), tebalina abalyazaamaanyi mutaasa.

38. Mazima Katonda amanyi ebitalabikako ebiri mu ggulu ne mu nsi. Amazima Ye Amanyi ebiri mu bifuba (by'abantu).

39. (Katonda) Ye Y'oyo eyabafuula abasigiragana mu nsi; kale oyo aba akaa-

لَا يَمَسُّنَا فِيهَا نَصَبٌ وَلَا يَمَسُّنَا فِيهَا  
لُغُوبٌ ﴿٣٥﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَالَّذِينَ هَمَّ  
لَا يَقْضَىٰ عَلَيْهِمْ فِيمَوتُوا وَلَا يَخَفُ عَنْهُمْ  
مِّنْ عَذَابِهَا أَذْكَرَ لَكَ تَجَزَىٰ كُلَّ كَفُورٍ ﴿٣٦﴾

وَهُمْ يَصْطَرِغُونَ فِيهَا رَبَّنَا أَخْرِجْنَا  
نَعْمَلْ صَالِحًا غَيْرَ الَّذِي كُنَّا نَعْمَلُ ۗ أَوَلَمْ  
نُعْمِرْكُمْ نَارَيْتُمْ لَكُمْ فِيهِ مَن تَدَّكُرُ ۗ وَجَاءَكُمْ  
الَّذِينَ يُرِيدُ فُتُورًا فَمَا لِلظَّالِمِينَ مِن نَّصِيرٍ ﴿٣٧﴾

إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ غَيْبِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ  
إِنَّهُ عَلِيمٌ مُّذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٣٨﴾

هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ خَلْقَكُمْ فِي الْأَرْضِ

37. Ebibonerezo by'omuliro y'empeera ebaweereddwa ku lw'okwawukana kwabwe ku Bigambo bya Bannabbi ebbanga lye baamala ku nsi. Ku Lunaku olwo tebaliba na mutaasa alibaggya mu bibonyobonyo.

38. Katonda amanya buli muntu ky'aba alowooza ne ky'amaliridde mu mutima gwe, n'ekyo ky'ayagala ne bw'aba takyolesezza.

39. Katonda Y'oyo afuula abantu abamu badde mu bigere bya bainnaabwe, n'aggyawo omulembe ate n'azzaawo omulala. Era -aggyawo obwakabaka n'azzaawo obulala ekyo omuntu alyoke akifuule eky'okulabirako ajjukire Katonda era amanye nti naye wa kuvaawo nga abo abaamusooka. Omuntu ng'amaze okulegeera nti wa kuvaawo. kirungi alongoose obuddo bwe,gy'alaga era ategeke erinnya eddungi kuno ku nsi. akole ebyo ebirimugasa ne bimuwonya mu Bulamu Obw'oluvannyuma obwo obutali bwa kuggwaawo.

fuwadde, (ekibi) ky'obukafiiri bwe kiri ku ye. Abakafiiri tebungera obukaafiiri bwabwe, a wali Katonda waabwe, wabula okubakayisa. Era abakafiiri tebungera obukafiiri bwabwe wabula kufaafaaganirwa (kwokka).

فَمَنْ كَفَرَ فَعَلَيْهِ لَعْنَةُ وَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْكَافِرِينَ  
كُفْرَهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ إِلَّا مَقْتًا وَلَا يَزِيدُ  
الْكَافِرِينَ كُفْرَهُمْ إِلَّا خَسَارًا ﴿٣٩﴾

40. Bagambe nti: Mubalaba bakatonda bammwe abo be musaba abatali Katonda Omutonzi? Mundage biruwa bye baatonda mu nsi oba balinako omugabo (mu kutonda) kw'eggulu? Oba abaffe twabawa Ekitabo (ne baba nga) nabo bali ku bunnyonnyofu obuwa mu kyo? Nedda, (ssi bwe kiri) wabula abalyazaamaanyi (abakafiiri) abamu tebalagaanyisa bannaabwe wabula kubagayaaza bugayaaza (na byabulimba).

قُلْ أَرَأَيْتُمْ شُرَكَاءَ الَّذِينَ تَدْعُونَ  
مِنْ دُونِ اللَّهِ أُرْوَىٰ مَاذَا خَلَقُوا مِنَ  
الْأَرْضِ أَمْ لَهُمْ شِرْكٌ فِي السَّمَوَاتِ  
أَمْ أُنزِلَتْ مِنْ سَمَاءٍ مَاءٌ مِّنْهُ  
يَلْ إِنْ يَرَوْا ظُلْمًا مِّنَ الظَّالِمِينَ  
بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ  
الْأَعْرُورَ ﴿٣٩﴾

41. Mazima Katonda anyweza eggulu n'ensi obutavaawo, era bwe biba nga bivuddewo byombiriri tewali n'omu abikwata oluvannyuma Lwe. Mazima Ye Musaasizi, Musonyiyi.

إِنَّ اللَّهَ يُمْسِكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ أَنْ  
تَزُولَا وَلَئِن زَالَتَا إِنْ أَمْسَاهُمَا مِنْ  
أَحَدٍ مِنْ بَعْدِهِ إِنَّهُ كَانَ حَلِيمًا غَفُورًا ﴿٤٠﴾

Naye oyo aba asazeewo okuwakanya Katonda n'okujeemera amateeka Ge, akabi k'okujeema kwe kagenda kuddu ku ye mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Era abo abawakanya amateeka ga Katonda ba kufaafaaganirwa.

40. Abo abasinja ebitali Katonda, tebalina bujulizi bwava eri Katonda obulagai nti n'ebyo bye basinja bigattibwa ku Katonda. wabula ekyo bakikola nga bagoberera emyoyo gyabwe bye gyagala. N'ebyo abamu bye basuubiza bannaabwe nti ebyo bye basinja biribawolereza mu maaso ga Katonda bya bulimba era byongerera kubagayaaza na kubaggya ku kusinja Katonda Omutonzi Yekka.

41. Mazima Katonda y'akuuma eggulu n'ensi okulema okuva ku ngereka yaabyo, nga abikuuma n'obuyinza Bwe. Singa aba ayagadde biveewo byombi, tewali n'omu asobola kubikuuma. Wabula kyo ekiseera Katonda kye yalagaanyisa Eky'enkomerero nga kituuse, olwo eggulu n'ensi ebiriwo kati n'entegeka eziriwo kati zonna za kuvaawo, ekiseera ky'Okubuuzibwa n'Okubalibwa kituuke: olwo abantu basasulwe ebyo bye baateganira kuno nsi.

Aliba yakola ebirungi, اساسulwe obulungi ate ye eyajeemera Katonda, naye abonerezbwe. Aya yamalirizibwa nga etegeza nga Katonda bw'Ali ow'ekisa alindiriza abaddu Be n'atabavunaanirawo basobole okwenenya n'okwetegekera Obulamu Obw'oluvannyuma ent Katonda Musonyiyi eri oyo aba yeenenyeza.

42. Ne balayira Katonda mu kukakasa ebirayiro byabwe, nti bw'anaaba abajjidde omubaka bajja kubeerera ddala abalungamu okusinga ekimu (kyonna) ku bibiina (bya bannabbi abasooka); ate nga bwe yabajjira omubaka (Muhammadi) tekwabongera (kalungi konna okutumwa kwe) wabula (okweyongera) okwesamba (Obulunngamu n'Amazima);

وَأَقْسَمُوا بِاللَّهِ هَٰدٍ أَمَّا نَهُمْ لَمَّا  
جَاءَهُمْ نَذِيرٌ لَّيْلِي كَأَنَّهُمْ  
إِحْدَى الْأَمْسِ فَلَمَّا جَاءَهُمْ نَذِيرٌ  
مَا زَادَهُمْ إِلَّا نُفُورًا ﴿٣٦﴾

43. Ku lw'okwekuluntaliza mu nsi n'okusala enkwe embi; sso nga enkwe embi teziddira wabula bannyinizo (ababa bazisaze). Abaffe, balindayo (ekirala kyonna) mpozzi etteeka ly'abasooka? Tojja kusanga kukyusa (kwonna) mu tteeka lya Katonda era tojja kusanga kuwaanyisa (n'akamu) mu tteeka lya Katonda.

أَسْتَبَارًا فِي الْأَرْضِ وَمَكْرَ السَّيِّئِ  
وَلَا يَخِيفُ الْمَكْرَ السَّيِّئِ إِلَّا بِأَهْلِهِ ط  
فَهَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا سُنَّتَ الْأُولِينَ  
فَلَنْ يَجْعَلَ لَسُنَّتِ اللَّهِ بَدِيلًا وَلَنْ  
يَجْعَلَ لَسُنَّتِ اللَّهِ تَحْوِيلًا ﴿٣٧﴾

44. Abaffe tebatambula mu nsi ne balaba engeri bwe yali enkomerero y'abo abaabakulembere (nga Katonda bwe yabazikiriza oluvannyuma lw'okulimbisa ababaka Be),—ate nga baali abayitirivu mu maanyi okusinga bo (bano abaliwo)? Teyali Katonda alemesebwa kintu kyonna ekiri mu ggulu wadde mu nsi. Mazima Ye yali Amani, Omuyinza (ku buli kintu) okuva ddi okutuusa ddi.

أَوَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا  
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَكَانُوا  
أَشَدَّ مِنْهُمْ قُوَّةً وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيَجْزِيَ  
مِنْ شَيْءٍ فِي السَّمَوَاتِ وَلَا فِي الْأَرْضِ ط  
إِنَّهٗ كَانَ عَلِيمًا قَدِيرًا ﴿٣٨﴾

42. Nga Nabbi Muhammadi tannatumibwa. Abawarabu, naddala Abakuraish baalayininga ne ssekulayira yenna nga bakakasa nti mazima Katonda bw'alibatumira Omubaka ava mu bo bagenda kuba bannaddiini okusinga ab'ebibiina ebirala byonna ebya bannabbi abasooka: Okugeza, nga ab'ekibiina kya Nabbi Issa (emirembe gibe ku bo).

Kyokka, oJuvannyuma Katonda bwe yabatumira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ne bamuwakanya, ne bagaana okukkiriza era. ne beeyongera bweyongezi obukafiri.

Nabbi Muhammadi bwe yajjira Abawarabu n'obubaka obwo bwe baali balindiridde era obwabayizanga nga bwe banaamugoberera. baatandika kumulimbisa na kwekaza. eno bwe basala enkwe z'okuziyiza abantu okumugondera. Ne Katonda kwe kugamba nga ezo enkwe embize basala. akabi kaazo bwe kaddirira bo sso ssi oyo gwe baba bazisalidde. N'ayongera n'okutegee7a nga abo abaalimbisanga Nabbi bwe baali mpozzi balindirira ebibonerezo bya Katonda okubatuukako. -ebyoebyakkanga ku lw'abo abaalimbisanga ababaka: era ng'eryo ly'Etteeka lya Katonda eritakyukako.

45. Singa Katonda avunaanirawo abantu ku lw'ebyo (ebisobyoye) bye bakola, teyandirese kungulu kw'ensi kintu kitambula; naye abalindiriza okutuuka eri ekiseera ekigere (kye yagera okubavunaaniramu—n'olwo lwe Lunaku Lw'enkomerero). Bwe kiriba kituuse ekiseera kyabwe—(olwo lwe balimanyira ddala nti) mazima Katonda yali alaba abaddu Be mu buli kye bakola.

وَلَوْ يُؤَاخِذُ اللَّهُ النَّاسَ بِمَا كَسَبُوا مَا تَرَكَ عَلَى ظَهْرهَا مِنْ دَابَّةٍ وَوَلَكِنْ يُؤَخِّرُهُمْ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى ۖ فَإِذَا جَاءَ أَجَلُهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِعِبَادِهِ بَصِيرًا ۝٤٥

---

45. Balimanya nti Katonda alaba emirimu gy'abaddu Be. sso tewali kimwekweka mu gyoo

## EBIFA KU SSUULA YAA-SIIN MU BUFUNZE (36)


Essuula eno yakking Makka, Yassibwa mu kiseera eky'omu makkatinga okusengukira e Madiina tekunnabaawo.

Ekgendererwa mu makulu g'obubaka bw'essuula eno k we kulabula n'okutiisa Abakuraish nawookeera w'okubaviira mu butakkiriza Bwannabbi bwa Mutume Muhammedi (s.a.w.) ne basalawo okubuwakanya nga beeyambisa ebikolwa eby'obukambwe. obumbula, ku Bakkiriza nga kwe bagobereza n'okubajeeja. Ekya nga kiragibwa n'ekyokulabirako ekiweebwa eky'abatuuze b'ekyalo Antwakiya abo abaalimbisa ababaka Katonda be yabatumira era n'eyongerezaako okwogera ku mutuuze munnaabwe, Habibu Al-Jafaari. eyeefubirira abulirire batuuze banns abo oba olyawo beddeko balunnga me wabula bo nebeerema ne bamutta ne Katonda n'abasaanyaawo mbagirawo ekibwatu-kira, ekya kibeere eky'okuyigirako eri oyo yenna aba yetantala okulimbisa Ababaka ba Katonda. Mu bubaka bwonna essuula esinga kussa essira ku kutiisa; bw'eyogera ku bitiso ebitagambika, ebyo ebiribaaawo ku Lunaku Lw'okuzuukira n'Okulamulwa.

Abantu bakubirizi bwa bakkirize ebintu ebikulu bisatu : (1) Obwomu bwa Katoanda (*Tawhiid*) — nga obwo bukakasibwa n'obubonero obulabirwako ng'Obwengula n'amakula g'ebibulimu wamu n'enfumiitiriza y'oyo yenna alimu amagezi agategeera; (2) Obulamu Obw'oluvannyuma — obwo obukakasibwa okubaayo kwabwo ng'om untu abadde yeetegeera engereka y'ebyo eby'omu Bwengula eyeewuunyisa, era singa yeeyambisa Amagezi ge n'afumiitiriza wamu n'okulaba ku kubeerawo kwe nga mulamu awamu n'okuba nga teyaliiwo mu kusooka; okwo kuzziwako; (3) Obwannabbi bwa Mutume Muhamaddi, nga bwo bukakasibwa n'okulaba nga awamu n'entwala y'ebizibu byonna ebyamwolekera ng'abulirira Obubaka, teyalinaamu mwoyo gwa kwega nyula ye ku lulwe, era n'okuba nga Obubaka bwe yali akoowoolera abantu bakkirize busaamu bwamagezi n'amazima ag'enkukunala neg'ate n'omugaso gw'okubukkiriza gwali guli gye bali.

Okwo kwongerezebawo omuddinganu'a okuvumirira okwamaanyi abalabe b'eddiini n'okubanonya olw'ebikowa byabwe ebyekko ng'eno bwe battisibwa nga bwe kalibajjuutuka ku Lunaku Lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda olw'okuwakanya Obubaka. Ekya kikolebwa emitima giryoke ginnyikiremu okulabula okwo n'abo abalinamu akategeera konna bakkirize Amazima.

Essuula eno etwa libwa mu kiti kya njawulo nnyo, era esomebwa mu biseera eby'obuzibu n'entiisa, obulwadde, okusiiba ne mu kiseera ky'omulwadde omuyi asemberedde



## ESSUULA YAA-SIIN 36

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 5 ne Aya 83

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. YAA-SIIN.

يَس ١

2. Ndayidde Kuraane (eno) enkakafu,

وَالْقُرْآنِ الْحَكِيمِ ٢

3. Mazima ggwe (Muhammadi) oli wa  
mu babaka (ba Katonda)

إِنَّكَ لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ ٣

4. (Oli) ku Kkubo Eggolokofu,

عَلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ٤

5. (N'eno Kuraane) yassibwa (Katonda)  
Ow'ekitiibwa, Omusaasizi,

تَنْزِيلِ الْعَزِيزِ الرَّحِيمِ ٥

6. Olyoke otiise ekibiina (ebibonerezo  
bya Katonda) abataatiisibwa  
bakadde baabwe (kale kati) nabo  
bagayaavu (ku bubonero bwa  
Katonda).

لِشْتَدِّدَ رُفُوعًا مَّا أَنْذَرْنَا بَأْسَهُمْ فَمَنْ  
عَفَاؤُنَّ ٦

7. Mazima Ekigambo (ky'okuzikiri-  
zibwa) kyakakata dda ku basinga  
obungi mu bo, kubanga bo teba-  
kkiriza.

لَقَدْ حَقَّ الْقَوْلُ عَلَىٰ أَكْثَرِهِمْ فَمَنْ لَا  
يُؤْمِنُونَ ٧

1. Essuula eno yatandika n'ennyukuta bbiri. ezimu mu nnyukuta ezo ezigattibwa mu bigambo by'Oluwarabu.

Ennyukuta ezo ebbiri Y AA-SIIN. Katonda y'zitandisa nga bwe liri ekkubo lya Quraane okutandika Essuula ezimu n'ennyukuta enkutulekutule.

6. Katonda yatuma Nabbi Muhammadi atiise Abawarahu (Abakuraish) ebibonerezo Bye. abo bakadde baabwe abaali tebaatumirwa mubaka yenna okubalabula n'okubatiisa ebibonerezo bya Katonda. Kale Nabbi yabatimirwa alyoke abalungamye mu kkuho eggolokofu eriyinza okubawonya kuno ku nsi ne mu Bulamu bw'oluvannyuma.

Wabula kino tekitegeeza nti Mutume Muhammadi yatumwa eri Bawarahu bokka kubanga obujulizi bungi mu Kuraane obulaga nga bwe yatumwa eri abantu bonna era obulaga nga bw'eteri Nabbi alijja luvannyuma lwe.



8. Mazima twassa mu nsingo zaabwe ebikoligo nabyo bituukira ddala ku bulevu bwabwe, nabo balalambadde.
9. Ne tussa wakati w'amaaso gaabwe ebbibiro n'emabega waabwe ne tussaayo ebbibiro ne tubabikka, nabo tebalaba.
10. Kye kimu ku bo, oba abatiisizza oba tobatiisizza, si ba kukkiriza.
11. Mazima (ggwe) otiisa oyo yekka agoberera okubuulira (Kuraane) n'atya Katonda Omusaasizi awamu n'obutamulabako. Kale musanyuse nga omubuulira (nga bw'anaafuna) okusonyiyibwa n'empeera ennene.
12. Mazima Ffe, tulizuukiza abafu, era tuwandiika (ebikolwa byabwe) ebyo bye bakulembeza n'ebisigala byabwe. Na buli kintu twakikomekkereza (okukiwandiika) mu Kitabo ekinyonyonyofu (ekiri awali Katonda omuwandiikibwa buli ekiriwo n'ekiribaawo).
13. Bakubire ekifaananyi ky'abatuuze b'ekyalo (ekimu), mu kiseera bwe baabajjira ababaka (okubalungamya).
14. Mu kiseera bwe twabatumira (mu kusooka ababaka) babiri, ne baba-

اِنَّا جَعَلْنَا فِيْ اَعْنَاقِهِمْ اَغْلَالًا فَمَیْ اِلَى  
 الرَّادِّ قَا نَ فَهُمْ مُّقْمَحُوْنَ ⑧  
 وَجَعَلْنَا مِنْ بَیْنِ اَیْدِیْهِمْ سَدًّا وَّ مِنْ  
 خَلْفِهِمْ سَدًّا اَنْ اَعْمَسِیْهِمْ فَمَنْ لَا یُصِرُّونَ ⑨  
 وَسَوَاءٌ عَلَیْهِمْ اَا نذَرْتَهُمْ اَمْ لَمْ  
 تُنذِرْهُمْ لَا یُؤْمِنُوْنَ ⑩  
 اِنَّمَا تُنذِرُ مَنِ اتَّبَعَ الذِّكْرَ وَخَشِيَ  
 الرَّحْمٰنَ الْغَیْبَ فَبَشِّرْهُ بِمَغْفِرَةٍ  
 وَّ اَجْرٍ کَرِیْمٍ ⑪  
 اِنَّا نَحْنُ نُحْیِ الْمَوْتِی وَنَكْتُبُ مَا قَدَّمُوا  
 وَآثَارَهُمْ وَكُلَّ شَیْءٍ اَحْصَيْنَاهُ فِی  
 اِمَّا مٍ مُّبِیْنٍ ⑫

وَاضْرِبْ لَهُم مَّثَلًا اَصْحَابَ الْقَرْیَةِ  
 اِذْ جَاءَهَا الْمُرْسَلُوْنَ ⑬  
 اِذْ اَرْسَلْنَا اِلَیْهِمْ اِثْنِیْنِ فَكَذَّبُوهُمَا

8. Katonda yakuba ekifaananyi ky'abo abatasobola kukkiriza. nti balinga emikono gyabwe egisibiddwa ne gyambikibwa mu nsingo zaabwe. olw'ekyo emitwe gyabwe ne giralambazibwa ne batasobola kulaba bya mu maaso.

9. Era Katonda yasiikiriza mu maaso gaabwe n'emabega waabwe ate n'ababikkako ekibikka kale ne baba nga tebasobola kulaba mazima wadde Ekkubo ly'Obulunngamu.

12. Katonda Y'oyo alizuukiza abafu n'abasasula empeera z'emirimu gyabwe. Era buli mirimu gya buli omu agiwandiika. n'awandiika n'empeera z'ebyo eburungi bye baaleka bakoze. ng'okuzimba emizikiti n'amasomero, teekako n'okusomesa okugasa. na buli kirungi ekirala kyonna kye baaleka. Era na buli yenna eyatandikawo ekibi ne kisigala nga kikyakolwa. naye awandiikirwa obubi bwakyo.

limbisa bombiriri ne tubongera n'owokusatu, ne babagamba nti: Mazima ffe tutumiddwa gye muli.

15. (Ab'oku kyalo) ne babagamba nti: Temuli mmwe wabula abantu oku-faanana nga ffe. Era teyassa Katonda Omusaasizi kintu kyonna. Temuli mmwe wabula mulimba.

16. (Ababaka) ne bagamba nti: Mukama waffe amanyi nti mazima ffe tutu-middwa gye muli,

17. Tewali kituvunaanwa (kirala kyonna) wabula okutuusa obubaka obun-nyonyofu.

18. (Ab'oku kyalo ne) bagamba: Mazima tujjiddwa ekikwa ku lwammwe. Bwe munaaba temuleseeyo (kutugamba ebyo bye mwogera), tujja kubakuba amayinja era bijja kubatuukako ebi-bonyobonyo ebiruma okuva gye tuli.

19. (Ababaka) ne babagamba nti: Ekikwa kyammwe kiri nammwe (olw'oku-wakanya Obubaka)! Bwe mubuuliddwa (okwawula Katonda mutusa-sudde na kutuyita ba kikwa)? Wabula mmwe muli kibiina ekiyitirivu ky'okusukka (mu bwonoonyi)!

20. Omusajja n'ajja nga ayanguwa okuva ku nkomerero y'ekibuga, n'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Mugoberere ababaka (ba Katonda).

21. Mugoberere abo abatabasaba mpeera (ku lw'obubaka bwe babatuusaako); ate nga nabo balunggamu (bagoberera ebyo bye balagira mu kukwata ekkubo eddungi eririmu okulokoka n'okwesiima).

فَعَزَّزْنَا بِتَالِثٍ فَقَالُوا إِنَّا إِلَيْكُمْ  
مُرْسَلُونَ ﴿١٣﴾

قَالُوا مَا أَنْزَلْنَا بَشَرًا مِثْلَكَ وَمَا أَنْزَل  
الرَّحْمَنُ مِنْ شَيْءٍ إِلَّا أَنْتُمْ إِلْتِكُلُّيُونَ ﴿١٤﴾

قَالُوا رَبَّنَا عَلِّمْنَا لِنَا إِلَيْكُمْ  
لَمُرْسَلُونَ ﴿١٥﴾

وَمَا عَلَّمْنَا إِلَّا الْبَالِغَ الْمُبِينِ ﴿١٦﴾

قَالُوا إِنَّا تَطَيَّرْنَا بِكُمْ لَئِن لَّمْ تَكُنْ  
لَكُمْ بَرَاءَةٌ مِنَ اللَّهِ ﴿١٧﴾

قَالُوا طَائِفَةٌ مِّنْكُمْ أَعْلَمُ مِنَ الَّذِينَ  
بَلَّ أَنْتُمْ قَوْمَهُمْ يُؤْنَوْنَ ﴿١٨﴾

وَجَاءَ مِنَ الْمَدِينَةِ رَجُلٌ يُّبَشِّرُ  
قَالَ يَا قَوْمِ اتَّبِعُوا الْمُرْسَلِينَ ﴿١٩﴾

اتَّبِعُوا مَنْ لَا يَسْئَلُكُمْ أَجْرًا وَهُمْ  
يُهْتَدُونَ ﴿٢٠﴾

22. Nnina ki nze ekinngaana okusinza Oyo (Katonda) eyantonda nga na gy'Ali gye mulizzibwa?

وَمَا لِيَ لَا أَعْبُدَ الَّذِي فَطَرَنِي وَإِلَيْهِ  
مُرْجَعُونَ ﴿٢٢﴾

23. Nfuule ebirala ebitali Ye bakatonda nga bw'aba Katonda Omusaasizi enjagalizza akabi, tekuyinza kungasa nze kintu kyonna akuwolereza kwabwe, era nga tebayinza kumpunya?

أَمْ آتَاخُذُ مِنْ دُونِهِ الرَّهْمَةَ إِنَّ يُبْرَدُنِ  
الرَّحْمَنُ بَصَرًا لَا تَعْنَىٰ عَنِّي شَفَاعَتُهُمْ  
شَيْئًا وَلَا يُنْقَدُونَ ﴿٢٣﴾

24. Mazima nze bwe mba nga nfudde ekyo ekitali Katonda ekisinzibwa, mba ndi mu bubuze obweyolefu.

إِنِّي إِذْ أُلْقِيْتُ ضَلِيلٌ مُّبِينٌ ﴿٢٤﴾

25. Mazima nze nzikiriza Katonda wammwe, kale mumpulirize! (Tebaa-muwuliriza wabula ne bamutta).

إِنِّي آمَنْتُ بِرَبِّكُمْ فَاسْمِعُونِ ﴿٢٥﴾

26. N'agambibwa (oluvannyuma lw'o-kufa) nti: Yingira (Ejjana) Ennyumba Ey'emirembe. N'agamba (oluvannyuma lw'okugiyingira) nti: Abange nze! Singa kimanyi ekibiina kyange

قِيلَ ادْخُلِ الْجَنَّةَ قَالَ يَا لَيْتَ قَوْمِي  
يَعْلَمُونَ ﴿٢٦﴾

27. (Banditegedde) ekyo Mukama Katonda wange ky'ansonyiyidde n'anteeka mu bagabirwa abebitiibwa.

بِمَا عَفَرَ لِي رَبِّي وَجَعَلَنِي مِنَ الْمُكْرَمِينَ ﴿٢٧﴾

28. (Katonda agamba): Tetwassa ku kibiina kye oluvannyuma lwe ggye (Iya kubazikiriza) kuva mu ggulu, era tetwali ba kulissa (mbu tulyoke tuzikirize abantu).

وَمَا أَنْزَلْنَا عَلَىٰ قَوْمِهِ مِنْ بَعْدِ هَ مِنْ  
جُنْدٍ مِّنَ السَّمَاءِ وَمَا كُنَّا مُنْزِلِينَ ﴿٢٨﴾

22. Amakulu yategeeza nti tewali kinziyiza kusinza Katonda Omutonzi n'okumwawula obuta-mugattako kintu kirala kubanga Ye ye yantonda era ne Gy'Ali gye mugenda okudda oluvannyuma lw'okuzuukira. Olwo lw'alisasula buli omu empeera z'emirimu gye: Egyo emirungi agisasule ebirungi n'emibi abonereze eyagikola.

26. Ekilegeeza nti singa bakimanyi nti ekirungi ekyo ekinsonyiyisizza ky'ekyo eky'okumukkiriza Kalonda wange n'okukkiriza Amazima g'Ababaka. Abantu b'ekibiina kyange singa balabaye ebyo bye nfunye n'embeera gye ndimu, ekyo kyandibawalirizza okugoberera Ababaka ba Katonda.

28. Wano Katonda yategeeza nga abantu b'ekibiina ky'omusajja oyo bwe yabazikiriza olw'oku, banga baalimbisa ababaka. Naye mu kubazikiriza tekyetaagisa kussa ggye Iya bamalayika kuva mu ggulu, wabula eky'okubazikiriza kyali kyangu nnyo okusinga ekyo.

29. Tekwali (okuzikiriza kwabwe) wabula lwali Oluboggola lumu (olw'amaanyi), okugenda okwejuukiriza nga bo bazikidde (bafudde).

إِنْ كَانَتْ الْأَكْصِيحَةُ وَوَاحِدَةً فَأَذَا هُمْ خَامِدُونَ ﴿٢٩﴾

30. Okufiirwa kuli ku baddu! Teyabajjiranga omubaka yenna wabula baalinga nga bamunyoomerera (ne batakkiriza kumugoberera)!

يَحْمِرُّكَ عَلَى الْعِبَادِ مَا يَأْتِيهِمْ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِئُونَ ﴿٣٠﴾

31. Abaffe, tebalaba emire mbe gy'abantu (egyayita) emeka be twazikiriza oluberyeberye lwabwe? Mazima bo tebagenda kudda gye bali:

الْمَعِيرَ وَكَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنَ الْقُرُونِ أَهْلَهُمُ الْيَوْمَ لَا يَرْجِعُونَ ﴿٣١﴾

32. Na mazima buli omu mu bonna (abaasooka n'ab'oluvannyuma) ba kusembezebwa mu maaso Gaffe (ku Lunaku Lw'enkomerero ku lw'okubalibwa n'okubuuzibwa).

وَلَنْ كُلُّ لُئِيٍّ بِكُلِّ صَبْرٍ لَدَيْنَا مُخَضَّرُونَ ﴿٣٢﴾

33. Kabonero gye bali (akalaga obuyinza bwa Katonda n'okusasaasira Kwe) ettaka eriba lifudde (likaze). Tulizza obulamu (n'amazzi g'enkuba) ne tufulumya okuva mu lyo empeke (ne baba) nga balya ezimu mu zo.

وَأَيُّ لُؤِيٍّ لَهُمُ الْأَرْضُ الْمَيْتَةَ أَجْبَدُهَا وَأَخْرَجْنَا مِنْهَا حَبًّا فَمِنْهُ يُأْكُلُونَ ﴿٣٣﴾

34. Ne tussa mu yo (ensi) amalimiro ag'emitende n'emizabbibu, ne tufukumula ensulo okuva mu yo,

وَجَعَلْنَا فِيهَا جَنَّاتٍ مِنْ نَخِيلٍ وَأَعْنَابٍ وَفَجَّرْنَا فِيهَا مِنَ الْعُيُونِ ﴿٣٤﴾

35. Balyoke balye mu bibala byayo, ne mw'ebyo bye gikoze emikono gyabwe. Abaffe, tebeebaza?

لِيَأْكُلُوا مِنْ ثَمَرِهِمْ وَمَا عَمِلَتْهُ أَيْدِيهِمْ أَفَلَا يَشْكُرُونَ ﴿٣٥﴾

30. Okufiiewa n'okwejjusa kuliba ku bantu abo abalimbisa bannabbi ku Lunaku Lw'enkomerero mu kiseera bwe baliraba ebibonerezo bya Katonda.

31. Amalkulu nti: Abaffe tebakifuula kyakulabirako bano abaliwo kati eky'abo abantu b'emirembe egyayita. Katonda be yazikiriza bwe baalimbisa Ababaka. nga bwe batasobola kudda kuno ku nsi beeyunge wamu omulundi ogwokubiri?

34. Singa abantu beebaza Katonda ku lw'ebyo by'abagabira mu byengera Bye ebitabalika, ne bamwawula obutamugatta na kintu kirala mu kumusinza. era ne bamugondera sso ne batamujeemera!

36. Ayawulwa (Katonda) Oyo eyatonda emitindo gyonna nga gya (bintu) bibiri bibiri mw'ebyo ensi by'emeza, ne mu bo bennyini (abantu n'atondamu abasajja n'abakazi) ne mw'ebyo ebirala (abantu) bye batamanyi!

سُبْحَانَ الَّذِي خَلَقَ الْأَزْوَاجَ كُلَّهَا  
مِمَّا تُنْبِتُ الْأَرْضُ وَمَنْ أَنْفُسَهُمْ  
وَمِمَّا لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٦﴾

37. Era kabonero gye bali (akalaga okubaawo kwa Katonda n'Obuyinza Bwe). Mu kiro tuggyamu omusana, okwejjukiriza nga mazima bo (abantu) bali mu nzikiza;

وَآيَةٌ لَهُمُ اللَّيْلُ نَسْلَخُ مِنْهُ النَّهَارَ  
فَأَظْهَرَهُمْ مُظْلِمُونَ ﴿٣٧﴾

38. N'enjuba (nayo kabonero gye bali); edduka ku butebenkerero bwayo. Okwo kwe kugeraageranya kwa (Katonda) Ow'ekitiibwa, Amanyi ennyo (buli kintu).

وَالشَّمْسُ تَجْرِي لِمُسْتَقَرٍّ لَهَا ذَلِكَ  
تَقْدِيرُ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ﴿٣٨﴾

39. N'omwezi (mu ngeri y'emu nagwo kabonero gye bali),—Twagugerera ebiffo (mwe gulabikira) akutuusa lwe guddayo ne gubanga ekikolokomba ky'entende.

وَالْقَمَرَ قَدَرَهُ مَنَازِلَ حَتَّىٰ عَادَ  
كَالْعُرْجُونِ الْقَدِيمِ ﴿٣٩﴾

40. Enjuba terina kigisobozesa kusisinkana mwezi, wadde ekiro tekiso-

لَا الشَّمْسُ يَنْبَغِي لَهَا أَنْ تُدْرِكَ الْقَمَرَ

37. Mu biraga okubaawo kwa Katonda n'obuyinza Bwe ky'ekiro kye tuggyako omusana oguba gukibisse, okugenda okwejjukiriza nga abantu bali mu kizikiza ekibeetoolodde buli ludda. Enjuba etambulira mu kifo kyayo Katonda we yagigerera okukoma, era n'ekiseera ky'erimala nga etambula: ebyo byonna tewali abimanyi wabula Katonda.

39. Omwezi ogw'embonekererwa guba mutono nnyo wabula gugenda gweyongera obunene mpolampola buli lunaku okutuusa lwe gujjula ne guba ogw'egabogabo. Ate awo we guva ne gutandika okukendeera ne guddayo nga bwe gwali ku mbonekwa yaagwo, mu kweweta nga gulinga ekikolokomba ky'entende ekikalu.

40. Enjuba, Omwezi, emmunyeenye n'ensi: buli kimu kirina ekifo (ekukubo) mwe kitambulira era mwe kyetooloorera. Okudduka kwakyo tekuyisa kifo ekyo n'ebbanga eriri wakati w'enjuba n'o-mwezi, n'ensi n'emmunyeenye ddene nnyo.

Okuya ku nsi okutuuka ku njuba wagaraageranyizibwa okuwerawo ebbanga lya mailo obukadde 93 (93,000.000). Ate okuya ku nsi okutuuka ku mwezi wagaraageranyizibwawo mailo emitwalo 24 (240,000). Ate yo emmunyeenye esinga okuba okumpi n'ensi eri mu mailo akakadde kamu n'emitalo kkumi n'ena (1.140.000).

Katonda yatonda ebyo ebintu obwaguuga buli kimu ne kyesamba kinnaakyo ebbanga eryo lyonna, alyoke akume entegeka yaabyo mu Bwengula bireme okukoonagana okutuusa ekiseera kye yabigerera okubaawo lwe kiriggwaako.

N'olw'ekyo enjuba tesobola kuisinkana mwezi. n'ekiro tekiyinzza kukulembera musana mbu

bola kukulembere (budde) misana. Buli kimu kiwugira mu mutembo (gwakyo ogwakigerekerwa).

41. Era kabonero gye bali (abantu, okuba nti) mazima Ffe twasitula bakadde baabwe (bazzukulu ba Adamu) mu lyato erikubyeko;

وَلَا إِلِيلَ سَابِقَ النَّهَارِ وَكُلٌّ فِي فَلَكٍ  
يَسْبَحُونَ ﴿٣٠﴾

وَآيَةٌ لَهُمْ أَنَّا حَمَلْنَا ذُرِّيَّتَهُمْ فِي الْفَلَكِ  
الْمُشْحُونِ ﴿٣١﴾

42. Ne tubatondera mu kifaananyi kya-lyo (amaato amalala aga buli ngeri) ago ge basaabaliramu.

وَخَلَقْنَا لَهُمْ مِن مِّنْ وَّنَاهِهِ مَا يَرْكَبُونَ ﴿٣٢﴾

43. Bwe tuba nga twagadde okubasaanyaawo tubasaanyaawo, ne batafuna abataasa era bo tebavinzza kuwona.

وَلَنْ نَّشَأَنُغْرُقَهُمْ فَلَاحِرٌ بِهِمْ لَهُمْ  
وَلَهُمْ يَنْقُذُونَ ﴿٣٣﴾

44. Wabula (tetukikola ekyo) olw'oku-saasira okuva gye Tuli n'okubeeya-gaza okutuusa ekiseera ekigere.

إِلَّا رَحْمَةً مِنَّا وَمَتَاعًا إِلَىٰ حِينٍ ﴿٣٤﴾

45. Bwe baba bagambiddwa nti: Mutye ebyo ebiri mu maaso gammwe n'ebyo ebiri emabega wammwe oba olyawo ne musaasirwa,

وَإِذَا قِيلَ لَهُمُ اتَّقُوا مَا بَيْنَ أَيْدِيكُمْ  
وَمَا خَلْفَكُمْ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٣٥﴾

46. Tekaabajjira akabonero mu bubonero okuva cri Mukama waabwe (obulaga Obuyinza Bwe), wabula baalinga nga babwawukanako (ne batafaayo)!

وَمَا تَأْتِيهِمْ مِن آيَةٍ مِن آيَاتِ رَبِّهِمْ  
إِلَّا كَانُوا عَنْهَا مُعْرِضِينَ ﴿٣٦﴾

kijewo nga essaawa yaakyo tennaba olwo ne kibaawo mu kiseera kyemisana. Kati buli kimu kirina ekiseera kyakyo kye kitayinza kusukka. Katonda Ayawulwa Oyo eyatonda ebitonde ebyamagero!

41. Wano Katonda yawa ekyokulabirako ky'okuwonya K. we bajjajaffe (abantu) mu lyato omujuzo ogwaliwo ku mulembe gwa Nabbi Nuuhu (emirembe gibe ku ye). Katonda yalagira Nabbi Nuuhu okutikkamu abo bonna abaamukkiriza n'okuteekamu ng'aggya mu buli mutindo gwa kiramu bibiri bibiri, ekisajja n'ekikazi. Katonda n'amuwonya, n'abo abakkiriza be yali nabo amataba agaayaayaalira ensi yonna. Abo abataali mu lyato, Katonda bonna yabazikiriza.

N'eryato lya Nabbi Nuuhu lye lye eryasookera ddala ku nsi, abantu ne baggya okwo okukola amaato amanene nge emmeeri.

Ekyo kabonero akalaga obuyinza bwa Katonda, bwe yagondeza omuntu okuyita ku gayanja okuva mu kitundu ky'ensi ekimu okulaga mu kirala.

45. Abakafiiri bwe baba nga bagambiddwa batye ebibonerezo bya Katonda olw'ebibi bye bakola n'ebibonyobonyo bye boolekedde mu Bulamu Obw'oluvannyuma, ku lw'okulemera kwabwe ku kuwakanya Bannabbi n'okujeemera Katonda oba olyawo n'abasaasira, tebafaayo nga beesuulirayo gwa naggamba.

47. Bwe baabanga bagambiddwa nti: Mugabe kw'ebyo Katonda bye yabawa (muyambe abaavu), (baddamu) abo abawakanya (Obwomu bwa Katonda) eri abo abakkiriza nti: Tuliise abo Katonda be yandiriisizza (Ye ku Bubwe) singa ayagadde? Temuli mmwe (abatulagira) wabula mu bubuze obwenkukunala.

وَاذِاقِلْ لَهُمْ أَنْفِقُوا مِمَّا رَزَقَكُمْ  
اللَّهُ ۗ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَالَّذِينَ  
آمَنُوا أَنْطَعِمُ مَنْ لَوْ شَاءَ اللَّهُ أَطْعَمَهُ  
إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٣٧﴾

48. Era (abakafiiri) ne bagamba nti: Endagaano eyo (ey'okutuuka kw'E-kiyaama) eribaawo ddi, bwe muba nga mwogera mazima?

وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْوَعْدُ إِنْ كُنْتُمْ  
صَادِقِينَ ﴿٣٨﴾

49. Tebalindirira wabula Oluboggola lumu (Iwokka), olulibakwata nga nabo (bakyali awo) bakaayana.

مَا يَنْظُرُونَ إِلَّا الصَّخَّةَ وَاحِدَةً تَأْخُذُهُمْ  
وَهُمْ يَخِصِّمُونَ ﴿٣٩﴾

50. Tebalisobola kulaamiragana (ku kiseera ekyo bwe kiriba kituuse wadde okumaliriza kyonna kye balibaako) era tebalidda eri abantu ba mu maka gaabwe.

فَلَا يَسْتَطِيعُونَ تَوْصِيَةً وَلَا إِلَىٰ أَهْلِهِمْ  
يَرْجِعُونَ ﴿٤٠﴾

51. Era Enngombe erifuuyibwa (ey'oku-zuukira), okwejuukiriza nga bō (abantu bonna) nga basowokamu mu ntaana okweyunira eri Mukama waabwe!

وَنُفِخَ فِي الصُّورِ فَإِذَا هُمْ مِنَ الْأَجْدَاثِ  
إِلَىٰ رَبِّهِمْ يَنْسِلُونَ ﴿٤١﴾

52. Bagambe nga (baaziirana) nti: Abange ffe! Ani atuzuukizza okutuggya mu

قَالُوا يَا وَيْلَنَا مَنْ بَعَثَنَا مِنْ مَرْوَدٍ نَأْتِيهِ

47. Abakafiiri abeesobola bagamba abakkiriza ababa bababuulirira okugabira abaavu. nti: "Singa Katonda yali ayagala balye Ye kennyini yandibagaggawazizza era n'abalisa mu bigabwa Bye, naye Katonda nga bw'atakyagala, naffe tusaana tusse kimu ne Katonda."

49. Okutuuka kw'ekiseera ekyo Katonda kye yalagaanya kugenda kuba luboggola lumu. Malayika bw'aliboggola bonna ne bafa kibwatukira mu kiseera bwe baliba nga balli mu kukaayana nga engeri yaabwe eya bulijjo. bwe baba mu butale ne ku mirimu gyabwe.

51. Oluvannyuma lw'okufa, abantu bonna Katonda agenda kulagira Malayika Israafile afuuwe mu nngombe omulundi ogw'okuuzukira. Banna abantu basowoke mu ntaana zaabwe nga balamu, bagenda bunnambiro eri Katonda waabwe ku lw'okubalamula.

- bugalamiro bwaffe? (Baligambibwa nti): Kino ky'ekyo Katonda Omusaasizi kye yalagaanyisa n'ababaka (ba Katonda) baayogera mazima,
53. Tekuliba (okubazuukiza okuva mu ntaana), wabula Olubboggola lumu, okwejuukiriza nga bo bonna base-mbezebwa we Tuli (ku lw'okubalibwa n'okubuuzibwa)!
54. (Baligambibwa): Olwa leero tewali mwoyo gunaalyazaamaanyizibwa kintu na kimu; era temujja kusalulwa wabula ebyo bye mwali mukola (ku nsi; bwe binaaba eburungi musasulwe obulungi, bwe binaaba ebibi mubonerezebwe).
55. Ddala Bannanyini kuyingira (Jjana) Ennyumba Ey'emirembe olwa leero bali mu kutawaana nga beeyagala (n'okusanyuka mu buli kye bakola),
56. Bo ne bakyala baabwe, baliba mu kisiikirize nga beesigamye ku bitanda ebiwunde;
57. Balina mu yo ebibala (ebya buli kika) era balina (okufuna) buli kyonna kye basaba;
58. (Baligambibwa): Mirembe!—(Nga) kigambo ekivudde eri Katonda Omusaasizi!

هَذَا مَا وَعَدَ الرَّحْمَنُ وَصَدَقَ الْمُرْسَلُونَ ﴿٥٣﴾

إِنْ كَانَتْ إِلَّا صَيْحَةً وَاحِدَةً فَإِذَا هُمْ جَمِيعٌ لَّيْسَ يَتَخَفُونَ ﴿٥٤﴾

فَأَيُّ مَوْلَا نُظْمَ نَفْسٍ سَيِّئًا وَلَا يَحْزُونَ إِلَّا مَا لَكُمْ مِنْ عَمَلُونَ ﴿٥٥﴾

إِنَّ أَصْحَابَ الْجَنَّةِ الْيَوْمَ فِي شُغُلٍ فَاكِهُونَ ﴿٥٦﴾

هُمْ وَأَزْوَاجُهُمْ فِي ظِلِّ عَلَى الْأَرْبَابِك مُتَنَكِّتُونَ ﴿٥٧﴾

لَهُمْ فِيهَا فَاكِهَةٌ وَلَهُمْ مَا يَدَّعُونَ ﴿٥٨﴾

سَلَامٌ قَوْلًا مِنْ رَبِّ رَحِيمٍ ﴿٥٩﴾

55. Mu aya eno Katonda anyumya ku abo abaliyingira Ejjana oluvannyuma lw'okuva mu bbaliro nti. ku Lunaku olwo balibeera mu kajaganyo n'okwesiima nga basanyukira ebyengera bye basanze mu Jjana, nga bibeerabizza abantu abalala ku lw'amasanyu n'ebirungi bye balibaamu. Mulibaamu n'abawala abato mu Jjana ab'amabeere ag'ebitutu, abatakwatibwanganako musajja yenna.

58. Jaabiru mutabani wa Abdulla yagamba nti Nabbi(s.a.w.) yagamba nti: Abantu b'omu Jjana baliba nga bati mu kwesiima, mu kiseera ekyo Ekitangaala ne kibeevolekera ne basitula emitwe gyabwe. Baligenda okulaba nga Katonda Ow'ekitiibwa abalabikidde waggulu waabwe. Alibalamusa nga abagamba nti "Emirembe gibe ku mmwe, Mmwe abantu b'omu Jjana" Nakyo kye kigambo kye



59. (Bo abonoonyi baligambibwa):  
Mweyawule (ku bakkiriza) olwa leero,  
Abange mmwe abonoonyi!

وَأَمَّا زُوايَوْمَئِذٍ الْمَجْرُمُونَ ﴿٥٩﴾

60. Saalagaana nammwe (ne Mbakuu-  
tira) Abange mmwe batabani ba  
Adamu (abaana b'omuntu), nti te-  
musinzanga Sitaane—Mazima ye  
mulabe wammwe omweyolefu?—

أَلَمْ أَعْهَدَ إِلَيْكُمْ بَنِي آدَمَ أَنْ لَا  
تَعْبُدُوا الشَّيْطَانَ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ  
مُسْتَعِينٌ ﴿٦٠﴾

61. (Ne Mbagamba nti): Musinze Nze  
(Katonda wammwe), eryo ly'ekkubo  
eggolokofu?

وَأَنْ أَعْبُدَ فِي هَذَا صِرَاطِ مُسْتَقِيمٍ ﴿٦١﴾

62. Nate mazima yabuza ebitonde  
nkuumuliitu mu mmwe. Abaffe  
temwali bategeera (musobole okwe-  
wala okugwa mu ddubi mutyo)?

وَلَقَدْ أَضَلَّ مِنْكُمْ جِبِلًّا كَثِيرًا أَفَلَمْ  
تَكُونُوا تَعْقِلُونَ ﴿٦٢﴾

63. Ogwo gwe muliro Jahannamu ogwo  
gwe mwalinga mulagaanyisibwa (nga  
muli ku nsi, nga y'empeera y'obu-  
jeemu bwammwe).

هَذِهِ جَهَنَّمُ الَّتِي كُنْتُمْ تُوعَدُونَ ﴿٦٣﴾

64. Mugwesogge olwa leero ku lw'ebyo  
bye mwabanga muwakanya.

اصْلَوْهَا يَوْمَئِذٍ بِمَا كُفَرْتُمْ ﴿٦٤﴾

65. Olwa leero Tujja kuzibikira emimwa  
gyabwe, gyogere Naffe emikono  
gyabwe gajulire amagulu gaabwe  
kw'ebyo bye baaling abakola.

الْيَوْمَ نَخِمْ عَلَى أَفْوَاهِهِمْ وَتُكَلِّمُنَا  
أَيْدِيَهُمْ وَتَشْهَدُ أَرْجُلُهُمْ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٦٥﴾

66. Singa twali twagadde twandibazibye  
amaaso (kuno ku nsi) ne bawa-  
mmanta Ekkubo. Ngeri ki bwe ba-  
ndiyinzizza okulaba?

وَلَوْ نَشَاءُ لَطَمَسْنَا عَلَى أَعْيُنِهِمْ فَاسْتَبَقُوا  
الصِّرَاطَ فَأَنَّى يُبْعِرُونَ ﴿٦٦﴾

yagamba mu Kuraane: "Emirembe!-Ekiramuso ekivudde eri Katonila Omusaasizi"

Nabbi yagamba nti n'abatunuulira nabo ne bamutunuulira okutuusa lw'alibabaluko ne basigaza Ekitangaala n'emikisa Gye mu Nnyumba zaabwe.

65. Eyo y'engeri y'abakafiiri n'abannanfuusi gye balibaamu ku Lunaku Lw'enkornerero. Bagenda kwegaana mu maaso ga Katonda ebibi bye baakola ku nsi. Balirayira nga bwe batabiko-  
langa. Ekyo Katonda kye kirimuzibikiza emimwa gyabwe wabula ayatuze ebitundu by'emibiri  
gyabwe biryoke bibaweeko obujullzi nga bibalumiriza.

67. Era singa twali twagadde twandifudde ebikula byabwe (ne baba emibiri obubiri abatava mu kifo we bali), (kale) tebandisobodde kugenda (mu maaso) era tebandizze (mabega).
68. Oyo gwe tuwangaaza n'akaddiwa tumunafuya ne tumuzza amabega mu butonde (n'awutta, n'aba nga takyayinza wadde okumanya ebyo bye yali amanyi). Abaffe tebategeera?
69. Era tetwamuyigiriza (Muhammadi) nnyimba, era tekimusaanira (kuba muyimbi ku lw'ekitiibwa kye n'ekifo kye). Teri yo (Kuraane) wabula Kya-kubulirira era Kitabo ekinnyonnyofu:
70. Alyoke atiise oyo ayali omulamu (w'omwoyo n'amagezi), kikakate Ekigambo (ky'ebibonyobonyo) ku bawakanyi (abawakanya okulunngamya kwe).
71. Abaffe, tebalaba nti mazima Ffe twabatondera mw'ebyo emikono Gyaffe bye gyakola, ebisolo ebirundibwa (ne baba nga) nabo be babifuga,

وَلَوْ نَشَاءُ لَمَسَخْنَهُمْ عَلَىٰ مَكَانَتِهِمْ فَمَا  
اسْتَأْذَنُوا مُضِيًّا وَلَا يَرْجِعُونَ ﴿٦٧﴾

وَمَنْ نَعْمُرْهُ نُنَكِّسْهُ فِي الْخَلْقِ أَفَلَا  
يَعْقِلُونَ ﴿٦٨﴾

وَمَا عَلَّمْنَاهُ الشِّعْرَ وَمَا يَنْبَغِي لَهُ إِنْ هُوَ  
إِلَّا ذِكْرٌ وَقُرْآنٌ مُّذَمِّمٌ ﴿٦٩﴾

لِيُنذِرَ مَنْ كَانَ حَيًّا وَيَجْعَلِ الْقَوْلَ عَلَى  
الْكَافِرِينَ ﴿٧٠﴾

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا خَلَقْنَا لَهُمْ مِنَّا عَمَلَاتٍ  
أَيَّدِينَا أُنْعَامًا فَهُمْ لَهَا مَالِكُونَ ﴿٧١﴾

67. Bandibadde ku ngeri emu yokka nga tebalina maaso ga kulabisa wadde okuba n'obusobozi bw'okutambula balyoke beenoonyeze ekkubo ku lwabwe. Wabula kati okuva lwe balina byonna ebibasobozesa okukola kyonna kye baagala era nga balina ebbeetu okwesalirawo mu buli kintu. kale bavunaanyizibwa ku lw'emigugu gy'ebivve bye bazza.

68. Omuntu bw'akula n'akaddiwa addayo n'abeera nga omuto, okutuusa lw'agenda nga addirira n'atuuka n'okwerabira ebyo bye yali amanyi--Ebiyungo bye ne binafuwa n'okutegeera kwe n'atuuka okuba ng'omwana omuto.

69. Mu aya eno Katonda yayagala okudda mw'abo abaalina bagamba nli Nabbi (s.a.w.) muyimbi wa bitontome era nti ne Kuraane nnyimba buyimbi ze yayiyiriza. Newankubadde baagambanga bat yo, naye mu butuufu baali bamanyi nti Nabbi si muyimbi era nti n'ebigambo by'azze nabyo si by'ebya bulijjo, okuggyako baagendereranga kubuzaabuzza, beesembese ekyo ku lutalo lwe baasitulawo ku ddiini Nabbi gye yaleeta nga bagenderera okugiremesa.

Katonda kyeyava assa aya eno nga egg yawo ebyo bye haajwetekanga ku Nabbi. era n'akiggumiza nga Nabbi (s.a.w.) bw'atasaanira kuba muyimbi olw'ekifo kye ky'alimu n'eddaala lye.

72. Ne tubibakkakkanyiza (ne bibagondera), (kale ne kiba nti) mulimu mu byo bye beebagala era mulimu ebimu bye balya?

وَذَلَّلْنَاهَا لَهُمْ فَمِنْهَا رَكُوتُهُمْ وَمِنْهَا يَأْكُلُونَ ﴿٤٢﴾

73. Era balina mu byo emigaso (emirala) n'ebiyokunywa (nga amata). Abaffe tebeebaza?

وَأَمْزَجْنَا لَهُمْ مَنَافِعَ وَمَشَارِبَ أَفَلَا يَشْكُرُونَ ﴿٤٣﴾

74. Ate (abakafiiri) ne bafuula ebyo ebitali Katonda Omutonzi bakatonda (nga babasinza) mbu oba olyawo ne bataasibwa.

وَاتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ آلِهَةً لَعَلَّهُمْ يُبْصَرُونَ ﴿٤٤﴾

75. Sso nga tebasobola kubataasa: nabo ku bo (bakatonda baabwe) ggye lya-bwe eriri awo obulindaala okubakuumu:

لَا يَسْتَطِيعُونَ نَصْرَهُمْ وَهُمْ لَهُمْ جُنْدٌ مُنْحَضُونَ ﴿٤٥﴾

76. Kale tebikunyiikaazanga (Ggwe Muhammadi) ebigambo byabwe (bye bakuvumagana). Mazima Ffe tumanyi ekyo kye bakweka n'ekyo kye boolesa.

فَلَا يَحْزُنكَ قَوْلُهُمْ إِنَّا نَعْلَمُ الْيُسُوفَ ﴿٤٦﴾

77. Abaffe, omuntu talaba nti mazima Ffe twamutonda mu mazzi agazaala (amani)? Naye okwejjuukiriza nga ye muwakanye omweyolefu (awakanya okuzuukira).

أَوَلَمْ يَرِ الْإِنْسَانَ إِذَا خَلَقْنَاهُ مِنْ نُطْقَةٍ فَإِذَا هُوَ خَصِيمٌ مُبِينٌ ﴿٤٧﴾

78. N'atukubira ekifaananyi (nga awakanya okuzuukira) ne yeerabira obutonde bwe, n'agamba nti: Ani alizuukiza amagumba nga nago (gamaze okuba) amamulungufu?

وَضَرَبَ لَنَا مَثَلًا وَنَسِيَ خَلْقَهُ قَالَ مَنْ مُنِّي الْعِظَامُ وَهِيَ رَمِيمٌ ﴿٤٨﴾

73. Mu bisoio ebirundibwa abantu balinamu emigaso emirala nkumu. Ng'oggyeeko okunywa amata gaabyo. okulya ennyama yaabyo n'okubyebagala. mu byoya byazo mukolwamu engoye n'amaliba gambalwa wamu n'okukolebwamu weema. Ate era mukolwamu engatto, emisipi, enkoba. ensawo n'ebirala. Go amagumba nago galina emigaso gyago. Awo ne kyebuuzibwa nti: "Abaffa abantu bayinza okwerabira eburungi ebyo Katonda bye yabawa ne batamwebaza?".

75. Abantu abasinza ebifaananyi. balubaale na buli bakatonda ab'obulimba.aboababasinza ate be baba abaserikale abakuumu bakatonda baabwe abo obutabaako kabi teekako n'okubaweerza.

79. Gamba nti: Agenda kugazuukiza Oyo (Katonda) eyagatandikawo omulundi omuberyeberye. Naye Mumanyi ku buli kitonde,

قُلْ يُحْيِيهَا الَّذِي أَنشَأَهَا أَوَّلَ مَرَّةٍ  
وَهُوَ بِكُلِّ خَلْقٍ عَلِيمٌ ﴿٧٩﴾

80. Oyo eyabateekera mmwe omuliro okuva mu muti omubisi (oluvannyuma lw'okukala kwagwo) okwejjuuriza nga nammwe mugukumamu omuliro!

الَّذِي جَعَلَ لَكُم مِّنَ الشَّجَرِ الْأَخْضَرِ  
نَارًا إِذَا فَاذَأْتُم مِّنْهُ تُوقَدُونَ ﴿٨٠﴾

81. Abaffe, tali Oyo eyatonda eggulu n'ensi ayinza ku kutonda ekifaananyi kyabwe (abantu, omulundi ogwokubiri)? Yee (asobolera ddala)! Naye Ye Mutonzi, Omuyitirivu w'Okumanya!

أَوَلَيْسَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ  
بِقَدِيرٍ عَلَىٰ أَن يَخْلُقَ مِثْلَهُمْ ۗ بَلَىٰ ۗ  
وَهُوَ الْخَلَّاقُ الْعَلِيمُ ﴿٨١﴾

82. Mazima Ekiragiyo Kye bw'aba ayagedde ekintu (okubaawo), kwe kugamba nti: Ba! ne kibaawo (mu kiseera ekyo kyennyini nga bw'akyagadde)!

إِنَّمَا أَمْرُهُ إِذَا أَرَادَ شَيْئًا أَن يَقُولَ لَهُ  
كُنْ فَيَكُونُ ﴿٨٢﴾

83. Ayawulwa (Katonda) Oyo alina mu mukono Gwe obufuzi bwa buli kintu! Ne gy'Ali gye mulizzibwa mwenna (alyoke ababale emirimu gammwe).

فَسُبْحَانَ الَّذِي بِيَدِهِ مَلَكُوتُ كُلِّ  
شَيْءٍ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٨٣﴾

81. Omuntu asaana akitegeere nti Katonda Oyo asobola okutonda eggulu n'ensi awamu n'obunene bwabyo, mu ngeri y'emu asobola okuzzaawo omuntu oluvannyuma lw'okufa n'amagumba okumulunguka. Ekyo kisobokera ddala kubanga okuzzaawo omuntu kye kyangu okusinga okutonda eggulu.


## EBIFA KU SSUULA ASW-SWAFFAAT MU BUFUNZE (37)

Nayo yakkira Makka mu myaka egy'omu masekkati w'ekisera Nabbi (s.a.w.) kye yamala e Makka nga tannasengukira Madiina. Essuula eyitibwa Asw-Swaffaat okusiziira ku kigambo *Wasw-swaaffaati* essuula ky'etandika nayo mu aya esooka. Essuula yakkira mu kiseera akenyago wakati w'abatakkiriza n'Obusiraamu we kaali kabubbuukira olwo nga Nabbi Ow'ekitiibwa (s.a.w.) ne Bamaswahaaba be bali mu biseera ebikakali ddala ebya kanaayokyani.

Abatakkiriza b'omu Makka balabulwa ne ssekulabulwa olw'okujeje n'okunngoola kwabwe Nabbi Muhammadi n'Obubaka bw'okusinza Katonda Omu (*Tawhiid*) n'okukkiriza Obulamu Obw'enkomerero wamu n'obutakkiriza butuufu bwa bwannabbi bwa Muhammadi (s.a.w.). Okwo kwongerezebwa okukibakakasa nga Nabbi oyo gwe bajeeja bw'ali ye n'eggye lya Katonda ab'okuwangula mu buli ngeri awamu n'okuba nga bo abatakkiriza beeyinula eryaanyi lyabwe n'emmaalii. Mu kiseera ky'okugambibwa batyo ng'olwo embeera eri Abasiraamu ne Nabbi (s.a.w.) ya kazigizigi kubanga abasinga obungi mu bakkiriza baali bamaze okusenguka nga mu Makka wasigaddewo nga amakumi ataano gokka wamu ne Nabbi abaali nga beetyotyogolerwako abatakkiriza mu ngeri y'obukambwe n'obukyawe ebitagambika. Olwo nno abatakkiriza nga bajaganya basuubira nti Obusiraamu bwa kulemererwa busaanewo.

Awamu n'okulabula n'okutiisa okwo Katonda atabikamu okukoowoola abantu bakkirize nga yeeyambisa ebirowoozo ebisikiriza era ebikakasa amazima ga Katonda Omu (*Tawhid*) n'Obulamu Obw'oluvannyuma. Enzikiriza ya bakatonda abangi evumirirwa n'esambajjwa okulaga nga bw'eteriimu nsa okugeraageranya n'amakula g'enzikiriza y'Obwakatonda Omu. N'olw'ensonga eyo ebyafaayo by'abantu b'emirembe egyasooka binyumizibwa okulaga engeri Katonda gye yawagirangamu Ababaka Be n'abagoberenzi baabwe ate n'akangavvulamu abo abaabalimbisanga. Nga ekyokuyiga ekisingira ddala mu byafaayo ekyo mu Ssuula eno ky'ekya Nabbi Ibrahiimu (a.s.) eyeewaayo okusaddaaka omwana we omu yekka gwe yalina olw'ekirooto Katonda mwe yamulagirira omusaddaake. Mw'ekyo mwalimu eky'okuyiga ssi eri abatakkiriza bokka wabula n'eri Abakkiriza nti Ennono y'Obusiraamu, omukkiriza owa ddala kwe kuba obulindaala okweresa ebibye byonna ku lw'okwagala Katonda oluvannyuma lw'okunywegera Obusiraamu.

Essuula emalirirza nga esanyusa Abakkiriza, abo abaali mu mbeera eza kanaayokyani olw'okuwalagganyizibwa abatakkiriza olw'okugoberera kwabwe Nabbi (s.a.w.) nti tebaterebuka oba okuddirira olw'agazibu ge baalimu, kubanga mu nkomerero ya byonna be baali ab'okuwangula ate bo bakalibujeemu baswaluke wamu n'okufaafaaganirwa, — era ddala nga bwe kyali mu myaka mibale bubazi egyaddirira Abasiraamu mmwe baawangulira Makka n'ewalala.



## ESSUULA ASW-SWAAFFAAT (37)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 5 ne Aya 182

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ennyo Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde bamalayika abasimbye ennyiriri,

وَالصَّافَّاتِ صَفًّا ١

2. Ndayidde ne bamalayika abakanga (ebire) olukanga (nga babisindika okutuuka eyo Katonda gy'aba ayagadde).

فَالرَّجْرَجَاتِ رَجْرًا ٢

3. Ndayidde bamalayika abasoma (obubaka bwa Katonda—Kuraane, n'Ebitabo ebirala)!

فَالثَّلِيثِ ذُرًّا ٣

4. Mazima ddala Katonda wammwe Ali Omu!—

إِنَّ الْهَكْمَ لَوَاحِدٌ ٤

5. Omufuzi w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri, era ye mufuzi w'e Buvanjuba (n'e Bugwanjuba).

رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا وَ

رَبُّ الْمَشَارِقِ ٥

6. Mazima Ffe twawunda eggulu eriraanye ensi n'obunyirivu bw'emmunyenyeny (ezo ezirabika nga zectoolodde buli ludda);

إِنَّا زَيْنًا السَّمَاءِ الدُّنْيَا بَرِيَّةً وَالْكَوَاكِبِ ٦

7. N'okukuuma eggulu mu buli sitaane ennewagguzi, eyajeemera Katonda,

وَحَفِظًا مِنْ كُلِّ شَيْطَانٍ مُرِيدٍ ٧

8. Zireme kuwuliriza (ezo sitaane) eri ebitonde ebyawaggulu (ebitukuvu)—

لَا يَتَمَعُونَ إِلَى الْمَلَأِ الْأَعْلَى وَيُقَدُّونَ ٨

1-4. Katonda yatandika essuula eno n'okulayira ebimu mu bitonde Bye—nabo be bamu ku bamalayika abali ku mirimu egy'enjawulo nga yecerayirira nga bw'Ali Katonda Omu Yekka mu Bwakatonda Bwe, era nga Ye mufuzi w'eggulu n'ensi na byonna ebiri wakati wa byombi, era nga Ye ye mufuzi w'e Buvanjuba n'e Bugwanjuba.

8. Sitaane bwe ziba zebbirira nga zaagala ziwulirize ebigambo ebiva mu ggulu, zigobwa olugobwa lwa maanyi nga zikanyuugirirwa ebitawuliro okuva buli ludda.

zikanyugirirwa ebitawuliro okuva ku buli ludda;

مِنْ كُلِّ جَانِبٍ ⑧

9. Nga bagobwa olugobwa, era balina ebibonyobonyo ebityitirivu eby'olubeerera (mu Bulamu Obw'oluvannyuma),

دُحُورًا وَلَهُمْ عَذَابٌ وَاصِبٌ ⑨

10. Okuggyako eyo (sitaane) eba esikuddeyo (ekigambo) olusikula, ne kimugoberera ekitawuliro ekyaka (ne kimwokya).

إِلَّا مَنْ خَطِفَ الْخَطْفَةَ فَأَتْبَعَهُ شَهَابٌ ثَائِبٌ ⑩

11. Babuuzze (Ggwe Muhammadi) bakuddemu (abo abawakanya Okuzuukira): Be basinga obuzibu mu kutoondebwa oba ebyo bye twatonda (okugeza nga eggulu n'ensi n'ebirala)? Mazima Ffe twabatonda mu ttaka ekkwafu!

فَأَسْتَفْتِهِمْ أَهُمْ أَشَدُّ خَلْقًا أَمْ مَنْ خَلَقْنَا إِنَّا خَلَقْنَاهُمْ مِنْ طِينٍ لَازِبٍ ⑪

12. Abaffe ggwe weewuunyizza nga banyoomerera (nga balimbisa Okuzuukira),

بَلْ عَجِبْتَ وَيَسْخَرُونَ ⑫

13. Bwe baba nga babuuliddwa tebakkiriza bibabuulirirwa

وَإِذَا دُرُّوا أَيْدِيكُمْ فَاذْكُرُون ⑬

14. Era bwe baba nga balabaye akabonero (akalaga Obuyinza Bwaffe) bakagayirira,

وَإِذَا رَأَوْا آيَةً يَسْتَسْخَرُونَ ⑭

15. Ne bagamba nti: Tekiri kino wabula ddogo eryeyolefu!

وَقَالُوا لَئِنْ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُبِينٌ ⑮

16. (Ne bagamba): Bwe tuliba nga tufudde ne tufuuka ettaka n'amagumba (agamerenguse), (nate) mazima ffe tuli ba kuzuukizibwa?

عَادًا وَمَتَانًا وَأَلْبَابًا وَعِظَامًا ⑯  
لَسَوْفَ نُنَبِّئُكَ ⑰

17. Wadde ne bakitaffe abaasooka (ckufa nabo ne bazzibwa obulamu nate)?

أَوْ أَبَاهُ وَإِنَّا لَوَدُونَ ⑱

18. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Yee, (mugenda kuzuukira); nga nammwe munyoomwa.

فَلْيَعْمُوا إِنَّمَا دَخِرُونَ ⑲

19. Mazima okwo (Okuzuukira) luliba lukanga lumu, okugenda okwejjukiriza nga bo (balamu) batunula! فَمَا هِيَ زَجْرَةٌ وَاحِدَةٌ فَإِذَا هُمْ يَنْظُرُونَ ﴿١٩﴾
20. Bagambe (nga baaziirana): Ee, okuzikirira kwaffe! Luno lwe Lunaku Lw'okusasulwa. وَقَالُوا لَوْلَا نُنَّا هَذَا يَوْمَ الدِّينِ ﴿٢٠﴾
21. (Bamalayika balibagamba nti): Luno lwe Lunaku Lw'okulamula, olwo lwe mwali mulimbisa. هَذَا يَوْمَ الْفَصْلِ الَّذِي كُنْتُمْ بِهِ تُكذِّبُونَ ﴿٢١﴾
22. (Bamalayika baligambibwa): Mukunngaanye abo abaalyazaamaanya (abakaafiiri) ne bakyala baabwe n'ebyo bye baalinga basinza أَحْسِرُوا الَّذِينَ ظَلَمُوا وَأَزْوَاجَهُمْ وَمَا كَانُوا يَعْبُدُونَ ﴿٢٢﴾
23. Ebitali Katonda, mubalagire ekkubo erigenda mu muliro (*Al-Jahiimu*)! مَنْ دُونِ اللَّهِ فَاهْدُوهُمْ إِلَى صِرَاطِ الْحَكِيمِ ﴿٢٣﴾
24. (Wabula) mubayimirize (mu bbaliro), mazima bo ba kubuuzibwa (ku Nzikiriza zaabwe n'emirimu gyabwe): وَقِفُّهُمْ إِنَّهُمْ مَسْئُولُونَ ﴿٢٤﴾
25. (Olwo bagambibwe): Mubadde ki? Lwaki mmwe temutaasagana (abamu okutaasa bannaabwe nga bwe mwali mukola ku nsi)? مَا لَكُمْ لَا تَنْصَرُونَ ﴿٢٥﴾
26. Wabula bo olwa leero beewaddeyo (okugoberera ekiragiyo kya Katonda); بَلْ هُمْ الْيَوْمَ مُسْتَسْلِمُونَ ﴿٢٦﴾
27. Abamu ne boolekera bannaabwe nga babuuzaganya وَأَقْبَلَ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ يَتَسَاءَلُونَ ﴿٢٧﴾
28. (Abagoberezi) ne bagamba (be baagobereranga) nti: Mazima mmwe mwalinga mutujjira nga muyita ku ddyo. قَالُوا إِنَّا كُنْزُكُمْ تَأْتُونَنا عَنِ الْيَمِينِ ﴿٢٨﴾

19. Ekitegezebwa kiri nti ekigambo ky'okuzuukira liribeera ddooboozi lya mulundi gumu gwokka, Katonda ly'alibakoowooza bave mu ntaana, --Baligenda okulaba nga bayimiridde mu maaso ga Katonda mu utiisa etagambika.

28. Abagoberezi balinenya abo abaabubuza nti mwe mwatujjiranga ne mutuziyiza okukola ebirungi n'okukkiriza Katonda. n'okugoberera eddiini y'Obusiraamu. eyo Katonda gye yatulagira.



29. (Abaagobererwa) bagambe nti: Nedda, wabula (nammwe mwennyini) temwali bakkiriza. قَالُوا بَلْ كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ۝٢٩
30. Ffe tetwalina buyinza ku mmwe wabula (nammwe mwennyini) muli kibiina ekibuze. وَمَا كَانُوا لَنَا عَالِمِينَ قَدْ مَنَّ اللَّهُ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ إِذْ أَخْرَجَهُمْ مِنَ ظُلُمَاتٍ إِلَى نُورٍ بِإِذْنِ رَبِّهِمْ إِنَّ إِلَهَهُمْ لَعَلِيمٌ عَلِيمٌ ۝٣٠
31. Kikakase ku ffe ekigambo kya Mukama waffe; Mazima ffe tuli ba kukomba (ku bibonyobonyo bya Katonda eby'omuliro). فَخَسَفْنَا عَنْهَا غَابِطًا إِذْ أَخْرَجْنَا آلَ فِرْعَوْنَ ۝٣١
32. Ne tubabuza (olw'okubanga) Mazima naffe twali babuze. فَأَعْوَبْنَاهُمْ لِيُتْلَىٰ أَوْصِيَاءَ الَّذِينَ عَدُوا لَنَا لَعَلَّ يُرْتَدُّونَ ۝٣٢
33. Mazima bo ku Lunaku olwo bagenda kuba bumu mu bibonyobonyo. فَاللَّهُمَّ يَوْمَئِذٍ أَتُجَنَّبُونَ عَنِ الْمُنَافِقِينَ وَأَنَّ الْمُنَافِقِينَ هُمُ الْمُشْرِكُونَ ۝٣٣
34. Mazima bwe kityo bwe tulikola abo-noonyi. إِنَّا كَذَّبْنَاكَ بِآيَاتِنَا يَا لَمُجْرِمِينَ ۝٣٤
35. Mazima bo bwe baalinga bagambibwaw, nti: Tewali Katonda mulala wabula Katonda Omutonzi, nga beekuza, إِنَّهُمْ كَانُوا إِزْوَاجًا مُّشْرِكِينَ وَكَانَ اللَّهُ بِمَا يَكْفُرُونَ ۝٣٥
36. Nga bagamba nti: Mazima ffe tuleke bakatonda baffe ku lw'omuyimbi, omulalu? وَيَقُولُونَ إِنَّا نَأْتِيكُم بِالْحَقِّ وَإِنَّا نَكُونُونَ ۝٣٦
37. (Nedda, Muhammadi si muyimbi wadde era si mulalu) wabula yajja n'Amazima gennyini, era yakakasa amazima g'ababaka (abaamusooka). بَلْ جَاءَ بِالْحَقِّ وَصَدَقَ الْمُرْسَلِينَ ۝٣٧
38. Mazima mmwe muli ba kukomba ku bibonyobonyo ebiruma:— إِنَّكُمْ لَأَنْتُمْ آتِيهِمُ الْعَذَابَ الْإِلَهِيمَ ۝٣٨
39. Era temulisasulwa wabula ebyo bye mwalinga mukola (ku nsi);— وَمَا تُحْزَنُونَ إِلَّا مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ۝٣٩

36. Abakufiri b'omu Makka bwe baalugirwanga okukkiriza Katonda Omu baleme okumugat-tako ekintu ekirala kyonna mw'ebyo bye baasinzunga, nga bagamba nti: "Tuyinza tuya okuleka okusinza bakatonda baffe ku lw'ebigambo by'omuyimbi w'ebitontome Muhammadi. omulalu? Ne Katonda n'abalimbisa kw'ekyo kye baayogera.

40. Okuggyako abaddu ba Katonda abakola ku Lulwe, ④٠  $\text{الْأَعْبَادُ لِلَّهِ الْمُخْلِصِينَ}$
41. Abo balina ebyokulya ebimanyi-ddwa, ④١  $\text{أُولَئِكَ لَهُمْ رُزُقٌ مَّعْلُومٌ}$
42. Ebibala (ebya buli ngeri), nabo ba kugulumizibwa, ④٢  $\text{فَوَالِكِهِمْ وَهُمْ مُكْرَمُونَ}$
43. Nga bali mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) ④٣  $\text{فِي جَنَّتِ التَّعْيِيمِ}$
44. Nga bali ku bitanda nga boolekaganye (eno bwe banyumya); ④٤  $\text{عَلَى سُرُرٍ مُتَقَابِلِينَ}$
45. Balyetooloozebwanga eggiraasi z'e-byokunywa ebiva mu nsulo (ennyonjo ennyo) ezitakalira; ④٥  $\text{يُطَافُ عَلَيْهِمْ بِكَأْسٍ مِّنْ مَّعِينٍ}$
46. Ebyokunywa ebyeru (ebitukuvu) ebiwoomera abanywi, ④٦  $\text{بَيْضَاءَ لَدَى الشَّرِبِينَ}$
47. Temuli mu byo (ebinywebwa ebyo) kyonoona magezi era tebali bo ba kutamiira ku lwabyo. ④٧  $\text{لَا فِيهَا عُوقُولٌ وَلَا هُمْ عَنْهَا يُنْزَفُونَ}$
48. We bali waliwo (abakyala) abakkakamu b'amaaso, ab'amaaso amanene amalungi, ④٨  $\text{وَعِنْدَهُمْ قُصُورٌ الطَّرْفِ عَيْنٍ}$
49. Nga bo abakyala (abo) balinga Luulu (amayinja ag'emiwendo) agakuumwa (obutiribiri) ④٩  $\text{كَأَلْهَنٍ بَيْضٍ مَّكْنُونٍ}$
50. Abamu ne boolekagana ne bannaabwe nga babuuzaganya (nga banyumya engeri gye baaliko ku nsi). ⑤٠  $\text{فَأَقْبَلَ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ يَتَسَاءَلُونَ}$
51. Omwogezi (omu) mu bo n'agamba: Mazima nze nalina ow'omukwano, ⑤١  $\text{قَالَ قَائِلٌ مِّنْهُمْ إِنِّي كَانَ لِي قَرِينٌ}$

48. Abakyala abo baliba batukuvu, ab'ensa, abakkakkanya amaaso ku batali babbaabwe wabula nga bagamaliza ku babbaabwe bokka.

49. Katonda yayogera bw'atyo ku bakyala abo olw'emibiri gyabwe emigonvu emiyooyoote n'ebbala lyabwe eddungi, nga bafaanana nga amayinja ga Luulu ag'emiwendo.

52. Nga anngamba nti: Mazima ggwe! oli mw'abo abakkiriza nga baka-kasa?—  
 يَقُولُ أَيُّنَاكَ لَيْسَ الْمَصْدِقِينَ ﴿٥٢﴾
53. Nti bwe tuliba nga tufudde ne tubeera ettaka n'amagumba (agamerenguse), —nti mazima ffe tuli ba kubalibwa era tusasulwe emirimu gyaffe?  
 إِذَا آمَنَّا وَكُنَّا آبَاءَ وَعِظَامًا إِنَّا لَمَدِيُونٌ ﴿٥٣﴾
54. N'agamba: Mwandiyagadde mulingirizeeko mu muliro (mumulabe engeri gy'abonyabonyezebwamu)?  
 قَالَ هَلْ أَنْتُمْ مُطَّلِعُونَ ﴿٥٤﴾
55. N'alingizaayo n'amulaba (oyo eyali munne) nga ali mu Muliro mu makati.  
 فَأَطَّلِعُ قَرَأَهُ فِي سَوَاءِ الْجَحِيمِ ﴿٥٥﴾
56. N'agamba nti: Ndayidde Katonda! Mazima (ggwe) wasemberera okunzikiriza (mbeera kukugondera)!  
 قَالَ تَاللَّهِ إِنْ كِدْتَ لَتُرْدِينِ ﴿٥٦﴾
57. Singa tekjali kyengera kya Mukama wange (eky'okunnungamya, nange) nandibadde ow'omu basoggeddwa (mu bibonyobonyo by'Omuliro)!  
 وَلَوْلَا نِعْمَةُ رَبِّي لَكُنْتُ مِنَ الْمُحْضَرِينَ ﴿٥٧﴾
58. Abaffe tuli ffe ba kufa nate,  
 أَفَمَا نَحْنُ بِمَيِّتِينَ ﴿٥٨﴾
59. Ng'oggyeeko okufa kwaffe okwasooka (kwe twafa ku nsi) era nga tetuli ffe ba kubonyabonyezebwa?— (Ddala bwe kiri).  
 إِلَّا مَوْتَنَا الْأُولَىٰ وَمَا نَحْنُ بِمُعَدِّيْنَ ﴿٥٩﴾
60. Mazima kuno kwo kwe kwesiima okunene.  
 إِنَّ هَذَا هُوَ الْقَوْمُ الْعَظِيمُ ﴿٦٠﴾
61. Ku lw'ekifaananyi kino bateekwa bakole abakola.  
 لِيُثَلَّ هَذَا أَفَلْيَعْمَلُ الْعِبَادُونَ ﴿٦١﴾
62. Obwo bwe bugenyi obulungi oba Omuti 'Az-zakuumu'?  
 أَذَلِكَ خَيْرٌ نُزُلًا أَمْ شَجَرَةُ الزَّكْوٰمِ ﴿٦٢﴾
63. Mazima ffe twagufuula ekigezo eri ababuze.  
 إِنَّا جَعَلْنَاهَا فِتْنَةً لِلظَّالِمِينَ ﴿٦٣﴾

63. Katonda wano ategeza Muhammadi nti: "Tukubuilidde Omuti Az-Zakuumu nga kiegoz kye tugezeseza nakyo abantu tulabe oyo akkiriza n'oyo alimbisiza.

64. Mazima ggwo muti ogusibuka mu makkati g'omuliro (*Al-Jahiim*).  
 إِنَّهَا شَجَرَةٌ تَخْرُجُ فِي أَصْلِ الْجَحِيمِ ٧٣
65. Ebibala byagwo (bibi nnyo) birinnga-nga emitwe gya sitaane;  
 طَعْمَهَا كَأَنَّ رُءُوسَ الشَّيَاطِينِ ٧٥
66. Mazima bo (abajemu) ba kulyanga ku gwo bajjuzenga (nga balya) ku gwo embuto (zaabwe).  
 فَأَتَهُمُ الرَّاكِبُونَ مِنْهَا  
 الْبُطُونُ ٧٦
67. Ate mazima balina (nga bongera ku gwo) ebyokunywa ebitabuddwa n'amazzi ageeseze ne gafuuka olwegye.  
 ثُمَّ إِنَّهُمْ عَلَيْهِمُ السُّوَابُ مِنْ حَيْمِيمٍ ٧٤
68. Oluvannyuma obuddo bwabwe (kwe) kudda mu muliro: (Oluvannyuma lw'okulya '*Az-zakuumu*' n'okunywa olwegye bagendanga kuzzibwayo mu bifo byabwe mu muliro).  
 ثُمَّ إِنَّ مَرْجِعَهُمْ لَرُّؤَالَى الْجَحِيمِ ٧٨
69. Mazima bo baagoberera bakitaabwe ababuze,  
 إِنَّهُمْ لَفَوْءٌ أَلْبَاءٌ هُمْ ضَالِّينَ ٧٩
70. Nabo banguwa okugoberera obuwufu bwabwe!  
 فَهُمْ عَلَىٰ أَثَرِهِمْ يُهْرَعُونَ ٨٠
71. Mazima baabula oluberyeberye lwabwe abasinga obungi mu baa-sooka:—  
 وَلَقَدْ ضَلَّ قَبْلَهُمْ أَكْثَرُ الْأُولَئِينَ ٨١
72. Ng'ate ddala twatuma mu bo (Ababaka) ababatiisa ebibonerezo bya Katonda (naye ne bawakanya).  
 وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا فِيهِمْ مُنَادِرِينَ ٨٢
73. Kale tunuulira olabe engeri gye yali enkomerero y'abaatiisibwa (Ababaka baabwe wabula ne bawakanya),—  
 وَأَنْظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُنَادِرِينَ ٨٣

67. Abantu b'omu muliro bwe balimalanga okulya ku *Muti Az-Zakuumu* ng'ate banywa amazzi ageeseze nga gatabuddwamu amasira g'olusaayisaayi. Bwe baligatusanga ku byenyi byabwe eddiba ly'ekyenyi lyonna ne liyiika, ate bwe baliganywanga olwo ebyenda byonna ne biyiika. *Ai Katonda! Tukingirize obubi bw'omuliro.*

72. Wano kitegeezebwa nga ebibiina by'abantu abaasooka, abasinga obungi bwe baali ababuze nga basinza bakatonda be beeteerawo abatali Katonda Omutonzi.

73. Mu aya eno Katonda ayongerezaako n'ategeeza nga bwe yabatumira ababaka babatiise ebibonerezo Bye. era babeekeke obusungu Bwe:—Kyokka abantu abo baalimbisa ababaka n'abazikiriza. n'awonya abo bokka abakkiriza abamwawula mu kumusinza.

74. Wabula abaddu ba Katonda abakola ku Lulwe. عَلَّمَ  
الْعِبَادَ اللَّهُ الْمُحْصِينَ ٤٣
75. Mazima Nuuhu yatukoowoola (tumutaase: Naffe ne tumwanukula okukoowoola kwe). Nga kyengera kinene eky'abaayanukulwa! وَلَقَدْ نَادَيْنَا نُوْحًا فَلَنِعْمَ الْمُجِيبُونَ ٤٥
76. Ne Tumuwonya n'ab'omu maka ge mu nnaku empitirivu, وَجَنَّتَيْنَهُ وَأَهْلَهُ مِنَ الْكَرْبِ الْعَظِيمِ ٤٦
77. Ne tufuula ezzadde lye (ne baba) nga bo be basigaddewo (ku nsi), وَجَعَلْنَا ذُرِّيَّتَهُ هُمُ الْبَاقِينَ ٤٧
78. Ne tumulekerawo okwogerwako mw'abo abalijja oluvannyuma: وَتَرَكْنَا عَلَيْهِ فِي الْآخِرِينَ ٤٨
79. Emirembe gibe ku Nuuhu mu bitonde byonna. سَلَّمَ عَلَى نُوْحٍ فِي الْعَالَمِينَ ٤٩
80. Mazima ffe bwe tutyo bwe tusasula abalongoosa (emirimu ne bakola ku Lwaffe): إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ٥٠
81. Ddala ye wa mu baddu Baffe abakkiriza. إِنَّهُ مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِينَ ٥١
82. Oluvannyuma (lw'okuwonya Nuuhu) ne tusaanyaawo abalala (abo abagaana okukkiriza). ثُمَّ أَعْرَفْنَا الْآخَرِينَ ٥٢
83. Mazima n'abalibwa mu kibiina kye Nuuhu ye Ibrahiimu (olw'okubanga naye yali Nnabi nga ye Nuuhu era nga naye yayitanga abantu okukkiriza Katonda Omu). وَأَنَّ مِنْ شِعْبِهِ إِبْرَاهِيمَ ٥٣

75. Katonda okwanukula Nuuhu kyali kyengera eri Nuuhu.

78. Katonda yatuma Nabbi Nuuhu eri abantu b'ekibiina kye abayite okujja eri okukkiriza Katonda n'okugondera amateeka Ge. Wabula bo baamuwakanya ne bamuwalagganyiza ddala. Kyeyava asaba Katonda abazikirize.

Katonda yayanukula okusaba kwe n'abasaanyaawo abanoonyi bonna n'amataba agaayaayaalira ku nsi yonna. Abaawonyezebwa bokka ye Nabbi Nuuhu, n'abantu b'omu maka ge n'abo abaamukkiriza. Kale ne kiba nti abantu Katonda be yaleka ku nsi ly'ezzadde ly'abana ba Nuuhu bokka era be baavaamu abantu bonna: Nabo be ba Saamu. Hamu. Yafisti.

N'oluvannyuma lw'okufa kwe Nabbi Nuuhu, yasigala ng'ayogerwako birungi byereere mw'abo abantu abaliwo kati n'abalijja okutuusa ku Nkomerero.

84. Bwe yajjira Mukama Katonda we n'omwoyo omulamula.

إِذْ جَاءَ رَبَّهُ بِقَلْبٍ سَلِيمٍ ﴿٨٤﴾

85. Mu kiseera bwe yagamba kitaawe n'abantu b'ekibiina kye, nti: Biki bye musinza?

إِذْ قَالَ لِرَبِّيهِ وَقَوْمِهِ مَاذَا عَبَدُونَ ﴿٨٥﴾

86. Bakatonda ab'obulimba abatali Katonda Omutonzi, be mwagala.

أَفِيكَأَ إِلَهَةً دُونَ اللَّهِ تُرِيدُونَ ﴿٨٦﴾

87. Olwo ki kye mulwoowa ku Katonda Omulezi w'ebitonde? (Kiki ky'alibakola bwe mulisinkana Naye).

فَمَا ظَنُّكُمْ بِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٨٧﴾

88. N'atunuulira olutunula mu mmu-nyeenye (alyoke azezebese ku Mutonzi W'ebitonde),

فَنظَرَ نَظْرَةً فِي السُّجُورِ ﴿٨٨﴾

89. N'agamba nti: Mazima nze ndi mulwadde,

فَقَالَ إِنِّي سَقِيمٌ ﴿٨٩﴾

90. Ne bamuvaako nga bamukubye amabega (ne bagenda amakubo gaabwe).

فَتَوَلَّوْا عَنْهُ مُدْبِرِينَ ﴿٩٠﴾

91. Olwo n'akyukira bakatonda baabwe n'abagamba nti: Lwaki temulya (ebyo bye musaddaakiddwa)?

فَرَأَوْهُ إِلَى إِلَهِهِمْ فَقَالُوا أَآتَاكُمُونَ ﴿٩١﴾

92. Mulina ki ekibagaana okwogera?

مَا لَكُمْ لَا تَنْطِقُونَ ﴿٩٢﴾

93. Kale n'abakyukira (bakatonda baabwe—amasanamu) n'okugakuba n'omukono gwe ogwa ddyo (n'amaanyi ge gonna n'agaasaayasa).

فَرَأَوْهُمُ صُورًا بَالِغِينَ ﴿٩٣﴾

89. Abantu b'ekibiina kya Nabbi Ibrahiimu baalina olunaku olukulu nga bonna bava mu kibuga kyabwe ne bagenda mu bifo ebisanukirwamu. Baalinga bateeka cibala awali bakatonda baabwe (ebifaananyi bye baabajjanga n'emikono gyabwe), bye baasinzanga.

Ye Nabbi Ibrahiimu bwe yalaba nga balemedde ku kusinza ebifaananyi n'amalirira okubaako ekinene ky'akola. N'alindirira olunaku lwe banaagenderako okusanyuka ku lw'olunaku lwabwe olukulu. Bo bwe baamuyita okugenda nabo n'agaana, n'abagamba nti: "Mazima ndi mulwadde sija kusobola kugenda mu masanyu." Kye yagenderera n'obulwadde—bwe bulwadde bw'ebirowozo olw'ebyo abantu b'ekibiina kye bye baali bakola, eby'okusinza ebifaananyi. Bo baalowoza nti mulwadde wa mubiri kwe kumuleka ne bagenda.

Nga bagenze, yakyukira bakatonda baabwe be basinza (ebibumbe) n'ababuza nti: "Lwaki temulya?" ne bitasobola kuddamu, kubanga bifaananyi bufaananyi. Nate n'abigamba nti: "Lwaki temwogera?" era nga tebidamu. Awo n'abikyukira n'atandika okubitematema ne yeemalako obulwadde obwamuli mu mutima.

94. (Nga bawulidde nti Ibrahiimu aya-sizza bakatonda baabwe, abantu be) ne bamwolekera nga banguwa. فَأَقْبُوا إِلَيْهِ يَزْفُونَ ﴿٩٤﴾
95. (Ibrahiimu) n'abagamba nti: Musinza ebyo bye mwebajjira mu mayinja (n'emikono gyammwe)? قَالَ أَعْبُدُونَ مَا تَحْمِلُونَ ﴿٩٥﴾
96. Nga Katonda ye yabatonda n'ebyo bye mukola?—(n'olwekyo Katonda y'ateekwa okusinziwa). وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ وَمَا تَعْمَلُونَ ﴿٩٦﴾
97. Ne bagamba nti: Mumuzimbire omuzimbo (ttanuulu) n'oluvannyuma mumusuule mu muliro (ogubuu-buuka). قَالُوا ابْنُوا لَهُ بُيُوتًا فَأَقُوهُمْ فِي الْجَنَّةِ ﴿٩٧﴾
98. (Eky'okumwokya nga kigudde bu-taka) ne baagala okumusalira olukwe (bamutte). Ne tubafuula aba wansi (ku lw'olukwe lwabwe okugwa obu-taka), فَأَرَادُوا بِهِ كَيْدًا فَجَعَلْنَاهُمُ الْأَسْفَلِينَ ﴿٩٨﴾
99. (Ibrahiimu) n'agamba nti: (Ka nve mu nsi eno)! Mazima nze ngenze eri Mukama wange! Ajja kunnunngamya (andage ekifo ekirungi eky'e-mirembe)! وَقَالَ إِنِّي ذَاهِبٌ إِلَىٰ رَبِّي سَيَهْدِينِ ﴿٩٩﴾
100. Ayi Mukama wange! Ngabira nze (omwana) ow'omu balongoofu (alisigalawo nga ayita abantu okujja eri Eddiini Yo oluvannyuma lwange)! رَبِّ هَبْ لِي مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿١٠٠﴾
101. Ne tumusanyusa nga tumutegeeza (nga bw'anaafuna omwana) omulenzi ow'ekisa. فَبَشِّرْهُ بِعِلْمٍ حَلِيمٍ ﴿١٠١﴾
102. (Ismaili) bwe yamala okuvubuka n'atuuka okukola naye (kitaawe) فَلَمَّا بَلَغَ مَعَهُ السَّعْيَ قَالَ يَا بُنَيَّ إِنِّي

97. Nga basingiddwa, n'ensonga ez'okuddamu ne zibabula, baatandika kukozeza lyanyi ne bamalirira okumwokya.

Baazimba ettanuulu ne bagijjuza enku ne bakooleeza omuliro. Bwe gwabumbujja ne bamusuulamu, kyokka Katonda n'amuwonya n'agufuula omunnyogovu, era ogw'eddembe ku Nabbi We Ibrahiimu ne gutaba ku ngeri yaagwo eya bulijjo.

Ibrahiimu) emirimu, (Ibrahiimu) n'agamba: Owange katabani kange! Mazima nze nalabye mu tulo nga nnebase nti mazima nze nja kuku-sala. Kale tunuulira, ki ky'olaba? N'amugamba nti: Owange kitange! Kola ekyo ky'olagiddwa. Ojja kunsanga, Katonda anaaba ayagadde, nga ndi ow'omu bagumiikiriza (abavumu).

103. (Bombiriri omuzadde n'omwana) bwe baamala okwewaayo eri (okutuukiriza ekiragiro kya Katonda), n'amugalamiza ku kyenyi kye (amusale),

104. Ne Tumukowoola nti: Owange Ibrahiimu!

105. Mazima okakasizza amazima g'endooto—Ddala. Ffe bwe tutyo bwe tusasula abalongoosa.

106. Mazima ddala kino kwo kwe kugeze-sebwa okweyolefu—

107. Ne tumununula n'ekyokusala ekinene (nayo yali ndiga njeru).

108. Ne tumulekerawo okwogerwako obulungi mu balijja oluvannyuma:

109. Emirembe gibe ku Ibrahiimu!

110. Bwe kityo bwe tusasula abakozi b'obulungi.

أَرَى فِي الْمَنَامِ أَرَى أَدْبَحَكَ فَانظُرْ  
مَاذَا تَرَى قَالَ يَا بِنْتِ أَفْعَلِ مَا تُؤْمَرُ  
سَتَجِدُنِي إِنْ شَاءَ اللَّهُ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿١٠٣﴾

فَلَمَّا أَسْلَمَا وَتَلَّهُ لِلْجَبِينِ ﴿١٠٤﴾

وَنَادَيْنَاهُ أَنْ يَا إِبْرَاهِيمُ ﴿١٠٥﴾

قَدْ صَدَّقْتَ الرُّؤْيَا إِنَّا كُنَّا نَكْفُرُ  
بِالْمُحْسِنِينَ ﴿١٠٦﴾

إِنَّ هَذَا لَهُوَ الْبَلَاءُ الْمُبِينُ ﴿١٠٧﴾

وَقَدَيْنَاهُ بِذُبْحٍ عَظِيمٍ ﴿١٠٨﴾

وَتَرَكْنَا عَلَيْهِ فِي الْآخِرِينَ ﴿١٠٩﴾

سَلَّمَ عَلَيَّ إِبْرَاهِيمَ ﴿١١٠﴾

كُنَّا لَكَ بِمَنْزِلِ الْمُحْسِنِينَ ﴿١١١﴾

108. Nabbi Ibrahiimu wa kwogerwako mu buli mulembe. Era ye mukulembeze w'abakkiriza era ye Jjajja wa Bannabbi bonna era ye mukulembeze w'Abasiraamu ow'oku ntikko. Katonda yalaa lika abantu bonna okubeera nga bali ku nzikiriza ya Ibrahiimu okutuusa ensi lw'erivaawo. N'ekibiina kya Nabbi Muhammad (s.a.w.) kye kigoberezi kya Nabbi Ibrahiimu (emikisa n'emirembe bibe ku ye). N'olw'ekyo kyekuva kubeera okusala ebisolo ku Iddi Enkulu nga kuli Sunna, ku lw'okugoberera Nabbi Ibrahiimu. Era bahaaji balagirwa okusala ebisolo byabwe mu Lunaku olwo mu kifo kyennyini Ibrahiimu we yali agenda okusaddaakira omwana we Ismaili era we yasaira endiga eyanunula Ismaili.



111. Mazima ye (Ibrahiimu) wa mu Baddu Baffe abakkiriza (abakuukuutivu),  
 إِنَّهُ مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِينَ ①
112. Ne tumusanyusa n'okumutegeeza (nga bw'anaazaala) Ishaaka Nnabbi nga wa mu balongoofu.  
 وَبَشِّرْهُ بِإِسْحَاقَ نَبِيًّا مِنَ الصَّالِحِينَ ①
113. Ne tuteeka emikisa ku ye (Ibrahiimu) ne ku Ishaaka: Ne mu zzadde lyabwe bombiriri mulimu omulongoofu n'ayeeryazaamaanyizza yek ka omweyolefu (ku lw'obujeemu n'obukafiiri).  
 وَبَرَكْنَا عَلَيْهِ وَعَلَىٰ اسْحَاقَ وَمِن ذُرِّيَّتِهِمَا مُحَمَّدٌ ۗ وَإِبْرَاهِيمَ ۗ وَالْحَمْدُ لِلَّهِ الْمُبِينِ ①
114. Mazima twagabira (Musa ne Haruuna) ekyengeri (ku lw'okubawa obwannabbi n'ebiyengeri ebirala ebinene).  
 وَلَقَدْ مَنَّ اللَّهُ عَلَىٰ مُوسَىٰ وَهَارُونَ ③
115. Ne tubawonya bombiriri n'ekibiina kyabwe mu nnaku ennene cy'ekitalo—(olw'engeri Fir'auna gye yababonyabonyangamu),  
 وَجَعَلْنَاهُمَا قَوْوَمًا مِنَ الْكَرْبِ الْعَظِيمِ ⑤
116. Ne tubataasa ne babeera nga bo be bawangudde (abalabe baabwe—Firauna n'eggye lye);  
 وَنَصَرْنَاهُمْ فَمَا نُؤَاهِمُ الْغَالِبِينَ ⑥
117. Ne tubaleetera bombi Ekitabo (Taurati) ekinnyonyofu;  
 وَأَتَيْنَاهُمَا الْكِتَابَ الْمُسْتَبِينَ ⑥
118. Ne tubalunngamya mu Kkubo Eggo-  
 lokofu.  
 وَهَدَيْنَاهُمَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ ⑧
119. Ne tubalekerawo okwogerwako obulungi mu balijja oluvannyuma:  
 وَتَرَكْنَا عَلَيْهِمَا فِي الْأَخْرَبِ ⑨

112. Mutabani wa Nabbi Ibrahiimu omukulu, naye ye Nabbi Ismaili ye yasibukamu Abawa rabu. Ate ye omuto, Nabbi Ishaaka n'asibukamu olulyo Iw'Abaisraili.

116. Abantu ba Nabbi Musa ne Haaruuna be Baana ba Israili abaali mu bufuge bw'obumbula mu nsi Misiri, omwo mwe baatuntuzibwanga ennyo n'okubiniwako agalimu ga sshedimu.

Okutaasibwa kwabwe kwali kwa ngeri nga ssatu: baaweebwa Obubaka obwabalunngamya ku Kkubo eggolokofu ekiseera ekyo kyonna kye baabugoberera ne beenywerezera ku bwo.

Zino z'engeri okutaasibwa kwabwe mwe kwajjira: (1) Okutumibwa kwa Musa ne Haaruuna nga bannabbi babanunule mu buddu. (2) Okunmulwa kwabwe mu buddu. (3) Obuwanguzi bwabwe ne basobola okusomoka Ennyanja (Emmyufu) ate bo abalabe baabwe, Fir'auna n'eggye lye ne basaanyizibwawo.

120. Emirembe gibe ku Musa ne Haruuna! سَلِّمْ عَلَىٰ مُوسَىٰ وَهَارُونَ ﴿١٢٠﴾
121. Mazima Ffe bwe tutyo bwe tusasula abalongoosa. إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿١٢١﴾
122. Mazima bo bombiriri ba mu baddu Baffe abakkiriza (aba ddala). إِنَّهُمَا مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٢٢﴾
123. Era mazima ddala Eliyaasa wa mu babaka, وَإِنَّ إِلْيَاسَ لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ ﴿١٢٣﴾
124. Mu kiseera bwe yagamba ekibiina kye; Abaffe temutya (Katonda ne muleka ebibi)? إِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ أَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٢٤﴾
125. Musinza (essanamu) Ba'al ne muleka asinga obulungi Omutonzi— أَتَدْعُونَ بَعْلًا وَتَذَرُونَ أَحْسَنَ الْخَالِقِينَ ﴿١٢٥﴾
126. Katonda Omutonzi Ye Mukama wammwe era nga ye Mukama Katonda wa bakitammwe abaasooka? اللَّهُ رَبُّكُمْ وَرَبُّ آبَائِكُمُ الْأُولِينَ ﴿١٢٦﴾
127. Kyokka ne bamulimbisa, (n'olwekyo) mazima bo ba kusembezebwa (mu bibonyobonyo ku Lunaku Lw'enkomerero),— فَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا فَاهْتَضَرُوا ﴿١٢٧﴾
128. Okuggyako abaddu ba Katonda abakkiriza ku Lulwe (bo bokka be b'okuwona). إِذَا عِبَادَ اللَّهِ الْمُخْلِصِينَ ﴿١٢٨﴾
129. Ne tumulekerawo okwogerwako obulungi mu balijja oluvannyuma: وَتَرَكْنَا عَلَيْهِ فِي الْآخِرِينَ ﴿١٢٩﴾
130. Emirembe gibe ku b'ennyumba ya Eliyaasi. سَلِّمْ عَلَىٰ آلِ يَاسِينَ ﴿١٣٠﴾
131. Bwe kityo Ffe bwe tusasula abakozi b'obulungi. إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿١٣١﴾
132. Ddala mazima ye wa mu baddu Baffe abakkiriza. إِنَّهُ مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٣٢﴾

133. Era mazima Luutu yali wa mu Babaka (Baffe be twatuma),  
 وَإِنَّ لِنُوطِ الْإِيمَانِ الْمُرْسَلِينَ ط
134. (Mujjukire) mu kiseera bwe twamuwonya (mu bibonerezo) n'abantu be bonna awamu,  
 إِذْ تَجَنَّبْتَهُمْ وَأَهْلَهُ أَجْمَعِينَ ١٣٤
135. Okuggyako (mukyala we) omukadde eyali mu baasigala (mu bibonerezo olw'obutakiriza—Abantu ba Sodomu ne Gomorra):  
 إِلَّا تَجْجُورًا فِي الْعَبْرِينَ ١٣٥
136. Oluvannyuma ne tuzikiriza abalala (abo abawakanya Nabbi Luutu).  
 ثُمَّ دَعَوْنَا الْأَنْعَامَ ١٣٦
137. Mazima mmwe mubayitako (ku matongo we baali, nga mugenda e Shaamu mu biseera) ebyokunkya  
 وَإِنَّمَا لَكُمْ مِنَ الْبُحْرَيْنِ عَلَيْهِمْ مُصِيبِينَ ١٣٧
138. N'ekiro. Abaffe, temutegeera?  
 وَيَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَفَلَا تَتَّقُونَ ١٣٨
139. Era mazima (ne) Yunusu yali wa mu babaka (Baffe be twatuma).  
 وَإِنَّ يُونُسَ لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ ١٣٩
140. Mu kiseera bwe yabomba (n'alekerera omulimu gwe ogw'okutuusa obubaka bwa Katonda) n'alaga eri eryato erijjudde,  
 إِذْ أَبَقَ إِلَى الْفُلِّ الْمَشْحُونِ ١٤٠
141. Ne yeetaba mu kalulu (n'abaali mu lyato) n'abeera nga ye yafulumirwako (akalulu);  
 فَسَاهَمَ فَكَانَ مِنَ الْمُدْحَضِينَ ١٤١
142. (N'asuulibwa mu nnyanja) ekyennyanja ne kimumira nga naye anezyezebwa;  
 فَالْقَبْرَةُ الْحَوْتُ وَهُوَ مَلِيمٌ ١٤٢

138. Ekigendererwa kiri nti: Temutegeera ebyo ebyabagwako ku lw'okulimbisa Nabbi waabwe, olwo ne mwewala okuba nga bo?

141. Nabbi Yunusu bwe yadduka ne yeeyuna eryato eryali likubyeeko, eky'omukisa omubi eryato lyali lijjudde nnyo ne litasobola na kugenda ate nga n'ennyanja yali esiikuuse. Bo abalunnyanja baalina obulombolombo bwabwe n'emizizo emibi. Kale baayagala baku be akalulu balabe ani ow'ekisiraane abaleetedde omukoosi n'ekikwa. Ne Yunusu yakeenyigiramu wabula akalulu kaagwa ku ye, n'olwekyo abalunnyanja ne bamusuula mu nnyanja omwo ekyennyanja mwe kyamumirira.

143. Singa mazima teyali wa mu bate-ndereza (Katonda ne yeenenya), فَلَوْلَا أَنَّهُ كَانَ مِنَ الْمُسَبِّحِينَ ﴿١٣٤﴾
144. Yandibadde mu lubuto lwakyo okutuusa olunaku lwe balizuukira (abantu); لَكَيْتَ فِي بَطْنِهِ إِلَى يَوْمِ يُبْعَثُونَ ﴿١٣٧﴾
145. (Naye) ne tumukasuka ku lukalu (ttale) nga naye mulwadde; فَنَبَذْنَاهُ بِالْعَرَاءِ وَهُوَ سَقِيمٌ ﴿١١٥﴾
146. Ne tumumezaako omuti ogw'ekiryoo ne gumusiikiriza eri omusana; وَأَنْبَتْنَا عَلَيْهِ شَجَرَةً مِّنْ يَقْطِينٍ ﴿١٣٦﴾
147. (Oluvannyuma) ne tumutuma eri (abantu) akasiirivu kamu oba n'okusingawo (abo bennyini gye yali atumiddwa okusooka). وَأَرْسَلْنَاهُ إِلَىٰ مِائَةِ أَلْفٍ أَوْ زَيْدُونَ ﴿١٣٤﴾
148. Ne bakkiriza (kale Naffe) ne tubee-yagaza okutuusa ekiseera ekigere. فَأَمَّا وَقَفَّتْهُمُ إِلَىٰ حِينٍ ﴿١٣٨﴾
149. Babuuze (Ggwe Muhammadi) nti: Katonda wo y'alina abaana ab'obu- فَأَسْتَفْتِيهِمُ الرِّبَا الْبِئْسَ الَّذِي كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿١٣٩﴾

143. Nabbi Yunusu yeenenya n'awanjagira Katonda ng'ali mu lubuto lw'ekyennyanya, ne Katonda n'akkiriza okwenenya kwe, ekyennyanya ne kimuwandula ku lukalu. Mu kuwanjaga kwe yagamba bw'ati: "Tewali Katonda mulala asinzibwa wabula Ggwe, Oyawulwa Ggwe. Mazima nze nali mu balyazaamaanyi. N'olw'ekyo nkusaba Onsonyiwe. Ontaase Mukama Wange!"

148. Ekyafaayo kya Nabbi Yunusu kyali bwe kiti: Yatumbwa eri ekibiina n'ayita abantu okweyunira okukkiriza Katonda n'Okumwawula kyokka ne batakkirizaawo, Katonda n'amugamba abatiise nga bwe banaafuna ebibonerezo bibakkeko mu kiseera ekigere. Wabula ye teyali mugumiiriza n'asunguwala, n'agenda ku nnyanja n'alinja eryato erikubye. Eryato bwe lyatuuka mu bwengula bw'ennyanya ennyanya yatabanguka cryato ne liremwa okugenda. Abalirimu ne bagamba nti mu lyato mulimu alina ekisobyo abaleetedde ekikwa, kale kyebaava bakuba akalulu bamuzuule. Akalulu kakwata Nabbi Yunusu ne bamusuula mu mazzi ekyennyanya obwaguza ne kimumira nga naye aneyezebwa olw'okudduka n'atagumiikiriza asobole okutuukiriza obubaka bwe yali atuniiddwa, ate nga teyamala kukkirizibwa Katonda Oyo eyamutuma alyoke adduke.

Bwe yamala okutuuka ku buzibu obw'okumiribwa ekyennyanya, awo ng'ali mu lubuto lwakyo n'atandika okutendereza Katonda n'okumwegayirira eno bw'akkiriza nga yeenenya nga bw'ali omusobya. Katonda yawulira okusaba kwe n'amwanukula, ekyennyanya ne kimuwandula ku lukalu, n'ava mu lubuto lwakyo nga mulwadde. Katonda yamumezaako ekiryoo ne kiranda kimu-kuume obutookebwa musana. Oluvannyuma ng'amaze okuddamu endasi n'afuna amaanyi, Katonda yamulagira okudda eri abantu b'ekibiina kye be yaleka nga asunguwadde.

Mu kiseera kye yabulirako, abantu abo baafuna okutya ebibonerezo bye yali abatiisizza. Bonna ne bakkiriza ne basaba Katonda abasonyiwe. Katonda yabasonyiwa ne babecira mu ddembe okutuusa ekiseera ky'entuuko yaabwe lwe kyajjula ne kiggwaako.

Bonna awamu baali akasiirivu kamu n'okusukkako katono naye nga tebakka wansi wa kasiirivu.

wala nga mmwe mulina ab'obulenzi  
(nga bwe mugamba nti bamalayika  
bawala ba Katonda)?—

الْبُؤُونُ ﴿١٢٥﴾

150. Oba abaffe, twatonda bamalayika  
nga bakazi nga nabo weebali balaba?

أَمْ خَلَقْنَا الْمَلَائِكَةَ إِنَاثًا وَهُمْ شَاهِدُونَ ﴿١٥٠﴾

151. Mazima bo boogera mu bulimba  
bwabwwe:

أَلَا إِنَّهُمْ مِّنْ أَفْوَاهٍ يُقْوُونَ ﴿١٥١﴾

152. (Nga bagamba) nti Katonda yazaala.  
Sso nga mazima bo balimba!

وَلَدَ اللَّهُ ۗ وَإِنَّهُمْ كَذِبُونَ ﴿١٥٢﴾

153. Katonda yeeyawulira abaana abawala  
(n'abasiima) ku balenzi?

أَصْطَفَى الْبَنَاتِ عَلَى الْبَنِينَ ط ﴿١٥٣﴾

154. Mulina ki mmwe: Ngeri ki bwe musa-  
lawo (ekyo)?

مَا لَكُمْ بِصَافٍ تَحْكُمُونَ ﴿١٥٤﴾

155. Abaffe temujjukira?

أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ج ﴿١٥٥﴾

156. Abaffe mulina obujulizi obweyolefu?

أَمْ لَكُمْ سُلْطَنٌ مُّبِينٌ ذ ﴿١٥٦﴾

157. Muleete ekiwandiiiko kyammwe bwe  
muba ab'amazima (mw'ekyo kye  
mwogera).

فَأَلْوَاكِبُ تَشْكُرُونَ ۗ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٥٧﴾

158. (Abakafiiri) ne bassaawo olukolo  
lw'omusaayi wakati We (Katonda)  
n'amageege (amajinni). Nga ate  
mazima amageege gaamanya dda nti  
ddala go ga kusembezebwa (mu  
maaso Ge).

وَجَعَلُوا آيَاتِهِ وَيَئِنِ الْجِنَّةُ نَسَبًا وَوَلَقَدْ  
عَلِمَتِ الْجِنَّةُ أَنَّهُمْ مُحْضَرُونَ ﴿١٥٨﴾

159. Yayawukana Katonda n'agulumira  
kw'ebyo bye bamwogerako (okuba  
n'omwana)

سُبْحَانَ اللَّهِ عَمَّا يُصِفُونَ ل ﴿١٥٩﴾

157. Amakulu nti Ekitabo kiyava eri Katonda mu ggulu ekikakasa nti Katonda alina omwana nga bwe mugamba.

158. Abakafiiri mu butamanya bwabwwe bagatta ku Katonda buli kika kya kintu. Bo nno bamalayika be bagamba nti bawala Be sso mu bukakafu baweerza Be abatukuvu. Naye ekive ekisinga obubi abakafiiri kye bakola kwe kuzuulawo oluganda nga benkanyankanya wakati wa Katonda na buli kika kya mageege ssi nsonga oba malungi oba mabi. Mu babi abasingayo baddirira amageege agasinga obubi mu bikolwa ne bagayita bakatonda gy'obeera nno nti nago gali mu lulyo lwa Katonda Omutonzi. Mu ngeri eno baba bayitiridde mu bwonoonefu.

160. Wabula abaddu ba Katonda abamwawula (mu ngerieyo gy'akakatirwa, bo baawuka na kw'ebyo abatakkiriza bye bagamba).
161. Kubanga mazima mmwe n'ebyo bye musinza ebitali Katonda
162. Temuli mmwe kw'ekyo (kye mugamba) bayinza kukema (ne mubuza),
163. Okuggyako oyo ow'okuyingira omuliro (*Al-Jahiim*)!
164. (Bamalayika ne bagamba nti): Era tewali n'omu mu ffe wabula buli omu alina ekifo ekimanyiddwa;
165. Era ddala mazima ffe, ffe abasimba ennyiriri (ku lw'okusinza Katonda).
166. Era mazima ffe, ffe tutendereza (Katonda ebitendo Bye nga tumwawula)!
167. Newankubadde nga (abatakkiriza) baalinga bagamba:
168. Singa mazima twalina Ekitabo (oluberyebereye) okuviira ddala ku baasooka bakadde baffe,
169. Twandibadde abaddu ba Katonda abakola ku Lulwe!
170. (Naye kati) Ekitabo Kuraane bwe kyaleetebwa gye bali Abawarabu b'omu Makka, ne bakiwakanya: kyaddaaki balimanya!
171. Mazima kyakulembera dda Eki-gambo Kyaffe (oluberyebereye lwa Kuraane) ku baddu Baffe ababaka,

الْاِعْبَادَ اللّٰهِ الْمُخْلِصِيْنَ ﴿١٦٠﴾

فَاِنَّكُمْ وَمَا تَعْبُدُوْنَ ﴿١٦١﴾

مَا اَنْتُمْ عَلَيْهِ بِفَاتِنِيْنَ ﴿١٦٢﴾

الْاِمْنِ هُوَ صَالِ الْجَحِيْمِ ﴿١٦٣﴾

وَمَا مِنَّا اِلَّا لَهُ مَقَامٌ مَّعْلُوْمٌ ﴿١٦٤﴾

وَاِنَّا لَنَحْنُ الصّٰوِنُ ﴿١٦٥﴾

وَاِنَّا لَنَحْنُ الْمُسِيْحُوْنَ ﴿١٦٦﴾

وَاِنْ كَانُوْا لَيَقُوْلُوْنَ ﴿١٦٧﴾

لَوْ اَنَّ عِنْدَنَا دِكْرًا مِّنَ الْاَوَّلِيْنَ ﴿١٦٨﴾

لَكُنَّا عِبَادَ اللّٰهِ الْمُخْلِصِيْنَ ﴿١٦٩﴾

فَكَفَرُوْا بِهٖ فَسَوْفَ يَعْلَمُوْنَ ﴿١٧٠﴾

وَلَقَدْ سَبَقَتْ كَلِمَتُنَا لِعِبَادِنَا  
الْمُرْسَلِيْنَ ﴿١٧١﴾

172. Mazima bo, bo be b'okutaasibwa, إِنَّهُمْ أَلْهَمَ الْمَنصُورُونَ ﴿١٤٢﴾
173. Era mazima eggye Lyaffe, bo be b'okuwangula. وَإِنَّ جُنْدَنَا لَهُمُ الْعِيبُونَ ﴿١٤٣﴾
174. Kale baveeko (Ggwe Muhammadi) okutuusa ekiseera ekigere, فَقَوْلَ عَنْهُمْ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿١٤٣﴾
175. Obatunuulire kyaddaaki ba kulaba (ekinaabaviiramu mu bukafiiri bwabwe). وَأَبْصَرَهُمْ فَسَوْفَ يُبْصَرُونَ ﴿١٤٥﴾
176. Abaffe, ebibonyobonyo Byaffe bye basaba okubanguyiza? أَفِعْدَا إِنَّا لَنَسْعَجُجُونَ ﴿١٤٦﴾
177. Bwe biriba nga bisse mu mpya zaabwe (ebibonyobonyo Byaffe) galiba makya mabi kw'abo abatiisibwa (ne beewulinkiriza). فَإِذَا نَزَلَ بِسَاحِبِهِمْ فَسَاءَ صَبَاحُ الْمُنْدَرِينَ ﴿١٤٦﴾
178. Wabula baveeko okutuusa ekiseera ekigere, فَقَوْلَ عَنْهُمْ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿١٤٦﴾
179. Obatunuulire, kyaddaaki banaalaba (ani embeera gw'eneebeerera ennungi), وَأَبْصَرَهُمْ فَسَوْفَ يُبْصَرُونَ ﴿١٤٩﴾
180. Ayawulwa Mukama Katonda wo, Nnannyini Kitiibwa, okwawukana n'ebyo bye bamwogerako! سُبْحَانَ رَبِّكَ رَبِّ الْعِزَّةِ عَمَّا يَصِفُونَ ﴿١٨٠﴾
181. N'emirembe gibe ku Babaka (ba Katonda)! وَسَلَامٌ عَلَى الْمُرْسَلِينَ ﴿١٨١﴾
182. Na buli kitonde kyonna kya Katonda Omulezi w'ebitonde. بِحَمْدِ اللَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٨٢﴾

174. Katonda wano yagamba Nabbi We Muhammadi aleke abo abamuwakanyizza okutuusa ekiseera ckyabagererwa ku nkomerero yali ajja kubawangula n'okutaasa kwa Katonda.

## EBIFA KU SSUULA SWAD MU BUFUNZE (38)

Essuula eno yakkira Makka; yayitibwa Swad okusinziira ku nnyukuta ensirifu Swad etandika essuula.


Kigambibwa yakka mu kiseera nga Nabbi Muhammadi atandise okukoowoola abantu bakkirize Katonda Omutonzi Omu olwatu, ekyo ekyamuzaalira akanyamberege mu bakungu Abakuraish. Ate ku ludda olulala ne kigambibwa nti yakka mu kiseera kobjaawe Abu Twalib bwe yali omulwadde ku ndiri abakungu Abakuraish abawerako nga mwe muli n'abakulembeze mu batakkiriza nga Abu Jahal, Abu Sifiyaane n'abalala ne bagenda ewa Abu Twalib. Nga batuuse baamwanjulira ensonga zaabwe ezibakontanya ne Nabbi (s.a.w.) era ne bamusaba awooyewooye mutabani we akomye okuvumagana bakatonda baabwe n'enzikiriza yaabwe eya *Shirik* mbu nabo olwo bamulekere eddembe. Ne kobja wa Nabbi yamuyita n'amwanjulira bye bamusabye wabula Nabbi (s.a.w.) n'abaddamu ng'abasaba bakkirize okwatula n'okugoberera "*Laa ilaaha illallaahu*", ekyo ekyandibawanguzizza Obuwarabu bwonna wamu n'ebitundu by'ensi ebirala byonna ebitali bya Bawarabu. Olwabagamba atyo, olwo abakungu bonna ne basituka ne bakwata eryabaleese nga boogera ebyo Katonda bye yassa mu kitundu ky'essuula ekisooka.

Essuula etandika ng'eyita mu byafa ku kusiinkana kw'abakungu b'obutakkiriza ne Kobja wa Nabbi (s.a.w.), Abu Twalib. Nga essira eritadde ku nkaayana wakati wa Nabbi (s.a.w.) n'abatakkiriza, Katonda annyonyola nti ekikulu ekirobera abatakkiriza okugoberera Obubaka Nabbi bw'ababuulira si lwa kuba Obusiraamu buzigamu wabula lwa kuba bo beekuluntaza, bamukwatirwa ensaalwa n'obuggya bwe batyo kwe kulemera mu bubuze. Katonda agamba nti abatakkiriza si beetegefu kugoberera muntu ava mu bo mbu Mukaba wa Katonda ate nga teyali wa ttutumu oba ow'ekitiibwa oba n'agagga mu bo. Kale mu ntandikwa y'Essuula ne mu nkomerero yaayo, Katonda atiisa kaate abatakkiriza nti ssi nsonga ka bajeje Omubaka wamu n'okuvvoola by'abayitira kyaddaaki yali ye ow'okuwangula era abatuule ku nfeete.

Nga agenda addinnganya okwogera ku byafaayo bya Bannabbi Be mwenda, kinnoomu, nga asingira ddala kunnyonyola mu bugazi ebyafaayo bya Nabbi Dauda ne mutabani we Sulaiman; Katonda ayongera okuggumiza n'okumatiza nti Amateeka Ge n'Amazima temuli kyekubiira era masaamu. Oyo yekka omulungamu mu mwoyo ne mu bikolwa y'akkirizibwa eri Ye Katonda, era ayagala abo bokka abataguggubirira ku bwonoonyi nga babadde baseeredde ne basobya. Oluvannyuma essuula ettottola nga bw'eriba enkomerero y'abaddu ba Katonda abakkiriza era n'ebyo bakalibwonoonyi bye balisanga mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Essuula etangaaza nga abakulembeze b'abatakkiriza bwe balyesogga omuliro luberyeberye nga abagoberezi baabwe tebannaba wabula nga baliba mu kunenyagana abo abagoberezi n'abaagobererwa. Era etegeza nga abatakkiriza bwe baliwuniikirira bwe balisanga nga tewali mukkiriza n'omu aliba mu Muliro okuggyako bo bokka.

Essuula ekomerezaayo okwogera ku kyafaayo ky'ebyo ebyali wakati wa Nabbi Adamu ne Iblis (sitaane) ng'ekigendererwa kwe kutegeza Abakuraish abatakkiriza nti okwekuluntaza kwe balina okwo n'okwemanya ebibagaana okugoberera Omubaka Muhammadi (s.a.w.) kwe kumu okwo Iblis kwe yalina okwamulobera okuvunnamira Adamu. Ekyo nga kyava ku buggya na nsaalwa bye yakwatirwa Adamu olw'okubanga Katonda yali amugulumizza, ekyo ekyavivirako sitaane okukolimirwa n'agobebwa mu kusaasira kwa Katonda. Bwe batyo nno n'Abakuraish bagambibwa nti baali bakwatirwa Nabbi (s.a.w.) obuggya n'ensaalwa olw'enkizo Katonda gye yali amuwadde ku bo.





### ESSUULA SWAD (38)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 5 ne Aya 88

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. SWAD: Ndayidde Kuraane erina okujjukiza (okw'Amazima).

2. Wabula abo (abatakkiriza) abawakanya bali mu kwekuza na kuwalaaza mpaka (nga bawakanya Kuraane).

3. Bameka abo be twazikiriza oluberyeberye lwabwe, mu mirembe (egyayita) ne bawanjaga (tubasaasire tubasonyiwe, naye) nga tewali mu kiseera ekyo buwoneri!

4. Ne beewuunya (abakafiiri b'omu Makka) omubaka omutiisa okubajjira nga ava mu bo. Abakafiiri ne bagamba nti: Ono mulogo, omulimba!

5. Abaffe afudde bakatonda abangi Katonda omu? Mazima kino kintu kya kyewuunyo.

6. Ekibiina ky'abakungu mu bo ne kigenda (nga kikubiriza abantu aba-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

صَّ وَالْقُرْآنِ ذِي الذِّكْرِ ①

بَلِ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي عَذَابٍ وَشَقَاقٍ ②

كَمْ أَهْلَكْنَا مِنْ قَبْلِهِمْ مِنْ قَرْنٍ

تَنَادَوْا لِوَلَاتِ حَيْنٍ مَنَاصٍ ③

وَعَجِبُوا أَنْ جَاءَهُمْ مُنذِرٌ مِنْهُمْ وَهُمْ

وَقَالَ الْكُفْرُونَ هَذَا سِحْرٌ كَذَّابٍ ④

أَجْعَلِ اللَّهُ لِلْهَيْئَةِ الْهَاءَ وَاحِدًا ⑤

هَذَا الشَّيْءُ عَجَابٌ ⑥

وَأَنطَلَقَ الْمَلَكُ مِنْهُمْ أَنْ أَمْشُوا وَأَصْبُرُوا

1. Katonda yatandisa essuula eno n'ennyukuta SWAD mu ngeri eyo nga era bwe yatandisa essuula endala ezimu n'ennyukuta endala enkutulekutule.

2. Mu aya ezitandika essuula eno Katonda ateggeeza nga Abakafiiri b'omu Makka bwe beewuunya okulaba nga atumye Nabbi Muhammadi (s.a.w.) abayite badde eri okukkiriza n'okusinza Katonda Omu. oteekeko n'okubaleetera Ekitabo Kuraane kibeere eky'okulunngamya abantu. N'ekirala mu kwewuunya kwabwe kwe kulaba nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) eyatumibwa yali tabangako mukulu oba omufuzi mu Bawarabu. Ekyo kyabanyizi era olw'okulaba nga Katonda aleseewo abasajja ab'ebitiibwa n'atuma Muhammadi. ekyo kye kyabaviirako okuandika okumu vuma n'okumuyita omulogo.

6. Mu ntandikwa y'okubuulira Obubaka, abakafiiri b'omu Makka baafuba nnyo okulemesa

- wuliriza Nabbi) nti: Mutambule mugumire ku kusinza bakatonda bammwe! Mazima kino kintu (kibi) kinene ekyagaza (ffe tuleke bakatonda baffe tugoberere ye)!
7. Tetuwuliranga kino (eky'okwawula Katonda) wadde mu bibiina ebyo ebyakulembere. Tekiri kino (eky'okugamba nti Katonda Ali Omu) wabula bulimba obugunjewo!
8. Abaffe esibbwa ku ye (Muhammadi) Kuraane okuva mu ffe (ffenna)? Wabula bo bali mu kubuusabuusa mu Kuraane Yange; nedda, wabula tebannaba kukomba ku bibonyobonyo Byange (kyokka bajja kubikombako balabe)!
9. Abaffe we bali waliwo amawanika g'okusaasira kwa Mukama wo. Ow'ekitiibwa, Omugabi (balyoke batuuke n'okuwakana nti ggwe tewaweebwa ku kusaasira okwo)?
10. Abaffe oba bwabwe obufuzi bw'egulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa
- عَلَى الْبَيْتِ كَمْ تَعْبُرَانِ هَذَا الشَّيْءَ يَسْرَادًا ٤
- مَا سَمِعْنَا بِهَذَا فِي الْمَلَأَةِ الْاِخْرَاقِ ٥  
هَذَا اِلَّا اِخْتِلَافًا ٥
- اَوْ نُزِّلَ عَلَيْهِ الذِّكْرُ مِنْ بَيْنِنَا بِاَبَلٍ  
هُمْ فِي شَاكٍ مِّنْ ذِكْرِي بِاَبَلٍ لِّمَا  
يَدُّوْهُوَ اَعْدَابُ ٨
- اَمْ عِنْدَهُمْ خَزَائِنٌ رَّحْمَةِ رَبِّكَ  
الْعَزِيْزِ الْوَهَّابِ ٩
- اَمْ لَهُمْ مُلْكُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ وَمَا

abantu okugoberera Muhammadi. Ky'ekyo ekyabafubisa ennyo basende Abu Twalib. Kitaawe omuto, owa Nabbi Muhammadi (s.a.w.), oyo eyamuyamba ennyo n'amuwagira ne ssekuwagira awamu n'okumutaasa ku balabe be emirundi nfaafa, amwbulire. Baakunngaana ku lw'ensonga eyo, kyokka ne Abu Twalib ne yeerema. Ekyo kyasunguwa abakungu mu Bakuraish ne basitukawo ne bagenda bakubiriza wamu n'okukuutira abantu okunywerera ku kusinza bakatonda baabwe ab'obulimba era n'obutawuliriza Muhammadi.

Ekyabatuuza kw'ekyo kwe kubanga bo abakafiiri baali bakawanya okubaaawo kwa Katonda era ne beewuunya ekigambo ky'okulekayo okusinza bakatonda baabwe abo be baali basinza era bamaanyidde, olw'okusanga bakadde baabwe nga byali bye basinza ebifaananyi ebyo. Kale Nabbi bwe yabalagira bawe ku kubasinja badde ku kusinza Katonda Omu Yekka, Omutonzi ne bakye-wuunya era ne bakiwakanya. Baagamba nti ebyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) by'abagamba yabyogeranga lwa kuba nga ye yali yeenoonyeza bukulu na kwefunira bagoberere—olwo ne bagaana okukkiriza.

9. Amakulu nti: Ka twebuuzze: Abaffe, abo abakwatirwa Muhammadi ensaalwa Katonda olw'okumwawula n'amuwa Obwannabbi, be balina obuyinza ku mawanika g'okusaasira kwa Katonda Ow'ekitiibwa Agaba awatali kubala, balyoke babe nga balina okwesiimira bawe Obwannabbi oyo gwe baagala? Okuddamu kuli nti: Nedda.

- byombiriri? (Oba bwe kiri kityo) kale balinnye a madaala (bafube mu ngeri yonna nga bwe basobola batuuke mu bifo ebyo bye balowooza okuggyamu ebyo bye baagala oba basobola)!
11. Bo ggye (eriri) awo crinyoomwa ery'okuwangulwa (babune emiwabo) nga bwe byawangulwa ebibiina (by'abakafiiri ababafaanana ebyalwanyisanga Bannabbi).
12. Baalimbisa oluberyeberye lwabwe (bano Abakuraish)—Abantu b'ekibiina kya Nuuhu n'ab'ekibiina kya Aadi ne Fir'auna eyalina emmambo (enkondo, kwe yabambanga abo abaabanga bamujeemedde),
13. N'ab'ekika kya Thamuudu n'ekibiina kya Nabbi Luutu ne Bannannyini (Nsi y'Ekibira) *Al-Aikati*;—abo bonna bibiina ebyetaba (mu kulimbisa Bannabbi baabwe),
14. Tewali n'omu mwabo wabula yalimbisa Ababaka. (n'olw'ekyo) ebibonerezo Byange ne bibakakatako.
15. Tebalina kye balindirira abo (abawakanya) abaliwo (kati) wabula olubwatuka lumu, (olwo bwe luliba nga luzze) terulina kuddibwamu: (terwetaaga kuddibwamu mirundi girissuka gumu).
16. (Abakafiiri) ne bagamba (nga bali mu kujeeja) nti: Mukama waffe twanguyize omugabo gwaffe (ogw'ebibonyobonyo) nga Olunaku Lw'okubalibwa terunnatuuka!
17. (Katonda yagamba Nabbi We) nti: Gumiikiriza kw'ebyo bye boogera,
- بَيْنَهُمَا فَلْيَرْتَقُوا فِي الْأَسْبَابِ ⑩
- جُنْدًا مَا هُنَالِكَ خُفْرٌ وَمِنْ أَرْحَابٍ ⑪
- كَذَّبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ وَعَادٌ وَفِرْعَوْنُ ذُو الْأَوْتَادِ ⑫
- وَتَمُودُ وَقَوْمُ لُوطٍ وَأَصْحِبُ الْيَمِينِ ⑬  
أُولَئِكَ الْأَرْحَابُ ⑭
- يَعْلَمُ إِنَّ كُلَّ الْأَكْذَابِ الرُّسُلَ حَقَّ عِقَابٍ ⑮
- وَمَا يَنْظُرُ هُوَ إِلَّا صَيْحَةً وَاحِدَةً تَأْهِمًا مِنْ نَوَاقٍ ⑯
- وَقَالُوا رَبَّنَا اجْعَلْ لَنَا مِثْلَ قَوْمِ نُوحٍ وَعَادٍ وَفِرْعَوْنَ وَمَنْ عَصَاهُ إِنَّ عِبَادَكَ لَشَاكِرُونَ ⑰
- إِصْرٍ عَلَى مَا يَقُولُونَ وَإِنَّكَ لَرَجْدٌ تَأْتِي

era ojjujire Omuddu Waffe (Nabbi) Dauda, ow'amaanyi (amayitirivu): Mazima ye yalinga adda (eri Katonda we mu nsonga ze zonna).

دَاوُدُ ذَا الْأَيْدِي إِنَّكَ أَوَّابٌ ١٤

18. Mazima Ffe twagonza ensozi (ne ziba) nga zitendereza (awamu) naye (ebitendo bya Katonda) akawungeezi ne mu matulutulu,

إِنَّا سَخَّرْنَا الْجِبَالَ مَعَهُ يُسَبِّحْنَ بِالْعَشِيِّ  
وَالْإِشْرَاقِ ١٨

19. N'ennyonyi nga zikunngaanyizibwa (mu gabinja, mu bbanga): zonna nga mmugondera (Dauda ne zitendereza awamu naye ebitendo bya Katonda).

وَالطَّيْرَ مَحْشُورَةً كُلٌّ لَهُ أَوَّابٌ ١٩

20. Ne tunyweeza Obwakabaka bwe ne tumuwa obwannabbi (okumanya ensonga) n'amagezi g'okusalawo (wakati w'amazima n'obulimba).

وَشَدَدْنَا مُلْكَهُ وَآتَيْنَاهُ الْحِكْمَةَ وَفَصَّلَ  
الْخَطَابِ ٢٠

21. Abaffe kyakutuukako ekyafaayo ky'abaali bawozannganya? Engeri gye baagenderera ne babuuka olukomera lw'essinzizo (basisinkane Nabbi Dauda).

وَهَلْ أَتَاكَ نَبْوُ الْخَصْمِ إِذْ تَسْتَوِرُ  
الْمِحْرَابِ ٢١

22. Mu kiseera bwe baayingira eri Dauda (nga tabasuubidde) n'abatya n'akankana, ne bamugamba nti: Totya! (Ffe tuli) abawozannganya ababiri: omu ku ffe alyazaamaanyizza munne, kale lamula wakati waffe mu bwe nkanya; tosaliriza; era otulunngamye eri ekkubo eggolokofu.

إِذْ دَخَلُوا عَلَى دَاوُدَ ففَزِعَهُ مِنْهُمْ قَالُوا  
لَا تَخَفْ خَصْمُكَ بَغِي بَعْضُنَا عَلَى بَعْضٍ  
فَأَحْكُم بَيْنَنَا بِالْحَقِّ وَلَا تُشْطِطْ وَاهْدِنَا  
إِلَى سَوَاءِ الصِّرَاطِ ٢٢

23. Mazimo ono muganda wange alina endiga kyenda mu mwenda nze nnina endiga emu (yokka); ate agamba nti: Gimpe ngisibe (nga nze saagala, naye) n'ansinga okunnyonyola.

إِنَّ هَذَا أَخِي لَهُ تِسْعٌ وَتِسْعُونَ نَجْمَةً  
وَلِي نَجْمَةٌ وَاحِدَةٌ فَقَالَ أَكْفُنِيهَا  
وَعَزَّنِي فِي الْخِطَابِ ٢٣

24. (Dauda) n'agamba nti: Mazima akulyazaamaanyizza ku lw'okukusaba endiga yo emu agigatte ku ndiga ze: mazima (ddala) bangi mu beegatta

قَالَ لَقَدْ ظَلَمَكَ بِسُؤَالِ نَجْمِكَ  
إِلَى نِعَاجِهِ وَإِنَّ كَثِيرًا مِّنَ الْخُلَطَاءِ

(ku kuddukanyiza a wamu ebyenfuna) abamu balya zaamaanya bannaabwe, okuggyako abo abakiriza ne bakola (ebikolwa) ebirungi; ate era batono nnyo abo. Awo Dauda n'amanya nti mazima tumugezesizza, ne yeegayirira okusonyiyibwa Mukama we, n'agwa nga akutama (n'okuvunna) ne yeenenya (eri Katonda we).

25. Kale ne tukimusonyiwa ekyo. Mazima alina ye we Tuli okuba okumpi n'obuddo obulungi (ku Nkomerero)

26. (Oluvannyuma n'agambibwa): Owanze Dauda! Mazima Ffe twakufuula omusigire mu nsi; kale lamula wakati w'abantu mu mazima, era togobereranga okwagala (kw'omwoyo gwo) ne gukubuza okukuggya ku kkubo lya Katonda. Mazima abo ababula okuva ku kkubo lya Katonda balina ebibonyobonyo ebiyitirivu ku lw'okwerabira Olunaku Lw'okubalibwa.

27. Era tetwatonda ggulu na nsi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri lwa muzannyo. Ekyo kye kirowoozo ky'abo abawakanya. Okubonaabona kuli kw'abo abawakanya (Obwomu bwa Katonda) bwe baliba nga bali muliro.

28. Abaffe tulifuula abo abakiriza ne bakola emirimu emirungi nga abo-noonyi (abayonoona) mu nsi? Oba tulifuula abatya Katonda (ne baba) nga abo-noonyi? (Nedda tetuyinza kukola ekyo!)

لِيُبْعِيَ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضِ الَّذِينَ  
أَمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَقَلِيلٌ  
مَا هُمْ ط وَظَنَّ دَاوُدُ أَنَّمَا فَتَتْهُ  
فَاسْتَعْفَرَ رَبَّهُ وَخَرَّ رَاكِعًا وَ  
أَنَابَ ﴿٢٣﴾

فَعَفَّرْنَا لَهُ ذَلِكَ وَإِنَّ لَهُ عِنْدَنَا  
لَزُلْفَىٰ وَحَسَنَ مَّآبٍ ﴿٢٥﴾

يَا دَاوُدُ إِنَّا جَعَلْنَاكَ خَلِيفَةً فِي الْأَرْضِ  
فَاخُذْهَا بِالْحَقِّ وَلَا تَتَّبِعِ  
الْهَوَىٰ فَيُضِلَّكَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ إِنَّ  
الَّذِينَ يَضِلُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ لَهُمْ  
عَذَابٌ شَدِيدٌ لِّمَا نَسُوا يَوْمَ الْحِسَابِ ﴿٢٦﴾

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَاءَ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا  
بِاطْلٍ ذَٰلِكَ ظَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا  
قَوْلَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِن التَّارِكِ ﴿٢٧﴾

أَمْ يَجْعَلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَكَلِمَاتِ  
كَالْمُفْسِدِينَ فِي الْأَرْضِ أَمْ يَجْعَلُ  
الْمُتَّقِينَ كَالْفُجَّارِ ﴿٢٨﴾

28. Wano Katonda ategeza nti: Tayinza kwenkanya Mukkiriza n'omwonoonyi mu kubasasala. wabula omukkiriza agenda kuba mu kwesiima; ate ye omwonoonyi abeere mu kubonaabona mu Bulamu Obw'oluvannuma newankubadde nga kuno ku nsi oluusi omwonoonyi ayinza okuba mu ddembe n'okwesiima okusinga omukkiriza omulongoofu, kyokka nsaleesale aliwo luvannyuma lwa kufa.

29. (Kino) Ekitabo (Kuraane) twakissa gy'oli (Ggwe Nabbi Muhammadi), nga kya mukisa balyoke (bafumiitirize) beetegereze ebigambo byakyo, era beebuulirire nakyo abalina amagezi

كَتَبَ أَنْزَلْنَاهُ إِلَيْكَ مُبَارَكًا لِيُبَيِّنَ لَكَ  
آيَاتِهِ وَلِيَتَذَكَّرَ أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿٢٩﴾

30. Ne tugabira Dauda (omwana ayitibwa) Sulaimaani. (Yali) ekyengera ky'omuuddu! Mazima ye yali adda eri Katonda (ne yeenenya)!

وَوَهَبْنَا لِدَاوُدَ سُلَيْمَانَ نِعَمَ الْعَبْدِ  
إِنَّهُ أَوَّابٌ ﴿٣٠﴾

31. (Mujjukire) bwe yayanjulirwa mu kiseera ky'olweggulo enfalaasi cziyimiridde nga zisiriikiridde, enzirusi (ennyo).

إِذْ عَرَضَ عَلَيْهِ بِالْعَشِيِّ الصُّفُوفَ  
الْحِجَابِ ﴿٣١﴾

32. N'agamba nti: Mazima njagazibbwa okwagala eburungi (ebinjawukanya) ku kwogera ku Mukama wange,— okutuusa (enjuba) n'egwa:

فَقَالَ إِنِّي أَحْبَبْتُ حُبَّ الْخَيْرِ عَنْ  
ذِكْرِ رَبِّي حَتَّى تَوَارَتْ بِالْحِجَابِ ﴿٣٢﴾

33. (Oluvannyuma) n'agamba nti: Muzinkomezeewo. Olwo n'atandika okuzisala amagulu (gaazo) n'ensingo (n'asaddaaka ennyama yaazo).

رُدُّوْهَا عَلَيَّ طَفْطَفًا مَسْحًا بِالسُّوقِ وَ  
الْأَعْنَاقِ ﴿٣٣﴾

34. Mazima Ffe twagezesa Sulaimaani, ne tuteeka ku nnamulondo ye omubiri. Oluvannyuma ne yeenenya:

وَلَقَدْ فَتَنَّا سُلَيْمَانَ وَأَلْقَيْنَا عَلَى كُرْسِيِّهِ  
جَسَدًا أَثْمَرَ أَنَابَ ﴿٣٤﴾

35. N'agamba nti: Ayi Mukama wange! Nsonyiwa ongabire obwakabaka obutasaanira mulala yenna (kubufuna) oluvannyuma lwange. Mazima Ggwe, Gwe Mugabi.

قَالَ رَبِّ اغْفِرْ لِي وَهَبْ لِي مُلْكًا لَّا  
يَنْبَغِي لِأَحَدٍ مِّنْ بَعْدِي إِنَّكَ أَنْتَ  
الْوَهَّابُ ﴿٣٥﴾

36. Kale ne tumugondeza empewo, nga zitambula ku lw'ekiragiyo kye mu ddembe okutuuka awo wonna w'ayagadde okutuuka,—

فَسَخَّرْنَا لَهُ الرِّيحَ تَجْرِي بِأَمْرِهِ رُخَاءً  
حَيْثُ أَصَابَ ﴿٣٦﴾

37. Era (twamugondeza) n'amasitaane nga muli mugu amazimbi n'amabbizi agabbira mu nnyanja,—
38. N'abalala nga basibiddwa ku mpingu ne ku njegere.
39. (Ne tumugamba): Okwo kwe kugaba Kwaffe (kwe tukugabidde): Kale gabako (nga bw'oyagala) oba omme nga bw'oyagadde awatali kubalibwa (kuvunaanibwa ku ngeri gy'oko-zeemu).
40. Era mazima alina (Sulaimani) we Tuli ekifo ekya waggulu, n'obuddo obulungi (mu Nkomerero).
41. Era jjukira (Ggwe Muhammadi) omuddu Waffe Ayubu, mu kiseera bwe yakoooola Mukama we (ng'agamba): Mazima nze Sitaane endeededde ennaku n'okubonaabona. (Mukama wange mponya obuzibu bwe ndimu)!
42. (Katonda n'amugamba): Samba ku ttaka n'okugulu kwo. Gano (amazzi) amannyogovu ga kunaaba (ly'eddagala lyo kale ganaabe) era n'ag'okunywa (kale ganywe owone obulwadde n'ennaku yo).

وَالشَّيْطَانِ كُلِّ بَنَاءٍ وَتَعْوَاصٍ ﴿٣٧﴾

وَأَخْرَيْنَ مَقْرِنَيْنِ فِي الْأَصْفَادِ ﴿٣٨﴾

هَذَا عَطَاؤُنَا وَمَنْ أَكْفَىٰ أَكْفَارًا بِغَيْرِ حِسَابٍ ﴿٣٩﴾

وَلَئِنَّ لَهُ عِنْدَنَا لَكُلِّ لُغْفٍ وَحَسَنَ مَّآبٍ ﴿٤٠﴾

وَأَذْكُرْ عَبْدَنَا أَيُّوبَ إِذْ نَادَىٰ رَبَّهُ أَنِّي مَسَّنِيَ الشَّيْطَانُ بِنُصْبٍ وَعَذَابٍ ﴿٤١﴾

أَرْضُ يَرْجُلِكَ هَذَا مَغْسَلٌ بَارِدٌ وَشَرَابٌ ﴿٤٢﴾

٣٨ = ٣٧

39. Katonda yategeeza nti ebyo bye nkuwadde ggwe Sulayimani, omuli Obwakabaka, ebyengeri n'obufuzi obujjuvu nga bwe wasaba. olina ebbeetu okugabirako oyo yenna gw'obanga oyagadde mu kigero ky'osiimye; oba omme oyo yenna gw'oyagadde okumma. Tewali kuk uvunaan na ku kyonna ky'oba okoze.

41. Soma ne aya 83-84, Essuula 21: Mu aya eno Katonda anyumya ku muddu We Nabbi Ayubu (emirembe gibe ku ye). Amunyumyako nga bwe yaleeterwa obulwadde obwamulwaza omubiri gwonna ne gujjula amabwa ne guwunya n'emmaali ye yonna n'emuggwaako n'abaana be ne bamufaako n'emikwano gyonna ne gimudduka, n'atasigaza kantu konna kamuyamba okuggyako mukyala we. Ye yekka ye yasigala nga amujanjaba okumala emyaka 18.

Ebbanga nga liyiseewo ali mu bulumi n'ennaku ey'ekitalo, yatandika okusaba Katonda nga amuwanjagira amwegayirira amuwonye ennaku n'obulumi obwo.

Katonda Naye yayanukula okusaba kwe n'amuwonya obulwadde obwamuliko, n'amuddizaawo emmaali ye n'emikwano, n'azaala abaana abangi ddala okusinga ne ku be yalina okusooka.

43. Ne tumuwa (Ayubu mu kumuddi-zaawo) abantu be n'ekyenkanyi nga bo (bwe baali okusooka), ku lw'okusaa-sira okwava gye Tuli; (nga tugenderera kibere eky'okujjukira eri Abalina Amagezi.

وَوَهَبْنَا لَهُ أَهْلَهُ وَمِنْهُمْ مَعَهُمْ رَحْمَةٌ  
مِمَّا وَدَّعَى لِأُولَى الْأَلْبَابِ ٣٤

44. Era (yagambibwa) nti: Kwata mu mukono gwo ekinywa ky'obuti okimukubise (mukyala wo nga bwe walayira okumukuba): oleme okumenyawo ekirayiro kyo. Mazima Ffe twamusanga nga mugumiikiriza (omuvumu ddala). (Yali ekyengera ky'omuuddu! Mazima ye (yali) eyeenenya n'adda (eri Katonda mu bigambo bye byonna).

وَحُدِّبِيكَ ضَعْفًا فَاصْرَبْ بِهِ وَلَا تَحْتَسِبْ  
إِنَّا وَجَدْنَاهُ صَابِرًا نِعْمَ الْعَبْدُ إِنَّهُ أَوَّابٌ ٣٥

45. Era jjukira n'abaddu Baffe (bano): Ibrahiimu ne Ishaaka ne Yakuubu, abaalina amaanyi n'okulaba okw'e-wala (mu by'eddiini).

وَأَذِّنْ لِلْعِبَادِ أَنَا لِلْبَرْهَانِمْ وَإِسْحَاقَ وَ  
يَعْقُوبَ أُولَى الْأَيْدِي وَالْأَبْصَارِ ٣٦

46. Mazima Ffe twabaawula n'enkizo (ennungi ddala), (nayo) kwe kujjukira Ennyumba Ey'obulamu Obw'oluvannyuma.

إِنَّا أَخْلَصْنَاهُمْ بِخَالِصَةٍ ذِكْرَى الدَّارِ ٣٧

47. Mazima we tuli babalibwa mu baawule abalungi.

وَأَنَّهُمْ عِنْدَنَا لَمِنَ الْمُصْطَفَيْنَ الْأَخْيَارِ ٣٨

48. Era jjukira (Bannabbi) Ismailli ne Aliyasaa ne Zuul Kifli: Na bonna babalibwa mu baawule (abalungi).

وَأَذِّنْ لِلرَّاسِمِيعِلِ وَالْيَسَعِ وَذِكْرَى الْكُهْلِ  
وَكُلِّ مِنَ الْأَخْيَارِ ٣٩

43. Amakulu yategezza nti twamuwonya obulwadde ne tumuddizaawo n'abantu be abaali bamwawukanyeeke mu kiseera kye yamala mu nnaku eyo n'obulwadde. Ate twamwongera n'abalala abenkana nga abo be yalina okusooka. Ekyo kyakolebwa kityo ku lw'okusaasira okwava gye tuli nga twagala kibere eky'okulabirako eri buli mugezi asobole okumanya nti buli muntu agumiikiriza, Katonda amuggya mu buzibu bw'aba alimu.

44. Nga akyali mu bulwadde n'obuyinike, mukyala we yamusobya n'amulayirira okumuweeweenyula emiggo. Katonda Naye kwe kumulagira atuukirize ekirayiro kye akwate ekinywa ky'obuti akimukubise omulundi gumu mu ngeri ey'obutamulunya. Katonda yamugabira ebyo byonna olw'okubanga yamusanga nga mugumiikiriza nnyo.



49. Ebyo (bye tukutegeezezza) Kujjukiza (eri ggwe n'ekibiina kyo ebyafaayo by'abantu abalongoofu). Mazima balina abatya Katonda obuddo obulungi,
- هَذَا إِذْ كَرِهَ وَإِنَّ لِلْمُتَّقِينَ لِحُسْنِ مَا بٍ ﴿٣٩﴾
50. Balina (Ejjana) Ennyumba Ey'emirembe Ey'obutebenkero, (ya kusigala) nga emiryango (gyayo) giguddwawo ku lwabwe,
- جَنَّتِ عَدْنٍ مُّقْتَحَّةً لَهُمُ الْبُؤَابُ ﴿٥٠﴾
51. (Balibeeranga) mu yo nga beesigamye (ku mitto), balitumyanga nga bali mu yo ebibala ebya buli ngeri n'ebiyokunywa;
- مُتَكَبِّرِينَ فِيهَا يَدْعُونَ فِيهَا بِفَاكِهَةٍ كَثِيرَةٍ وَشَرَابٍ ﴿٥١﴾
52. Era wali we bali abakyala abakka-kkamu b'amaaso, (abakyala) abatermera mu myaka egimu.
- وَعِنْدَهُمْ قَصِيرَاتُ الْفُرَاتِ أَتْرَابٍ ﴿٥٢﴾
53. (Baligambibwa): Ebyo bye mwala-gaanyisibwa (okuweebwa) ku Lunaku Lw'okubalibwa (k'w'ebitonde)!
- هَذَا مَا تُوْعَدُونَ لِيَوْمِ الْحِسَابِ ﴿٥٣﴾
54. Mazima ebyo by'ebigabwa Byaffe (bye tulibawa abalongoosa), ebitali bya kuggwaawo;—
- إِنَّ هَذَا الرُّزُقْنَا مَالَهُ مِنْ نَفَادٍ ﴿٥٤﴾
55. Ebyo (nga bikyali awo)! Mazima (bo) ababuze balina obuddo obubi (ku Nkomerero),
- هَذَا وَإِنَّ لِلطَّاغِيْنَ كَثْرَ مَا بٍ ﴿٥٥﴾
56. Omuliro (Jahannama) gwe balyesogga, obuliri obusingira ddala obubi bwe bwo.
- حَتَّمَهُمْ يَصَلُّونَهَا فَبِئْسَ الْوَهَادُ ﴿٥٦﴾
57. Ago—(amazzi) bateekwa bagakombeko, amazzi ag'olweje n'amasira ag'olusaayisaayi,
- هَذَا أَفَيْدُ وَفَوْهُ حَمِيمٍ وَعَسَاقٍ ﴿٥٧﴾
58. N'ebibonyobonyo ebirala ebiringa ebyo eby'engeri n'engeri (biribabonyabonyezebwa)!
- وَأَخْرَجُوا مِنْ شَكْلَةٍ أَزْوَاجٍ ﴿٥٨﴾

59. (Buli ekibinja ekirala lwe kiriso-ggwanga omuliro) baligambibwa (abo abaasookamu) nti: Kino ekibiina kitokomokedde mu muliro awamu nammwe. (Abo abaasookamu bagambe): Tebalina mirembe. Mazima bo beesozze omuliro.

هَذَا قَوْمٌ مُّقْتَحِمٌ مَّعَكُمْ لَا مَرْجَأَ  
لَهُمْ وَإِنَّهُمْ صَالُوا النَّارِ ۝٥٩

60. (Abo ab'oluvannyuma abaagobereranga) ne babagamba (abo abaasookamu be baagobereranga) nti: Wabula mmwe mutalina mirembe (mmwe abaatubuzi). Mmwe mwabitudusaako (bino ebibonerezo). (Kati) obutebenkero obusinga obubi (bwe bunu)!

قَالُوا بَلْ أَنْتُمْ لِمَرْحَبَائِكُمْ أَنْتُمْ  
قَدْ مَتَمُّوْا كُنَّا نَبْتَئِسُ الْقُرْآنَ ۝٦٠

61. Ne bagamba (abagwesozze oluvannyuma) nti: Mukama waffe! Oyo (yenna) eyatutusaako kino, mwongere ebibonyobonyo ennyongeza n'ennyongeza mu muliro!

قَالُوا رَبَّنَا مَنْ قَدَّمَ لَنَا هَذَا فَرِّدْهُ  
عَدَا بَابًا ضَعُفًا فِي النَّارِ ۝٦١

62. (Abonoonyi bonna awamu) baligamba (nga bali mu muliro) nti: Lwaki tetulaba basajja (abo) be twalinga tubala nti ba mu babi (olw'okukkiriza obubaka)?

وَقَالُوا مَا لَنَا لَا نَرَى رِجَالًا كُنَّا  
نَعُدُّهُمْ مِّنَ الْأَسْرَارِ ۝٦٢

63. (Era bagambe): Abaffe, twabafuulanga eky'okujeja (ku nsi sso nga bo be baali abatuufu, oba) abaffe amaaso gaffe ge gababuliddwa obubulwa (ne tutabalaba)?

أَخَذْنَاهُمْ سِجْرًا أَمْ رَأَيْتُ عَنْهُمْ  
الْأَبْصَارَ ۝٦٣

64. Mazima ebyo ebyogeddwa bya mazima: (okwo) kwe (kuliba) okuyombagana kw'abantu b'omu muliro!

إِنَّ ذَلِكَ لَحَقٌّ تَخَافُوهُ أَهْلُ النَّارِ ۝٦٤

65. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima nze ndi mutiisa (abatiisa

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ وَأُمَمٌ أَلِیَّ

59. Ekibiina ekirisooka mu muliro ky'ekyabakaafiiri abo abaalinga abakulembeze b'abo abaasinzanga bakatonda ab'obulimba.

63. Abakafiiri balyebuzanga abakiriza abo be baanyoomereranga nga bali kuno ku nsi nti lwaki tetubalaba mu muliro, awamu n'okuba nga twabafuulanga ekyokujeja nga tuli ku nsi. Owa! Amaaso gaffe tegabalaba bulabi! Sso nga abo be baalinga banyooma mu kiseera kyo baliba mu kwesiima mu Jjana. Ennyumba Ey'emirembe ey'obulamu obutaggaawo.

ebibonerezo bya Katonda), era tewali Katonda asinzibwa mu mazima wabula Katonda Omutonzi Yekka Ali Obwomu mu Bwakatonda Bwe, Omukasi—

66. Nnannyini ggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri, Ow'ekitiibwa, Omusonnyiyi.
67. Bagambe nti: Kyo (kye mbategeezza) kigambo kikulu (ddala)—
68. Mmwe kye mwawukanako!
69. Saali nze amanyi (bigambo) by'omu bufuzi obw'omu ggulu mu kiseera we baakaayanira (Bamalayika);
70. Saatumirwa nze (kirala kyonna) wabula (natumbwa nti): Mazima nze ndi mutiisa omweyolefu.
71. Jjukira mu kiseera Mukama wo bwe yagamba bamalayika nti: Mazima Nze nja kukola omuntu nga muggya mu ttaka:
72. Bwe naaba mmaze okumwenkanyankanya (n'atereera) ne Mmufuwamu Omwoyo Gwange, mugwe (wansi ku maviivi) nga mumuvunnamira (ku lw'okumugulumiza).
73. Kale bamalayika ne bavunnama bonna bonna:
74. Okuggyako (Sitaane) Ibliisa; yeekuza (n'atavunnama) n'aba wa mu bakaa-fiiri (abawakanya amazima).
75. (Katonda) n'amugamba nti: Owange Ibliisa kiki ekikugaanye okuvunna-

إِلَّا اللَّهَ الْوَاحِدَ الْقَهَّارَ ﴿٧٥﴾

رَبِّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا  
الْعَزِيزُ الْعَقَّارُ ﴿٧٦﴾

قُلْ هُوَ بَوَّأُ عَظِيمٌ ﴿٧٧﴾

أَنْتُمْ عَنْهُ مُعْرِضُونَ ﴿٧٨﴾

مَا كَانَ لِي مِنْ عِلْمٍ بِالْمَلَائِكَةِ إِذْ  
أَخْتَصِمُونَ ﴿٧٩﴾

إِنْ يُرِيدُ أَنْ يَنْزِلَ عَلَيْكُمْ  
مُيُودِينَ ﴿٨٠﴾

إِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلَائِكَةِ إِنِّي خَالِقٌ  
بَشَرًا مِنْ طِينٍ ﴿٨١﴾

فَإِذْ أَسْوَأَ فِيهِنَّ وَفَخَّخْتُ فِيهِمْ مِنْ رُوحِي  
فَقَعُوا إِلَى السَّجْدِ فَسَجَدُوا ﴿٨٢﴾

سَجَدَ الْمَلَائِكَةُ كُلُّهُمْ إِجْمَاعًا ﴿٨٣﴾

إِلَّا إِبْلِيسَ اسْتَكْبَرَ وَكَانَ مِنَ  
الْكٰفِرِينَ ﴿٨٤﴾

قَالَ يَا إِبْلِيسُ مَا مَنَعَكَ أَنْ تَسْجُدَ

69. Wano Nabbi (s.a.w.) yali agamba nti singa tebwali bubaka obwamuweerezabwa okuva eri Katonda, yaalibadde tasobola kumanya ebyo ebyaiwo mu ggulu. mu kiseera Bamalayika bwe baali bakaayana ku nsonga ezikwata ku Nabbi Adamu (temirembe gibe ku ye).

- mira oyo gwe natonda n'omukono Gwange? Abaffe, weekuzizza oba obadde abalibwa mu b'awaggulu?
76. Ibliisa n'agamba nti: Nze mulungi okusinga ye: Nze wantonda mu muliro ate ye n'omutonda mu ttaka.
77. (Katonda) n'agamba nti: Gifulumemu (Ejjana), mazima ggwe ogobeddwa mu kusaasira Kwange.
78. Era mazima kiri ku ggwe ekikolimo Kyange okutuusa ku Lunaku Lw'okusasulwa.
79. (Ibliisa) n'agamba nti: Mukama wange! Nnindiriza (oleme kunzita) okutuusa ku Lunaku lwe balizuuki-zibwa.
80. (Katonda) n'amugamba nti: Mazima ggwe oli mw'abo abalindirizibwa—
81. Okutuusa ku Lunaku lw'ekiseera ekimanyiddwa.
82. (Ibliisa) n'agamba nti: Ku lw'ekitiibwa Kyo, mazima nja kubabuliza ddala bonna.
83. Okuggyako abaddu Bo (bokka) mu bo abakola ku Lulwo.
84. (Katonda) n'agamba nti: Amazima era njogera mu mazima
85. (Nti): Nngenda kubajjuza ddala mu muliro (Jahannama) abaliva mu ggwe ne mw'abo abalikugoberera mu bo bonna.
86. Bagambe (abantu ggwe Nabbi) nti: Sibasaba mpeera ku lw'okubatuu-

لِمَا خَلَقْتُ بِيَدَيَّ اسْتَكْبَرْتَ أَمْ

كُنْتَ مِنَ الْعَالِينَ ﴿٤٥﴾

قَالَ أَنَا خَيْرٌ مِنْهُ خَلَقْتَنِي مِنْ تَارٍ

وَخَلَقْتَهُ مِنْ طِينٍ ﴿٤٦﴾

قَالَ فَأَخْرِجْهُمَا فَأَنَا رَجِيمٌ ﴿٤٧﴾

وَأَنَّ عَلَيْكَ لعَنَتِي إِلَى يَوْمِ الدِّينِ ﴿٤٨﴾

قَالَ رَبِّ فَأَنْظِرْنِي إِلَى يَوْمِ

يَبْعَثُونَ ﴿٤٩﴾

قَالَ فَإِنَّكَ مِنَ الْمُنظَرِينَ ﴿٥٠﴾

إِلَى يَوْمِ الْوَقْتِ الْمَعْلُومِ ﴿٥١﴾

قَالَ فَبِعِزَّتِكَ لَأُغَوِّيهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٥٢﴾

إِلَّا عِبَادَكَ مِنْهُمُ الْمُخْلَصِينَ ﴿٥٣﴾

قَالَ فَالْحَقُّ وَالْحَقُّ أَقْوَلُ ﴿٥٤﴾

لَا مَلَأَنَّ جَهَنَّمَ مِنْكَ وَمِمَّن تَبِعَكَ

مِنْهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٥٥﴾

قُلْ مَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ وَمَا

saako obubaka (obundagiddwa), era siri nze wa mu beewaliriza (okwogera ebyo ebitantumiddwa).

أَنَا مِنَ الْمُتَكَلِّفِينَ ﴿٨٧﴾

87. Teri eyo (Kuraane) wabula Kyakujjukiza eri ebitonde (byonna).

إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿١٤﴾


88. Era mazima mugenda kumanya ekigambo kyayo n'amazima gaayo oluvannyuma lw'ekiseera kitono.

وَلَتَعْلَمَنَّ نَبَأَ بَعْدَ حِينٍ ﴿٨٨﴾

## EBIFA KU SSUULA AZ-ZUMAR MU BUFUNZE (39)

N'eno y'emu ku ssuula ezakkira e Makka nga yayitibwa etyo okuva mu aya 71 ne 73; ekigambo *Zumar* mwe kyogererwako. Yakka mu kiseera nga Abakkiriza tebannasengukira mu nsi Habashi oba Abbyssinia (Ethiopia).

Mu kiseera we yakkira, Abasiraamu mu Makka baali batuntuzibwa, bayigganyizibwa, bakotoggerwa, bekokkolwa wamu n'okulumbaganwa obutata. Obubaka bw'essuula okusinga bwemalidde ku kwogera ku batakkiriza, Abakuraish, wadde nga n'Abakkiriza boogerwako wano na wali. Mu yo ekiruubirirwa ekikulu kyennyini eky'Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) kitangaazibwa, nti: Omuntu atekwa yeemalire ku kusinza n'okuweereza Katonda yekka n'amazima era aleme kuzigamya kusinza kwa Katonda we nga amugattako bakatonda balala. Ng'eddinngana okutangaaza ekiruubirirwa ekikulu kino mu ngeri ezitali zimu, amazima ga *Tawhiidi* (Obwomu bwa Katonda) n'ebirungi ebitagambika ebiva mu kukkiriza n'okusinza Katonda Omu, wamu n'okuguyaaguya kw'okugatta ku Katonda bakatonda abalala (*Shirik*) n'obubi bwa *Shirik*, binnyonyolwa mu ngeri ey'omwanguka ematiriza ddala. Era abantu bakubirizibwa bave mu makubo amabi agakontana n'Eddiini badde eri amalunngamu Katonda g'asiima. Ne ku lw'ensonga eno yennyini Abakkiriza balagirwa, nga kwe kuli nga okugamba nti: "Bwekiba nga ekitundu (ky'ensi ekimu kizzeemu obukalubu ne kifundawalira okusinzizaamu n'okutuukiririzaamu emitemwa gy'okuweereza Katonda, ensi Ye ngazi: musenguke (mu kitundu ekiba kibazitooweredde) mugende musenge mu kifo ekirala kyonna olwo kibasobokere okuwonyezaamu Enzikiriza yammwe: ne Katonda wa kubasasula empeera ku lw'obugumiikiriza bwammwe." Ate ku luuyi olulala, Nabbi Ow'ekitiibwa azzibwamu amaanyi, nga kulinga okumugamba nti: "Gamba abatakkiriza kaate nti ba ddembe okwekolobojja nga bakola kyonna kye baagala, wabula okukuyigganya kwabwe n'obuumbula tebiriyyinza nakamu kukuwunjula bikuggye ku kkubo lya Busiraamu: era obagambe nti yadde bagende mu maaso nga beemala ennyalwe mu keefubiriro k'okuziyiza ekkubo lya, naye oja kweyongera mu maaso okutuusa obubaka bwo awamu n'okuba mu mbeera eya kazigizigi ne kanaayokyani.



## ESSUULA AZ-ZUMARA (39)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 8 ne Aya 75

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi,  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Okussa Ekitabo (kino Kuraane) ekiva eri Katonda Ow'ekitiibwa, Omukakasa (mw'ebyo by'ayogera ne by'akola).

2. Mazima Ffe twassa Ekitabo (kino) gy'oli (ggwe Muhammadi) mu mazima; kale sinza Katonda nga otukuza eddiini ku Lulwe (yekka).

3. Abange ya Katonda (yekka) eddiini entukuvu. N'abo abeeteerawo abayambi abatali Ye (Katonda bagamba) nti: Tetubasinza abo wabula balyoke batusembeze okumpi n'eri Katonda. Mazima Katonda agenda kulamula wakati waabwe mw'ebyo bo bye baali baawukanamu. Mazima Katonda talunggamyayo oyo aba omulimba, omuwalaazi w'empaka.

4. Singa Katonda yayagala okweteerawo omwana, yandiyawudde (n'aggya omu) mw'ebyo bye yatonda ekyo kye yandyagadde. Ayawulwa (n'asukkuluma okuba nga alina omwana)! Ye ye Katonda, Ali Omu, Omukasi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

تَنْزِيلُ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ①

إِنَّا أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ فَاعْبُدِ اللَّهَ مُخْلِصًا لَهُ الدِّينَ ②

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلَقٍ وَإِنَّ اللَّهَ لَشَدِيدُ الْحِسَابِ ③  
تَنْزِيلُ  
الَّذِي خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلَقٍ وَإِنَّ اللَّهَ لَشَدِيدُ الْحِسَابِ ④  
إِنَّ اللَّهَ لَكَهْدَمٌ مَنْ هُوَ لَذَبْ لَقَاؤُ ⑤

لَوْ أَرَادَ اللَّهُ أَنْ يَتَّخِذَ وَلَدًا لَاصْطَفَىٰ مِمَّا يَخْتَلِقُ مَا يَشَاءُ مِنْ عِبَادٍ هُوَ اللَّهُ الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ⑥

4. Singa Katonda yayagala okuba n'omwana nga Abakristaayo bwe bagamba nti Nabbi Issa mwana We era nga Abakafiri b'omu Makka bwe baagambanga nti bamalayika bawala ba Katonda, era nga n'Abayudaaya bwe baagambanga nti Nabbi Uzairu mwana We, yaalibadde yeesiimira mw'ebyo bye yatonda nga bwe yaaliyagadde, naye ekyo teyakikola. Katonda ayawulwa mu Bwaka-tonda Bwe. talina mwana, wadde n'okuba n'omulala yenna ayenkana nkana Naye mu Bwaka-tonda Obwo. Ali Omu bwagere, Omukasi akaka ebitonde n'okubitta awatali kweyagalira.

5. Yatonda eggulu n'ensi mu mazima. Azinga ekiro ku musana (obudde ne buziba), n'azinga omusana ku kiro (obudde ne bukya), n'agonza enjuba n'omwezi (n'engereka Ye ne biba nga) buli kimu kitambulira ku bbanga ggere. Abange, ye (Katonda) Ye Ow'ekitiibwa, Omusonyiyi?

خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ يَتَذَكَّرُ  
الْيَوْمَ عَلَى التَّهَارُكِ وَيُكْوِّرُ التَّهَارَ عَلَى  
الْيَوْمِ وَسَعَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ كُلَّ يَوْمٍ  
يَجْرِي لِأَجَلٍ مُّسَمًّى أَلَا هُوَ الْعَزِيزُ الْغَفَّارُ ⑤

6. (Katonda) yabatonda (nga abaggya mu muntu omu Adamu), oluvannyuma n'aggya mu ye mukyala we (Haawa); n'abassiza mmwe mu bisolo ebrundwa emitindo munaana. Abatondera mu mbuto za bannyammwe, okutonda oluvannyuma lw'okutonda, mu bizikiza bisatu. Oyo ye Katonda, Omulezi wammwe. Obwakabaka Bubwe. Tewali Katonda asinzibwa okuggyako Ye: Ngeri ki (nate) bwe mukyuka (okuva kw'ekyo)?

خَلَقَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ ثُمَّ جَعَلَ  
مِنْهَا ذُرِّيَّتًا وَأَنْزَلَ لَكُمْ مِنَ الْأَنْعَامِ  
مَثَلِيَّةً أَنْ يَكْفُرُوا خَلَقَكُمْ فِي بُطُونِ أُمَّهَاتِكُمْ  
خَلْقًا مِّنْ بَعْدِ خَلْقٍ فِي ظُلُمَاتٍ ثَلَاثٍ  
ذَلِكُمْ اللَّهُ رَبُّكُمْ لَهُ الْمُلْكُ لَا إِلَهَ إِلَّا  
هُوَ قَاتِلِ نَصْرَتُونَ ⑥

7. Bwe muba nga muwakanyizza (ebyengera Bye) mazima Katonda mugagga (obutectaaga kintu kyonna kuva gye muli), era tasiimira baddu Be bukaafiiri; naye bwe muba nga mwebazizza asiima (okwebaza) okwo gye muli. Tegulyetikka omwoyo omwonoonyi kibi kya mwoyo mulala. Oluvannyuma eri Katonda bwe buddo bwammwe; abannyonyole ebyo bye mwalinga mukola (ku nsi). Mazima Ye Amanyi ebiri mu bifuba (mu mitima gy'abaddu Be).

إِنْ تَكْفُرُوا فَإِنَّ اللَّهَ شَعْنِي وَمَنْ  
يَرْضَىٰ لِعِبَادَةِ الْأَلْفَمَةِ وَإِنْ تَشْكُرُوا  
يَرْضَهُ لَكُمْ وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَىٰ  
تَمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ مَرْجِعُكُمْ فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنتُمْ  
تَعْمَلُونَ إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑦

6. Mu aya eno Katonda annyonyola nti yakola abantu nga abaggya mu muntu omu, naye ye Jjajaffe Adamu; oluvannyuma n'aggya mu Adamu mukyala we Kaawa. Era yatondera abantu ebisolo ebrundibwa nga biri mu mitindo munaana, nagyo gye gino: ente ennume n'enkazi, engamiya ennume n'enkazi, embuzi ennume n'enkazi, endiga ennume n'enkazi biryoke bibagase. Era ategeeza nga bwe yatonda abantu mu mbuto za bannyaabwe ng'abaggya mu lutonda olumu n'abazza mu lutonda olulala. Okusooka omuntu aba mazzi, n'azzaako okuba ekisaayisaayi, n'addako okuba ekinyama, ate n'aba amagumba. Okuva awo Katonda n'ayongera okumutonda mu ngeri endala okutuusa lw'amufuwamu omwoyo n'aba ekiramu. Oluvannyuma n'amwanguyiza engeri y'okufuluma okuva mu lubuto lwa nnyina.

Omuntu atonderwa mu bizikiza bisatu: ekizikiza ekisooka ky'eky'olububi olubeera ku mwana, eky'okubiri kye kizikiza kya nnabaana n'ekyokusatu ne kiba eky'olubuto lwa nnyina.



8. Akabi bwe kaba nga kakutte omuntu, asaba Mukama we nga yeenenya gy'Ali (amusonyiwe). Oluvannyuma bw'aba nga amugabidde ekyengera okuva gy'Ali (Ye Katonda) yeerabira akabi ke yabadde asaba gy'Ali okukamuggirawo mu kusooka, n'assa ku Katonda bakatonda abalala alyoke abuze (abantu) okuva ku kkubo Lye (Katonda). Gamba (ow'ekika ekyo, Ggwe Muhammadi) nti: Weeyagale n'obukaafiiri bwo okumala ebbanga ttono. Mazima ggwe oli mu bannannyini kuyingira muliro!

وَإِذَا مَسَّ الْإِنْسَانَ ضُرٌّ دَعَا رَبَّهُ  
مُنِيبًا إِلَيْهِ ثُمَّ إِذَا خَوَّلَهُ نِعْمَةً مِنْهُ  
نَسِيَ مَا كَانَ يَدْعُو إِلَيْهِ مِنْ قَبْلُ وَ  
جَعَلَ لِلَّهِ أَنْدَادًا لِيُضِلَّ عَنْ سَبِيلِهِ  
قُلْ تَمَتَّعْ بِكُفْرِكَ قَلِيلًا إِنَّكَ مِنْ  
أَصْحَابِ النَّارِ ⑧

9. Abaffe oyo atya Katonda mu kiseera ky'ekiro, nga avunnama era nga ayimirira (n'asaala), nga yeekeka Enkomerero era nga asubira okusaasira kwa Katonda we, (ayinza okufaanaana n'oyo asaba Katonda mu kiseera ky'obuzibu bwokka bw'amala n'amwerabira, oba ayinza okufaanaana n'oyo atakkiriza)? Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Abaffe benkanankana abo abamanyi n'abo abatamanyi? Mazima bajjukira abo (bokka) abalina amagezi amalamu.

أَمْ مَنْ هُوَ قَادِتُ أَنْ آتِيَهُ الْيَلُّ سَاجِدًا  
قَائِمًا يَخْذَرُ الْآخِرَةَ وَيَرْجُو رَحْمَةَ رَبِّهِ  
قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الَّذِينَ يَكْفُرُونَ الَّذِينَ  
يَعْلَمُونَ إِنَّمَا يَتَذَكَّرُ أُولَ الْأَنْبِيَاءِ ⑨

10. Gamba: Abange mmwe abaddu bange abo abakkiriza! Mutye Mukama wammwe. Balina abo abalongoosa emirimu gyabwe obulungi muno mu nsi (ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma), n'ensi ya Katonda ngazi. Mazima abagumiikiriza batuukirizibwa okusasulwa empeera yaabwe awatali kubala.

قُلْ يُعْبَادُ الَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ  
لَا يَنْفَعُونَ فِي هُدًى وَلَا فِي ضَلَالٍ  
وَأَرْضُ اللَّهِ وَاسِعَةٌ إِنَّمَا يُوَفَّى الصَّابِرُونَ  
أَجْرَهُمْ بِغَيْرِ حِسَابٍ ⑩

11. Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima nze ndagiddwa okusinza Katonda (mbeere) nga ntukuza eddiini ku Lulwe (Yekka awatali kumugattako kintu kirala oba okukola bandede);

قُلْ إِنِّي أُوْتِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ اللَّهَ مُخْلِصًا  
لَهُ الدِّينَ ⑪

12. Era ndagiddwa okubeera ow'oluberyeberye mu Basiraamu (abeewaayo eri Ye). وَأَمْرٌ لِأَنَّ أَوَّلَ الْمُسْلِمِينَ ١٢
13. Gamba nti: Mazima nze ntya bwe mba nga njeemedde Mukama wange ebibonyobonyo by'Olunaku Olunene. قُلْ إِنِّي أَخَافُ إِنْ عَصَيْتُ رَبِّي عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ١٣
14. Gamba nti: Katonda gwe nsinza nga ntukuza ku Lulwe (yekka) eddiini yange: قُلْ اللَّهُ أَعْبُدُ مُخْلِصًا لَهُ دِينِي ١٤
15. Kale (mmwe) musinze ebyo bye mwagala ebitali Ye. (Era) bagambe nti: Mazima abafiiriddwa be bo abaafiirwa emyoyo gyabwe n'abantu baabwe ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Abange, okwo kwo kwe kufiirwa okweyolefu! فَاعْبُدُوا مَا شِئْتُمْ مِنْ دُونِهِ قُلْ إِنَّ الْخَاسِرِينَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنْفُسَهُمْ وَأَهْلِيهِمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ أَلَا ذَلِكَ هُوَ الْخُسْرَانُ الْمُبِينُ ١٥
16. Balina abo waggulu waabwe emizingo gy'omuliro ne wansi waabwe waliyo emizingo (gy'Omuliro). Ekyo Katonda ky'atiisa nakyo abaddu Be, (nga abagamba): Abange abaddu Bange! Kale muntye! لَهُمْ مِنْ قَوْمِهِمْ طَلٌّ مِنَ النَّارِ وَمِنْ تَحْتِهِمْ ظِلٌّ ذَلِكَ يُخَوِّفُ اللَّهَ بِهِ عِبَادَةً يُعْبَادُونَ فَاتَّقُوا اللَّهَ ١٦
17. N'abo abewala ebisinzibwa eby'o-bulimba (baleme) kubisinja ne beenenya eri Katonda, balina okusanyusibwa (n'amawulire amalungi). Kale sanyusa abaddu Bange (Ggwe Muhammadi), وَالَّذِينَ اجْتَنَبُوا الطَّاغُوتَ أَنْ يَعْبُدُوهَا وَأَنَابُوا إِلَى اللَّهِ لَهُمُ الْبُشْرَىٰ فَبَشِّرْ عِبَادِ ١٧
18. Abo abawuiriza ekigambo ne bagoberera ekisinga obulungi. Abo be bo Katonda be yalunggamy, era abo be balina amagezi amalamu. الَّذِينَ يَسْتَمِعُونَ الْقَوْلَ فَيَتَّبِعُونَ أَحْسَنَهُ أُولَئِكَ الَّذِينَ هَدَاهُمُ اللَّهُ وَأُولَئِكَ هُمْ أُولُو الْأَلْبَابِ ١٨
19. Abaffe, oyo amaze okukakataka ekigambo ky'ekibonyobonyo (olw'e-bibi bye, oyinza okumulongoosa)? Abaffe, Ggwe oyinza okuggya oyo ali mu muliro n'omuwonya? تَقُوذٌ مَنْ فِي النَّارِ ١٩

20. Naye abo abaatyanga Mukama waabwe, balina zikayina waggulu waazo nga waliyo kayina endala ezizimbiddwayo (ku lwabwe), nga emigga gikulukutira wansi waazo (zikayina ez). Kwe kulagaanya kwa Katonda. Katonda tayawukana ku ndagaano.

لَكِنَّ الَّذِينَ اتَّقَوْا رَبَّهُمْ لَهُمْ عُرْفٌ  
مِّنْ قَوْفٍ مَا عُرِفَتْ مَبْنِيَّةٌ تُجْرَى مِنْ تَحْتِهَا  
الْأَنْهَارُ وَعَدَّ اللَّهُ لَا يَخْلِفُ اللَّهُ الْوَعْدَ ﴿٢٠﴾

21. Tolaba nti mazima Katonda yassa amazzi okuva mu ggulu n'agakulukusiza (munda mu ttaka ne gaba) ensulo mu ttaka? N'oluvannyuma ameza nago ebimera ebisigwa eby'amabala ag'enjawulo; nate bwe bimala ne bikawuka n'obiraba nga byengeredde; oluvannyuma ate n'abifuula ebisubi ebikutusekutuse. Mazima mw'ekyo mulimu okujjura eri abalina amagezi amalamu.

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً  
فَسَلَكَهُ يَنَابِيعٌ فِي الْأَرْضِ ثُمَّ يُخْرِجُ  
بِهِ زُرْعًا مُخْتَلِفًا أَلْوَانُهُ ثُمَّ يَهَيِّجُ  
فَتْرَهُ مُمْسِكًا أَنْتُمْ تَجْعَلُهُ حُطَاةً  
إِن فِي ذَلِكَ لَذِكْرٌ لِّأُولِي الْأَلْبَابِ ﴿٢١﴾

22. Abaffe, oyo Katonda gwe yayanjuluzza ekifuba kye ku lw'Obusiraamu (n'aba) nga ali ku kitangaala ekyava eri Mukama we? Okubonaabona kuli eri abalina emyoyo emikakanyavu ku kwogera ku Katonda. Abo bali mu bubuze obweyolefu.

أَفَمَنْ شَرَسَ اللَّهُ صَدْرَهُ الْإِسْلَامَ  
فَهُوَ عَلَى نُورٍ مِّن رَّبِّهِ قَوْلٌ لِّلْقَاسِيَةِ  
قُلُوبِهِمْ مِّن ذِكْرِ اللَّهِ أُولَئِكَ فِي  
صُلْبٍ مُّبِينٍ ﴿٢٢﴾

23. Katonda yassa ebigambo ebisinga obulungi, Ekitabo (Kuraane) eki-faanagana (ebigambo byakyo sso ne bitakoonagana era) ekiddingana (ensonga awatali kukooyesa): Gasusuukirira ku bwakyo amaliba g'abo abatya Mukama waabwe, oluvannyuma amaliba gaabwe n'emitima gyabwe ne bigonda (olw'okudda) eri okwogera ku Katonda. Okwo kwe kulunnngamya kwa Katonda: Alunnngamya nakwo oyo gw'ayagadde. N'oyo Katonda gw'abuzizza, talina ye mulunnngamya.

اللَّهُ أَنْزَلَ أَحْسَنَ الْقُرْآنِ نَزْلاً  
مُّتَشَابِهًا مَّثَابًا لَّا تَشْعُرُ مِنْهُ جُلُودُ  
الَّذِينَ يُحْشَوْنَ رَبَّهُمْ ثُمَّ تَلِينُ  
جُلُودُهُمْ وَقُلُوبُهُمْ إِلَى ذِكْرِ اللَّهِ  
ذَلِكَ هُدَى اللَّهِ يَهْدِي بِمَنْ يَشَاءُ  
وَمَنْ يُضَلِّ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ حَادٍ ﴿٢٣﴾

24. Abaffe, oyo alyekingiriza n'ekyenyi kye ebibonyobonyo ebibi (ennyo eby'omuliro) ku Lunaku Lw'enkomerero (kye kimu n'oyo aliba mu masanyu g'omu Jjana)? Baligambibwa abalyazaamaanyi nti: Mukombe kw'ebyo bye mwali mukola.

أَفَمَنْ يَتَّبِعِي بِوَجْهِهِ سُوءَ الْعَدَابِ  
يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَقِيلَ لِلظَّالِمِينَ ذُوقُوا  
مَا كُنتُمْ تَكْسِبُونَ ﴿٣٤﴾

25. Abo abaabasooka baalimbisa (Bannabbi), kale ebibonyobonyo ne bibajjira (nga biva) awo we baali tebamanyi.

كَذَّبَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَاْتَتْهُمْ  
الْعَذَابُ مِنْ حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٣٥﴾

26. Katonda n'abakombya ku buswavu mu bulamu bw'ensi, (ng'ate ddala) n'ebibonyobonyo by'Obulamu Obw'oluvannyuma bye besinga obunene singa baali bamanyi!

فَاذَاتَهُمُ اللَّهُ الْخِزْيَ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا  
وَالْعَذَابِ الْآخِرَةِ أَكْبَرُ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٣٦﴾

27. Mazima ddala tukubidde abantu mw'eno Kuraane buli kifaananyi, oba olyawo ne bajjukira (ne bayigirako).

وَلَقَدْ ضَرَبْنَا لِلنَّاسِ فِي هَذَا الْقُرْآنِ  
مِنْ كُلِّ مَثَلٍ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٣٧﴾

28. (Twagissa) Kuraane nga ya Luwarabu, (ennyinyonnyofu obulungi) eteriimu bukyamu, oba olyawo ne batya (Katonda ne beekaka ebibi).

فَرَأَا عَرَبِيًّا عَيْرِيًّا فِي عِوَجٍ لَعَلَّهُمْ  
يَتَّقُونَ ﴿٣٨﴾

29. Katonda yakuba ekifaananyi—omusajja omuddu aliko (bakama be bangi) abaamugatta, abakaayagana (olutata) n'omusajja omulamu nga wa (mukama we) omusajja omu. Abaffe, benkankana mu kugeza? Buli, kitendo kya Katonda! Wabula abasinga obungi tebamanyi.

ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا رَجُلًا فِيهِ شُرَكَاءُ  
مُتَشَاكِسُونَ وَرَجُلًا سَلَمًا لِرَجُلٍ  
هَلْ يَسْتَوِينَ مَثَلًا أَحْمَدُ لِلَّهِ بَلْ  
أَكْبَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٩﴾

24. Amakulu gali nti: Omuntu oyo eyajeemera Katonda, oyo alibeera nga yeekingiriza ebibonyobonyo n'ekyenyi kye oluvannyuma lw'okusibibwa emikono gye; abaffe oyo alifaanana n'oyo alijja ku Lunaku olwo nga yakkiriza Katonda n'amugondera, n'eba nga empeera ye ge masanyu n'okwesima eby'omu Jjana?

29. Katonda yakuba ekifaananyi ky'abantu babiri: omu nga alina bakama be bangi abatakkiriziganya nga buli omu ayagala aweereze ye yakka, n'omuddu omulala nga akolera omuntu omu yekka, abaffe abo bombiriri baba kye kimu? Bwe kityo nno n'enjawulo bw'eri wakati w'oyo asinza Katonda Omu n'oyo alina bakatonda abangi.

30. Mazima ggwe (Nabbi, lumu) oli wa kufa era ddala nabo (abantu) ba kufa (nga batuusiza entuuko zaabwe).

إِنَّكَ مَيِّتٌ وَإِنَّهُمْ مَيِّتُونَ ﴿٣٠﴾

31. Oluvannyuma ddala mmwe awali Mukama wammwe we muliwozanzanyiza ku Lunaku Lw'okuyimirira.

ثُمَّ إِنَّا كُنَّا يَوْمَ الْقِيَامَةِ عِنْدَ رَبِّكُمْ  
تَخْتَصِمُونَ ﴿٣١﴾

32. Ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo alimba ku Katonda (nga amuteekako by'atalina), era n'alimbisa amazima mu kiseera bwe gamujjidde? Abaffe temuli mu Muliro (Jahannama) ekifo ky'abakafiiri?

فَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ كَذَبَ عَلَى  
اللَّهِ وَكَذَّبَ بِالصِّدْقِ إِذْ جَاءَهُ ۗ  
أَلَيْسَ فِي بَهْتَمِهِ مَثْوًى لِّلْكَافِرِينَ ﴿٣٢﴾

33. N'oyo eyajja n'amazima n'agakiriza (era n'agawagira)—Abo bo be batya Katonda.

وَالَّذِي جَاءَ بِالصِّدْقِ وَصَدَّقَ بِهِ  
أُوْلَئِكَ هُمُ الْمُتَّقُونَ ﴿٣٣﴾

34. Balina (okufuna) ebyo bye baagala awali Mukama waabwe. Eyo y'empeera y'abalongoofu:

لَهُمْ مَا يَشَاءُونَ عِنْدَ رَبِّهِمْ ذَٰلِكَ  
جَزَاءُ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٤﴾

35. Katonda alyoke abakingirize (abaggyeko) obubi bw'ebyo bye baakola, abasule empeera yaabwe olw'ebirungi ebyo bye baali bakola.

لِيَكْفُرَ اللَّهُ عَنْهُمْ أَسْوَأَ الَّذِي عَمِلُوا  
وَنَجْزِيَهُمْ أَجْرَهُمْ بِأَحْسَنِ الَّذِي كَانُوا  
يَعْمَلُونَ ﴿٣٥﴾

36. Katonda tamalira muddu We (oyo amusinza n'amwesiga mu buli kyonna ekimweraliikiriza)? Ne bakutiisa nabo (bakatonda baabwe) abatali Ye (Katonda nti baja kukutuusaako akabi bw'otobasinze)! N'oyo Katonda gw'aba abuzizza, talina ye mulungamya!

أَلَيْسَ اللَّهُ بِكَافٍ عَبْدَهُ وَيُخَوِّتُونَكَ  
بِالَّذِينَ مِنْ دُونِهِ وَمَنْ يُضْلِلِ اللَّهُ  
فَمَا لَهُ مِنْ هَادٍ ﴿٣٦﴾

37. N'oyo Katonda gw'aba alungamizza talina amubuza. Abaffe Katonda ssi

وَمَنْ يَهْدِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ مُّضِلٍّ ۗ

33. Ekitundu kino kitwaliramu buli mukiriza yenna kuoanga buli omu mu bakiriza ab'amazima, ayogera amazima ate n'agakozeza. Nga n'abakwata ekifo ekisooka be babaka.

36. Ekitundu kino kyakka abakafiiri b'omu Makka bwe batiisatiisanga Nabbi nti bw'ataalekeeyo kwogera bubi ku balubaale baabwe, balubaale abo baja kumkolako akabi.

wa Kitiibwa, Alina Okuzikiriza, (oyo asaanidde okuzikirira)?

38. Bw'oba nga obabuuzizza nti: Ani eyatonda eggulu n'ensi? Bagambira ddala nti: Katonda. Bagambe nti: Olwo mulaba nti ebyo bye musaba ebitali Katonda, Katonda bw'aba nga anjagalizza akabi, abaffe bo basobola okunzigyako akabi Ke (k'aba anjagalizza)?—Oba bw'aba nga anjagalizza okusaasira (Kwe), abaffe, bo bayinza okuziyiza okusaasira Kwe? Bagambe nti: Katonda ammala! Ku Ye beesiga (abo) abamwesiga.
39. Bagambe: Abange ab'ekibiina kyange! Mukolere ku kkubo lyammwe (nga bwe mwagala): Mazima nze (nange) nkola (nga nkolera ku kkubo lyange). Kyaddaaki mulimanya—
40. Ani gwe birijira ebibonyobonyo ebirimuswaza, ne bikka ku ye ebibonyobonyo eby'olubeerera.
41. Mazima Ffe tussizza ku ggwe (Muhammadi) Ekitabo (Kuraane) eky'amazima nga kya bantu bonna. Omuntu alunngama, alunngama ku lulwe, n'omuntu abula, mazima akabi k'okubula kwe kadda gy'ali. Era toli ggwe mukuumi ku bo (abakuuma obutabula, wabula olina kutuusa bubaka bwokka gye bali).
42. Katonda y'aggyamu emyoyo mu kiseera ky'okufa kwagyo, (n'omwoyo) ogutafiira mu kwebaka kwagwo. N'aggyamu ogwo ogugereddwa okufa, n'ata omulala (okuddayo eri omubiri gwagwo) okutuusa ku ntuko ezaagugererwa. Mazima muli mw'ebyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ekirowooza.

أَلَيْسَ اللَّهُ بِعَزِيزٍ ذِي انْتِقَامٍ ﴿٣٨﴾

وَلَيْنَ سَأَلْتَهُم مِّنْ خَلْقِ السَّمٰوٰتِ  
وَالْاَرْضِ لَيَقُوْلُنَّ اَللّٰهُ طُوْلُ اَفْرَعِيْمَ  
ثُمَّ اَتَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ اِنْ اَرَادَ  
اللّٰهُ بِضُرٍّ هَلْ هُنَّ كَاشِفٰتُ ضُرِّهِۦٓ اَوْ اَرَادَ  
بِرَحْمَةٍ هَلْ هُنَّ مُمْسِكَتُ رَحْمَتِهٖۙ قُلْ  
حَسْبِيَ اللّٰهُ عَلَيْهِ يَتَوَكَّلُ الْمُتَوَكِّلُوْنَ ﴿٣٩﴾

قُلْ لَيَقُوْمَ اَعْمٰلُوْا عَلٰى مَكَانَتِكُمْ اِنَّ  
عَامِلًا لَّسَوْفَ لَعٰمُوْنَ ﴿٤٠﴾

مَنْ يَّاتِيْهِ عَذَابٌ يُخْزِيْهِ وَيَحِلُّ  
عَلَيْهِ عَذَابٌ مُّقْتَدِرٌ ﴿٤١﴾

اِنَّا اَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتٰبَ الَّذِيۡ فِيْهِ  
فٰتٰرَاتٌ لِّمَنْ يَفْقَهُهٗٓ وَفِيۡ مَنَٔيَا  
يُضِلُّ عَلَيْنَا وَمَا اَنْتَ عَلَيْهِمْ بِوَكِيْلٍ ﴿٤٢﴾

اَللّٰهُ يَتَوَكَّلُ الْاَنْفُسَ حِيْنَ مَوْتِهَآ وَالَّذِيۡ  
لَمْ يَمُتْ فِيۡ مَنَآئِمِهَا فَيَقْبَلُ الَّذِيۡ قَضٰى  
عَلَيْهَا الْمَوْتَ وَيُرْسِلُ الَّذِيۡ اُخْرٰى اِلٰى اَجَلٍ  
مَّسْتَقَرٌّ اِنْ فِيۡ ذٰلِكَ لَآيٰتٌ لِّقَوْمٍ يَّتَفَكَّرُوْنَ ﴿٤٣﴾

43. Abaffe, bafuula ebyo ebitali Katonda abawolereza (abalibasembeza mu maaso ga Katonda)? Bagambe nti: Ne bwe baba nga tebafuga kintu kyonna era nga tebategeera?

أَمْ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ شُفَعَاءَ قُلُوبَهُمْ  
أَوْ كَانُوا لَهُمْ مَلَكُونَ سُيُوفًا وَيَعْقِلُونَ ﴿٣٩﴾

44. Bagambe nti: Okuwolereza kwonna kwa Katonda. Bubwe obufuzi bw'eggulu n'ensi: Oluvannyuma mugenda kudda gy'Ali (abale era abasasule emirimu gammwe).

قُلْ لِلَّهِ الشَّفَاعَةُ جَمِيعًا لَهُ مُلْكُ  
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ثُمَّ إِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٤٠﴾

45. Bw'aba nga ayogeddwako Katonda Yekka (bakatonda baabwe ne bata-yogerwako), genyinyala (ne gye-tamwa) emyoyo gy'abo abatakkiriza Nkomerero, naye bwe baba nga boogeddwako (bakatonda baabwe be basinza) abatali Ye Omutonzi, ogena okulaba nga bo basanyuka.

وَإِذْ أَدْرَأَهُ اللَّهُ وَحْدَهُ أَنْشَأَتْ  
قُلُوبَ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ  
وَإِذْ أَدْرَأَهُ الَّذِينَ مِنْ دُونِهِ إِذَا  
هُمْ يَسْتَشِيرُونَ ﴿٤١﴾

46. Gamba nti: Ai Katonda! Eyatonda eggulu n'ensi! Amanyi eby'ewala ebi-talabikako n'ebirabikako! Ggwe oliramula wakati w'abaddu Bo mw'e-byo bye baalinga baawukanamu?

قُلِ اللَّهُمَّ فَاطِرَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
عَلِمَ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ أَنْتَ تَحْكُمُ بَيْنَ  
عِبَادِكَ فِي مَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿٤٢﴾

47. Ne bwe baalibadde mazima nga balina abo abalyazaamaanyi (ku lw'okugatta kwabwe Katonda n'ebintu ebirala) ebyo ebiri mu nsi byonna, n'ekyenkanyi kyabyo, bandyenu-nudde nabyo okuva mu bubu bw'ebibonyobonyo by'Olunaku Lw'okuyimirira (okulamulwa mu maaso ga Katonda); era kiribeevolekera okuva eri Katonda, ekyo kye baali batalo-wooza!

وَلَوْ أَنَّ الَّذِينَ ظَلَمُوا مَا فِي الْأَرْضِ  
جَمِيعًا وَشِئْلَةً مَعَهُ لَأَفْتَدَوْا بِهِ مِنْ  
سُوءِ الْعَذَابِ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَبَدَّ اللَّهُ  
مَنْ اللَّهُ مَا لَهُ بَلَدٌ لَوْ لَا يَحْتَسِبُونَ ﴿٤٣﴾

48. Ne bibeevolekera ebibi ebyo bye baakola, ne bibeeooloola ebyo bye baanyoomerenga!

وَبَدَّ اللَّهُ سَيِّئَاتٍ مَأْكُوبًا وَوَجَّاهُ  
مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٤٤﴾

49. Omuntu bw'aba nga aguddeko obu-zibu atusaba (ng'atuwanjagira tubu-muggyeko) ate bwe tuba nga tumu-gabidde ekyengera okuva gye tuli, agamba nti: Mazima (bino) mbi-weerreddwa ku lw'okumanya kwe nnina. Nedda, wabula kyo (ky'awee-reddwa kiba) kigezo (eri ye), naye mazima abasinga obungi tebamanyi.

فَاذَامَسَ الْإِنْسَانَ مُرَدَعَانَا ثُمَّ  
إِذَا حَوَّلْنَاهُ نِعْمَةً مِّمَّا أَكَلِ الشَّمَا  
أُوتِينَاهُ عَلَى عِلْمٍ بَلْ هِيَ فِتْنَةٌ وَلَكِنَّ  
أَكْثَرَهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٩﴾

50. Ddala (bwe batyo bwe) baakyogera abo abaabakulembere, (naye) tebya-bagasa ebyo bye baalinga bakola;

قَدْ قَالُوا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ مِمَّا كَفَرْنَا  
عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٤٠﴾

51. Ne bubatuukako obubi bw'ebyo bye baakola; era n'abo abalyazaamaanya mu bano (abaliwo kati), bigenda kubatuukako ebibi ebyo bye baakola; era tebali bo ba kulemesa (Katonda mu ntegeka Ye)!

فَأَصَابَهُمْ سَيِّئَاتُ مَا كَسَبُوا وَالَّذِينَ  
ظَلَمُوا مِنْ أَهْلِ عَائِشٍ صِيبَهُمْ سَيِّئَاتُ  
مَا كَسَبُوا وَهُمْ بِمَعْجِرَتَيْنِ ﴿٤١﴾

52. Abaffe, tebamanyi nti mazima Katonda ayanjululiza ebyokufuna eri oyo gw'ayagadde n'abifundiza (gw'ayagadde)? Mazima muli mw'e-byo obubonero (obw'okulabirako) eri ekibiina ky'abakkiriza!

أَوَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ  
لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقْدِرُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَكَيْتٍ  
لِقَوْمٍ مُؤْمِنُونَ ﴿٤٢﴾

53. Bagambe nti: Abange abaddu Bange abo abaayitiriza okwonoona ku myoyo gyabwe! Temukutukanga n'okusuubira Okusaasira kwa Katonda, mazima Katonda asonyiwa ebibi byonna: Mazima Ye ye Musonyiyi, Omusaasizi.

قُلْ لِيَعْلَمِ الَّذِينَ الَّذِينَ اسْرَفُوا عَلَىٰ أَنفُسِهِمْ  
لَا تَقْتُلُوا مَنْ رَمَى اللَّهُ أَنَّهُ لَمْ يَغْفِرْ  
الذُّنُوبَ مِمَّا رَمَىٰ أَنَّهُ هُوَ الْعَفْوُ الرَّحِيمُ ﴿٤٣﴾

54. Era mwenenye nga mudda eri Mukama wammwe, mwewecyo ku Lulwe oluberyeberye nga tebinabajjira ebibonyobonyo, oluvannyuma ne mutataasibwa (muntu n'omu kubaggya mu bibonerezo Bye).

وَأَيُّبُوا إِلَىٰ رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُوا إِلَيْهِ مِنْ قَبْلِ  
أَنْ يُأْتِيَهُمُ الْعَذَابُ هُمْ كَانُوا مُنْصَرِفِينَ ﴿٤٤﴾

49. Ekyengera omuntu ky'aba afunye, Katonda aba ayagadde kumugezesa alabe oba anaamu-gondera oba n'amujecmera ku lw'ebyo by'amuwadde.



55. Mugoberere ekisinga obulungi ekyo ekyassibwa gye muli (Kuraane), oluberyebere nga ebibonyobonyo tebinabajjira ekibwatukira nga nammwe temumanyi,
56. Omwoyo guleme kugamba nti: Abange okusaalirwa kwange; kw'ebyo nayitiriza okwonoona ku ludda lwa Katonda, era nali nze wa mu banyoomerezi (b'obubaka bwa Katonda)!
57. Oba (omwoyo) guleme okugamba nti: Singa mazima Katonda yannunngamya nandibadde ow'omu bamutya (ne mpona ebibonerezo Bye olw'okukkiriza n'okukola ebirungi)!—
58. Oba guleme kugamba mu kiseera bwe guliraba ebibonyobonyo, nti: Singa mazima nze nnina (akakisa) okuddayo (ku nsi) omulundi omulala ne mbeera ow'omu balongoofu!—
59. (Okuddibwamu kwe kuliba): Nedda, mazima obujulizi Bwange bwakujjira; kyokka n'obulimbisa ne. wee-kuza, n'obeera ow'omu bakafiiri.
60. Ne ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) oliraba (Ggwe Muhammadi) abo abaalimba nga bateeka ku Katonda by'atalina nga amaaso gaabwe nga gaddugadde (ku lw'ennaku). Abaffe temuli mu muliro Jahannamu kifo ky'abeekuza (ne bagaana okugoberera amazima)?
61. Katonda n'awonya abo abamutya ku lw'okwesiiima kwabwe (bwe baasiiima okulunngama ne babalibwa mu balongoofu eri Katonda): tebulibatuuka ko obubi era si ba kunakuwala.

وَاتَّبِعُوا أَحْسَنَ مَا أُنزِلَ إِلَيْكُمْ مِنْ رَبِّكُمْ مَنْ قَبْلَ أَنْ يَأْتِيَكُمُ الْعَذَابُ بَعْتَهُمْ وَأَنْتُمْ لَا تَشْعُرُونَ ﴿٥٥﴾

أَنْ تَقُولَ نَفْسٌ لِيَحْسُرُنِي عَلَى مَا قَوَّضْتُ فِي جَنبِ اللَّهِ وَإِنْ كُنْتُ لَمِنَ السَّآخِرِينَ ﴿٥٦﴾

أَوْ تَقُولَ لَوْ أَنَّ اللَّهَ هَدَانِي لَكُنْتُ مِنَ الْمُتَّقِينَ ﴿٥٧﴾

أَوْ تَقُولَ حِينَ تَرَى الْعَذَابَ لَوْ أَنَّ لِي كَرَّةٌ فَأَكُونَ مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٥٨﴾

بَلَى قَدْ جَاءَتْكَ آيَاتِي فَكَذَّبْتَ بِهَا وَاسْتَكْبَرْتَ وَكُنْتَ مِنَ الْكٰفِرِينَ ﴿٥٩﴾

وَيَوْمَ الْقِيٰمَةِ تَرَى الَّذِينَ كَذَبُوا عَلٰى اللّٰهِ وُجُوهُهُم مُّسْوَدَةٌ ط الْاٰلِيسِ فِيْ هٰٓهْم مَثْوٰى لِّلْمُتَكَبِّرِيْنَ ﴿٦٠﴾

وَيَسْمِعِي اللّٰهِ الَّذِيْنَ اتَّقَوْا اِمْقَانًا تِهْمُرُ لَدَمْسُهُمُ السُّوْءَ وَلَا هُمْ يَجْرؤُنَ ﴿٦١﴾

62. Katonda ye Mutonzi wa buli kintu, Naye Mukuumi ku buli kintu.

اللَّهُ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ ﴿٦٢﴾

63. Ye Nnanyini bisumuluzo by'eggulu n'ensi, n'abo abawakanya obubonero bwa Katonda—abo bo be bafiirwa.

لَهُ مَقَالِيدُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ وَالَّذِينَ كَفَرُوا اِيَّايَاتِ اللّٰهِ اُولٰٓئِكَ هُمُ الْخٰسِرُونَ ﴿٦٣﴾

64. Bagambe abatakkiriza, (Gwe Nabbi) nti: Atali Katonda gwe mundagira nsinze, Abange mmwe abatamanyi?

قُلْ اَغَيِّرُ اللّٰهَ تَاْمُرُوْنِ اَعْبُدْ اِيْهَا الْجٰهَلُوْنَ ﴿٦٤﴾

65. (Sso nga) mazima ddala watumirwa ggwe n'eri (bannabbi) abo abaakusooka (nti)—Singa wagatta ku Katonda ekintu ekirala (n'okisinzira ekitaii Ye) emirimu gyo gyandi-yoononese (n'otafunamu kalungi konna) era wandibeeredde ddala mu bafiiriddwa.

وَلَقَدْ اَوْحٰى اِلَيْكَ وَاِلَى الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِكَ لَنْ اَشْرَكَتْ لِيَّحْبَطَنَّ مَمْلَكَتُكُمْ وَلَنْ تَكُوْنُوْنَ مِنَ الْخٰسِرِيْنَ ﴿٦٥﴾

66. Wabula Katonda Omutonzi gw'oba osinza era obeere mu beebaza!

بَلِ اللّٰهُ فَاعْبُدْ وَكُنْ مِنَ الشّٰكِرِيْنَ ﴿٦٦﴾

67. (Abakafiiri) tebagulumiza Katonda nga bw'ateekwa okugulumizibwa, nga n'ensi yonna eriba mu kibatu Kye ku Lunaku Lw'enkomerero, nga n'eggulu lizingiddwako n'eddyo We. Yayawukana n'agulumira okwawukana kw'ebyo bye bamugattako!

وَمَا قَدَرُوْا اللّٰهَ حَتّٰى قَدَرُوْا بِحَمْلِ الْاَرْضِ جَمِيْعًا قَبَضَتْهُ يَوْمَ الْقِيٰمَةِ وَالسَّمٰوٰتِ مَطْوِيٰتٍ يَمِيْنِيْهِ سُبْحٰنَهُ وَتَعْلٰى عَمَّا يُشْرِكُوْنَ ﴿٦٧﴾

68. Enngombe n'efuuyibwa ne baggwaamu omwoyo (ne bafa) abo abali mu ggulu n'abo abali mu nsi, wabula ekyo (ekitonde) Katonda ky'aliyagala (obutafiirawo). Ate n'efuuyibwa omulundi omulala okwejjjuukiriza nga bo bayimiridde baliindirira (ekinaabakolebwa)?

وَنُفِخَ فِي الصُّوْرِ فَصَعِقَ مَنْ فِي السَّمٰوٰتِ وَمَنْ فِي الْاَرْضِ اِلَّا مَنْ شَاءَ اللّٰهُ ثُمَّ نُفِخَ فِيْهِ اٰخَرٰى فَاَدَاھُمْ قِيٰمًا يَنْظُرُوْنَ ﴿٦٨﴾

69. Ensi n'etangaala n'ekitangaala kya Mukama waayo, Ekitabwa (ky'emirimu

وَاَنْشُرَتِ الْاَرْضُ بِنُوْرٍ رَّيَّهَا وَوُضِعَ

64. Aya eno yakka abakafiiri b'omu Makka bwe baagamba Nabbi nti asinze bakatonda baabweco nabo mbu basinze Katonda we.

gya buli omu) ne kissibwawo, Bannabbi ne balecetebwa n'abajulizi abaafa entalo z'eddiini (balyoke bawe obujulizi ku bantu), ne walamulwa wakati waabwe n'amazima, nabo tebagenda kulyazaamaanyizibwa (mbu basalweko ku mpeera zaabwe oba okwongerwako ku bibonerezo byabwe).

70. Buli mwoyo ne gutuukirizibwa okusasulwa ckyo kye gwakola, Naye (Katonda) y'amanyi ebyo bye bakola.

71. Ne basindikwa abo abaawakanya (ne bargaana okukkiriza) okugenda cri omuliro Jahannamu mu bibinja okutuusa, bwe baliba bagutuuseeko ne giggulwawo emiryango gyagwo, abagukuuma ne babagamba (nga babakomereza): Abaffe, ababaka tebaabajjira nga ba mu mmwe nga babasomera mmwe Ebigambo bya Mukama wammwe era nga babatiisa okusisinkana olunaku lwammwe luno? Ne bagamba nti: Yec, (ddala bajja gye tuli). Naye kikakase (ne kituukirira) ekigambo ky'ebibonyobonyo ku bakafiiri!

72. Baligambliwa nti: Musingire emiryango gy'omuliro Jahannamu muli ba kutuulamu lubeerera (temuliggibwamu). Ekisinga obubi ky'ekifo (kino) eky'abeekuza (ne bargaana okugoberera amazima)!

73. Ne basindikwa abo abaatya Mukama waabwe okugenda cri Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) mu bibinja okutuusa, bwe baliba nga bagituuseeko, ne bagisanga nga gigguddwawo emiryango gyayo, aba-

الْكِتَابِ وَجَاءَنِي بِالْتَّيْبِينَ وَالشَّهَادَةِ  
وَقَضَىٰ بَيْنَهُم بِالْحَقِّ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٧٠﴾

وَوُضِعَتْ كُلُّ نَفْسٍ نَّاعِمَاتٍ وَهِيَ  
عَلَّمَهُمْ بِمَا يَعْلَمُونَ ﴿٧١﴾

وَسَيِّقَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِلَىٰ بِهِمْ زُرَّارًا  
حَتَّىٰ إِذَا جَاءُوهَا فَفُتِحَتْ أَبْوَابُهَا  
وَقَالَ لَهُمْ خُزْنُهَا أَلَمْ يَأْتِكُمْ رُسُلٌ  
مِّنَّا قَالُوا لَكُمْ عَلَيْكُمْ آيَاتُ رَبِّكُمْ  
يُنذِرُوكُم لِقَاءِ يَوْمِكُمْ هَذَا قَالُوا بَلَىٰ  
وَلَكِن حَقَّتْ كَلِمَةُ الْعَذَابِ عَلَى الْكَافِرِينَ ﴿٧٢﴾

قِيلَ ادْخُلُوا أَبْوَابَ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا  
فِي سَمِّ مَتَّوِي الْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٧٣﴾

وَسَيِّقَ الَّذِينَ اتَّقَوْا إِلَىٰ الْجَنَّةِ  
زُرَّارًا حَتَّىٰ إِذَا جَاءُوهَا وَفُتِحَتْ  
أَبْوَابُهَا وَقَالَ لَهُمْ خُزْنُهَا  
سَلَامٌ عَلَيْكُمْ طِبْتُمْ

gikuuma ne babagamba: (*Assalaam Alaikum*)—Emirembe gibe ku mmwe! mwalongooka (nga muli mu nsi), kale mugiyingire, muli ba kutuulamu lubeerera (temugenda kuvaamu);

فَادْخُلُوْهَا خٰلِدِيْنَ ﴿٣٩﴾

74. Ne bagamba nti: Buli kitendo kya Katonda Oyo atukakasirizza okulagaanyisa Kwe n'atusikiza ettaka (lino) ery'omu Jjana, tube nga tubeera mu Malimiro (g'Ejjana eno nga twetaaya n'okwegazaanyiza) wonna we twagala! Ekyengera ky'empeera y'abakozi b'obulungi, abalongoosa (y'Ejjana, Ennyumba Ey'emirembe)!

وَقَالُوا الْحَمْدُ لِلّٰهِ الَّذِيْ صَدَقْنَا وَعَدَّآ  
وَاَوْرَثَنَا الدَّرۡصَ نَتَّبِعُوْا مِّنَ الْجَنَّةِ  
حَيْثُ نَشَآءُ فَنُحَمَّرُ اَجۡرَ الْعٰمِلِيْنَ ﴿٣٩﴾

75. Oliraba (Ggwe Muhammadi) bama-layika nga beetoolodde emabbali wa *Al-Arush*i nga batendereza ebitendo bya Mukama waabwe. Ne walamulwa wakati waabwe (w'ebitonde) mu bwenkanya. Ne wagambibwa nti: Buli bitendo byonna bya Katonda Omulezi w'ebitonde!

وَتَرَى الْمَلَائِكَةَ حَاقِقِيْنَ مِنْ حَوۡلِ  
الْعَرۡشِ يُسَبِّحُوْنَ بِحَمْدِ رَبِّهِمْ وَا  
قُضِيَ بِيۡنَهُمُ الْحَقُّ وَقِيلَ لِلْحَمْدِ لِلّٰهِ  
رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ ﴿٤٠﴾

75. Ebitonde byonna biriba nga bitendereza Katonda oluvannyuma lw'okulamula Kwe, wakati waabyo n'obwenkanya nga bigamba nti: "Buli kitendo kyonna kya Katonda Omulezi W'ebitonde!"

## EBIFA KU SSUULA AL-MUUMIN MU BUFUNZE (40)

Essuula eno y'emu kw'ezo ezakkira e Makka mu kiseera eky'omu masekkati mu kukka kw'Obubaka bwa Kuraane ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga tannasengukira Madina. Ye yaddirira Essuula Az-zumar. Eyitibwa Al-Muumin. (Omukkiriza) okusenziira ku aya 28-45 ezoogera ku Mukkiriza omu engera eyali ow'omu nnyumba ya Kabaka Fir'auna, eyafunvubira okugaana abantu be Abamisiri okuwakanya Obubaka bwa Nabbi Musa ne Haaruuna. Katonda bwe yabatuma bagende mu Misiri eri Fir'auna banunule Abaana ba Israili abaali mu bufuge bw'ekiddu. Ate ku luuyi olulala eyitibwa Al-Ghaafir (Omusonyi) okusenziira ku aya 3.

Essuula we yakira Abakkiriza b'omu Makka baali mu keefubiriro ka kukolera Nabbi (s.a.w.) enkwe za bika bibiri. Olukwe olusooka baali bafuba basse mu mitima gy'abantu okutankana Amazima g'Obubaka obuli mu Kuraane Entukuvu era n'Obusiraamu n'obukakafu bwa Nabbi kennyini nga bazuulawo empaka n'ebirowoozo ebitali bimu ebitaaligamu mulamwa wadde oba okuba n'entobo kwe biyimiridde. Lwo olukwe olwokubiri, abatakkiriza baali mu kubaga musingi ogw'okumalawo obulamu bwa Nabbi (s.a.w.) kennyeni. Baali mu kwesala ntotto nga banoonya ngeri ki gye banaamwe-wonya.

N'olwekyo ng'okuddamu mu nkwe z'okutemula Omubaka Muhammadi (s.a.w.) olugelo lw'Omukkiriza w'omu Bantu ba Fir'auna lunyumizibwa mu aya 23-55. Mu lugelo olwo muyigirwamu ebikulu bya mitendera esatu:

(1) Abatakkiriza balabulwa: Akeefu konna ke mwefubye okwagala okutuusa ku Nabbi ebikolwa ebyobukambwe mwettattana mwekka kubanga, bw'atyo wadde Kabaka Fir'auna awamu n'eryanyi lye bwe yeefubirira Nabbi Musa (a.s.) kyokka n'atagasibwa ekyo ekyamutuusa ku kusaanyizibwawo. Olwo nammwe mwagala mugwe ku kimbalbulira nga Fir'auna kye yagwaako olw'okusala enkwe ezo.

(2) Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'abagoberezi be bayigirizibwa ekyokuyiga nti: Wadde nga bakalibivve abo nga balabalikira okuba ba-kirimaanyi abatanngangika nga mmwe abakkiriza muli abateesobola era batalina mwasirize ababayambako bakalibwonoonyi, wabula mu buli ngeri mutebenkere emyoyo kubanga Katonda Nnanyini Bubaka obwo obubayigganyisa ye Muyinza ku buli maanyi amalala gonna. Olw'ekyo gwe mubanga mwekingiriza naye mu buli buzibu na buli kya ntiisa kye baba babatiisatiisa naky, era temuterebuka mweyongere mu maaso n'Obukkiriza bwammwe. Singa munaakola mutyo, ne mwesiga Katonda yekka, kyaddaaki okutaasa kwe kwa kubatuuka. Abalabe bammwe bona kakubajjuutuka.

(3) Omutendera guno gwe gw'abantu abo muli mu mitima gyabwe abaali bakakasa nga Amazima bwe gaali ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.), era nga bo Abakuraish bwe baali abalumbaganyi, era bakyamu. Kyokka awamu n'ekyo baali beeteereddewo abiri gokka nga tebeefirayo ku kakuubagano akali wakati w'Amazima n'obulimba. Ne Katonda kwe kubasisimula mu kusomagira kwe baalimu nti: Abalabe b'Amazima bwe bagalumbagana olwatu, nga mutemya bwe muti ne mwesuulirayo ogwa naggamba muba mwekoongola mwekka. Kuba mu mbeera ng'eyo omuntu yenna omulamu, aba atekwa butekwa kusitukiramu nalwanirira Amazima okugeza nga Omukkiriza mu bantu ba Fir'auna bwe yakola mu kiseera Fir'auna bwe yali yeemaliridde okumiza Nabbi Musa omusu. Bimu ebibalobera okusitula amaloboozi gammwe mummirize ebikolwa byabwe bye bimu Omukkiriza oyo bye yalina, naye olw'obukkiriza bwe mu Katonda obunywevu gulugulu; teyakitunuulira; wabula ate ne Fir'auna teyasobola kumukolako kabi konna.

Obubaka bw'essuula bwongera okukakasa enzikiriza ya (*Tawhiid*) n'Obulamu Obw'oluvannyuma, ebyo ebyali kalumannywera yennyini okwasibuka akakuubagano n'obutakkaanya wakati wo Mutume Muhammadi (s.a.w.) n'abatakkiriza—N'ekikulu ekirala ekyali kalumannywera nti Abakuraish olw'okwekulumbaza kwabwe n'okwemanya baali batya nti singa bakkiriza obukakafu bwa Nabbi (s.a.w.) ebitiibwa byabwe n'obukulu bya kubaggwaako—ky'ekyo ekyali kibeasazizza akajegere bayigganye Nabbi (s.a.w.) n'Obusiraamu.

Mu ngeri y'emu abatakkiriza balabulwa omuddirirwa nti singa tebakomye kunenengana nga bawakanya Obubaka bw'Omutonzi ba kufaafaaganirwa mu ngeri y'emu eyo abatakkiriza abaabasooka gye baafaafaaganirwamu—kale eky'amagezi kyokka kwe kwejjusa ebibi byabwe nga Ekikangabwa tekinnatuuka.



## ESSUULA AL-MUUMIN (AL-GHAAFIR) 40

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 9 ne Aya 85

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. HAA-MIIM.

حَمْدٌ

2. Okussa Ekitabab (kino Kuraane)  
kwava eri Katonda, Ow'ekitiibwa,  
Omumanyi,

تَنْزِيلُ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ

الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ﴿١﴾

3. Omusonyiyi w'ebibi, Akkiriza  
okwenenya, Omukakali w'okubonereza,  
Omuyitirivu w'ebibonerezo,  
Nnannyini Kugaba byengera ebingi.  
Tewali Katonda mulala asinzibwa  
wabula Ye yekka. Obuddo buli gy'Ali.

غَافِرِ الذَّنْبِ وَقَابِلِ التَّوْبِ شَدِيدِ

الْعِقَابِ ذِي الطَّلُوعِ لَدَّ الْمَأَلَاهُوتِ

إِلَيْهِ الْمَصِيرُ ﴿٣﴾

4. Tawakana (muntu n'omu bifa) ku  
Bubonero bwa Katonda (obulaga  
okubaawo Kwe n'obuyinza Bwe)  
wabula abo abaagaana okukkiriza,  
kale tekukugayazanga (ggwe  
Muhammadi) okwetaayiza kwabwe  
mu nsi (olw'ebyo Katonda by'abawa  
kubanga kyaddaaki ajja kubakwata  
abakangavvule)!

مَا يُجَادِلُ فِي آيَاتِ اللَّهِ إِلَّا الَّذِينَ

كَفَرُوا أَفَلَا يَعْرِضُونَ قُلُوبَهُمْ فِي

الْبِلَادِ ﴿٤﴾

5. Ekibiina kya Nuuhu ekyabasooka  
(bano ababo, Ggwe Muhammadi)

كَذَّبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ وَالْأَحْزَابُ

1. HAA-MIIM: Essuula eno yatandika n'ennyukuta zino ebbiri okufaananako nga n'essuula endala ezimu bwe zaatandika n'ennyukuta ezigattibwa mu bigambo by'olulimi Oluwarabu. Kino ne kitegeza nti wadde Kuraane ebigambo byayo byagattibwa mu nnyukuta ze zimu ezo Abawarabu ze bakozeza mu bigambo byabwe, awamu n'ekyo, abatakkiriza mu Bawarabu tebasobola kuleeta wadde essuula emu efaananako n'ezo eza Kuraane.

3. Katonda asonyiwa ebibi by'abaddu Be, asonyiwa oyo asaanira okusonyiyibwa; Akkiriza okwenenya kw'abaddu Be ababa bajeemye oba abasobya n'oluvannyuma ne badda gy'Ali, Mukakali wa kubonereza, alina ebibonerezo ebityitirivu kw'abo abeekuluntaza ne balemera ku bujeemu. Ye ye Nnannyini kugaba byengera ebingi. agaba awatali kubalirira.

kyalimbisa (Nabbi Nuuhu) n'ebi-biina ebyajja oluvannyuma lwabwe (abantu ba Nuuhu byalimbisanga Bannabbi baabwe), na buli ba kibiina baalulunkaniranga omubaka waabwe bamukwate ne bakaayana (n'ebigambo) eby'obulimba balyoke babigiseewo Amazima. (Oluvannyuma) ne Mbavumbagira, ngeri ki bwe kwali okubonereza kwange!

6. Bwe kityo bwe kyakakata Ekigambo kya Mukama wo kw'abo abaawakanya (obubaka) nti mazima bo be bannannyini kuyingira muliro!

7. (Bamalayika) abo abawaniridde *Al-Arushu*, n'abo abali emabbali waayo (abagyebulunguludde) batendereza ebitonde bya Mukama waabwe era bamukkiriza ne bamusaba okusonyiwa abo abakkiriza, (nga bagamba nti): Mukama waffe! Wabunyisa ne weetoolooza buli kintu okusaasira Kwo n'okumanya (Kwo), sonyiwa abo abeeneyezza ne bagoberera ekkubo Lyo. Era obakingirize ebibonyobonyo by'omuliro *Al-Jahiimu*.

8. Mukama waffe! Obayingize Ejjana Ey'obutebenkero (Ennyumba Ey'emirembe) eyo gye wabalagaanya, n'oyo alongoosa mu bakitaabwe ne bakyala baabwe n'abaana baabwe. Mazima Ggwe, Gwe Ow'ekitiibwa, Omukakasa (w'ebigambo n'ebikolwa).

9. Era obakingirize ebibi, ne gw'olikingiriza ebibi mu Lunaku olwo (Olw'okulamulwa n'Okusasulwa), mazima ddala Oliba omusaasidde. N'okwo kwe kwesiima okunene.

مِنْ أَعْيُنِهِمْ هُمْ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ رَّسُودُونَ  
لِيَأْخُذُوا جَادُوا بِالْبَاطِلِ لِيُبْدِيَ لَهُمْ مَا  
بِهِ هُتِنٌ فَأَخَذَهُمُ اللَّهُ بِكَافٍ كَانَ عَقَابًا ⑤

وَكَذَلِكَ حَقَّتْ كَلِمَاتُ رَبِّكَ عَلَى الَّذِينَ  
كَفَرُوا وَأَنْتُمْ أَحْسَبُ النَّاسِ ⑥

الَّذِينَ يَحْمِلُونَ الْعَرْشَ وَمَنْ حَوْلَهُ  
يُسَبِّحُونَ بِحَمْدِ رَبِّهِمْ وَيُؤْمِنُونَ بِهِ  
وَيَسْتَغْفِرُونَ لِلَّذِينَ آمَنُوا رَبَّنَا وَسِعْتَ  
كُلَّ شَيْءٍ عِلْمًا وَعَلَّمْنَا الْقَوْمَ الَّذِينَ  
آمَنُوا آيَاتِنَا فَاتَّبَعُوا أَسْبَابَ الْكَرَمِ ⑦

وقفت الامم  
وقد اذبحوا  
الذي على القلوب  
والله

رَبَّنَا وَأَدْخِلْهُمْ جَنَّاتِ عَدْنٍ الَّتِي  
وَعَدْتَهُمْ وَمِنْ صَلْوَةٍ مِنَ الْأَنْجَامِ  
وَذَرِبَتْ لَهُمْ أَنْتَ الْعَرْشُ الْعَظِيمُ ⑧

وَقَوْمِ السَّيِّئَاتِ وَمَنْ تَبَعَ السَّيِّئَاتِ يَوْمَئِذٍ  
نَقَدَرُ مَحْمَتَهُ وَذَلِكَ هُوَ الْقَوْمُ الْعَظِيمُ ⑨



10. Mazima abo abaawakanya (Bannabbi) balikoowoolwa (nga bali mu muliro ne bagambibwa nti): Ddala okubeetamwa kwa Katonda (kwe yabeetamwa olw'okuwakanya Obubaka Bwe) kwe kusinga obunene okusinga okwetamwa kwammwe (kwe mwetamwamu) emyoyo gya-mmwe, mu kiseera bwe mwayitibwa okukkiriza ne muwakanya.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا أَيْنَادُونَ كَمَا قَسَمَ اللَّهُ  
أَكْبَرُ مِنْ مَقْتِكُمْ أَنْفُسَكُمْ إِذْ تُدْعَوْنَ  
إِلَى الْإِيمَانِ فَتَكْفُرُونَ ﴿١٥﴾

11. Baligamba: Mukama waffe! Watutta emirundi ebiri, era n'otulamusa emirundi ebiri. (Kati) tukkirizza ebibi byaffe: Abaffe waliwo ekkubo cry'okufuluma okuva mu kubonaabona (kuno kwe tulimu)?

فَأُولَٰئِكَ نَبَا آمَنَّا أَنْتَتَيْنِ وَأَحْيَيْتَنَا  
أَنْتَتَيْنِ فَأَعْرَفْنَا بِذُنُوبِنَا فَهَلْ إِلَى  
خُرُوجٍ مِنْ سَيِّئِ ۖ ﴿١٦﴾

12. (Okuddibwamu kwabwe kuliba): Ekyo mmwe (ekibatusizza ku kubonaabona) lwa kubanga mazima, bwe yabanga Katonda asabiddwa (ng'ayawulwa) yekka, nga mugaana, ate bwe yagattibwangako ebirala nga mukkiriza. (Olwa leero) okulamula kwa Katonda yekka, Owa waggulu, Omunene!

ذٰلِكُمْ بِآيٰتِهِۦ اِذَا دَعٰى اللّٰهَ وَحَدَّ لَكَفْرِهِمْ  
وَ اِنَّ يَشْرِكْ بِهٖ لَوْ مُنُوْا فَاَلْحَمْدُ لِلّٰهِ  
الْعَلِيِّ الْكَبِيْرِ ﴿١٧﴾

13. Ye Y'oyo abalaga obubonero Bwe, n'abassiza ebyokufuna okuva mu ggulu. Tayinza kujjukira (n'omu) wabula oyo ayeenenya (eri Katonda n'adda gy'Ali).

هُوَ الَّذِي يُرِيكُمْ آيٰتِهِۦ وَيُنَزِّلُ لَكُمْ  
مِّنَ السَّمَآءِ رِزْقًا وَّ مَا يَتَذَكَّرُ اِلَّا  
مَنْ يُنۡدِبُ ﴿١٨﴾

10. Ekitegeezebwa wano kiri nti abakafiiri bwe balimala okuyingira omuliro balyekyawa ne beetamwa emyoyo gyabwe egyabasikirizanga okukola ebibi ebibatusizza okuyingira mu muliro n'okubonaabona. Mu kiseera ekyo omukoowoozi ava ku ludda lwa Katonda alibagamba nti: Okubeetamwa kwa Katonda kwe yabeetamwa mu kiseera ababaka Be bwe baabayita okukkiriza, nga mukyali ku nsi, ne mugaana kwe kusinga okwetamwa kwe mwetamidwamu emyoyo gyammwe olw'okubayingiza omuliro.

11. Abakafiiri balidda mu kuwanjagira Katonda nti: "Mukama waffe! Watutta emirundi ebiri mu kiseera bwe twali nga twali bafu (tetunnabaawo tukyali ttaka) n'otufuwamu omwoyo nga tuli mu mbuto za bannyaffe. Ate n'otutta, oluvannyuma n'otuzza obulamu ne tuzuukira. Kati tukkirizza ebyonoono byaffe. Abaffe oyinza okutuggya mu muliro n'otuzza ku nsi tulyoke tukole ebirungi by'oyagala?"

13. Omuntu tayinza kujjukira na kutunuulira ebyamagero Katonda bye yakola ng'eggulu n'ensi n'ababiriko n'akifuula ekyokulabirako obuyinza bwa Katonda; okuggyako mpozzi oyo ayeenenya n'adda eri Katonda n'amusinza awatali kumugattako kintu kirala.

14. Kale (mmwe abakkiriza) musinze Katonda nga mutukuza eddiini ku Lulwe, newankubadde nga abatakkiriza bakitamwa.
15. Omusitufu mu Madaala, Nnanyini *Al-Arushi*. Assa obubaka ku kulgira Kwe kw'oyo gw'ayagadde mu baddu Be, alyoke atiise (abantu ebi-bonyobonyo) by'Olunaku Lw'okusi-sinkana.—
16. Olunaku bo lwe balyeyoleka (mu maaso ga Katonda), ne kiteekweka Katonda ekintu kyonna okuva mu bo. Obufuzi bw'ani olwa leero? Bwa Katonda Omu yekka, Omukasi!
17. Olwa leero buli mwoyo gujja kusa-sulwa ekyo kye gwakola; tewali kulyazaamaanyizibwa (n'akamu) olwa leero. Mazima Katonda mwangu mu kubala.
18. Batiise (Ggwe Muhammadi) olunaku (Lw'enkomerero olwo olugenda) lusembera, oluli okumpi (okutuuka), mu kiseera emyoyo mwe giribeerera (nga giri mu malookooii ku lw'okutya ennyo) nga banyikaavu ddala, (ekiseera) abakafiiri we batalibeerera na wa luganda (abagasa), wadde omuwolereza aligonderwa (n'awulirizibwa).
19. (Katonda) amanyi enkwe z'amaaso n'ebyo (ebirowoozo n'ebigendererwa ebibi) ebifuba bye bikweka.
20. Katonda alamula mu bwenkanya, sso nga abo be basaba abatali Ye

وَأَدْعُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ وَلَوْ كَرِهَ الْكَافِرُونَ ﴿١٣﴾

رَفِيعِ الدَّرَجَاتِ ذُو الْعَرْشِ يَلْقَى  
الرُّسُلَ مِنْ أَمْرِهِ عَلَى مَنْ يَشَاءُ مِنْ  
عِبَادِهِ لِيُنذِرَ يَوْمَ التَّلَاقِ ﴿١٥﴾

يَوْمَ هُمْ بَارِزُونَ لَا يَخْفَى عَلَى اللَّهِ  
وَمِنْهُمْ شَيْءٌ ط لِمَنِ الْمُلْكُ الْيَوْمَ لِلَّهِ  
الْوَاحِدِ الْقَهَّارِ ﴿١٦﴾

الْيَوْمَ يُجْزَى كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ  
لَا ظُلْمَ الْيَوْمَ إِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ  
الْحِسَابِ ﴿١٧﴾

وَأَنْذِرْهُمْ يَوْمَ الْآزِفَةِ إِذِ الْقُلُوبُ  
لَدَى الْحَنَاجِرِ كَاطْمِينٍ ه مَا لِلظَّالِمِينَ  
مِنْ حَمِيمٍ وَلَا شَفِيعٍ يُطَاعُ ﴿١٨﴾

يَعْلَمُ خَائِنَةَ الْأَعْيُنِ وَمَا تُخْفِي الصُّدُورُ ﴿١٩﴾

وَاللَّهُ يَقْضِي بِالْحَقِّ وَالَّذِينَ يَدْعُونَ

15. Ebitonde byonna lwe birisisinkana, nalwo lwe Lunaku Lw'okubalibwa: Katonda alyoke asasule buli omu empeera y'emirimu gye gye yakola.

(Katonda) tebasalawo kintu kyonna. Mazima Katonda, Ye y'Awulira, y'Alaba.

21. Abaffe tebatambulako mu nsi ne balaba engeri bwe yali enkomerero y'abo abaaliwo oluberyeberye lwa-bwe? Baali abo (bo) nga be bayitirivu mu maanyi ne mu buwufu (obubonero bw'ebyo ebyokulabirako bye baaleka) mu nsi okusinga bo (bano Abakurai-shi). Kyokka Katonda yabakwata (n'abazikiriza) olw'ebibi byabwe; era tebaalina mukuumi (abakuuma abataase) ku Katonda (obutababone-reza).

22. Ekyo (kyabakolebwa) olw'okubanga mazima bo baabanga ababaka baabwe babaletera obujulizi (obulaga obuyinza n'Obwomu bwa Katonda) kyokka ne babuwakanya; kale Katonda n'abakwata. Mazima Ye wa Maanyi, Muyitirivu wa kubonereza.

23. Era mazima twatuma Musa n'ebyamagero Byaffe n'obujulizi obweyolefu,

24. Eri Fir'auna ne Haamaana ne Karuuna, wabula ne bagamba nti: (Oyo) mulogo omulimba!

25. Bwe yamala okubajjira n'amazima okuva gye Tuli, ne bagamba nti: Mutte abaana ab'obulenzi (bonna) ab'abo abakkiriza awamu naye,

مَنْ دُونِهِ لَا يَقْضُونَ شَيْئًا إِنْ أَرَادَ اللَّهُ  
هُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ﴿٢١﴾

أَوَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا كَيْفَ  
كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ كَانُوا مِنْ قَبْلِهِمْ  
كَانُوا هُمْ أَشَدَّ مِنْهُمْ قُوَّةً وَآثَارًا فِي  
الْأَرْضِ فَأَخَذَهُمُ اللَّهُ بِذُنُوبِهِمْ  
وَكَانَ لَهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ وَاقٍ ﴿٢١﴾

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَانَتْ تَأْتِيهِمْ رُسُلُهُمْ  
بِالْبَيِّنَاتِ فَكَفَرُوا فَأَخَذَهُمُ اللَّهُ إِنَّهُ  
قَوِيٌّ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٢٢﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا وَسُلْطٰنٍ مُّبِينٍ ﴿٢٣﴾

إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَهَامَانَ وَقَارُونَ فَقَالُوا  
سُجُودٌ كَمَا ب ﴿٢٤﴾

فَلَمَّا جَاءَهُم بِالْحَقِّ مِنْ عِنْدِنَا قَالُوا  
اقْتُلُوا أَبْنَاءَ الَّذِينَ آمَنُوا مَعَكُمْ

24. Katonda yatuma Musa agende eri Fir'auna, Kabaka w'ensi Misiri n'eri Haamaana eyali katikkiri wa Fir'auna, n'eri Karuuna eyali naggagga bifeekeera, nga y'asinga obugagga mu nsi eyo.

Katonda yawa Musa cbyamagero bibalage nga bwali ow'amazima bw'anaabagamba nti ndi mubaka wa Katonda era nti ntumiddwa okubakoowoola mukkirize Katonda nga bw'Ali Omu, era mumusinze Yekka awatali kumugattako kintu kirala. Wabula Baamulimbisa ne baddira ebyamagero bye yabaletera ne babiyita eddogo.

muleke bakyala baabwe nga balamu. Teziri enkwe z'abatakkiriza wabula ziba mu kubula (na kugootaana).

26. Fir'auna n'agamba nti: Mundeke nzite Musa, kale ayite Mukama Katonda we (amutaase). Mazima nze ntya (Musa) okukyusa eddiini yammwe oba okubunyisa obwo-noonefu mu nsi.
27. Musa n'agamba nti: Mazima nze nneekingiriza ne Mukama wange era Mukama wammwe mu buli (kye-waggula) ayeekuza atakkiriza Lunaku lwa Kubalibwa.
28. Omusajja omukkiriza mu bantu ba Fir'auna, eyali akweka obukkiriza bwe, n'agamba: Abaffe, munatta omusajja olw'okugamba nti: Mukama wange ye Katonda Omutonzi?—Ate nga mazima abaleetedde obujulizi obw'enkukunala okuva eri Mukama wammwe? Bw'anaaba nga alimba, olwo ekibi ky'obulimba bwe kiri ku ye; wabula bw'anaaba nga wa mazima (mu by'agamba), olwo bijja kuba-tuukako (nga mukyali na kuno ku nsi) ebimu kw'ebyo by'abatiisa. Mazima Katonda talunngamya oyo asukka ebikomo, omulimba lukulwe.
29. Abange kibiina kyange! (Mmwe) mulina obufuzi olwa leero, mmwe muli abatutumufu (ba kkirimaanyi) mu nsi: naye ani anaatutaasa (okutuggya) mu bibonyobonyo bya Katonda singa binaaba bitujjidde? Fir'auna n'agamba nti: Sibalaga wabula ekyo kye ndaba (nga kye kituufu) era sibalunngamya wabula mu kkubo eddunngamu.

اسْتَحْيُوا نِسَاءَهُمْ وَمَا كَيْدُ الْكٰفِرِيْنَ  
اِلَّا فِيْ ضَلٰلٍ ﴿٢٥﴾

وَقَالَ فِرْعَوْنُ ذَرُوْنِيْ اَقْتُلْ مُوْسٰى  
وَلْيَدْعُ رِبِّيْٓ اِنَّىْ اَخَافُ اَنْ يُبَدِّلَ  
وَدِيْنَكُمْ اَوْ اَنْ يُظْهِرَ فِي الْاَرْضِ الْفَسَادَ ﴿٢٦﴾

وَقَالَ مُوْسٰى اِنِّىْ عَدُوٌّ لِرَبِّيْ وَرَبِّكُمْ  
مِّنْ كُلِّ مُمْتَكِرٍ اَلَا يُوَدُّ مَنْ يَّبْغُو  
عَنِ الْحِسَابِ ﴿٢٧﴾

وَقَالَ رَجُلٌ مُّؤْمِنٌ مِّنْ آلِ فِرْعَوْنَ  
يَكْتُمُ اٰيٰتِنَا اَنْتُمْ تَكْتُمُوْنَ رَجُلًا اَنْ  
يَقُوْلَ رَبِّىْ اَللّٰهُ وَقَدْ جَاءَكُمْ بِالْبَيِّنٰتِ  
مِنْ رَبِّيْكُمْ وَاِنْ يٰكُ كَاذِبًا فَعَلَيْهِ كُنُوبُهُ  
وَإِنْ يٰكُ صَادِقًا لِّبَيِّنٰتِ بَعْضِ الَّذِيْنَ يَعْبُدُوْنَ  
اِنَّ اللّٰهَ لَذٰكِرٌ لِّمَنْ هُوَ مُسْرِفٌ كَذٰبٌ ﴿٢٨﴾

يَقُوْمُ لَكُمْ الْمَلِكُ الْيَوْمَ ظٰهِرِيْنَ  
فِي الْاَرْضِ فَمَنْ يَّبْتَغُوْا مِنْ بٰسِ  
اللّٰهِ اِنْ جَاءَتْهُمُ اَقَالُ فِرْعَوْنَ مَا اُرِيْكُمْ  
اِلَّا مَا اَرٰى وَمَا اَهْدِيْكُمْ اِلَّا  
سَبِيْلَ الرَّشٰدِ ﴿٢٩﴾

30. Oyo cyakkiriza n'agamba nti: Abange ekibiina kyange! Mazima nze mbatiisa (okutuukibwako) ekifaananako ng'Olunaku olw'ebibiina (ebyayita ebyalimbisa Bannabbi ba Katonda);—
31. Okugeza nga engeri y'ekibiina kya Nuuhu ne Aadi ne Thamuudu n'abo abajja oluvannyuma lwabwe: ne Katonda tayagala kulyazaamaanya baddu (Be).
32. Abange ab'ekibiina kyange! Ddala nze mbatiisa mmwe Olunaku lw'okukoolagana (nga muwanjaga ate eno bwe muyitannanga),
33. Olunaku lwe mulidduka nga mukubyeyo amabega (sso nga temuliba na buddukiro) era nga temuliba n'abakuuma kubawonya Katonda: n'omuntu Katonda gw'abuzizza tafuna n'omu amulunnigama.
34. Era ddala Yusufu yabajjira oluberyebye (Iwa Musa) n'Obubonero obweyolefu, kyokka temwalekera awo kubeera nga muli mu kubuusa buusa mw'ebyo bye yabaleetera okutuusa, lwe yamala okufa, ne mugamba nti: Katonda tajja (kuddirayo ddala) kutuma mubaka (mulala) oluvannyuma lwe. Bw'atyo Katonda bw'abuza oyo ye ayisa ebikomo (by'Amateeka n'Ebiragiro Bye), abuusa buusa,—
35. (Okufaanana nga) abo abawalaaza empaka mu (bikwata ku) bigambo bya Katonda awatali (kuba na) bujulizi (bwonna) bubajjidde. Kwayiti-

وَقَالَ الَّذِي آمَنَ يَوْمَئِذٍ إِنِّي أَخَافُ  
عَلَيْكُمْ تَوَلَّيْتُمْ يَوْمَ الْأَحْزَابِ ﴿٣٠﴾

وَقَالَ دَابُّ قَوْمِ نُوحٍ وَعَادٍ وَثَمُودَ  
وَالَّذِينَ مِنْ بَعْدِهِمْ وَمَا اللَّهُ يُرِيدُ  
ظُلْمَ الْعِبَادِ ﴿٣١﴾

وَلَقَوْمٍ إِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ يَوْمَ  
التَّنَادِ ﴿٣٢﴾

يَوْمَ تَوَلَّوْنَ مُدْبِرِينَ مَا لَكُمْ مِنْ  
اللَّهِ مِنْ عَاصِمٍ وَمَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ  
فَمَا لَهُ مِنْ هَادٍ ﴿٣٣﴾

وَلَقَدْ جَاءَكُمْ يُوسُفُ مِنْ قَبْلِ الْآيَاتِ  
فَمَا زِلْتُمْ فِي شَكٍّ مِمَّا جَاءَكُمْ بِهِ ط  
حَتَّى إِذَا هَلَكَ قُلْتُمْ مَنْ يَكْبِتُ اللَّهُ  
مِنْ بَعْدِ رَسُولِهِ أَمْ كُنْتُمْ لِرَبِّكُمْ يُضِلُّ اللَّهُ  
مَنْ هُوَ مُسْرِفٌ مُرْتَابٌ ﴿٣٤﴾

الَّذِينَ يُجَادِلُونَ فِي آيَاتِ اللَّهِ بِغَيْرِ  
سُلْطَانٍ أَتَاهُمْ كَبُرَ مَقْتًا عِنْدَ اللَّهِ وَ

35. Oyo yenna awalaaza empaka ng'awakanya ebigambo bya Katonda awatali kuba na bujulizi bwonna obwava eri Katonda bw'alaga wabula n'ayagala bwagazi kuzibikiriza Amazima, asunguwalirwa nnyo mu maaso ga Katonda. Bwe kityo n'abakkiriza bamusunguwalira.

rira okunyiigirwa (kw'okuwakanya ebigambo bya Katonda mu bulimba) awali Katonda n'awali abo abakikiriza. Bw'atyo Katonda bw'azibikira ku buli mwoyo gwa buli ayeekuza, (kyewaggula) ayeemanyi eryanyi.

36. Fir'auna n'agamba (Katikiro we) nti: Owange Haamaana! Nzimbira nze omunaala oba olyawo ne ntuuka ku makubo,
37. Amakubo agatuuka mu ggulu, ne ndaba Katonda wa Musa, kyokka mazima nze mmulowooza (okuba) nga mulimba. Era bwe kityo bwe byanyirizibwa Fir'auna ebikolwa bye ebibi, n'aziyizibwa ku kkubo (ettuufu) Tezaali enkwe za Fir'auna wabula mu kugootaana okuyitirivu.
38. Oyo eyakiriza n'agamba: Abange ab'ekibiina kyange! Mungoberere. Mbalunnngame mu kkubo eddunnngamu.
39. Abange ab'ekibiina kyange! Mazima buno obulamu bw'ensi kintu kya kiseera buseera, naye ddala Enkomerero, yo y'Ennyumba y'obutebenkevu obw'olubeerera.
40. N'omuntu akola ekibi talisasulwa wabula ekikifaanana, sso nga oyo alikola obulungi—omusajja oba omukazi, naye nga mukkiriza abo (bonna) ba kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), mwe bagendanga okugabirwa awatali kubala.
41. Abange ab'ekibiina kyange! Lwaki nze mbayita okujja eri okuwona ate mmwe ne mumpita okujja eri omuliro?

عِنْدَ الَّذِينَ آمَنُوا كَذَلِكَ يَطْبَعُ اللَّهُ  
عَلَى كُلِّ قَلْبٍ مُّتَكَبِّرٍ جَبَّارٍ ﴿٣٦﴾

وَقَالَ فِرْعَوْنُ يَهَأَمُنِ ابْنِي  
صَوْرًا كَالَّذِي أَطَّبَعْتُ لَأَكْفُرَنَّ  
بِهِ ﴿٣٧﴾

أَسْبَابَ السَّمَوَاتِ فَأَطَّلِعَ إِلَى إِلَهِ  
مُوسَى وَإِنِّي لَأَظُنُّهُ كَاذِبًا وَكَذَلِكَ  
زَيَّرْنَا فِرْعَوْنَ سُوءَ عَمَلِهِ وَصَدَّ  
عَنِ السَّبِيلِ وَمَا كَيْدُ فِرْعَوْنَ إِلَّا  
فِي تَبَابٍ ﴿٣٨﴾

وَقَالَ الَّذِينَ آمَنُوا يَوْمَ يَقُومُ السَّاعُونَ  
أَهْدِكُمْ سَبِيلَ الرَّشَادِ ﴿٣٩﴾

يَقُومُوا أَنَا هَذِهِ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا  
مَتَاعًا زَمَانًا فَإِنَّ الْآخِرَةَ هِيَ دَارُ  
الْقَرَارِ ﴿٤٠﴾

مَنْ عَمِلَ سَيِّئَةً فَلَا يُجْزَى إِلَّا مِثْلَهَا  
وَمَنْ عَمِلَ صَالِحًا مِمَّنْ ذُكِّرُوا أَوْ نُنِّى  
وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَئِكَ يَدْخُلُونَ الْجَنَّةَ  
يُرْرَفُونَ فِيهَا يُغَيَّرُ حِسَابٌ ﴿٤١﴾

وَيَقُومُ مَا لِي أَدْعُوكُمْ إِلَى التَّجْوَدِ وَ  
تَدْعُونَنِي إِلَى التَّكَارُفِ ﴿٤٢﴾

Era abantu ab'engeri eyo Katonda azibikira ku mitima gyabwe ne batasobola kwa wula wakati wa kibi na kirungi.

42. Mumpita ndyoke mpakanye Katonda, ngatte ku Ye ekyo kye simanyiiko (nti kisinzibwa), sso nga nze mbayita okujja eri (Katonda) Ow'ekitiibwa, Asonyiwa (emirundi n'emirundi)!

تَدْعُونَ رَبِّي لَأَكْفُرَ بِاللَّهِ وَاشْرِكُ بِهِ  
مَا لَيْسَ لِي بِهِ عِلْمٌ وَأَنَا أَدْعُوكُمْ  
إِلَى الْعَزِيزِ الْعَقْلَارِ ﴿٣٢﴾

43. Si kulimba, mazima ekyo kye mumpitira (okusinza) tekirina ddoobozi (buyinza) kuno ku nsi wadde ne ku Nkomerero; nga ate mazima obuddo bwaffe buli eri Katonda, era ddala abo abasukka ebikomo (ne basinza ebitali Katonda) be bannannyini kuyingira muliro.

لَجْرَمِ أَنَّمَا تَدْعُونَ رَبِّي إِلَيْهِ لَيْسَ لَهُ  
دَعْوَةٌ فِي الدُّنْيَا وَلَا فِي الْآخِرَةِ وَ  
أَنْ مَرَدْنَا إِلَى اللَّهِ وَآتَى الْمُسْرِفِينَ  
هُمُ أَصْحَابُ النَّارِ ﴿٣٣﴾

44. Kyaddaaki mujja kujjukira muma-nye (amazima) g'ebyo bye mbagamba. Ekigambo kyang'e nkitadde eri Katonda. Mazima Katonda (lubeerera) Alaba abaddu (Be).

فَسَتَدْعُونَ مَّا آفَؤُا لَكُمْ وَ  
أَقْرَبُ أَمْرِي إِلَى اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ  
بَصِيرٌ بِالْعِبَادِ ﴿٣٤﴾

45. Katonda n'amuwonya obubi bw'enkwe ezo ze baasala, wabula ebibonyobonyo ebityitirivu ne byetooloola abantu ba Fir'auna awamu naye.

قَوْلُهُ اللَّهُ سَيِّئَاتِ مَا مَكْرُؤًا وَحَاقَ  
بِالِ فِرْعَوْنَ سُوءُ الْعَذَابِ ﴿٣٥﴾

46. Omuliro baleetebwa ku gwo (nga bakyali mu ntaana zaabwe) enkya n'eggulo; n'Oulunaku Ekiseera Eky'enkomerero lwe kiriyimirirawo (Katonda aligamba bamalayika) nti: Muyingize mmwe abantu ba Fir'auna mu bibonyobonyo ebityitirivu.

النَّارُ يُعْرَضُونَ عَلَيْهَا غُدُوًّا وَعَشِيًّا  
وَيَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ نَادِجُوا أَل  
فِرْعَوْنَ أَشَدَّ الْعَذَابِ ﴿٣٦﴾

47. Jjukira mu kiseera lwe balikaayagana nga bali mu muliro, abanafu

وَأَذِيعًا جَحْشُونَ فِي النَّارِ يَقُولُ الضَّعْفَاءُ

45. Katonda yawonya omukkiriza oyo eyali mu bantu ba Fir'auna enkwe ze baali bamusalidde ez'okumubonyabonya, okutuusa lwe yagenda n'asomoka ennyanja awamu ne Nabbi Musa ng'ali n'Abaana ba Israeli. kyokka Ye Fir'auna n'eggye lye eryali libawondera ne lisaanyizibwawo mu nnyanja.

46. Olw'obwonoonyi n'obwakyewaggula bwa Fir'auna n'abantu be, batwalibwa ku muliro enkya n'eggulo ebbanga lyonna lye balimala nga Enkomerero tennatuuka. Ekyo kikasa okubaawo kw'ebibonerezo by'omu kabulli eri abajeemu.

(abaali abagoberezi) ne bagamba abo abeekuza (be baagobereranga): Mazima ffe twali bagoberezi bammwe: Abaffe mmwe munaatugasa (ne mutuggyako) ekitundu ku (bibonerezo) by'omuliro?

48. Ne bagamba abo abeekuzanga (abakulu) nti: Mazima ffe ffenna awamu tuli mu gwo (omuliro). Mazima Katonda amaze okulamula wakati w'abaddu (Be, kale ffenna awamu tetukyalina kya kukola).

49. Abo abali mu muliro ne bagamba abakuumi (bamalayika) b'omuliro nti: Mutusabire Mukama wammwe atukendeerezeeko ku bibonerezo (waa-kiri) olunaku (lumu lwokka tutoolokokeko ku bulumi).

50. (Abakuumi) babagambe nti: Tebaalinga Ababaka bammwe nga babaleetera Obujulizi obunnyonyofu? (Ab'omu muliro) bagambe nti: Bwe kiri (ddala, baabutuleetera wabula ffe ne tuwakanya). Awo (abakuumi) babagamabe nti: Kale (mmwe) musabe (nga bwe mwagala wabula) tekuli okusaba kw'abatakkiriza wabula mu kubula (tekukkirizibwa)

51. Ddala ffe tuli ba kutaasa Ababaka Baffe, n'abo abakkiriza, mu bulamu bw'ensi ne ku Lunaku abajulizi lwe baliyimirira (okuwa obujulizi nga Ababaka bwe baatuusa obukaka obwabatumwa),—

52. Olunaku lwe kotaligasa abalyazaamaanyi okwetonda kwabwe, era balina ekikolimo, era balina ennyumba embi.

لِلَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا كُنَّا لَكُمْ تَبَعًا  
فَهَلْ أَنْتُمْ مُعْتَدُونَ عَنَّا لَصِيبًا مِنَ  
النَّارِ ﴿٣٨﴾

قَالَ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا كُلٌّ فِيهَا  
إِنَّ اللَّهَ قَدْ حَكَّمَ بَيْنَ الْعِبَادِ ﴿٣٩﴾

وَقَالَ الَّذِينَ فِي النَّارِ كَحَزَنَةِ هَمَّ  
أَدْعُوا رَبَّكُمْ يَحْفَظْ عَنَّا يَوْمًا مِنَ  
الْعَذَابِ ﴿٤٠﴾

قَالُوا أَوَلَمْ نَكُتَابِيكُمْ رَسُولًا بِالْبَيْتِ  
قَالُوا بَلَى قَالُوا فَاذْعُوا وَمَا دُعَاؤُكُمْ  
إِلَّا الْكُفْرَانِ الْآفِي ضَلِيلٌ ﴿٤١﴾

إِنَّا لَنَنْصُرُ رُسُلَنَا وَالَّذِينَ آمَنُوا فِي  
الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَيَوْمَ يَقُومُ الْأَشْهَادُ ﴿٤٢﴾

يَوْمَ لَا يَنْفَعُ الظَّالِمِينَ مَعَذَرَتُهُمْ وَ  
لَهُمُ الْعَذَابُ وَلَهُمْ سُوءُ الدَّارِ ﴿٤٣﴾



53. Era ddala twawa Musa (Ekitabo) ky Obulunngamu ne tusikiza Abaana ba Israili Ekitabo (ekyo),  
 وَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْهُدَىٰ وَأَوْرَثْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ الْكِتَابَ ﴿٥٣﴾  
 هُدًى وَذِكْرَىٰ لِأُولِي الْأَلْبَابِ ﴿٥٤﴾
54. Nga Bulunngamu era nga Kyaku- jukiza eri abalina amagezi.  
 فَاصْبِرْ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ وَلَا اسْتَعْزِلِ النَّبِيَّ وَلَا تَسْتَعْزِلْ بِأَعْيُنِكَ وَالرِّجَالِ ﴿٥٥﴾
55. Kale gumiikiriza (Ggwe Muham- madi). Mazima endagaano ya Katonda ya mazima. Era weegayirire (Katonda) akusonyiwe ekibi kyo, otendereze n'ebitendo bya Mukama wo olweggulo ne kumakya.  
 إِنَّ الَّذِينَ يُجَادِلُونَ فِي آيَاتِ اللَّهِ بِغَيْرِ سُلْطَانٍ أَتَاهُمْ إِنْ فِي صُدُورِهِمْ إِلَّا كِبْرٌ تَأْتَاهُم بِالْغَيْبِ وَأَنْتَ عَدِلُ اللَّهُ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ﴿٥٦﴾
56. Mazima abo abawalaaza empaka (nga bawakanya) obubonero bwa Katonda awatali bujulizi bwabaleeterwa, temuli mu bifuba byabwe wabula lunkulu bunkulu (olubagaana oku- goberera amazima), sso nga teluli olunkulu lwabwe lwa kubatuusa ku kigendererwa kyabwe: Kale (Ggwe) weekingirize ne Katonda, kuba mazima Ye Awulira era Alaba.  
 لَخَلْقِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ الْكَبِيرِ مِنْ خَلْقِ النَّاسِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٥٧﴾
57. Mazima okutonda kw'eggulu n'ensi kwe kusinga obunene (obuzibu) oku- singa okutonda abantu; naye abantu abasinga obungi tebamanyi.  
 وَمَا يَسْتَوِي الْأَعْمَىٰ وَالْبَصِيرُ وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَلَا السَّيِّئُ الْقِيلَافُ مَا تَقْتَدِرُونَ ﴿٥٨﴾
58. Era tebenkanankana muzibe n'alaba, wadde n'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi tebenkanankana na mwonoonyi. Kitono nnyo kye mujjukira!  
 إِنَّ السَّاعَةَ لَأَيُّمَةٌ لَّزِيْبَةٌ فِيهَا وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٥٩﴾
59. Ddala ekiseera Eky'enkomerero kya kutuuka, tekiriimu kubuusuabuusa (ekyo); naye mazima abantu abasinga obungi tebakkiriza.  
 وَقَالَ رَبُّكُمْ ادْعُونِي أَسْتَجِبْ لَكُمْ ط
60. Mukama Katonda wammwe ya- gamba nti: Munsabe nja kubaanu-

kula (okusaba kwammwe): Mazima abo abeekuliza ku kunsinza, bagenda kuyingira omuliro Jahannamu nga baswawu.

61. Katonda Y'oyo eyabateerawo ekiro mulyoke muwummuliremu, (n'abateerawo) n'omusana ogutangaala (musobole okukola bye muba mwetaaga): Mazima Katonda alina ekisa ku bantu, naye ddala abantu abasinga obuagi tebeebaza.

62. Oyo mmwe ye Katonda Omulezi wammwe Omutonzi wa buli kintu. Tewali Katonda asinzibwa wabula Ye. Ngeri ki nate bwe mukyuka (ne muva ku kusinza Ye ne musinza ebirala)?

63. Bwe kityo bwe baakyuka abo abaalilinga bawakanya Obubonero bwa Katonda.

64. Katonda Y'oyo eyabafuulira ensi entebenkevu (esaanira obulamuwammwe) n'eggulu (n'alifuula) akasolya, n'akola ekikula kyammwe n'alongoosa ekikula kyammwe, n'abagabira ebintu ebirungi (ebitukuvu). Oyo mmwe Ye Katonda, Omulezi wammwe. Katonda yatukula, Omulezi w'ebitonde!

65. Ye ye Mulamu, Atafa; tewali Katonda asinzibwa wabula Ye Yekka. Kale mumusabe nga mutukuza eddiini ku Lulwe (Yekka). Buli kitendo kya Katonda, Omulezi w'ebitonde!

66. Bagambe (Ggwe Omubaka) nti: Mazima nze nngaaniddwa okusinza abo be musinza abatali Katonda obujulizi nga bwe bumaze okunzijira

إِنَّ الَّذِينَ يَسْتَكْبِرُونَ عَنْ عِبَادَتِي  
سَيَدْحُونَ بهم دَاخِرِينَ ﴿٦٠﴾

اللَّهُ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ اللَّيْلَ لِتَسْكُنُوا فِيهِ  
وَالنَّهَارَ مُبْجِرًا إِنَّ اللَّهَ كَذُو فَضْلٍ  
عَلَى النَّاسِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا  
يَشْكُرُونَ ﴿٦١﴾

ذِكْرُ اللَّهِ رَبِّكُمْ خَالِقِ كُلِّ شَيْءٍ لَرَّالَهُ  
الْأَهْوَى فَأَنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٦٢﴾

كَذَلِكَ يُؤْفِكُ الَّذِينَ كَانُوا يَابِئَاتِ  
اللَّهُ يَجْحَدُونَ ﴿٦٣﴾

اللَّهُ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ قَرَارًا  
وَالسَّمَاءَ بِنَاءً وَصَوَّرَكُمْ فَأَحْسَنَ صُوَرَكُمْ  
وَرَزَقَكُم مِّنَ الطَّيِّبَاتِ ذَلِكُمْ اللَّهُ  
رَبُّكُمْ فَتَبَرِكْ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٤﴾

هُوَ الْحَيُّ الْقَادِرُ الْأَلَهُ هُوَ قَادِرٌ عَلَى  
مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ اللَّهُ أَحْمَدُ  
لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٥﴾

قُلْ إِنِّي نُهِيتُ أَنْ أَعْبُدَ الَّذِينَ  
تَدْعُونَ مِن دُونِ اللَّهِ لَمَّا جَاءَنِي

okuva eri Mukama wange, era nda-giddwa okugoberera Omulezi w'ebitonde (Yekka).

67. Y'oyo Ye eyabatonda (okusookera ddala) nga abaggya mu ttaka (Jajammwe Adamu) oluvannyuma (n'abecranga) ng'abaggya mu mazzi agazaala, nate oluvannyuma n'abaggya mu kisaayisaayi ekikwafu, oluvannyuma n'abafulumya (mu mbuto za bannyammwe) nga muli bawere, oluvannyuma (n'abaleka ne mu kula) ne mutuuka okuvubuka n'oluvannyuma mulyoke mubeere abakadde ne mu mmwe mulimu abo abafa (amangu) oluberyeberye nga tebanakula (kutuuka kukaddiwa)—era (abaleka) mulyoke mutuuse ekiscera ekigere (eky'entuuko zammwe), era oboolyawo ne mutegera.

68. (Katonda) Y'oyo Ye awa obulamu era y'atta. Bw'aba amaze okusalawo ekigambo (kibe), mazima (awo wennyini) agamba bugamba nti: Beera! ne kibeeera (nga bw'akyagadde)

69. Tolaba abo abakaayana (mu kuwakanya) obubonero bwa Katonda, engeri gye bakyusibwa (okuva ku mazima)?—

70. Abo abalimbisa Ekitabo (Kuraane) n'ebyo bye twatuma nabyo Ababaka Baffe. (Kyokka) kyaddaaki balimanya (enkomerero y'okulimbisa kwabwe),—

71. Mu kiseera ebikoligo bwe biribeera (nga byambikiddwa) mu nsingo zaabwe era nga bakululwa n'enjgere—

الْبَيْتِ مِنْ رَبِّي وَأَمْرٌ أَنْ أَسْأَلَ  
رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٧﴾

هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ نُرَابٍ تَمَرُّ  
مِنْ نُطْفَةٍ تَمَرُّ مِنْ عَلَقَةٍ تَمَرُّ مِنْ يُعْرَجِكُمْ  
طِفْلًا تَمَرُّ لِيَتَّبِعُوا آسَدًا لَمْ تَكُنْ لِيَتَكُونُوا  
شِيُوْحًا وَمِنْكُمْ مَنْ يُتَوَكَّى مِنْ قَبْلُ  
وَلِيَتَّبِعُوا أَجْرًا مَسْمُومًا وَلَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٦٨﴾

هُوَ الَّذِي نُحْيِي وَيُمِيتُ فَإِذَا أَقْبَضَ أَمْرًا  
فَأَمَّا يَقُولُ لَكَ لَنْ يُبْعَثُ ﴿٦٩﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ يَجَادِلُونَ فِي آيَاتِ  
اللَّهِ أَنْ يَبْعَثُ قَوْمًا ﴿٧٠﴾

الَّذِينَ كَذَّبُوا بِالْكِتَابِ وَبِهَاءِ أَرْسَلْنَا بِهِ  
رُسُلًا فَسَوْفَ يَعْلَمُونَ ﴿٧١﴾

إِذْ الْأَعْلَى فِي أَعْنَاقِهِمْ وَالسَّلْسِلُ  
يُدْرَسُونَ ﴿٧٢﴾

72. Okutwalibwa eri amazzi ageeseze; oluvannyuma basibibwe mu muliro. فِي الْحَمِيمِ ثُمَّ فِي النَّارِ يُجْرُونَ ﴿٤٦﴾
73. Oluvannyuma baligambibwa nti: Biri wa ebyo bye mwalinga mugatta mugatta ku Katonda. ثُمَّ قِيلَ لَهُمْ إِنَّ مَا كُنتُمْ تُشْرِكُونَ ﴿٤٧﴾
74. Ebitali Katonda? Ne bagamba nti: Batubuzeeko; wabula tetwali (okuva) oluberyeberye basinza kintu (kyonna kisaanira kuzinza). Bwe kityo Katonda bw'abuzza abatakkiriza (abamugattako ebintu ebirala). مَنْ دُونَ اللَّهِ قَالُوا صَلُّوا عَنَّا بَل لَّعَلَّكُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٤٨﴾ قِيلَ لَكُمْ تَكْفُرُونَ قِيلَ سَيَئُودُ مَا كُنتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٤٩﴾
75. Ekyo (eky'okwokebwa Omuliro kibatuuseeko) lwa kuba nti mwali musanyuka (nga mwekuluntaliza) mu nsi mu bitali bya mazima, era ne ku lw'engeri gye mwali mweyagala (nga munakuwaza Bannabbi n'abantu ba Katonda). ذَلِكُمْ بِمَا كُنتُمْ تَفْرَحُونَ فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ وَإِذَا كُنتُمْ تُسْرِعُونَ ﴿٥٠﴾
76. Muyingire emiryango gy'omuliro Jahannamu mugubeemu obugenderevu. Ekisinga obubi ekifo ky'abeekuza (gwe muliro). أَدْخَلُوا أَبْوَابَ جَهَنَّمَ خَلِيدِينَ فِيهَا ۖ فَمِنْ ثَمَرِهَا مُتَبَدِّلِينَ ﴿٥١﴾
77. Kale gumiikiriza (Ggwe Muhammadi). Mazima endagaano ya Katonda ya mazima (eteekwa kutuukirira). Oba tunaakulaga (mu bulamu buno obw'ensi) ebimu kw'ebyo bye tubalagaanyisa (abatakkiriza), oba tunaakutta (nga tetubikulaze, byonna kye kimu kuba) ne gye Tuli gye balidda. فَأَصْدِرْنَا وَعَدَّ اللَّهُ حَقًّا ۖ وَإِنَّا لَنُرِيدُكَ بِبَعْضِ الَّذِي نَعِدُهُمْ وَأَنْتَ وَفِيَّتِكَ قَالِئِنَّا يُرْجَعُونَ ﴿٥٢﴾
78. Mazima twatuma ababaka oluberyeberye lwo: Mu bo mulimu be twa- وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلًا مِنْ قَبْلِكَ مِنْهُمْ

77. Katonda agamba Nabbi we Muhammadi (s.a.w.) agumiikirize ku ngeri abatakkiriza gye bamulimbisizza, kubanga endagaano Ye gye yamulagaanyisa ey'okumutaasa ya mazima. Ate abamuwakanya bateekwa kubonerezebwa ssi nsonga oba Nabbi alagwako ku bibonerezo bye balibonerezebwa ng'akyali mulamu oba nedda — Tewali ngeri yonna gye balyewala Katonda, kubanga ku Nkomerero bateekwa kudda gy'Ali.

kunyumizaako (ebyafaayo byabwe) ne mu bo mulimu be tutaakunyumi-zaako; era teyalina omubaka (yenna busobozi) bwa kuleeta kyamagero okuggyako ku lwa buyinza bwa Katonda, naye bwe kiba nga kizze ekiragiro kya Katonda wajja kusalibwawo mu bwenkanya, olwo bafiirwe mu kiseera ekyo abonoonyi.

79. Katonda Y'oyo cyabassizaawo ebisolo ebirundibwa, mulyoke mubyebagale ebimu, n'ebimu mubirye—

80. Era mubirinamu emigaso (emirala mingi)—era mulyoke mwetuuse nabyo (ku kwemala) obwetaavu obuba buli mu bifuba byammwe (mu mitima gyammwe), era musaabazibwa ku byo ne ku maato (wamu n'ebintu byammwe).

81. Era (lubeerera) abalaga obubonero Bwe: Olwo kaluwa mu bubonero bwa Katonda ke muwakanya (nti ssi Kake oba ssi katuufu)?

82. Abaffe tebatambulako mu nsi ne balaba engeri bwe yali enkomerero y'abo abaabakulembere? Baali (abo bo) nga be basinga (bano ab'omulembe gwo, Ggwe Muhammadi) obungi era nga be babasinga n'amaanyi ne mu kufuukuula ensi. Kyokka (ebibonerezo bya Katonda bwe byatuuka), tebyabagasa (n'akamu) ebyo bye baalinga bakola.

83. Kale ababaka baabwe bwe baabajjira n'Amateeka (ga Katonda) amannyonyofu ne basanyuka (nga beegulumiza) n'okuyiga (kwabwe) kwe baalina (ne bawakanya Obubaka), ne bibakkako ebyo bye baalinga banyooma.

مَنْ قَصَصْنَا عَلَيْكَ وَمِنْهُمْ مَنْ لَمْ  
نَقُصِّصْ عَلَيْكَ وَمَا كَانَ لِرَسُولٍ  
أَنْ يَأْتِيَ بآيَةٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ فَإِذَا جَاءَ  
أَمْرٌ مِنَ اللَّهِ قُضِيَ بِالْحَقِّ وَخَسِرَ هُنَالِكَ  
الْمُبْطِلُونَ ﴿٤٨﴾

اللَّهُ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الرِّعَامَ لِتَكُونُوا  
مِنْهَا وَمِنْهَا تُكَلِّمُونَ ﴿٤٩﴾

وَلَكُمْ فِيهَا مَنَافِعُ وَلِتَبْغُوا عَلَيْهَا  
حَاجَةً فِي صُدُورِكُمْ وَعَلَيْهَا وَعَلَى  
الْفَلَاحِ تُحْمَلُونَ ﴿٥٠﴾

وَيُرِيكُمْ آيَاتِهِ فَأَيُّ آيَاتِ اللَّهِ  
تُنْكِرُونَ ﴿٥١﴾

أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا  
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ  
كَانُوا أَكْثَرُ مِنْهُمْ وَأَشَدَّ قُوَّةً وَ  
أَثَارًا فِي الْأَرْضِ فَمَا آغَى عَنْهُمْ مَسَا  
كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٥٢﴾

فَلَمَّا جَاءَتْهُمْ رُسُلُهُم بِالْبَيِّنَاتِ فَرَّجُوا  
بِمَاعِنَدَهُمْ مِنَ الْعِلْمِ وَحَاقَ بِهِمْ مَا  
كَانُوا يَسْتَهْزِئُونَ ﴿٥٣﴾

84. Bwe baamala okulaba amaanyi g'ebibonerezo Byaffe, ne bagamba nti: Tukkirizza Katonda Yekka era tuwakanyizza ebyo (byonna) bye twalinga tumugattako.

فَلْتَارُوا وَإِن سَأَلْتُمْ أَمْثَالَ اللَّهِ وَحَدِّهِ  
وَكَفَرْنَا بِمَا كَتَبَ بِهِ مُشْرِكِينَ ﴿٨٤﴾

85. Tekwali kwa kubagasa okukkiriza kwabwe mu kiseera bwe baamala okulaba ebibonerezo Byaffe. (Bwe lityo bwe lyali) etteeka lya Katonda eryo eryayita edda ku baddu Be (bonna, nti nga bimaze okukka ebibonerezo, olwo okwenenya tekukkirizibwa nate). Awo wennyini abakaafiiri ne bafaafaaganirwa mu kiseera ekyo (eky'okukka kw'ebibonerezo).

فَلْتَرِيكَ يَنْفَعُهُمْ إِنَّمَا لَهُمْ لُتَارٌ وَآ  
بِاسْتَأْذِنْتَ اللَّهَ الَّتِي قَدْ خَلَتْ  
عَنِّي فِي عِبَادَةٍ وَخَسِرَ هُنَالِكَ الْكُفْرُونَ ﴿٨٥﴾

## EBIFA KU SSUULA HAA-MIIM AS-SAJDAH (FUSSILAT) MU BUFUNZE (41)

Essuula eno nayo yakkira Makka. Eyitibwa Haa-Miim ne As-Sajdah. Haa Miim Iwa kubanga z'ennyukuta ensirifu z'etandisa era okugyawula ku Ssuula As-Sajdah (32); As-Sajdah okusinziira ku kigambo ekiri mu aya 37 ate n'eyitibwa Fussilat okusinziira ku aya 2.

Mu Hadith ezeesigibwa kigambibwa nti essuula eno yassibwa nga Hadharati Hamza amaze okunywegera Obusiraamu nga ye Umaru tannaba. Hadiith zigamba nti lumu abakungu mu Bakuraish baali batudde mu Muzigiti gw'e Makka Ogw'emizizo nga ne Nabbi atudde mu nsonda yaagwo emu. Olwo Hamza yali amaze okusiramuka nga ekyo kinnyikaazizza emitima gy'Abakuraish olw'okulaba nga Abasiraamu bagenda beeyongerera abungi. Ku luno Utba bin Rabia (Szezaala wa Abu Sufyaane) n'agamba bakungu banne obanga baali bakisiimye agende ayogeranye na Muhammadi oba waliwo kyonna ky'aba ayagadde bakimuwe kyokka akomye okubalumbagana ku by'enzikiriza zaabwe. Bonna bakkiriza, era nga Utbah atuuse e wa Nabbi yamwanjulira ebintu ebiwerako Nabbi yeeronderewo ky'asiimye. Ng'amaze okubittottola, mu kumuddamu Nabbi (s.a.w.) yamusomera Essuula eno Fussilat. Nabbi bwe yatuuka ku aya 38 eyogera ku *Kuvunnama* n'avunnama bwe yakutaamulukuka n'agamba Utba nti okwo kwe kwali okuddamu kwe. Utba yadda eri bakungu banne nga akyuseeko kinene era baamubuuzi kye yali abadde n'abaddamu ng'alayira Katonda Omu nti Muhammadi by'ayogera si ddogo era ssi bitontome wabula bamuveeko kubanga by'asoma bya njawulo nnyo bya kumuwanguzisa emyoyo gy'abantu, wadde ne mu Buwarabu yonna. Banne ne bagamba nti Utba yali alogeddwa ebigambo nya Nabbi (s.a.w.).

Obubaka bw'essuula tebwogera nakamu kw'ebyo Utba bye yagamba Nabbi olw'okubanga mwonna temwali kantu kagasa oba ka magezi wabula etandikira ku kuvumirira na kusambajja ebyo Abakuraish bye baali bakola eby'ekirisuru nga baluubirira okulemesa Obubaka bwa Kuraane okusaasaanyizibwa era nga baagala aterebuka. Baali bamaze okukyasanguliza Nabbi (s.a.w.) nti ssi nsonga k'abakoowoole atya tebaali ba kumukkiriza wabula baali ba kweyongerera mu maaso okumuwakanya. N'olw'ekigendererwa ekyo baali bakoze etegeka nga buli Nabbi oba omugoberezi we wonna we yagerezangako okusoma Kuraane ng'abatakkiriza baleekaanira waggulu n'okukuba embeekulo, omuntu yenna aleme kuwulira bisomebwa. Abatakkiriza beefubirira nnyo okujeeguula Kuraane n'okukyanya ebigambo byayo mu ngeri zaabwe zonna ze baagyagalanga oba nga beetabikiramu ebyabwe ebisingirire olwo balyoke babuze abantu olw'okukyanya Obubaka bwayo era batyoboole Omubaka oyo eyagiyigirizanga. Era baagambanganga nti olw'okubanga yali mu Luwarabu, Muhammadi ye yagunjaawo Kuraane n'alyoka agamba nti Katonda ye yagissa.

Zino ze nsonga Kuraane z'ewa nga edda mw'ebyo abatakkiriza bye beekongolobojjanga nabyo nga bavumirira Nabbi n'Obubaka.

- (1) Kuraane awatali kubuusa Bigambo bya Katonda bye yassa mu lulimi Oluwarabu. Wadde nga bo ababuyabuya tebagirabamu makulu gagirimu naye bo abategeevu tebagirabamu ekitangaala era bagiganyulwamu. Yo esanyusa abo abagiganyulwamu ata erabula n'etiisa abo abagyebalama.
- (2) Bwe muba nga mweziba emitima n'amatu mbu temugiwuliriza ekyo tekirina kye kikosaamu Nabbi kubanga tavunaanyizibwa kuwuliza oyo ayezeza amatu oba

okutegeczea olw'empaka oyo atayagala kutegeera. Ye muntu nga mmwe awuliriza oyo ayeewaayo okuwulira n'okutegeera.

- (3) Ka mwezibe amaaso n'amatu gammwe ne ku mitima gyammwe, kyo ekikakafa kisigala nga kiri nti Omutonzi wammwe Ali Katonda Omu: temuli baddu ba mulala yenna okuggyako Ye. Bwe mukkiriza amazima ga Kuraane ne mwerongoosa muba mwerongoosereza mwekka, ate bwe mujeema. muba mwezikiriza mwekka.
- (4) Mukozesa emputtu n'amawaggali ne mugaana okukkiriza bye mubuulirwa mu bikwata ku Bwomu bwa Katonda. Obuyinza Bwe na byonna ebimweyawulidde ate nga ebyo byonna bye mumugattako kennyini ye Kabitonda.
- (5) Obanga awamu n'okubuulirwa kwonna Omubaka kw'abatusaako. temukkiriza olwo mwerinde ekibambulira ng'ekyo ekyagwa ku bantu ba Aadi n'aba Thamuudu, ate nga si ekyo kyokka. naye ku Nkomerero mulina okubitebya oluvannyuma musoggebwe mu muliro mu Bulamu Obw'oluvannyuma.
- (6) Afaafaaganiddwa oyo yenna afuula amasitaane mu bantu ne mu magege banywanyani be, abo abatamugasa kintu kyonna okuggyako okumugyaaguya. ne batamuganya kwewulirira butuufu wadde okuwulira ebituufu ku balala. Sso nga ku Lunaku Lw'okulamulwa abaabuzibwa n'abaabuza bagenda kwawukana. bayombagane mu kunenyagana.
- (7) Ekitabo Kuraane si kya kukyusaamu- ate nga temuyinza kukiremesa olw'enkwe zammwe n'obulimba-- bwe mutyo mwekongolobojjera busa.
- (8) Kuraane eno bw'ebasomerwa mu lulimu lwamwe olw'obuzaale mulyoke mugitegeera mwerogozza nti singa yassibwa mu lulimu lugwira. Naye nga singa yali essibwa mu lulimu olugwira mbu ebalungumye mwe bennyini mwandigiyise lusaago-- Ebyo bye mwerogozzaamu biraga bulazi nti temwetaaga kulungamizibwa. wabula buli kaseera muleetawo bya kwekwasa mbu bye bibalemesa okukkiriza.
- (9) Mwali mufumitiriza ki kye munaagwako singa kikakasibwa nti Kuraane ddala yava wa Katonda ng'ate mmwe mweyongera kugiwakanya ne ssekukawanya.
- (10) Kaakano temukkiriza naye kyaddaaki muli ba kwerabirako n'agammwe nti Obubaka obwa Kuraane bumaze okubuna ensi yonna era muzingizibwa. Olwo lwe mulizibuka ne mumanya nti ebyabagambibwanga ge mazima amasengejje.

Ng'oggyeeko okuddibwamu kw'abatakkiriza okwo waggulu, ebizibu Nabbi (s.a.w.) n'abakkiriza bye baalimu mu mbeera ezo ez'okukijjanyizibwa okw'amaanyi byogerwako. Ng'otadde ku bbali obutasobozesebwa kusaasaanya eri balala bubaka, Abakkiriza beesanga nga bazibuwaliddwa n'okunywerera ku Bukkiriza nga bwe kikakatirwa. kubanga oyo yenna eyamanyibwanga nti Asiramuse ng'obulamu bumuddgalira. Ng'otaddeko okwebungululwa abalabe n'obulabe, beesanga nga tebeeyamba wadde okwesobola. Katonda naye kwe kubagubaguba n'okubagurnya nti tebali bakateyamba mu ngeri yonna kubanga omuntu yenna akkiriza Katonda nga Mukama we n'amwesiga mu byonna n'obumalirivu, bamalaika ba Katonda bamukkira ebbanga lyonna muno mu nsi okutuuka mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Era bagumizibwa nti omuntu asinga obulungi y'oyo akoowoola banne badde eri Katonda era n'ayasanguza kaate nga bw'ali Omusiraamu.

Ne Nabbi (s.a.w.) agumizibwa nti wadde ng'ebizibu ri'enkonge byali bimusukkiridde mu kkubo ly'okutuusa Obubaka. ekyokulwanyisa kye yalina eky'empisa ensaamu ez'obuntubulamu-zaali zimala okusaanyaawo ebyo byonna. Era yakubirizibwa yeeyambise eky'okulwanyisa kye ekyo n'obugumiikiriza. era n'akalaatirwa yeekingirizenga mu Katonda buli lwonna. Sitaane lw'abanga amusendasenda amugye ku Kkubo Ettuufu.





## ESSUULA FUSSILAT (HAA-MIIM AS-SAJDAH) (41)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 6 ne Aya (54)

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## 1. HAA MIIM:

حَمِّ

2. Okussa Ekitaboo (kino) Kuraane okuva eri Omusaasizi alina okusaasira okubuna, Omusaasizi alina okusaasira okwawufu,—

تَنْزِيلٍ مِنَ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

3. (Kyo) Kitabo ekyannyonyolwa (mu ngeri ematiriza ddala) ebigambo byakyo, Ekisomwa (Kuraane) mu lulimi Oluwarabu eri ekibiina ekimanyi,

كِتَابٍ فَصَّلْتِ آيَاتَهُ قُرْآنًا عَرَبِيًّا لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ

4. Nga kisanyusa (Abakkiriza okubabuulira ebyengera ebyabalagaanyi-sibwa) era nga kitiisa (abatakkiriza ebibonerezo ebyabategerwa). Kyo-ka bakivaako abasinga obungi mu bo, nabo tebwulira.

بَشِيرًا وَنَذِيرًا فَأَعْرَضَ أَكْثَرُهُمْ فَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ

5. Ne bagamba nti: Emitima gyaffe giri mu kibikka gibikiddwa kw'ekyo ky'otuyitira (Ggwe Muhammadi), ne mu matu gaffe mulimu ekizibikidde (tetuwulira), ne wakati waffe naawe waliwo ekisiikiriza (ekitugaana okukkiriza by'otugamba). Kale kola (by'oyagala), naffe mazima tuli ba kukola (ebyo bye twagala)!

وَقَالُوا قُلُوبُنَا فِي أَكِنَّةٍ مِمَّا نَدْعُونَآ إِلَيْهِ وَفِي آذَانِنَا وَقْرٌ وَمِنْ بَيْنِنَا وَبَيْنِكَ حِجَابٌ فَأَعْمَلْنَا عُلُوفًا

6. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima nze ndi muntu nga mmwe.

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ يُوحَىٰ

1. HAA-MIIM: Essuula eno yatandika n'ennyukuta zino ensirifu mu ngeri emu nga bwe liri ekkubo lya Kurnane mu ntandika y'essuulaezisinga obungi.

Watumirwa gye ndi nti mazima Katonda wammwe Ali Katonda Omu, kale mulungame okudda gy'Ali mumwegayirire okubasonyiwa (ebibi byammwe). N'okubonaabona kuli ku bagatta Katonda n'ebintu ebirala,—

7. Abo abatawaayo zzakaati (emmaali Katonda gye yabalaalika okuwanga) era nga nabo Olunaku Lw'enkomerero bo baluwakanya.
8. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi, balina empeera eteri ya kuggwaawo.
9. Bagambe nti: Ddala mmwe muwakanya Oyo eyakola ensi mu nnaku bbiri, ne mumuteekako bakatonda abalala? Oyo ye Mulezi w'ebitonde.
10. Era n'assa mu yo (ensi) ensozi ennywevu kungulu kwayo (ereme okuyuuguuma), n'agissaamu emikisa n'agerekera mu yo ebyokulya byayo (eri abantu baayo) mu nnaku nnya nga kye kituufu ddala eri ababa babuuzizza;
11. Oluvannyuma n'agenderera okutonda eggulu nga nalyo (mu kiseera ekyo lyali) mukka n'abigamba awamu n'ensi nti: Mujje mwembiriri mu kwagala n'obutayagala. Ne bigamba byombiriri nti: Tuzze nga tugondera (ekiragiro Kyo).
12. Kale n'azimala mu nnaku bbiri nga ziri eggulu musanvu n'aweereza mu

إِنِّي أَنشَأَ لَهُمْ آلِهَةً وَآجِدُ  
فَأَسْتَقِيمُوا إِلَيْهِ وَاسْتَغْفِرُوا ۖ وَإِلَى  
الَّذِينَ لَمْ يَشْكُرُوا ۖ ﴿٦﴾

الَّذِينَ لَا يُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ  
هُمْ كَفِرُونَ ۖ ﴿٧﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
لَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ۖ ﴿٨﴾

قُلْ إِنِّي كُنتُ مِنَ الْكَافِرِينَ ۖ وَالَّذِي خَلَقَ  
الْأَرْضَ فِي يَوْمَيْنِ وَتَجْعَلُونَ لَهُ  
أندَاداً ۗ ذَٰلِكَ رَبُّ الْعَالَمِينَ ۖ ﴿٩﴾  
وَجَعَلَ فِيهَا رِوَايَ مِنْ نَوَافِلِهَا وَ  
بَرَكَ فِيهَا وَقَدَّرْنَا فِيهَا آفَاقَهَا فِي أَرْبَعَةِ  
أَيَّامٍ ۖ سَوَاءٌ لِّلسَّائِلِينَ ۖ ﴿١٠﴾

ثُمَّ اسْتَوَىٰ إِلَى السَّمَاءِ وَهِيَ دُخَانٌ  
فَقَالَ لَهَا وَالْأَرْضَ ائْتِيَا طَوْعًا أَوْ  
كَرْهًا ۗ قَالَتَا أَتَيْنَا طَائِعِينَ ۖ ﴿١١﴾

فَقَضَيْنَ سَبْعَ سَمَوَاتٍ فِي يَوْمَيْنِ

11. Wano kitegezebwa nti Katonda bwe yamala okukola ensozi. n'akyukira adde eri okukola eggulu – nalyo mu kiseera ekyo gwali mukka bukka. Katonda okutonda ensi n'eggulu kyangnu ku Ye kubanga agamba bugarnbi nti: Ba. ne kiba nga bw'ayagala nabyo ne bikkiriza okuba nga bwe yayagala.

buli ggulu ekigambo kyalyo (n'ebye-taagibwa mu lyo); ne tunyiriza eggulu ly'oku nsi (erisinga okugiriraana) n'amataala (emmunyeenye, ne tussaako) n'okulikuuma. Okwo kwe kugera kw'Ow'ekitiibwa (Katonda), Omumanyi (wa buli kintu)

13. Bwe banaaba nga bawuguse ne bagaana okukkiriza, bagambe nti: Mbatiisizza ebibonerezo ebityirivu okufaanana nga ebibonerezo ebityirivu (okubwatuka n'okumyansa eby'ensusso teekako musisi ddeka-busa, ebyakka) ku b'ekika kya Aadi n'ekya Thamuudu,
14. Mu kiseera Ababaka bwe baabajjira mu maaso gaabwe n'emabega waabwe (nga babagamba nti): Temusinza mulala wabula Katonda! ne bagamba nti: Singa Mukama waffe yayagala (okutuma ababaka mu bukakafu), yandissizza bamalayika (nga be babaka). N'olw'ekyo mazima ffe tuli abawakanyizza ebyo bye mutumiddwa nabyo.
15. Ddala mazima (bo) ab'ekika kya Aadi beekuliza ku nsi mu bitali bya mazima; ne bagamba nti: Ani atusinga ffe amaanyi? Tebaalaba nga mazima Katonda Oyo eyabatonda nga Ye y'abasinga amaanyi? (Ne babeeranga) nga bawakanya Obujulizi Bwaffe (Ababaka bwe baabaleeranga)!
16. Kyetwava tubasindikira kikunngunta ow'amaanyi (ennyoy) ow'obutiti mu nnaku ezaali ez'ekikwa, tulyoke tubakombese ku bibonyobonyo ebiswaza mu bulamu bw'ensi ng'ate n'ebibonyobonyo by'Enkomerero bye biriba

وَأَوْحَىٰ فِي كُلِّ سَمَاءٍ أَمْرَهَا وَرَبِّنَا  
السَّمَاءَ الدُّنْيَا بِمَصَابِيحٍ وَحِفْظًا  
ذَٰلِكَ تَقْدِيرُ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ⑪

فَإِنْ أَعْرَضُوا فَقُلْ أَنْذَرْتُكُمْ صَاعِقَةً  
مِثْلَ صَاعِقَةِ عَادٍ وَثَمُودَ ⑫

إِذْ جَاءَهُمُ الرُّسُلُ مِنْ بَيْنِ أَيْدِيهِمْ  
وَمِنْ خَلْفِهِمْ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ  
فَالْوَالِيَاءُ رَبَّنَا أَنْزَلْ مَلَكَةً  
فَاتَّيَبْنَا أَرْسَالَهُمْ بِهَلْ تُفْرَدُونَ ⑬

فَاتَّعَادُوا فَاسْتَكْبَرُوا فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ  
الْحَقِّ وَقَالُوا مَنْ أَشَدُّ مِنَّا قُوَّةً  
أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ الَّذِي خَلَقَهُمْ  
هُوَ أَشَدُّ مِنْهُمْ قُوَّةً وَكَأُوا بِآيَاتِنَا  
بِجْحَدُونَ ⑭

فَأَرْسَلْنَا عَلَيْهِمُ الرِّيحَ صَوَّارًا فِي أَيَّامِهِمْ  
يُحْسِنَاتِ لِسَانٍ يَفْقَهُمْ عَذَابَ الْجَحْرِ  
فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَلَعَذَابُ الْآخِرَةِ

- bisinga okuswaza. Nabo tebalitaa-sibwa.
17. N'ab'ekika kya Thamuudu twabalunngamya (ku lw'okubatumira Omubaka Swalihi), ne baagalawo obuzibi bw'amaaso ku bulunngamu ne kubakwata okubwatuka kw'ebibonyobonyo ebinyoomesa ku lw'ebyo bye baalinga bakola.
18. Ne tuwonya abo abakkiriza era abaalilinga batya Katonda.
19. (Bajjukize) n'olunaku abalabe ba Katonda lwe balikunngaanyizibwa okugenda eri omuliro nga nabo bagerekeddwa (mu binjabinja).
20. Okutuusa bwe baliba nga bagutuuseeko (ogwo omuliro), (awo wennyini) ne gabawaako obujulizi amatu gaabwe n'amaaso gaabwe n'amaliba gaabwe kw'ebyo bye baalinga bakola.
21. Ne bagamba amaliba gaabwe: Lwaki mutuwaddeko obujulizi? (Amaliba gabagambe nti): Katonda atwatuzizza Oyo ayatuza buli kintu, nga Naye ye yabatonda omulundi ogwasooka, era nga ne gy'Ali gye mulizibbwa.
22. Temwali mmwe nga mwekweka nga mutya amatu gammwe n'amaliba gammwe (n'ebirala) naye mwaloozanga nti mazima Katonda tamanyi bingi mw'ebyo bye mukola!
23. Okwo okulooza kwammwe okwo kwe mwalooza ku Mukama wammwe, kwe kwabazikiriza (kati) ne mukeesa nga muli mu bafiiriddwa.

أَخْرَىٰ وَهُمْ لَا يُبْصِرُونَ ﴿١٦﴾

وَأَمَّا تَمُودُ فَهَدَيْنَاهُمْ فَاسْتَحَبُّوا  
الْعَنَىٰ عَلَى الْهُدَىٰ فَأَخَذَتْهُمُ صِيعَةُ  
الْعَذَابِ الْهُونِ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٧﴾

وَنَجَّيْنَا الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ﴿١٨﴾

وَيَوْمَ يُحْشَرُ أَعْدَاءُ اللَّهِ إِلَى النَّارِ فَمُمْ  
يُوزَعُونَ ﴿١٩﴾

حَتَّىٰ إِذَا مَا جَاءَهُمْ شِهَادٌ عَلَيْهِمْ  
سَمْعُهُمْ وَأَبْصَارُهُمْ وَجُلُودُهُمْ بِمَا  
كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٠﴾

وَقَالُوا لَوْلَا جُودُهُمْ لَمْ شَهِدْنَا عَلَيْهِمْ  
شَيْئًا لَوْلَا أَنْطَقَنَا اللَّهُ الَّذِي أَنْطَقَ كُلَّ شَيْءٍ  
وَهُوَ خَلْقَكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ وَلَئِن يَرْجِعُونَ ﴿٢١﴾

وَمَا لَكُمْ تَسْتَبْرُونَ أَنْ يَشْهَدَ عَلَيْكُمْ  
سَمْعُكُمْ وَلَا أَبْصَارُكُمْ وَلَا جُلُودُكُمْ وَلَكِنْ  
ظَنَنْتُمْ أَنَّ اللَّهَ لَا يَعْلَمُ سِرَّهُمْ وَنَجْوَاهُمْ إِنَّ اللَّهَ  
يَعْلَمُ سِرَّهُمْ وَنَجْوَاهُمْ إِنَّ اللَّهَ لَعَلِيمٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿٢٢﴾

وَذَلِكُمْ ظَنُّكُمُ الَّذِي ظَنَنْتُمْ بِرَبِّكُمْ  
أَرَدْتُمْ فَأَصْبَحْتُمْ مِنَ الْخاسِرِينَ ﴿٢٣﴾

24. (Wadde ne) bwe baba nga bagumii-kirizza (oba tebagumiiikirizza) era omuliro kye kifo kyabwe; ate bwe baba nga basabye okuyambibwa (baguggibwemu, byonna kye kimu kuba) tebagenda (kubeeera) mu baanukulwa (ne kukkirizibwa okusaba kwabwe).

فَإِنْ يَصْبِرُوا فَالتَّارُ مَتْوًى لَّهُمْ وَإِنْ  
يَسْتَعْجِلُوا فَمَا هُمْ مِنَ الْمُعْتَبِرِينَ ﴿٢٤﴾

25. Ne tubateerawo bannaabwe (abababuza nga bali ku nsi) ne babanyiririza (ebibi) ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe. Ekigambo (ky'okubonerezebwa mu Muliro) ne kibakakatako (nga bwe kyakakata) ku bibiina ebyayita oluberyebye lwabwe mu mageege ne mu bantu; mazima bo baali abaafaafaanirwa.

وَقِيضْنَا لَهُمْ قُرْآنًا تَرْيَبُوا لَهُمْ مَا بَيْنَ  
أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَحَقَّ عَلَيْهِمُ الْقَوْلُ  
فِي أَمْرٍ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِهِمْ مِنَ الرِّسَالِ  
وَإِلَّا نَسِوا لَّهُمْ كَأَنَّهُمْ أَحْسَبُونَ ﴿٢٥﴾

26. Abo abawakanya ne bagamba (bannaabwe) nti: Temuwuliriza eri eno Kuraane (bw'eba ng'esomebwa, ereme kubabuza) wabula mugizannyiremu (eno bwe muwowoggana ng'esomebwa) oboolyawo ne musinga.

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَالرَّسْمَعُ الْهَذَا  
الْقُرْآنُ وَالْغَوَافِرُ لَعَلَّكُمْ تُغْلَبُونَ ﴿٢٦﴾

27. Tugenda kubakombeza ddala abo abawakanya ku bibonyobonyo ebikakali era tugenda kubasasulira ddala obubi bw'ebyo bye baalinga bakola.

فَلَنْذَرِيَنَّهُمُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَعَدَّ الْأَشْهَادُ  
وَلَنْجَزِيَنَّهُمْ سُوءَ الَّذِي كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٧﴾

25. Katonda yateera abakafiri bannaabwe ababi era abonoonyi nga bo, ababalaga emirimu emibi ne gibalabikira ng'emirungi. Teekako okubagayaaza nga babagamba nga bw'eteri kuzuukira na kulumulwa mu maaso ga Katonda.

Kale ne babaagazisa batyo obulamu bw'ensi n'okugyeyagalirako. Katonda nabo n'abakakasaako ebibonerezo by'Omuliro nga bwe byakakasibwa kw'abo abaasooka abaafaanananga nga bo mu bwonoonyi n'enneeyisa embi.

26. Mu ndowooza y'abatakkiriza, abaawakanyanga aruzama g'obubaka Nabbi Muhammad bwe yajja nabwo baasubira nti ekikolwa eky'okukuba embeckulo n'okuleekaana mbu bawowoggana bazibiikirize Kuraane okuwulirwa kwayo, kwali kwa kubagasa. Sso nga bakitawe baali batengejjera bwereere, bwo obubaka bwa Katonda bwasiimba emizi mu nsi ne buwangula awamu n'enkwe zonna

28. Eyo y'empeera y'abalabe ba Katonda—Omuliro. Balina (okubeera) mu gwo gubabeerere Ennyumba (yaabwe) ey'olubeerera. (Ng'eyo) y'empeera (ebasaanira) ku lw'okubanga baalinga bawakanya Obujulizi Bwaffe.

ذَلِكَ جَزَاءُ أَعْدَاءِ اللَّهِ النَّارِ لَهُمْ فِيهَا دَأْرًا مُّخْلِطًا جَزَاءُ بِمَا كَانُوا بِآيَاتِنَا يَجْحَدُونَ ﴿٢٨﴾

29. Abo abawakanya baligamba: Mukama waffe! Tulage abo abaatubuza mu mageege ne mu bantu: tubateeke bombi wansi w'ebigere byaffe balyoke babeere bombi mu ba wansi (abasemberayo ddala).

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا رَبَّنَا أَرْنَا الَّذِينَ آذَيْنَا مِنَ الْجِنِّ وَالْإِنْسِ يَجْعَلُهُمَا تَحْتَ أَقْدَامِنَا لِيَكُونُوا مِنَ الْمُسْفَلِينَ ﴿٢٩﴾

30. Mazima abo abaagamba, nti: Mukama waffe ye Katonda, era ne balungama (mu kkubo eggolokofu), bamalayika bakka gye bali (buli kiseera nga babagamba) nti: Temutya era temunakuwala, wabula musanyuke ku lw'okuyingira Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) eyo gye mwalinga mulagaanyisibwa.

إِنَّ الَّذِينَ قَالُوا رَبُّنَا اللَّهُ ثُمَّ اسْتَقَامُوا تَتَنَزَّلُ عَلَيْهِمُ الْمَلَائِكَةُ أَلَّا يَكْفُرُوا وَلَا يُحْسِنُوا وَالَّذِينَ لَا يَحْسِنُوا وَالَّذِينَ لَا يَحْسِنُوا وَالَّذِينَ لَا يَحْسِنُوا وَالَّذِينَ لَا يَحْسِنُوا ﴿٣٠﴾

31. Ffe (bamalayika) ffe bannammwe (ababakuuma) mu bulamu bw'ensi ne (mu Bulamu) Obw'oluvannyuma. Era (mulifuna) mu Bulamu Obw'oluvannyuma ebyo (byonna) emyoyo gyammwe bye gyagala era mulifuna mu bwo buli kye munaasabanga—

يَحْنُ أَذْيَبُكُمْ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي الْآخِرَةِ وَلَكُمْ فِيهَا مَا تَشْتَهُ فِي أَنْفُسِكُمْ وَلَكُمْ فِيهَا مَا تَدْعُونَ ﴿٣١﴾

32. Nga bugenyi n'okuweebwa okuva eri (Katonda) Omusonyiyi, Omusaasizi.

تُرَادُّ مِنْ عَفْوٍ رَحِيمٍ ﴿٣٢﴾

33. Ani alina ekigambo ekirungi okusinga oyo (akoowoola abantu) okujja eri Katonda (era nga ye kennyini), akola emirimu emirungi (Katonda

وَمَنْ أَحْسَنُ قَوْلًا مِّمَّنْ دَعَا إِلَى اللَّهِ وَعَمِلَ صَالِحًا وَقَالَ إِنَّنِي مِنَ

33. Amakulu ga aya eno gagamba nti tewali alina kigambo kirungi okusinga oyo akoowoola abantu okujja eri Katonda. awamu n'okubanga ye kennyinateeka mu nkola ebyo by'alagira abalala okukola. N'ataba nga abo abalagira abantu okukola obulungi ng'ate bo tebabukola. ne bagaana abantu okukola ebibi ng'ate bo bye basiiba bakola!

Ekituufu era ekirungi, ye muntu okusooka okugoberera ebyo by'ayagala abalala bagoberera era

gy'asiima), n'agamba (mu bigambo bye ne mu bikolwa) nti: Mazima nze ndi mu bagoberera Amateeka ga Katonda (Omusiraamu)!

المُسْلِمِينَ ﴿٣٦﴾

34. Ekirungi tekyenkanankana na kibi. Ggyawo (ekibi) nga (okiggisaawo) ekyo ekikisinga obulungi: olwo nno onoogenda okulaba nga oyo awabadde wakati wo naye obulabe nga alinga ow'oluganda, era ow'omukwano nfiirabulago.

وَلَا تَسْتَوِ الْحَسَنَةُ وَلَا السَّيِّئَةُ ادْفَعْ بِالَّتِي هِيَ أَحْسَنُ فَإِذَا الَّذِي بَيْنَكَ وَبَيْنَهُ عَدَاوَةٌ كَأَنَّهُ وَلِيٌّ حَمِيمٌ ﴿٣٤﴾

35. Tayinza kukifuna (ekitendo ky'obulungi) ekyo wabula abo abalina okugumiikiriza, era wadde tayinza kukifuna ekyo wabula abo abalina omugabo omunene (awali Katonda).

وَمَا يُلْقِمُهَا إِلَّا الَّذِينَ صَبَرُوا وَعَمَّا يُلْقِمُهَا إِلَّا ذُوحْحِطٍ عَظِيمٍ ﴿٣٥﴾

36. Naye bwe kibanga kikulabankanyizza (Ggwe) okuva eri Sitaane ekirabankanya (kyonna, amangu ago) weekingirize ne Katonda (ogambe nti: *Audhu Billaahi Minash-Shaitaani Rajiim*). Mazima Ye Awulira, Amanyi.

وَأَمَّا يَنْزِعُكَ مِنَ الشَّيْطَانِ نَزْعٌ فَاسْتَعِذْ بِاللَّهِ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٣٦﴾

37. Ne mu bubonero obulaga obuyinza Bwe (Katonda) ky'ekiro n'emisana, n'enjuba n'omwezi. Temuvunnamiranga enjuba wadde omwezi: (okuggyako) muvunnamiranga Katonda Oyo eyabitonda, bwe mubeera nga Ye Yekka gwe musinza.

وَمِنْ آيَاتِهِ الْيَلُّ وَالنَّهَارُ وَاللَّيْلُ وَالْقَمَرُ لَا يَسْجُدُ وَاللَّهُمُّسُ وَلَا لِلْقَمَرِ وَاسْجُدْ لِلَّهِ الَّذِي خَلَقَهُمْ إِنْ كُنْتُمْ إِتَّاءًا تَعْبُدُونَ ﴿٣٧﴾

38. Wabula bwe baba (abatakkiriza) nga beekuzizza tewali ntaanya—n'abo abali awali Mukama wo (bamalaika) bamutendereza ekiro n'emisana, nabo tebakoowa.

فَإِنْ اسْتَكْبَرُوا فَالَّذِينَ عِنْدَ رَبِّكَ يُسَبِّحُونَ لَهُ بِاللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ ﴿٣٨﴾

mu ngeri y'emu asooke aleke ebyo by'ayagala abantu baleke: N'oyo atwalira ddala ekifo ekisooka eky'oku mwanjo ye Nabbi (okusaasira kwa Katonda n'emirembe bibeere ku ye).

36. Singa sitaane ayagadde okukukyusa ng'akulabankanya akugye kw'ekyo ekikulagiddwa okukozeza ekikyamu, gamba nga okukwagazisa weesasuze okolerere ekibi oyo aba akukoze ekibi, oddanga eri Katonda n'omusaba akukingirize mu nkwe za sitaane ezo, kubanga ddala Ye Katonda Awulira aba amusabye n'amwanukula.

39. N'ekibalilwa mu bubonero (obulaga Obuyinza) Bwe (kye kino): mazima ggwe olaba ensi nga ekaze, naye bwe tuba tugitonnyesezzaako amazzi (enkuba) enyeenya (n'eddugaza kiragala olw'ebimera) ne yeeyongera (okusibula ebimera). Mazima Oyo agizzizza obulamu y'alizuukiza abafu. Mazima Ye (Katonda) Muyinza ku buli kintu.

وَمِنَ آيَاتِهِمَ أَنْكَ تَرَى الْأَرْضَ خَاشِعَةً  
فَإِذَا أَنْزَلْنَا عَلَيْهَا الْمَاءَ اهْتَزَّتْ وَرَبَّتْ  
إِنَّ الَّذِي أَحْيَاهَا لَمَتَّبِعِي الْمَوْتَى طَائِفَةٌ  
عَلَى كُلِّ سَبْعٍ قَدِيرٌ ﴿٣٩﴾

40. Mazima abo abawalaaza empaka mu bubonero Bwaffe (ne bakwata ekkubo ekkyamu) tebatwekwese (tubalaba). Abaffe, oyo alikasukwa mu muliro y'asinga obulungi, oba oyo alijja ng'ali mirembe ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda)? Mukole ebyo bye mwagala. Mazima Ye (Katonda) alaba ebyo bye mukola.

إِنَّ الَّذِينَ يُلْحِدُونَ فِي آيَاتِنَا لَا  
يَخْفَوْنَ عَلَيْنَا أَفَمَنْ يُلْقَى فِي النَّارِ  
خَيْرٌ أَمْ مَنْ يَأْتِي آمِنًا يَوْمَ الْقِيَامَةِ  
إِعْمَلُوا مَا شِئْتُمْ إِنَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ  
بَصِيرٌ ﴿٤٠﴾

41. Mazima abo abawakanya Kuraane Ey'ekitiibwa ng'emaze okubajjira (tubalaba era bagenda kubonyabonyezebwa). Mazima Yo Kitabo kya kitiibwa.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِالذِّكْرِ لَمَّا جَاءَهُمْ  
وَإِنَّهُمْ لَكَاذِبٌ عَظِيمٌ ﴿٤١﴾

42. Tebugenda kugituukako obwoonofu nga bufuluma mu maaso gaayo oba wadde okufuluma emabega waayo: (Mazima yo) yakka nga eva eri Omukakasa w'ebigambo, Atenderezebwa.

لَا يَأْتِيهِ الْبَاطِلُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَلَا  
مِنْ خَلْفِهِ يُذْهِبُ مَنْ هَكِيمٌ ﴿٤٢﴾

43. Tebikugambibwa (abo abawakanya, Ggwe Muhammadi) wabula bifaa-nanira ddala mazima n'ebyo ebyagambibwa ababaka abakusooka. Mazima Mukama wo ye nnannyini Kusonyiwa, era ye nnannyini Bibonerezo ebiruma.

مَا يُقَالُ لَكَ إِلَّا مَا قَد قِيلَ لِلرُّسُلِ  
مِنْ قَبْلِكَ إِنَّ رَبَّكَ لَذُو مَغْفِرَةٍ  
وَذُو عِقَابٍ أَلِيمٍ ﴿٤٣﴾

43. Wano Katonda agamba Nabbi We nga amugumya nti nga abakafiri bwe bakulimbisizza bwe kityo n'ababaka abakusooka bwe baalimbisibwanga abalabe baabwe. Katonda yasonyiwanga mu bo oyo eyeenenya n'abonereza oyo eyalemera ku kuwakanya n'obwononyi.



44. Singa twagifuula kuraane nga ya lulimi lulala olutali luwarabu ddala mu bukakafu bandigambye (Abawarabu): Singa (Kale) byannyonyolwa ebigambo byayo (tulyoke tutegeere)? Eeleri mu lulimi lulala nga ate yakka ku(mubaka) Muwarabu? Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Yo kyakulunngamya eri abo abakkiriza na kuwonya ( kubanga ebalunngamya okuva mu bubuze n'okuwona okutankana);n'abo abatakkiriza,mu matu gaabwe mulimu ebizibikidde (baki-ggala), nayo (Kuraane) Ku bo butalaba ( tebalaba); (Ne kibanga nti) abo balinga abakoowoolwa okusi-nziira mu kifo ekiri ewala (kale n"olwekyo tebasobola kuwulira).

وَلَوْ جَعَلْنَاهُ قُرْآنًا أَعْجَبِيًّا لَقَالُوا لَوْلَا  
فُصِّلَتْ آيَاتُهُ أَعْجَبِيًّا وَعَرَرْنِي ط  
قُلْ هُوَ الَّذِي أَنْزَلَهُ مِنْ سَمَوَاتِهِ  
وَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ فِي آذَانِهِمْ وَقْرٌ  
وَهُوَ عَلَيْهِمْ عَمًى أُولَئِكَ يُنَادُونَ  
مِنْ مَكَانٍ بَعِيدٍ ﴿٣٤﴾

45. Mazima twawa Musa Ekita bo (Taurati), ne bakya wukanamu (abamu ne bakkiriza abalala ne bagaana); naye singa si kigambo ekyakulembere okuva eri Mukama wo (okuba nti okulamulwa kwa ku Nkomerero), wandiramuddwa (mbagirawo) wakati waabwe; wabula mazima bo bali mu kubuusabuusa mu yo (Kuraane, okubaleetedde) okutankana (amazima gaayo).

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ فَآخْتَلَفَ  
فِيهِ وَلَوْلَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ  
لَفُضِيَ بَيْنَهُمْ وَإِنَّهُمْ لَفِي شَكٍّ مِنْهُ  
مُرِيدٍ ﴿٣٥﴾

46. Oyo akola obulungi aba akoledde mwoyo gwe, n'oyo ayonoona akabi kadda ku gwo. Tali Mukama wo mulyazaamaanyi ku baddu (Be).
47. Gy'ali (Katonda) gye kuzibwa okumanya Ekiseera Eky'enkomerero (na byonna ebikikwatako). Tewali kibala kyonna kifulumu mu kibondo kyakyo, era tewali kikazi kiba lubuto wadde era tekizaala wabula na

مَنْ عَمِلَ صَالِحًا فَلِنَفْسِهِ وَمَنْ أَسَاءَ  
فَعَلَيْهَا وَمَا رَبُّكَ بِظَلَّامٍ لِلْعَبِيدِ ﴿٣٦﴾

الَّذِينَ يَرُدُّ عِلْمَهُ السَّاعَةَ وَمَا تَحْمِلُ  
مَنْ تَمَرَّتْ مِنْ أَلْمَامِهَا وَمَا تَحْمِلُ  
مَنْ أُنْشِئَ وَلَا تَضَعُ إِلَّا بِعِلْمِهِ وَيَوْمَ

46. Katonda ssi mumbula ayinza okuvunaana abaddu Be kye batakoze, oba okukendeza ku mpeera z'emirimu gyabwe.

kumanya Kwe. N'olunaku (Katonda) lw'alibakoowoola (n'ababuza) nti: Baliwa bannange be mwangattan-gako? Baligamba nti: Tukutegeeza nti tetulina mujulizi (yenna mu ffe ayinza kujulira nti olina banno)!

48. Ne bababulako abo be baalinga basinza oluberyeberye, (olwo nno) ne bakakasa nti tebalina buddukiro.

49. Omuntu takooowa kusaba obulungi, naye akabi bwe kaba nga kamutuuseeko, aggweeramu ddala essuubi ly'okuddaye okufuna ebirungi

50. Naye bwe tuba nga tumukombezza ku kusaasira okuva gye Tuli oluvannyuma lw'akabi akaamutuuseeko, mazima agambira ddala: Bino byange (ku bwange bye binyamu); era siro-woza nti Ekiseera Eky'enkomerero kya kutuuka, ne bwe ndiba (nga) nzi-zibwa eri Mukama wange, era mazima nze nnina w'Ali ebirungi—Kyokka mazima tugenda kutegereza ddala abo abawakanya (Katonda), ebyo bye baakolanga, era ddala mazima tulibakombya ku bibonerezo ebizito.

51. Bwe tuba nga tugabidde omuntu ebyengera, awuguka, (okuva) ku kugondera (Katonda n'okumusinza) ne yeesamba (Eddiini Yaffe) nga yeebulira, ate bwe kaba nga kamutuuseeko akabi, ate (olwo akyukira gye Tuli) n'aba n'okusaba kuwanvu (okw'olulandaggo ng'asaba Katonda akamuggyeko).

52. Bagambe nti: Mumbuulire! Bw'eneeba (Kuraane) nga evudde eri Katonda oluvannyuma ne mugirim-bisa—Ani asinga obubuze okusinga

يُنَادِيهِمْ أَيُّنَ شَرِّكَائِي قَالُوا أَذُنَاكَ  
مَا مَثَلُ مَنْ شَرِيئِدِي ﴿٤٨﴾

وَضَلَّ عَنْهُمْ قَالُوا أَيُّدْعُونَ مَنْ  
قَبْلُ وَظَنُّوا مَا لَهُمْ مِنْ مَّخْرَجٍ ﴿٤٩﴾

لَا يَسْمَعُ الْإِنْسَانُ مِنْ دُعَاءِ الْخَيْرِ  
وَإِنَّ مَسَّهُ الشَّرُّ فَيُؤَسُّ قَنُوطٌ ﴿٥٠﴾

وَلَمَّا أَذْفَنَهُ رَحِمَةً مِمَّا مِنْ بَعْدِ  
صَهْرَاءَ مَسَّتُهُ لِيَقُولَنَّ هَذَا إِلَى وَمَا  
أَطْنُ السَّاعَةَ قَائِمَةً وَأَلَيْنَ رُجِعْتُ  
إِلَى رَبِّي إِنْ لِي عِنْدَ اللَّهِ حُسْنِي  
فَلَنَتَّبِعَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِمَا عَمِلُوا  
وَلَنَذِيقَنَّهم مِّنْ عَذَابٍ عَلِيمٍ ﴿٥١﴾

وَإِذَا أَعْمَنَّا عَلَى الْإِنْسَانِ أَعْرَضَ  
وَنَابِجَانِيَةً وَإِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ فَذُو  
دُعَاءٍ عَرِيضٍ ﴿٥٢﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ كَانَ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ نَمٌّ  
كَفَرْتُمْ بِهِ مِنْ آضَلِّ مِمَّنْ هُوَ فِي

oyo Ali mu kwawukana okuli ewala (n'Amazima)?

شَقَاقُ بَعِيدٍ ﴿٥٣﴾

53. Tujja kubalaga Obubonero Bwaffe mu mpuuyi z'ensi ne ku myoyo gyabwe (bo bennyini) okutuusa kibeevolekere nti ddala kyo (ky'obaleetedde) kya Mazima. Tekimala okuba Mukama wo nga mazima Ye Alaba buli kintu?

سَأَرْنَهُمْ أَيُّهَا فِي الْأَفَاقِ وَفِي أَنْفُسِهِمْ  
حَتَّى يَتَبَيَّنَ لَهُمْ أَنَّهُ الْحَقُّ ۗ أَوَلَمْ يَكْفِ  
بِرَبِّكَ أَنْتَهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿٥٣﴾

54. Abange! Mazima bo bakyali mu kubuusa buusa okusisinkana Mukama waabwce? Abaffe! Mazima Ye yeetoolodde okumanya buli kintu.

أَلَا إِنَّهُمْ فِي مَرِيَّةٍ مِّنْ لِّقَاءِ رَبِّهِمْ  
ۗ وَالْآرَاتُ بِجُلِّ شَيْءٍ مُّحِيطٌ ﴿٥٤﴾

54. Ebitonde byonna biri wansa wa buyinza bwa Katonda era okumanya Kwe kubyetoolodde wonna wonna buli kimu A lamu la nga bw'akyagadde. Naye Ali Omu mu Bwakatona Bwe tewali mulala.

## EBIFA KU SSUULA ASH-SHUURAA MU BUFUNZE (42)

Essuula eno yakkira Makka, nga yayitibwa etyo okusenziira ku aya 38, ekigambo *Shuura* mwe kyogererwako.


Essuula etandikirira ku kubuuzira lwaki abatakkiriza beewuunya olw'Obubaka omubaka bw'ababuulira sso nga by'ayigiriza si biggya nti oba gwe mulundi ogusoose mu byafaayo eky'Obubaka okussibwa okuva eri Katonda. Katonda yali yatuma dda ababaka lukunkumuli balunggame abantu olubereberye lwa Muhammadi. Era abatakkiriza babuuzibwa lwaki basunguwalira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) oyo abalunggame mu Kkubo ettuufu ery'okusinza Katonda Omu, ng'ate eky'okusinza bakatonda abangi n'ebifaananyi ebyo bo bye bakola kye kivve ekisingayo obubi eri Katonda Omulezi w'ebitonde. Ekiddako abantu bagambibwa nti omuntu okulondebwa n'aba Nabbi era ne yeeyanjula nga Omubaka tekitegeeza nti ye y'avunaanyizibwa n'entuuko z'abantu b'aba atumiddwamu—Obuyinza ku Ngereka n'entuuko z'abantu byeyawulidde Katonda yekka.—Ye Nabbi atumiddwa kulunggame bantu abo abali mu bubuze eri Ekkubo Eggolokofu wamu n'okutiisa abo abeeremmedde ku bujeemu, ebibonerezo bya Katonda. N'olwekyo abantu bagambibwa baleme kutwala Mutume Muhammadi (s.a.w.) ng'abo abeeyitanga abakulembeze b'eddiini ab'obulimba era abatuukirivu ne balyoko baasanguza nti oyo yenna atabagoberera wa kwokebwa muliro asirikke. N'olw'ensonga eyo, abantu bagambibwa nti Nabbi tatumiddwa kubavuma oba kubakolimira wabula abalumirwa era abeekesa ebyo ebiribatuusa ku kufaafaaganirwa.

Era Essuula ezaako okunnyonyola kye ki Eddiini Muhammadi (s.a.w.) gy'abuulira. Omusingi gw'Eddiini ogw'ennono kwe kukkiriza nti: Katonda Ow'obuyinza ye Mutonzi, Omufuzi, Alera ebitonde byonna. Era Ye y'alunggame omuntu n'aba Omukkiriza era y'alamula wakati w'abantu n'ayawula wakati w'Amazima n'obukyamu. Era ne tuyigirizibwa nti tewali mulala yenna atali Katonda ayinza ebyo; era ne tuyigirizibwa nga bwe watali kitone na kimu kuba na Bwakatonda okugyako Katonda. Era kitegeezebwa nga kasookanga lubanga lwa mmindi Katonda bwe yalagira Eddiini Entuufu emu yokka nga abantu bonna gye balina okugoberera era ne kitegeezebwa nga Bannabbi bonna bwe baabuulira Eddiini emu yokka eyo, ey'okwawula Katonda, era emu yokka eyo Bannabbi bonna gye baakoowolera abantu bakkirize. Kitegeezebwa nti Bannabbi baatumirwa banyeweze, babukaze Eddiini eyo mu nsi nti naye bwe baafanga olwo abantu abalina obuzigamu mu myoyo gyabwe, ne bagizuulamu ebyabwe ebitaalimu—Bw'etyo ne bagikyama; kyewawa wasibukawo enzikiriza nfaafa ez'enjawulo.

Essuula etegeza nga kati Nabbi Muhammad bw'atumiddwa abuuire eri abantu eddiini y'emu eyo mu butuufu bwayo amenyewe enzikiriza zonna endala enkyamu ezaagunjibwawo abantu. Oluvannyuma lw'okunnyonyola kye ki Eddiini Entuufu, abantu bayigirizibwa kye banaakola balyoke balunggame ku kkubo eggolokofu era bategeezebwa nga oyo yenna ayeewaddeyo okugoberera Kuraane by'eragira bw'alina eky'okugoberera n'okulabirako—nga naye ye Nabbi (s.a.w.), wabula oyo yenna awakanya ka kumujjuutuka.

Essuula ewunzika nga eggumiza nga Nabbi bwe yali tamanyi kye ki Ekitabo Kuraane oba kye ki Obukkiriza Obutuufu mu myaka 40 gye yamala nga tannatumibwa, ekyo nno kiryoke kikakasibwe nga bw'ali Nabbi ow'amazima. Era kikakasibwa nga okuyigiriza kwe Obubaka bwa Katonda bwe kitegeeza nti yali ategeeza nti yalabikirwa Katonda ne boogeranya, wabula nti Katonda yatumirira butumizi Obubaka nga bwe yatumira ne Bannabbi abamu abalala. Kino kinnyonyolwa abakyamu b'emitima baleme kuwaayira

**Nabbi nti yeefuula nti yayogera ne Katonda maaso ku maaso, era kikoledwa kityo eri bo abakkiriza Amazima balyoke bamanye engeri Katonda gye yatusaamu Obubaka eri oyo gwe yalonda abe Nabbi We ow'enkomerero.**



ESSUULA ASH-SHUURAA (42)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 5 ne Aya 53

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. HAA—MIIM;

حَمْدٌ ①

2. 'AIN. SIIN. KAAF.

عَسَقٌ ②

3. Bwe kityo otumirwa ggwe (Muhammadi) Katonda Ow'ckitiibwa, Omukakasa w'ebigambo nga (bwe baatumirwa) abo (bannabbi) abaa-kusooka.

كَذَلِكَ يُوحَىٰ إِلَيْكَ وَإِلَى الَّذِينَ  
مِنْ قَبْلِكَ اللَّهُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ③

4. Bibye byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi, Naye ye Wa waggulu, Omugulumivu.

لَهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ وَهُوَ  
الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ ④

5. Eggulu zisemberera okweyuzaamu waggulu waazo (ku lw'okutya Katonda): ne bamalaika batendereza ebitendo bya Mukama waabwe ne beegayiririra abo abali ku nsi (Katonda) abasonyiwe. Abange, mazima Katonda Ye ye Musonyiyi, Omusaasizi.

تَكَادُ السَّمٰوٰتُ يَتَّقَطَّرْنَ مِنْ فَوْقِهِنَّ  
وَالْمَلٰٓئِكَةُ يَسْتَعِجُونَ بِحَمْدِ رَبِّهِمْ  
وَيَسْتَغْفِرُونَ لِمَنْ فِي الْاَرْضِ الْاِنَّ  
اللَّهَ هُوَ الْعَفُوُّ الرَّحِيْمُ ⑤

6. N'abo abectcerawo abayambi abatali Ye (Katonda) Katonda abakuuma (n'amanya bye bakola) era toli ggwe (Nnabbi) abakuuma.

وَالَّذِينَ اتَّخَذُوا مِنْ دُوْنِهٖ اَوْلِيَاءَ  
اللَّهُ حَفِيْظٌ عَلَيْهِمْ وَمَا اَنْتَ عَلَيْهِمْ  
بِوَكِيْلٍ ⑥

7. Bwe kityo twakuweereza ggwe Kuraane ey'Oluwarabu, olyoke otiise (nayo) Nnyina w'Ebibuga (abantu b'omu Makka) n'abo abali emabali waabyo, (ab'omu nsi cwalala yonna kuba Makka kibalibwa nti ge

وَكَذٰلِكَ اَوْحَيْنَا اِلَيْكَ قُرْاٰنًا عَرَبِيًّا  
لِتُنذِرَ اُمَّ الْقُرٰى وَمَنْ حَوْلَهَا  
وَ لِتُنذِرَ يَوْمَ الْجَمْعِ لَا رَيْبَ فِيْهِ

makkati g'ensi yonna)—Era obatiise (abantu) Olunaku Lw'okukunngaan-yizibwa olwo olutaliimu kubuusa-buusa (mu kubaayo kwalwo). Ekinbinja ekimu kiriba kya mu Jjana, n'ekibinja ekirala nga kya mu muliro ogubuubuuka.

8. Singa Katonda yayagala, yandibafudde (abantu bonna) ekibiina kimu naye ayingiza oyo gw'ayagala mu kusaasira Kwe. N'abalyazaamaanyi (abakafiiri) tebalina muyambi wadde omutaasa (alibawonya ebibonerezo bya Katonda).
9. Abaffe, beeteerawo abayambi abatali Ye? Kyokka Ye Katonda ye Muyambi. Era Ye ye w'okuzuukiza abafu, naye Muyinza ku buli kintu.
10. N'ekyo ekintu kyonna kye muba mwawukanyeemu okusalibwawo kwakyo kuli eri Katonda (n'olwekyo mudde eri Ekitabo kye Kuraane ne Hadiith za Mutume Muhammadi). Oyo mmwe ye Katonda Omulezi wange: Ye gwe nneesize era gy'Ali gye nzira (mu bigambo byange byonna).
11. Omugunzi eyagunjawo eggulu n'ensi. Eyabateerawo abakyalala nga abaggya mu mmwe era ne mu bisolo eburundibwa n'ateekamu emitindo ebiri ekisajja n'ekikazi, n'aba nga abaza mu ngeri eyo (olw'okwegatta wakati w'ekisajja n'ekikazi). Tewali kintu (na kimu) kifaanana nga Ye; Naye Awulira, Alaba.
12. Ye nnannyini nsumuluzo z'omu ggulu ne mu nsi. Ayanjululiza

فَرِيقٌ فِي الْجَنَّةِ وَفَرِيقٌ فِي  
السَّعِيرِ ⑤

وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَعَلَهُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً  
وَلَكِنْ يَدْعُلُ مِنْ مَشَاءٍ فِي رَحْمَتِهِ  
وَالظَّالِمُونَ مَا لَهُمْ مِنْ نَاصِرٍ ⑥

أَوَاتَّخَذُوا مِنْ دُونِهِ آلِهَاءَ قَالَ  
هُوَ الْوَالِيُّ وَهُوَ يُحْيِي الْمَوْتَى وَهُوَ عَلَى  
كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ⑦

وَمَا اخْتَلَفْتُمْ فِيهِ مِنْ شَيْءٍ فَحُكِّمَهُ  
إِلَى اللَّهِ ذَلِكَ اللَّهُ رَبِّي عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ  
وَإِلَيْهِ أُنِيبُ ⑩

فَاطِرُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ جَعَلَ لَكُمْ  
مِنْ أَنْفُسِكُمْ أَزْوَاجًا وَمِنَ الْأَنْعَامِ  
أَزْوَاجًا يَذُرُّكُمْ فِيهَا فَمَا لَيْسَ كَمِثْلِهِ  
شَيْءٌ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ⑪

لَهُ مَقَالِيدُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ بَسِطَ

eb yokufuna kw'oyo gw'aba ayagadde n'abifundiza (gw'aba ayagadde). Mazima Ye Amanyi buli kintu.

13. Yabalaalika (mu ) ddiini ekyo (kyenniyini) kye yalaamira (Nnabbi) Nuuhu—n'ebyo bye tukuweereza (Ggwe Muhammadi) n'ebyo bye twalaamira (Bannabbi) Ibrahiimu, ne Musa ne Issa, (nga bigamba) nti: Muyimirizeewo eddiini, temugyawukanangamu: Kyazitooowerera (abakafiiri) abagatta ku Katonda ebintu ebirala ekyo ky'obayitira okujja gye kiri (eky'Okwawula Katonda). Katonda aya wula ku lw'obubaka (Bwe) oyo gw'ayagadde, era alunggama (okudda) eri okukkiriza (Ye) oyo ayecenya (gy'Ali).

14. Tebaayawukana (kwetemamu bibi-nabiina bya nzikiriza eby'enjawulo) wabula oluvannyuma lwa kubajjira okumanya (ng'ekyo bakituukako) ku lw'obukyayi obwayingira wakati waabwe; era singa tekyali kigambo ekyakulemba okuva eri Katonda wo (eky'obutabazikiririzaawo aba-

الرِّزْقِ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقْدِرُ إِنَّهُ جَلِيلٌ  
شَعِيرٌ عَلِيمٌ ⑫

شَرَعَ لَكُمْ مِنَ الدِّينِ مَا وَصَّى  
بِهِ نُوحًا وَالَّذِي أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ  
وَمَا وَصَّيْنَا بِهِ إِبْرَاهِيمَ وَمُوسَى  
وَعِيسَى أَنْ أَقِمُوا الدِّينَ وَلَا تَتَفَرَّقُوا  
فِيهِ كَبُرَ عَلَى الْمُشْرِكِينَ مَا تَدْعُوهُمْ إِلَيْهِ  
اللَّهُ يَجْعَلِي الدِّينَ مَنْ يَشَاءُ وَيَهْدِي  
إِلَيْهِ مَنْ يُنِيبُ ⑬

وَمَا تَفَرَّقُوا إِلَّا مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَهُمْ  
الْعِلْمُ وَعِبَاؤُهُمْ طُولُوا كَلِمَةً سَبَقَتْ  
مِنْ رَبِّكَ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى لَقُضِيَ بَيْنَهُمْ  
وَإِنَّ الدِّينَ أَوْرَثُوا الْكِتَابَ مِنْ بَعْدِهِمْ

13. Katonda yatandika aya eno n'okwogera ku Nabbi cyasooka oluvannyuma lwa Adamu—naye ye Nnabbi Nuuhu; bwe yamala n'azzaako oyo Nnabbi eyakomererayo—naye ye Nnabbi Muhammadi (okusaasira n'emirembe bibe ku ye ne ku Bannabbi abalala bonna). Bannabbi abo aboogerwako mu Aya eno be bo abasinga obumalirivu mu Bannabbi bonna—nabo be: Muhammadi, Ibrahiimu, Musa, Issa ne Nuuhu (emirembe gibe ku bo).

N'eddiini eyo ababaka bonna gye baalceta kwe Kusinza Katonda awatali kumugattako kintu kirala newankubadde nga *Sharia zaabwe* (amateeka) gaali maawufu. Era Katonda yalagira n'akuutira bannabbi bonna okwegatta baleme okwawukana mu ddiini. Wabula bo abakafiiri abasinza ebintu ebirala atali Katonda bazitooowerera okugoberera eddiini Nabbi Muhammadi gye yabayitira, nayo y'ey'Obusiraamu, eragira Okwawula Katonda.

Katonda era ategeeza nga bwe yeeyawulira ne yezza oyo gw'ayagadde n'amuwa obubaka ku lw'ensonga Ye gy'amanyi; n'alunggama oyo adda gy'Ali n'atawalaaza mpaka mu bitali bituufu.

14. Abakristayo n'Abayudaaya bano ab'omu mulembe gwa Nabbi Muhammadi abo abadda mu bigere by'abagoberezi ba Tauraati n'Enjili abasookawo mu biro ebitalo ebyo we byakirira, balina okubusabuusa kwa manyi mu bitabo bye balina kati. Era kati baasigala kugoberera bugoberezi nga tebalina bujulizi kwe beesigamiza enjawukana zaabwe, n'ol'wekyo kati bali mu kusamaalirira n'okubula okwesambidde ddala n'obutuufu.



jeemu) okutuusa eri ebbanga eggere, wandiramuddwa (mbagirawo) wakati waabwe. Naye mazima abo abaasikira Ekitabo oluvannyuma lwabwe (ab'omulembe ogwasooka) bali mu kubuusabuusa mu kyo (Ekitabo kyabwe), bakitankana.

لَقَدْ شَرَكْنَا مِنْهُ مَرِيْبٌ ﴿١٤﴾

15. N'olw'ekyo koowoola (abantu ggwe Muhammadi okujja eri Eddiini), era olunngame nga bwe walagirwa, era togobereranga okwagala kwabwe, wabula ogambe nti: Nzikirizza ebyo Katonda bye yassa mu bitabo (ku babaka Be) era ndagiddwa okwenkanya wakati wammwe. Katonda ye Mulezi waffe era Ye Mulezi wammwe. Ffe tulina emirimu egyaffe, nammwe mulina emirimu egyammwe; tewali nkaayana wakati waffe nammwe. Katonda agenda kusisinkanya wakati waffe nammwe, n'obuddo (bwaffe ffenna awamu) buli gy'Ali.

فَلِذَلِكَ فَادْرُءُ وَأَسْتَقِمْ كَمَا أَمَرْتُ  
وَلَا تَتَّبِعْ أَهْوَاءَ هُمْ وَوَقُلْ أَمَرْتُ مَآ  
أَنْزَلَ اللَّهُ مِنْ كِتَابِي وَأَمَرْتُ لِأَعْدَلِ  
بَيْنَكُمْ اللَّهُ رَبُّنَا وَرَبُّكُمْ إِنَّا أَعْمَالُنَا  
وَلَكُمْ أَعْمَالُكُمْ لِرُحْمَةِ بَيْنَنَا  
وَبَيْنَكُمْ اللَّهُ يَجْمَعُ بَيْنَنَا وَالْيَوْمِ  
الْمَعْيُورِ ﴿١٥﴾

15. Aya eno ekunngaanyizza ensonga kkumi. Ekitegeezebwa n'okugamba "ekyo kye twakutuma era ne tutuma n'ababaka abaausooka." nayo y'eddiini:

Ensonga ezo ekkumi aya z'ekunngaanyizza ze zino:

- (1) Eragira okusinza Katonda Yekka era Nnabbi atekwa akoowoole abantu bagyeyune awatali kwawukanamu.
- (2) Eddiini emu yokka eyo y'eteekwa okunywererwako Nabbi wamu n'abo abamugoberera: nga bayimiridde ku kusinza Katonda nga bwe kyalagirwa.
- (3) Tewali kirala kyonna kiteekwa kuwunjula muntu kumuggya ku ddiini n'agoberera okwagala kw'abatakkiriza mw'ebyo bye baawukanye mu ddiini ne basinza ebifaananyi okwo otekeko n'ebikolwa eby'ekko ebirala.
- (4) Enzikirizza eno Nnabbi gy'ateekwa okugoberera n'abagobereri be bonna yeekugira ku kukkiriza Katonda bulambalamba n'obubaka bwe yassa.
- (5) Era wateekwa okulumulwa n'obwenkanya obujjuvu wakati w'abo abasoowagana mu bantu nga eyo y'eddiini y'Obumu n'Obutebenkevu.
- (6) Katonda Oyo eddiini gw'ekkiriza teeyawulidde bitonde bimu ne kiba ng'ebirala birina mulala. wabula ye Katonda, Omulezi w'ebitonde byonna awamu; wadde nga bo abawakanya tebamukkiriza naye ye Katonda wa buli omu era buli bintu byonna bivunna ku Lulwe.
- (7) Obukkiriza bwaffe obw'eddiini eno ey'Obumu tekoma ku bigambo byokka wabula ebikolwa bye bisalawo obukkiriza bw'omuntu, n'olw'ekyo buli omu avunaanyizibwa ku bikolwa bye n'enneyisa ye. Buli omu oba mukkiriza oba si mukkiriza alivunaanwa ku lulwe.
- (8) Tewali kyetaagisa kuleetawo nkaayana na mbojjanyi wakati w'abakkiriza n'abatakkiriza singa wabaawo okubulira Amazima, kuba buli omu ky'akwata kiri gy'ali.

16. N'abo abawakana (ku bikwata ku-didiini ya) Katonda oluvannyuma lw'okwanukulwa (abantu ne bagikkiriza), ensonga zaabwe ssi ntuufu mu maaso ga Mukama waabwe, era kuli ku bo okusunguwalirwa (Katonda) era balina ebibonyobonyo ebiyitirivu (ku Lunaku Lw'enkomerero).

وَالَّذِينَ يُكَذِّبُونَ فِي اللَّهِ مِنْ بَعْدِ مَا اسْتَجِيبَ لَهُمْ دَارُجَهَهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَعَلَيْهِمْ غَضَبٌ وَلَهُمْ عَذَابٌ شَدِيدٌ ﴿١٦﴾

17. Katonda Y'oyo eyassa Ebitabo (ku Bannabbi, ebijjudde) Amazima n'Obwenkanya. Kiki ckirikumanyisa, oba olyawo nga Ekiseera Eky'enkomerero kiri kumpi?

اللَّهُ الَّذِي أَنْزَلَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ وَالْمِيزَانَ وَمَا يُدْرِيكَ لَعَلَّ السَّاعَةَ قَرِيبٌ ﴿١٧﴾

18. Basaba kyanguwe okujja abo abatakikiriza (nti gye kiri) n'abo abakkiriza (okubaayo kwakyo) bakitya (okutuuka) era bamanyi nti ddala kyo (okutuuka kwakyo) kwa mazima. Abange, mazima abo abawakana mu kujja kw'Ekiseera Eky'enkomerero bali mu bubuze obuli ewala (n'amazima).

يَسْتَعْجِلُ بِهَا الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِهَا وَالَّذِينَ آمَنُوا مُشْفِقُونَ مِنْهَا وَيَعْلَمُونَ أَنَّهَا الْحَقُّ إِنَّ الَّذِينَ يُمَارِقُونَ فِي السَّاعَةِ لَفِي ضَلَالٍ بَعِيدٍ ﴿١٨﴾

19. Katonda alumirwa abaddu Be. Agabira oyo gw'ayagadde. Naye wa Maanyi, Ow'ekitiibwa.

اللَّهُ لَطِيفٌ بِعِبَادِهِ يَرْزُقُ مَنْ يَشَاءُ وَهُوَ الْقَوِيُّ الْعَزِيزُ ﴿١٩﴾

20. Omuntu ayagala empeera mu Bulamu Obw'oluvannyuma tumwongeza

مَنْ كَانَ يَرْيُدُ حَرْثَ الْآخِرَةِ نَزِدْ لَهُ

(9) Ku Lunaku Lw'okuzukira abantu bonna Abasiraamu n'abatali Basiraamu ba kukunngaanizibwa mu kifo kimu.  
 (10) Obuddo bwa buli kitonde buli wa Katonda ku Nkomerero, kale y'aliramula wamu n'okubala emirimu gya bonna ku Lunaku olwo Olw'okubalibwa.  
 19. Katonda Musaasizi, alumirwa abaddu Be. Agabira omulongoofu n'omwonoonefu kuno ku nsi, omukkiriza n'atali mukkiriza. Abantu bonna tebasobola kuyimirizaawo bulamu bwabwe bokka ku bwabwe. Olw'ekyo Katonda kye yava yeeyimirira bonna okubagabira.  
 Ebyokufuna by'ensi tebiriwo lwa kuba nti omuntu mulungi mu maaso ga Katonda wabula omulungi n'omubi, omukkiriza n'atakkiriza bonna Katonda abagabira; wabula enjawulo criberawo mu Bulamu Bw'enkomerero. Tewali alifuna kwesiima okuggyako oyo alisimwa mu maaso ga Katonda, ate nga ebirungi ebyo atekwa kuba nga yabikolereranga ng'akyali kuno ku nsi.  
 20. Katonda kye yava agamba mu kitundu kino nti "omuntu aba ayagala empeera ez'Obulamu Obw'oluvannyuma n'aba nga azikolerera tumwongera empeera ze" era Katonda amuyamba oku-

empeera ye. N'omuntu ayagala eby'okufuna by'ensi (nga by'akolerera) tumuwa mw'ekyo (kye twamugerera), wabula talina mugabo (gw'alifuna) mu Bulamu Obw'enkomerero.

فِي حَرْثِهِ وَمَنْ كَانَ يُرِيدُ حَرْثَ الدُّنْيَا  
تَوَاتَرَتْ مِنْهُ وَمَا لَهُ فِي الآخِرَةِ مِنْ نَصِيبٍ ③٠

21. Abaffe, balina bakatonda (baabwe ababalaalika mu ddiini ekyo Katonda ky'atakkiriza? (Wabula) singa tekyali kigambo ky'okusalawo (nga kya kubaawo ku Lunaku Iwa Nkomerero), wandiramuddwa (mbagirawo) wakati waabwe. Mazima abalyazaamaanya (emyoyo gyabwe ne bagaana okukkiriza) balina ebibonyobonyo ebiruma.

أَمْ لَهُمْ شُرَكَاءُ اتَّخَذُوا لَهُمْ مِنْ  
الدِّينِ مَا لَمْ يَأْذَنَ بِهِ اللَّهُ وَلَوْ لَا  
كَلِمَةُ الْفَصْلِ لَفُضِّلَ بَيْنَهُمْ وَإِنَّ  
الظَّالِمِينَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ③١

22. Oliraba abalyazaamaanyi (abatakkiriza ku Lunaku Lw'okulamulwa) nga batya ku lw'ebyo (ebibi) bye baakola nga (ate ddala) nabyo bya kubagwako; n'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi (balyeyagaliranga) mu bifo by'omu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), balina ebyo bye balyagalanga awali Mukama waabwe. Ebyo bwe bulungi obusuffu (obusaana okukolererwa)

تَرَى الظَّالِمِينَ مُشْفِقِينَ مِمَّا كَسَبُوا  
وَهُمْ وَآلَهُمْ وَالَّذِينَ آمَنُوا  
عَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فِي رَوْضَةٍ أَلْبَنَى  
لَهُمْ مَا يَشَاءُونَ عِنْدَ رَبِّهِمْ ذَلِكَ  
هُوَ الْفَضْلُ الْكَبِيرُ ③٢

23. Ekyo ky'ekyo (Ekyengera) Katonda ky'asanyusa nakyu abaddu Be abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi. Bagambe abantu (Ggwe Muhammadi) nti: Sibasaba mpeera ku lw'okubatuusaako obubaka,

ذَلِكَ الَّذِي يُبَشِّرُ اللَّهُ عِبَادَهُ الَّذِينَ  
آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ قُلْ لَا أَسْأَلُكُمْ  
عَلَيْهِ أَجْرًا إِنْ أَلَّا الْمُؤَدَّةَ فِي الْقُرْبَىٰ ط

tuukiriza emirimu gye ku lw'okumalirira kwe, era n'amuteera emikisa mu mirimu gye. Era amuwa mu nsi ebyokufuna bye yamugerera awatali kumukendeerezaako.

Wabula ebyo by'amuwadde ku nsi, oluusi abifunamu empeera olw'obulungi bw'okumalirira kwe. Naye oyo aba yeemalidde ku kuteganira ensi n'atafaayo kukolera Nkomerero. Katonda amuwa mu nsi ekyo kye yamugerera okufuna mu nsi awatali kumwongerako. Kyokka mu Bulamu Obw'oluvannyuma talinaayo mugabo gwonna.

23. Nabbi bwe yayita abantu b'ekika kye, Abakuraish okumukkiriza n'okugoberera eddiini gye ya baleetera ey'Ok wawula Katonda—cy'Obusiraamu, abasinga obungi tebakiriza wabula baamulimbisa ne bamuwakanyiza ddala. Ne Katonda kwe kumulagira abategeeze nga bw'atabasaba mpeera ku lw'okubatuusaako Obulunngamu, wabula kye yali abeetaaza kyokka,—baleme kumuyisa

wabula okunkolera (ekisa n'okunja-gala) okwagala okw'obwoluganda. Omuntu akola obulungi tumwongeza mu bwo obulungi. Mazima Katonda Musonyiyi, Yeebaza (aba akoze obulungi).

24. Abaffe, oba bagamba nti (Muhammadi) yagunjawo obulimba nga abwesigamya ku Katonda? Bw'aba Katonda nga ayagadde azibikira ku mutima gwo. Katonda aggyawo ebitali bituufu n'akakasa Amazima n'ebigambo Bye. Mazima ye Amanyi ebiri mu bifuba.
25. Ye Y'oyo akkiriza okwenenya kw'abaddu Be, n'asonyiwa ebibi, era amanyi ebyo bye mukola;
26. N'ayanukula (okusaba) kw'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi, n'abongeza (kw'ebyo bye bamusabye) mu birungi Bye. N'abakafiiri balina ebibonyobonyo ebikakali.
27. Singa Katonda yayanjululiza ebyokufuna eri abaddu Be (ne biba mu bungi ddala) bandibuze (nnyo) ne beekuluntaliza mu nsi (ekisukkiridde), naye assa (ebyokufuna mu) kigero ekyo ky'ayagadde. Mazima Ye ku baddu Be Mumanyi w'ebyama, Alaba (buli kimu kye bakola).

وَمَنْ يَقْرَفْ حَسَنَةً تَزِدْ لَهُ فِيهَا  
حَسَنًا إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ شَكُورٌ ﴿٢٣﴾

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا  
فَأَنْشَأَ اللَّهُ لِيخْتِمَ عَلَى قَلْبِكَ وَيَمْسُحُ  
اللَّهُ الْبَاطِلَ وَيُحِقُّ الْحَقَّ بِكَلِمَاتِهِ  
إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٢٤﴾

وَهُوَ الَّذِي يَقْبَلُ التَّوْبَةَ عَنْ عِبَادِهِ  
وَيَعْفُو عَنِ السَّيِّئَاتِ وَيَعْلَمُ مَا تَفْعَلُونَ ﴿٢٥﴾  
وَيَسْتَجِيبُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
وَيَزِيدُهُمْ مِنْ فَضْلِهِ وَالْكَافِرُونَ لَهُمْ  
عَذَابٌ شَدِيدٌ ﴿٢٦﴾

وَلَوْ بَسَطَ اللَّهُ الرِّزْقَ لِعِبَادِهِ لَبَغَوْا  
فِي الْأَرْضِ وَلَكِنْ يُنَزِّلُ بِقَدَرٍ مَا يَشَاءُ  
إِنَّهُ بِعِبَادِهِ خَبِيرٌ بَصِيرٌ ﴿٢٧﴾

bubi. Era bamukolere ekisa bamuyise mu ngeri y'okwagala okw'obwoluganda era baagale wamu n'okuyisa obulungi abantu be.

27. Katonda Ye amanyi nti singa abantu abagabira emmaali ennyingi, babula ekiyitiridde ne beekuluntaliza ku nsi. Naye olw'okumanya Kwe nti abantu banafu mu myoyo tebasobola bugagga bwa maanyi; olw'ekyo kyava abawa emmaali ey'ekigero gye banaasobola, balyoke batuuke mu Bulamu Obw'enkomerero nga bali mirembe, gye balifunira ebyengera Bye mu bungi ebitalina kikomo.

Abantu bandigamba nti oluusi okusaba kw'abantu wadde abo abalungi tekwanukulwa! Naye ekituufu kiri nti wadde n'abalongoofu nabo bandiremwa okumanya ekyo ekirungi ku bo, olw'okuba mu nsi muno ebibalibwa okuba ebirungi bizibuzibu okutegeera, oluusi bye byandiba ebyo eby'akabi ddala. Ate bw'oteekako okumanya kw'abantu okutono, singa baweebwa buli kye basaba: omuvuyo, effujjo, obusambattuko n'obwonoonyi byandibuutikidde ensi. Ekyo lwa kuba nti ebyetaago by'a-

28. Era Ye (Katonda) Y'oyo assa (atonyesa) enkuba oluvannyuma (lw'abantu) okuggyayo essuubi, n'ayanjuluza okusaasira Kwe (okubuna buli wamu). Naye ye Mufuzi, Atenderzebwa.

وَهُوَ الَّذِي يُنَزِّلُ الْغَيْثَ مِنْ بَعْدِ مَا قَنَطُوا وَيَنْشُرُ رَحْمَتَهُ ۗ وَهُوَ الْوَلِيُّ الْحَمِيدُ ﴿٢٨﴾

29. Ekibalibwa mu bubonero (obulaga obuyinza) Bwe kwe kutonda eggulu n'ensi n'ebyo ebiramu ebitambula bye yassa mu byombiriri. Naye Asobola okubakunngaanya mu kiseera ky'aliba ayagadde.

وَمِنْ آيَاتِهِ خَلْقَ السَّمَكَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَثَّ فِيهَا مِنْ دَابَّةٍ ۗ وَهُوَ عَلَىٰ جَمْعِهِمْ إِذَا يَشَاءُ قَدِيرٌ ﴿٢٩﴾

30. Na buli kabi mu buzibu obubatuukako buva mw'ebyo (ebibi) emikono gyammwe gye biba bikoze, (wabula Katonda) n'asonyiwa ebisinga obungi.

وَمَا أَصَابَكُمْ مِنْ مُصِيبَةٍ فَمَا أُكْسِبَتْ أَيْدِيكُمْ وَيَعْفُوا عَنْ كَثِيرٍ ﴿٣٠﴾

31. Era temuli mmwe (abantu) ba kusumattuka kulemesa Katonda mbu

وَمَا أَنْتُمْ بِمُعْجِزِينَ فِي الْأَرْضِ ۗ وَمَا لَكُمْ

bantu bya kintabuli nnyo mu bigero ne mu migaso gyabyo. Kale Katonda yekka y'ayinza okubigerageranya n'abagabira ekigero ekisaanidde.

28. Okutonnyesa enkuba nakwo kubalirwa mu kusaasira kwa Katonda n'ekisa Kye ky'alina ku bitonde Bye; olw'okubanga omusana bwe gwaka ppereketya okumala ebbanga eppanvu, ekyeya ne kyandaa kalaza ensi n'enjala n'egwa abantu batuuka we babecerera nga baggyeeyo n'essuubi. nate enkuba bw'etonnya, emikisa gya Katonda gibuna ensi na ku buli kintu, ettaka ne lidda buto, ebimera ne biddugaza ensigo ne zimera. Okutwalira awamu embeera y'obudde erongooka, ebiramu byonna ne bifuna obulamu obweyagaza.

Oyo Katonda atonyesa enkuba ye Mutaasa, Ayeeyimirira okulabirira ebitonde Bye era, asiimwa ebikolwa Bye n'ebitonde Bye.

29. Eggulu n'ensi ogatteko n'ebiramu ebiri mu byombi kabonero akakakasa ebyo ababaka bye baayigiriza nti waliwo Katonda eyatonda ebitonde byonna. Eggulu n'ensi bujulizi obwemala nti Kabitonda Oyo si muntu oba okugamba nti afaananako omuntu, kubanga obugazi bwabyo n'entondebwa yaabyo kimala okukasa nti ddala waliwo Katonda eyabissaawo era abirabira.

Era Katonda Oyo ajja kusobola okukunngaanya abantu bonna oluvannyuma lw'Okuzuukira, mu kiseera w'aliyagalira.

30. Buli kabi konna akatuuka ku muntu, kajjawo lwa bibi omuntu oyo by'aba akoze, kyokka Ye Katonda tavunaana muntu buli kisobyo ky'aba asobeza, wabula ebimu abimusonyiwa; nga bwe yagamba mu aya endala nti:

"Singa Katonda avunaanirawo abantu buli kibi kye baba bakoze, teyandirese ku nsi kiramu ekitam-bula" Nnabbi, (s.a.w.) yagamba nti: "Ndayidde Oyo alina omwoyo gwange mu mukono Gwe! Akabi tekatuuka ku mukkiriza wadde okweraliikirira oba okunakuwala wabula Katonda amuggyako ebibi bye ebimu newankubadde (ekitono nga) okufumitibwa erigga."

Buli kibi Katonda ky'abonereza omukkiriza kuno ku nsi oba ekyo ky'amusonyiwa, tagenda kuddayo nate kukimubonereza mu Bulamu Obw'enkomerero; kubanga Katonda talanga muntu bwemage era Musaasizi okusaasira okutalliko kikomo.

mulemere ku nsi era temulina mukuumi wadde omutaasa atali Katonda (alibawonya ebibonerezo bya Katonda).

مَنْ دُونَ اللَّهِ مِنْ دَرِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ ﴿٣١﴾

32. N'ekibalibwa mu bubonero Bwe (obulaga ebyengera Bye ku bantu) ge maato agaddukira ku nnyanja, agalinga agasozi (mu bunene bwago).

وَمِنْ آيَاتِهِ الْجَوَارِ فِي الْبَحْرِ كَالْأَعْلَامِ ﴿٣٢﴾

33. Bw'aba (nga Katonda) ayagadde ayinza okusirisa empewo (ezitambuza amaato) ne gabeera nga gayimiridde kungulu (ku mazzi nga tegatambula)—Mazima muli mw'ebyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri buli mugumiikiriza (ennyo), ayecebaza—

إِنْ يَشَاءُ يُسْكِنِ الرِّيحَ فَيَظْلَنَ رَوَاكِدَ  
عَلَى ظَهْرِهَا إِنْ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِكُلِّ  
صَبَّارٍ شَكُورٍ ﴿٣٣﴾

34. Oba Ayinza okubazikiriza ku (maato ago ne gabbira nga nabo mwebali) ku lw'ebibi bye baba bakoze; (wabula) era asonyiwa ku bisinga obungi.

أَوْ يُوقِفَهُنَّ بِمَا كَسَبُوا وَيَعْفُ عَنْ لَثِمٍ ﴿٣٤﴾

35. Era (bateekwa) bamanye abo abawakanya Obubonero bwaffe nti tebalina buddukiro (bwa kuwoneramu bibonerezo Byaffe ku Lunaku Lw'enkomerero);

وَيَعْلَمُ الَّذِينَ يُجَادِلُونَ فِي آيَاتِنَا  
مَا لَهُمْ مِنْ حَاجٍ ﴿٣٥﴾

36. Buli kintu kyonna kye muba muweereddwa (mu byokufuna), bya kweyagala (kwa) mu bulamu bw'ensi, n'ebyo ebiri awali Katonda (mu Bulamu Obw'enkomerero) bye bisinga obulungi era bye by'okusigalawo (olubeerera nga) by'abo abakiriza ne beesiga Mukama waabwe;

فَمَا أُوْتِيَهُمْ مِنْ شَيْءٍ فَمَتَّاعُ الْحَيَاةِ  
الدُّنْيَا وَمَا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ وَأَبْقَى لِلَّذِينَ  
آمَنُوا وَعَلَى رُءُوسِهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ﴿٣٦﴾

37. Era abo abeewala (okukola) ebibi ebinene n'ebyobuwemu, era nga bwe

وَالَّذِينَ يَجْتَنِبُونَ كَبِيرَ إِسْمٍ وَ

36. Aya eno ennyonyola abantu baleme kugayaazibwa ebyokufuna by'ensi kubanga emmaali yonna eweebwa omuntu n'abaana n'ebirala byonna, byeyagalwa nabwo kiseera buseera ne biggwawo. Wabula ebyo Katonda by'ategekera abakiriza abamwesiga kuno ku nsi, eby'omu Bulamu Obw'oluvannyuma bye bisinga obulungi n'obungi era nga byo si bwa kuggwawo olubeerera.

baba nga banyiiize basonyiwa bo (oyo abanyiizizza);

الْفَوَاحِشَ وَإِذَا مَا عَضِبُوا هُمْ يُعْفِرُونَ ﴿٣٤﴾

38. Era abo abaayanukula Mukama waabwe ne bayimirizaawo esswala, nga n'ensonga zaabwe ziyita mu kuteesaganya wakati waabwe, era nga bagaba kw'ebyo bye tubagabira,

وَالَّذِينَ اسْتَجَابُوا لِرَبِّهِمْ وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ  
وَأَمْرُهُمْ شُورَى بَيْنَهُمْ وَهُمْ رَارِقُونَ ﴿٣٥﴾

39. Era abo bwe baba nga bubatuuseeko obulumbaganyi obw'okuvunvubika (tebatiitiira wabula) bo beetaasa nga beerwanako,

وَالَّذِينَ إِذَا أَصَابَهُمُ الْبَغْيُ هُمْ  
يَنْصَرُونَ ﴿٣٦﴾

40. N'empeera y'ekibi kusalulwa kibi ekikifaanana (mu kyenkanyi ky'ekyo ekikoleddwa). N'omuntu yenna asonyiwa n'alongoosa (ebyo ebiyise wakati we n'oyo gwe bakontanye naye), empeera ye eri wa Katonda. Mazima Ye tayagala balanga bannaabwe bwemage (amakulu nti tabasasira).

وَجَزَاءُ سَيِّئَةٍ سَيِّئَةٌ مِثْلُهَا فَمَنْ  
عَفَا وَأَصْلَحَ فَأَجْرُهُ عَلَى اللَّهِ إِنَّهُ لَا  
يُحِبُّ الظَّالِمِينَ ﴿٣٧﴾

41. N'omuntu ayeetaasa oluvannyuma lw'okulangwa obwereere—abo tewali kkubo lya kubavunaana oba okubaneya.

وَلَمَنْ أَنْتَصَرَ بَعْدَ ظُلْمِهِ فَأُولَئِكَ مَا  
عَلَيْهِمْ مِنْ سَبِيلٍ ﴿٣٨﴾

42. Mazima ekkubo (ly'okuvunaanwa) liri kw'abo abalanga abantu obwereere, ne beekuluntaliza mu nsi mu bitali bituufu. Abo balina ebibonyobonyo ebiruma.

إِنَّمَا السَّبِيلُ عَلَى الَّذِينَ يَظْلِمُونَ النَّاسَ  
وَيَبْغُونَ فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ ط  
أُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٣٩﴾

43. Mazima omuntu agumiikiriza n'asonyiwa (amukoze ekibi)—mazima ekyo, kya mu bigambo ebikakafu (Katonda by'asiima ne yeebaza aki-koze).

وَلَمَنْ صَبَرَ وَعَفَرَ إِنَّ ذَلِكَ لَمِنْ  
عَزْمِ الْأُمُورِ ﴿٤٠﴾

44. N'omuntu Katonda gw'abuzizza (ddala ye) talina amukuuma oluva-

وَمَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ دَرَجَةٍ

44. Ku kiseera ky'Enkomerero nga abalyazaamaanyi balabye ku bukakali bw'ebibonyobonyo.

nnyuma Lwe (Katonda). Era oliraba abalyazaamaanyi bwe baliba nga balabye ebibonyobonyo, (engeri gye baliba) nga bagamba: Abaffe waliwo ekkubo eriddayo ku nsi?

45. Era olibalaba nga batuusibbwa ku gwo (Omuliro) nga batya (era nga bayongobevu) ku lw'obuswavu, (era) nga batunuulira mu mabbali mpola-mpola (ku lw'okutya). Abo abakkiriza ne bagamba nti: Mazima abaa-fiirwa be bo abaafaafaaganya emyoyo gyabwe n'egy'abantu baabwe (olwa leero) ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Abange, mazima abalyazaamaanyi (abaka-fiiri) bali mu bibonyobonyo eby'olubeerera!

46. Era tebaalina mukuumi wa kubataasa atali Katonda. N'omuntu Katonda gw'abuza talina kkubo (lya kumuwonya).

47. Mwanukule Mukama wammwe (mugoberere omubaka by'abagamba) oluberyeberye nga Olunaku terunnatuuka okuva eri Katonda olutalina kiriruzzaayo. Temuliba na buddo (mwe mulisumattukira Katonda) ku Lunaku olwo, era temuliba na (engeri) ya kubyegaana (mubyesambe ebyo ebiribatuusibwako).

48. Bwe baba nga baawukanye (kw'ebyo bye tukutumye ne bagaana okukkiriza), tetwakutuma kubeera abakuuma. Tewali kikukakatako (kirala kyonna) wabula okutuusa obubaka (obwakutumwa). Era ddala mazima

مِّنْ بَعْدِهِ وَتَرَى الظَّالِمِينَ لَمَّا  
رَأَوْا الْعَذَابَ يَقُولُونَ هَلْ لِي مِنَ  
مِّنْ سَبِيلٍ ﴿٣٧﴾

وَتَرَاهُمْ يُعْرَضُونَ عَلَيْهَا خَشِيعِينَ  
مِنَ الدُّرِّ يَنْظُرُونَ مِنْ طَرْفٍ خَفِيٍّ  
وَقَالَ الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّ الْخٰسِرِينَ الَّذِينَ  
خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ وَأَهْلِيَهُمْ يَوْمَ الْقِيٰمَةِ ۗ  
إِنَّ الظَّالِمِينَ فِي عَذَابٍ مُّقِيمٍ ﴿٣٨﴾

وَمَا كَانَ لَهُمْ مِنْ أَوْلِيَاءَ يَنْصُرُوهُمْ  
مِّنْ دُونِ اللَّهِ وَمَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ فَمَا لَهُ  
مِّنْ سَبِيلٍ ﴿٣٩﴾

إِسْتَجِيبُوا لِلرَّبِّ كَمَا مِّنْ قَبْلِ أَنْ يَأْتِي  
يَوْمَ لَا يَصْرَفُ لَهُ مِنَ اللَّهِ مَالَكُمْ مِّنْ  
مَّا جَاءَ يَوْمَئِذٍ وَ مَالَكُمْ مِّنْ تِلْكَ ﴿٤٠﴾

فَإِنْ أَعْرَضُوا فَمَا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ  
حَفِيفًا ۗ إِنْ عَلَيْكَ إِلَّا الْبَلَاءُ وَإِنَّا  
إِذَا أَذَقْنَا الْإِنْسَانَ مِنَّا رَحْمَةً فَحَسَبَهُ

balyegomba okudda ku nsi balyoke bakole emirimu emirungi Katonda gy'ayagala, mbu olwo n'oluvannyuma nabo bayingizibwe mu Jjana bawone ebibonyobonyo.



Ffe! bwe tuba nga tumukombezza omuntu ku kusaasira okuva gye Tuli yeeyagala nakwo; ate bwe kaba nga akabi kabaguddeko ku lw'ebyo (ebibi) emikono gyabwe bye gyakola oku-sooka (bakankana), mazima omuntu wa mpaka (awakanya ne yeegaana ebyengera Katonda by'aba amuwadde).

49. Bwa Katonda obufuzi bw'eggulu n'ensi. Atonda nga bw'ayagala. Agabira abaana ab'obuwala oyo gw'aba ayagadde (okuwa abawala) n'agabira abaana b'obulenzi oyo gw'ayagadde (okuwa abalenzi);
50. Oba abagattira (n'abawa abaana) ab'obulenzi n'ab'obuwala; n'amufuula omugumba oyo gw'ayagadde (okuba omugumba). Mazima Ye Amanyi, Muyinza (okukola buli kyonna ky'ayagadde).
51. Tekyali ku muntu Katonda okwo-gera naye wabula nga amuweereza bubaka oba (okwogera naye) nga asinziira emabega w'ekisiikiriza oba amutumira Omubaka n'amutumira ku lw'obuyinza Bwe ekyo ky'ayagadde (okumutumira). Mazima Ye wa waggulu, Mukakasa (mu kukola Kwe ne mu bigambo Bye).
52. Era bwe kityo twakuweereza Kuraane (Ggwe Muhammadi, obulamu bw'emitima) ku lw'ekiragiro Kyaffe. (Oluberyeberye lwayo) wali tomanyi nti Ekitabo (Kuraane) kye ki wadde (era nga tomanyi) kye ki Obukkiriza. Naye twagifuula (yo Kuraane) Ekitangaala nga tulungamya nayo oyo gwe twagadde mu baddu Baffe. Era ddala mazima ggwe olungamya (abantu) eri ekkubo eggolokofu,—

بِهَآءِ اَوَانٍ لِّصَبِّهِمْ سَيِّئَةً بِمَا قَدَّمَتْ  
اَيْدِيهِمْ فَاِنَّ الْاِنْسَانَ لَقَفُوْرٌ ﴿٤٩﴾

لِلّٰهِ مُلْكُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ يَخْلُقُ  
مَا يَشَآءُ يَهْبُ لِمَنْ يَشَآءُ اِنَّا نَا وَ  
يَهْبُ لِمَنْ يَشَآءُ الذُّكُوْرُ ﴿٥٠﴾

اَوْ يَزِيْرُوْهُمْ ذُلُوْرًا وَاِنَّا نَا وَ وَيَجْعَلُ  
مَنْ يَشَآءُ عَاقِبٰتًا اِنَّهٗ عَلِيْمٌ  
قَدِيْرٌ ﴿٥١﴾

وَمَا كَانَ لِبَشَرٍ اَنْ يُكَلِّمَهُ اللّٰهُ  
اِلَّا وَحْيًا اَوْ مِنْ وَّرَآءِ حِجَابٍ اَوْ  
يُرْسِلُ رِسُوْلًا فَيُوْحِيْ بِآيٰتِهٖ مَا يَشَآءُ  
اِنَّهٗ عَلِيٌّ حَكِيْمٌ ﴿٥٢﴾

وَكذٰلِكَ اَوْحٰنَا اِلَيْكَ رُوْحًا مِّنْ اَمْرِنَا  
مَا كُنْتَ تَدْرِيْ مَا الْكِتٰبُ وَلَا الْاِيْمَانُ  
وَلٰكِنْ جَعَلْنٰهُ نُورًا نُّهْدِيْ بِهٖ مَنْ  
نَّشَآءُ مِنْ عِبَادِنَا وَاِنَّكَ لَتَهْدِيْ اِلَى  
صِرَاطٍ مُّسْتَقِيْمٍ ﴿٥٣﴾

53. Ekkubo lya Katonda Oyo nnannyini (byonna) ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi. Abange, eri Katonda ebigambo byonna gye bidda.

صَوَّرَ اللَّهُ الَّذِي لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ  
وَمَا فِي الْأَرْضِ إِلَى اللَّهِ تَصْبِيرًا ۝

## EBIFA KU SSUULA AZ-ZUKHRUF MU BUFUNZE (43)

Essuula eno nayo yakkira Makka, nga yaggya erinnya lyaayo ku kigambo *Zukhrufan* (ebyenaanikibwa bya zaabu) ekiri mu aya 35 mu Ssuula eno. Yakka mu kiseera awo abalabe ba Nnabbi we beesaliranga entotto ekiro n'emisana nga banoonya akaagaanya konna oba akakisa mwe bayitira okutta Nabbi (s.a.w.).

Mu Ssuula mulimu okugugumbula Abakuraish okw'amaanyi wamu n'okuvumirira enzikiriza zaabwe n'empanuuzza zaabwe ez'obutamanya okwo kwe baali balemedde, era nga n'emputtu zaabwe wamu n'amawaggali byanjibwa mu ngeri ey'enjawulo. Kiryoke kisobozese omuntu yenna alimu akateegera mu bo okulaba obubi abantu be mwe baali bebbise era yeekyawee ejiogo n'obumbula Abawarabu bye baayisangamu omuntu oyo so eyali yeefubiridde okubalunggama.

Essuula etandika n'okunnyonyola ng'Abawarabu bwe baali baluubirira okulemesa Obubaka okussibwa n'okusaasaanyizibwa, sso nga Katonda yali takomyangako kutuma Babaka Be oba okukomya okussa Obubaka Bwe olw'effujjo n'ebivve by'abantu. Kye yakolanga kwe kuzikiriza abaagezangako okubulemesa abo bakalibivve. Era Katonda ategeeza nga bw'Ali obulindaala okukola kye kimu eri abo bonna ababa balimbisizza Obubaka n'Omubaka We. Era Nabbi agambibwa nti wadde k'afe nga takyerabiddeeko na gage oba nga tannafa naye aboononyi abo abamukolanga ebyekko ba kukangavvulwa era nga nabo baalabulwa dda nti: Bavudde beeweeyo okutta oba okulumbagana Nabbi wa Katonda, beesudde bokka mu ddubi.


Abalabe b'Eddiini ya Katonda babuuzibwa ki ennyo ekibalemesa ku nzikiriza y'obutamanya gye bagugubiriddeko nga nabo bennyini bakakasa nti Omutonzi waabwe n'eggulu n'ensi n'ebyo bye basinza bw'ali Katonda Omu. Era nga bamanyi nti ebyengera byonna mwe beeyagalira Katonda Oyo Omu y'abibagabira, olwo nate lwaki bamugattako ebirala ne babisinza.

Era bagugumbulwa olw'okuddira abaddu ba Katonda ne babayita abaana Be, ate nga abo be baana ab'obuwala bo bennyini be beekokkola olw'obutabaagala. Era bavumirirwa olw'okufuula bamalaika bakatonda, bwe batyo ne babajja amasanamu mu bikula byabwe olwo ne babambaza engoye ez'ekikazi nga babayita bawala ba Katonda Omutonzi ne babisinza— Babuuzibwa nti baamanya batya nti bamalaika bakazi? Eky'obusiru bakalibwononyi abo bwe baavumirirwanga ku lw'ebivve ebyo nga bagamba nti singa Katonda yali tabisiima ebyo bye bakola eby'okusinza amasanamu baandibadde tebagasinza— Sso ng'ate ekkubo lyonna erirunggama omuntu eri Katonda by'ayagala ne by'atayagala biri mu Bitabo Bye ebyo bo abatakkiriza bye bavvoola.

Era essuula etegeezza nga era Abawarabu abatakkiriza bwe beebjereza n'eky'okuba nti baasanga bakitaabwe basinza ebifaananyi kyebava nabo babyemaliza. Sso nga Nabbi Ibrahimu ne Ismaili (a.s.) nabo baali baasibuka mu bakadde baabwe abo bo be beekwasanga, naye ye yeesamba amasanamu n'enzikiriza ya *Shirik* ekyamuvirako okusenguka ne yeeyambulula ekikoligo ky'enzikiriza ya bakatonda abangi, ey'obutamanya. Era tutegezebwa nti abatakkiriza bwe baabuuzibwanga obanga Nabbi wa Katonda yenna yali aze n'ayigiriza abantu okugatta ku Katonda bakatonda abalala, ng'olwo beekwasa ekikolwa kya Bannannyini Kitabo nti nabo baafuula Nabbi Issa mutabani wa Mariamu okuba Katonda ne bamusinza. Sso tebaabuuzibwanga obanga waliwo abantu ba Nabbi yenna abaali bagasse Katonda n'ebirala, wabula 'baabuuzibwanga obanga waaliwo Nabbi n'omu' eyali ayigiriza *Shirik*? Nabbi Issa (a.s.) ye yayigiriza kusinza Katonda Omu wabula abagoberezi be, be baabula ne bawanuuzza by'ataabayigiriza.

Era Essuula etutegeeza nga Abawarabu bwe batakkiriza Bwannabbi bwa Muhammadi olw'okubanga teyali muggagga mu bo oba okuba ow'ekitiibwa; nga bagamba Katonda aba kwagala kubatumira Mubaka yandironze omu mu batutumufu b'omu Makka oba Twa'ifa. Mu ngeri y'emu eyo ne Fir'auna bwe yalimbisa Nabbi Musa era n'amuyita enfuuzi.

Oluvannyuma lw'okuvumirira n'okusambajja ebikolwa by'Abatakkiriza eby'obutamanya n'ensonga ezimatiza. Essuula ekakasa nga Katonda bw'atalina mwana, era nga bwe watali bakatonda bangi oba abawolereza bonna abaliyinza okuwolereza omuntu yenna okumwewaza ebihonerezo bya Katonda nga babadde bajeemedde ebiragiro Bye. Katonda Omutonzi ye Ye yekka asinzibwa, atalina mwana oba omuyambi yenna amwegattako mu Bwakatonda Bwe.



## ESSUULA AZ-ZUKHRUF (43)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 7 ne Aya 89

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. HAA-MIIM.

حَمْدٌ ٥١

2. Ndayidde Ekitabo (kino Kuraane) ekinnyonnyofu (ku buli ekyogerwako),

وَالْكِتَابِ الْمُبِينِ ٥٢

3. Mazima Ffe twagissa Kuraane mu Luwarabu oba olyawo ne mutegeera.

إِنَّا جَعَلْنَاهُ قُرْآنًا عَرَبِيًّا لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ٥٣

4. Mazima yo eri mu Kikolo ky'Ekitabo (*Al-Lawhul-l-Mahfuudhu*) we Tuli ya kitiibwa ntukuvu, nakakafa (mu bigambo byayo).

وَأَنشَأْنَا فِيهَا الْقُرْآنَ لَدَيْنَا عَرَبِيًّا ٥٤  
حَكِيمٌ ٥٥

5. Tunaabalagajjalira ne tuziyiza Kuraane okubakira mmwe oluziyiza olw'okuba muli ekibiina ekisusse ebikomo mu kwonoona?

أَفَنظُرُ عَنْكُمْ أَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا أَن كُنْتُمْ قَوْمًا مُّسْرِفِينَ ٥٦

6. Bameka Bannabbi be twatuma mu (bantu) abaasooka?

وَكَمْ أَرْسَلْنَا مِنْ نَبِيِّ فِي الْأَوَّلِينَ ٥٧

5. Okubuulira n'okulunngama ebiri mu Kuraane Katonda abissa ku bantu lwa kisa Kye na kubalumirwa; naye bangi ddala bawakanya obubaka obugirimu ne bagirimbisa. Bwe kita ba kisa kya Katonda kiyitirivu ky'alina eri abantu yandiyimirizza okwongera okussa obubaka. Kyokka ekyo tayinza kukikola, yeyongera kubayitira eri Obulunngamu n'okubassiza Ekitabo ekibalunngama—Ekibi kwe kuba nti abantu oluusi tebamanyi kirungi gye bali, kale ne babbira wala mu bwonoonyi n'obukafiiri, kyokka Ye Katonda ayongera kubalagira bakwate obubaka: bw'atyo n'alunngama oyo assaayo omwoyo, omusango ne gukakata kw'oyo awaganyala n'awalaaza empaka nga takkiriza.

Nabbi (s.a.w.) yakoooola abantu b'omu Makka okumala ebbanga lya myaka kkumi n'esatu. Abamu bakkiriza abasinga obungi ne bagaana okutuusa lwe yasenguka n'agenda e Madiina gye yamala emyaka kkumi ng'ayita abantu okweyunira eddiini y'Okwawula Katonda—nayo ye y'Obusi-raamu.

6. Olw'obukakanyavu bw'emitima gy'abantu n'obwonoonyi bwabwe, Katonda yatuma mu bo abantu abatali bamu Bannabbi bangi ddala, nga buli Nabbi asibuka mu bantu b'ekika ekyo mw'atumiddwa. Naye era mu buli kibiina mwazuukangamu abo abawakanyanga ne batakkiriza abo Katonda be yazikirizanga.

Bonna awamu Katonda yatuma ababaka 24,000. Mu bo, Muhammadi ye yatuma yekka eri abantu b'ensi yonna.

7. Era teyabajjiranga Nnabbi yenna wabula baalinga bamunyoomerera (ne bamuwakanya).
8. Kyetwava tuzikiriza (abo mu baasooka) abaasinganga mu bo amaanyi: – ekyokulabirako (eky'ebyo ebyatuuka) ku baasooka ne kiyita (okutuuka ku bano ab'oluvannyuma bayigireko beewale okwesuula mu kabi naye era bakyawakanya obubaka).
9. Singa obadde obabuuzizza (Ggwe Muhammadi) nti: Ani eyatonda eggulu n'ensi, bagambira ddala nti: Yabitonda (Katonda Oyo) Ow'ekitiibwa, Amanyi ennyo;
10. Oyo eyabafuulira ensi ekyaliiro (mutebenkerereko) n'abassizaamu amakubo mulyoke mulunngame (okutuuka gye mwagala);
11. Era Oyo cyassa amazzi (g'enkuba) nga agaggya waggulu (mu bire) mu kigero (ekisaamu) ne tusibula nago ensi efudde (ku lw'ekyeya). (Mu ngeri y'emu) bwe mutyo bwe mulifulumizibwa (mu ntaana zammwe ku Lunaku Lw'okuzuukira);
12. Era Y'oyo eyatonda emitindo ebiri ebiri egy ebitonde byonna, n'abassizaawo amaato n'ensolo ze mwebagala,
13. Mulyoke mutereere ku migongo gyazo, oluvannyuma mujjukire ekyengerera kya Mukama wammwe (eky'e-kika kino) bwe muba nga muzitere-ddeko, nga mugamba nti: Ayawulwa Oyo eyatugondeza kino (ekyo-

وَمَا يَأْتِيهِمْ مِنْ رَبِّي إِلَّا كُنُودٌ  
يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٥﴾  
فَأَهْلَكْنَا أَسَدًا مِنْهُمْ بَطْشًا وَ مَضَى  
مِثْلُ الْأُولَىٰ ﴿٦﴾

وَالَّذِينَ سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ  
لَيَقُولُنَّ خَلَقَهُنَّ الْعَزِيزُ الْعَلِيمُ ﴿٧﴾

الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ مَهْدًا وَ جَعَلَ  
لَكُمُ فِيهَا سُبُلًا لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿٨﴾

وَالَّذِي نَزَّلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً بِقَدَرٍ  
فَأَنْشَرْنَا بِهِ بُلْدًا لَمْ يَكُن لَهَا حَيَاةٌ  
يُحْيُونَ ﴿٩﴾

وَالَّذِي خَلَقَ الْأَزْوَاجَ كُلَّهَا وَ جَعَلَ  
لَكُمْ مِنْهَا أَلْفًا مِنَ الْأَنْعَامِ مَا تَرْكَبُونَ ﴿١٠﴾

لِيَسْتَوُوا عَلَىٰ ظُهُورِهِ ثُمَّ تَذْكُرُوا نِعْمَةَ  
رَبِّكُمْ إِذَا اسْتَوَيْتُمْ عَلَيْهِ وَ تَقُولُوا  
سُبْحٰنَ الَّذِي سَخَّرَ لَنَا هٰذَا وَ مَا كُنَّا

kweyambisa ensolo mu ntambula),  
(kubanga ffe) tetwali ba kukisobola  
(eky'okuzegondeza),

لَهُ مَقْرِنِينَ ﴿١٣﴾

14. Era ddala ffe tuli ba kudda eri  
Mukama waffe!

وَإِنَّا إِلَىٰ رَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ ﴿١٣﴾

15. Ne bamuteerawo (Katonda) mu  
baddu Be ekitundu (ne bagamba nti  
abo baana Be)! Mazima omuntu  
mukafiiri (omunyazi atasima)  
omweyolefu!.

وَجَعَلُوا لَهُ مِنْ عِبَادٍ جُزْءًا مِّنَ  
الْإِنسَانِ لِكْفُورِ مَسِيئَاتِهِمْ ﴿١٥﴾

16. Abaffe! Yeeteerawo (Katonda)  
abaana abawala mw'ebyo bye yato-  
nda mmwe n'abaawulira abaana aba-  
lenzi?

أَمْ اتَّخَذَ مِمَّا يَخْلُقُ بِنْتٍ وَأَصْفًا مِّنَ  
الْبَنِينَ ﴿١٦﴾

17. Nga bw'aba ategeezebbwa omu ku  
bo amawulire g'ekyo ekifaananyi kye  
yageza ku (Katonda) Omusaasizi  
(eky'okuzaala omwana omuwala)  
ekyenye kye kibeera nga kifumye  
naye nga munyiikaavu ddala.

وَإِذَا بُشِّرَ أَحَدُهُم بِمَا ضَرَبَ لِلرَّحْمَنِ  
مَثَلًا ظَلَّ وَجْهَهُ مُسْوَدًّا وَهُوَ كَظِيمٌ ﴿١٧﴾

18. Oyo—(omwana ow'obuwala) akulira  
mu by'okwenyiriza, nga naye mu  
kuwoza tasobola kunnyonyola  
nsonga mu ngeri ematiza, (gwe  
mufaananya n'okuwa Katonda)?

أَوْ مَن يَبْتَغِ الْوَعْدَ الْحَلِيقَةَ وَهُوَ فِي  
الْخِصَابِ عَيْرٌ مُّبِينٌ ﴿١٨﴾

19. Ne bafuula bamalayika (okuba)  
abakazi abo bo abaddu ba Katonda

وَجَعَلُوا الْمَلَائِكَةَ الَّذِينَ هُمْ عِبَادُ

15. Abakafiiri b'omu Makka baddiranga ebimu mu bitonde ne babiyita nti baana ba Katonda. Baagambanga nti bamalayika bawala ba Katonda. Sso nga buli kitonde kyonna kiri mu ddaala lya buddu awali Katonda. Eyo yali nsobi nsukkirivu! Era omuntu yenna akola ekyo taba mukkiriza n'akatonu.

16. Abawarabu abakafiiri baali banyooma nnyo eky'obukazi n'okuzaala abaana ab'obuwala nga balaba nti kya buswavu. Bo baayagalanga balenzi bokka. Naye ate mu bye baasinzanga ng'amasanamu nga balinamu bakatonda abakazi. Bwe baateekako n'okugamba nti abaana ab'obuwala ne bamalayika bawala ba Katonda, ekyo ne kiba nga kissusse mu bunyoomi bwabwe kubanga olwo bo bye beekokkola n'okwenyiwa ate bye baawanganga Katonda Oyo Ali waggulu wa byonna.

17. Omu okubuulirwa nga mukyala we bw'azadde omwana omuwala, nga asunguwala nnyo n'akyuka ne ku bbala, n'afuma. Oluusi Abaana abo nga babaziika nga balamu mbu baleme kunyoomebwa na kuswaluka eri bannaabwe.

Abawarabu bano abakafiiri olw'okuba mu mireembe egyo tebaggwanga ntalo, kale nga balaba nti abaana abalenzi babongera maanyi mu kulwana.

- Omusaasizi (abatukuvu). (Abaffe) baaliwo ne balaba okutondebwa kwabwe? Tujja kuwandiika obujulizi bwabwe era bagenda kubuuzibwa (bavunaanwe ku Lunaku Lw'enkomerero)
20. Ne bagamba nti: Singa (Katonda) Omusaasizi (ssi bwe) yayagala tewandibasinizza. Tebakirinaako kumanya kwonna (kye bagamba). Tebali bo wabula abateebereza obuteebereza!
21. Abaffe! twabaleetera Ekitababo (kyonna) oluberyebereye lwayo (Kuraane eno), nga nabo ku kyo kwe beekutte (mbu mwe baggya ebyo bye boogera)?
22. Wabula baagamba nti: Mazima ffe twasanga bakitaffe (bakadde baffe) nga bali ku ddiini (eyo ey'okusinza amasanamu), era mazima ffe tugoberera buwufu bwabwe.
23. Era bwe kityo tetwatuma mubaka (omutiisa) oluberyebereye lwo ku kyalo kyonna abatiise ebibonerezo (bya Katonda), wabula bannaggagga (n'abakungu) baamu baagambanga nti: Mazima ffe twasanga bakitaffe nga bali ku ddiini (eno) era ddala ffe tugoberera buwufu bwabwe.
24. (Omubaka waabwe) n'abagamba nti: Abaffe! Ne bwe mba nga mbalee-

الرَّحْمَنِ إِنَّا أَنْشَرْنَاهُمْ وَأَخْلَقْنَاهُمْ وَسَنَنْتَبِ  
شَهَادَتَهُمْ وَيَسْتَأْذِنُونَ ﴿١٩﴾

وَقَالُوا الْوَسْءَ الرَّحْمَنِ مَا عِبْدٌ نُهُمْ  
مَا لَهُمْ بِذَلِكَ مِنْ عِلْمٍ إِنْ هُمْ إِلَّا  
يَخْرُصُونَ ﴿٢٠﴾

أَمْ أُنشِئْتُمْ كَتَبًا مِنْ قَبْلِهِ فَهُمْ بِهِ  
مُتَسَمِّكُونَ ﴿٢١﴾

بَلْ قَالُوا إِنَّا وَجَدْنَا آبَاءَنَا عَلَىٰ أُمَّةٍ  
وَإِنَّا عَلَىٰ آثَرِهِمْ مُّقْتَدُونَ ﴿٢٢﴾

وَكَذَلِكَ مَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ فِي  
قَرْيَةٍ مِنْ قُنْدُوبٍ إِلَّا قَالَ مُنْرِفُهَا  
إِنَّا وَجَدْنَا آبَاءَنَا عَلَىٰ أُمَّةٍ وَإِنَّا عَلَىٰ  
آثَرِهِمْ مُّقْتَدُونَ ﴿٢٣﴾

قُلْ أُولَئِكَ جُنُودُكُمْ بِأَيْدِيهِمْ وَمَا وَجَدْتُمْ

20. Abakafiiri b'omu Makka baagambanga nti 'Singa Katonda yayagala tuleme okusinza ebifaananyi bye tusinza kati, naffe tetwandisobodde kukikola ku lwaffe'.

Katonda kwe kugamba nga bwe batalina kumanya kwonna kwe basinziira kwogera ekyo wabula bateebereza buteebereza ne bamala googera kyonna ekibajjidde, awatali bujulizi bukakasa nga ebyo bye basinza bw'ali Katonda eyabibalagira babisinze.

21. Okuddamu kuli nti: "Nedda!" Tewali kitabo kirala kyonna kyali kikkidde Bawarabu okuggyako Kuraane yokka.



tedde ekisinga obulunngamu kw'e-byo bye mwasangako bakitammwe (ng'era mweyongera mu maaso nabyo)? Awo ne bagamba nti: Mazima ffe ebyo bye mutumiddwa (okutugamba) tubiwakanyizza.

عَلَيْهِمْ أَهَاءُ كُمْ قَالُوا إِنَّا بِمَا أُرْسِلْتُمْ بِهِ كَافِرُونَ ﴿٣٧﴾

25. (N'ekyaddako) ne tuzikiriza mu bo (ebibiina) ebyalimbisa (Bannabbi). Kale tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abaalimbisa (Ababaka)!

فَأَتَقْنَا مِنْهُمْ فَأُنْظِرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكذِبِينَ ﴿٣٥﴾

26. Jukira mu kiseera (Nnabbi) Ibrahimu bwe yagamba kitaawe n'abantu b'ekibiina kye: Mazima nze (nneesambye era) njawukanye kw'ebyo bye musinza (ebitali Katonda);

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِ إِنَّنِي بَرَاءٌ مِمَّا تَعْبُدُونَ ﴿٣٦﴾

27. Wabula (nja kusinza) Oyo eyantonda, (kubanga) mazima Ye ajja kunnu-ngamya (mu kkubo ettuufu).

إِلَّا الَّذِي فَطَرَنِي فَإِنَّهُ سَيِّدُنِي ﴿٣٤﴾

28. N'akifuula Ekigambo eky'okusigalawo mu (baana ne mu) bazzukulu be oba olyawo ne badda gye kiri (ekigambo ekyo eky'Okwawula Katonda).

وَجَعَلَهَا كَلِمَةً بَاقِيَةً فِي عَقْبِهِمْ لَعَلَّكُمْ يُرْجَعُونَ ﴿٣٨﴾

29. Wabula neeyagaza bano ne bakadde baabwe okutuusa Amazima lwe gabajjidde n'omubaka abannyonyola (mu bukakafu).

بَلْ مَتَّعْتُ هَؤُلَاءَ وَآبَاءَهُمْ حَتَّىٰ جَاءَهُمُ الْحَقُّ وَرَسُولِهِ مُبِينٌ ﴿٣٩﴾

30. Kyokka Amazima bwe gaamala okubajjira, ne bagamba nti: Lino ddogo, era ddala ffe tubiwakanyizza: (bwe batyo ne balemera ku bukafiri).

وَلَمَّا جَاءَهُمُ الْحَقُّ قَالُوا هَذَا سِحْرٌ وَإِنَّا بِهِ كَافِرُونَ ﴿٤٠﴾

29. Wano Katonda ategeza nga bwe yeeyagaza n'atebenkeza Abawarabu abatuuze b'omu Makka ne bakadde baabwe olw'ebyengera bye yabawa, okutuusa Kuraane lwe yakka ebayita okudda eri Amazima, eyajja n'omubaka Nabbi Muhammadi n'aba nga abakoowola wamu n'okubannyonyola ekigambo ky'okukkiriza Katonda Omu.

30-31. Abawarabu abaali bagubidde ku kusinza amasanamu, kale Obubaka bwe bwabatimirwa mu Kuraane ne balemwa okutegeera obutukuvu n'amaanyi gaabwo n'obuyinza Nabbi Muhammadi bwe yali ababuulira nabwo, olwo bo kwe kugamba nti eddogo lye lyali limwogeza era nga lye limuwaga.

31. Ne bagamba nti: Singa Kuraane eno yassibwa ku musajja ow'ekitiibwa ali mu kimu ku bibuga (byaffe ebikulu) ebibiri?

وَقَالُوا لَوْلَا نُزِّلَ هَذَا الْقُرْآنُ عَلَى  
رَجُلٍ مِّنَ الْقُرَيْشِيِّينَ عَظِيمٍ ﴿٣١﴾

32. (Katonda n'abaddamu nti): Abaffe bo be bagaba okusaasira kwa Katonda (ne bawa oyo gwe baagadde ate ne bamma gwe baagadde)? Ffe twagabanya wakati waabwe enfuna yaabwe (ebabeezaawo) mu bulamu bw'ensi, ne tusitula abamu waggulu wa bannaabwe mu madaala (n'olwekyo) abamu balyoke bafuule bannaabwe abaweereza (olw'okwetaaga gye bali); n'okusaasira kwa Mukama wo kwe kusinga obulungi okusinga ebyo bye bakunngaanya.

أَهْمُ لِقَائِهِمْ مِّنْ رَّحْمَتِ رَبِّكَ تَخَوَّنَ  
بَيْنَهُمْ مَعِيشَتَهُمْ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَ  
رَفَعْنَا بَعْضَهُمْ فَوْقَ بَعْضٍ دَرَجَاتٍ لِّيَتَذَكَّرَ  
بَعْضُهُمْ بَعْضًا سَخِرَ لِيَاوُدَ وَرَحْمَتِ رَبِّكَ  
خَيْرٌ مِّمَّا يَجْمَعُونَ ﴿٣٢﴾

33. Singa tekyali kya (kutya) nti abantu bonna bandibeera ekibiina kimu (ab'ekinywi mu bukafiiri n'obwo-noonyi), twanditeereddewo abo abawakanya Katonda Omusaasizi, obusolya bwa feeza ku mayumba gaabwe ne ku madaala ge balinnyirako,

وَلَوْلَا أَن يَكُونَ النَّاسُ أُمَّةً وَاحِدَةً  
جَعَلْنَا لِمَن يَكْفُرُ بِالرَّحْمَنِ لِيُوقِعَهُمْ  
سُقُوطًا مِّنْ فَضْلِهِ وَمَعَارِجَ عَلَيْهَا يَظْهَرُونَ ﴿٣٣﴾

34. Era nga n'enzi z'amayumba gaabwe n'ebitanda bye bandyesigamyengako (nga bya feeza),

وَلِيُوقِعَهُمْ أَلْبَابًا وَسُرًّا عَلَيْهَا يُتَكُونُونَ ﴿٣٤﴾

Mu ndowooza yaabwe ku by'ensi byokka wamu n'obunyoomi bwe baalina ku Nabbi, kuba yali mwavu omuwejere atalina bitiibwa na mmaali, beebuza lwaki Kuraane teyassibwa ku mukungu nmagaga yenna omutuuze mu kimu ku bibuga byabwe ebikulu ebibiri Makka ne Twa ifa.

32. Amakulu, abo abawakanya ebifa ku kugera kwa Katonda tebalina buyinza bugabira bubaka muntu yenna. Katonda yek ka y'amanyi oyo asaanira obwannabbi era Katonda ye yagabanya wakati w'abantu enfuna yaabwe, abamu ne baba nga basinga bannaabwe mu mmaali, ebitone n'ebitiibwa kuno ku nsi.

Kyokka bwo obwannabbi n'ebyo ebirungi ebivaamu nga okulungama n'okulongooka kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma bye bisinga eyo emmaali gye mukunngaanya kuno ku nsi n'ebitiibwa byakwo; kubanga byonna ebyo bya kuggawo.

33. Singa tekwali kutya nti abantu bonna awamu nga mw'otwalidde n'abalongoofu nti bandi-kaafuwala olw'okulaba abakafiiri nga bali mu byengera ebityitirivu n'okweyagala, Katonda yandi-wadde buli oyo yenna eyandigaanye okukkiriza, emmaali nfaafa ne kiba nga n'obusolya bw'amayumba gaabwe n'amadaala kwe balinnyira nga bya feeza.

35. Era twandibawadde buli kyakwe-wunda kya zzaabu. Naye mazima ebyo byonna bya kweyagala kiseera kya bulamu bwa ku nsi (bwokka). N'empeera y'Oluvannyuma eri awali Mukama wo y'abatya Katonda.

وَرُحْرُقًا وَإِنْ كَلَّ ذَلِكَ لَنَا مَاءٌ  
الْحَيَوَاتِ وَاللَّيَالِي وَالْأَجْرُ عِنْدَ رَبِّكَ  
الْمُتَّقِينَ ﴿٣٥﴾

36. N'omuntu eyeezibya amaaso ku Kuraane ya Katonda Omusaasizi (n'atagisoma kukwata bigirimu na kugigoberera), tumuteekako Sitaane (amubuza) naye n'abeera munywanyi we bwe batatannanga.

وَمَنْ يَعِشْ عَنْ ذِكْرِ الرَّحْمَنِ نَفِيضٌ  
لَهُ شَيْطَانًا فَهُوَ لَهُ قَرِينٌ ﴿٣٦﴾

37. Mazima (basitaane) babaziyiza okukwata Ekkubo (eggolokofu) ne (babula nga) balowooza nti mazima bo balungamu;

وَاللَّهُمَّ لِيَصِدْ وَأَلْهَمَّ عَنِ السَّبِيلِ وَ  
يَحْسَبُونَ أَنَّهُم مُّهْتَدُونَ ﴿٣٧﴾

38. Okutuusa (omuntu ow'ekika ekyo) lw'aliba atujjidde, n'agamba (munywanyi we) nti: Abange nze, singa wabadde wakati wange naawe ebbanga eggwanvu (ddala) nga (eryo) eriri wakati w'e Buvanjuba bwombi! Asinga obubi abeerwa naye ye ggwe (Sitaane)!

حَتَّىٰ إِذَا جَاءَنَا قَالَ يَا لَيْتَ بَيْنِي وَ  
بَيْنَكَ بُعْدَ الْمَشْرِقَيْنِ فَبِئْسَ الْقَرِينُ ﴿٣٨﴾

39. (Katonda alibagamba nti): Tewali kijja kubagasa olwa leero okuva lwe mweryazaamaanya mwekka, mazima mmwe mujja kuba mu bibonyobonyo nga mwegasse wamu.

وَلَنْ يَنْفَعَكُمُ الْيَوْمَ إِذْ ظَلَمْتُمْ أَنَّكُمْ  
فِي الْعَذَابِ مُشْتَرِكُونَ ﴿٣٩﴾

40. Abaffe, gwe (Muhammadi) oyinza okuwuliza kiggala atawulira oba okulunganya muzibe atalaba n'oyo abeera nga ali mu bubuze obweyo-lefu?

أَفَأَنْتَ تُسْمِعُ الصُّمَّ وَتَهْدِي الْأَعْمَى  
وَمَنْ كَانَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٤٠﴾

38. Abo abatafaayo kugoberera Kuraane kati kuno ku nsi, bwe baliba balabye ebibonyobonyo ku Lunaku Lw'enkomerero balyejjusa ne bawanjaga bwe bagamba singa tebaamanyagana n'akatono na sitaane n'alemwa okubabuza. Mu kiseera ekyo balyekokkola sitaane mu kwejjusa sso nga okwejjusa kwabwe kuliba tekuyabagasa.

"E Buvanjuba bwombi" kinnyonyolwa bulungi mu kawaayiro akannyonnyola aya eye 17, mu Ssuula Ar-Rahmaan (SS).

41. Oba mazima wadde ka tukutwale (tukutte ove mu nsi nga tetunnababonereza, tobaamu na kutankana) ddala Ffe tuli ba kubabonereza,
- وَأَمَّا أَذْهَبَنَّ بِكَ فَأَكْأَمُهُمْ مِّنْ سَمِقُونَ ﴿٤١﴾
42. Oba tunaakulaga (Ggwe Muhammadi) ebyo bye twabalagaanyisa (nga tonnafa); kubanga mazima Ffe tubasobola (mu buli ngeri).
- أَوَلَيْسَ لَكَ الذِّمَى وَعَدْنُهُمْ فَإِنَّا عَلَيْهْم مُّقْتَدِرُونَ ﴿٤٢﴾
43. Kale weenywereze kw'obwo (Obubaka) obwakuweerezebwa. Mazima ggwe oli ku Kkubo Eggolokofu.
- فَأَسْمَسُكُ بِالَّذِي أَوْسَىٰ إِلَيْكَ آتَاكَ عَلَىٰ صِرَاطٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٤٣﴾
44. Era mazima yo (Kuraane) kitiibwa kyo (Ggwe Muhammadi) n'ekibiina kyo; kyaddaaki mulibuuzibwa (engeri Kuraane gye mwagikozesa).
- وَأِنَّهُ لَذِكْرٌ لَّكَ وَلِقَوْلِكَ وَسَوْفَ لُنَعْلَمُونَ ﴿٤٤﴾
45. Buuza (Ggwe Muhammadi) Abo be twatuma oluberyeberye lwo mu babaka Baffe (nti): Twatekawo abalala abatali Katonda Omusaasizi (nga) bakatonda abasinzibwa?
- وَسَأَلْنَا مَنْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رُسُلِنَا أَجَعَلْنَا مِنْ دُونِ الرَّحْمَنِ إِلَهًا يُعْبَدُونَ ﴿٤٥﴾
46. Era mazima twatuma Musa n'obubonero Bwaffe eri Fir'auna n'abakungu be, n'abagamba nti: Ddala nze ndi mubaka wa (Katonda) Omulezi w'ebitonde.
- وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَوَلَدَيْهِ فَقَالَ إِنِّي رَسُولُ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٦﴾
47. Wabula bwe yamala okubajjira n'obubonero Bwaffe, okwejjuuriza nga bo babusekerera (ku lw'okubunyooma).
- فَلَمَّا جَاءَهُمْ بِآيَاتِنَا إِذَا هُمْ مِّنْهَا يَكْفُرُونَ ﴿٤٧﴾
48. Tetwalaganga kyamagero (kyonna) mu byamagero Byaffe wabula (buli
- وَمَا نُرِيدُهُمْ مِنْ آيَةٍ إِلَّا هِيَ أَكْبَرُ مِنْ

41. Abatakkiriza b'omu Makka baakijanya nnyo Nabbi wamu n'okumuyigganya ne basala enkwe nga baagala oba bamuwannanguse okumuggya mu maka ge, oba bamusibe oba bamutte. Katonda kwe kugumya Muhammadi nti mu buli ngeri yonna yali wa kubabonereza abattattanire ddala n'ebibonerezo ku lw'ebibi bye baakola ku Nabbi awamu n'okuwakanya eddiini.

44. Kale ng'Obubaka obw'amazima, Kuraane yali essiddwa ng'ekyokulungangama eri Nabbi n'abantu be. Ate okuva lwe yassibwa mu Luwarabu ku Bawarabu bannannyini tulimi otwo, yali esitula ekitiibwa kyabwe n'ebafuula ab'okujjikirwa mu byafaayo oluvannyuma lw'okufa kwabwe.

kimu) kyalinga nga kye kisinga obunene ku kinnaakyo (ekyasoose, awamu n'ekyo ne batakkiriza), ne tubatuusaako ebibonyobonyo (ebya buli ngeri kinnakimu), oba olyawo ne baddirira.

﴿٣٨﴾ أَخْتِمًا وَآخِرًا وَأَخَذْنَاهُم بِالْأَعْدَابِ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ

49. (Bwe baabanga mu kibonyobonyo) ne bagamba (Musa nga bamuwanjagira) nti: Owange ggwe omulogo (omumanyirivu)! Tusabire Mukama wo n'ebyo bye yakulagaanya by'olina (atuggirewo ekibonyobonyo kino); (bw'anaakikola) mazima ffe tujja kulunggama.

﴿٣٩﴾ وَقَالُوا يَا أَيُّهَا السَّحَرَاءُ ادْعُوا لَنَا رَبَّكَ بِمَا عَهِدَ عِنْدَكَ إِنَّا نَأْتِيكَم مَّقْتَدُونَ ﴿٣٩﴾

50. Wabula bwe twamalanga okubaggyako ebibonyobonyo (ebyo) okwejuukiriza nga bo bamenye endagaano (gye baalagaanyizza, ng'ate embeera eddayo nga bwe yabadde).

﴿٤٠﴾ فَكَلَّمْنَا كَسْفًا وَعَنْهُمْ الْعَادَابَ إِذَا مُمٌّ يَنْكُتُونَ ﴿٤٠﴾

51. Olwo Fir'auna n'alangirira mu kibiina kye n'agamba nti: Abange kibiina kyange! Ssi bwange obwakabaka bwa Misiri na gino emigga egikulukutira wansi wange? (Ki nate)! Abaffe temuababa?

﴿٤١﴾ وَنَادَى فِرْعَوْنُ فِي قَوْمِهِ قَالَ يَا قَوْمِ أَلَيْسَ لِي مُلْكُ مِصْرَ وَهَذِهِ الْأَنْهَارُ تَجْرِي مِن تَحْتِي أَفَلَا تُبْصِرُونَ ﴿٤١﴾

52. Oba si nze mulungi okusinga oyo (Musa) oyo ye anyoomwa kumpi (atasobola) na kunnyonnyola (bigambo mu ngeri ematiza)?

﴿٤٢﴾ أَمْ أَنَا خَيْرٌ مِّنْ هَذَا الذِّي هُوَ مَيِّنٌ وَلَا يَكْفُرُ يَوْمَهُنَّ ﴿٤٢﴾

53. Kale lwaki tayambazibwa ebikomo ebya zaabu, oba (lwaki) tebajja awamu naye bamalayika abamuwe-rekera (oba ddala mubaka wa Katonda)?

﴿٤٣﴾ فَالْوَالِي عَلَىٰ أَسْوَدَ مِنْ ذَهَبٍ أَوْجَاءٌ مَعَهُ الْمَلَايِكَةُ مُقَدَّرِينَ ﴿٤٣﴾

52. Wadde nga Nnabbi Musa yali Muisraili, eggwanga eryali linyoomwa mu Bamsiri era nga munanaagize, naye olw'obwannabbi bwe n'okubeera omwagalwa a wali Katonda yali ali ku ddaala lya kitiibwa okusinga Fir'auna. Kyokka ye Fir'auna okumuyita owa wansi: ensonjogo yayagala kubuzaabuzaba bagoberezi be na kweteeka ku ddaala erya waggulu abaloozose nti by'ayogera bituufu, sso nga mu mazima ne Fir'auna ye kennyini yali amanyi ekitiibwa kya Musa n'arnazima ge.

54. (Bw'atyo Fir'auna) n'agonza ekibiina kye (n'abasiriwaza, nabo) ne bamugondera. Mazima bo baali kibiina ekyonoonyi (ekijeemu ennyo eri Katonda).

فَأَسْحَفَتْ قَوْمَهُ فَأَطَاعُوهُ إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٥٧﴾

55. (Oluvannyuma ennyo) bwe baamla okutunyiiza, ne tubakangavvula ne tubasaanyawo bonna (mu nnyanja, ennyanja n'ebabuutikira).

فَلَمَّا أَسْقَمُوا اتَّقَمْنَا مِنْهُمْ فَأَعْرَفْتَهُمْ فَأَخْرَجْنَاهُمْ مِّنْهَا

56. Ne tubafuula (abantu abafumwa obufumwa) abaayita era (ne baba) ekyokulabirako n'okugerezaako eri abalijja oluvannyuma.

فَجَعَلْنَاهُمْ سُلَفًا وَمَثَلًا لِّلْآخِرِينَ ﴿٥٨﴾

57. Bwe kyamala okukubirwa ekifaananyi ku (Nabbi Issa) mutabani wa Mariyamu, okwejjjuukiriza nga ab'ekibiina kyo (Ggwe Muhammadi) nga baleekaanira waggulu.

وَلِنَّا صِرَاطَ ابْنِ مَرْيَمَ مَثَلًا إِذْ أَوْفَاهَا وَهِيَ يُصَدِّدُونَ ﴿٥٩﴾

58. Ne bagamba nti: Abaffe bakatonda baffe be basinga obulungi oba ye (Issa)? Tebakugereza (kifaananyi) ekyo wabula ku lwa kuwalaaza mpaka (kyokka). Nedda, wabula bo kibiina ekiwakanyi.

وَقَالُوا أَلَيْسَ الْهُنَا خَيْرٌ مِّمَّا هُوَ مَا صَرَّفْنَاهُ لَكِ الْإِجْدَالَ بَلْ هُمْ قَوْمٌ خَصِمُونَ ﴿٦٠﴾

59. Tali ye (Issa) wabula muddu (wa Katonda) gwe twagabira (obwa-

إِنَّ هُوَ إِلَّا عَبْدٌ أَنْعَمْنَا عَلَيْهِ وَجَعَلْنَاهُ

57. Nabbi Issa mutabani wa Mariyamu yali muntu era Nabbi wa Katonda eyatumwa mu Bayudaaya. Amasinzizo agamu (amakerezia n'amakanisa) agajjawo oluvannyuma lwe ne bamu-sinza nga "Katonda" ate mu ngeri endala nga "Omwana wa Katonda". Olw'ekyo abakafiiri mu Bawarabu nga bamutwala okuba nga bakatonda baabwe olw'okuba yali asinzibwa abantu be.

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yasomera Abakuraish aya egamba nti: "Mazima mmwe n'ebyo bye musinza ebitali Katonda, muli nku za muliro". Abakafiiri ne banyitga, omu ayitibwa Ibn Al-Zubaaaryi n'agamba nti: "Ssi ggwe ogamba nti: Issa Mutabani wa Mariyamu Mubaka wa Katonda ate wamu ne nnyina n'omutenda nga bwe yali omulongoofu; ate nga mazima okimanyi nti Abakri-staayo babasinza? Nga ne Nabbi Uzairu bamusinza ne barnalayika? Mazima bwe baba abo nga ba kugenda mu muliro naffe tusiimye kuba nabo wamu ne bakatonda baffe". Awo abakafiiri ne bayoogana nga baseka.

Katonda awo n'assa aya egamba nti: "Mazima bwakulembera obulungi bwabwe okuva gye Tuli; Abo bali wala nagwo (omuliro)". Era ne aya eno yennyini n'ekka ng'etegeeza amakulu nti: "Ibni Al-Zubaaaryi bwe yakuba ekifaananyi ku Issa mutabani wa Mariramu nti naye wa kuyingira Muliro olw'okuba Abakristaayo bamusinza. okwejjjuukiriza nga ab'ekibiina kyo ggwe Muhammadi Aba-kuraishi (abatakkiriza) nga basanyuka eno bwe baseka ku lw'ekyo kye bawulidde.

nabbi) ne tumufuula ekyokulabirako eri Abaana ba Israaili.

60. Singa twali twagadde twandifudde abamu mu mmwe bamalayika abasikiragana mu nsi (nga bwe musikiragana mmwe abantu).
61. Era mazima ye (Issa) kabonero akaliraga Ekiseera Ky'enkomerero nga bwe kiriba (kisembedde) okumpi. N'olw'ekyo temukibusuabusangamu (nti tekiriyo), wabula mungoberere. Lino ly'ekkubo eggolokofu.
62. Era sitaane tabaziyizanga (okugoberera ekkubo eggolokofu). Mazima ye mulabe wammwe ow'olulango.
63. (Nabbi) Issa bwe yajja n'ebyamagero ebinnyonyofu (ebiraga obuyinza bwa Katonda), n'abagamba nti: **Mazima mbajjidde n'amateeka amanyweevu, era (mbajjidde) mbannyonyole ebimu mw'ebyo bye mwawukanamu (mu bigambo by'eddiini).** Kale mutye Katonda, era munngondere.
64. Ddala Katonda Ye ye Mukama wange era ye Mukama wammwe. Kale mumusinze. Lino ly'ekkubo eggolokofu.

مَثَلًا لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ ٥٩

وَلَوْ نَشَاءُ لَجْعَلْنَا مِنْكُمْ مَلَائِكَةً فِي  
الْأَرْضِ يَخْلُقُونَ ٦٠

وَإِنَّهُ لَعَلْمٌ لِلسَّاعَةِ فَلَا تَمُوتُنَّ بِهَا  
وَالْبَعُونُ هَذَا إِصْرًا مَسْتَقِيمٌ ٦١

وَلَا يَصْدُقُكُمْ الشَّيْطَانُ إِنَّهُ لَكُمْ  
عَدُوٌّ مُّبِينٌ ٦٢

وَلَمَّا جَاءَ عِيسَى بِالْبَيِّنَاتِ قَالَ قَدْ  
جِئْتُكُمْ بِالْحِكْمَةِ وَرَبِّينَ لَكُمْ بَعْضَ  
الَّذِي تَخْتَلِفُونَ فِيهِ فَاتَّقُوا اللَّهَ  
وَأَطِيعُوا ٦٣

إِنَّ اللَّهَ هُوَ رَبِّي وَرَبُّكُمْ فَاعْبُدُوهُ  
هَذَا إِصْرًا مَسْتَقِيمٌ ٦٤

61. Obujulizi bwakakata okuva ku Nabbi Muhammadini nga Nabbi Issa Masihi bw'agenda okukka nga Ekiseera Ky'enkomerero kisemberedde okutuuka, abere omukulembeze omwenkanya ali ku mateeka ga Nabbi Muhammadini. Aliggyawo enzikiriza ez'obulimba ze bamujwetekamu, nga bamusinza alongoose abantu ku lw'eddiini y'Obusiraamu ekkiririza mu Bwomu bwa Katondaeddiini entuufu Kuraane gy'eyigiriza.

65. Oluvannyuma lwa Nabbi Issa (emirembe gibe ku ye) okutwalibwa mu ggulu, abantu beetemamu ebibinabiina—abamu ne bakakasa nti Issa muddu wa Katonda, era nga ago go ge mazima. Abalala ne bagamba nti Issa Katonda ddala, ate nti mwana wa Katonda. Sso nga Katonda Ye yeeyawula mu Bwokatonda Bwe, tazaala era teyazaalibwa. Era Ye Muyinza, akola buli kintu mu ngeri yonna nga bw'akyagala. Abo abalyazaamaanya amazima mu bigambo ebikwata ku Issa balina ebibonerezo ebisukkirivu mu maaso ga Katonda. Nabbi Issa (a.s.) ye tayinza kwesukkulumya ne yeggya mu ddaala ly'okuba omuddu wa Katonda ne yeeteeka mu ddaala ly'okuba omwana wa Katonda oba okuba Katonda.

65. Kyokka ebibiinabiina ne byawukanamu wakati waabwe bokka na bokka. (N'olw'ekyo), okubonaabona kuli kw'abo abaalayazaamaanya (amazima) nga bali mu bibonyobonyo ebiruma mu Lunaku (Oluzibu)!  
 فَاتَّخَذَ الْأَحْزَابُ مِنْ بَيْنِهِمْ قُوِيْلًا لِّذَلِيْنَ ظَلَمُوا مِنْ عَدَاِبِ يَوْمِ الْيَوْمِ ﴿٦٥﴾
66. Balindirirayo (ekirala kyonna) mpozzi Ekiseera Ky'enkomerero okubatuukako ekibwaturira, nga nabo tebamanyi?  
 هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا السَّاعَةَ أَنْ تَأْتِيَهُمْ بَغْتَةً وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٦٦﴾
67. Abaali ab'omukwano (ku nsi) mu Lunaku Olwo abamu baliba balabe ba bannaabwe, okuggyako abatya Katonda.  
 الْأَخْلَاءُ يَوْمَئِذٍ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ عَدُوٌّ إِلَّا الْمُتَّقِينَ ﴿٦٧﴾
68. (Katonda) alikoowoola (abo abaa-mutyanga ku nsi) nti: Abange abaddu Bange (abawulize)! Temulina kutya mmwe Olwa leero era temuli mmwe ba kunakuwala:  
 يُعْبَادُ الْأَخْوَفَ عَلَيْهِمُ الْيَوْمَ وَلَا أَنْتُمْ تَحْزَنُونَ ﴿٦٨﴾
69. Abo abakkiriza ebigambo Byaffe ne babeera Abasiraamu (abeewaayo gye Tuli).  
 الَّذِينَ آمَنُوا بِآيَاتِنَا وَكَانُوا مُسْلِمِينَ ﴿٦٩﴾
70. Musingire Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) mmwe ne bakyalabammwe nga mweyagala.  
 ادْخُلُوا الْجَنَّةَ أَنْتُمْ وَأَزْوَاجُكُمْ تُحْبَرُونَ ﴿٧٠﴾
71. Ziribeetooloozebwanaga essaane eza zaabu n'eggiraasi; ate muli mu yo ebyo emyoyo bye gyagala era ebivoomera amaaso. Nammmwe muliba lubeerera mu yo (Ejjana—temuli ba kuvaamu).  
 يُطَافُ عَلَيْهِمْ بِصِحَابٍ مِنْ ذَهَبٍ وَأَكْوَابٍ وَفِيهَا مَا تُشْتَهَى الْأَنْفُسُ وَتَلَذُّ الْأَعْيُنُ وَأَنْتُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٧١﴾

67. Ekitegeezebwa wano kiri nti abo abaali ab'emikwano ku nsi abaa wanagananga mu kukola ebibi n'okujcemera Katonda, ku Lunaku lw'ekiyaama bagenda kuba balabe ba bannaabwe, nga bali mu kuyombagana bwe banenyagana mu kugambangana nti "Ggwe wambuzaa.... ggwe wakola ki ...." sso nga ku nsi ebyo baali tebabiraba era nga beesulirayo ggwa nnagamba ku Bubaku bwa Katonda.

Abo bokka abaa wanagananga ku lw'okutya Katonda ne beegatta ku kusitula n'okutwala mu maaso cddiini ya Katonda n'okumugondra be baliba mu kwesiima.



72. N'eyo y'Ejjana (Ennyumba Ey'emi-rembe) gye musikiziddwa ku lw'ebyo (ebikolwa ebirungi) bye mwali mukola (ku nsi).  
وَتِلْكَ الْجَنَّةُ الَّتِي أُورِثْتُمُوهَا بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٤٢﴾
73. Mulina mu yo ebibala bingi (ebya buli ngeri) bye munaalyako  
لَكُمْ فِيهَا فَاكِهَةٌ كَثِيرَةٌ مِنْهَا تَأْكُلُونَ ﴿٤٣﴾
74. (Ate) ddala (bo) abonoonyi bali mu bibonyobonyo bya muliro Jahanama nga ba kuba lubeerera (mu gwo) si ba kuvaamu:  
إِنَّ الْمُجْرِمِينَ فِي عَذَابٍ بِهَمٍّ خَالِدُونَ ﴿٤٤﴾
75. (Ebibonerezo) si bya kuweczabwako ku bo, nabo balikutuka n'okusubira (okuwona nga bali mu byo).  
لَا يَفْتَرِعْنَاهُمْ وَهُمْ فِيهِ مُبْسُونَ ﴿٤٥﴾
76. Ffe tetwabalyazaamaanya. Naye bo be baali abalyazaamaanyi (ku lw'okujeeamera Katonda).  
وَمَا ظَلَمْنَاهُمْ وَلَكِنْ كَانُوا هُمُ الظَّالِمِينَ ﴿٤٦﴾
77. (Abali mu muliro) ne bakoowoola (Malayika akuuma omuliro) nti: Owange Maaliku! Mukama wo atulamulire okufa (tuweereko ku bulumi). (Maaliku n'abaddamu) n'abagamba nti: Mazima mmwe muli ba kugutuulamu lubeerera!  
وَنَادُوا إِلَيْنَا لِيُقِضَ عَلَيْكَ رَبُّكَ قَالَ إِنَّكُم مَّا كُنْتُمْ ﴿٤٧﴾
78. (Kubanga) ddala Ffe twabaleetera Amazima; naye mazima abasinga obungi mu mmwe (mwalinga) abaatamwa Amazima.  
لَقَدْ جِئْتُمْ بِالْحَقِّ وَلَكِنَّ أَكْثَرَكُمُ لِلْحَقِّ كَرِهُونَ ﴿٤٨﴾
79. Oba banywezezaawo (abatakkiriza abo) ekigambo (ky'okwonoona Amazima n'okugakotoggera)? Naffe mazima tunywezeza (ekigambo ky'okugataasa).  
أَمْ أَبْرَمُوا أَمْ آتَانَا مَبْرُؤُونَ ﴿٤٩﴾
80. Oba balowooza nti mazima Ffe tetuwulira byama byabwe n'enteesa zaabwe? Ssi bwe kiri (wabula tubiwulira), n'ababaka Baffe (bama-layika) abali we bali bawandiika (byonna ebyo).  
أَمْ يَحْسِبُونَ أَنَّا لَنَسْمَعُ سُرُسَهُمْ وَنَبْؤُهُمْ بَلْ وُرْسَلْنَا لَدَيْهِمْ كِتَابُونَ ﴿٥٠﴾

81. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Abeera kuba (Katonda) Omusaasizi nga alina omwana ddala ffe (Abasi-raamu) ffe twandibadde ab'olube-ryeberye okumusinza (kubanga ffe twewaayo eri Katonda, naye tewali bujuluzi bukakasa ekyo).
82. Ayawulwa (Katonda) Omufuzi w'eggulu n'ensi. Omufuzi wa *Al-Arush*i—kw'ebyo bwe bamwogerako (nti alina omwana)!
83. Kale baleke babbire (mu Bulimba) era bazannye okutuusa lwe balisanga Olunaku lwabwe olwo lwe baalagaa-nyisibwa (Olunaku Lw'enkomerero buli muntu lw'alisasulwa ekyo kye yakola).
84. Ne (Katonda) Y'oyo Oyo Katonda mu ggulu era ye Katonda mu nsi. Naye ye Mukakasa, Amanyi.
85. Era yatukula Oyo Nnannyini Bufuzi bw'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri; ne w'Ali we wali okumanya Ekiseera Eky'enkomerero (ddi lwe kirituuka) era nga ne gy'Ali (mwenna) gye mulizzibwa.
86. Era abo be basinza abatali Katonda tebalisobola kuwolereza (abo abaa-basinza) okuggyako (aliwolereza yekka) y'oyo eyajulira Amazima (nti Katonda Ali Omu) nabo nga bama-ny'i (nti ge mazima).
87. Naye bw'oba nga obabuuzizza, nti ani yabatonda? Bajja kugambira ddala nti: Katonda. Kale ngeri ki bwe bakyuuka (ne bava ku kusinza Katonda cyabatonda ate ne basinza ebitali Ye)?

قُلْ إِنْ كَانَ لِلرَّحْمَنِ وَلَدٌ فَأَنَا أَوَّلُ الْعَبِيدِ ۝٨١

سُبْحَانَ رَبِّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ رَبِّ الْعَرْشِ عَمَّا يَصِفُونَ ۝٨٢

قَدْ رُهِمَ يُحْضَوْنَ وَيَعْبُوهَا حَتَّىٰ يُلْقُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي يُوْعَدُونَ ۝٨٣

وَهُوَ الَّذِي فِي السَّمَاءِ إِلَهٌ وَفِي الْأَرْضِ إِلَهٌ وَهُوَ الْحَكِيمُ الْعَلِيمُ ۝٨٤

وَتَبَارَكَ الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا وَعِنْدَهُ عِلْمُ السَّاعَةِ ۝٨٥ وَالَّذِي يُرْجَعُونَ ۝٨٦

وَلَا يَمْلِكُ الَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ الشَّفَاعَةَ إِلَّا مَنْ شَهِدَ بِالْحَقِّ وَهُمْ يَعْلَمُونَ ۝٨٦

وَلَمَّا سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَهُمْ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ فَأَلَّىٰ يُوَفَّقُونَ ۝٨٧



## EBIFA KU SSUULA AD-DUKHAAN MU BUFUNZE (44)

N'eno y'emu ku Ssuula ezo ezakkira e Makka mu myaka egy'omu masekkati—ebbanga Nabbi lye yamala ng'afuna Obubaka naye nga tannasengukira Madiina. Eyi-tibwa *Ad-Dukhaan* okuva ku kigambo ekiri mu aya 10. Mu biro we yakkira abatuuze b'omu Makka baali beeremedde ddala ku butakkiriza nga kwe batadde n'okujoonya Nabbi n'abagoberezi be, ekyo ekyatuusa ne Nabbi okusaba Katonda nti: "Ayi Katonda nnyamba onziruukirire oleete enjala okufaanako n'eyo cy'omu biro bya Nabbi Yusufu." Yasaba atyo nga alowooza nti enjala ey'ekigero ekyo bw'neegwa mu bantu be, oba olyawo bandidda eri Katonda ne bamukkiriza n'emitima gyabwe nga gikongobazibwa ne bagonda. Ne Katonda yayanukula okusaba kwe enjala ddekabusa n'eggwa mu Makka n'eyandaakalaza abatuuze baamu. Oluvannyuma abakungu mu Bakuraish nga ne Abu Sufyaane mwali baagonda eri Nabbi (s.a.w.) ne bamusaba awanjagire Katonda aggye ku bantu be ekikoligo ky'enjala. Awo nno Katonda kwe kussa Essuula eno.

Obubaka obugirimu naddala butiisa ne bulabula abantu b'omu Makka bwe buti:


- (1) Mwerimbye mmwe abantu b'omu Makka okulowooza nti Kuraane Muhammadi ye yagigunjawo sso nga kyo kitabo ekyejulira olw'ebyo ebikirimu nti tekyagunjabwawo muntu okuggyako Katonda.
- (2) Munyoomerera Ekitabo Kuraane, ne mukitwala nga mmwe abagwiriddwako ekikwa olw'okugibassiza, ssonga kyengera kya nsusso Katonda okubatumira Omubaka We n'Obubaka.
- (3) Mubuguyadde ne mwerimba nti mujja kulwanyisa Omubaka n'Obubaka mubire-mese, sso nga ddala Ekitabo Kuraane kyassibwa n'Omubaka n'atumbiwa mu Kiseera ekyo kyennyini Katonda w'agerekera ebijja okubaawo era nga engereka n'okusalawo kwa Katonda si biyabayaba ebiyinzika okukyusibwa ne bikolera ku kwagala kw'omuntu; era nga tebyesigamizibwa ku ntobo njabirivu nti byandibaamu akasobo konna wadde obuzigamu—n'olwekyo si bya kusaagisa.
- (4) Mmwe bennyini mukkiriza ne mukakasa nti Katonda ye Nnyini buyinza ku buli kintu mu nsi ne mu ggulu era ne mukakasa nti obulamu n'okufa y'abifuga, ate ne mulemera ku kusinza ebifaananyi ng'ensonga yokka gye wekwasa kwe kuba nti mwasanga bakadde bammwe bye basinza. Kale oba mumanyi nti Omutonzi ow'obuyinza ali Omu, olwo bwe baba nga bakadde bammwe bali ku nsobi nga nammwe mubagoberera mu buzibi bw'amaaso.—Mu bukakafu nabo Omutonzi waabwe yali Katonda Omu yekka era nga nammwe ye Mutonzi wammwe Oyo gwe musaanye okusinza nga nabo bwe baali bakakagirwa okumusinza.

Obuvunaanyizibwa bwa Katonda, si kwe kubatiisa kyokka wabula n'okubalunngama n'olwekyo kyavudde abatumira Omubaka We n'Ekitabo Kye.

Era kirabika ng'okusaba kwa Nnabbi (s.a.w.) Katonda aleete enjala kwasemberera okufuna ekyagigendererwamu kubanga waliwo mu batakkiriza abaatuuka okusaba nti: 'Ayi Mukama Katonda tuggyeeko ekikoligo ky'enjala eno tulyoke tukkirize.' Wabula mu kudda mu kusaba okwo, Nabbi Ow'ekitiibwa yagambibwa ng'alagulwa nti: 'Abantu bano si ba kuyigira ku bika ngabwa nga bino. Olaba balimbisa Omubaka oyo gwe bamanyi obulungi obulamu bwe, empisa ze n'ebikolwa n'enjogera ze ebyoleka nga bw'ali Omubaka wa Katonda ow'amazima, olwo enjala obuyala ebakkirizise etya? Era abatakkiriza bennyini bakakasibwa nti okwo kwekwasa kwe baliko era bulimba naye eky'okubaggyako enjala si kya kubakkirizisa'. Awo Katonda kyava abawa ekyokulabirako eky'a Fir'auna n'abantu be. Nga mw'ekyo ategeza nga abantu abo bwe baali bagezesebwa

ebikuuno ebya buli kika era n'enjala yennyini ng'Abakuraish bwe bagezesebwa—Era Fir'auna n'Abamisiri baali baatumirwa Omubaka Musa eyalina n'obujulizi obumukakasa nga bw'atumiddwa Katonda, kyokka baumulimbisa ne bamwesibirira bamutte; ne Katonda n'abasaanyaawo.

Essuula ezzaako okukakasa okubaayo kw'Enkomerero n'Obulamu Obw'oluvaannyuma n'Okuzuukira ebyo abatakkiriza b'omu Makka bye baawakanya ne ssekuwakanya nga babuuzza ebibuuzo eby'ekisirusiru bingi—nga ekyokusaba babazuukirize abantu baabwe abaafa olwo balyoke bakkirize. Katonda abaddamu ng'ekyo bwe kitasoboka kukolebwa nga bo bwe basaba kubanga Ekiseera ky'Okuzuukira kyagererwa luberyebye essaawa yaakyo we kirituukira, n'olwekyo balindirire kya kubatuukako. Era essuula ewunzikibwa n'okuyogera ku biribaawo mu Mbuga Ya Katonda ku Lunaku Lw'okulamulwa.



## ESSUULA AD-DUKHAAN (44)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 59

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. HAA MIIM.

حَمْدٌ ١

2. Ndayidde Ekitabo (Kuraane) eki-  
nnyonnyola (buli kintu)—

وَالْكِتَابِ الْمُبِينِ ٢

3. Mazima Ffe twakissa mu Kiro  
Eky'emikisa—Ddala Ffe twali okuva  
ddi na ddi abatuisa (abantu ebibo-  
nerezo Byaffe)—

إِنَّا أَنْزَلْنَاهُ فِي لَيْلَةِ مُبْرَكَةٍ إِنَّا كُنَّا

مُنذِرِينَ ٣

4. Mu (kiro) ekyo mwe mwagerekerwa  
buli kigambo ekikakafa,

فِيهَا يُفْرَقُ كُلُّ أَمْرٍ حَكِيمٍ ٤

5. Nga Kigambo ekiva gye Tuli—  
Mazima Ffe (okuviira ddala olube-  
ryeberye) twali abatuma (ababaka  
n'okubawa ebitabo balyoke balu-  
ngamye abantu),

أَمْرًا مِنْ عِنْدِنَا إِنَّا كُنَّا مُرْسِلِينَ ٥

6. Ku lw'okusaasira okwava eri Mu-  
kama wo: Mazima Ye Awulira,  
Amanyi;

رَحْمَةً مِنْ رَبِّكَ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ٦

7. Omufuzi w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri  
wakati wa byombiriri, bwe muba nga  
mukakasa (Amazima).

رَبِّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا إِنَّ

كُنْتُمْ مُوقِنِينَ ٧

8. Tewali Katonda asinzibwa wabula  
Ye. Awa obulamu era y'abugyawo;  
Ye Mukama wammwe era ye  
Mukama Katonda wa bakitammwe  
(bakadde bammwe) abaasooka.

لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ يُحْيِي وَيُمِيتُ رَبُّكُمْ وَ

رَبُّ آبَائِكُمُ الَّذِينَ ٨

4. Ekitegeezebwa n'Ekiro Eky'omukisa, ky'ekiro ekiri mu mwezi gwa Ramanaane. Laylatul Qadr, Katonda mwe yassiza Quraane.

9. Wabula (bo abatakkiriza) bali mu kubuusuuba, bazannya.
10. Kale lindirira (Ggwe Muhammadi) olunaku eggulu lwe lirireeta Omukka omweyolefu (eri abalabi),
11. Ogulibikka abantu. Kino kya kubeera kibonyobonyo ekiruma.
12. (Olwo baliba bawanjaga): Ai Mukama waffe! Tuggyeeko okubonaabona (kuno). Mazima ffe tujja kukkiriza!
13. Wa gye banaggya okujjukira (ne bakkiriza) nga mazima ddala omubaka abannyonyola (Amazima) yabajjira (n'obujulizi obw'enkukunala ne batakkiriza),
14. Oluvannyuma ne bakyuka okumwawukanako (mw'ekyo eky'okukkiriza) ne bagamba nti: (Muhammadi) ayigirizibwa buyigirizibwa (muntu wabula aleme kutulimba nti Katonda y'amutumira obubaka), era ye mugwi wa ddalu!
15. Mazima Ffe tujja kuggyawo ekibonyobonyo (ekyo okumala) ekiseera kitono, (wabula) mazima mmwe muli ba kubuddamu (obwonoonyi bwammwe n'okuwakanya Obubaka).
16. (Bajjukize) olunaku lwe tulibakwata olukwata olunene ddala Ffe (kw'olwo) tuli ba kubakangavvulira ddala (abatakkiriza)!

بَلْ هُمْ فِي شَكٍّ يَلْعَبُونَ ﴿٩﴾

فَارْتَقِبْ يَوْمَ تَأْتِي السَّمَاءُ بِدُخَانٍ مُّبِينٍ ﴿١٠﴾

يَغشى النَّاسَ هَذَا عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١١﴾

رَبَّنَا اكشِفْ عَنَّا الْعَذَابَ إِنَّا مُؤْمِنُونَ ﴿١٢﴾

أَنِّي لَهُمُ الذِّكْرَى وَقَدْ جَاءَهُمُ رَسُولٌ مُّبِينٌ ﴿١٣﴾

ثُمَّ تَوَلَّوْا عُنُقَهُ وَقَالُوا مَا عَلِمْنَا بِهَذَا مِن بَشَرٍ سِوَى سَفِيهِ لَقَدْ جَاءَنَا بِالْبَيِّنَاتِ بَشَرٌ مِّثْلِكَ وَقَدْ كَفَرْنَا بِهِ قَدْرُ كُفْرَانِكَ وَلَوْ أَنَّهُ لَكُنَّ عَيْنًا حَدِيقًا لَكُنَّ عَيْنًا حَدِيقًا حَرًّا ﴿١٤﴾

إِنَّا كَانَتْ شِقْوَةَ الْعَذَابِ لِقَلِيلٍ لَّزَأْتُمْ عَائِدُونَ ﴿١٥﴾

يَوْمَ نَبْطِشُ الْبَطْشَةَ الْكُبْرَى إِنَّا مُسْتَقِيمُونَ ﴿١٦﴾

10. Katonda yali agamba Nabbi we alindirire enjala ddekabusa eyali ey'okugwa mu Makka. ekutuusa n'abantu lwe balikogga ne basigala magumba na kwerya nkut, n'amaaso ne gatalaba bu-Jungi olw'enjala – Omuntu n'alabanga kibalulu nga alaba ku ggulu kuli ng'okuli omukka ddala.

Ekiseera ekyo kyatuuka enjala n'egwa ya maanyi nnyo okutuusa abantu n'okulya ebisolo ebifudde, era nga omuntu bw'atunula abanga alaba omukka omwereere, nga Katonda bwe yali yalagaanyisa.

17. Mazima twagezesa oluberyeberye lwabwe (bano Abakuraish) ekibiina kya Fir'auna, bwe yabajjira omubaka ow'ekitiibwa (Nabbi Musa),
18. (Ng'agamba): Muzze gye ndi abaddu ba Katonda. Mazima nze ndi mukaba omwesigwa gye muli;
19. Era muleme kwekuluntaliza ku Katonda: Mazima nze nja kubaleetera obujulizi obw'enkukunala (obukakasa nga bwe ntumiddwa Ye).
20. Nze ku lwange nneekingirizza ne Mukama wange era Mukama wammwe, (eri mmwe) obutankuba mayinja
21. Bwe muba nga temunzikirizza, kale mundeke (temumbonyabonya).
22. (Kyokka baamuyigganya ssaako n'okumubonyabonya) kyeyava akoo-woola Mukama we, (n'amugamba nti): Mazima bano kibiina kyonoonyi.
23. (Katonda n'addamu ng'amulagira nti): Tambula mu kiro n'abaddu Bange (Abaana ba Israili, obaggye mu Misiri): kubanga mazima mmwe muli ba kuwonderwa (Fir'auna n'eggye lye).
24. (Bw'omala okusomoka, ggwe n'Abaana ba Israili) gireke ennyanja nga bw'eri (nga ekyetemyemu omuwaatwa), kubanga mazima bo ggye ery'okusaanawo.

وَلَقَدْ فَتَنَّا قَالِمَهُمْ قَوْمَهُمْ فَرَكُونَ وَجَاءَهُمْ رَسُولٌ كَرِيمٌ ﴿١٤﴾

أَنْ أَدُّوا إِلَيَّ عِبَادَ اللَّهِ إِيَّائِي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٥﴾

وَإِنْ لَا تَعْلَمُوا عَلَى اللَّهِ إِيَّائِي أَتَيْكُمْ بِسُلْطٰنٍ مُّبِينٍ ﴿١٦﴾

وَلِيَّ عُدَّتْ بَرِيَّتِي وَرَبِّكُمْ أَنْ تَرْجِعُونِ ﴿١٧﴾

وَلَا أَنْتُمْ تُوْمِنُونَالِي فَاعْتَرِكُونِ ﴿١٨﴾

فَدَعَا رَبَّهُ أَنْ هُوَ لَآءِ قَوْمِهِمْ مُّجْرِمُونَ ﴿١٩﴾

فَأَسْرِعْ بَادِي لَيْسَ لِي أَنْتُمْ مُّتَّبِعُونَ ﴿٢٠﴾

وَإِنَّكَ الْبَحْرُ هُوَ إِلهُهُمْ جُنْدٌ مُّعْرَفُونَ ﴿٢١﴾

24. Nabbi Musa (Alaihi Ssalaamu) n'Abaana ba Israili bwe baatuuka ku Nnyanja Emmyfyu ( Red Sea). Katonda n'amulagira akube ku mazzi n'omuggo gwe, ennyanja n'eryoka yeetemamu amakubo. Musa n'Abaana ba Israili ne bayitamu ne basomoka emitala, olwo Musa n'ayagala akube ku nnyanja omulundi omulala esobole okuddawo nga bwe yabadde, Fir'auna n'eggye lye baleme kubaluma.

Ye Katonda kwe kulagira Musa agireke nga bw'eri kisobozese Fir'auna okweyongera okubawondera nga ayita mu nnyanja: kubanga Katonda yali alindirira Abamisiri nti bwe banauyingira ennyanja, olwo nga ebaabutikira bonna awamu. Fir'auna n'eggye lye. Era bwe kityo bwe kyali.



25. (Kale fumiitiriza) genkanawa ama-  
limiro n'amazzi g'ensulo agakulukuta  
(bye baaleka oluvannyuma lw'oku-  
saanawo mu nnyanja),
26. N'amalimiro n'ebifo eby'ekitiibwa.
27. N'ebyengera bye baalinga beeyagali-  
ramu!
28. Bwe kityo (bwe twabakomekkere-  
reza ddala), ne tubisikiza (ebyali  
ebyabwe) ekibiina ky'abalala (Abaana  
ba Israili).
29. Eggulu teryabakaabira wadde ensi,  
era tebaali ba kulindirizibwa (kaa-  
gaanya nti bagira bakwali ku nsi oba  
olyawo bandirongooka oluva-  
nnyuma).
30. Era ddala twawonya Abaana ba  
Israili mu kubonaabona okunyoo-  
mesa;
31. (Bwe twabawonya) Fir'auna: Mazima  
ye yali ayeegulumiza omuyitirivu  
ow'omu bonooni abayitirivu.
32. Era ddala twabaawula (Abaana ba  
Israili); okusinga ebitonde byonna,  
nga tuggya ku kumanya (Kwaffe),
33. Ne tubaletera (obumu) mu Bubonero  
obwo obwalimu ebigezo ebyeyolefu.
34. Mazima bano (Abakuraish) bagamba  
(nga bwakanya Okuzuukira):
- كَمْ تَرَكُوا مِنْ جَنَّتٍ وَعَيْوُنٍ ۙ (٢٥)
- وَرُؤُوسٍ وَمَقَامٍ كَرِيمٍ ۙ (٢٦)
- وَتَعْبَةٍ كَالُوا فِيهَا فَوْهَيْنَ ۙ (٢٧)
- كَذَلِكَ تَدْوَأُ أَزْوَاجُهُمَا قَوْمًا آخَرِينَ ۙ (٢٨)
- فَمَا بَكَتْ عَلَيْهِمُ السَّمَاءُ وَالْأَرْضُ وَمَا  
كَاوُوا مُنْظَرِينَ ۙ (٢٩)
- وَلَقَدْ نَجَّيْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ مِنَ الْعَذَابِ  
الْمُهِينِ ۙ (٣٠)
- مَنْ فِرْعَوْنُ إِنَّهُ كَانَ عَلِيًّا مِّنَ  
الْمُفْرِينَ ۙ (٣١)
- وَلَقَدْ اخْتَرْنَا لَهُمْ عَلَىٰ عِلْمٍ عَلَى الْعَالَمِينَ  
قُلُوبًا ۙ (٣٢)
- وَأَنبَأْنَاهُمْ مِّنَ الْآيَاتِ مَا فِيهَا بِاللَّوْءِ  
مُبِينٍ ۙ (٣٣)
- إِنَّ هَؤُلَاءِ لَيَقُولُونَ ۙ (٣٤)

32. Mu kitundu kino Katonda ategeezza nga bwe yawu Abaana ba Israili enkizo ku bantu bonna. olw'ekyo Katonda ky'amanyi mu bo. Ne babeera nga be basinga abantu bonna abaalwiwo mu mulembe ogwo okutuusa lwe gwatuusa okuggwaako, olwo Katonda alyoke aleetewo omulala omupya.

Ekyabasuala lwa kubanga baatandika ok wonoonekera ddala ennyo n'okukola ebivve ebva buli ngeri: ngu okwo kwe bayimbatanyirizaa n'okujeemera Obubaka bwa Katonda n'okubuwakanya. Katonda naye kye yava abakakasaaoko obuswawu n'obunyoomoofu n'okubuna emiwabo mu nsi.

35. Tekuli okwo wabula okufa kwaffe (kuno okw'oku nsi) okw'omulundi ogusooka (era nga kwe kw'Enkomerero), era tetuli ffe ba kuzuukizibwa.
36. Kale mukomyewo (mubazuukize) bakitaffe (abaafa) bwe mubeera nga mwogera mazima (nti ddala waliyo Okuzuukira)!
37. (Katonda agamba): Abaffe! Bo (bano Abakuraish) be basinga obulungi oba ekibiina kya Tubbai n'abo abaabasooka? Twabazikiriza, (kubanga) mazima bo baali bonoonyi.
38. Tetwatonda ggulu na nsi, n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri nga tuzannya.
39. Tetwabitonda wabula na mazima; naye ddala abasinga obungi mu bo tebamanyi.
40. Mazima Olunaku Lw'okusalawo ky'ekiseera kyabwe ekyabalagaanyi-sibwa bonna.—
41. Olunaku ow'oluganda lw'ataligasa wa luganda kintu kyonna, era tebali bo ba kutaasibwa.
42. Wabula oyo Katonda gw'alisaasira: Mazima Ye ye Ow'ekitiibwa. Omu-saasizi.
43. Mazima omuti *Az-Zakuumu*.
44. Ky'ekyokulya ky'abonoonyi.

إِنَّ هِيَ إِلَّا مَوْتُنَا الْأُولَىٰ وَمَا نَحْنُ بِمُنشَرِينَ ﴿٣٥﴾

فَأَنذِرْ يَا بَنِي آدَمَ إِن لَّكُم مَّصِيبٌ قَرِيبٌ ﴿٣٦﴾

أَهُمْ خَيْرٌ أَمْ قَوْمُ بُعِثٍ وَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ أَهْلَكْنَاهُمْ إِنَّهُمْ كَانُوا مُجْرِمِينَ ﴿٣٧﴾

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا لَعِبِينَ ﴿٣٨﴾

مَا خَلَقْنَاهُمَا إِلَّا بِالْحَقِّ وَلَكِنْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٩﴾

إِنَّ يَوْمَ الْفَصْلِ مِيقَاتُهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٤٠﴾

يَوْمَ لَا يُغْنِي مَوْتِي عَنْ مَوْتِي سَيِّئًا وَلَا لَهُمْ فِيهَا نُصْرَةٌ ﴿٤١﴾

إِلَّا مَنْ رَحِمَ اللَّهُ إِنََّّهُ هُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿٤٢﴾

إِنَّ شَجَرَتَ الزَّقُّومِ ﴿٤٣﴾

طَعَامٌ لِذِي نَجْوٍ ﴿٤٤﴾

37. Tubbai lyali linnya eryayitibwanga bakabaka b'omu nsi Yemen. ey'omu Buwarabu. Buli kabaka yenna eyalinnyanga ku nnamulondo nga bw'ayitibwa, mu ngeri emu nga bwe kyalii era nti bali kabaka w'omu misiri ng'ayitibwa Faraawo (Fira'una). N'olw'ekyo bonna awamu kwe kuyitibwa ekibiina kya Tubbai.

44. Omuti ogwo Az-Zakuum gumanyiddwa nti guwunya bubu nnyo ekitagambika era guwuliki-ka bubu nnyo mu kamwa. Ogwo nno kye kiriba ekyokulya ky'abajeemu. abonoonyi nga bali mu muliro.

45. (Obubi bwagwo) gufaananako ng'e-kyuma ekisaanuuse gulyeserera mu mbuto (zaabwe),  
 كَالْمُهْلِ يُغْرَى فِي الْبُطُونِ ﴿٤٥﴾
46. Ng'okwesera kw'amazzi agakyamuse.  
 كَعَلَى الْحَمِيمِ ﴿٤٦﴾
47. (Katonda aliragira bamalayika) nti: Mumukwate (oyo omwonoonyi) mu-muwaleewale mumusindike mu makkati g'omuliro *Al-Jahimu*:  
 خُذُوا كَمَا عَمِلْتُمْ إِلَى سَاءِ الْجَحِيمِ ﴿٤٧﴾
48. Oluvannyuma mufuke waggulu ku mutwe gwe ebibonyobonyo ebyeseze (ng'amazzi agakyamuse).  
 ثُمَّ صُوبُوا قَوْقُوسَهُمْ مِنْ عَذَابِ الْحَمِيمِ ﴿٤٨﴾
49. (Agambibwe): Komba! Mazima ggwe gwe ow'ekitiibwa, ogulumizibwa: (ng'olwo kita we agambibwa atyo mu kumukudaalira)!  
 ذُقْ عَذَابَكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ الْكَرِيمُ ﴿٤٩﴾
50. Ddala kino ky'ekyo kye mwalinga mutankana (okubaawo kwakyo nga muli ku nsi).  
 إِنَّ هَذَا مَا كُنْتُمْ بِهِ تَمْتَرُونَ ﴿٥٠﴾
51. Mazima abatya Katonda baliba mu bifo eby'eddembe;  
 إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي مَقَامٍ أَمِينٍ ﴿٥١﴾
52. Nga bali mu Malimiro (agalimu) n'Ensulo ezikulukuta;  
 فِي جَنَّاتٍ وَعُيُونٍ ﴿٥٢﴾
53. Balyambala (engoye eza) Lili ow'oluwekere n'omuzito nga (eno batudde) boolekaganye (bwe bawaya);  
 يَلْبَسُونَ مِنْ سُندُسٍ وَإِسْتَبْرَقٍ مُتَقَابِلِينَ ﴿٥٣﴾
54. Bw'etyo (embeera bw'eriba); era tulibafumbiza Abakyala abalungi ab'amaaso amanene.  
 كَذَلِكَ نَزَّوْجُهُمْ فِي حُورٍ عِينٍ ﴿٥٤﴾
55. Nga bali omwo (mu Jjana) balisabanga buli kibala (kye banaayagalanga kibaweewe) nga batebenkedde.  
 يَدْعُونَ فِيهَا بِكُلِّ فَاكِهَةٍ أَمِينٍ ﴿٥٥﴾
56. Tebalikomba ku kufa nga bali mu yo, okuggyako okufa ok  
 لَا يَذُقُونَ فِيهَا الْمَوْتَ إِلَّا الْعَمَاتَةَ

(okwabaggya ku nsi). Era alibaki-  
ngiriza ebibonyobonyo by'omuliro,—

أَلُوَالِيَّ وَوَقَّوْمَهُمْ عَدَا أَبَ الْجَحِيمِ ﴿٥٧﴾

57. Ku lw'obulungi obuva eri Mukama  
wo, okwo kwe kwesiima okunene!

فَضْلًا مِّن رَّبِّكَ ذَلِكَ هُوَ الْفَوْرُ

الْعَظِيمُ ﴿٥٨﴾

58. Era ddala twagikwanguyiza (eno  
Kuraane n'oba nga) ogisoma mu  
lulimi lwo (Oluwarabu) oba olyawo  
ne bajjukira.

قَاتِلُوايْتِرُونَ بِلِسَانِكَ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٥٨﴾

59. Kale lindirira (Ggwe Muhammadi):  
Mazima nabo balindiridde.

فَارْتَقِبْ إِنَّهُمْ مُّرْتَقِبُونَ ﴿٥٩﴾

59. Katonda yagamba Nabbi (s.a.w.) alindirire nga n'abo abamulimbisa bwe balindirira, mu bwangu ddala ba kumanya ani anaawangula kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. N'amutegeeza nga bw'ali ye Nabbi ow'okuwangula wamu n'abo abamugoberera, abakkiriza Obu-baxa bwe n'Amateeka ge g'ayigiriza.

Nga bwe yamugamba mu aya endala, nti: "Mazima Ffe tuli ba kutaasa Ababaka Baffe n'abo abakkiriza mu bulamu bw'ensi n'Olunaku abajulizi lwe baliyimirira okuwa obujulizi, Olunaku olwo okwetonda n'okwenenya kw'abatakkiriza lwe kutaligasa. Balina ekikolimo era balina n'e-nyumba embi."

## EBIFA KU SSUULA AL-JAATHIYA MU BUFUNZE (45)

Essuula eno nayo yakkira Makka nga ye yaddirira Essuula Ad-Dukhaan. Eyitibwa Jaathiya okusenziira ku aya 28 ekigambo ekyo mwe kyogererwako.


Ekkikulu ky'eyogerako kwe kulimbulula okutankana n'okuwakanya abatakkiriza b'omu Makka bye baalina ku nzikiriza y'Obwomu bwa Katonda (*Tawhiid*) n'Obulamu Obw'oluvannyuma nga kw'etadde n'okubalabula n'okubatiisa olw'engeri gye baali bajeeguulamu Kuraane.

Essuula etandikira ku kuwagira Nzikiriza ya *Tawhiid* ng'ewa Obubonero obw'okulabirako bungi nti singa omuntu yenna abwekkaanya kimumala okukakasa nga bwe waliwo Omutonzi Omu eyabitonda era abigabirira era Kabifuga—Wabula oyo amaliridde obutakkiriza n'asalawo alemere ku mpaka n'okubusabuusa talina ngeri yonna gy'ayinza kufunamu kyengera kya bukkiriza na kukakasa. Era kikakasibwa mu aya eziddirira eke ebintu byo byonna omuntu bye yeeyambisa ne bibeenzaawo obulamu bwe bw'Ali Katonda Omu yekka abimugabirira so si kugamba nti waliwo engeri endala yonna omuntu gy'abifunamu. N'olwekyo omuntu yenna alimu amagezi amalumu aba akakasa bukakasa nti Katonda Omu yekka ye Mugabi alabirira ebitonde era y'akakatirwa okugonderwa.

Essuula ezzaako okugugumbula abatakkiriza b'omu Makka olw'amawaggali gaabwe, okwekuluntaza, ejiogo n'okulemera kwabwe ku butakkiriza ne bawakanya Kuraane: Balabulwa nti Kuraane ebaletedde ekyengera kye kimu ekyo ekyali kyaweebwa **Abaana** ba Israali oluberebyo, ekyo ekyali kibatutumudde ne babeera waggulu w'abantu abalala bonna mu nsi. Naye, bwe baalemwa okutegeera omugaso gw'ekyengera kino ne balimbisa Eddiini yaabwe, ne kibaggibwako, ate kaakano kiweereddwa mmwe—Kuraane y'embaga y'Amateeka agalunngama omuntu. Abo bonna abagikkiriza be b'okutaasibwa Katonda era abalisasirwa, n'abo abagiwakanya mu bubuyabuya bwabwe baba beetusizzaako okufaafaaganirwa. Olw'ensonga eno Abagoberi ba Nabbi (s.a.w.) bakubirizibwa bagumiikirize era balekere kw'ebyo byonna bintu katyoole ebibakolebwa abo abawakanya Katonda nti mu nkomerero Katonda wa kubadduukirira alyoke abasasule empeera olw'obugumiikiriza bwabwe.

Era essuula esambajja ebijunje abatakkiriza bye baagambanga nga bifa ku Bulamu Obw'oluvannyuma nti: Tewali bulamu bulala okuggyako buno obw'oku nsi era nti omubiri tegusikirwa mwoyo guyinza kukwatibwa ate ne gumuzibwamu ng'azuukidde. Era baawakanyanga Nabbi nga bagamba nti oba akakasa nti waliwo okuzuukira, okudda obulamu nate olwo abazuukirize bakadde baabwe abaafa. Mw'ebyo bye baalokompo-kanga nabyo byonna Katonda yabaddamu bw'ati nti: Bye baayogeranga byonna baabiggyanga ku kuteebereza kwokka so ssi ku kumanya era n'abagamba nti okuba nga tolabanga ku kintu (nga okulaba omufu azuukira) tekitegeezza nti ky'otolabangako kiba tekiriyo. Era nti baalinga batya mazima ky'ekyo ekyabawakanyanga ebitaliimu—naye baali ba kuzikiriza mu nkomerero. Era yabagamba nti okuwakanya okubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma kwali lwa kuba baali bamattaavu abaddu b'okwagala kwabwe, era nti lwa kubanga baayagalanga bekkuse omutuube gw'obwagazi bwabwe nga tewali kibeeraliikiriza—ekyo ekibongera obwongezi mu kugubaasirira mu bwonoonyi.

Katonda yawunzika Essuula nga akakasa abawakanya Omubaka We nti okuva lwe bataatondebwa lwa kweyagalira kwabwe bwe batyo era tebafa lwa kweyagalira—kale balindirire bw'alibatta balyesanga mu maaso Ge beerabireko ng'Ebitabo ebibawaako obujulizi olw'ebibi byabwe byanjuluziddwa mu maaso gaabwe, olwo lwe balyejjusa olw'okulimbisa kwabwe Obulamu Obw'oluvannyuma.



## ESSUULA AL-JAATHIYA (45)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 4 ne Aya 37

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## 1. HAA. MIIM.

حَمْدٌ ①

2. Okussa Ekitabo kino (Kuraane) okuva eri Katonda, Ow'ekitiibwa Omukakasa (w'ebigambo).

تَنْزِيلُ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ الْعَزِيزِ

3. Mazima mu ggulu ne mu nsi mulimu obubonero (obulaga Obwomu n'Obuyinza bwa Katonda) eri abakkiriza.

الْحَكِيمِ ②

إِنَّ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ لَآيَاتٍ

4. Ne mu kutondebwa kwammwe n'ebyo by'asaasaanya mu bira mu ebitambula (byonna) bubonero eri ekibiina ekikakasa (mu kukkiriza kwakyo).

لِلْمُؤْمِنِينَ ③

وَفِي خَلْقِكُمْ وَمَا يَبُثُّ مِنْ دَابَّةٍ

أَيُّ لِقَاؤٍ يُوقِنُونَ ④

5. N'okwawukana kw'ekiro n'emisana n'ebyo Katonda by'assa okuva mu ggulu mu bigabwa, n'alamusa nabyo ensi oluvannyuma lw'okufa (okukala) kwayo, n'okukyusakyusa kw'empewo (ne ziba nga zidda eno zidda eri).— (Bwonna obwo) bubonero eri ekibiina ekitegeera.

وَأَخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَمَا أَنْزَلْنَا

اللَّهُ مِنَ السَّمَاءِ مِنْ زُرْقٍ فَأَحْيَا بِهِ

الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا وَتَصْرِيفِ الرِّيْحِ

أَيُّ لِقَاؤٍ يُعْقِلُونَ ⑤

6. Obwo bubonero bwa Katonda bwe tukusomera n'amazima (Ggwe Muhammad): Ate olwo kigambo ki kye banakkiriza oluvannyuma (lw'okuwakanya) Katonda n'obubonero Bwe?

تِلْكَ آيَاتُ اللَّهِ نَتْلُوهَا عَلَيْكَ بِالْحَقِّ ⑥

فَبِأَيِّ حَدِيثٍ بَعْدَ اللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ ⑦

7. Okubonaabona kuli ku buli mulimba lukulwe, omwonoonyi:

وَيْلٌ لِكُلِّ أَفَّاكٍ أَثِيمٍ ⑧

8. Awulira ebigambo bya Katonda nga bimusomerwa bw'amala n'alemera (kw'ebyo byennyini ebivumirirwa) nga yeekuluntaza nga atabiwulira. Kale (oyo) musanyuse nga omutegeeza ebibonyobonyo ebiruma (ebimulindiridde).
9. Bw'aba nga ategedde (n'amanya) ekintu (kyonna) mu bigambo Byaffe, akifuula eky'okujeja: Abo balina ebibonyobonyo ebinyoomesa.
10. Emabega waabwe waliyo omuliro (Jahannamu ogubalindiridde). Era tebigenda kubagasa kintu kyonna, ebyo bye baakola ku nsi, wadde ebyo bye baafuula abataasa ebitali Katonda. Balina ebibonyobonyo ebinene.
11. Eno (Kuraane) kulungamya. N'abo abaawakanya ebigambo bya Mukama waabwe, balina ebibonyobonyo (eby'amaanyi okuva) mu bibonerezo ebiruma.
12. Katonda Y'oyo eyabagondeza ennyanja galyoke gasaabaliremu amaato ku lw'obuyinza Bwe, era mulyoke munoonye mu birungi Bye, era oba olyawo ne mwebaza.
13. Era yabagondeza (mubyeyambise) ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi; byonna biva gy'Ali. Mazima muli mw'ebyo obubonero (obulaga obuyinza bwa Katonda) eri ekibiina ky'abalowooza.
14. Bagambe abo abakkiriza basonyiwe abo abatasuubira kusinkana maanyini ga Katonda (mu bibonerezo Bye); alyoke asasule (buli) kibiina ebyo bye baalinga bakola (ku nsi).

يَسْمَعُونَ آيَاتِ اللَّهِ تُشَلَّىٰ عَلَيْهِ ثُمَّ يُصِرُّ  
مُسْتَكْبِرِينَ أَكَّانُ لَمْ يَسْمَعْ مَا كَبَّرْتَهُ  
بَعْدَ آيَاتِ اللَّهِ ﴿٨﴾

وَأَذَاعِلَمٌ مِنْ آيَاتِنَا شَيْئًا إِتَّخَذَ هَآ  
هَؤُلَاءِ أَوْلِيَاءَ لَهُمْ عَدَآءُ مُمِّهِينَ ﴿٩﴾

مِنْ ذُرِّيَّتِهِمْ مَكَرَهُمْ وَلَا يُغْنِي عَنْهُمْ  
فَأَكْسَبُوا لِنَفْسِنَا وَلَا مَا اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ  
اللَّهِ أَوْلِيَاءَ لَهُمْ عَدَآءٌ عَظِيمٌ ﴿١٠﴾

هَٰذَا هُدًىٰ وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ  
لَهُمْ عَذَابٌ مِنْ رَجِيمٍ ﴿١١﴾

اللَّهُ الَّذِي سَخَّرَ لَكُمُ الْبَحْرَ لِيَجْرِيَ الْفُلُكُ  
فِيهِ بِأَمْرِهِ وَلِتَبْتَغُوا مِنْ فَضْلِهِ وَ  
لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿١٢﴾

وَسَخَّرَ لَكُم مَّا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
جَمِيعًا مِمَّنْ هُوَ فِي ذَٰلِكَ لَا إِلَٰهَ إِلَّا هُوَ  
يَتَفَكَّرُونَ ﴿١٣﴾

قُلِ الَّذِينَ آمَنُوا يُعَفِّرُوا مِنَ الذَّنْبِ وَلَا يُزْجِرُونَ  
أَيَّامَ اللَّهِ لِيَجْزِيَ قَوْمًا بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٤﴾

15. Omuntu akola obulungi, buba bwa mwoyo gwe, n'omuntu ayonoona, akabi kadda ku mwoyo gwe. Oluvannyuma mugenda kuzibwa eri Mukama wammwe.

مَنْ عَمِلَ صَالِحًا فَلِنَفْسِهِ وَمَنْ أَسَاءَ  
فَعَلَيْهَا ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ تُرْجَعُونَ ﴿١٥﴾

16. Era ddala twaleetera Abaana ba Israili Ekitabo (Tauraati) n'Amateeka n'Obwannabbi, ne tubagabira mu birungi ne tubasukkulumya ku bantu bonna.

وَلَقَدْ آتَيْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ الْكِتَابَ وَ  
الْحِكْمَ وَالنُّبُوَّةَ وَرَزَقْنَاهُمْ مِنَ الطَّيِّبَاتِ  
وَفَضَّلْنَاهُمْ عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿١٦﴾

17. Ne tubawa Obunnyonyofu bw'Eki-gambo (ky'eddiini). Tebaayawukana wabula luvannyuma lwa kubatuu-kako okumanya, ku lw'obukyayi (n'ensaalwa n'obuggya) obwayingira wakati waabwe. Mazima Mukama wo agenda kulamula wakati waabwe ku Lunaku Lw'okuyimirira mu maaso Ge mw'ebyo bye baalinga baawukanamu.

وَآتَيْنَاهُمْ بَيِّنَاتٍ مِّنَ الْأَمْرِ فَمَا اخْتَلَفُوا  
إِلَّا مَن بَعْدَ مَا جَاءَهُمُ الْعِلْمُ بَعِيًّا  
بَيْنَهُمْ إِنَّ رَبَّكَ يَقْضِي بَيْنَهُمْ يَوْمَ  
الْقِيَامَةِ فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿١٧﴾

18. Oluvannyuma ne tukussa (Ggwe Muhammadi) ku kkubo ly'Eki-gambo (Kyaffe eky'eddiini entuufu); kale bigoberere sso togobereranga okwagala kw'abo abatamanyi.

ثُمَّ جَعَلْنَاكَ عَلَىٰ شَرِيحَةٍ مِّنَ الْأَمْرِ  
فَاتَّبِعْهَا وَلَا تَتَّبِعْ أَهْوَاءَ الَّذِينَ لَا  
يَعْلَمُونَ ﴿١٨﴾

19. Mazima bo tebalikugasa awali Katonda mu kintu kyonna. Mazima abamenyi b'amateeka ga Katonda (abalyazaamaanyi) abamu bayambi ba bannaabwe (bayambagana); ne Katonda ye muyambi w'abamutya.

إِنَّهُمْ لَكُنُ يُعْتُوا عَنكَ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا  
وَإِنَّ الظَّالِمِينَ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ  
وَاللَّهُ وَلِيُّ الْمُتَّقِينَ ﴿١٩﴾

20. Eno (Kuraane) kyakulabisa ky'a-bantu (ekibalaga eddiini ey'amazima) era kyakulungama era kyakusaa-sira eri ekibiina ekikakasa (okusisi-nkana Katonda).

هَذَا بَصَائِرُ لِلنَّاسِ وَهُدًى وَرَحْمَةٌ  
لِّقَوْمٍ يُوقِنُونَ ﴿٢٠﴾

18. Oluvannyuma lw'okwawukana kw'abo abaasooka okuweebwa Ekitabo ky'Amateeka g'eddiini, Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yatumbwa n'aweebwa amateeka aganaagobererwanga mu ddiini amanyewu. Yakuutirwa aleme kudda ku kugoberera okwagala kw'abo abatamanyi.



21. Abaffe, balowooza abo abakola ebibi nti tulibafuula nga abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi—ne baba kye kimu mu bulamu bwabwe ne mu kufa kwabwe? Kibi nnyo ekyo kye basalawo (eky'okugamba nti ba kuba kye kimu);
22. Era Katonda yatonda eggulu n'ensi mu mazima, era gulyoke gusasulwe buli mwoyo ekyo kye gwakola. Nabo (abantu) si ba kulyazaamaanyizibwa.
23. Olaba oyo afuula okwagala kwe katonda we gw'asinza, ne Katonda n'amubuza ku kumanya (ekkuubo ettuufu) n'azibikira ku matu ge ne ku mutima gwe n'assa ku maaso ge ekibikka? Ani nate ayinza okumulungama oluvannyuma lwa Katonda (okumuleka)? Abaffe temujjukira?
24. (Abo abawakanya Okuzuukira), ne bagamba nti: Tewali bulamu bulala wabula obwaffe (buno bwokka) obw'ensi; tufa ne tuba abalamu, era tewali kituzikiriza wabula kuyita kwa myaka. (Wabula boogera) ekyo nga tebalina kumanya (kwe basinziirako); tebali bo wabula balowooza bulowooza.
25. Bwe biba nga bibasomeddwa Ebigambo Byaffe ebinnyonnyofu tewaba nsonga yaabwe yonna okuggyako okugamba nti: Kale muleete bakitaffe (abaafa) bwe mubeera ab'amazima (nga ddala Okuzuukira gye kuli)!
26. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Katonda y'abawa obulamu oluvannyuma n'abatta, bw'alimala n'abakunngaanya okubatwala eri Olunaku

أَمْ حَسِبَ الَّذِينَ اجْرَحُوا السَّيِّئَاتِ  
 أَنْ نَجْعَلَهُمْ كَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا  
 الصَّالِحَاتِ سَوَاءً مَعْيَاهُمْ وَمَا لَهُمْ  
 سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ ﴿٢١﴾

وَخَلَقَ اللَّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ  
 وَلِيُجْزِيَ كُلَّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ وَهُمْ  
 لَا يُظْلَمُونَ ﴿٢٢﴾

أَفَرَأَيْتَ مَنِ اتَّخَذَ إِلَهَهُ هَوَاهُ  
 وَأَضَلَّهُ اللَّهُ عَلَى عِلْمِهِ وَخَتَمَ عَلَى  
 سَمْعِهِ وَجَعَلَ عَلَى بَصَرِهِ غِشَاوَةً فَمَنْ  
 يَهْدِيهِ مِنْ بَعْدِ اللَّهِ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿٢٣﴾

وَقَالُوا مَا هِيَ إِلَّا حَيَاتُنَا الدُّنْيَا نَمُوتُ وَ  
 نَحْيَا وَمَا لَهُ لَنَا إِلَّا الدَّهْرُ وَمَا لَهُمْ  
 بِذَلِكَ مِنْ عِلْمٍ إِنْ هُمْ إِلَّا يَظُنُّونَ ﴿٢٤﴾

وَإِذْ أَنْشَأْنَا عَلَيْهِمُ آيَاتِنَا بَدِيتَ مَا كَانُوا  
 حُجَّتَهُمْ إِلَّا أَنْ قَالُوا اتُّمُوا يَا آبَاءَنَا  
 إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٥﴾

قُلِ اللَّهُ يُحْيِيكُمْ ثُمَّ يُمِيتُكُمْ ثُمَّ  
 يُجْمَعُكُمْ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ أَلَمْ يَرَبِّ فِيهِ

- Lw'okuyimirira (mu maaso Ge)—  
Tewali kubuusabuusa mu lwo. Naye  
abantu abasinga obungi tebamanyi.
27. Era bwa Katonda obufuzi bw'eggulu  
n'ensi: n'olunaku Ekiseera Eky'e-  
nkomerero lwe kiriyimirira, ku  
lunaku olwo abonoonyi balifiirwa.
28. Era oliraba (ku Lunaku Lw'enko-  
merero) buli kibiina nga kibuta-  
midde: buli kibiina kiriyitibwa eri  
Ekitabo kyabwe (omuli emirimu  
gyabwe): (Ne bagambibwa) nti: Olwa  
leero mujja kusasulwa ebyo bye  
mwalinga mukola (ku nsi)!
29. (Baligambibwa nti): Kino Ekitabo  
Kyaffe kibaatulira (ebyo byonna  
bye mwakola) mu mazima. Mazima  
Ffe twalinga tuwandiika ebyo  
(byonna) bye mwalinga mukola.
30. Naye mazima abo abakkiriza ne  
bakola emirimu emirungi, Mukama  
waabwe agenda kubayingiza mu  
kusaasira Kwe (mu Jjana Ye). Okwo  
kwe kwesiima okweyolefu!
31. Naye mazima abo abaagaana oku-  
kkiriza, (baligambibwa) nti: Tebyali  
ebigambo Byange nga bibasomerwa:  
kyokka mmwe ne mwekuluntaza ne  
mubeera ekibiina ky'abonoonyi?
32. Era bwe kyagambibwanga nti: Ddala  
endagaano ya Katonda ya mazima,  
era n'Ekiseera Eky'enkomerero kya  
kubaawo, tekiriimu kubuusabuusa  
(kubaayo kwakyo), mwagambanga  
nti: Tetumanyi Ekiseera Eky'enko-  
merero kye ki? Tetulwooza wabula  
(okuba ekyo) nga kirowoozo bulo-  
wooze, era tetuli ffe bakakasa (nti  
Ekiseera ekyo kiribaawo).
- وَ لَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٢٦﴾
- وَلِلَّهِ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَيَوْمَ  
تَقُومُ السَّاعَةُ يُنْحَرِ الْمُبْتَلُونَ ﴿٢٧﴾
- وَنَرَى كُلَّ أُمَّةٍ جَانِبَهُ كُلِّ أُمَّةٍ  
تُدْعَى إِلَىٰ كُتُبِهِمْ أَلْيَوْمَ نُبْجِرُونَ مَا لَكُمْ  
تَعْمَلُونَ ﴿٢٨﴾
- هَذَا آتِبْنَا يَنْطِقُ عَلَيْكُمْ بِالْحَقِّ إِنَّا  
كُنَّا نَسْتَسْخِرُ مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٢٩﴾
- فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فَيُدْخِلُهُمْ  
رَبُّهُمْ فِي رَحْمَتِهِ ذَلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْبَينُ ﴿٣٠﴾
- وَأَمَّا الَّذِينَ لَفَرُوا فَوَاقَلْتُمْ كُنَّا بِنْتِي  
تُحَلِّيٰ عَلَيْكُمْ فَاسْتَكْبَرْتُمْ وَكُنْتُمْ قَوْمًا  
مُّجْرِمِينَ ﴿٣١﴾
- وَأِذَا قِيلَ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ وَالسَّاعَةُ  
لَأَرْبَبٌ فِيهَا فَلْتُمْ مَا نَدْرِي مَا السَّاعَةُ  
إِنْ تَنْظُرُونَ إِلَّا ظَنًّا وَمَا نَحْنُ بِمُتَّبِعِينَ ﴿٣٢﴾

33. Ne bibeeyolekera ebibi ebyo bye baakolanga. ne bibakakatako ebyo bye baalinga banyoomerera.

وَوَدَّ اللَّهُ سَيِّئَاتِ مَا عَمِلُوا وَخَافَ بَرِّهِمْ  
مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٣٣﴾

34. Baligambibwa nti: Olwa leero tubec-rabidde nga (nammwe) bwe mwe-rabira (okwetegekera) okusisinkana olunaku lwammwe luno, n'ekifo kyammwe gwe muliro, era temulina mutaasa (anaabawonya ebibonerezo).

وَقِيلَ الْيَوْمَ نَنْسِفُكُمْ كَمَا نَسِيفْنَا لِقَاءَ يَوْمِكُمْ  
هَذَا أَوْ مَا وَدَّكُمْ النَّارُ وَمَا لَكُمْ مِنْ نَاصِرِينَ ﴿٣٤﴾

35. Ebyo (ebibonerezo mubituuseeko) olw'okubanga mazima mwe mwa-fuula obujulizi bwa Katonda olusaago. obulamu bw'ensi ne bubagayaza. N'olw'ekyo olwa leero tebajja kuguggibwamu (omuliro) era tebajja kusabibwa kwetonda.

ذَلِكُمْ بِأَنَّهُمْ اتَّخَذُوا آلِهَتَ اللَّهِ هُزُؤًا  
وَعَزَّزْتُمْ الْحَيَوَاتِ الدُّنْيَا قَالِیَوْمَ لَا  
يُخْرَجُونَ مِنْهَا وَلَا هُمْ يُسْتَعْتَبُونَ ﴿٣٥﴾

36. Ebitendo byonna bya Katonda Omufuzi w'eggulu era Omufuzi w'ensi, era Omulezi w'ebitonde byonna.

فَلِلَّهِ الْحَمْدُ رَبِّ السَّمَوَاتِ وَرَبِّ الْأَرْضِ  
رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٣٦﴾

37. Era Bibye ebitiibwa byonna mu ggulu ne mu nsi, Naye Ye W'ekitiibwa, Omukakasa (w'ebigambo atasoby).  
٤

وَلَهُ الْكِبْرِيَاءُ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٣٧﴾

## EBIFA KU SSUULA AL-AHKAAF MU BUFUNZE (46)

Essuula eno nayo yakkira Makka. Okusenziira ku kyafaayo ky'amageege (amajinni) agaasemberera Nabbi ne gawuliriza Kuraane ng'esomembwa bwe gaamala ne gaddayo. Hadith nnyingi ezeesigibwa zikakasa nti Essuula yassibwa mu mwaka 10 kasookanga Nabbi atandika okufuna Obubaka. Ekyo kyalimo mu kiseera bwe yali awumuddeko mu kifo ekiyitibwa Nakhlah ku lugendo lwe ng'ava e Twaifa adda e Makka. Awo nno waali wabula emyaka ng'esatu okusengukira e Madiina kubeewo.

Omwaka gw'Obwannabbi bwa Mutume (s.a.w.) ogw'ekkumi gwali rruzibu nnyo eri obulamu bwa Nabbi olw'okutuntuzibwa ennyo n'okunakuwazibwa. Bannaggwanga lye Abakuraish n'abannamawanga ga Buwarabu baali batutte ebbanga nga baweredde ddala ekika kya Bani Hashim ekya Nabbi. n'Abasiraarnu, n'abomu maka ge nga baba-boola tebakolagana nabo n'akatono era nga tebabakkiriza kwenyigira mu mikolo gye-nyigirwamu balala wadde nga tebabakkiriza kwetaaya mu Makka kwenoonyeza kiba-beezaawo. Abakuraish baali basazeeko ekifo Nabbi n'abakkiriza mwe baali nga tewali kyetaago kyonna kiyyinza kubatuuka. Okuggyako mu kiseera ky'emikolo gya Hijja nga lwo bakkirizibwa okufulumako beegulireyo bye beetaaga. Okuwerebwa n'okuboolwa kuno okwamalira ddala emyaka emizingu esatu kwanyiga nnyo Abasiraarnu ne ba Bani Hashim. ne batuuka n'okulya omuddo oba amakoola g'emitii.

Mu nkomerero, bboyikooti eyo bwe yabaggibwako Kojja wa Nabbi Abu Twalib, oyo eyali amubuzeebuze ennyo n'okurnukuuma eri obulabe bw'abatakkiriza n'afa ate wala tewannayita na mwezi mukyala we Khadija oyo eyamubudaabudanga ennyo n'okumu-gumya n'afa. Olw'ebikangabwa byombiriri ebyo n'ebikolobero ebyamukolebwa ba-nnansi banne Nabbi bwe kuyita omwaka ogwo ogw'ennaku n'obuyinike. Abo olw'omwaka, abatakkiriza ne beeyongeramu okukijjanyana Nabbi akaate.

Oluvannyuma Nabbi (s.a.w.) yasitula n'agenda e Twaa'ifa nga asuubira nti abantu baayo bandikikiriza Obusiraarnu oba si nakindi ne bamuleka n'abuulira Obubaka mu ddembe. Yagendayo ku bigere, ng'arnazeeyo ennaku mbale n'atuukirira abakungu baayo n'ababuulira ekimuttuteyo. Abakungu abo tebaakoma ku kyakugaana kukkirila wabula baamugambirawo ayamuke Twaa'ifa si nakindi ngayonoona abaana baawe. Bw'atyo yakakibwa n'asitula. bwe yali avayyo abakungu ne bamuwerekereza embekuulo n'amayinja okumala ebbanga ppanvu. Olw'okukinibwako ebiwundu ebyattulukunganga omusaayin'obukoowu Nabbi yatuula mu kisiikirize wansi ng'olwo bamuleka, n'alaaja-nira Katonmi bw'ati:

"Ayi Mukama Katonda. Ggwe ndaajanira nga ntoma olw'obunafu bwange, obutmalira bwange n'olw'okunyoonebwa kwange mu maaso g'abantu. Ayi Gwe Nnyini Kusaasira Okubuna. gwe Mukama w'abanafu. era Gwe ddala Mukama wange. Ani oyo gw'Onneesiza ...? Oyo ali ewala anaangalabanja? Oba omulabe wange oyo gwe wawa amaanyi okunsinga? Bwe kiba nga Tonsunguwalidde awo sifaayo. Okwagala Kwo kwa maanyi ku nze. Nneekingiriza mu maaso Go ago agawa enzikiza ekitangaa-la. agasengeka ne gagera mu masa amatuufu ebintu by'oku nsi kuno ne mu Bulamu obuliddako. Obusungu Bwo buleme kunzikako oba ekkonda I.yo. Kiri ku (ggwe okumatira okutuusa Obe nga Osiimidde ddala. Tewali Buyinza bwonna oba maanyi okuggyako mu Ggwe.

Mubujjonkevuobw'ekitalo yasitula n'ayolekera ewaabwe yagenda okuwulira mu kifo ekimu ng'egguln liringa erikwatiridde kazigizigi olw'ebire. Okwolesa amaaso waggulu nga Malaika Jiburiilu y'amweyolese n'amuyita nga agamba "Katonda ategedde abantu

bo bwe beeyisizza, n'olwekyo n'akusindikira Malaika ono akulira ensozi. Kale mulagire kyonna ky'oyagala (akukolere)." Awo Malaika w'ensozi n'abuza Nabbi n'amugamba nti: "Bw'oba nga osiimye nnyinza okubunduggula ensozi zino zonna ezeebunguludde ku bakujolonze ne bazikirira." Nabbi (s.a.w.) yaddamu nti: "Nedda (tokikola) kubanga nsuibira nti Katonda alibatondamu ezzadde eririsinza Katonda Omu Yekka." (Okusinziira ku Bukhaari, Muslim ne Nasa'ii).

Okuva awo Nabbi (s.a.w.) yadda e Nakhlah n'amalayo ennaku nga mwennyamivu asobeddwa bw'anaayoleka obwanga abantu b'omu Makka, oluvannyuma lwabwe okuwulira ebyali bimuukiddeko e Twaa'ifa—yatya nti ekyo kyali kya kubongeramu na maanyi mu kumujoonya. Awo nno e Nakhlah, bwe yali ng'asoma Kuraane mu Sswala mu kiro ekimu amajinni agaali gayita ne gamuwuliriza. ne gakkiriza Obubaka bwe gaamala ne gaddayo mu bannaago gabuulire Obusiraamu. Kale Katonda amugumya n'Essuula eno nti oba abantu baali bamwetengula nga abayitira obukkiriza, waaliwo amajinni mangi agaali gabukkiriza era agaali ku gw'okusaasaanya Obubaka obwo mu majinni gannaago.

Eyo nno waggulu bwe yali embeera mu kiseera Essuula eno we yakkira. Ebyafa ku Nabbi (s.a.w.) ebyo byoleka bwolesi era ne byongerera okukakasa nga Kuraane kw'eteri bigambo bya muntu okuggyako Katonda Ow'obuyinza. Nnyini Magezi. Kubanga awamu n'obuzibu bwonna, obuyinike n'ebikangabwa ebyakonkobaza Nabbi (s.a.w.) ebyo ebyogeddwa, tewali na lumu lwe bisinyibwako. sso nga aba kuba nga kagissa Kuraane yali omuntu obubaka bw'Essuula bwandyolese mu kigero embeera y'agaloozoozoo agaali gamwesomba mu kiseera ekyo.

Ekikulu Essuula kw'eteeka essira kwe kutiisa abatakkiriza olw'ensobi ze baalimu n'olw'okwekuluntaza ne baddanga mu kujeeguula n'okuwalagganya Nabbi (s.a.w.) eyali ajjiridde okubalunganya. Baalimbisanga Obwomu bwa Katonda Omutonzi nga bakakasa nti bakatonda baabwe banne ba Katonda Omu. Tebakkirizanga nti Kuraane yassibwa kuwa wa Katonda era nga balimbisa amazima g'Obwannabbi bwa Mutume. Amazima g'Obusiraamu baagavvoolanga olw'okubanga abakungu baabwe n'abakulembeze n'ab'ettutumu mu bo baali babuwakanyizza wabula abawejjere n'abaddu ne baba nga be babukkiriza. Era baakitwalanga nti Okuzuukira n'Obulamu Obwoluvannyuma. okusasulwa empeera olw'ebirungi n'okubonerezebwa olw'obwonoonyi ku Nkomerero byali birowoozo ebiteeberezebwa obuteeberezebwa ebitayinzika kubaayo.

Ebikyamu ebyo byonna bisambajjibwa n'ensonga ennunngamu, era abatakkiriza batiisibwa nti singa bajeema ne beerema okukkiriza Kuraane n'Obwannabbi bwa Mutume Muhammadi (s.a.w.) olw'emputtu n'amawaggali n'obukyamu bw'endowooza. baali beesuula bokka mu kabiga.



## ESSUULA AL-AHKAAF (46)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 4 ne Aya 35

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. HAA. MIIM.

حَمْدًا ①

2. Okussa Ekitabo (kino Kuraane) kwava eri Katonda Ow'ekitiibwa, Omukakasa (w'ebigambo n'ebikolwa).

تَنْزِيلَ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ الْعَزِيزِ

الْحَكِيمِ ②

3. Tetwatonda eggulu n'ensi wadde ebyo ebiri wakati wa byombi wabula mu mazima (era nga bya) kumala bbanga eggere. N'abo abawakanya baawukana kw'ebyo ebibatiisibwa.

مَا خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا

بَيْنَهُمَا إِلَّا بِالْحَقِّ وَأَجَلٍ مُّسَمًّى ③

وَالَّذِينَ كَفَرُوا أَعْمَاءُ أَنْزَرُوا

مُعْرِضُونَ ④

4. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mumbuulire (mulwooza ki) ku ebyo bye musaba ebitali Katonda? Mundage ebyo bye byatonda mu nsi, oba birina omugabo (gwonna gwe beegatta ne Katonda) mu ggulu? Mundeetere Ekitabo ekyakka oluberyebye lwa kino oba ebyasigalawo (byonna mu kumanya kw'abasooka bye mukyalina) bwe muba ab'amazima (mu kusinza ebirala ebitali Katonda)!

قُلْ أَرَأَيْتُمْ مَا تَدْعُونَ مِنْ دُونِ

اللَّهِ أَرُونِي مَاذَا خَلَقُوا مِنَ الْأَرْضِ

أَمْ لَهُمْ شِرْكٌ فِي السَّمَوَاتِ أَيْتُونِي

بِكِتَابٍ مِّنْ قَبْلِ هَذَا أَوْ أَنزُرُوا مِنْ

عِلْمٍ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ⑤

5. Ani asinga obubuze okusinga omuntu oyo asaba ebitali Katonda? Oyo atasobola kumwanukula okutuusa ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga

وَمَنْ أَضَلُّ مِمَّن يَدْعُوا مِنْ دُونِ

اللَّهِ مِنْ لَّا يَسْتَجِيبُ لَهُ إِلَى يَوْمِ

5. Ebyo bye basinza tebiwulira wadde okuba nga bitegeera nti waliwo n'abisinza yenna kubanga tebirimu bulamu.

Katonda lwe luyimirirawo), nabo (bakatonda baabwe) nga bagayaavu (tebategeera) kusaba kwabwe.

6. (Ng'ate) abantu bwe baliba nga bakunngaanyizibwa (ku Lunaku Lw'enkomerero) balibeera nga balabe baabwe, era balibeera nga bawakanya okubasinza kwabwe.

7. Bwe biba nga bibasomeddwa Ebigambo Byaffe ebinnyonyofu, abo abaagaana okukkiriza bagamba Amazima agaba gabajjidde nti: Lino ddogo lya nkukunala!

8. Abaffe oba bagamba nti: (Muhammadi) ye yagunjawo (Kuraane)? Bagambe (Ggwe) nti: Bwe mba nga nagigunjawo, (temufaayo kubanga) temunninaako buyinza (kumponya) Katonda mu kintu kyonna (singa aba ayagadde okumbonereza). Ye y'amanyi (okusinga) ebyo bye muyingiramu (ebitaliimu makulu). Amale Ye okuba omujulizi wakati wange nammwe. Naye Ye Musonyiyi, Omusaasizi.

9. Bagambe nti: Siri nze asoose mu babaka (ba Katonda), era simanyi ekyo ekinankolebwa oba (ekyo) ekinabakolebwa mmwe. Sigoberera wabula ebyo ebitemirwa gye ndi, era siri nze wabula omutiisa annyonyola (mu bujuvu buli ekyetaagisa).

10. Bagambe nti: Mulaba mutya bw'eba (Kuraane eno) ng'evudde eri Katonda ne mugiwakanya, omujulizi okuva mu Baana ba Israili n'ajulira

الْقِيَمَةِ وَهُمْ عَنْ دَعَائِهِمْ غَفِلُونَ ﴿٥﴾

وَإِذْ أَخْبَرَ النَّاسَ مَا كَانُوا لَهُمْ أَعْدَاءً وَ  
كَانُوا بِعِبَادَتِهِمْ كُفْرِينَ ﴿٦﴾

وَإِذْ أَنْشَأَ عَلَيْهِمُ آيَاتِنَا بَيِّنَاتٍ قَالَ  
الَّذِينَ كَفَرُوا لِلْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ هَذَا  
سِحْرٌ مُّبِينٌ ﴿٧﴾

أَمْ يَقُولُونَ اضْرِبْهُ قُلْ إِنْ اضْرَيْتَهُ فَلَا  
تَمْلِكُونَ لِي مِنَ اللَّهِ شَيْئًا هُوَ أَعْلَمُ بِمَا  
تُفِيضُونَ فِيهِ كَفَىٰ بِهِ شَرِيذَ الْبَاقِيَةِ وَ  
بَيِّنَاتٍ وَهُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿٨﴾

قُلْ مَا كُنْتُ بِدَاعٍ مِنَ الرُّسُلِ وَمَا أَدْرِي  
مَا يُفْعَلُ بِي وَلَا بِكُمْ إِنْ أَتَيْتُمْ إِلَّا مَا  
يُؤْتَىٰ إِلَىٰ وَمَا أَنَا إِلَّا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٩﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ كَانَ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَ  
كَفَرْتُمْ بِهِ وَشَهِدَ شَاهِدٌ مِنْ بَنِي

6. Abo bakatonda be basinza ku lunaku lw'enkomerero bagenda kuba batabe babo ababa sinza, era balibeegaana nti ffe tetubalagiranga kutusinza, era ffe tetugwanira kusinzibwa.

ku kigifaanana n'akkiriza (ate mmwe Abakuraish) ne mwekukuluntaza? Mazima Katonda talunggama kibiina kya balyazaamaanyi.

11. Abo abaagaana (okukkiriza) ne bagamba abo abakkiriza nti: Singa kibadde kirungi (ekyo Muhammadi ky'aleese—Obubaka) tebanditusoose kukyeyunira. Okuva lwe (balaba) nga tebaalunggame nakyo, kati kwe kugamba nti: Buno bulimba bwa dda!

12. Nga n'oluberyeberye lwayo (Kuraane, waaliwo) Ekitabo kya Musa (Tauraati), ekigobererwa era ekyokusaasira (eri abo abaakigoberera); na kino Ekitabo (Kuraane) kikakasa amazima ga (Tauraati n'ebirala) ebyava ewa Katonda, (kyassibwa) nga kya lulimi Luwarabu kiryoke kitiise abo abaalayazaamaanya (emyoyo gyabwe) era nga kisanyusa abalongoofu (abakkiriza).

13. Mazima abo abaagamba nti: Omutonzi waffe ye Katonda yekka, n'oluvannyuma ne balunggama (ku kkubo eggolokofu), abo tebalina kutya era si ba kunakuwala.

14. Abo be bannannyini Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), ba kugibeeramu lubeerera: nga (eyo) y'empeera y'ebyo bye baalinga bakola (mu mirimu emirungi).

إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ١١  
إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ ذَكِيٌّ ١٢

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا الَّذِينَ آمَنُوا لَوْ  
كَانَ خَيْرًا لَّآ سَبَقُونَا إِلَيْهِ وَإِذْ لَمْ يَمْدُدْ  
بِهِمْ سَيْفُؤُنَا هَذَا الْفِكَرِ قَدِيرٌ ١١

وَمَنْ قَبْلَهُ كَتَبَ مُوسَىٰ إِمَامًا وَرَحْمَةً  
وَهَذَا كِتَابٌ مُّصَدِّقٌ لِّسَاءِ آخَرِينَ الَّذِينَ  
الَّذِينَ ظَلَمُوا أَقْبَلُوا بِشُرَى الْمَحْسِنِينَ ١٢

إِنَّ الَّذِينَ قَالُوا رَبُّنَا اللَّهُ ثُمَّ اسْتَقَامُوا  
فَلَا تَخَوْفَ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ١٣

أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ الْجَنَّةِ خَالِدِينَ فِيهَا  
حِزَابًا ١٣

11. Abakafiiri abakungu ne bannaggagga b'omu Makka baagambanga nga banyoomerera obubaka Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yaweewa nti: "Singa ebyo Nabbi by'aleese bibadde mu akalungi konna, abo aba wansi tebanditusoose kukkiriza kubanga ffe tubasinga okutegeera." Baayongerera okuvvoola Kuraane ne bagamba nti: Ebyo bya bulimba obwedda, byaggibwa mu bigambo by'enfumo n'engero z'abaasooka."



15. Ne tulaamira omuntu okuyisa obulungi bakadde be. Nnyina yali olubuto lwe mu buzibu era n'amuzaaala mu buzibu, (ekiseera kyo) olubuto lwe (n'okutuusa) ku kumuggya ku mabeere (kyatwala) emyezi amakumi asatu, okutuusa, lw'aba nga atuusizza obukulu bwe (n'asajjakulira ddala) n'aweza emyaka amakumi ana, (omwana omulungi) agamba nti: Ai Mukama Katonda wange! Njigiriza onsobozese okwebaza ekyengera Kyo ekyo kye wangabira nze, (n'okigaba) ne ku bakadde bange, era (onsobozese) nkole emirimu emirungi gy'osiima. Era (nsaasira) onnongooseze mu zzadde lyange. Mazima nze nneenenyezza nzize gy'Oli, era ddala nze ndi wa mu Basi-raamu (abceweerayo ddala gy'Oli).

وَوَصَّيْنَا الْإِنْسَانَ بِوَالِدَيْهِ إِحْسَانًا  
حَمَلَتْهُ أُمُّهُ كُرْهًا وَوَضَعَتْهُ كُرْهًا  
وَحَمَلُهُ وَفِصْلُهُ ثَلَاثُونَ شَهْرًا حَتَّىٰ  
إِذَا بَلَغَ أَشُدَّهُ لَا وَبَلَغَ أَرْبَعِينَ سَنَةً  
قَالَ رَبِّ آذِنْ لِي أَنْ أَشْكُرَ نِعْمَتَكَ  
الَّتِي أَنْعَمْتَ عَلَيَّ وَعَلَىٰ وَالِدَيَّ وَأَنْ  
أَعْمَلَ صَالِحًا تَرْضَاهُ وَأَصْلِحْ لِي فِي  
دِينِي إِنَّي أَنَا مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿١٥﴾

16. Abo be bo be tukkiriza okuva gye bali ebirungi ebyo bye baakola ne tusonyiwa ebibi byabwe. (Ba kubeeera nga) bali mu bannannyini kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe): (Kuno nga kwe kuliba okutuukiriza) Endagaano ey'amazima eyo gye baalinga balagaanyisibwa (nga bali ku nsi).

أُولَٰئِكَ الَّذِينَ نَتَقَبَّلُ عَنْهُمْ أَحْسَنَ مَا  
عَاوَأُوا وَنَتَجَاوَزُ عَنْ سَيِّئَاتِهِمْ فِي أَصْحَابِ الْجَنَّةِ  
وَعَدَ الصَّادِقِ الذِّي كَانُوا يُوْعَدُونَ ﴿١٦﴾

15. Ekitegeezebwa n'ebbanga ly'olubuto ng'ogasseeko n'ery'okuyonsa okubanga liwera emyezi amakumi asatu mw'esatu kiri nti; ebbanga erisinga okuba ettono olubuto lye lumala liri emyezi mukaaga. Awo omwana bw'azaalibwa kw'egyo, wadde nga olubuto luba terutusizza banga lyalwo mu butonde erijjuvu, kyokka omwana abikibwa n'akula. Ye omwana ayonkera emyaka ebiri ddu singa omuzadde aba ayagadde okuyonsa omwana we mu bujjuvu. Okugaita awamu gy'emyezi amakumi asatu.

Ate ye omuntu okubalibwa nti akuze attuuludde kutandikira wakati wa myaka amakumi asatu n'ana. Omuntu w'awereza emyaka amakumi ana, aba amaze okujjula amagezi ge n'okutegeera kwe, n'ebirowoozo bye. Egyo gy'emyaka omuntu mwe yeetegekera, bw'aba omulunngamu, alowooza ebyo ebiribaawo oluvannyuma lw'obulamu bw'ensi.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu bw'aweza emyaka amakumi ana, Katonda akendeeza okumubala, bw'aweza enkaaga Katonda n'amugabira (omwoyo) gw'okwenenya n'okudda gy'Ali; ate bw'aweza ensanvu, bamalaika abali mu ggulu ne bamwagala. Bw'aweza ekinaana olwo Katonda n'akakasa ebirungi bye n'asangulawo ebibi bye. Nga awezeza ekyenda, Katonda n'amusonyiwa ebibi bye ebyasooka n'eb'y'oluvannyuma—olwo n'amukkiriza okuwolereza abantu b'omu maka ge, n'awandiikwa mu ggulu ng'ayitibwa omuwambe wa Katonda ali mu nsi.

17. N'oyo eyagamba bakadde be (nga bamulagidde okukkiriza): Mwenyinyalwa mmwe mwembiriri! Muntii-satiisa nti ndi wa kufuluma (nzigyibwe mu ntaana) nga mazima gyayita dda emirembe oluberyeberye (naye nga abantu baagyo tewali n'omu yali azuukidde)? Olwo nga bombi bawanjagira Katonda abayambe (nga bagamba) nti: Zikusanze ggwe! Kkiriza (ebyo ebikugambibwa)! Ddala endagaano ya Katonda ya Mazima. Kyokka (ye omwana nga) agamba nti: Tebiri ebyo (bye mwogera) wabula ngero z'abaasooka:
18. Abo (ab'ekika ekyo) be bo abaakakatako ekigambo (ky'okubonerezebwa ebibonyobonyo by'omuliro, ababalibwa) mu bibiina ebyayita oluberyeberye lwabwe mu mageege ne mu bantu. Mazima ddala bo baali abaafaaganiddwa.
19. Era buli omu alina amadaala (agasaanira) mw'ebyo bye yakola, era (Katonda abagereka mu madaala atyo) alyoke atuukirize okubasasula (empeera) z'emirimu gyabwe. Nabo si ba kulyazaamaanyizibwa!
20. (Bajjukize) n'Oulunaku lwe balyanjulwa abo abagaana (okukkiriza) eri omuliro (bagambibwe nti): Mwamalawo eburungi byammwe mu bulamu bwammwe obw'oku nsi, ne mweyagala nabyo (ne mwemalamu awatali kubyeyambisa mu kwesibira ntanda ya Bulamu bwa Nkomerero). (Kati nno) olwa leero mujja kusulwa ebibonyobonyo ebinyoomesa olw'engeri gye mwali mwekuluntalizaamu mu nsi mu bitali bituufu, n'olw'ebyo bye mwali mwonoona.

وَالَّذِينَ قَالَ لِوَالِدَيْهِ أَتِ لَكُمْ مَا  
 اتَّعَدْتُمْنِي أَنْ أُخْرَجَ وَقَدْ خَلَيْتَ  
 الْفُرُوزَ مِنْ قَبْلِي ۗ وَهُمَا يَسْتَفِئِفْنِ  
 اللَّهُ وَيَلَاكُ مِنْ قَائِلٍ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ ۗ  
 يَقُولُونَ مَا هَذَا إِلَّا سَاطِرٌ آلٍ الَّذِينَ

أُولَئِكَ الَّذِينَ حَقَّ عَلَيْهِمُ الْقَوْلُ  
 فِي أُمَمٍ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِهِمْ مِنَ  
 الْجِنِّ وَالْإِنْسِ إِنَّهُمْ كَانُوا  
 خَاسِرِينَ ۝۱۸

وَلِكُلِّ دَرَجَةٍ مِمَّا عَمِلُوا ۗ وَيُؤْتِيهِمْ  
 أَعْمَالَهُمْ ۗ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ۝۱۹

وَيَوْمَ يُعْرَضُ الَّذِينَ كَفَرُوا عَلَى النَّارِ  
 أَذْهَبْتُمْ طَيْبَاتِكُمْ فِي حَيَاتِكُمُ الدُّنْيَا  
 وَاسْتَمْتَعْتُمْ بِهَا ۗ فَالْيَوْمَ يُنْجَرُونَ عَذَابِ  
 الْهُونِ بِمَا كُنتُمْ تَسْتَكْبِرُونَ فِي  
 الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ ۗ وَبِمَا كُنتُمْ  
 تَفْسُقُونَ ۝۲۰

21. Era (bajjukize Ggwe Muhammadi, ekyafaayo kya Nabbi Huudu) muganda wa Ba-Aadi mu kiscera bwe yatiisa ekibiina kye ekyabee-ranga mu bitundu eby'ebisozisozi (by'omusenyu)—ng'ate mazima baa-yita dda (ababaka) abaatiisanga (ebibiina byabwe ebibonerezo) oluberyeberye lwe n'oluvannyuma lwe (nga bagamba nti),—temusin-zanga wabula Katonda yekka. Mazima nze mbatiisa mmwe ebibonyobonyo by'Olunaku Olunene.

وَأَذْكُرُ أَخَا عَادٍ إِذْ أَنْذَرَ قَوْمَهُ بِالْأَحْقَافِ  
وَقَدْ خَلَّتِ السُّدُورُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ  
وَمَنْ خَلْفَهُمْ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ رَبِّي  
أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٢١﴾

22. Ne bamugamba nti: Otujjidde olyoke otuggye (ku kusinza) bakatonda baffe? Kale tuleetere ebyo (ebibonerezo) by'otutiisa bw'oba nga oli mu boogera Amazima.

قَالُوا أَجِئْتَنَا لِنَأْفِكَنَا عَنِ الْهَيْئَةِ  
فَأْتِنَا بِمَا تَعِدُنَا إِنْ كُنْتَ مِنَ  
الصَّادِقِينَ ﴿٢٢﴾

23. N'abagamba nti: Mazima akumanya (ekiseera ky'okutuuka kwabyo) kuli eri Katonda (yekka). Nze ku lwange mbatusaako ekyo kye ntumiddwa nakyo, naye mazima nze mbalaba nga muli kibiina ekitamanyi (ekyo kibagasa na kitabagasa).

قَالَ إِنَّمَا الْعِلْمُ عِنْدَ اللَّهِ وَأُبَلِّغُكُمْ  
مَا أُرْسِلْتُ بِهِ وَلَكِنِّي أَرَاكُمْ قَوْمًا  
تَجْهَلُونَ ﴿٢٣﴾

24. (Oluvannyumako) bwe baalaba (ebibonyobonyo mu ngeri) y'ekire (ekikwafu) nga kisaasaanidde empuuyi z'eggulu nga kyolekedde olusenyi lwabwe, ne bagamba nti: Ekyo ekire kituleetedde nkuba. (Baagambibwa nti: Si bwe kiri) wabula kyo by'ebyo (ebibonerezo) bye mwasabanga bibaleeterwe bunnambiro, (yo mpewo eya) kikunngunta alimu ebibonyobonyo ebiruma,

فَلَمَّا رَأَوْهُ عَارِضًا مُسْتَقْبِلَ أَوْدِيَّتِهِمْ  
قَالُوا هَذَا عَارِضٌ مُهَيَّبٌ نَأْتِيهِمْ  
مُطْرًا نَدْبُلُ بِهِ رِجُلَنَا وَهُمْ  
مُتَحَدِّثُونَ ﴿٢٤﴾

24-25. Ebyafaayo biranga nga abantu ba Nabbi Huudu, ab'ekika kya Aadi baafuna ekyeya kyamaanyi okusooka ekyakaliza ddala ensi yaabwe n'ekala. Kale olwalaba ogule ogukutte kazigizigi nga gutimbye eggulu nga guseeyeya guboolekedde mu kitundu mwe baali, ne basanyuka nnyo nga balowooza nti nkuba y'ebajjira. Sso nedda baali beerimbye, ebibonerezo ebyo bye baapeekanga Nabbi waabwe abibaleeterwe bunnambiro bye byali bigoby obumale.

25. Abetenta buli kintu ku lw'ekiragiro kya Mukama waayo. Ne bakeesa nga tewali kirabika wabula ebifo byabwe amatongo (mwe baabadde nga olwo bonna bazikiridde). Bwe kityo bwe tusasula ekibiina ky'abonoonyi.

تُدْمِرُ كُلَّ شَيْءٍ بِأَمْرِ رَبِّهَا فَاصْبِرْ حَتَّىٰ يَأْتِيَ  
بِرَبِّكَ إِذْ يَأْتِيكَ بِالسَّحَابِ مِثْلَ بَدْرِ  
لَيْلَىٰ ۚ أَلَمْ يَسْأَلْهُمْ كَذَلِكَ يَجْزِي  
الْقَوْمَ الْمُجْرِمِينَ ﴿٤٥﴾

26. Mazima (nga twali) twabatebenkeza (ab'ekibiina kya Huudu) mu nsi mw'ebyo bye tutabatebenkezzaamu (mmwe Abakuraish), ne tubassaako amatu agawulira n'amaaso agalaba, n'emitima egitegeera kyokka tegaabagasa bo amatu gaabwe wadde amaaso gaabwe n'emitima gyabwe mu kintu kyonna mu kiseera bwe baalinga bawakanya obubonero bwa Katonda; ne bibazingiza (ebibonerezo) ebyo bye baalinga banyoomerera!

وَلَقَدْ مَكَّنَّا لَهُمْ فِيهَا أَنْ مَسَّكَتُمْ فِيهِ  
وَجَعَلْنَا لَهُمْ سَمْعًا وَأَبْصَارًا وَأَفْئِدَةً  
فَمَا أَغْنَىٰ عَنْهُمْ سَمْعُهُمْ وَلَا أَبْصَارُهُمْ  
وَلَا أَفْئِدَتُهُمْ مِنْ شَيْءٍ إِذْ كَانُوا يَجْحَدُونَ  
بِآيَاتِ اللَّهِ وَحَاقَ بِهِمْ مَا كَانُوا يَهِيمُونَ  
فَاسْتَهْزِئُوا ۗ ﴿٤٦﴾

27. Mazima twazikiriza ebyalo bingi ebyo ebyali bibeetoolodde emabbali wammwe (mmwe ab'omu Makka), ne tunnyonyola Obujulizi (mu buli ngeri) oba olyawo ne baddirira (ne bava ku bukafiiri).

وَلَقَدْ أَهْلَكْنَا مَا خَوْلَكُمْ مِنَ الْقُرَىٰ  
وَصَوَّافُنَا الْأَيْتِ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٤٧﴾

28. Abaffe lwaki kale tebaaabataasa abo be baafuula abatali Katonda bakatonda ab'okubasembeza (eri Katonda)? Nedda, wabula baababulako (mu kiscera we beetaagira obuyambi) N'obwo bwe (bwali) obulimba bwabwe, n'ebyo bye baalinga bagunjawo.

فَلَوْلَا نَصْرُهُمُ الَّذِينَ اتَّخَذُوا مِنْ  
دُونِ اللَّهِ قُرْبَانًا آلِهَةً بَلَّ صَلَوَاتُهُمْ  
وَذَلِكَ أَنكَلَهُمْ وَمَا كَانُوا يُفْعَلُونَ ﴿٤٨﴾

Wabula bakitawe byabajjira kibwatukira nga tebabisuubira n'akatono. Yali kikunngunnta ow'empewo ejjudde omusenyu, amayinja n'ebirala, yazikiriza ensi yaabwe yonna ng'omwo mwe muli emisiri gyabwe, amayumba n'ebiramu byonna nga nabo mwe batwaliddwa. Okukeesa enkyo nga matongo gokka ge galabikako, nga wonna wasiikiridde nga awataabadde bantu.

26. Abantu b'ekika kya Aadi ne bannaabwe abaabaddira mu bigere Katonda yali abawadde amaanyi n'obusobozi ne baba nga beekansa mu bintu bingi ddala, ne batabenkerera ddala mu nsi. Bo Abakuraish baali tebasemberera n'akatono abo aba Aadi ne Thamuudu. Kale oba Katonda yazikiriza abo abaali basinga bano mu byonna olw'okujcemera obubaka Bwe, lwaki bano Abakuraish tebakifuula ekyo kyakulabirako, bo ne bakikiriza Nabbi n'Obubaka bw'abaletedde!

29. Jjukira (Ggwe Muhammadi) bwe twaaleta gy'oli ekibiina ky'amageege (amajinni) nga gawuliriza (okusoma kwa) Kuraane (mu kasirise), bwe gaamala okusemberera okusoma okwo, (ne googeranya) nti: Muwulirize (Ebigambo bya Mukama Katonda)! Ate okusoma bwe kwamala okuggwa ne gakyuka nga gaddayo eri ekibiina kyago nga gakiitiisa (ebibonerezo bya Katonda).

وَأَذْهَبْنَا إِلَيْكَ نَفْرًا مِّنَ الْجِبِّ  
يَسْتَمْعُونَ الْقُرْآنَ فَلَمَّا حَضَرُوهُ  
قَالُوا أَصْغَوْا هَهُنَا فَلَئِمَّا فَضِي الذَّكْوَالِ  
تَوْمَهُمْ مُّسْتَذْرِبِينَ ﴿٢٩﴾

30. Ne bagamba nti: Abange ab'ekibiina kyaffe! Mazima ffe tuwulidde Ekitabo (Kuraane) ekyassibwa oluvannyuma lwa (Nabbi) Musa, nga kikasasa amazima g'ebyo ebiri mu maaso gaakyo (ebitabo ebyasooka): Kirungamyeri eri amazima n'eri ekkubo eegolokofu.

قَالُوا يَقَوْمَنَا إِنَّا سَمِعْنَا كِتَابًا أُنزِلَ مِنْ  
بَعْدِ مُوسَىٰ مُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ  
يَهْدِي إِلَى الْحَقِّ وَإِلَى طَرِيقٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٣٠﴾

31. Abange ab'ekibiina kyaffe! Mwanukule omukoowoozi wa Katonda (abayita gy'Ali) era mumukkirize abasonyiwe ebibi byammwe abawonye ebibonyobonyo ebiruma.

يَقَوْمَنَا أَجِيبُوا دَاعِيَ اللَّهِ وَآمِنُوا بِهِ  
يَعْرِفْ لَكُمْ مِنْ دُونِكُمْ وَيُجِرْكُمْ مِنْ  
عَذَابِ الْيَوْمِ ﴿٣١﴾

32. N'omuntu atayanukula mukoo-woozu wa Katonda si wa kulemera ku nsi (mu ngeri yonna) era talina bataasa (ba kumutaasa) atali Ye (Katonda). Abo (abataanukula) bali mu bubuze obw'enkukunala.

وَمَنْ لَا يُجِبْ دَاعِيَ اللَّهِ فَلَيْسَ بِمُعْجِزٍ  
فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي سَمَوَاتِهَا وَلَهُمْ فِي  
أُولَئِكَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٣٢﴾

32. Ekyafaayo kino kimala okukakasa okubaawo kw'amageege (amajinni), n'okukakasa nti gasobola okuwulira okusoma Kuraane era n'okutegeera nti gasobola okukkiriza oba obutakkiriza, era gasobola okubula n'okulungama. N'olw'ekyo tewali kyetaagisa kunoonyereza kusingako awo mu kukakasa okubaawo kw'ebitonde ebiiyitibwa amajinni oluvannyuma lwa Katonda okutunnyonyola okubaawo kw'ebitonde ebyo mu kitabo Kye Ekitukuvu mu aya ezitali zimu mu ssuala ez'enjawulo.

Ddala ebyo ebitonde birina enjawulo ku muntu mu kutondebwa kwabyo era ffe abantu tetusobola kubiraba. Ensi eno gye tulimu ejujude ebyama bya Katonda bye tutasobola kumanya; ne bye tumanyiiko bye bitono okusinga ebyo bye tutamanyi. Kale Katonda bw'aba atumanyisizza ku bimu kw'ebyo ng'ayita mu Bubaka bw'atuweerezza, tetulina kirala kyonna okuggyako okukkiriza n'okwebaza ekyo ky'atuyigirizza. Ne mw'ebyo bye yatuyigiriza ku majinni mu njawulo gye galina ku ffe, bye bino: Okubeera nga yagatonda mu muliro, okubeera nga gatulaba nga ffe abantu tetugalaba, okubeera nga gaasobolanga okulinnya waggulu awatali kweyambisa kintu kyonna.

33. Abaffe tebalaba nti mazima Katonda, Oyo eyatonda eggulu n'ensi n'atalemererwa (wadde okukoowa mu) kubitonda, nti asobola okuzuukiza abafu? Yee (asobola), mazima Ye Muyinza ku buli kintu.

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضَ وَلَمْ يَعْصِ بِخَلْقِهِمْ يَفْعَلْ  
عَلَىٰ أَنْ يُعْجِبَ الْمُؤْمِنِينَ ۗ عَلَىٰ  
كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٣٣﴾

34. (Bajjukize) n'Olunaku lwe bahyanjulwa abo abaagaana okukkiriza awali omuliro (babuuzibwe nti): Tekiri kino (kigambo) kya mazima? Bagambe nti: Yee tulayidde Mukama Katonda waffe! (Gwo ge mazima). (Katonda) alibagamba nti: Kale mukombe ku bibonyobonyo ku lw'ebyo bye mwali muwakanya.

وَيَوْمَ يُعْرَضُ الَّذِينَ كَفَرُوا عَلَى النَّارِ  
أَلَيْسَ هَذَا إِلهَ الْحَقِّ قَالُوا بَلَىٰ وَرَبِّنَا  
قَالَ فَذُوقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٣٤﴾

35. Kale gumiikiriza Ggwe Muhammadi nga bwe baagumikiriza ababaka abavumu bannannyini bumalirivu (abo abaakusooka). Era tobabugutanira (abo abatakkiriza ng'olulunkanira mbu banguyizibwe ebibone-rezo). Mazima bo Olunaku lwe baliraba ebyo ebalagaanyisibwa balibeera nga abataatuulako (kuno ku nsi) wabula ekiseera obuseera mu budde obw'emisana. Okwo kubuulira okumatiza. Abaffe alizikirira (omulala yenna) okuggyako ekibiina ky'abonoonyi?

فَأَصْبِرْ لِمَا صَبَرَ أُولُو الْعِزَّةِ مِنَ الرِّسَالِ  
وَلَا تَسْجُدْ لَهُمْ كَمَا سَجَدُ لَهُمْ يَوْمَ يَرُونَ مَا  
يُوعَدُونَ لَمْ يَلْبِسُوا إِلَّا سَاعَةً مِّنْ مَّهَارٍ  
بَلْغَرُّ هَمَلٍ بِيَهْلِكَ إِلَّا الْقَوْمُ الْفَاسِقُونَ ﴿٣٥﴾

35. Katonda tagenda kubonyabonya wabula oyo atekwa okubonyabonyezebwa ku lw'oku-gaana okugondera amateeka Ge n'atakkiriza n'agenda mu maaso n'okwonoona mu nsi.

## EBIFA KU SSUULA MUHAMMAD MU BUFUNZE (47)

Essuula eno eyitibwa Muhammadi okuva mu aya eyokubiri erinnya lya Mutume Muhammadi (s.a.w.) mwe lyogererwako. Yakkira Madiina nga Hijira emaze okukolebwa nga olwo n'etteeka eriragira Abasiraamu okulwanirira Eddiini (*Jihaad*) limaze okussibwa kyokka nga kwo okulwaana kwennyini tekunnatandika.

Mu kiseera we yakkira Abasiraamu mu Buwarabu, naddala mu Makka, baali beetyotyogolerwako nnyo nga bawalagganyizibwa n'okutuntuzibwa abatakkiriza. Wadde nga kati Abasiraamu baali bamaze okusengukira e Madiina kyokka nayo Abakuraish abatakkiriza tebaabaganya kuwummulako oba okuweera bwe kityo abalabe b'Eddiini beebungulura ekibuga Madiina Abasiraamu mwe baali babudamy'e nga baluubirira basaanyizeewo ddala Abasiraamu. Mu mbecera eya kanaayokyani ng'eyo Abasiraamu baalina kulondawo oba balekerere eky'okusaasaanya Obubaka bawanikire abatakkiriza, oba si ekyo basitukiremu babalulewo olutalo ne bwe kiba nga kyalisaanyizzaawo obulamu bw'abamu kyokka ne wafunibwa okutebenkerera ddala lumu obutaddayo kulumbaganwa ssi nsonga Obusiraamu bwe buwangudde ne bukajjala mu Buwarabu oba enzikiriza ez'obutamanyi eza bakatonda abangi. Bw'atyo nno ne ku mulundi guno Katonda kwe kulaga Abakkiriza ekkubo lye limu ery'obumalirivu n'okwewaaayo, nga lye kkubo lyokka ery'abakkiriza abaddala—Etteeka eryasooka okukkiriza okulwana Jihaad mu Ssuula Bakara, aya 39 ne kuddako okukubiriza abakkiriza balwane mu aya 190 essuula y'emu.

Olw'embeera bw'etyo, Essuula eno yassibwa n'ekigendererwa ekikulu nga kya kulagira Basiraamu beetegekere olutalo era n'okubawa amateeka n'ebiragiro eby'okubayamba mw'ekyo, eky'okulwana. Katonda atandika Essuula n'okugamba nga abatakkiriza bwe beerema okukkiriza. Amazima bwe batyo ne balobera abalala ku Kkubo lya Katonda, ate bo Abasiraamu ne bakkiriza Amazima ago Katonda ge yassa ku Muddu we Muhammadi (s.a.w.). N'olwekyo mu nkomerero, Katonda afumya emirimu gy'abatakkiriza ne gibafa busa tebalifuna mpeera yonna ku Nkomerero wabula n'alongoosa embeera n'emirimu gy'Abakkiriza ne bagobololamu.

Essuula ezzaako okuva Abasiraamu amateeka n'ebiragiro bibateekateekere olutalo: bakakasibwa nga Katonda bw'anaabataasa n'okubalunggama: balagaanyisibwa empeera ennungi olw'okweresa ne balwana mu Kkubo lya Katonda: Era bamatizibwa nti okulafuubana kwabwe ku lw'okuyimirizaawo Amazima si kwa kubafa busa, wabula ba kukufunamu empeera mpitirivu mu bulamu bw'oku nsi n'Obw'oluvannyuma.

Bo abatakkiriza bagambibwa nga Katonda bw'abavuddemu takyabafaako wadde okubalunggama: Byonna bye beekongolobojja nabyo mbu bakuuba abakkiriza si bya kuyitam, ate nga ekyo kya kubasuula ku nkomerero embi ennyo muno mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Obanga baaloozwa nti okugoba Nabbi (s.a.w.) wa Katonda mu Makka bwali buwanguzi gye bali, okwo kwali kwettattana, kubanga mw'ekyo okukola batyo kwali kweyanguyiriza katyabaga.


Kati Essuula ekyukidde abannanfuusi abo abaalinga becyoleza ng'Abasiraamu abaddala nga etteeka eriragira okulwana terinnassibwa ate oluvannyuma ne gabamyuka ekiragiro nga kissiddwa olwo ne batandika okwekobaana n'abatakkiriza balyoke bawone ekibabu ky'olutalo. Balabulwa ne ssekulabulwa nti tewali kikulwa kyonna kikkirizibwa kya muntu akolera Katonda n'Omubaka We obunnanfuusi. Bagambibwa nti abo bonna ababa beebala nti Bakkiriza bateekwa okugezesebwa kimanyike oba omuntu ali ku ludda lwa Mazima oba lwa bulimba, obanga omuntu awagira Busiraamu

n'Abasiraamu oba ali ku butakkiriza n'abatakkiriza, obanga omuntu asiimawo mwoyo gwe na kwagala kwe oba Amazima ago g'aba agamba nti g'aliko era g'akkiriza. Oyo yenna ekigezo kino gwe kikuba oluku mu mutwe taba mukkiriza, era Essaala ze n'Okusiiba kwe n'okutoola kwe Zzakaati tebisasulirwa mpeera awali Katonda.

Bo Abasiraamu bakubirizibwa tebaterebuka olw'okulaba nga batono mu muwendo gwabwe n'okuba nga ebyokulwanyisa byabwe biyaba ng'ate abatakkiriza bangiddala era babagalidde n'ebiyokulwanyisa eby'amaanyi: bakalaatirwa nti tebafootookerera ne booleka obunafu ne basaba emirembe olwo n'abatakkiriza bamale beeyongere obuvumu n'amaanyi okulwanyisa Obusiraamu n'Abusiraamu; wabula bateekwa basse okwesiga kwonna mu Katonda Omu bannange eggye ly'obutakkiriza baliseseggule, kubanga Katonda Ali nabo era be b'okuwangula bo abonoonyi baswazibwe.

Essuula ewunzika ng'ekubiriza Abasiraamu baweeyo emmaali yaabwe mu Kkubo lya Katonda. Ekyo lwa kubanga baali bateekwa okwefubako beekuume era bakuume n'Enzikiriza yaabwe eri obulumbaganyi bw'abatakkiriza. Era baali basaanye baweeyo emmaali eyo olw'okusitula Eddiini ya Katonda n'olw'okwetegekera entalo. N'olwekyo bagambibwa kaate nti oyo yenna anaakodowala, anaaba talina ky'alumyamu Katonda wabula anaaba yeezikiriza yekka. Katonda teyeetaaga buyambi bwa bantu.





## ESSUULA MUHAMMADI (47)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 4 ne Aya 38

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Mazima abo abaagaana (okukkiriza ne beeziyiza era) ne baziyiza abantu (abalala) okujja eri ekkubo lya Katonda (eddiini Ye), (Katonda) ajja kwonoono emirimu gyabwe (baleme kufunamu mpeera).
2. N'abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi ne bakkiriza ebyo ebyassibwa ku Muhammadi—nago ge Mazima agaava eri Mukama waabwe—(Katonda) asangulawo ebibi byabwe n'alongoosa embeera yaabwe.
3. Ekyo lwa kubanga mazima abo abaagaana okukkiriza baagoberera ebitali bituufu nga ate ddala abo abakkiriza baagoberera Amazima agaava eri Mukama waabwe. Bwe kityo Katonda bw'akubira abantu ebifaananyi byabwe (balyoke bala-bireko).
4. Kale nno bwe mubanga musisinkanye abo abaagana okukkiriza (mu lutabaalo) mubakubenga ku nsingo (zaabwe) okutuusa bwe muliba nga mubanafuyizza, olwo musibe abawambe: (n'ekiddirira) oba okubata mu bulungi oluvannyuma (Iw'olutalo) oba okubasaba ennunuzi (beenunule): (Buli lwe wanaazukangawo olutalo mukolanga bwe mutyo)

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ  
أَصْلَ أَعْمَالِهِمْ ①

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَآمَنُوا  
بِمَا نَزَّلَ عَلَىٰ مُحَمَّدٍ وَهُوَ الْحَقُّ مِنْ رَبِّهِمْ  
كَفَرُوا عَنْهُمْ سَبِيلًا نَهَمُوا وَأَصْلَحُوا بِاللَّهِ ②

ذَلِكَ بِأَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا اتَّبَعُوا الْبَاطِلَ  
وَأَنَّ الَّذِينَ آمَنُوا اتَّبَعُوا الْحَقَّ مِنْ  
رَبِّهِمْ كَذَلِكَ يَضْرِبُ اللَّهُ لِلنَّاسِ أَمْثَالَهُمْ ③

فَإِذِ الْقَبِيحَةُ الَّذِينَ كَفَرُوا فَضْرَبَ الرِّقَابِ  
حَتَّىٰ إِذَا أَتَخْتَمُوا وَهُمْ فَنَشُدُّ وَالْوَتَانَ  
فَإِمَّا مَنًّا بَعْدَ وَإِمَّا فِدَاءً حَتَّىٰ تَضَعَ  
الْحَرْبُ أَرْزَارَهَا ذَٰلِكَ طَوْوَيْشَاءُ اللَّهِ  
لَا تَنْصَرِفُ مِنْهُمْ وَلَكِنَّ لِيَبْأُوْا بَعْضَكُمْ

عَنْ عَبْدِ الرَّحْمَنِ بْنِ

okutuusa olutalo lwe lulissa obuzito bwalwo (ne luggwa). Ekyo ky'ekyo (kye mulagirwa): Singa Katonda yayagala yandibeetaasizzaako (n'abeesasulizaako abakaafiiri Ye ku Bubwe awatali kulagira mmwe kulwana) naye (bw'aty yalagira lutalo) alyoke ageze abamu mu mmwe ne bannaabwe (abakkiriza abageze n'okulwanyisa abakafiiri): N'abo abattirwa mu kkubo lya Katonda, tagenda kwonoona mirimu gyabwe.

5. Wa kubalunggama era alongoose embeera yaabwe.
6. Era alibayingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe eyo) gye yabategezaako.
7. Abange mmwe abakkiriza bwe muba nga mutaasizza eddiini ya Katonda, Naye ajja kubataasa era anyweze ebigere byammwe.
8. N'abo abaagaana okukkiriza okuzikirira kuli ku bo era (Katonda) wa kwonoona emirimu gyabwe (gibafe busa).
9. Ekyo lwa kubanga mazima bo batamwa cbyo Katonda bye yassa, Naye n'ayonoona emirimu gyabwe.
10. Abaffe, tebatambulako mu nsi ne batunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abo abaaliwo oluberyeberye lwabwe (abaayonoona)? Katonda yababetenta (ne bazikirira bonna). (Ne mu bano abo) abaagaana okukkiriza balina ekifaananyi ky'ekyo.
11. Ekyo lwa kubanga mazima Katonda ye Mutaasa w'abo abakkiriza (abaa-

بِعَضِّ وَالَّذِينَ قُتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ  
فَلَنْ يُضِلَّ أَعْمَالَهُمْ ⑤

سَيَهْدِيهِمْ وَيُضِلُّهُمُ بِاللَّهِ ⑤

وَيُدْخِلُهُمُ الْجَنَّةَ عَرَّفَتْهَا لَهُمْ ⑥

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ تَنصَرُوا لِلَّهِ  
يُنصِرْكُمْ وَيُخْرِجْكُمْ مِنْكُمْ ⑥

وَالَّذِينَ كَفَرُوا فَتَعَسَا لَهُمُ الْوُجُوهُ  
أَعْمَالَهُمْ ⑦

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَفَرُوا مَا أَنْزَلَ اللَّهُ  
فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ ⑧

أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا كَيْفَ  
كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ دَمَّرَ  
اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَلِلْكَافِرِينَ أَمْتًا لَهُمْ ⑩

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ مَوْلَى الَّذِينَ آمَنُوا وَ



16. Era mulimu abo mu bo abakuwuliriza (ebigambo byo Gwe Muhammadi—Abannanfuusi) okutuusa, lwe baba nga bafulumye okuva w'oli ne bagamba eri abo abaawebwa okumanya nti: Kiki ekyo ky'abadde agamba mu kiseera ekyo? Abo be bo Katonda be yazibikira ku mitima gyabwe, ne bagoberera okwagala kwabwe.

وَمِنْهُمْ مَّنْ يَسْمِعُ إِلَيْكَ حَتَّىٰ إِذَا خَرَجُوا  
مِنْ عِنْدِكَ قَالُوا لِلَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ  
مَاذَا قَالَ أَنْفَاءُ أُولَٰئِكَ الَّذِينَ طَبَعَ  
اللَّهُ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ وَاتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ ﴿١٦﴾

17. Sso ng'abo abalungamu abongera kulungama, n'abawa okutya kwabwe Katonda:

وَالَّذِينَ اهْتَدَوْا زَادَهُمْ هُدًى وَ  
آتَاهُمْ تَقْوَاهُمْ ﴿١٧﴾

18. Abaffe balindirirayo (ekirala) okugyako Ekiseera Eky'enkomerero okubajjira ekibwatukira? Nga ddala bumaze n'okuggya (obumu mu) bubonero bwakyo (obulaga bwe kise-mbedde)? Olwo ate banaagasibwa batya n'okujjukira kwabwe bwe kibera nga kimaze okubajjira?

فَهَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا السَّاعَةَ أَن تَأْتِيَهُمْ  
بَغْتَةً فَتُفَكِّدَهُمْ أَنشْرَاطِهَا ۚ فَأَنَّىٰ لَهُمْ  
إِذْآءَ نَعْمٍ ذُكِّرُوا بِهِمْ ﴿١٨﴾

19. N'olwekyo (Gwe Muhammadi) manya nti mazima tewali akakatirwa kusinzibwa wabula Katonda Yekka, era weegayirire (Katonda) akusonyiwe ekibi kyo era weegayiririre ne ku lw'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala. Ne Katonda amanyi okutawaana kwammwe nga mukola nga mudda eno nga mudda eri (nga mukola emirimu gyammwe egy'oku nsi) n'obuddo bwammwe (mu Bulamu Obw'oluvannyuma).

فَاعْلَمُوا أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَاسْتَغْفِرُوا  
لذُنُوبِكُمْ وَالْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ ۗ  
وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَقَلِّبِكُمْ وَتَوَلَّوْكُمْ ﴿١٩﴾

20. Abakkiriza ne bagamba nti: Singa essibwa essuula (eraalika olutalo)

وَيَقُولُ الَّذِينَ آمَنُوا لَوْلَا نُزِّلَتْ سُورَةٌ

16. Aya eno eyogera ku bannanfuusi abo abaali mu Madiina abaalaganga nti bakkiriza sso nga munda tebakkiriza wabula nga kungulu booleka Obusiraamu bwabwe olw'okulabanga bwali busaasaanidde ebitundu bya Madiina n'ebyo ebyali emabali w'ekibuga ekyo. Abo abannanfuusi baali bakweka obukyayi bwabwe bwe baalina ku bakkiriza ab'amazima mu mitima gyabwe.

kyokka bw'eba nga essibwa essuula enkakafu ne lwogerwako mu yo olutalo (nga balaalikibwa okulwana), olaba abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe nga batunula gy'oli entunula (y'omuntu) azirise ku lw'okutya okufa. Ekyali kisinga obulungi ku bo—

21. Kwe kugondera Katonda (n'okwo-gera) Ekigambo ekimanyiddwa nga kirungi (mu mateeka). N'ekigambo bwe kiba nga kikakase nga beetaagisibwa okukikola (ne bakikola). Singa baakakasa Katonda, ekyo kya-libadde kirungi gye bali.
22. Abaffe olwo musuubirwe nti bwe munaaba mwe muzze ku bukulu (mmwe mufuga) nti mujja kwonoona mu nsi mukutule n'enganda zammwe?
23. Abo be bo Katonda be yakolimira (n'ekyaddako) n'abaziba amatu n'amaaso gaabwe.
24. Abaffe, tebeetegereza Kuraane, oba ku mitima gyabwe kuliko ekisaanikira (ekigisaanikira ne kibagaana okutegeera)?
25. Mazima abo abaakyuka (ne baddayo) emabega waabwe (gye baava mu bukafiiri) oluvannyuma lw'okubeevolekera (ekukubo) ly'obulunngamu—Sitaane ye yabasendasenda n'abagayaza wamu n'okubakwe-nyakwenya (n'ebisuubizo eby'obulimba)!

فَإِذَا نُزِّلَتْ سُورَةٌ فَخُكِّمَتْهُ وَأَذْكُرْ فِيهَا  
الْقِتَالَ رَأَيْتَ الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ  
يَنْظُرُونَ إِلَيْكَ نَظَرَ الْمَغْشِيِّ عَلَيْهِ مِنَ  
الْمَوْتِ فَأُولَئِكَ لَهُمُ ۞

طَاعَةٌ وَقَوْلٍ مَّعْرُوفٍ فَإِذْ عَزَّمْنَا  
فَأَوْصِدْ فَمَا لِلَّهِ لَكَانَ خَيْرًا لَّهُمْ ۞

هَلْ عَسَيْتُمْ إِنْ تَوَلَّيْتُمْ أَنْ تُفْسِدُوا  
فِي الْأَرْضِ وَتَقَطِّعُوا أَرْحَامَكُمْ ۞

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَعَنَهُمُ اللَّهُ فَأَصَمَّهُمْ  
وَأَعَمَّى أَبْصَارَهُمْ ۞

أَفَلَا يَتَذَكَّرُونَ الْقُرْآنَ أَمْ عَنِ الْقُلُوبِ  
أَنفَقْنَا لَهَا ۞

إِنَّ الَّذِينَ ارْتَدُّوا عَلَىٰ أَدْبَارِهِمْ مِن  
بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمُ الْهُدَىٰ الشَّيْطَانُ  
سَوَّلَ لَهُمْ وَأَمْلَىٰ لَهُمْ ۞

23. Okukolimira okwo, kwe kubagoba mu kusaasira Kwe. N'ekyavaamu ne baba nti bye bawulira balinga bakiggala tebibayingira kale tebasobola kuwulira mazima; ate bye balaba babanga bamuzibe babulwawo okwawula ekituufu n'olw'ekyo ne bawambira ne babula—tebasobola ku-kwata kkubo ttuufu.

26. Ekyo (eky'okubalibwa nti badda ekyennyumannyuma) lwa kubanga mazima bo baagamba abo (abakyayi) abatamwa ekyo Katonda kye yassa (Kuraane) nti: Tujja kubagonderanga mu bigambo ebimu (bye muwakanyaamu Muhammadi n'obubaka bwe); ne Katonda amanyi ebyama byabwe.

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَالُوا الَّذِينَ كَرِهُوا مَا أَنْزَلَ  
اللَّهُ سَطَّيْعَكُمْ فِي بَعْضِ الْأَمْرِ وَاللَّهُ  
يَعْلَمُ أَسْرَارَهُمْ ﴿٣٧﴾

27. Ngeri ki (bwe balibeera) bamalayika bwe baliba nga babatta (babaggyamu emyooy) nga (eno bwe) babakuba mu maaso gaabwe n'emabega waabwe?

كَيْفَ إِذَا تَوَفَّيْنَاهُم الْمَلَائِكَةُ يَصْرِيُونَ  
وَجُوهَهُمْ وَأَدْبَارَهُمْ ﴿٣٨﴾

28. Ekyo (kya kubakolwa) olw'okubanga mazima bo baagoberera ebyo ebisunguwaza Katonda ne bakyawa okusima Kwe. Kyeyava ayonoona emirima gyabwe.

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ اتَّبَعُوا مَا آسَخَطَ اللَّهُ وَ  
بَغَّوْا رِضْوَانَهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ ﴿٣٩﴾

29. Abaffe balowooza abo abalina obulwade (bw'obunnanfuusi) mu mitima gyabwe nti Katonda taayolese bukukuuzi bwabwe (bwe balina ku Nabbi ne ku bakkiriza)?

أَمْ حَسِبَ الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ  
أَنْ لَنْ يُحَرِّجَ اللَّهُ أَضْعَافَهُمْ ﴿٤٠﴾

30. Singa twali twagala twandibakulaze (Ggwe Muhammadi abalina obukuukuuzi ku ggwe ne ku ddiini) (bw'otyo) wandibategeeredde ddala olw'okubanga

وَلَوْ نَشَاءُ لَأَرَيْنَهُمْ فَلَعَرَفْتَهُمْ بِسْمِهِمْ  
وَلَعَرَفْتَهُمْ فِي لَحْنِ الْقَوْلِ وَاللَّهُ

26. Wano aboogerwako nga 'abaatamwa Kuraane Katonda gye yassa' ku Nabbi Muhammadi be Bayudaaya. Katonda bwe yatuma Muhammadi (s.a.w.) Abayudaaya ne batya ekitiibwa kyabwe okuggwaawo ku lw'okutumwa kwa Nabbi Omuwarabu, ne batayagala bubaka bwe, era okwo kwebaava okumukyawa ne batandika okumuwalana n'okumusalira enkwe. Ekyo kyeoyongera Nabbi bwe yasengukira e Madiina okuva e Makka—Abannanfuusi abo abaayingiranga Obusi-raamu sso nga tebakiriza mu mitima gyabwe, beegattanga n'Abayudaaya mu kyama mu kuwalagganya Nabbi (s.a.w.) n'okumusalira enkwe nga babagamba nti: "Tujja kubagondera mu bimu mu kusala enkwe n'okuteesa okw'ekyama."

Ne Katonda kwe kugamba nga bw'amanyi ebyama byabwe byonna. N'olw'ekyo okuteesa kwabwe tekulina kye kunaagasa oluvannyuma lwa Katonda okukumanya. Era Nabbi yasobola okuwangula Abayudaaya okutuusa lwe yabagoba mu kizinga ky'olukalu lwa Buwarabu.

bubonero bwabwe; kyokka mazima ojja (kusobola) okubategeereranga mu makulu g'ebigambo (byabwe bye boogera). Ne Katonda amanyi emirimu gyammwe.

يَعْلَمُوا أَعْمَالَكُمْ ﴿٣٠﴾

31. Era mazima tujja kubagezesa ddala okutuusa lwe tunaamanya (abo abavumera) abanyiikivu mu mmwe (mu kulwanirira eddiini) n'abagumiikiriza, era tugezese ebigambo byammwe.

وَلَنْبَلُوا تَكُمْ حَتَّى نَعْلَمَ الْمُجَاهِدِينَ  
مِنْكُمْ وَالصَّابِرِينَ وَنَبَلُوا أَحْبَابَكُمْ ﴿٣١﴾

32. Ddala mazima abo abaagaana (Okukkiriza) ne baziya (abantu) ku kkubo lya Katonda ne baawukana ku mubaka (nga bamuwakanya) oluvannyuma lw'okubeevolekera obulunngamu, tebalina kabi ke baleetera Katonda mu kintu kyonna, era agenda kwonona emirimu gyabwe (gibafe bwereere).

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَنْ سَبِيلِ  
اللَّهِ وَسَأَفُوا الرَّسُولَ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ  
لَهُمُ الْهُدَىٰ لَنْ يُضَارُوا اللَّهُ شَيْئًا وَ  
سَيَحْبِطُ أَعْمَالُهُمْ ﴿٣٢﴾

33. Abange mmwe abakkiriza! Mugondere Katonda era mugondere n'omubaka, era temwononanga emirimu gyammwe.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا  
الرَّسُولَ وَلَا تَبْطُلُوا أَعْمَالَكُمْ ﴿٣٣﴾

34. Mazima abo abaagaana okukkiriza ne baziya (abantu) ku kkubo lya Katonda n'oluvannyuma ne bafa nga nabo bakaafiiri, Katonda tagenda kubasonyiwa.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَنْ سَبِيلِ  
اللَّهِ ثُمَّ مَاتُوا وَهُمْ كُفَّارًا فَكُلٌّ يَغْفِرُ  
اللَّهُ لَهُمْ ﴿٣٤﴾

35. Temunafuwanga ne musaba emirembe (omulabe wammwe ku lw'okutya) nga nammwe mmwe ba kuba kungulu (abawanguzi) nga ne Katonda ali wamu nammwe, era nga tajja kukendeeza (mpeera) za mirimu gyammwe.

فَلَا تَهْتُمُوا وَتَدْعُوا إِلَى السَّلْطَنَةِ وَأَنْتُمْ  
الرَّاغِبُونَ إِلَى اللَّهِ مَعَهُمْ وَالَّذِينَ يَبْتَغُونَ أَعْمَالَكُمْ ﴿٣٥﴾

36. Mazima ddala obulamu bw'ensi muzannyo na binyumu. Kyokka bwe

إِنَّمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا لَعِبٌ وَلَهُمْ دَرَانٌ

muba nga mukkiriza ne mutya Katonda, abawa empeera zammwe, n'atabasaba ku mmaali yammwe!

37. Abeera wa kugibasaba n'abapeeka mwandigikodowalidde, (Naye) n'ayolesa obukukuuzi bwammwe.
38. Abange mmwe, mwe bano abayitibwa muweeyo (emmaali) mu kkubolya Katonda ng'ate mu mmwe mulimu akodowala, oyo akodowala mazima aba akodowalidde mwoyo gwe: Ne Katonda Mugagga nammwe muli baavu (abalina obweetaavu). Bwe munaaba mukyuse muvudde (ku kumugondera) ajja kukyusa (ateeke mu bifo byammwe) ekibiina ky'abalala abatali mmwe, oluvanannyuma baleme kuba bafaanana nammwe (mu kwawukana ku mateeka Ge).

تَوَمَّنُوا وَتَتَّقُوا يُؤْتِكُمْ أَجْرَكُمْ وَلَا

يَسْأَلَكُمْ أَمْوَالَكُمْ ﴿٦٧﴾

إِنْ يَسْأَلْكُمْوهَا تَخْشَوْكُمْ تَبْخَلُوا وَ

يُخْرِجْ أَمْوَالَكُمْ ﴿٦٨﴾

هَآئِنَّم هَؤُلَاءِ تَدْعُونَ لِنُفُوقِ الرَّفِ

سَبِيلِ اللَّهِ فَمِنْكُمْ مَنْ يَبْخُلُ وَمَنْ

يَبْخُلْ فَإِنَّمَا يَخْشَى اللَّهَ مِنْ نَفْسِهِ وَاللَّهُ

الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ وَإِن تَوَلَّوْا لَيَسْتَبْرِكْ

لَكُمْ أَمْوَالِكُمْ لَئِن لَّمْ يَكُونُوا أَمْثَالَكُمْ ﴿٦٩﴾



## EBIFA KU SSUULA AL-FATHU MU BUFUNZE (48)

Essuula eno eyitibwa Al-Fathu (Obuwanguzi) okusinziira ku kigambo kino mu aya 1. Era kyo gwe mutwe gw'Essuula kubanga kiddinnganwa emirundi mingi mu yo. Obuwanguzi obwogerwako bwe bwo Nabbi (s.a.w.) n'Abasiraamu bwe baatuukako bwe baakola Endagaano ey'eddembe n'abatakkiriza b'omu Makka e Hudaibiya mu mwaka 6 A.H. nga Okusengukira kw'Abasiraamu e Makka kuwedde. Essuula yo yakka Nabbi (s.a.w.) bwe yali addayo e Madiina nga ava e Hudaibiya ng'olwo Endagaano y'Obuwanguzi eyogerwako emaze okukolebwa.

Lumu nga Nabbi yeebase yaloota nga alaba yali agenze e Makka n'Abagoberezi be nga bakola Emizizo gya Umra. Endooto ya Nnabbi eyo tekwali kurogojjana kwa birooto, wabula kwali nga kutumirwa kubanga ebirooto bya Bannabbi buba bubaka; nga ne Katonda bw'akikakasa mu aya 27—N'olwekyo Nabbi (s.a.w.) yali alina kutuukiriza ndooto ye. Mu kakyo ako kumpi tewaali ngeri yonna ya kutuukirizamu ekyo olw'okubanga Abakuraish abatakkiriza baali bamaze emyaka mukaaga emirambirira nga baweze Abasiraamu okugenda ku Kaaba era nga mu kiseera ekyo kyonna tewabanga Musiraamu agisemberera kukola mikolo gya Hijja wadde Umra. Kale kyali tekisuubirwa nti Nabbi (s.a.w.) yali anakirizibwa okuyingira Makka n'abagoberezi be. Wabula olw'okubanga yali atekwa butekwa okutuukiriza Ekiragiyo kya Mukama we, mu mwaka ogwo ogwomukaaga ng'amaze okusengukira e Madiina, yasitula n'Abasiraamu 1,400 okuva e Madiina n'ebitundu ebyetooloddewo nga bambadde ebyambalo by'emikolo gy'abalamazi, ne boolekera Kaaba bakole emikolo so si kulwana. Baatwala engamiya 70 nga zambikiddwa n'ebiyambiko mu bulago bwazo ebyoleka nga za kusaddaaka buli omu yagenda na kitala kyokka ekyo kyokka eky'akkirizibwanga abalamazi okugenda nako. Era baagenda baatula n'omwanguka ebigambo ebyogerwa ng'abalamazi basemberedde Omuzikiti Ogw'emizizo ogw'e Makka. Abalamazi nga basemberedde Kaaba baalabulwa nti Abakuraish baali babakunngaanyirizza ab'emikago baabwe nga babagojedde babalwanyise, era nti baali batumye eggye eryebagadde eriweza abalwanyi 200 babataayize mu kitundu ekimu babazzeeyo gye bava. Ebyo byonna Abakuraish baabikola nga baagala basosonkerezze Nabbi n'Abagoberezi be balwane olwo nno Abakuraish beekwasize kw'ekyo babaddeko babatirimbule.

Nabbi olwawulira eby'eggye cryali libalumbye eryebagadde n'akyusa obuwafu ne bakwata ekkubo eddala eryali liyita mu byaziya n'ebikompola by'amayinja ne balyoka batuuka e Hudaibiya, ekiri mailo nga 13 okuva e Makka okwolekera Jidda, ne bagumba awo. Wadde nga Abakuraish baagezaako nnyo okusoomooza Abasiraamu nga babazinda mu bubinjabinja emirundi egyawera, Nabbi (s.a.w.) yeeremera ddala n'agaana oky'okulwana n'afunvubirira ku kya kuteesagana n'abalabe abo abaali bamwerayiridde obutamukkiriza kulinyira ku Kaaba; n'Abakkiriza bonna baali bali mu buzibu bwe bumu. Abatakkiriza baatuma ababaka bawerako boogeranya ne Nabbi (s.a.w.) alekerere kye yali ajjiridde addeyo e Madiina, kyokka ye ne yeerema. Mu nkomerero yatuma Hazarat Uthman Ibn Affaan eri abakungu mu Bakuraish e Makka kuba ye ye yalabika nga bandyogeranya naye olw'enniganda ze eziwera ze yalinayo. Ekyamutumya lwa Nabbi kwagala amatize Abakuraish nti Abasiraamu baali tebajjiridde kulwana wabula okukola emizizo gya Umra ku lwa Katonda. Abakungu tebakkiriza kye baakola kwe kusibirayo Hazarat Uthmaan. Olugambo awo we lwatuukira ku Basiraamu nti Uthmaan yali attiddwa, era olw'okubanga teyalabikako we baali bamusuubirira okudda gye baali bagumbye, n'Abasiraamu kwe kukitwala nti kituufu yali attiddwa.


Olw'ensonga eyo, Nabbi ng'atudde wansi w'omuti, yakunngaanya Abagoberezi be bonna n'abalayiza (aya 18) bonna beekwate ku kutu balwane oba bonna basirikka baggweewo olw'ekikolwa ky'Abakuraish ekyawulikika nti basse Omusiraamu. Oluvannyuma kyamanyika nti Uthmaan yali tatiddwa, era ye kennyini yadda n'Omukungu omu okuva mu Bakuraish n'abalala nga bagenderera gwa kuteesaganya na Nabbi (s.a.w.); ng'olwo bagonze eby'okumuziyiza okuyingira Makka babivuddeko. Oluvannyuma lw'enkalu okukalambira ennyo mu nteesaganya, enjuyi zombiriri zakkaanya kimu nti Nabbi n'Abakkiriza baali ba kuddayo mulundi ogwo nga tebakoze mikolo, kyokka nga baali ba kudda mu mwaka ogwali ogugdirira, basange ng'abatakkiriza babaviiridde mu Makka okumala ennaku ssatu. Era kyakkirizibwa nti bonna abanaatolokanga mu Bakuraish ne baddukira eri Abasiraamu baalinga ba kuzibwa eri Abakuraish, ate nga bo abadduse mu Basiraamu ne babudama mu Bakuraish tebazzibwayo; era nti tewaali kuba bukuubagano wakati w'Abasiraamu n'abatakkiriza okumalira ddala emyaka 10.

Wadde nga Abakkiriza tebaamatirirawo mugaso gwa ndagaano eyo Essuula eno ng'essiddwa, naye tewaayita kiseera kinene ebibala byayo ne bitandika okweyoleka omuddinganya okutuusa buli omu lwe yakkiriza nti Endagaano eyo bwali Buwanguzi bwa nusso eri abakkiriza, olw'okuba nga:

- (1) Ogwo gwe gwali omulundi ogwasooka Eggwanga eryetongodde ery'Obusiraamu lwe lyatongozebwa mu Buwarabu. Oluberyeberye ng'endagaano tennakolebwa, Nabbi (s.a.w.) n'abakkiriza baabalibwanga nga bakyewaggula eri Abakuraish.
- (2) Okukkiriza Abasiraamu eddembe ly'okulambula Ennyumba ya Katonda Kaaba, Abakuraish bennyini baali bakkiriza nti Obusiraamu yali Ddiini—Olwo nno ekyo kyakendeza ku bukyayi mu mitima gy'Abakuraish eri Abasiraamu, obwo obwali buleeteedwa ebyakalebule Abakuraish be baabajwetekangako.
- (3) Okukola endagaano ey'obutalwana wadde okukuubagana emyaka egyo ekkumi kyaleetera Obusiraamu okusensera mu buli kanyomero ka Buwarabu, kubanga abaabubunyisanga tewaaliwo abakuba mu mukono.
- (4) Ng'obukuubagano buwereddwa olw'endagaano, Nabbi (s.a.w.) yalina akakisa okunyweza n'okuzimba enfuga y'Obusiraamu mu kibangirizi kyabwo.
- (5) Olw'okuba nga kati tewaali kitiisa Basiraamu mu Maserengeta g'ekibangirizi ky'Obusiraamu, ekyo kyayongera Abasiraamu amaanyi ne bawangula abalabe baabwe bonna mu Mambuka ne Masekkati ga Buwarabu.

Ebyo nno by'ebimu mu bibala Obusiraamu n'Abasiraamu bye baafuna mu ndagaano eyo.

Essuula csaana esomebwe ng'oli yeenywezezza n'ebyaaya ebyo waggulu, lw'eneete-gerekeka.



## ESSUULA AL-FATHU (48)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 4 ne Aya 29

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Mazima Ffe tukugabidde (Ggwe Muhammadi) okuwangula oluwangula ssinziggu olweyolefu,
2. Katonda alyoke akusonyiwe ebyo ebibi byo ebyasooka n'ebyo oluvannyuma (ebijja mu maaso), ajjuze ckyengera Kye ku ggwe (ku lw'okubunyisa eddiini yo) akulunngamye ku Kkubo Eggolokofu;
3. Era akutaase Katonda Olutaasa olw'amaanyi—
4. Ye Y'oyo eyassa obutebenkevu (n'obukkakkamu) mu mitima gy'abakkiriza alyoke abongere obukkiriza ku bukkiriza bwabwe (obwo bwe baalina). Era ga Katonda amagye agali mu ggulu ne mu nsi, era Katonda Amanyi, Mukakasa (mu kulabirira buli kintu);—
5. (Era yakola atyo) alyoke ayingize abakkiriza Abasajja n'abakkiriza abakyalu Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) mwe gikulukutira emigga wansi waayo, nga ba kubaamu lubeerera si ba kuvaamu, era abaggyeko ebibi byabwe. Kyali ekyo nga kwesiima kunene awali Katonda—
6. Era abonyebonye abannanfuusi abasajja n'abannaanfuusi abakazi

إِنَّا فَتَحْنَا لَكَ فَتْحًا مُّبِينًا ١

لِيَغْفِرَ لَكَ اللَّهُ مَا تَقَدَّمَ مِنْ ذَنْبِكَ  
وَمَا تَأَخَّرَ وَيُتِمَّ نِعْمَتَهُ عَلَيْكَ  
وَيَهْدِيكَ صِرَاطًا مُسْتَقِيمًا ٢

وَيَنْصُرَكَ اللَّهُ نَصْرًا عَظِيمًا ٣

هُوَ الَّذِي أَنْزَلَ السَّكِينَةَ فِي قُلُوبِ  
الْمُؤْمِنِينَ لِيَزِدُوا إِيمَانًا مَعَ إِيمَانِهِمْ  
وَلِلَّهِ جُنُودُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ  
وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ٤

لِيَدْخُلَ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ جَنَّاتٍ  
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا  
وَيُكْفَرُ عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَكَانَ ذَلِكَ  
عِنْدَ اللَّهِ قَوْلًا عَظِيمًا ٥

وَيُعَذِّبُ الْمُنَافِقِينَ وَالْمُنَافِقَاتِ وَ

n'abamugattako ebintu ebirala (mu kumusinja) abasajja n'abakazi, abalwozoza ku Katonda ebirowoozo ebibi. Eri ku bo enkyukakyuka embi, era Katonda yabasunguwalira n'abakolimira, n'abateekeratekera Omuliro (Jahannamu): N'obuddo obubi bwe bwo.

الْمَشْرُكِينَ وَالْمُشْرِكَةَ الطَّاغُوتِينَ بِاللَّهِ  
ظَنَّ السَّوْءَ عَلَيْهِمْ دَائِرَةُ السَّوْءِ وَ  
غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَوَعَدَهُمْ  
أَذْعَابَ اللَّهِ وَسَاءَتْ مَصِيرًا ⑥

7. Ga Katonda amagye agali mu ggulu ne mu nsi, era Katonda wa Kitiibwa, Omukakasa okuva ddi na ddi (mu kulabirira buli kintu).

وَاللَّهُ جُنُودُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَكَانَ  
اللَّهُ عَزِيزًا حَكِيمًا ⑦

8. Mazima Ffe twakutuma (Ggwe Muhammadi) nga oli mujulizi (alijulira ku kibiina kyo) era omubuulizi abuulira (abakkiriza ebirungi bye balifuna) era omutiisa (atiisa abajeemu ebibonerezo bya Katonda):

إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ شَاهِدًا وَمُبَشِّرًا  
وَنَذِيرًا ⑧

9. Mulyoke mukkirize (Abange mmwe Abantu) Katonda n'omubaka We mumuwagire, mumugulumize, era mumutendereze (Katonda) enkyana n'eggulo.

لِتُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَتُعَزِّرُوهُ  
وَلَتُوَفِّرُوهُ وَتَكْفُرُوهُ بَلْغَرَةً وَاصْبِلًا ⑨

10. Mazima abo abaakuwerera obweyamu bw'okuba naawe (Muhammadi) ddala Katonda gwe baawerera obweyamu. Omukono gwa Katonda guli waggulu wa mikono gyabwe. Kale omuntu (yenna) amenya (enda-

إِنَّ الدِّينَ يُبَايِعُكَ إِنَّ مَا يُبَايِعُونَ  
اللَّهِ يَدُ اللَّهِ فَتُوفَىٰ أَيْدِيَهُمْ فَمَنْ نَكَثَ  
فَأَنَّمَا يَكْفُرُ عَلَىٰ نَفْسِهِ ۗ وَمَنْ أَوْفَىٰ بِمَا

10. 'Okuwerera Nabbi obweyamu' okwogerwako wano kwe kwo Abasiraamu abaali naye e Hudaibiya kwe baakola nga abakafiiri b'omu Makka bamaze okubaziyiza okuyingira mu Makka.

Ekyo kyajja bwe kiti: Nga Abasiraamu baziyiziddwa bamaze okusisira mu Hudaibiya, Nabbi yatuma Uthmaani Ibn Affan e Makka abategeeze nga ye bwe yali tajjiridde kulwana okuggyako okukola Umura kyokka era ng'abasaba bamukkirize ye n'abo be yali nabo abaali bawera wakati w'olukumi mw'ebina n'ebitaano, bayingire mu Makka. Baba bakyalu awo amawulire ne gabatuukako nti Uthmaani attiddwa. Nabbi (s.a.w.) n'akunngaanya Abasiraamu abo bonna wansi w'omuti ogwakazibwako okuva olwo okuyitibwa 'Shajarati Al-Ridhwaani' (Omuti gw'okusima); bonna beeyama nga beewera enkolokooto nga bwe banaalwana wamu naye waakiri bonna okuggwaawo olw'ekikolwa ekyo eky'ekive kye baali babuuliddwa, eky'abakafiiri okutta Uthmaani. Nate baba bakyalu awo Uthmaani n'atuuka nga taliiko kabi. Ne Katonda kwe kuboogerako mu kitundu kino.

gaano gy'akoze), aba agimenyedde mwoyo gwe (kubanga akabi k'okugimenya kadda gy'ali); n'oyo (yenna) atuurikiriza ekyo kye yalagaanyisa Katonda, (Katonda) agenda kumuwa empeera nnene.

11. Bajja kukugamba abo abaasigala (ne batagenda ku lugendo) mu Bawarabu bannamalungu nti: Yatutawaanizza emmaali yaffe n'abantu b'omu maka gaffe, kale twegayiririre (Katonda) atusonyiwe (olw'obutakweyungako mu lugendo). Boogera n'ennimi zaabwe ekyo ekitali mu mitima gyabwe (kubanga temwali bukkiriza). Bagambe nti: Ani (ayinza) okubakuuma (n'abawonya ku) Katonda mu kintu kyonna bw'anaaba nga abaagalizza akabi obanga abaagalizza eky'omugaso (ekibagasa)? Wabula bwe mwasigala Katonda yali amanyi ebyama by'ebyo bye mukola.
12. Nedda wabula mwalowooza nti tajja kuddira ddala omubaka wa Katonda na bakkiriza eri abantu b'omu maka gaabwe olubeerera, (nti baali ba kufiirayo), ne kibarongookera ekyo mu mitima gyammwe, ne mulowooza endowooza embi, (ddala) mwali ekiibiina ekizikiridde.
13. N'omuntu atakkiriza Katonda na mubaka We—Mazima Ffe, twa-

عَدَّ عَلَيْهِ اللَّهُ فَيَسِّرُهُ لِيَّهِ أَجْرًا عَظِيمًا ①

سَيَقُولُ لَكَ الْمُخَلَّفُونَ مِنَ الْأَعْرَابِ  
شَغَلْنَا آَمْوَالَنَا وَاهْلَؤُنَا فَاسْتَعْفِفْنَا  
يَقُولُونَ يَا لَيْسَ لَنَا بِشَيْءٍ فِي قُلُوبِهِمْ  
قُلْ فَمَنْ يَمْلِكُ لَكُمْ مِنَ اللَّهِ  
شَيْئًا إِنْ أَرَادَ بِكُمْ ضَرًّا أَوْ أَرَادَ بِكُمْ  
نَفْعًا بَلْ كَانَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ  
خَبِيرًا ②

بَلْ ظَنَنَّا أَنْ لَنْ يَنْقَلِبَ الرَّسُولُ  
وَالْمُؤْمِنُونَ إِلَىٰ أَهْلِيهِمْ أَبَدًا وَرَبِّ  
ذَلِكَ فِي قُلُوبِكُمْ وَظَنَنَّا ظَنَّ السَّوْءِ  
وَكُنْتُمْ قَوْمًا بُورًا ③

وَمَنْ لَمْ يُؤْمَرْ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ فَإِنَّا

11. Olw'obunnanfuusi bw'abamu mu batuuze b'omu Madiina n'abo abaali beetoolodde mu bitundu ebyesudde ekibuga, abamu mu Bawarabu bannamalungu baasigala ne batagenda na Nabbi e Makka ku mukolo gw'eddiini, olw'okubanga baaty nti abakafiiri b'omu Makka bandikola Abakkiriza akabi, gamba ne babalwanyisa. Era bo bannamalungu abataagenda baasigala bafuuyirira kanwe nga baagala singa kiba ng'endowooza zaabwe bwe ziri, Abakkiriza abagenze ne Nabbi ne bataddira ddala eri ab'omu maka gaabwe.

Kyokka kyababuukako Nabbi bwe yaddayo e Madiina n'abaamugoberera bonna. Wabula olw'omulugube gw'okusuubira nti oba otyawo lumu twandiganyulwa bwe tutooloka bubi bwaffe mu lwatu ne twefuula nti tuli wamu ne Nabbi. Kyebaava bamweyuna ne batandika okwewozaako eri ye nga beebejjereza n'obusongasonga obutaliimu mbu alyoke abegayiririre Katonda abasonyiwe olw'obutagenda.

teekeratekera abakafiiri Omuliro ogubuubuuka!

14. Era bwa Katonda Obufuzi bw'eggulu n'ensi. Asonyiwa oyo gw'ayagadde (nga yeenenyezza n'adda gy'Ali) n'abonereza oyo gw'ayagadde (aba teyenenyezza). Ne Katonda yali Musonyiyi, Omusaasizi olubeerera.

15. Bajja kugamba abo abaaSIGALA (ne batagenda lugendo lw'e Hudaibiya), bwe muliba nga mugenze eri eminyago mulyoke mugitwale: Mutuleke tubagoberere. Nga baagala okukyusa ekigambo kya Katonda. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Temutugoberera bwe kiba ekyo (nga kye kibatwala): Katonda bwe yagamba oluberyeberye. Awo bajja kugamba nti: Wabula mutukwatiddwa nsaalwa (ne mutayagala tubeegatteko). Nedda (si ky'ekyo), wabula baali nga tebategeera okuggyako akatono (ddala).

16. Gamba abo abaaSIGALANGA (ne batagenda ku ntalo) mu Buwarabu bannamalungu: (Kyaddaaki) mujja kuyitibwa okugenda (okukekeza ennyago) eri ekibiina eky'amaanyi amayitirivu nga mubalwanyisa oba ne basiramuka (mutesaganye bagonde awatali kulwana); kyokka

أَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ سَعِيرًا ﴿١٤﴾

وَلِلَّهِ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ يُغْفِرُ  
لِمَن يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَن يَشَاءُ وَكَانَ  
اللَّهُ عَفُورًا رَحِيمًا ﴿١٥﴾

سَيَقُولُ الْمُخَلَّفُونَ إِذَا انطَلَقْتُمْ إِلَى  
مَغَازِرَ لِمَا أَخَذْتُمْ فَأْتُواكُم بَعْدَ  
يُرِيدُونَ أَن يُبَدِّلُوا كَلِمَ اللَّهِ  
قَالَ لَنْ نَبْدِلَ كَلِمَ اللَّهِ قَالُوا لَنْ  
قَبْلَ ۗ فَسَيَقُولُونَ بَلْ نَحْنُدُّكُمْ  
بَلْ كَانُوا أَكْفِبَهُوْنَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٥﴾

قُلْ لِلْمُخَلَّفِينَ مِنَ الْأَعْرَابِ سِنَّةٌ عَزِيزَةٌ  
إِلَى قَوْمِهِمْ لِيُبَيِّنَ اللَّهُ لَكُمُ الْآيَاتِ  
أَوْ يُسَلِّمَهُنَّ ۚ وَلَوْ أَن تَطِبَعُوا لِيُوْثِقَهُ  
أَجْرًا حَسَنًا ۚ وَإِنْ كُنْتُمْ لَوَّاعِينَ لَأَنْتُمْ

15. Abannanfuusi abo abaaSIGALA ne batagenda e Hudaibiya na Nabbi bwe baamanya nti wandisibukayo okulwana okw'amaanyi baligamba bwe baliraba nti mugenda ku lutalo lwe munaa-wangula ne mufuna n'eminyago mu lwo nti mutukkirize tugende nammwe—Sso nga Katonda yamazze dda okussa ekiragiro ekibagaana okugenda.

Olw'okubanga mu butonde bwabwe baagazi ba ntalo n'okwaya oba okunyaga, olutalo olw'ekika ekyo balwesunga nnyo singa lubalukawo. Kale muli bo baliraba nga Abakkiriza ababakatiddwa ensaalwa, kubanga balibaddamu nga bagamba nti: "Ssi bwe kiri wabula mutukwatiddwa nsaalwa ne mutayagala tufune nammwe mmaali ya minyago: Ne Katonda kwe kutegeera nti abo bategeera kitono nnyo mu mateeka Ge.

bwe muliba nga mugonze, (ne mukkiriza okulwana ku lw'eddiini sso si ku lw'eminyago) Katonda agenda kubawa empeera ennungi; wabula bwe muliba nga mwawukanye (ku kibagambiddwa) nga bwe mwayawukana mu kusooka, agenda kubabonyabonya olubonyabonya oluluma.

مَنْ قَبْلُ يُعَدُّ بِكُمْ عَدَاةً أَبَا أَلِيمًا ⑭

17. Taliiko kibi muzibe era taliiko kibi omulema era wadde omulwadde (singa asigadde n'atagenda ku lutalo). N'omuntu agondera Katonda n'omubaka We—(Katonda) wa kumuyingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) mwe gikulukutira wansi waayo emigga; n'omuntu akyuka (n'ava ku kugondera ekiragiyo), agenda kumubonyabonya ebibonyobonyo ebiruma.

لَيْسَ عَلَى الْأَعْمَى حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْأَعْرَجِ حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْمُرِيضِ حَرَجٌ وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ يُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ وَمَنْ يَتَوَلَّ عَدُوَّهُ عَدَاةً أَبَا أَلِيمًا ⑮

18. Ddala Katonda yasiima abakkiriza mu kiscera bwe baakuwerera obweyamu bw'okunyerera awamu naawe (nga muli) wansi w'omuti (e Hudaibiiya) N'amanya ebyo ebyali mu mitima gyabwe n'assa ku bo obuvumu n'obutebenkevu, n'abawa obuwanguzi obuli okumpi;

لَقَدْ رَضِيَ اللَّهُ عَنِ الْمُؤْمِنِينَ إِذْ يُبَايِعُونَكَ تَحْتَ الشَّجَرَةِ فَعَلِمَ مَا فِي قُلُوبِهِمْ فَأَنْزَلَ السَّكِينَةَ عَلَيْهِمْ وَأَثَابَهُمْ فَتْحًا قَرِيبًا ⑯

19. N'eminyago mingi gye banaatwala. Ne Katonda okuva edda n'edda yali wa Kitiibwa, Omulamuzi omwenkana mu kulamula Kwe.

وَمَغَانِمَ كَثِيرَةً تَأْخُذُ مِنْهَا وَكَانَ اللَّهُ عَزِيزًا حَكِيمًا ⑰

20. Katonda yabalagaanyisa eminyago nfaafa gye munaanyaga (mu nta-

وَعَدَدَهُمُ اللَّهُ مَغَانِمَ كَثِيرَةً تَأْخُذُ مِنْهَا

18. Katonda yateeka obukkakkamu obuvumu n'obumalirivu mu mitima gy'abakkiriza abeewera nga bwe banaakola kyonna ekinaabagukawo nga banyweredde wamu ne Nabbi.

Kyokka olw'okugera kwa Katonda tewanaawukawo lutalo, wabula enteesaganya zaakolebwa endagaano n'emalirizibwa wakati w'Abakuraish ne Nabbi n'abagoberezi be nga baali e Hudaibiiya, batudde wansi w'omuti nga bwe kyannyonnyoddwa mu matandikwa g'essuula.

20. Mu maaso abakkiriza baali ba kuganyulwa nnyo na maanyi muno mu nsi ne mu Bulamu Bw'enkomerero. Mu nsi baali ba kufuna eminyago nfaafa mu ntabaalo z'eddiini era boogerwengako

baalo) n'abateerawo guno (omunyago) n'aziiza emikono gy'abantu ku mmwe (baleme kubalwanyisa), kiryoke kibeere ekyokulabirako eri abakkiriza, era abalunggamy mu kkubo eggolokufu;

21. (N'eminyago) emirala gye mutanna-sobola (kufuna), naye nga mazima (Ye) Katonda yagyetooloola. Ddala Katonda yali Muyinza ku buli kintu okuva ddi na ddi.
22. Singa baabalwanyisa abo abaagaana okukkiriza (awatali kubusabuusa) bandikyuse (ne babuna emiwabo) nga badduka, n'oluvannyuma tebandifunye mukuumi wadde omutaasa.
23. (Eyo) y'enkola ya Katonda eyo eyatandikawo edda okuva oluberyeberye. Era tojja kusanga kukyusa (kwonna) mu nkola ya Katonda.
24. Era Ye y'Oyo eyaziiza emikono gyammwe (okutuusa akabi) ku bo, mu makkati (g'ekibuga) Makka, oluvannyuma lw'okubasobozesa (ne mubawangula olw'okukola endagaano). Katonda Alaba ebyo (byonna) bye mukola.
25. Bo be bo abaagaana (okukkiriza) ne babaziiza (okutuuka) ku Muzikiti Ogw'emizizo (ne baziiza) n'ebirabo (by'ensolo ze mwatwala okusaddaaka

فَعَجَلَ لَكُمْ هُدًى وَكَفَّ أَيْدِيَ النَّاسِ  
عَنْكُمْ وَلِتَكُونَ آيَةً لِّلْمُؤْمِنِينَ وَ  
يَهْدِيكُمْ صِرَاطًا مُّسْتَقِيمًا ﴿٢٠﴾

وَآخَرَى لَمْ تَقْدِرُوا عَلَيْهَا قَدْ أَحَاطَ  
اللَّهُ بِهَا وَكَانَ اللَّهُ عَلَى شَيْءٍ قَدِيرًا ﴿٢١﴾

وَلَوْ قَاتَلَكُمُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوَلَّوْا الْأَدْبَارَ  
ثُمَّ لَا يَجِدُونَ وِلْيَاءًا وَلَا نَصِيرًا ﴿٢٢﴾

سُنَّةَ اللَّهِ الَّتِي قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلُ ۗ  
وَلَنْ تَجِدَ لِسُنَّةِ اللَّهِ تَبْدِيلًا ﴿٢٣﴾

وَهُوَ الَّذِي كَفَّ أَيْدِيَهُمْ عَنْكُمْ وَ  
أَيْدِيَكُمْ عَنْهُمْ بِبَطْنِ مَكَّةَ مِنْ بَعْدِ  
أَنْ أَظْفَرَكُمْ عَلَيْهِمْ وَكَانَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ  
بَصِيرًا ﴿٢٤﴾

هُمُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوكُمْ عَنِ  
الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَالْهَدْيِ مَعَكُوفًا

bulungi oluvannyuma nga bo bamaze okugenda emagombe nga bwe baalwanirira eddiini ya Katonda ne bagisibula wamu n'okugisaasanya mu nsi. Ng'ate n'ebyo tebannaba na kubifuna, Katonda yali nga yaakabawa ekyengera kye yabala nga eminyago ekyo eky'okuteesaganya e Hudaibiyi ne bawangula nga bakoze endagaano ey'emirembe; eyo eyavaako okuyimiriza abakafiri ne batabalwanyisa—anti abakkiriza baali tebagenze na byakulwanyisa kubanga baali bagenderedde kukola mukolo gwa Umura.

25. Abasiraa mu baava e Madiina nga bamaliridde kukola Umura era nga bambadde ne *Ihramu*, era baagenda n'ensolo zaabwe ez'okusaddaaka ku mukolo ogwo. Wabula abatakkiriza b'omu Makka tebaakoma ku kya kubaziiza kutuuka ku Kaaba kyokka, era tebaabaganya na kutuusa nsolo



okuva e Madiina) okutuuka mu kifo kyabyo (we bisalirwa mu Makka). Singa tebaali basajja bakkiriza na bakyala bakkiriza (abaali mu Makka) abatayolesa (Busiraamu bwabwe) be mutamanyi nga (muyinza) okubatta ne mutuukwako akamogo (olw'okubatta) mu butabamanya (yandibadde tabaziyiza kubalwanyisa, naye yakola ekyo) Katonda alyoke ayingize mu kusaasira Kwe (mu ddiini Ye) oyo gw'ayagadde. Singa (abakkiriza n'abakafiiri) beeyawula (buli bamu ne baba bokka ddala) twandibabonyabonyezza abo abaagaana okukkiriza mu bo olubonyabonya oluluma.

26. Mu kiseera awo abo abaagaana okukkiriza bwe bassa mu mitima gyabwe obusungu (n'obukambwe)—obusungu (n'obukambwe) eby'obutamanya—kyokka awo (Ye) Katonda n'assa obukkakamu n'obutebenkevu Bwe ku mubaka We ne ku bakkiriza n'abanywereza ku kigambo ky'okutya Katonda (eky'okukkiriza n'okwatula nti tewali asinzibwa wabula Katonda yekka); kuba ddala be baali bakikakatirwa era nga be bannannyiniky (abakisaanira). Era Katonda Amanyi buli kintu.

27. Ddala mazima Katonda yakakasa amazima g'endooto y'omubaka We (gye

أَنْ يَبْلُغَ حِجْلَهُ وَأُولَٰئِكَ رِجَالٌ مُّؤْمِنُونَ  
وَنِسَاءٌ مُّؤْمِنَاتٌ لَّمْ تَعْلَمُوهُنَّ أَنْ  
تَطَّوهُنَّ فَتُصِيبَكُمْ مِنْهُنَّ مَعْرَاضٌ يُغَيِّرُ  
عِلْمَكُمْ لِيَدْخُلَ اللَّهُ فِي رَحْمَتِهِ مَنْ يَشَاءُ  
لَوْ تَرَىٰ إِلَىٰ الْعَدَاةِ بَنَآئِ الدِّينِ لَكَفَرُوا مِنْهُمُ  
عَدَاةً أَبَا عِلْمًا ﴿٢٦﴾

لَا ذُجْعَلِ الدِّينِ لَكَفَرُوا فِي قُلُوبِهِمْ  
الْحَمِيَّةَ حَمِيَّةَ الْجَاهِلِيَّةِ فَأَنْزَلَ اللَّهُ  
سَكِينَتَهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ وَعَلَىٰ الْمُؤْمِنِينَ  
وَالرَّمَهُمْ كَلِمَةَ التَّقْوَىٰ وَكَانُوا أَحَقَّ  
بِهَا وَأَهْلَهَا وَكَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿٢٧﴾

لَقَدْ صَدَقَ اللَّهُ رَسُولَهُ الرُّسُلَ بِالْحَقِّ ﴿٢٧﴾

zaabwe mu kifo amateeka we galagira zisalibwe ng'abalamazi bali mu mizizo gya Hijja oba Umura. N'olw'ekyo baazisalira awo e Hudaibiya.

N'ekirala, singa mu Makka temwalimu Basiraamu, abatecyolekanga nga bwe bali Basiraamu olw'okutya okuyigganyizibwa n'okukolwa ebikolwa eby'enziro nga beetyotyogolerwako abakafiiri,—ekyalcetera Katonda okulemca olutalo nga tayagala battibwe mu butali bugenderovu, era singa abakafiiri baali beeyawudde ku bakkiriza. Katonda yandirese ne balwana 'abakafiiri ne batirimbulirwa ddala nnyo olutirimbula. Wabula ekyo teyakikola nga ayagala n'oyo omulala atan nasiramuka asiramuke oluvannyuma ayingire mu ddiini Ye. Kyeeyava abasobozesa okutegeeragana nga bayitira mu ntesaganya ezo ezaakolebwa e Hudaibiya.

27. Mu aya eno kinnyonyolwa nga Nabbi bwe yali alabye mu kirooto nga ayingira awamu ne banne ekibuga ky'Emizizo Makka nga yeetooloola Kaaba nga bonna bali miremba tewali abakuba

yaloota). Nti mazima mugenda kuyingira Omuzikiti Ogw'emizozo (ogw'e Makka), Katonda aliba ayagadde, nga muli mirembe nga muwedde emitwe gyammwe (oba nga abamu) bakendeezzaako bukendeeza (ku nviiri zaabwe), nga temuli mu kutya. Kyokka (Ye Katonda) yamanya ekyo kye mutaamanya n'atekawo mu kifo ky'ekyo obuwanguzi obw'okumpi.

28. Ye (Katonda) y'Oyo eyatuma omubaka We n'obulunngamu wamu n'eddiini ey'amazima (ey'Obusiraamu), alyoke (agitangaaze) agisukkulumye okusinga eddiini zonna. Kimale Katonda okuba omujulizi.

29. Muhammadi mubaka wa Katonda. N'abo abali naye ba maanyi (abavumu ddala) ku batakkiriza (kyokka nga) basaasiragana (n'okulumirwagana) wakati waabwe. Obalaba Ggwe nga bakutama eno bwe bavunna (mu kusaala), nga banoonya ebirungi ebiva eri Katonda n'okusiima Kwe. Obubonero bwabwe buli mu byenyi byabwe (nga buva) mu buwufu bw'okuvunna (ku lw'okusaala ennyo). Kino kye kifaananyi kyabwe (ekyawandiikwa) mu Tauraati (ekitabo kya Nabbi Musa) n'ekifaananyi kyabwe (ekyawandiikwa) mu Njili (Ekitabo kya Nabbi Issa)—(Baafaa-

لَتَدْخُلْنَ الْمَسْجِدَ الْحَرَامَ إِنْ شَاءَ  
اللَّهُ أَمِينٌ مُحَلِّقِينَ رُءُوسَكُمْ وَ  
مُقَصِّرِينَ لَأَخْتَاتُونَ فَعَلِمَ مَا لَمْ  
تَعْلَمُوا فَجَعَلَ مِنْ دُونِ ذَلِكَ فَتْحًا  
قَرِيبًا ﴿٢٧﴾

هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَى وَ  
دِينِ الْحَقِّ لِيُظْهِرَهُ عَلَى الدِّينِ كُلِّهِ  
وَكَفَى بِاللَّهِ شَهِيدًا ﴿٢٨﴾

مُحَمَّدٌ رَسُولُ اللَّهِ وَالَّذِينَ مَعَهُ أَشِدَّاءُ  
عَلَى الْكُفَّارِ رَحِمَاءُ بَيْنَهُمْ تَرْهُمُ رِعْيًا  
سُبْحَانَ الَّذِي يَتَّبِعُونَ فَضْلًا مِّنْ اللَّهِ وَرِضْوَانًا  
سِيمَاهُمْ فِي وُجُوهِهِمْ مِّنْ أَثَرِ السُّجُودِ  
ذَلِكَ مَثَلُهُمْ فِي التَّوْرَةِ وَمَثَلُهُمْ فِي  
الْإِنْجِيلِ كَزَرْعٍ أَخْرَجَ شَطَاةً فَآرَرَهُ  
فَاسْتَفْظَلَ فَاسْتَوَى عَلَى سَوْقِهِ يُعْجِبُ  
الزَّرَّارَ لِيُعَذِّبَهُمُ الْكُفَّارَ وَعَدَّ اللَّهُ

مع  
قوله  
عذبه

ku mukono wadde okubaawunako. Kale bwe yasitula okuva e Madiina okugenda e Makka mu mwaka ogwomukaaga banne ne balowoza nti ago ge gaali amakulu g'endooto ye okutuusa lwe bakoma e Hudaibiiya oluvannyuma lw'okukola enteesaganya ne ziggwa.

Wano Katonda kwe kutegeeza nga bwe yakakasa amazima g'endooto ya Nabbi We nga bwe baali bajja okuyingira Makka nga Nabbi bwe yaloota. Ekirooto ekyo kyatuukirira omwaka ogwaddirira bwe baayingira Makka nga bali mirembe nga endagaano gye baakolera e Hudaibiiya bwe yali egamba—endagaano eyo eyaggwa obulungi n'ebeera entandikwa y'okuwanguka kwonna okwaddirira.

nanyizibwa) nga ekisigwa ekiggyeeyo omutunsi gwakyo ne kikakata ku kikolo kyakyo nga (kiggumivu, kigimu) kisanyusa omulimi— N'ekivaamu abasunguwaza abakafiiri (ku lw'okulaba abakkiriza nga bali batyo). Katonda yalagaanyisa abo abakkiriza ne bakola emirimu mu bo okusonyiyibwa n'empeera ennene.

الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ مِنْهُمْ  
ع مَغْفِرَةً وَأَجْرًا عَظِيمًا ﴿٣٥﴾

## EBIFA KU SSUULA AL-HUJURAAT MU BUFUNZE (49)

Essuula eno yakkira Madiina. Eytibwa Al-Hujuraat okusenziira ku aya 4 kigambo *hujuraat* mwe kyogererwako. Yakka mu mwaka 9 A.H. nga Nabbi (s.a.w.) amaze okusengukira e Madiina.

**Okufaananako** n'essuula endala zonna ezakkira e Madiina, essuula eno esinga kwogera ku Mateeka n'Ebiragiro.


Essuula esinga kussa ssira ku kuyigiriza Abasiraamu empisa ensaamu ezigwanira **abakkiriza** abatuufu abaddala. Mu aya ettaano ezisooka bayigiribwa enneezyisa gye basaanye okwoleka ku bifa ku Katonda n'Omubaka We.

N'ekiddirira balagirwa nti si kituufu okumala gakkiriza buli kye bawulidde mu buzibi bw'amaaso ne bakikolerako nga tebekkaanyiza bukakafu bwakyo. Bategezebwa nti singa bafuna amawulire gonna agafa ku muntu oba abantu basaanye bagekkaanye balabe oba geesigika oba nedda, nga tebannabaako kye bakola. Era bayigirizibwa essa mwe basaanye okukolera singa ebibiina by'Abasiraamu bibiri biba bikontanye oba birwanaganye.

Essuula ezzaako okukubiriza Abasiraamu beewale ebibi ebyo ebyonoona eddembe wakati w'abangi abatuula awamu mu bulamu obwa bulijjo—Okujerega, okuvumagana, okuyitngana amannya amabi, okubuusabuusa bannaabwe, okweyingiza mu nsonga z'abalala ng'oli tezimumwatako n'okugeya byonna bivumirirwa ng'ebivve era ebibi ebyonoona abantu n'embeera ennungi. Byonna ebyo Katonda abyogerako kinnakimu era n'abiwera.

**Okwo** essuula ezzaako okuvumirira obubooze olw'enjawukana mu mabala n'amawanga. Ekyo kiyigiriza nti okwemanya enkizo olw'enjawulo mu nsibuko, endyo, ebika, amawanga n'amabala abamu ne batwala abalala okuba aba wansi abanyoomebwa ku bo era n'okusekeeterera abalala olw'okwenoonyeza ebitiibwa n'amannya bivumirirwa ng'ensibuko y'ejjoogo, obumbula, n'okutuntuzza mu nsi yonna gy'ekoma. **Bw'atyo Katonda** mu aya emu yokka asiguukulula endowooza ezo embi n'agamba nti abantu bonna baasibuka mu Musajja omu ne Mukyala we, Jjajjaffe Adamu, kale nno eky'okwawulwamu amawanga n'endyo oba ennyiriri oluvannyuma lwa kwagala abantu bamanyagane so ssi lwa kwemanya na kuduula. Era ategezza nga bwe watali nkizo ndala yonna omuntu omu gy'asinza muntu munne wabula nga yesigamizibwa mu mpisa ennungi ensaamu ez'obuntubulanu otekeko n'okutya Katonda.

Essuula emaliriza ng'abantu bategezebwa nti eky'okumala gaatula obwatuzi nti ndi Mukkiriza ssi bwe Bukkiriza bwennyini wabula nti okukkiriza Katonda n'Omubaka We mu bukakafu obusaanidde, oli n'abagondera mu bikolwa n'ebirowooza olwo ne yeewaayo mu mazima mu mwoyo ne mu mmaali mu Kkubo lya Katonda—**Abo nno be bakkiriza abaddala.** Wabula abo aboogera obwogezi nti Basiraamu so ne batakakasa mu mitima gyabwe olwo ne beeyisa mu ngeri y'okwenyumiriza nga ababa bakoledde omulala yenna obuyambi okukkiriza Obusiraamu baba beerimbye mu maaso ga Katonda, wadde ka babe nga babalirwa mu Basiraamu mu bantu kuno ku nsi.



## ESSUULA AL-HUJURAATI (49)

Yakkira Madiina: Erina Ebintudu 2 ne Aya 18

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi.*

1. Abange mmwe abakkiriza! (Temweyitirizanga) ne mwekulembzanga mu maaso ga Katonda n'omubaka We, wabula mutye Katonda. Mazima Katonda Awulira, Amanyi.

2. Abange mmwe abakkiriza! Temusitulanga amaloboosi gammwe waggulu w'eddoboosi lya Nabbi. Era temwatulanga gy'ali ebigambo (nga muwowoggana) nga (bwe kuyinza okuba okuwowoggana mu) kwatula kw'abamu mu mmwe eri bannaabwe, gireme kwonooneka emirimu gyammwe nga nammwe temumanyi.

3. Mazima abo abakkakkanya amaloboosi gaabwe awali Omubaka wa Katonda abo be bo Katonda be yatukuza emitima gyabwe ku lw'okumutya. Balina bo okusonyiyibwa n'empeera ennene.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقْدُمُوا بَيْنَ يَدَيْ اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدٌ عَلَيْهِ ①

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَرْفَعُوا أَصْوَاتَكُمْ فَوْقَ صَوْتِ النَّبِيِّ وَلَا تَجْهَرُوا لَهُ بِالْقَوْلِ كَجَهْرِ بَعْضِكُمْ لِبَعْضٍ أَن تَحْبَطَ أَعْمَالِكُمْ وَأَنتُمْ لَا تَشْعُرُونَ ②

إِنَّ الَّذِينَ يَعْصُونَ أَوْصَاءَهُمْ عِنْدَ رَسُولِ اللَّهِ أُولَئِكَ الَّذِينَ امْتَحَنَ اللَّهُ قُلُوبَهُمْ لِلتَّقْوَى لَهُم مَّغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ عَظِيمٌ ③

1. Temukulembzanga ekigambo kyammwe mu bigambo by'eddiini n'eb'yensi ku kigambo kya Katonda n'Omubaka We, era temukolanga ckintu w'ali nga ye tannakikola wabula muteekwa kubeeera bagoberezi wu buli kintu.

Omusiraamu tateekwa kusukka mateeka mw'ekyo Katonda kye yamulagira oba kye yamugaana era tateekwa, Omusiraamu yenna, kuteeka mu ddiini etteeka lyonna eritalina kikolo kuva eri Katonda oba Nabbi (s.a.w.).

3. Katonda yaziyyiza Abasiraamu okuleekaanaira awali omubaka We (s.a.w.): Aya eno bwe yakka, abayigirizwa ba Nabbi baatya nnyo emirimu gyabwe okwonooneka ne babeera nga becwombeeka n'okukuuma empisa mu maaso ga Nabbi (s.a.w.).

Mu ngeri y'emu si kituufu okuleekaanaira mu muzikiti gw'e Madiina okumpi n'entaana ya Nabbi (s.a.w.) ku lw'okukuuma kitiibwa kya Nabbi.

4. Mazima abo abakukoowoola nga bali emabega (ebweru) w'ebisenge, abasinga obungi mu bo tebategeera.
5. Singa mazima bo baagumikiriza n'otuusa okufuluma n'ogenda gye bali, kyandibabeeredde kirungi (ddala). Ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi.
6. Abange mmwe abakkiriza! Omwonoonefu (yenna) bw'abanga abaleettedde ekigambo (kyonna musookenga) kwetegerera (mukakase amazima gaakyo), (olw'okutya nti) mwandituusa akabi ku kibiina mu butamanya (ekiddako) ne mukeesa enkya kw'ekyo kye mukoze nga mwejjussa.
7. Era mumanye nti mazima ali mu mmwe Omubaka wa Katonda. Singa (yali) abagondera mu bigambo byammwe ebisinga obungi (bye mwogera) mwandigudde ku kabi; naye mazima Katonda yabaagaza Obukkiriza n'abulungiyiza mu mitima gyammwe, n'abatamisa (n'abakya-yisa) obukafiiri, obwonoonyi n'obujeemu. Abo (ab'ebitone ebyo) bo be balunngamu:—

إِنَّ الَّذِينَ ينادُونَكَ مِنَ الَّذِينَ هَاجَرُوا  
أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْقِلُونَ ﴿٥٠﴾

وَلَوْ أَنَّهُمْ صَبَرُوا حَتَّى تَخْرُجَ إِلَيْهِمْ  
لَكَانَ خَيْرًا لَهُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ  
رَحِيمٌ ﴿٥١﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ جَاءَكُمْ فَاسِقٌ  
بِنَبَأٍ فَتَبَيَّنُوا أَنْ تُصِيبُوا قَوْمًا بِمَآبِهَاتِهِ  
فَتَصْطَبِحُوا عَلَى مَا أَعْلَمْتُمْ تُدْرِكُونَ ﴿٥٢﴾

وَأَعْلَمُوا أَنَّ فِيكُمْ رَسُولَ اللَّهِ لَوْ يُطِيعُكُمْ  
فِي كَثِيرٍ مِمَّنْ أَمَرُوا بِعَدْوِيٍّ وَلَكِنِ اللَّهُ  
حَبَّبَ إِلَيْكُمُ الْإِيمَانَ وَزَيَّنَهُ فِي قُلُوبِكُمْ  
وَكَرَّهَ إِلَيْكُمُ الْكُفْرَ وَالْفُسُوقَ وَالْعِصْيَانَ  
أُولَئِكَ هُمُ الرَّشِدُونَ ﴿٥٣﴾

5. Mu aya eno Katonda yagaana Abakkiriza okukoowoola Nabbi (s.a.w.) nga bayima ebweru nga Ye ali mu bisenge bye, nga abamu nga Bawarabu bwe baakolanga nga bagenze ewuwe. Yabayigiriza ekisaanira ekitiibwa kya Nabbi (s.a.w.) n'ekifo kye—ekyo kye ky'okugumikiriza okutuusa ye lw'avaayo n'agenda gye bali.

Abasiraamu bakuuma empisa eyo okutuusa ne ku kubeera nga tebayita musomesa waabwe nga baleekaana oba ngaalina w'ali mpozzi nga nagaalese bw'ataba mwesigwa oba nga muntu mupya gye bali. Katonda yagaana zbakkiriza okwanguyirizanga ne bakolera ku bigambiddwa kubanga oyo abireese yandiba ng'alimba. Kale singa beesigamira ku bigambo ebyo ne balamula mu bulimba ekyo kyandirecta akabi kw'abo abawaayirizibwa.

6. Mu aya eno Katonda yalagira Abakkiriza beetegerere nnyo n'obwegendera ekigambo oba amawulire gonna agaba gabaletteddwa, naddala oyo agaleese bw'ataba mwesigwa oba nga muntu mupya gye bali. Katonda yagaana zbakkiriza okwanguyirizanga ne bakolera ku bigambiddwa kubanga oyo abireese yandiba ng'alimba. Kale singa beesigamira ku bigambo ebyo ne balamula mu bulimba ekyo kyandirecta akabi kw'abo abawaayirizibwa.

N'oyo ayitibwa omwonoonyi y'oyo amenya amateeka g'eddiini agamanyiddwa. Buli Musiraamu, oyo omwesigwa (munnaddiini) kikkirizibwa ekigambo kye awatali kumala kukyeknncenya kyetegezebwe.

8. Ku lw'obulungi n'ekyengera ebyava eri Katonda. Ne Katonda Amanyi, Omukakasa (mu kulabirira ebitonde Bye).

فَصَلِّ مِنَ اللَّهِ وَنِعْمَةً وَاللَّهُ عَلِيمٌ  
حَكِيمٌ ⑧

9. Bwe bibeeranga birwanaganye (oba bisoowaganye) ebibiina ebibiri mu bakkiriza, mubitabaganyenga wakati waabyo. Kyokka bwe kibanga ekimu kirumbye ekirala (oluvannyuma lw'okubitabaganya), (mwenna awamu Abasiraamu) mulwanyisenga ekyo ekirumbaganyi okutuusa lwe kidanga eri ekiragiro kya Katonda. Kale bwe kiba nga kizzeeyo (ku bukkakamu) olwo mutabaganye wakati wa byombiriri mu bwenkanya, era mwenkanyenga (wakati w'abantu). Mazima Katonda ayagala benkanya.

وَإِنْ طَائِفَتَيْنِ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ إِتْتَفَأُوا  
فَأَصْلِحُوا بَيْنَهُمَا فَإِن بَغَت إِحْدَاهُمَا عَلَى  
الْأُخْرَى فَقَاتِلُوا الَّتِي تَبْغِي حَتَّى تَفِئَءَ  
إِلَى أَمْرِ اللَّهِ فَإِن فَتَءَتْ فَأَصْلِحُوا بَيْنَهُمَا  
بِالْعَدْلِ وَأَقْسِطُوا إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ  
الْمُقْسِطِينَ ⑨

10. Ddala mazima abakkiriza (bonna - Abasiraamu) baluganda. (Obukkiriza bwagatta wakati w'emitima gyabwe). N'olw'ekyo mulongoose wakati wa baganda bammwe (olw'okukuuma oluganda lw'obukkiriza), mutye Katonda oba olyawo ne musaasirwa.

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ إِخْوَةٌ فَأَصْلِحُوا بَيْنَ  
أَخْوَانِكُمْ وَاللَّهُ لَعَلُّكُمْ رَاحِمُونَ ⑩

11. Abange mmwe abakkiriza! Ekibiina (mu mmwe) tekinyoomanga ekibiina ekirala kyandiyinza okuba (kye banyoomerera) nga kye kirungi (awali Katonda) okusinga bo, wadde n'abakyala tebanyoomanga bakyala bannaabwe (kubanga) bandibeeera nga be balungi (eri Katonda) oku-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا يَسْخَر قَوْمٌ مِنْ  
قَوْمٍ عَلَى أَنْ يَكُونُوا أَخْبَرًا مِنْهُمْ وَلَا  
نِسَاءً مِنْ نِسَاءِ عَلَى أَنْ يَكُنَّ خَيْرًا  
مِنْهُمْ وَلَا تَلْمِزُوا أَنْفُسَكُمْ وَلَا تَنَابَرُوا

9. Lino etteeka likuuma ekibiina ky'Abasiraamu okubeera obumu n'okubawonya okwawukana. Era libakuutira nga libakubiriza okukozesa obwenkanya n'okutabagana. Ebyo byonna babeere nga babikola ku lwa kutya Katonda na kusuubira kusaasira Kwe.

Wano kitegeerekeka bulungi nga Abasiraamu ne bwe baba nga balwanaganye ekyo bwe kitabaggyaako bukkiriza.

10. Obukkiriza bwagatta wakati w'emitima gy'Abasiraamu ne baba bamu abassa ekimu. N'olw'ekyo ekyo kyonna ekiba kireese engozoobana n'okunenengana wakati waabwe kiteekwa kulumulwa kigibwewo Basiraamu bannaabwe, Obusiraamu buleme kukutukamu butundutundu.

singa bo; wadde temwevoolagana (temukyiinagananga) mwekka na mwekka (abamu okuvvoola bannaabwe), era temuyitinnananga amannya amabi (ag'okuvumagana n'okujeregagana). Erinnya erisinga obubi okuyita omuntu ly'eryo erityooboola (obuntu bwe) oluvannyuma lw'okuba omukkiriza: N'omuntu ateenenya, abo bo be balyazaamaanyi (abassa ebintu mu bitali bifo byabyo).

12. Abange mmwe abakkiriza! Mwewale nnyo (nga bwe musobola okulwoozanga ku bantu bannammwe) ebirwoozo ebiteebereze obuteebereza; kubanga mazima ebirwoozo ebimu bivve (eri Katonda). Era temukettakettanga (ne mulingiriza bantu bannammwe mu bitabakwatako) era abamu tebageyanga bannaabwe. Abaffe omu mu mmwe yandyagadde okulya ennyama ya muganda we afudde? Nedda, temukyagala (ekyo; n'olw'ekyo na biri mubitamwe). Era mutye Katonda. Mazima Katonda akkiriza abeenenya, Musaasizi.

يَا لِقَابِ طَيْسِ الْإِسْمِ الْفُسُوقِ بَعْدَ  
الْإِيمَانِ وَمَنْ لَمْ يَبْقَدْ فَادْرِكْهُمْ الظَّالِمُونَ

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اجْتَنِبُوا كَثِيرًا مِّنَ  
الظَّنِّ إِنَّ بَعْضَ الظَّنِّ إِثْمٌ وَلَا  
تَجَسَّسُوا وَلَا يَغْتَبَ بَعْضُكُم بَعْضًا  
أَيُّ حَبِّ أَحَدِكُمْ أَنْ يَأْكُلَ لَحْمَ أَخِيهِ  
مَيْتًا فَكَرِهْتُمُوهُ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ  
تَوَّابٌ رَّحِيمٌ

12. Katonda yagaana Abasiraamu okukolera ku birowoozo baleme okudda awo okulwoozanga ku bannaabwe ebyo ebiteebereze obuteebereza bye batalinaako bukakafu olw'okubanga omuntu yandyesuula ku kibi olw'okulwoozanga ku munne ekibi. Katonda kyeyava alagira abakkiriza beewale okufumiitiriza ku bannaabwe ebyo bye batalaba, emyoyo gyabwe giryoke gitukule obuta-saabaanya ndoozo mbi ku bantu ba Katonda. Singa abantu beewala ekyo, ensi etebenkeri, abantu bonna ne baba ba kitiibwa; n'enkolagana wakati waabwe n'erongooka olw'okukuumwa ebitiibwa by'obuntu.

Era Katonda yagaana okulingiriza n'okukettaketta ng'omuntu affeffetta obumogo ku bantu. Kuraane egaana ekikolwa ekyo ekibi emyoyo gy'abantu giryoke gitukule obutayingiramu ndwadde eyo embi ennyo. Ddala Katonda yawa abantu eddembe lyabwe, eritakkirizibwa kulinyirirwa, kuyingirirwa na kuvulugwa mu ngeri yonna. Abasiraamu bateekwa okuba nga bo benyini bali mu ddembe era bwe batyo n'abantu b'omu maka gaabwe. N'ebyama byabwe biteekwa bibeere nga bikuumwa. Omusiraamu tateekwa kutwala na kunonooza ekyo ky'atalabye mpozzi ky'alabye kyokka.

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu abikka (n'asirikira) akamogo k'Omusiraamu abanga azzizza obulamu bw'omwana ayaziikibwa mu ntaana". Era yagamba nti: "Mazima ggwe singa olondoola obumogo bw'abantu ojja kuboonaabona".

Mu ngeri y'emu, Katonda yagaana okugeya n'atukubira ekifaananyi ekiraga buli wa magezi obubi



13. Abange mmwe abantu! Ddala Ffe twabatonda nga tubaggya mu musajja omu (oyo yekka Adamu) n'omukazi (era bw'atyo Haawa), ne tubafuula okuba amawanga n'ebika mulyoke mumanyagane musobole okuyamba bagana (sso si okunyoomagana n'okunenengana). Mazima abasinga ekitiibwa mu maaso ga Katonda y'abasinga okutya Katonda (ng'alongoosa ebikolwa bye). Mazima Katonda Amanyi, Alaba (ebyama tewali kimwekweka).

يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِنْ ذَكَرٍ  
وَأُنثَىٰ وَجَعَلْنَاكُمْ شُعُوبًا وَقَبَائِلَ  
لِتَعَارَفُوا إِنَّ أَكْرَمَكُمْ عِنْدَ اللَّهِ أَتْقَاهُ  
إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ خَبِيرٌ ﴿١٣﴾

14. Abawarabu bannamalungu ne bagamba (Nabbi) nti: Tukkirizza: Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Temunnakkiriza (mu bujjuvu) naye mugambe nti: Tusiramuse—(tugoberedde eddiini yo). Kubanga obukkiriza tebunnayingirira ddala (kukkalira) mu mitima gyammwe. Kyokka bwe munaagondera Katonda n'Omubaka We, tajja kukendeeza ku mpeera z'emirimu gyammwe kintu na kimu. Mazima Katonda Musonyiyi, Mu-saasizi.

قَالَتِ الْأَعْرَابُ آمَنَّا مِمَّا قُلْنَا  
وَلَكِنْ قُلْنَا أَسْلَمْنَا وَلَمَّا يَدْخُلِ الْإِيمَانُ  
فِي قُلُوبِكُمْ وَإِنْ تُطِيعُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ  
أَنزِلْنَاكُمْ مِنْ أَعْمَالِكُمْ سَيِّئًا إِنَّ اللَّهَ  
عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٤﴾

bw'okugeya. Yagamba nti: Nga bw'atamwa buli omu okulya ennyama ya muganda we omufu, bwe kityo bwe musaana okutamwa okugeya. 'Okugeya' kwe kwogera ku muno ekyo ky'atayagala omwogerako newankubadde k'obe ng'oyogera mazima.

13. Katonda ategeeza nga abantu bonna bwe yabatonda ng'abaggya mu musajja omu n'omukazi omu—Adamu ne Haawa. N'olw'ekyo tewali muntu alina nkizo ku munne era yabafuula ebika n'amawanga n'ensi ku lwa kwagala bamanyagane; buli omu amanye eggwanga mw'asibuka n'ekika kye mw'ava asobole okuyunga ennganda ze—sso si lwa kuba nti waliwo eggwanga erisinga linnaalyo ku ludda lw'obutonde. Mu bfunze bonna abantu be bamu, tewali ndyo nnangira awali Katonda.

Kyokka oyo ow'ekitiibwa asinga banne mu maaso ga Katonda y'oyo asinga okulongoosa emirimu gye n'empisa olw'okutya Katonda. Ne Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Katonda tatunuulira eri bifaananyi byammwe wadde eri emmaali yammwe wabula atunuulira eri mitima gyammwe n'emirimu gyammwe."

14-17. Abawarabu bannamalungu abamu baalina Obusiraamu bwa lujulungu ddala, nga n'endowooza zaabwe ezimu za kyanakito, sso nga bwo Obusirasamu bwetaaga ndowooza nnungamu za kikulu. Abannyonnyozi abamu bagamba nti aboogerwako mu aya eye 16 ky'ekika kya Banu Asadi, abaaganda ewa Nabbi nga bagamba nga bwe bali abakkiriza balyoke baweebwe ku saddaaka enjala bwe yali egudde.

Ate mu ngeri endala, bo baakitwalanga nti okusiramuka kwabwe kwali lwa kusannyusa Nabbi nga gwe bayambye okuyingira eddiini ye gy'abuulira.

15. Mazima abakkiriza ggere be bo abakkiriza Katonda n'omubaka We oluvannyuma (lw'okukkiriza) ne batabuusabuusa wabula ne balwanirira (eddiini) n'okuwaayo emmaali yaabwe n'obulamu bwabwe mu kkubo lya Katonda. Abo be bakkiriza ab'amazima.
16. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mutegeeza Katonda eddiini yammwe (mbu mukkiriza), nga ne Katonda amanyi ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi, era nga Katonda Amanyi buli kintu?
17. Bakwenyumiririzaako (Ggwe Muhammadi) olw'okuba basiramuse (ne bagoberera eddiini yo). Bagambe nti: Temunneenyumiririzaako ku lwa Busiraamu bwammwe; nedda, wabula Katonda ebeenyumiririzaako olw'okubalungamya eri obukkiriza, bwe muba ab'abamazima (mw'ekyo kye mugamba).
18. Mazima Katonda amanyi Eby'ewala Ebitalabikako mu ggulu ne mu nsi. Ne Katonda Alaba ebyo bye mukola.

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ثُمَّ لَمْ يَرْتَابُوا وَجَاهَدُوا بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ أُولَئِكَ هُمُ الصَّادِقُونَ ﴿١٥﴾

قُلْ أَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ بِدِينِكُمْ وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿١٦﴾


يَعْتُونَ عَلَيْكَ أَنْ أَسْلَمُوا قُلْ لَا مَنُونَا عَلَىٰ إِسْلَامِكُمْ بَلِ اللَّهُ يَمُنُّ عَلَيْكُمْ أَنْ هَدَيْتُمْ لِلْإِيمَانِ أَنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٧﴾

إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ غَيْبَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَاللَّهُ بِصَيْرُورِكُمْ بَاتِعْمَلُونَ ﴿١٨﴾

## EBIFA KU SSUULA KAAF MU BUFUNZE (50)

N'eno y'emu ku Ssuula ezo ezakkira e Makka, nga yaggya erinnya lyayo ku nnyukuta KAAF gy'etandisa. Hadith ezeesigika zigamba nti Nabbi Ow'ekitiibwa (s.a.w.) yasangama lunye Essuula eno naddala ku Ssaala za Iddi ate endala ne zigamba nti yateranga kugisoma mu Sswala za Al-Fajiri—Ekyo ekyoleka nga Essuula eno bw'e yalina amakulu mangi ku Nabbi (s.a.w.).

Obubaka bwayo bwonna bunnyinyiitiridde kwogera ku Bulamu Obw'oluvannyuma. Nabbi (s.a.w.) ng'atandise okubuulira Obubakla ekyasinga okuwuniikiriza abantu kwe kuwulira nti walibaayo okuzuukira oluvannyuma lw'okufa; n'abantu balamulwe ku lw'ebikolwa byabwe eby'oku nsi. Abantu, eky'okuzuukira nga n'omufu yafuuka dda enfuufu baali tebakifumiitiriza ne bakitegeera bwe batyo kwe kuwakanya ne bakirimbisa. Ne Katonda mu kubaddamu ku luuyi olumu, kwe kubalaga obubonero obw'okulabirako obukakasa eky'okubaayo kw'Okuzuukira, ate ku luuyi olulala n'abaddamu ng'abalabula n'okubatiisa nti: Wadde ka beewuunye, oba balimbise eky'Okuzuukira, tebalina ngeri yonna gye bayinzamu kukyusa Mazima. Kyo kikakafu nti wadde ka bafe ne bamerunguka, Katonda Ye a manyi buli kanyiiukuuli ka katundu ka mibiri gyabwe we kaba n'engeri gye kabaamu. Ye ky'alina kuba kulagira omulundi gumu guti olwo obutundutundu bw'emibiri gyabwe ne bwegatta ne badda bulamu nate. Ekyo eky'abantu okwekiina nti olwatondebwa tewali yenna gwe bavunaanyizibwako kya busiru na bugwagwa kubanga Ye Katonda a manyi bulambirira ebikolwa by'abantu byonna ebiro-woozo byabwe byonna, ate nga ne Bamalaika Be bababa butoola ebbanga lya bulamu bwabwe lyonna nga bawandiika buli kye bakola ne kye boogera—Ekyo bo abatakkiriza balikyekakasiza nga bamaze okwesimba mu maaso ga Katonda nga babitebya olw'ebikolwa byabwe ku nsi kuno. Na byonna ebirala bye balimbisa kuno ku nsi, gamba ng'okusasulwa empeera oba okubonerezebwa, omuliro n'Ejjana, ebyo bye batafumiitiriza nti biribaayo balibyerabirako n'agaabwe era olw'obujee mu bwabwe n'obukyayi eri Nabbi n'Abakkiriza n'okuwakanya kwabwe Amazima balyoke basoggebw'e Omuliro—ate abo abatya Katonda kuno ku nsi bayingizibwe Ejjana.



### ESSUULA QAAF (50)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 45

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. KAAF: Ndayidde Kuraane ey'eki-  
tiibwa (Mazima Gwe Muhammadi  
oli mubaka wa Katonda).

2. Abaffe beewuunya omubaka abatiisa  
okubajjira nga ava mu bo kyebava  
bagamba abakafiiri nti: Kino kintu  
kya kyewuonyo!

3. Ki! Nti bwe tuliba nga tufudde ne  
tufuuka ettaka (tuli ba kudda bulamu  
nate)? Okwo okudda kuli wala  
(n'okubaawo)!

4. Mazima tumanyidde ddala ekyo  
ettaka kye libakendeezaako (abo  
abafa ne baziikibwa), ne we tuli  
waliwo Ekitabo ekikuuma (buli  
kiwandiiko ekiwandiikibwamu).

5. Wabula baalimbisa Amazima bwe  
gaabajjira, n'olw'ekyo kati nabo bali  
mu ngeri ya kutawaana tebanywe-  
redde ku ngeri emu.

6. Abaffe, tebatunuulira eri eggulu eri  
waggulu waabwe—Engeri bwe twa-  
lizimba ne tulinyiriza (n'emmunyee-  
nye), era nga teririna njatika?

7. N'ensi twagitandaaza (n'okugigaziya)  
ne tugissaamu ensozi ennywevu, era

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

ق م وَالْقُرْآنِ الْمَجِيدِ ①

بَلْ عَجِبُوا أَنْ جَاءَهُمْ مُنذِرٌ مِنْهُمْ  
فَقَالَ الْكُفْرُونَ هَذَا شَيْءٌ عَجِيبٌ ②

أَلَا دَأْبُ امْتِنَاءٍ كُنَّا نُرَبِّئُكَ ذَلِكَ رَجْعٌ  
بَعِيدٌ ③

قَدْ عَلِمْنَا مَا تَنْقُصُ الْأَرْضُ مِنْهُمْ  
عِنْدَنَا كَنْزٌ حَفِيظٌ ④

بَلْ كَذَّبُوا بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ فَهُمْ فِي  
أَمْرٍ مَرِيحٍ ⑤

أَفَلَمْ يَنْظُرُوا إِلَى السَّمَاءِ فَوَظَّهُمْ كَيْفَ  
بَنَيْنَاهَا وَزَيَّنَّاهَا وَمَا لَهَا مِنْ فُرُوجٍ ⑥

وَالْأَرْضِ مَدَدْنَاهَا وَأَلْقَيْنَا فِيهَا رِوَابِي

1. Ennyukuta KAAF Katonda yagitandisa Essuula eno nga bwe liri ekkubo lya Kuraane okutandika Essuula ezimu n'ennyukuta enkutulekutule.

ne tugimezaamu buli mutindo (gw'e-bimera) omulungi—

8. (Bibeere ebyo) nga kyakulabako na kujjukirirako (ebitendo bya Katonda n'obuyinza Bwe) eri buli muddu ayeenenya n'adda eri Katonda.
9. Ne tussa okuva mu ggulu amazzi ag'omukisa ge tumeza nago amalimiro n'ebimera by'empeke ezikungulwa;
10. N'emitende emiwanvu (egyalengeera) nga girina engo (z'ebirimba) eziberekaganye;—
11. Nga kyakulya kya baddu (ba Katonda); ne tulamusa nago (amazzi agava mu ggulu) ensi (eba) effudde (ekaze n'eddamu n'esibuka buto). (Mu ngeri y'emu) bwe kutyo bwe kuliba okuzuukira (kw'abafu okuva mu ntaana).
12. (Mu ngeri y'emu) baalimbisa (Amazima) abaaliwo oluberyeberye lwabwe ab'ekibiina kya Nuuhu ne Bannannyini (Nsi ya Luzzi) Al-Rassi n'ab'Ekika kya Thamuudu,
13. Ne Ba-Aaadi ne Fir'auna (n'abantu be) ne Baganda ba Luutu (ekibiina kya Luutu),
14. Ne Bannannyini (Nsi y'Ebibira) Al-Aikati n'ekibiina kya Tubbai (Yamani): Bonna abo baalimbisa ababaka (abaabatumurwa), kyebyava bibakakatako (ebibonerezo) Byange ebyabalagaanyisibwa.

وَأَبْتُنَا فِيهَا مِنْ كُلِّ ذَوْقٍ بِهَيْجٍ ٤

تَبْصِرَةً وَذُكْرَىٰ لِكُلِّ عَبْدٍ مُنِيبٍ ٥

وَنَزَّلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً مُّبَارَكًا

فَأَنْبَتْنَا بِهِ جِبْتٍ وَحَبِّ أَحْصِيدٍ ٦

وَالنَّخْلَ لِيَسْقِيَ لَهَا طَلْعَ نَضِيدٍ ٧

رُزْقًا لِلْعِبَادِ وَأَحْيَيْنَا بِهِ بَلْدَةً

مَيِّتًا كَذَلِكَ الْخُرُوجُ ١١

كَذَّبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ وَأَصْحَابُ الرَّسِّ

وَشَمُودُ ١٢

وَعَادٌ وَفِرْعَوْنُ وَإِخْوَانُ لُوطٍ ١٣

وَأَصْحَابُ الْأَيْكَةِ وَقَوْمُ تُبَّعٍ ط

كُلٌّ كَذَّبَ الرِّسْلَ فَحَقَّ وَعِيدُ ١٤

12-14. Abantu b'omulembe gwa Nabbi Nuuhu be yatumwamu baamulimbisa; nga era nabo bwe baalimbisa Bannannyini Nsi ya Luzzi, Al-Rassi; Bo Bathamuudu baalimbisa Nabbi waabwe Swalihi. Ba-Aadi ne balimbisa owaabwe Huudu. Ye Fir'auna n'abagoberezi be mu Misiri baawakanya Obubaka bwa Katonda, Musa bwe yabaleetera ne muganda we Haaruuna. Ate abantu ba Sodoma ne Gomorra ne balimbisa muganda waabwe Nabbi Luutu. Bannannyini Nsi Al-Aikati ne balimbisa Nabbi Swaibu ate bo Abantu ba Tubbai mu nsi Yamani bonna awamu baawakanya Katonda. Kyebyava Katonda abakakasaako bonna ebibonerezo n'abazikiriza.

15. Abaffe twakoowa olw'okutonda okwasooka (mbu ekyo kibeere ekitatubozesa kutonda bitonde mulundi gwakubiri)? Nedda, wabula bo bali mu kubuusabuusa (kutaliimu mulamwa) mu Katonda okuggya.

أَفَعَيْنَانَا بِالْحَلْقِ الرَّوْلِ بَلْ هُمْ فِي كَيْسٍ  
مِنْ خَلْقٍ جَدِيدٍ ⑮

16. Mazima twatonda omuntu era tumanyi ekyo kye gyalabankanyizibwa nakyo omwoyo gwe, Naffe tuli kumpi (nnyo ddala) naye okusinga omusuwa gwe ogw'omu bulago.

وَلَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ وَنَعَلْمَا أَوْسُوسَ بِهِ  
نَفْسَهُ وَنَحْنُ أَقْرَبُ إِلَيْهِ مِنْ حَبْلِ الْوَرِيدِ ⑯

17. Mu kiseera bwe bamuggyako (obuwandiike) bamalaika (ababiri abaalalika okumukuuma) abawandiisi (nga bakakasa emirimu gye), nga omu ali ku ddyo nga n'omulala ali ku kkono (we) nga batudde (bawandiika emirimu gye),

إِذْ يَتَلَفَّى الْمُتَلَقِّينَ عَنِ الْيَمِينِ وَعَنِ  
الشِّمَالِ قَعِيدٌ ⑰

18. Tayatula kigambo (kyonna) wabula nga w'ali waliwo malaika Rakiibu ne Atiidu (alindiridde obulindaala okukiwaandiika).

مَا يَلْفِظُ مِنْ قَوْلٍ إِلَّا لَدَيْهِ رَقِيبٌ  
عَتِيدٌ ⑱

19. Ne kumujjira okutamiira olumbe (ng'azirika bamukuulamu omwoyo) n'amazima. (N'agambibwa nti): Olwo (olumbe) lwe walinga odduka!

وَجَاءَتْ سَكْرَةُ الْمَوْتِ بِالْحَقِّ ذَلِكَ  
مَا كُنْتَ مِنْهُ تَحِيدُ ⑲

20. Enngombe n'efuuyibwa Olwo lwe luliba Olunaku lw'endagaano (Olw'enkomerero).

وَنُفِخَ فِي الصُّورِ ذَلِكَ يَوْمَ الْوَعْدِ ⑳

15. Amakulu gali nti nga bwe tutaalemwa oba wadde okukoowa mu kutonda ebitonde omulundi ogwasooka, bwe kityo okubizza obuggya kyangu gye Tuli. Wabula bo abatakkiriza kuzuukira balina okubuusabuusa okw'obusiru mu kuzzaawo kw'ebitonde obuggya oluvannyuma lw'okufa kwabyo.

16. Katonda wano ateggeza nga Ye bw'ali okumpi ennyo n'omuntu mu kumanya ebikwa bye n'ebimufaako okusinga n'omusuwa ogw'obulamu.

Emisuwa egyo gya mirundi ebiri era nga giri ebiri ebiri. Ebiri gitwala omusayi okuguggya ku mutima okugutwala mu mutwe ate n'ebiri giguggya mu mutwe okugutwala mu mutima.

17. Katonda yateeka ku muntu bamalaika babiri — omu ng'ali ku ddyo we awandiika buli kirungi ky'akola, nga omulala ali ku kkono. Oyo nga ye awandiika buli kibi ky'akola. Tebawawu-kanako okutuusa lw'afa.

20. Katonda aliragira Malaika n'afuwa mu Nngombe olufuwa olwokubiri, abantu ne bazuukira okuva mu ntaana. N'olwo lwe luliba olunaku olwa nsalesale, olulagaane olwo, Katonda lwe yalagaanyisa okulamuliramu wakati w'ebitonde.

21. Buli muntu n'ajja nga alina (malaika) amuleeta (mu bbaliro) n'oyo amujulira.
22. (Ayali omwonoonyi ku nsi aligambibwa): Mazima wali mu kulagajjalira kino. Kati nno tukubikkuddeko ekibikka kyo (ekyali kikubisse), kati okulaba kwo olwaleero kwooji!
23. Munneewe (oyo malaika eyali awandiika emirimu gye) n'agamba (ng'agamba malaika w'ebibonerezo) nti: Bino bye nnina ebitegeke (mu buwandiike ng'obujulizi obumukasaako okubonerezebwa).
24. Awo Katonda n'alagira malaika (ayamuleese n'ayamuwaddeko obujulizi) musuule mwembiriri mu muliro Jahannamu buli mukafiri omuyitirivu, omuwalaazi w'empaka!
25. Ayaziyizanga buli kalungi omulumbaganyi eyasukkanga ebikomo (by'amateeka), ayabusabusanga (awatali kw'asinziira mu kubaawo kwa Katonda);
26. Oyo eyateeka ku Katonda katonda omulala n'olw'ekyo mumusuule (emirundi ebiri) mu bibonyobonyo ebityitirivu (ne munne oyo bwe baali beebuzannanya).
27. Munneewe (oyo sitaane) eyamubuza aligamba nti: Mukama waffe! Simubuzanga nze okuggyako ye (ku bubwe) yali mu bubuze obw'ewala.
28. (Katonda) n'agamba nti: Temukaayanira we Ndi nga ddala naku-

وَجَاءَتْ كُلُّ نَفْسٍ مَعَهَا سَائِقٌ وَشَهِيدٌ ﴿٢١﴾

لَقَدْ لُنْتُمْ فِي غَفْلَةٍ مِّنْ هَذَا أَكْثَفْنَا عَنْكَ غِطَاءً فَبَصُرُوكَ أَيُّومَ حَدِيدٍ ﴿٢٢﴾

وَقَالَ قَرِيبُهُ هَذَا مَا لَدَىٰ عَتِيدٍ ﴿٢٣﴾

الْقِيَامِ فِي جَهَنَّمَ كُلٌّ لِّغَارِ عِينِدٍ ﴿٢٤﴾

مَتَائِدٍ لِّخَيْرٍ مَّعْتِدٍ مُّرِيبٍ ﴿٢٥﴾

بِالَّذِي جَعَلَ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ فَأَلْقَاهُ فِي الْعَدَابِ الشَّدِيدِ ﴿٢٦﴾

قَالَ قَرِيبُهُ رَبَّنَا مَا أَطْعَمْتُهُ وَلَكِنْ كَانَ فِي ضَلَالٍ بَعِيدٍ ﴿٢٧﴾

قَالَ لَا تَحْتَصِمُوا لَدَيْهِ وَقَدْ قَدَّمْتُ

28. Anti olwo abo abaliba abakaseeko ebibonerezo by'olubabu lw'omuliro baliba baze mu kunenngana nga buli omu ali kwekokkola oyo gw'agamba nti ye yamubuza, ng'ate n'abaga-

lembeza gye muli (nga muli ku nsi okubatiisa nga) mbalagaanyisa ebibonerezo (ku lw'obutakkiriza).

29. Tekikyusibwa ekigambo (ekiva) we Ndi, era Siri Nze alanga abaddu (Bange) obwemage (ne mbabonereza awatali kibi kye baakola).

30. Olunaku lwe tuligamba omuliro Jahannama nti: Abaffe ojjudde? Ne gugamba nti: Abaffe waliwo okwongerwa (abalala)?

31. N'esebbezebwa Ejjana eri abatya Katonda — (n'eba) nga tekyali wala (nabo).

32. (Baligambibwa nti): Ezo (empeera) ze zo ze mulagaanyisibwa. (Zo) za buli oyo eyadda eri Katonda (mu kwenenya okw'amazima) n'akuuma (ebiragiro Bye obutabimenya),

33. Oyo ayatya Katonda Omusaasizi awamu n'obutamulabako n'ajja (Olwaleero ku Lunaku Lw'enkomerero) n'omutima ogwemalidde ddala (eri Katonda).

34. (Baligambibwa nti): Mugiyingire n'emirembe. Olwo lwe Lunaku Lw'okusigalawo (lw'okuwangaala) obugenderevu (tewaliba kuddayo kufa).

35. Balina mu yo buli kye banaayagalanga, nga ne we Tuli waliwo eby'okubongeza (mu byengera ebya buli kye balyagalanga).

36. Abaffe emeka emirembe (gy'abantu) be twazikiriza oluberyeberye lwabwe (bano abakulimbisa Gwe Muhammad), nga bo be baasinganga abo

إِلَيْكُمْ بِالْوَعِيدِ ﴿٣٨﴾

وَأَيُّكُمْ لِقَوْلِ لَدِي وَمَا أَنَا بِظَالِمٍ لِلْعَبِيدِ ﴿٣٩﴾

يَوْمَ نَقُولُ لِحَبَّاهُمْ هَلْ آمَنَتْ وَنُقُولُ

هَلْ مِنْ مَّرِيدٍ ﴿٤٠﴾

وَأَزَلَّيْتُمُ الْجَنَّةَ لِمُتَّقِينَ غَيْرِ بَعِيدٍ ﴿٤١﴾

هَذَا مَا تُوْعَدُونَ لِكُلِّ أَوَّابٍ حَفِيظٍ ﴿٤٢﴾

مَنْ خَشِيَ الرَّحْمَنَ بِالْغَيْبِ وَجَاءَ

بِقَلْبٍ مُنِيْبٍ ﴿٤٣﴾

إِذْ خَلَوْهَا بِسَلَامٍ ذَلِكَ يَوْمُ الْخُلُودِ ﴿٤٤﴾

لَهُمْ مَا يَشَاءُونَ فِيهَا وَلَدَيْنَا مَزِيدٌ ﴿٤٥﴾

وَكَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْنٍ هُمْ

أَشَدُّ مِنْهُمْ بَطْشًا فَنَقَبُوا فِي السَّلَاةِ

mbibwa nti baabuza baliba mu kwewakana nga bwe batali bo abaabubuza. Mu kunenngana okwo mwe balisitulira amaloboozi nga bawowoggana wamu n'okuleekaana.



amaanyi egy'abo abaali nga bo be basinga abo (Abakuraish) amaanyi ne batolontokeranga mu nsi! Abaffe baafunayo obuddukiro (ebibonerezo bya Katonda bwe byabakkaako)?

هَلْ مِنْ مَّجِيسٍ ٣٦

37. Mazima mulimu mw'ekyo okujju-kiza eri oyo abeera nga alina omu-tima ogutegeera, oba atekayo omwoyo awulirize nga naye wali yeetegeera (n'aba ng'asembereza okutegeera kwe).

إِنِّي ذَلِكُ لَذِكْرِي لِمَنْ كَانَ لَهُ  
قَلْبٌ أَوْ أَلْفٌ السَّمْعِ وَهُوَ شَهِيدٌ ٣٧

38. Era mazima twatonda eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri, mu (bbanga lya) nnaku mukaaga era nga tetwafuna kukoowa (n'akatono).

وَلَقَدْ خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا  
بَيْنَهُمَا فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ وَمَا مَسَّنَا مِنْ  
لُغُوبٍ ٣٨

39. Kale gumiikiriza kw'ebyo bye boogera (abo abakulimbisa Ggwe Muhammadi) otenderezenga ebintendo bya Mukama w nga enjuba tennavaayo era ne bw'eba nga tennagwa;

فَأَصْبُرْ عَلَىٰ مَا يَقُولُونَ وَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ  
قَبْلَ طُلُوعِ الشَّمْسِ وَقَبْلَ الْغُرُوبِ ٣٩

40. Ne mu kiro (nakyoy) mutendereze, (era omutendereze) n'oluvannyuma lw'okusaala enkutama endaalike (eza Faraidh).

وَمِنَ اللَّيْلِ فَسَبِّحْهُ وَأَدْبَارَ السُّجُودِ ٤٠

41. Era wuliriza (ojjukire) Olunaku lw'alikoowoola omukoowoozi (malaika) ng'asenziira mu kifo ekiri okumpi (ddala),

وَاسْمِعْ يَوْمَ يُنَادِي الْمُنَادِ مِنْ مَّكَانٍ  
قَرِيبٍ ٤١

42. Olunaku (mwe) baliwulirira okuboggola (okw'entiisa) okw'amazima. Olwo lwe lunaku lw'Okufuluma (okuva mu ntaana).

يَوْمَ يَسْمَعُونَ الصَّيْحَةَ بِالْحَقِّ ذَلِكَ  
يَوْمَ الْخُرُوجِ ٤٢

39. Ava eno ennyonyolwako bw'eti nti Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yali tannatwalibwa mu Ggulu (Miraaje), csaala czaali endaalike zaali bbiri – okusaala ng'enjuba tennavaayo ne mu kisceera w'esemberera okugwa. Oluvannyuma etteeka cryo lyakyusibwa n'okulaalika kw'esswala ettaano mu kiro kye yagenderamu mu ggulu.

43. Mazima Ffe, Ffe tuwa obulamu era ne tubuggyawo, ne gye Tuli y'eri obuddo—

إِنَّا نَحْنُ نُحْيِي وَنُمِيتُ وَاللَّيْلَةُ الْمَوْجِدُ ﴿٣٣﴾

44. Olunaku ensi lw'eribaatikirayatikira (ne bafuluma okuva mu ntaana okweyuna we Tuli) mu mbiranye. Okwo Okukunngaanya awamu (mu bbaliro oluvannyuma lw'okubazuukiza) kyangu gye Tuli.

يَوْمَ تَشَقُّقُ الْأَرْضُ عَنْهُمْ سِرَاعًا  
ذَلِكَ حَسْرَةُ عَلَيْنَا لَيْسِيرٌ ﴿٣٤﴾

45. Ffe tumanyi (obulungi) ebyo bye boogera (abo abakulimbisa) era toli ggwe (Muhammadi) wa maanyi ku bo (obeere nga oyinza okubawaliriza ne bakkiriza). (Wabula) buulira ne Kuraane oyo atya ebitiiso Byange (ne kumugasa okubuulira).

نَحْنُ أَعْلَمُ بِمَا يَفْعَلُونَ وَمَا أَنْتَ عَلَيْهِمْ بِجَبَّارٍ فَذَكَرَ بِالْقُرْآنِ  
مَنْ يَخَافُ وَيَعْبُدُ ﴿٣٥﴾

## EBIFA KU SSUULA ADH-DHAARIYAAT MU BUFUNZE (51)


N'eno y'emu mu Ssuula ezo ezakkira e Makka. Yayitibwa Adh-Dhaariyaat okusinziira ku kigambo wadh-dhaariyaat mu aya esooka.

Essuula essira esinze kuliteeka ku kwogera ku Bulamu Obw'oluvannyuma n'ekomerezaayo okwogera ku Tawhiid (Obwomu bwa Katonda). Era mulimu okulabula n'okutiisa abantu nti okugaana okukkiriza Obubaka Bannabbi bwe baaleeta n'okulemera ku nzikiriza ez'obutamanya, ez'okusinza bakatonda ab'ekintabuli kyatuusa ku mirembe gy'abantu mingi egy'abo abaasooka okuzikirizibwa.

Katonda agamba mu Ssuula nti abantu okumala gawakanya Enkomerero mu buzibi bw'amaaso awatali nsonga nnungamu kyoleka bwolesi nti enzikiriza zaabwe zeesigami-zibwa ku kuteebereza na birowoozo bulowoozo, sso si ku kumanya. Ate nga kiba kya buswavu obwensusso omuntu omulamu okukkiriza ekintu kyonna nga yeesigamidde ku kuteebereza obuteebereza n'ebirowoozo obulowoozo owatali bukakafu bwonna—Ekyo

kiba kitegeeza nti obulamu bw'abakola batyo buba mu bukyamu bwa lubeerera. Omuntu atekwa afumiitirize ebifa ku Bulamu Obw'oluvannyuma Omubaka by'abuulira era n'obwegendereza yekkaanye enteekateeka y'Obwengula ebyo ebimala okumatiza nti eyabitonda ebyo byonna ebiri mu Bwengula Ali Omu, Omulezi w'ebitonde.

Essuula ezzaako okuyita abantu bakkirize Katonda Omu, nga bagambibwa nti Kabatonda teyabatonda lwa lusaago oba nti basinze a balala bonna okuggyako Ye yekka, Oyo Abagabirira era atecetaaga gye bali kintu kyonna wabula okumusinza. Essuula emaliriza nga egamba nti buli lwonna abantu lwe baalimbisanga Bannabbi Be, tekyabanga lwa nsonga ndala okuggyako nga beesigamira ku mawaggali na kwekuluntaza na kwemanya ebitaliimu nsa nga ebyo Abakuraish bye booleka mu kuwakanya Mutume Muhammadi (s.a.w.), so tewali nsonga ndala. Wabula Nabbi alagirwa aleme kubafaako abo abamulimbisa, agende mu maaso n'okutuusa Obubaka kubanga bwo buganyula era bwa mugaso ku Bakkiriza wadde nga abatakkiriza babwesamba. Kyokka bakalibwonoonyi abalalambalidde mu bujeemu bo ba kugwa ku kibambulira kya kika kye kimu nga bakalibivve abaabasooka kye baagwako.



## ESSUULA ADH-DHAARIYAAT (51)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 60

Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde (empewo za) kikunnguunta akunnguunsa ebire;
2. N'ebire ebyetikka amazzi (g'enkuba) amazito;
3. N'amaato agasaabala mu bwangu (ku mazzi).
4. Ne malayika ezisaasaanya ne zige-reka ebigambo ku lw'Ekiragiyo (kya Katonda);—
5. Mazima ebyo bye mulagaanyisibwa bya mazima,
6. Era ddala Okusasulwa empeera ey'e-mirimu (gya buli omu) kwa kubaawo.
7. Ndayidde Eggulu (lino) eddungi erinyirira ery'ekitiibwa,
8. Mazima mmwe muli mu kigambo kyawukamu (temukwatagana mu kye mwogera),
9. Ava ku yo (Kuraane), oyo eyakyusibwa (edda n'atamanya mazima na bw'aba nga agalabye).

وَالذَّرِّيَّتِ ذَرَوًا ①

فَالْحَمَلِمْتِ وَفَرًّا ②

فَالْجَبْرِيتِ يُسْرًا ③

فَالْمَقِيْمِمْتِ أَمْرًا ④

إِنَّمَا تُوعَدُونَ لَصَادِقًا ⑤

وَإِنَّ الدَّيْنِ لَوَاقِعٌ ⑥

وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الْحُبُكِ ⑦

إِنَّكُمْ لَفِي قَوْلٍ مُّخْتَلِفٍ ⑧

يُؤْفَاقُ عَنْهُ مِنْ أَنْفَاقٍ ⑨

1-5. Katonda yatandika essuula eno n'okulayira ebimu mu bintu ebikulu nga aggumiza n'oku kakasa ng'Okuzuukira, Obulamu Obw'oluvannyuma, Okulamulwa n'Okusasulwa, Ekisa kya Katonda n'Okusonyiwa cri abo abecenyanya ne balongoosa, n'Okukozesa Kwc Amazima n'Obwankanya oteekeko Okubonereza abajeemu n'ebirala,— nga byonna bwe biri eby'amazima.

8. Abo abaalina balimbisa Nabbi (s.a.w.) baali tebanyweredde ku kikakafu kimu mu kwakanya by'ayigiriza wabula baali mu kuyukakyuka, kati boogera kino atc ddaaki bagamba kiri—ne kiba nga baali nabo bennyini tebamanyi ki kye baliko.

10. Baakolimirwa (abo) abalimba (abagamba nti teri Kuzuukira)—  
 قَبِلَ الْخَرَّاصُونَ ⑩
11. Abo abebbise mu nnyanga y'omujjuzo gw'okubuusabuusa abagay-aavu (nga mwe babulubutira):  
 الَّذِينَ هُمْ فِي عَمْرَةٍ سَاهُونَ ⑪
12. Babuuzi nti: Lulibaawo ddi Olu-naku Lw'okusasulwa?  
 يَسْأَلُونَ أَيَّانَ يَوْمَ الدِّينِ ⑫
13. Lwe Lunaku bo lwe balyokebwa Omuliro!  
 يَوْمَ هُمْ عَلَى النَّارِ يُقْتَلُونَ ⑬
14. (Baligambibwa nti): Mukombe ku bibonyobonyo byammwe! Ebyo byo bye mwalinga musaba okwanguyi-zibwa (nga muli ku nsi).  
 دُؤُومًا فَاذْتَنَّتْكُمْ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ بِهِ تَسْتَعْجِلُونَ ⑭
15. Mazima abatya Katonda baliba mu masamba (n'Ensulo eby'omu Jjana),  
 إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَعُيُونٍ ⑮
16. Nga batwala ebyo Mukama waabwe bye yabawa: kubanga mazima bo oluberyeberye lwa kino baali abalongoosa (emirimu gyabwe).  
 اخذِينَ مَا أَنهَم رَبُّهْمُ أَنهَم كَانُوا قَبْلَ ذَلِكَ مُحْسِنِينَ ⑯
17. Baalinga beebaka (ekiscera) kitono ekiro,  
 كَانُوا قَلِيلًا مِّنَ الْبَيْتِ مَا يَهْتَجُونَ ⑰
18. Nga ne mu ttumbi (emmambya w'esemberera okusala, baalinga) beegayirira Katonda abasonyiwe;  
 وَإِلَّا سَحَارَهُمْ يَسْتَغْفِرُونَ ⑱
19. N'ga ne mu mmaali yaabwe mulimu omutemwa gw'omusabirizi n'omwetaavu ayeeziyiza n'atasaba (olw'ensonga emu oba endala).  
 وَفِي أَمْوَالِهِمْ حَقٌّ لِّلسَّائِلِ وَالْمَحْرُومِ ⑲
20. Ne mu nsi mulimu obubonero (obwa buli ngeri obulaga obuyinza bwa Katonda) eri abategeera (ne bakakasa obukkiriza bwabwe),  
 وَفِي الْأَرْضِ آيَاتٌ لِّلْمُتَّقِينَ ⑳
21. Ne mu mmwe bennyini (obubonero obwo mwebuli): Abaffe temulaba?  
 وَفِي أَنفُسِكُمْ أَفَلَا تُبْصِرُونَ ㉑

22. Ne mu ggulu evaayo ebyenfuna byammwe n'ebyo ebibalagaanyi-sibwa. ﴿٢٢﴾ وَفِي السَّمَاءِ رُجُومًا وَمَا تَوَعَّدُونَ
23. Ndayidde Omufuzi w'eggulu n'ensi; mazima ebyo (ebibalagaanyisibwa) bya mazima okufaanana nga (bwe kiri) eky'amazima nti mmwe mwatula (ne mwogera ebigambo). ﴿٢٣﴾ فَوَرَّبَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ إِنَّهُ لَكَشِيْفٌ قَتِيْلٌ مَا أَن تَأْكُمُ تُنْطِقُونَ
24. Abaffe gaakutuukako amawulire g'ekyafaayo ky'abagenyi ba (Nabbi) Ibrahiimu ab'ekitiibwa? ﴿٢٤﴾ هَلْ أَتَاكَ حَدِيْثٌ صَیْفِرٍ اِبْرٰهِيْمَ الْمَكْرَمِيْنَ
25. Mu kiscera bwe baayingira w'ali ne bagamba nti: Mirembe! (naye) n'abagamba nti: Mirembe! (Kyokka nga muli mu mwoyo gwe ali mu kulowooza nti: Kino) kibiina kya batamanyiddwa (gye tuli)! ﴿٢٥﴾ اِذْ دَخَلُوْا عَلَيْهِ فَقَالُوْا اِسْلَمًا قَالَ سَلٰمٌ قَوْمٌ مُّسْكِرُوْنَ
26. (Ekyaddako) n'agenda eri bakyala be n'ajja (awali abagenyi be) n'endiga ensava (enjokye), ﴿٢٦﴾ قَرَأَ اِلَىٰ اَهْلِهِ جَعًاۙ يَعْجَلُ سَيِّئًا
27. N'agibasembereza—N'abagamba nti: Nga temulya? ﴿٢٧﴾ فَقَرَّبَ اِلَيْهِمْ قَالَ اَلَا تَاْكُلُوْنَ
28. (Bwe yalaba tebalya) n'afunamu okubatya. Ne bamugamba nti: Totya! awo ne bamusanyusa n'okumubuulira amawulire (nga bw'anazaala) omwana omulenzi omumanyi (Ishaaka). ﴿٢٨﴾ فَاَوْحَسَ مِنْهُمْ خِيْفَةًۙ تَالُوْا لَآ اِخْفَٰٓءَ وَبَشَّرُوْهُ بِغُلٰمٍ عَلِيْمٍ
29. (Awo wennyini) mukyala wa (Ibrahiimu) n'ajja aboolekera, nga (atye- ﴿٢٩﴾ فَاَقْبَلَتْ اَمْرًاۙ تَدْفِيْ فِيْ صَرٰٓةٍ فَصَكَّتْ

23. Ennyinyonnyola eri nti ebyo Katonda bye yalagaanyisa abantu nga bwe byamenyedwa mu kunnyonnyola kwa aya 1-5 bya mazima tebiriimu kubuusabuusa okufaanana nga bwe kiri nti tewali n'omu ayinza kulimbisa kwatula, n'agamba nti tekuliwo.

24-30. Abagenyi abo baali bamalaika abajjira mu kikula ky'abasajja babiri. Eyo y'ensonga lwaki tebaalya kubunga bamalaika mu butonde bwabwce tebalya.

Ekyuwunyisa ennyo Muka Ibrahiimu kwe kuba nti baamugamba nti yali wa kuzaala ng'ate ye yali amaze okukaddiwa, era nga n'ebballi w'ekyo okuviira ddala oluberyeberye yali mugumba.

tyemuku) aleckaana bw'akuba ckyenyi kye (nga yeewuunya), n'agamba nti: (Nzaala ntya nze) omukadde omugumba!

وَجَهَّأَ وَقَالَتْ جَحْزَرٌ عَقِيمٌ ﴿٢٨﴾

30. (Bamalaika) ne bamugamba nti: Bwe kityo (bwe kinaaba. Oli wa kuzaala wadde ng'okaddiye ate ng'oli mugumba). Mukama Katonda wo bw'agambye. Mazima Ye y'asalawo ekyo ky'aba amaze, (era) Amanyi (buli kimu talina kimwekweka).

قَالُوا كَذَلِكَ قَالَ رَبُّكَ إِنَّهُ هُوَ الْحَكِيمُ الْعَلِيمُ ﴿٢٩﴾

31. (Ibrahiimu) n'abagamba nti: Nate (kati) ki ekikulu ekirala ekibaleese, Abange mmwe ababaka?

قَالَ قَبَأٌ خَطْبُكُمْ أَيُّهَا الْمُرْسَلُونَ ﴿٣١﴾

32. Ne bagamba nti: Mazima ffe tutumiddwa eri ekibiina ky'abonoonyi (lukulwe tubazikirize):—

قَالُوا إِنَّا أَنْزَلْنَا إِلَى قَوْمٍ مُّجْرِمِينَ ﴿٣٢﴾

33. Tubasindikire amayinja ag'ebbumba ejjokye,

لِنُرْسِلَ عَلَيْهِمْ حِجَابًا لَّنِ طِينٍ ﴿٣٣﴾

34. Agaalambibwa okuva awali Mukama wo nga ga (kuzikiriza) bonoonyi abayitirivu (abasukka ebikomo).

مُسَوَّمَةٌ عِنْدَ رَبِّكَ الْمُسْتَرِينَ ﴿٣٤﴾

35. Ne tuggyamu (mu kitundu ekyo buli) muntu eyalimu (nga wa) mu bakkiriza (baleme kutuukwako kuzikirira okwo),

فَأَخْرَجْنَا مَنْ كَانَ فِيهَا مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٣٥﴾

36. Wabula tetwasanga mu kyo (ekitundu ekyo) okuggyako ennyumba emu yokka ey'Abasiraamu.

فَمَا وَجَدْنَا فِيهَا غَيْرَ بَيْتٍ مِّنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿٣٦﴾

37. (N'oluvannyuma lw'okubazikiriza) ne tuleka mu kitundu ekyo akabonero

وَتَرَكْنَا فِيهَا آيَةً لِلَّذِينَ يَخَافُونَ

31-32. Bamalayika nga bamaze okubuulira Nabbi Ibrahiimu cbyo bye baamubuulira ebimukwataka ye kwe kwagala ababuuze amanye entambula yaabwe bw'nceeba nga bavudde ewuwe. Nabo kwe kumutegeeza nga bwe baali batumiddwa bagende bazikirize ekibiina kya Nabbi Luutu, abantu ba Sodoma ne Gomorra, abo bakalibivve abasobyanga ku basajja bannaabwe.

36. N'ennyumba cyo yali ya Nabbi Luutu. Eyo yokka ye yawona n'abantu b'omumu maka ge okuggyako mukyala we eyazikirira n'abazikirira abalala kuba teyali mukiriza.

37. Amatongo ago awaali abantu ba Sodoma ne Gomorra, aba Nabbi Luutu—kabonero akceraga kokka nga Katonda bwe yazikiriza bakalibivve abonoonyi abo.

(ak'okulabula n'okulabirako) eri abo abatya ebibonyobonyo ebiruma.

38. Ne mu (kyafaayo) kya Musa (mulimu eky'okuyiga namwo) mu kiseera bwe twamutuma eri Fir'auna n'obujulizi obweyolefu,

39. Kyokka n'akyuka Fir'auna okuva ku kukkiriza olw'okwesigula amaanyi ge, N'agamba nti: Musa mulogo oba mugwi wa ddalu!

40. (N'ekyaddako) ne tumukwata n'egye lye ne tubakasuka mu nnyanja (ne basaanawo) nga naye anenyzebwa (olw'okulemera ku bukafiiri n'okubuza abantu be).

41. Ne mu (kyafaayo) ky'ab'ekika kya Aadi (mulimu eky'okuyiga) mu kiseera bwe twabasindikira kiku-nnguntu omwereere (ataliimu nkuba ow'okubazikiriza):

42. Teyaleka kintu (na kimu) kye yatuu-kako wabula yakifuulanga ng'empu-lunguse ezimulunguddwa.

43. Ne mu (kyafaayo) ky'ab'ekika kya Thamuudu (mulimu eky'okuyiga), mu kiseera bwe baagambibwa: Mweya-gale okutuusa ekiseera ekigere.

44. Kyokka (bo) ne beekuliza ku kigambo kya Mukama waabwe (ne

الْعَذَابِ الْأَلِيمِ ۝

وَفِي مَوْصَىٰ إِذْ أَرْسَلْنَاهُ إِلَىٰ فِرْعَوْنَ  
يَسْأَلُنُ مُسِيئِينَ ۝

فَقَوْلَىٰ بِرَبِّكَ إِنَّهُ وَقَالَ سَجَرٌ أَوْ يَحْزُونَ ۝

فَأَخَذْنَاهُ وَجُودَهُ فَنَبَذْنَاهُ فِي الْيَمِّ  
وَهُوَ مُلِيمٌ ۝

وَفِي عَادٍ إِذْ أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمُ الرِّيحَ  
الْعَاقِمَةَ ۝

مَا تَدْرُسْنَ مِن شَيْءٍ أَتَتْ عَلَيْكَ إِلَّا  
جَعَلْتَهُ كَالرِّمِيمِ ۝

وَفِي ثَمُودَ إِذْ قِيلَ لَهُمْ تَسْعَوْا حَتَّىٰ  
حِجِينَ ۝

فَعَاوَنَ أَمْرُهُمْ فَتَأْخُذَنَّهُمُ الضُّلَعَةُ

43. Ab'ekika kya Thamuudu baalimbisa Nabbi waabwe Swalihi ne bagaana okukkiriza Obubaka bwa Katonda bwe yabalectera. Ng'oggyeeko okutta engamiya cyabaggirwa mu lwazi nga bwe baasaba nga baagala bakakase nti ekyo kyamagero ekijulira amazima g obwannabbi bwa Swalihi, baayimbagatanyako obujemu mu bintu ebirala byonna Nabbi wa Katonda bye yabagambanga— bwe batyo ne bakakatako ebibonerezo bya Katonda.

Mu nkomerero baawebwa ennaku ssatu beeyagale nga bwe baagala. Kyokka nga singa baba beenenyerezzaamu mu nnaku ezo, ekyo kyalibadde kibalokola ne batabonerezebwa. Wabula bo beeyongera kwonoona na kujeeugula Swalihi. Nga biri bityo, mu kiseera awo we bataamanyira ne bakubibwa laddu oteekeko ne musisi ddekabusa, bwe batyo ne bazikirira.



bagaana okukkiriza), (n'ekyaddirira) okubwatuka (okw'ekitalo n'okuju-gumizibwa kwa musisi ddekabusa) ne kubakwata (ne bazikirira) nga nabo balaba.

وَهُمْ يَنْظُرُونَ ﴿٣٢﴾

45. Tebaasobola (kuddayo) kuyimirira (ku magulu gaabwe), era tebaali basobola kwetaasa.

فَمَا اسْتَطَاعُوا مِنْ قِيَامٍ وَمَا كَانُوا مُتَنْصِرِينَ ﴿٣٣﴾

46. N'ekibiina kya Nuuhu (twakizikiriza) oluberyeberye (lw'abo): Kubanga mazima bo baali kibiina kyonoonyi.

وَقَوْمٌ نَزَّوْا مِنْ قَبْلِهَا لَنْهَرِكُمْ كَانُوا قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٣٤﴾

47. N'eggulu twalizimba n'amaanyi, na mazima Ffe twaligaziya.

وَالسَّمَاءَ بَنَيْنَاهَا بِأَيْدٍ وَإِنَّا لَمُوسِعُونَ ﴿٣٥﴾

48. N'ensi twagyaliira (ne tugitandaaza): (Ddala Ffe) kyengera ky'abategesi!

وَالْأَرْضَ فَرَشْنَاهَا فَنِعْمَ الْمَاهِدُونَ ﴿٣٦﴾

49. Na buli kintu twakitondamu emitindo ebiri ebiri oba olyawo ne mujjukira (ne mukkiriza obuyinza Bwaffe).

وَمِنْ كُلِّ شَيْءٍ خَلَقْنَا زَوْجَيْنِ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿٣٧﴾

50. Kale mudduke mweyune nga mulaga eri Katonda (eri okumugondera); mazima nze ndi mutiisa wammwe omweyolefu okuva eri Ye (abatiisa) ebyo (ebyatuuka kw'abo abaalimbisanga Bannabbi baabwe)!

فَقَرُّوا إِلَى اللَّهِ إِنِّي لَكَمُؤْمِنَةٌ ذَبِيرٌ مُبِينٌ ﴿٣٨﴾

51. Wabula temuteekanga ku Katonda Omutonzi katonda omulala (yenna mbu asinzibwa): Mazima nze ndi mutiisa wammwe omweyolefu ava eri Ye (abatiisa) mw'ekyo (eky'okumugattako ebintu ebirala)!

وَلَا تَجْعَلُوا مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ إِنِّي لَكُمْ مِّنْهُ نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٣٩﴾

52. Bwe kityo (mu ngeri y'emu) teyababjiranga mubaka yenna abo ab'oluberyeberye lwabwe wabula baagambanga nti; mulogo oba mulalu bulalu!

كَذَلِكَ مَا آتَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا قَالُوا سَاحِرٌ أَوْ مُجْنُونٌ ﴿٤٠﴾

53. Abaffe baakiraamiragana (kinocky'o-kuyitanga ababaka abalogo oba abagwi b'eddalu)? Nedda, wabula bo kibiina kyonoonyi ekisukkirivu!

أَتَوَاصُوا بِهٖ بَلْ هُمْ قَوْمٌ طَٰغُوْنَ ۝٥٣

54. Kale baveeko (Ggwe Muhammadi): toli ggwe anenyezebwa (olw'obu-takkiriza n'obwonoonyi bwabwe),

قَتَلْنَا عَنْهُمْ فَمَا أَنْتَ بِمَلُومٍ ۝٥٤

55. Wabula (genda mu maaso) n'oku-buulira (Obubaka), kubanga mazima okubuulira kugasa abakkiriza.

وَذَكِّرْ فَإِنَّ الذِّكْرَى تَنْفَعُ الْمُؤْمِنِينَ ۝٥٥

56. Saatonda amageege n'abantu (kunkolera kirala kyonna) wabula ku lwa kunsinza (ate nga n'omugaso gw'okunsinza okwo gudda gye bali).

وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِعِبَادٍ ۝٥٦

57. Saagala kuva mu bo kungabira, era wadde saagala nti bandiise.

مَا أُرِيدُ مِنْهُمْ مِنْ رِزْقٍ وَمَا أُرِيدُ أَنْ يُطْعَمُوا ۝٥٧

58. Mazima Katonda Ye ye Mugabi (agabirira ebitonde)—Ow'amaanyi Amayitirivu (atalina ky'alemwa), Omunyevu (Ow'olubeerera),—

إِنَّ اللَّهَ هُوَ الرَّزَّاقُ ذُو الْقُوَّةِ الْمَتِينُ ۝٥٨

59. Ddala abo ebeeryazaamaanya (ku lw'obutakkiriza mu bano ababo Ggwe Muhammadi) balina ebibi okufaana nga ebibi bya bannaabwe (bye baafuna abaabasooka); Kale (n'olw'ekyo) tebampapiriza kunsaba (kubibatuusaako mu bwangu).

فَإِنَّ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا ذُنُوبًا مِّثْلَ ذُنُوبِهِمْ أَصْحَابُهُمْ فَلَا يَسْتَعْجِلُونَ ۝٥٩

60. N'olw'ekyo okubonaabona kw'abo abaawakanya Olunaku lwabwe olwo lwe baalagaanyisibwa—(Nalwo lwe Lunaku Lw'enkomerero olujjudde entiisa n'ebizibu eri abonoonyi)!

قَوْلِيلٌ لِلَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ يَوْمِهِمُ الَّذِينَ يُؤْعَدُونَ ۝٦٠

59. Abo abajeemu abaagaana okukkiriza ba kubonerezebwa ekifaananyi ky'ebibonerezo bya bakafiiri bannaabwe abaasooka, abo nabo abaalimbisanga bannabbi baabwe. N'olw'ekyo baleme kusaba bibaleeterwe mu bwangu kuba mu buli ngeri bya kubatuukako, ssi nsonga oba birudde oba nedda.

## EBIFA KU SSUULA AT-TUUR MU BUFUNZE (52)

Essuula eno nayo y'emu kw'ezo ezakkira e Makka. Mu biro we yakkira embeera yali tennayonoonekera nnyo Nabbi (s.a.w.) kuva ku batakkiriza wadde nga kwo okulimbisibwa kwali kweyongera mu maaso.

Nga yeeyambisa okulayira ebimu ku bintu ebikakafu n'okuwa obubonero obumatiza, Katonda akakasa nga Enkomerero bw'eri cy'okutuuka, era nga bw'eteri aligiremya kujja. Era n'enkomerero embi ennyo abo abalimbisa gye balituukako, n'ebiyengera bye balifuna abo abakkiriza okubaayo kw'Enkomerero binnyonyolwa.

Mu aya 29-49l abakungu mu Bakuraish bagugumbulwa olw'engeri embi ennyo gye baayisaamu Nabbi (s.a.w.) nga baluubirira okubuzaabuzaba abantu aba bulijjo nabo bamwewale baleme kuwuliriza by'abuulira—Kubanga baamukonjeranga obulogo, obugwi bw'eddalu oba okuba nti muyimbi wa bitontome era baamubalanga ng'ekikwa ekyali kibakidde ekibwatukira. Baamujwetekangako nti ye yayiyiriza Kuraane oluvannyuma n'alyoka agunja ku Katonda obulimba nti ye yagissa... okwo ne bongerezaako n'ebirala bintukatyoole nkumu. Mu kusaba kwabwe nti balagibwe ekyamagero balyoke bakakase amazima g'Obwannabbi bwa Mutume Muhammadi (s.a.w.) bagambibwa okwo kumala biseera kuba ba mputtu nnyo, ab'amawaggali olw'ekyo ekyo kyonna ekiba kibajjidde bakivoola ne bakiggya obumogo olw'obuteetaaga bwabwe kukkiriza mazima.

Essuula ewunzika nga Nabbi (s.a.w.) alagirwa agende mu maaso n'okubuulira Obubaka n'okukoowoola abantu babweyune nga yeenywereza ku bugumiikiriza—aleme kufa kw'ebyo abalabe be bye baamujwetekangako. Mu byonna yeesige Katonda Omuyambi we amutenderezenga n'okumusinja.



## ESSUULA AT-TUUR (52)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 49

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Olusozi (Sinaai Katonda  
kwe yayogerera ne Nabbi Musa),

وَالطُّورِ ١

2. Ndayidde Ekitabo Ekyawandiikwa.

وَكِتَابٍ مَّسْطُورٍ ٢

3. Mu mpapula ez'eddiba ery'o-  
luwewere eddungi ennyanjulukufu;

فِي رَقٍّ مَّنشُورٍ ٣

4. Era Ndayidde n'Ennyumba eyeetoo-  
loolwa (bamalaika olubeerera);

وَالْبَيْتِ الْمَعْمُورِ ٤

5. Ndayidde eggulu essitufu,

وَالسَّقْفِ الْمَرْفُوعِ ٥

6. Ndayidde ennyanja ezijjudde  
(amazzi);—

وَالْبَحْرِ الْمَسْجُورِ ٦

7. Mazima ebibonyobonyo bya Mu-  
kama Katonda wo bya kukka (ku  
batakiriza, abonoonyi);—

إِنَّ عَذَابَ رَبِّكَ لَوَاقِعٌ ٧

8. Tebirina wa kubibaggyako (oba  
okubiremesa okubakkako);—

قَالَ مِنْ دَافِعٍ ٨

9. Olunaku eggulu lwe liryuuguuma  
oluyuuguuma (olusuffu olw'entiisa).

يَوْمَ تَمُورُ السَّمَاءُ مَوْرًا ٩

10. N'ensozi ne zijjulukuka (mu bifo  
byazo) olujjulukuka (olw'amaanyi  
nga zidda eno zidda eri).

وَتَسِيرُ الْجِبَالُ سَيْرًا ١٠

11. Okubonaabona mu lunaku olwo ku-  
liba ku balimbisa (Amazima),—

قَوْلٍ يَوْمَئِذٍ لِّلْمَلَكِئِيلِ ١١

4. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ekiro bwe yatwalibwa mu ggulu yasangayo Ennyumba cyitibwa *Baitul Al-Masumuru* nga cyingirwamu buli lunaku bamalayika emitwalo musanyu naye nga bwe bagenda tebadda wabula waja balala. Bamalayika beetooloola Ennyumba Eyo okufaananako ng'abantu bwe beetooloola Kaaba kuno ku nsi.

12. Abo abali mu bitali bituufu (kati kuno ku nsi) nga bazannya. قَدْ  
 ۞ الَّذِينَ هُمْ فِي خَوْضٍ يَلْعَبُونَ ۞
13. Olunaku lwe balisindikwa eri mu muliro Jahannama olusindika (olw'a-maanyi).  
 يَوْمَ يَدْعُونَ إِلَى نَارِهِمْ دَعْوًا ۞
14. (Ne bagambibwa) nti: Guno gwe muliro, ogwo gwe mwalinga mulimbisa (nga muli ku nsi nti si gwa kubaayo)!  
 هَذِهِ النَّارُ الَّتِي كُنْتُمْ بِهَا تُكَذِّبُونَ ۞
15. Abaffe eryo ddogo (nga bwe mwagambanga) oba mmwe temulaba bulabi?  
 أَفَسِحْرُهُذَا أَمْ أَنْتُمْ لَا تُبْصِرُونَ ۞
16. Mugwesogge: Ka mugumiikirize oba temuugumiikirize (nga muli mu gwo) byonna kye kimu ku mmwe: Ddala musasulwa (ku lw'ebikolwa bya-mmwe ebibi) ebyo bye mwali mukola.  
 اِصْلَوْهَا فَاصْبِرُوا أَوْ لَا تَصْبِرُوا سَوَاءٌ عَلَيْكُمْ إِنَّمَا تُجْزَوْنَ مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ۞
17. Mazima abatya Katonda baliba mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) n'ebiyengera,—  
 إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَنَعِيمٍ ۞
18. Nga becyagala ku lw'ebyo Mukama waabwe bye yabawa, (n'olw'o-kubanga) Mukama waabwe wa kubawonya ebibonyobonyo by'omuliro.  
 فَأَكْبِهِينَ بِمَا أَنَّهُمْ رَبُّهُمْ وَوَقَّهُمْ رَبُّهُمْ عَذَابَ الْجَحِيمِ ۞
19. (Baligambibwa abo abalongoosa): Mulye era munywe nga mweyagala (ng'eyo mpeera) ku lw'ebyo (ebirungi) bye mwalinga mukola (mu nsi),  
 كَلُوا وَاشْرَبُوا هَنِيئًا بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ۞
20. Nga beesigamye ku bitanda ebyolekaganye ebisimbiddwa ennyiriri. Era tulibagatta n'abakyala (b'omu Jjana) abalabika obulungi abeegombesa, ab'amaaso amanene amalungi.  
 مُتَّكِلِينَ عَلَى سُرُرٍ مَّصْفُوفَةٍ وَرَوَّحُنَا ۞ يَحْوِرَعَيْنِ ۞

21. N'abo abakkiriza ezzadde lyabwe ne babagoberera mu kukkiriza tulibasi-sinkanya ezzadde lyabwe (abo eyo mu Jjana), tetulibakendeeza ku mpeera ya mirimu gyabwe kintu kyonna: Buli muntu musingo gw'e-kyo kye yakola.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَابْتَعْتَهُمْ دَرَيْتَهُمْ  
يَأْتِمُرَانِ الْحَقْنَآ بِهِمْ دَرَيْتَهُمْ وَمَا  
أَلْتَهُمْ مِنْ عَمَلِهِمْ مِنْ شَيْءٍ كُلُّ  
أَمْرٍ يُبَاكْسِبُ رَهِيْنٌ ﴿٢١﴾

22. Ne tubongeza ebibala (ebya buli kika) n'ennyama mw'eyo gye balyagalanga.

وَأَمْدَدْنَهُمْ بِقَالِكِهِمْ وَوَلِحْمٍ مِّمَّا  
يَشْتَهُونَ ﴿٢٢﴾

23. Baliwannangananga ejjiraasi (z'e-byokunywa nga bali) mu yo (Ejjana) ebitalibaleetera kwogererangamu bigambo bitasaana oba wadde ebigambo ebibi eby'obuwemu.

يَتَنَازَعُونَ فِيهَا كَأْسًا لَّغُوفٍ فِيهَا وَلَا  
تَأْتِيهِمْ ﴿٢٣﴾

24. (Bagendanga kuba nga) babeetooloola abalenzi baabwe abaweereza, (abalungi era abayonjo) nga balinga (amayinja ga) Luulu agakuumwa:

وَيَطُوفُ عَلَيْهِمْ عَلَيْهِمْ عِلْمَانٌ لَهُمْ كَأَلَّهُمْ  
لُؤْلُؤًا مَّكْنُونًا ﴿٢٤﴾

25. Balyolekagana abamu eri bannaabwe, nga babuuzaganya

وَأَقْبَلَ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ يَتَسَاءَلُونَ ﴿٢٥﴾

26. Nga bagamba nti: Mazima ffe (edda) oluberyeberye twali nga tuli mu bantu b'omu maka gaffe nga tutya (ebibonerezo bya Katonda);

قَالُوا إِنَّا كُنَّا قَبْلُ فِي أَهْلِنَا مُتَشَفِّقِينَ ﴿٢٦﴾

27. Kyokka Katonda n'atugabira (n'atussa mu Jjana) okutuwoonya ebibonyobonyo by'empewo z'omuliro (ezibabula).

فَمَنْ أَلَّهَ عَلَيْنَا وَوَقْنَا عَدَابَ السُّمُومِ ﴿٢٧﴾

21. *Zurriyyat*—mu makulu gaakyo gennyini kitegeeza ezzade ly'omuntu, gamba nga abaana be n'abazukulu be. Naye bwe kigaziyizibwa kizingiramu ab'ekika kye bonna nga mwe muli bajja-jjaabe, bakaddebe n'abo ab'emikwano abatali ba lulyo.

Wadde nga kitegeezebwa nti Katonda alisisinkanya abo abaliba mu Jjana n'abantu baabwe naye ekyo tekyeyinza omuntu yenna n'aloowooza nti abantu be bakumuyamba mu bulamu bwe Obw'oluvannyuma. Nedda, ssi bwe kiri! Wabula buli omu agenda kuvunaanwa ekyo kyokka ye kye yakola ku bubwe sso si ekyo munne.

23. Ebyokunywa ebyo tebitamiiza oba okuba nti bikyusa ku bwongo. N'olw'ekyo tebirireeteranga bantu ba mu Jjana kuddaawo banyumye ebitaliimu oba ebigambo ebyobuwemu.

28. Ddala ffe twalinga oluberyeberye (nga tuli ku nsi) nga tumusaba (tumwawula mu Bwakatonda Bwe). Mazima Ye y'Ayisa Obulungi (abaddu Bc), Omusaasizi.
29. Kale weeyongere mu maaso (Ggwe Muhammadi) okubuulirira (abantu): Kuba (ddala) ku lw'ekyengera kya Mukama wo toli ggwe mulaguzi wadde omulalu (nga abakafiiri bwe bagamba).
30. Oba bagamba nti: Muyimbi (wa bitontome)! tumulindiriza walumbe (amutte tumuwone)!
31. Bagambe nti: Mulindirire! Mazima nange ndi wamu nammwe mu baliindiridde.
32. Abaffe amagezi gaabwe ge gabalagira ekyo (eky'okwogera ebyo) oba bo kibiina kibuze bubuzi ekisuka ebikomo?
33. Oba bagamba nti: (Muhammadi Kuraane) ye yagyeyiyiriza? Nedda (tekibanga bwe kityo), wabula tebakkiriza!
34. Kale baleete ebigambo ebigifaanana (Kuraane) bwe baba nga boogera mazima!
35. Oba baatondwa awatali kintu (awatali yabatonda), oba bo be baatonda (ebitonde nabo ne beetonda)?
36. Oba be baatonda eggulu n'ensi? Nedda, wabula tebategeera.
- إِنَّا كُنَّا مِمَّنْ قَبْلُ نَدْعُوهُ إِنَّهُ هُوَ  
الْبَرُّ الرَّحِيمُ ﴿٢٨﴾
- فَذَكَرْنَا مَا أَنْتَ بِنِعْمَتِ رَبِّكَ بِكَاهِنٍ  
وَلَا مَجْذُونٍ ﴿٢٩﴾
- أَمْ يَفْقَهُونَ شَاعِرٌ تَتْرِكُ لِمَنْ يَدَّ بِرَبِّبِ  
الْمُنُونِ ﴿٣٠﴾
- قُلْ تَرَىٰ أَصْوَافًا لِّي مَعَكُمْ مِنَ الْمُنَرِّبِينَ ﴿٣١﴾
- أَمْ تَأْمُرُهُمْ أَحْلَامُهُمْ بِهَذَا أَمْ هُمْ  
قَوْمٌ طَائِعُونَ ﴿٣٢﴾
- أَمْ يَفْقَهُونَ تَقْوِيلَهُ بَلْ لَا يُفْقَهُونَ ﴿٣٣﴾
- فَلْيَأْتُوا بِحَدِيثٍ مِّثْلِهِ إِنْ كَانُوا صَادِقِينَ ﴿٣٤﴾
- أَمْ خُلِقُوا مِنْ غَيْرِ شَيْءٍ أَمْ هُمْ  
الْحَالِقُونَ ﴿٣٥﴾
- أَمْ خُلِقُوا مِنَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ بَلْ لَا  
يُوقِنُونَ ﴿٣٦﴾

37. Oba we bali balina amawanika ga Mukama wo, oba bo be bamaanyi (abawa ebiragiwo)?  
 أَمْعِنْدَهُمْ خَزَائِنُ رَبِّكَ أَمْ لَهُمُ الْمَصْيُطِرُونَ ﴿٣٧﴾
38. Oba balina amadaala ge balinnyirako mu ggulu ne ba wuliriza (ebyama byamu)? Kale abawuliriza baleete obujulizi obweyolefu (obulaga nga ebyo bye boogera ne bye bakola bwe biri eby'amazima)!  
 أَمْ لَهُمْ سُلْمٌ يَسْتَمْعُونَ فِيهِ فَكَيْلَاتٍ مُسْتَمِعَهُمْ يَسْلُطْنَ مِنْ أَيْنَ ﴿٣٨﴾
39. Oba (Ye Katonda) alina abaana bawala (nga bwe mugamba) nga mmwe mulina abalenzi?  
 أَمْ لَهُ الْبَنَاتُ وَلَكُمُ الْبَنُونَ ﴿٣٩﴾
40. Oba obasaba mpeera (Gwe Muhammadi olw'okubatuusaako obubaka) nabo (ne baba nga) bazi-toowererwa okubusasilira?  
 أَمْ نَسَأَهُمْ أَجْرًا فَهُمْ مِنْ مَعْرَمٍ مُتَقَلَّبُونَ ﴿٤٠﴾
41. Oba we bali waliwo (okumanya) kw'Eby'ewala ebibatuukako (ne baba nga) nabo bawandiika (n'olw'ekyo ne kitabeetaagisa Gwe kubibabuu-lira)?  
 أَمْ عِنْدَهُمُ الْغَيْبُ فَهُمْ يَكْتُمُونَ ﴿٤١﴾
42. Oba bo baagala kusala lukwe (olulemesa ebyo by'otumiddwa nabyo okukkirizibwa)? Wabula abo abaa-gaana okukkiriza bo be bajja oku-funa akabi k'enkwe zaabwe!  
 أَمْ يُرِيدُونَ كَيْدًا فَالَّذِينَ كَفَرُوا هُمُ الْمَكِيدُونَ ﴿٤٢﴾
43. Oba balina katonda omulala atali Katonda Omutonzi? Ayawulwa Katonda okwawukana kw'ebyo bye bamugattako!  
 أَمْ لَهُمُ إِلَهٌ غَيْرُ اللَّهِ سُبْحَانَ اللَّهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٤٣﴾
44. Wadde ne bwe baalirabye ekitundu (ky'eggulu) nga kijja okubagwira  
 وَإِنَّ يَوْمًا سَأَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ سَائِقًا

44. Okugeza nga mu Ssuula *Ash-Shuaraa* Aya 187, abantu b'e Madiyana aba Nabbi Swaibu baamusaba mbu oba yali mu bukakafu nga mubaka wa Katonda, abasuuleko ekitundu ekimogose okuva mu ggulu olwo balyoke bakkirize amazima ge. Naye nga okwo kwali kwekwatiriza bwekwatiriza sso nga tebaali beetegefu kukkiriza ne bwe yandikibasuddeko.

Mu ngeri y'emu nno ne bwe bandibadde bantu ki wadde n'abaliwo kati, kyandibabeeredde kizibu okukitwala nga okulabula singa baba balabye ekitundu ky'eggulu nga kibeggonnomolako. Era abanoonefu abatakkiriza ekyo bajja kukitwala ng'ebire obule ebyetuumye—bwe batyo nno nga



baaligambye (bugambi) nti: (Ebyo) bire (bule) ebyetuumye! (sso ne bata-kitwala ekyo nga kabonero kabalaga bibonyobonyo ebibasembereedde).

يَقُولُوا سُبْحَانَ رَبِّكَ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٥٦﴾

45. Kale baleke (Ggwe Muhammadi) okutuusa lwe balisisinkana Olunaku lwabwe olwo lwe balizikiriramu—

فَذَرَهُمْ حَتَّى يُلَاقُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي فِيهِ يُصْحَقُونَ ﴿٥٧﴾

46. Olunaku enkwe zaabwe lwe zitalibagasa mu kintu kyonna era nga tebali bo ba kutaasibwa.

يَوْمَ لَا يُغْنِي عَنْهُمْ كَيْدُهُمْ شَيْئًا وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ﴿٥٨﴾

47. Era ddala mazima abo abeeryazaamaanya balina ebibonyobonyo ebitali ebyo (bye banaabonaabonera ku nsi). Naye ddala abasinga obungi mu bo tebamanyi.

وَالَّذِينَ ظَلَمُوا عَدَاوَةً بَدَأُوا بِكَ وَإِنَّا لِلَّذِينَ كَفَرُوا بِالْحَقِّ وَالْحَقَّ كَذَّبُوا ﴿٥٩﴾

48. Kati gumikiriza (Ggwe Muhammadi) olindirire okulamula kwa Mukama wo: Kubanga mazima ggwe oli ku kulabirira Kwaffe. Era tenderezanga ebitendo bya Mukama Katonda wo mu kiseera (w'obeerera) nga oyimiridde (osaala oba ne bw'oba ku mirimu gyo),

وَأَصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ فَإِنَّكَ بِأَعْيُنِنَا وَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ حِينَ تَقُومُ ﴿٦٠﴾

49. Ne mu kitundu ky'ekiro mutenderezanga,—Ne mu kiseera ky'emmunyeene okugwa!

وَمِنَ اللَّيْلِ فَسَبِّحْهُ وَإِدْبَارَ النُّجُومِ ﴿٦١﴾

bagugubira ku bukafiiri. Sso nga ekyo kaba kabonero akooleka Engereka ya Katonda n'Obuyinza Bwe okusobola okukola nga bw'ayagala.

Nabbi (s.a.w.) bwe yabanga ajjulukuka okuva mu kifo oba nga agolokoka ng'agamba bw'ati: "Okwawulwa Kukwo, Ai Katonda, n'ebitendo Bibyo! Njulira n'olulimi ne nkakasa n'omwoyo nti: Tewali asinzibwa wabula Ggwe. Nkwegayirira (Onsonyiwe) era mboneredde nzize gy'Oli."

49. Ekitegeezebwa kiri nti saalanga ekiro ekigero ky'obanga osobodde, osome ne Kuraane era osaalanga ng'emmambya esaze, mu kiseera emmunyeene we zigwira ne zibula ku ggulu—Nazo ezo z'eraaka ebbiri ezaalaalikwa okusaalibwa oluberyebere lw'esswala ya *Subhi*—Eraaka ezo Nabbi (s.a.w.) yalinga taleka kuzisaala n'olumu. Era yagambanga nti: "Temuzirekanga ne bwe zibanga embalaasi (z'omulabe) nga zibagoba."

## EBIFA KU SSUULA AN-NAJM MU BUFUNZE (53)

Essuula eno nayo yakkira Makka. Eytibwa An-Najm okusenziira ku kigambo kye-nyinyi ky'esoosa *wan-Najm*. Eno y'Essuula eyasooka mu Kuraane okubaamu aya eragira abantu okukola *Sajda* (okuvunnama). Era Hadiith ezeesigibwa nnyingi eziwagira eky'okuba nga eno y'Essuula Nabbi Ow'ekitiibwa (s.a.w.) gye yasookerako okusoma mu lujjudde eri ekibiina ky'Abakuraish abaali bakunngaanidde mu Mizikiti Ogw'emizizo (Kaaba)—omwo omwali abakkiriza n'abatakkiriza bonna awamu. Kigambibwa nti Nabbi bwe yali asoma Essuula eno An-Najm, n'akutama n'avunnama (n'akola *Sajda*) ng'atuuse ku kigambo ekyo, abaaliwo bonna baavunnama naye, nga mwe mwali n'abakungu abakulembeze mu batakkiriza. Essuula eno yakkira mu mwezi gwa Ramanzaane, mu mwaka ogwokutaano ogw'Obwannabbi bwa Mutume Muhammadi (s.a.w.).

Mu myaka egyo etaano egyasooka nga Nabbi kyajje atumibwe okutuusa Obubaka, Nabbi yalinga abuulira abantu mu nkiso kinnoomu ne mu bubinja bw'abantu obutono-tono. Mu myaka egyo gyonna yali tannafunamu kakisa okusoma Kuraane eri abantu abangi abakunnganye awamu mu lujjudde olw'okuba nga effujjo n'obulumbaganyi bw'abatakkiriza bwali tebumuganya. Abatakkiriza muli baali bamanyi bulungi nga empisa za Nabbi (s.a.w.) bwe zaali ennungi ddala ezisikiriza buli amulaba era nga n'engeri gy'abuuliriramu oteekeko n'Obubaka bwa Kuraane birungi ddala era ebikiyusa ku ndowooza y'omuntu aba awulidde. N'olwekyo abatakkiriza kyebaava beefubirira obutawuliriza Kuraane bo ku lwabwe era ne beefubirira n'obutakkiriza balala kugiwuliriza, era ne bafunvubira balamese Nabbi (s.a.w.) n'Obubaka okusaasaana nga bagenda balebula kafaakunaaye w'ebintu ku Nabbi eby'obulimba. Okugeza nga baagambanga abantu nti Muhammadi (s.a.w.) yali abulankanye tategeera ky'aliko kale nno y'ensonga lwaki yali yeefubiridde abuze n'abalala, ate olundi baakubanga embeekuulo bwe yagezangako okusoma Kuraane. Bw'etyo nno bwe yali embeera, mu kiseera Nabbi (s.a.w.) bwe yasitukiramu n'ayimirira ku Kaaba ayogere eri abantu abaali bakunnganyeevo nga mw'otwalidde n'abakungu abawera mu Bakuraish. Ku mulundi ogwo Mukama Katonda yamusobozesa okubuulira Obubaka nga tewali awuunye. Abaaliwo bonna wadde abalabe be bajjula obukkakkamu ne babulwawo kye bakola. Nabbi yabasomera Ssuula eno, era bwe yavunnama bonna awamu ne bavunnama.

Ekikulu Essuula kw'etadde essira kwe kutiisa abatakkiriza b'omu Makka olw'engeri ensobu gye baali beeyisaamu ku Kuraane ne ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.).


Essuula etandika n'amakulu agagamba nti Nabbi Muhammadi (s.a.w.) tabulankanyizibwa wadde ye okuba nti yeebulankanyizza, era tagunzeewo Ddiini eno ya Busiraamu n'Obubaka bwaayo nga abatakkiriza bwe baakitwalanga. Mu bukakafu ekyo kyonna Nabbi kye yayigirizanga nga Bubaka bwa Katonda obwamutumirwanga. Era ddala nga Amazima ago g'ayigiriza si birowoozo by'ateebereza obuteebereza kyokka nga bukakafu ye bwe yeerabiddeko n'agage—Yalaba emirundi egiwera Malaika Jibriilu, yalagibwa Obubonero bwa Katonda we enkukunala bwe yatwalibwa ku *Miraafe*—n'ebirala nfaafa. N'olwekyo cbyo abatakkiriza bye baumulimbisangamu nga bya buzibi bwa maaso, omutali nsa.

Oluvannyuma Essuula ezzaako okokomekkereza n'okulumiriza abatakkiriza nti eeddiini yaabwe gye baliko cyimiridde ku kuteebereza na birowoozo bigingirire. Bakatonda baabwe be beeteerawo nga Al-laati, Manaati, ne Uzza tebalina mugabo mu Bwakatonda okuggyako bo bifaananyi bubaananyi. Kya busiru nnyo okugamba bamalaika nti bwala ba Katonda ate nga bo Abawarabu baali tebeetaagira ddala mwana wa buwala

nga abaswaza. Eky'okulowooza nti bakatonda baabwe ab'obulimba bayinza okubagasa ne babawolereza eri Omutonzi nga kya bubuyabuya kuba ne Bamalaika Be bennyini abamuli ku mwanjo tebayinza kuwungula Katonda n'akola ekyo ky'atayagadde. Era bategeezebwa nga byonna bye baliko bwe biri ebikyamu nga tebagigya ku kumanya – bateebereza biteebereze—Eddiini entuufu y'eyo yokka eyeesigamidde ku Mazima gennyini. Era ebyo byonna ekibibakoza lwa kubanga tebakkiriza kubaayo kwa Nkomerero n'Obulamu Obw'oluvannyuma.

Era abantu bakakasibwa Katonda Omutonzi bw'Ali Ye yekka Ow'obuyinza era Omufuzi w'Obwengula na byonna ebyetondeseemu. Omuntu oyo yekka akwata Ekkubo Lye ye mulongoofu n'oyo alyesamba ye mubuze, omujeemu omukozi w'ebibi wa kusasulwa bibonerezo n'omulongoofu wa kuyingizibwa Jjana—Era okulamulwa n'okusasulwa ebibi oba ebirungi kulyesigamizibwa ku bubu oba bulungi bwa bikolwa bya muntu. Kw'ebyo kuddako abantu okujjukizibwa egimu ku misingi gy'Eddiini engolokofu egyo nga gye gimu egyayigirizibwa mu Bitabo bya Bannabbi Musa ne Ibraahim nga Kuraane tennassibwa. Emisingi egyo giddinnganwa abantu baleme kulemera mu bukyamu nga balowooza nti Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yali azze kutangaaza ddiini mpya, wabula nga bateekwa bamanye emisingi gy'eddiini egy'ennono abaasooka nabo gye baabuuliranga abantu b'emirembe gyabwe. Era Ebitabo ebyo byogerwako okusobola okumatiza abatakiriza nti okuzikirizibwa kw'abantu ba Aadi ne Thamuud n'abantu ba Bannabbi Nuuhu ne Luutu bwe kutaali nsobi, wabula nti Katonda yabazikiriza lwa bwonoonyi bwabwe na bujjeemu ng'ate bo abonoonyi b'omu Makka baali bakyeremedde ku bivve bye bimu.

Essuula emaliriza nga eranga nti Essaawa Ey'enkomerero esembedde, eyo omuntu yenna gy'atasobola kuzzaayo. Naye nga tennatuuka, abantu balabulwa okuyitira ku Mutume Muhammadi (s.a.w.) ne mu Kuraane beerinde mu ngeri yemu eyo nga ab'emirembe egyasooka bwe baalabulwa—oba olyawo beddeko beenenye eri Katonda beebalame okugwa ku kibambulira.



## ESSUULA AN-NAJMI (53)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 62

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Emmunyeeny e bw'eba nga egudde,

وَالْتَّجِيمِ إِذَا هَوَىٰ ١

2. Munnamwwe (Muhammadi) tabulanga era tayonoonekanga;

مَا ضَلَّ صَاحِبُكُمْ وَمَا غَوَىٰ ٢

3. Era tayogera (ebyo by'abagamba) nga aggya ku kwagala kwe.

وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوَىٰ ٣

4. Teri yo (Kuraane eyo gy'abasomera) wabula Bubaka obuweerezewa (gy'ali nga buva eri Katonda),

إِنَّ هُوَ إِلَّا وَحْيٌ يُوحَىٰ ٤

5. Yagimuyigiriza Ow'amaanyi Amayitirivu (Malaika Jibriilu),

عَلَّمَهُ شَدِيدُ الْقُوَىٰ ٥

6. Nnannyini busobozi (na Magezi); eyeeyoleka

ذُو مِرَّةٍ فَاسْتَوَىٰ ٦

1. Katonda yalayira emmunyeeny mu matandikwa g'essuula eno nga agenderera okutangaaza amazina ga Nabbi Muhammadi n'Obubaka bwe yatumwa nabwo okuva eri Katonda era n'ebyo bye yababa mu Kiro kya *Miraaje*—mwe yatwalirwa mu ggulu.

Era Katonda yakakasa nga buli kyonna Muhammadi ky'ayogera ekikwata ku Ddiini bw'atakiggya ku kwagala kwe wabula n'ategezza nga bwe buba obubaka obuvudde eri katonda nga bumuleeterwa Malayika Jibriilu—Aya zonna okuvira ddala ku 1-18 zoogera ku *Miraaje*:

2. Okusenziira nga Nabbi Muhammadi bwe yatuusa cmyaka 40 nga mutuuze wa mu Makka stanaatumirwa bubaka, kale yasanga obuzibu bungi mu bantu be bwe yatandika okubuuilira obubaka obwo—nga bo tebakkiriza nti nate Nabbi oyo ataalina bugagga wadde ettutumu nti ate ayinza okuba Omubaka atumirwa okuva eri Katonda olwo nno ne bamwogerako ebyanjwanjwa byonna ebyabajjiranga mu mwoyo.

Kati nno Katonda amulwanirira ng'amuggyako ebyo mu bimbu bye baamwogerako abatakiriza, (1) baagambanga nti abuze lwa kwonooneka mutwe oba lwa busirusiru (2) ne bagamba yali alimbwalimbwa oba mu kubuzibwa basitaane nga bamubuuilira ebyo by'agamba nti Bubaka bwa Katonda, (3) ne bagamba nti yali amala galogojana na buli kimujjidde mu mwoyo nga ayagala kwefuula wa waggulu.

Tewali na kimu mw'ebyo kyali kituufu, wabula bwali bubaka bwa Katonda.

7. Nga naye ali mu mpuuyi (z'eggulu) eza waggulu. وَهُوَ بِالْأُفُقِ الْأَعْلَى ٥
8. Bwe yamala (Jibriilu) n'asemberera (Nabbi) n'akka n'amuba okumpi ثُمَّ دَنَا فَتَدَلَّى ٨
9. Okutuusa lwe yabeera nga (oku-  
semberagana kwe ne Nabbi) nga  
kulinga okw'ensonda z'obusaale  
obubiri (obukwataganye) oba okuba  
okumpi okusingako awo; فَكَانَ قَابَ قَوْسَيْنِ أَوْ أَدْنَى ٩
10. Kale awo (Jibriilu) n'atuusa obubaka  
eri omuddu We (omuddu wa Katonda  
Muhammadi) ebyo (Katonda) bye  
yamutuma. فَأَوْسَىٰ إِلَىٰ عَبْدِ مَاوُؤَىٰ ١٠
11. Omwoyo tegwalimba (mu kulaba)  
kw'ebyo kye gwalaba. مَا كَذَّبَ الْفُؤَادُ مَا رَأَىٰ ١١
12. Abaffe mumuwakanya (Muha-  
mmadi) kw'ekyo ky'alaba? أَفَقَمَرُونَهُ عَلَىٰ مَا يَبْرَىٰ ١٢
13. Mazima era yamulaba (Malaika  
Jibriilu) omulundi omulala وَلَقَدْ رَأَاهُ نَزَّلَةً أُخْرَىٰ ١٣
14. Awali Omuti (*Sidrati Al-Muntaha*),  
awakomwa عِنْدَ سِدْرَةِ الْمُنْتَهَىٰ ١٤
15. We guli we wali Ejjana Ey'okuwu-  
mmula (bamalaika we bawummu-  
lira). عِنْدَهَا جَنَّةُ الْمَأْوَىٰ ١٥

7. Nabbi Muhammadi ng'ali mu mpuku ku Lusozi Hira, e Makka, mu kiseera bwe yali nga yaakatimirwa obubaka, yalaba Malayika Jibriilu mu kifaananyi kye Katonda kwe yamutondamu, mu kiro, nga abisse empuyi z'eggulu.

13-14. Omuti ogwo ogwogerwako mu Miraaje mu kunnyonyola kwa Aya 1 nga *Sidrati Al-Muntaha*, we wo nno Nabbi Muhammadi we yalabira Malayika Jibriilu mu kikula kye eky'obwamalayika. Gwo omulundi gwe yasooka okumulaba gwe gwo Jibriilu gwe yassizaako Obubaka obwasookera ddala ku Lusozi Hira olw'e Makka, mu kiseera Nabbi Muhammadi bwe yali mu mpuku.

Omuti ogwo gwayitibwa *Ogukomwako* lwa kubanga kye kifo awasisinkaniwa Bamalayika abava wansi n'abava waggulu, oba mu ngeri endala lwa kubanga Jibriilu we yakoma ye Nabbi (s.a.w.) ne yeeyongera waggulu okwolekera *Al-Arushi*. Byonna ebyo biri mu Byama bya Katonda. Yabiraga Nabbi We Muhammadi (s.a.w.). Tekwatutuukako okuva gy'ali okunnyonyola okusinga awo ate nga ebyama ebyo biri waggulu w'okusobola kw'okutegeera n'okumanya kw'omuntu.

16. Mu kiseera bwe kyabikka (Omuti ogwo) *As-Sidrati* ekyo ekyagubikka (ekyo ekitayinzika kutendeka mu bigambo),  
 إِذْ يَحْتَسِبُ السِّدْرَةَ مَا يَحْتَسِبُ ⑭
17. Amaaso (ga Nabbi) tegaakyuka (ne gatalamagga okuva kw'ekyo kye gaalaba) wadde era tegaasukka (ekyo ekyamulagibwa).  
 مَا زَاءَ الْبَصَرُ وَمَا طَعَى ⑮
18. Mazima yalaba mu byewuunyo bya Mukama Katonda we ebinene.  
 لَقَدْ رَأَى مِنْ آيَاتِ رَبِّهِ الْكُبْرَى ⑯
19. Abaffe mulabye (amasanamu) Al-Laata ne Al-Uzzaa  
 أَرَأَيْتُمْ اللَّهَ وَالْعَزَى ⑰
20. Ne Manaata eddala eryokusatu?  
 وَمَنْوَةَ الثَّالِثَةِ الْآخِرَى ⑱
21. Abaffe mmwe mulina ebisajja Ye Katonda Alina bikazi?  
 أَلَمْ كُنَّا لِلدَّكْرِ وَلَهُ الْأُنثَى ⑲
22. Okwo kugabanya kwa butenkanya singa bwe kiri (mu butuufu)!  
 تِلْكَ إِذْ أَسْمَعُ ضَبِيْزَى ⑳

19-20. Mu aya zino zombiriri, amasanamu g'Abawarabu agasingira ddala obukulu asatu ge baasinzanga googerwako. Baageeteerawo ne bagasinzanga nga bagafudde bakatonda baabwe.

Al-Laata—lwali lwazi lwero nga lwayolwa. Baaluzimbangako ennyumba ne bateekamu entimbe n'abakuumi. Lwalina oluggya olulwetooolodde. Oyo nno yali lubaale w'Abawarabu b'e Twaifa era baali bamugulumiza nnyo.

Al-Uzzaa—gwali muti nga baguzimbyeko ennyumba n'entimbe. Yali wakati wa Makka ne Twaifa! Eryo nno lyasinzibwanga Bawarabu b'omu Makka Abakuraish nga ye lubaale waabwe.

Manaatu—oyo yali mu kifo ekiyitibwa Kudaidi, wakati wa Makka ne Madiina. Yasinzibwanga ab'ekika kya Huzaa n'ekya Ausi teekako n'ekya Khazraji.

Abo nno, Abawarabu baabayitanga bakatonda abakazi, sso nga bo ku lwabwe tebaayagaliranga ddala kuba na baana ba buwala. Era ng'oggyeeko abo, baalina balubaale bangi nnyo mu buli kitundu be baasinzanga.

Obusiraamu bwe bwawangula, Nabbi (s.a.w.) n'alagira amasanamu gonna okubetentwa okutuusa lwe yakyasanguza nti balubaale tebagenda kuddayo kusinzibwa mu bitundu bya Buwarabu; era na buli kati bwe kiri.

Ng'osomye aya zino olaba nga ne Bannauganda baalina balubaale baabwe okufaanako n'Abawarabu era omuntu bwe yeerema n'asigala ku kugulumiza balubaale. Katonda talina kye yeetaaga kyonna mu Busiraamu Bwe.

21. Abawarabu baagambanganga nti Bamalayika bawala ba Katonda ne bakatonda baabwe nga babayita kuba bakazi sso nga ate bo tebaagala baana ba buwala n'akamu.

Kale okusinziira ku ngeri bo gye baanyoomanga mu abaana ab'obuwala, kibi nnyo okulaba nga Katonda. Ye gwe baagaliza ebikazi mu bitonde Bye.

22. Okuddira kye mutayagala ne mukiwa Katonda, kikulwa kya bulyazaamaanyi nnyo ekiseemberayo ddala obubi. Katonda yagulumira era Atukuzibwa kw'ebyo bye bamuteekako. Tazaala era teyazaalibwa. Naye bw'Abayaagadde ekintu, Agamba bugambi nti: Ba! ne kiba nga bw'akyagadde.

23. Tebali abo (bakatonda bammwe) wabula mannya bunnya ge mwatuuma (obutuumi amasanamu ago) mmwe ne bakitammwe nga Katonda tassanga ku go bujulizi (obukakasa ekigambo kyammwe eky'okugasinza nga mugayita bakatonda). Tebagoberera wabula ebiwoozo n'ebyo emyoyo bye gyagala. Sso nga mazima bwabatuukako Obulunngamu okuva eri Katonda waabwe.

إِنَّ هِيَ إِلَّا أَسْمَاءُ سَبَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ  
وَأَبَاؤُكُمْ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ  
سُلْطَانٍ إِنْ يَتَّبِعُونَ إِلَّا الظَّنَّ وَمَا  
تَهْوَى الْأَنْفُسُ وَلَقَدْ جَاءَهُمْ مِنْ  
رَبِّهِمْ الْهُدَى ۝۳۳

24. Oba kiri nti omuntu ayinza (okufuna buli) kye yeegombye?

أَمَرَ الْإِنْسَانَ مَا نَمَسَى ۝۳۴

25. Katonda ye Nnannyini (bigambo) eby'Enkomerero n'ebyo'oluberye.

عَلَّمَ قَلِيلَهُ الْآخِرَةَ وَالْأُولَى ۝۳۵

26. Era bamalaika bameka abali mu ggulu okutaligasa okuwolereza kwabwe kintu kyonna okuggyako oluvannyuma lwa Katonda okukkiriza eri oyo gw'ayagadde (okuba omuwolereza) n'asiima (oyo gwe bawolereza okumuwolereza).

وَكَمْ مِنْ تَلَكِّ فِي السَّمَوَاتِ لَا تُعْجَى  
شَفَاعَتُهُمْ شَيْئًا إِلَّا مَنْ بَعْدَ أَنْ يَأْذَنَ  
اللَّهُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَرْضَى ۝۳۶

27. Mazima abo abatakkiriza Nkomerero be batuuma bamalaika amannya ag'ekikazi (nga bagamba nti bawala ba Katonda).

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ لَيَسْمُونَ  
الْمَلَائِكَةَ نَسْوِيَةَ الْإِنثَى ۝۳۷

28. Nga ate tebakirinaako kumanya kwonna (kye boogera). Tebagoberera wabula ebiwoozo (obulwoozo), ate nga mazima ekiwoozo tekigasa kintu kyonna awali Amazima.

وَمَا لَهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمٍ إِنْ يَتَّبِعُونَ  
إِلَّا الظَّنَّ ۗ وَإِنَّ الظَّنَّ لَا يُغْنِي مِنَ  
الْحَقِّ شَيْئًا ۝۳۸

29. N'olw'ekyo yawukana kw'oyo avudde ku Kuraane Yaffe, n'tayagala wabula okuva ku Kkubo Lye, era Ye y'amaanyi alunngama.

فَأَعْرَضَ عَنْ مَنْ تَوَلَّى مِنْ دُونِنَا  
وَلَمْ يَرِدْ إِلَّا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا ۝۳۹

25. Byonna ebifa ku Bulamu Obw'oluvannyuma n'obw'ensi. Katonda y'abirinako obuyinza.

30. Ekyo kye kikomo kyabwe mu kumanya. Mazima Katonda Ye y'amanyi oyo abula okuva ku Kkubo Lye, era Ye y'amanyi oyo alunnigama.

ذَلِكَ مِمَّا لَعَنَهُم مِّنَ الْعَالَمِينَ إِنَّ رَبَّكَ  
هُوَ أَعْلَمُ بِمَن ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ وَهُوَ

أَعْلَمُ بِمَن اهْتَدَى ﴿٣٠﴾

31. Era bya Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi; (Katonda yateekawo Amateeka n'Ebiragiro era n'agaana ebimu, mu Nkomerero) alyoke اساسule abo abaayonoona ku lw'ebyo bye baakola, era اساسule abo abaalongoosa emirimu gyabwe obulungi.

وَلِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ  
يَجْزِي الَّذِيْنَ اَسَاءُوْا بِمَا عَمِلُوْا  
وَيَجْزِي الَّذِيْنَ اَحْسَنُوْا بِالْحَسَنٰى ﴿٣١﴾

32. Abo abecwala (ebikolwa) ebibi ebine n'ebiyobuwemu, okuggyako ebisobyo ebitonotono—Mazima Mukama wo alina okusonyiwa kugazi. Ye y'abamanyi mmwe (engeri zamwe, okuviira ddala) mu kiseera bwe yabatandikawo n'abassa mu nsi, era ne mu kiseera (bwe mwali) nga

الَّذِيْنَ يَجْتَنِبُوْنَ كَبٰرَ الْاْتِهَادِ  
الْفَوَاحِشِ اِلَّا الْمَمْرُتَ اِنَّ رَبَّكَ وَاَسِعَ  
السُّغْفَرَةَ هُوَ اَعْلَمُ بِكُمْ اِذَا نَشَاكُمْ  
مِّنَ الْاَرْضِ وَاِذَا اَنْتُمْ اَجْنَةٌ فِيْ بُطُوْنِ

30. Abantu abo abagala ebyokufuna by'ensi byokka ne batafaayo kulongoosa Bulamu bwa Iuvannyuma, okumanya kwabwe kukoma ku kumanya byansi byokka, na ku kusala magezi ga ngeri gye banaatuukamu ku ddembe ly'ensi okutuusa olumbe lwe lubatuukako nga tebatuuse ku kye baagala.

Olw'ekyo, Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Ensi nnyumba ya muntu atalina nnyumba era mmaali ya muntu atalina mmaali. Era yeemalira ku kugikunngaanya oyo atalina magezi."

"Ai Katonda! Tofuula ensi nga kye kikulu mu birowoozo byaffe, wadde okuba eky'okumanya kwaffe. Tuwe ehirungi mu nsi era Otuwe ehirungi mu Bulamu Obw'oluvannyuma."

32. Ebibalibwa okuba ebibi ebinene ebikulu biri musanvu: (1) Shirik, ckitegeza okugatta ku Katonda Omutonzi ebintu ebirala n'obisinzira; (2) Okwenda; (3) Okuita omuntu ng'omulanga obwemage; (4) Okwogera eby'obulimba; (5) Okujemera bakadde bo; (6) Okuwaayiriza omukazi omukkiriza ow'ensa obwenzi; (7) Okwabalira okulwana Jihaadi mu Kkubo Lya Katonda olw'okutya abatakiriza. Okwo kutwalirwako obubbi, obwa kkondo n'ebirala. N'ekyo kyonna mu bisobyo ebitonotono omuntu kye yeemanyiza ennyo ne gumufuukira muze, n'alaba nga tayinza kukiririka mu ngeri y'emu kibalibwa ng'ekibi ekinene.

Ebiyitibwa ebibi ebitono by'ebyo ebikulembera ekibi ekinene singa ekibi ekyo ekinene tekikoleddwa: Okugeza, omusajja okutunulira omukazi n'eriso ly'okwegomba okwogera naye, oba omu-tima gwe okwegomba okumunywegera.

Singa ebyo byonna omuntu abikoze kyokka n'atamusobyako, ebyo Katonda abisonyiwa ku lw'ebirungi by'aba akoze. Naye bw'amusobyako nabyo byonna ebyo ebitono olwo bibalibwa nga binene ebyetaaga okwenyanya. Katonda alyoke abisonyiwe. Era singa omuntu alemera ku kukola ekibi ekitono ne kifuuka eky'olubeerera ku ye, olwo kiba tekikyabalibwa kuba kibi kitono wabula kifuuka kinene.

Mu kutwalira awamu, ekibi ekitono ky'ekyo eky'omuntu okwagala okukola ekibi ekinene, gamba



muli mbuto mu mbuto za bannyammwe. Kale nno temwetukuzanga emyoyo gyammwe (nga mwe-waana). Ye (Katonda) y'amanyi (ennyo) amutya (ne yeesamba ebibi).

عَلَّمَ أَهْلَكُمْ فَلَا تَكْفُرُوا أَنْفُسَكُمْ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنِ اتَّقَى ﴿٤٤﴾

33. Abaffe, (Ggwe Muhammadi) olaba oyo yawukana (ku Mazima),
34. N'agaba katono (oluvannyuma ate n'akakanyala) omutima n'alekayo?
35. Abaffe, w'ali alinawo okumanya kw'Eby'ewala nti kati naye abiraba?
36. Oba tategecebawangako ebyo ebyali mu bitabo bya (Nabbi) Musa?
37. (N'ebyali mu bitabo) bya Ibrahiimu oyo eyatuukiriza (ebyo bye yalaganyisa Katonda)?—
38. (Ebigamba) nti tegulyetikka Omwoyo kibi kya mwoyo mulala;
39. Era nti omuntu talina wabula empeera z'ekyo kye yakolerera;
40. Era nti mazima (ebibala) by'okukola kwe (omuntu) ddaaki kulitunuulirwa (ku Lunaku Lw'enkomerero);

اقْرَأْ يَتَ الَّذِي تَوَلَّى ﴿٤٥﴾

وَأَعْطَى قَوْلًا وَآكُفَى ﴿٤٦﴾

أَعِنْدَكَ عِلْمُ الْغَيْبِ تَهْوِي إِلَى ﴿٤٧﴾

أَمْ لَمْ يَكُنْ بِمَا فِي صُحُفِ مُوسَى ﴿٤٨﴾

وَأَبْرَاهِيمَ الَّذِي وَفَّى ﴿٤٩﴾

الَّذِي زُرَّ وَزُرَّ وَزُرَّ الْآخِرَى ﴿٥٠﴾

وَأَنْ لَيْسَ لِلْإِنْسَانِ إِلَّا مَا سَعَى ﴿٥١﴾

وَأَنْ سَعِيَهُ سَوْفَ يُرَى ﴿٥٢﴾

nga okwenda oba okubba ne yeenya nga tannakikola kiri kyennyini wadde ne bw'aba akoze ebisooka.

33. Ekitundu kino kyogera ku musajja omu e Makka eyayingira obusiraamu kyokka omutima gwe ne guteweerayo ddala mu bwo mu bujuvu. Omusajja oyo kigambibwa nti yalamulagana omuwendo gw'ensimbi n'omu mu bakafiiri nga ky'ayagala nti omukafiiri oyo akkirize okwetikka ebimu mu bibi n'ebyonoono by Omusiraamu oyo by'anaa kolanga. ye Omusiraamu awe omukafiiri ensimbi.

Kale ne kiba nti Omusiraamu oyo oludda yali addira ebikolwa ebitalabikibwa Busiraamu mu bugenderere, atc eno nga yeebalira mu Busiraamu. Erinnya lye abannyonnyozi abamu bagamba nti yali ayitibwa Al-Waliid mutabani wa Mughira.

38. Mu kukola ckyo omusajja oyo yalinga ategeeza nti Obubaka bwa Nabbi Muhammad: (s.a.w.) bukyamu. Kale ye n'aba nga amanyi Eby'ewala ebitalabikako kycyava alimbisa cky'okugamba nti 'omuntu talyetikka kibi kya munne' olw'okubanga ye alaba nti mu kuwa omukafiiri oyo ensimbi amwetikkire ebibi bye, tewaliba ntaanya wabula ye alibalibwa nga omulongosa ku Nkomerero

41. Oluvannyuma ne kumusasulwa (okukola okwo) empeera entuukirivu; ثُمَّ يُجْزِيهِ الْجَزَاءَ الْأَوَّلَى ٤١
42. Era nti ddala mazima eri Mukama wo y'eri Enkomerero (ya buli kintu); وَأَنَّ إِلَىٰ رَبِّكَ الْمُنْتَهَىٰ ٤٢
43. Era nti mazima Ye Y'asesa era y'akaabya; وَأِنَّهُ هُوَ أَصْحَابُكَ وَأَبْنَىٰ ٤٣
44. Era nti mazima Ye y'aggyawo obulamu era n'alamusa; وَأِنَّهُ هُوَ أَمَاتٌ وَأَخِي ٤٤
45. Era nti ddala Ye ye yatonda emitindò ebiri, omusajja n'omukazi, وَأِنَّهُ خَلَقَ الذَّرَجِينَ الذَّاكِرَ وَالْإُنْثَىٰ ٤٥
46. Nga abaggya mu mazzi agazaala bwe gaba nga gafulumizibwa (mu kifo ekituufu); مِنْ نُّطْفَةٍ إِذَا تُمْنَىٰ ٤٦
47. Era nti mazima kuli ku Ye okusibula okulala (obuto abantu—Okuzuukiza abafu); وَأَنَّ عَلَيْهِ الشَّأَةَ الْآخِرَىٰ ٤٧
48. Era nti mazima Ye y'agaggawaza era y'agabira omuntu n'amatira; وَأِنَّهُ هُوَ أَعْنَىٰ وَأَقْنَىٰ ٤٨
49. Era nti ddala mazima Ye ye mufuzi w'Emmunyeenye Ennene *Ash-Shiiraa* (eyo Abawarabu abakafiiri gye baasinzanga); وَأِنَّهُ هُوَ رَبُّ الشَّعْرَىٰ ٤٩
50. Era nti mazima Ye ye yazikiriza ab'ekika kya Aadi abaasooka (ab'omulembe gwa Nabbi Huudu), وَأِنَّهُ أَهْلَكَ عَادًا الْأُولَىٰ ٥٠
51. Ne Bathamuudu tebaasigalawo wadde n'omu—(Nabo be b'ekibiina kya Nabbi Swalihi);— وَسَمُودَ أُمَّمًا أَبْنَىٰ ٥١
52. Era (ye yazikiriza) ekibiina, kya Nuuhu oluberyeberye, kubanga mazima bo baali nga be basinga obulyazaamaanyi n'obubuze, وَقَوْمَ نُوحٍ مِّنْ قَبْلِ الْهَرَمِ كَأُنْهَارٍ مِّنْ الْهَرَمِ ٥٢

43. Katonda ye yatonda mu muntu okuseka n'okukaaba, era nga ye yatonda ebisesa n'ebikaabya.

53. Era ye yazikiriza n'Ekyalo ekyavuu-  
nikwa (abantu ba Sodoma ne  
Gomorra, aba Nabbi Luutu),  
وَالْمُؤْتَفِكَةَ أَهْوَى ﴿٥٦﴾
54. Ne gabibikka ago (amayinja) agaa-  
kibikka?  
فَعَشَاهَا مَا عَنَّتِي ﴿٥٧﴾
55. Olwo kye kiriwa mu byengera bya  
Mukama Katonda wo ky'obuusa-  
buusa (nti osanga si Kikye)?  
قِيَّامِي الْأَعْرَابِكِ تَتَمَارَى ﴿٥٨﴾
56. Ono (Muhammadi mubaka) omu-  
tiisa mu batiisa abaasooka (abaatii-  
sanga ebibonererezo bya Katonda)!  
هَذَا أَنْذِيرُ مِنَ النَّذِيرِ الْأُولَى ﴿٥٩﴾
57. Esemberedde (okutuuka) Enko-  
merero:  
أَزَقَّتِ الْأَرْفَةَ ﴿٦٠﴾
58. Terina Yo atali Katonda ayinza  
kutegeera (ddi w'eneetuukira).  
لَيْسَ لَهَا مِنْ دُونِ اللَّهِ كَاشِفَةٌ ﴿٦١﴾
59. Abaffe mwewuunya ebigambo bino,  
أَقِمْنَ هَذَا الْحَدِيثَ تَعَجُّبُونَ ﴿٦٢﴾
60. Ne museka obusesi so ne mutakaaba,—  
وَتَضَعُونَ وَلَا تَبْكُونَ ﴿٦٣﴾
61. Nga nammwe (muli mu) kuzannya  
buzannyi, (nga mwekuluntaza mu  
bitaliimu)?  
وَأَنْتُمْ سَأَمِدُونَ ﴿٦٤﴾
62. (Ekisinga) Muvunnamenga ku Lwa  
Katonda mumusinzenga.  
فَاعْبُدُوا اللَّهَ وَاعْبُدُوا ﴿٦٥﴾

62. Kirungi ku buli yenna asomye aya eno ekomererayo wadde ne kw'oyo awalidde ng'esomwa avunname oluvunnaumu oluyitibwa *Sijidatul At-Tilaawa*.


## EBIFA KU SSUULA AL-KAMAR MU BUFUNZE (54)

Essuula eno yakkira Makka ng'ebula emyaka etaano gyokka Nabbi amale asengukire e Madiina. Erinnya lyayo lyasibuka mu aya esooka ekigambo *al-Kamar* mwe kyogere-rwako. Ekyafaayo ky'okwebajjulamu kw'omwezi kyali ku Lusozi Minna mu Makka.

Mu ssuula muno abatakkiriza b'omu Makka batiisibwa ebibonyobonyo ebikakali ebiribaviira mu mawaggali gaabwe ago agaabagaana okukkiriza Nabbi n'okugoberera by'ababuulira. Kyo ckyewuunyo ky'okubejjukamu kw'omwezi enkukunala ebitundu bibiri ne byesuula ebbanga kaali kabonero ka nkukunala akakasa nga Okuzuukira okwo Nabbi (s.a.w.) kwe yababuuliranga, bwe kuli okw'okubaawo era nti kwali kusembercedde. Ekyafaayo ky'omwezi okubejjukamu ekyo kyalabibwa abantu bangi era ddaaki ebitundu byombiriri byegatta. Era ckyo kaali kabonero kooloka nga engereka y'Obwengula bw'eteri ya bugenderevu olubeerera wabula nayo yali eyinza okusansabulwa n'ekyusi-bwakyusibwa byonna eberi mu bwengula ne bisiiukuuka ne bisaanawo; era nga cbyo byonna ebifa ku Kuzuukira bwe biriba. Wadde abatakkiriza beerolera ekyamagero ekyo eky'okubejjuka kw'omwezi kyokka baakiyita ddogo lya Muhammadi (s.a.w.) bwe batyo ne batafaayo ne bamuwakanya. Kyeva essuula ebakkakkanako mu ntandikwa yaayo ng'egamba nti bo abatakkiriza tebakkiriza kutiisibwa era tebayigira ku byafaayo oba wadde tebakakasa ne bakkiriza awamu n'oluvannyuma lw'okulaba obubonero obw'enkukunala Kale bagenda kukkiriza nga Okuzuukira kumaze okubaawo ng'olwo bafubutuka mu ntaana zaabwe beeyunira eri mu maaso ga Katonda okubitebya.

Essuula ezzaako okunyuma ebyafaayo bya abantu ba Nabbi Nuuhu, aba Aadi, aba Thamuudu n'abantu ba Nabbi Luutu ne Fir'auna mu bufunze nga okwo kujjukizibwa eri abatakkiriza nti abantu abamenyedwa baafuna ebibonerezo ebikakali olw'okulimbisa okutiisa kwa bannabbi baabwe Katonda be yabatumira kale singa nabo abatakkiriza tebeddako ne beenenya ne bakkiriza kakubajjuutuka nga n'abo bwe baagwa ku kibambulira.

Essuula emaliriza n'okumatiza abatakkiriza nti nga Katonda ayagadde Enkomerero ebeewo tekyetaagisa kutwala bbanga mbu nga akola enteekateeka wabula alagira bula-gizi ebeewo n'eryoka ebaawo awo wennyini w'agyagalidde ebeewo. N'olwekyo okusi-nziira nga buli kintu bwe kyagerekerwa entuuko yaakyo oba ekiseera kyakyo, tekyetaagisa kwanguyirizibwa ng'ekiseera kyayo tekinnatuuka.



ESSUULA AL-KAMAR (54)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 55

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Enkomerero esemberedde okutuuka n'omwezi ne gubejjukamu.

اقْتَرَبَتِ السَّاعَةُ وَانْشَقَّ الْقَمَرُ ﴿١﴾

2. Bwe baba nga balabye ekyamagero baawukana (ku kukikiriza), ne bagamba nti: Eryo ddogo (Iye Muhammadi) Iya lubeerera:

وَأَنْ يَّرَوْا آيَةً يُعْرِضُوا وَيَقُولُوا سَحَابٌ مُمَسَّمَةٌ ﴿٢﴾

3. (Bwe batyo) ne balimbisa (Amazima) ne bagoberera okwagala kwabwe. Sso nga buli kigambo kirina obute-benkero bwakyo.

وَكَلَّابُوا وَاتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ وَكُلُّ أَمْرٍ مُسْتَقَرٌّ ﴿٣﴾

4. Ate nga ddala byabatuuka ebyafaayo (by'abaasooka) omuli mu byo okukanga (okumala okuggya omuntu ku bujeemu),

وَلَقَدْ جَاءَهُمْ مِنَ الْأَنْبَاءِ مَا فِيهِ مُرْدَجَةٌ ﴿٤﴾

5. (Kuraane) kuyiga okutuuka ewala; kyokka tekugasa okutiisa (oyo Katonda gwe yabuza).

حِكْمَةٌ بِاللُّغَةِ فَمَا لَعَنَّ النَّذُرَ ﴿٥﴾

6. Kale baleke (Ggwe Muhammadi); (wabula obajjukize) Olunaku omukoowozi lw'alikoowoola (abantu okugenda) eri ekintu eky'entiisa,

فَتَوَلَّوْا عَنْهُمْ يُومَرُونَ وَيَدْعُ الْأَعْرَابُ إِلَى شَيْءٍ نَكْرٍ ﴿٦﴾

1. Mu aya eno Katonda ategeza nga Enkomerero bw'eri okumpi okutuuka era nga n'ensi bw'esemberedde okuvaawo, kubanga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ye Nabbi ow'enkomerero era yagamba nti: "Ndayidde Oyo alina omwoyo gwange mu mukono Gwe! Ekiseera ekisigadde ku kubaawo kw'ensi nga ogeraageranyizza n'ekiseera ekiyise kiringanga ekiseera ekisigadde ku lunaku lwammwe luno." Nze natumibwa nga tuli wamu n'Enkomerero bwe tuti—"n'alaza ennwe z'engalo ze bbiri.

Kwo okwatikamu kw'omwezi: ebigabo ebituufu byannyonyola nga bwe kwaliwo ku mulembe gwa Nabbi (s.a.w.) era n'abantu bonna ne bakulaba. Ekyo kyaliwo nga Nabbi akyali Makka tannasengukira Madiina.

7. Amaaso gaabwe nga makkakkamu, baliva mu ntaana nga bo balinga enzige ezisaasaanye, حُسْعًا أَبْصَارُهُمْ يَخْرُجُونَ مِنْ  
الْجَدَاثِ كَمَا تَخْرُجُ مِنْ شُرُوبِ
8. Nga banguyira eri omukoowoozi; (eno) abakafiiri nga bagamba nti: Luno lunaku luzito. مُهْطِعِينَ إِلَى الدَّائِرِ يَقُولُ الْكُفْرُونَ  
هَذَا أَيُّومٌ عَسِيرٌ ⑧
9. Ab'oluberyeberye lwabwe ab'ekibiina kya Nuuhu baalimbisa, baalimbisa omuddu Waffe (Nuuhu), ne bagamba nti: Mugwi wa ddalu; ne bamutiisa-tiisa. كَدَبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ فَكَذَّبُوا عَبْدَنَا  
وَقَالُوا مَجْنُونٌ وَازْدَجَرَ ⑨
10. Ekyamuvirako okusaba Mukama Katonda we (ng'agamba) nti: Mazima nze. ntendewariddwa, n'olw'ekyo ntaasa! فَدَعَا رَبَّهُ أَنِّي مَغْلُوبٌ فَانتَحِرْ ⑩
11. (Mu kumwanukula) ne tusumulula emiryango gy'eggulu n'amazzi aga-fukumuka. فَفَتَحْنَا أَبْوَابَ السَّمَاءِ بِمَاءٍ مُنْهَمِرٍ ⑪
12. Ne tufukuza ensulo z'amazzi okuva mu ttaka. (Bwe gatyo amazzi g'omu ggulu ne mu ttaka) ne gasisinkana ku kigambo (ekyali) kyaggwa edda okugera (eky'okubazikiriza n'omu-jjuzo). وَفَجَّرْنَا الْأَرْضَ عُيُونًا فَالْتَقَى الْمَاءُ  
عَلَى أَمْرٍ قَدِيرٍ ⑫
13. Ne tumusitulira (ye Nuuhu n'abantu be abomu maka, n'abo abaamukkiriza mu lyato) ery'embaawo n'emisumaali (egyagattanga embaawo): وَحَمَلْنَاهُ عَلَى ذَاتِ الْأَوْجِهِ ذُرِّيَّتًا ⑬
14. (Ne liba) nga liddukira (ku mazzi ago) n'okulabirira Kwaffe: (Okwo) nga kusasula oyo eyali awa-kanyizibwa. تَجَرَّرِي بِأَعْيُنِنَا جَزَاءً لِمَنْ كَانَ  
كُفْرًا ⑭

14. Okuzikiriza abaalimbisa Nabbi Nuuhu n'okumuwonya omujuzo, kwali kumasasula ku lw'okugumiikiriza kwe ku kuwalaganyizibwa n'okugalabanjwa abo abaumulimbisa.

15. Ddala twakireka ekyafaayo kyo nga Kabonero (ak'okujjukiza n'okulabirako eri ab'emirembe gyonna): naye abaffe, waliwo abuuririddwa (n'ayigirako)?

وَلَقَدْ تَرَكْنَاهَا آيَةً فَهَلْ مِنْ مُدْكِرٍ ⑮

16. Ngeri ki bwe kwali okubonyabonya Kwange n'Okutiisa Kwange (kw'abo abaayawukana ku biragiro Byange)?

فَكَيْفَ كَانَ عَدَابِي وَنُذِرٍ ⑯

17. Era ddala twagifuula Kuraane ennyangu (okuyiga n'okutegeera) ku lw'okubuulira: Abaffe waliwo abuuririddwa (n'akwata)?

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ مُدْكِرٍ ⑰

18. N'ab'ekika kya Aadi baalimbisa (Amazima agaabaaleeterwa Omubaka waabwe Huudu): Ngeri ki bwe kwali okubonyabonya Kwange n'okutiisa Kwange (kw'abo abaawukana ku biragiro Byange)?

كَذَّبَتْ عَادٌ فَكَيْفَ كَانَ عَدَابِي وَنُذِرٍ ⑱

19. Mazima Ffe twabasindikira kiku-  
ngguunta ow'amaanyi omunnyogovu  
ow'obutiti mu lunaku olw'ekikwa  
olwagenderera,

إِنَّا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ رِيحًا صَوَّارًا  
يَوْمَ نَحْشِئُ الْمُشْرِكِينَ ⑲

20. (Eyagenda) nga akasuka abantu  
(okuva ku ttaka) nga balinga enduli  
z'emitende egisinduddwa.

تَنْزِيلُ النَّاسِ كَأَنَّهُمْ عِجَابُ غَيْرٍ مُنْقَرٍ ⑳

21. Kale ngeri ki bwe kwali okubonyabonya kwange n'okutiisa Kwange (kw'abo abaawukana ku biragiro Byange)!

فَكَيْفَ كَانَ عَدَابِي وَنُذِرٍ ㉑

22. Mazima Kuraane twagifuula ennyangu (okutegeera) ku lw'okubuulira n'okujjukiza: abaffe waliwo abuuririddwa (ne kumugasa okubuulira okwo)?

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ مُدْكِرٍ ㉒

23. Ab'ekika kya Thamuudu (nabo) baalimbisa okutiisibwa (kwa Nabbi waabwe Swalihi).

كَذَّبَتْ ثَمُودُ بِالنُّذُرِ ㉓

24. Ne bagamba nti: Kiki? Omuntu obuntu mu ffe gwe tuba tugoberera? Mazima ffe bwe kiba bwe kityo tuba mu bubuze (bwa nkukunala) na mu bagwi ba ddalu!

فَقَالُوا بَشَرًا مِّثْلًا وَاحِدًا تَتَّبِعُهُ أَتَانًا  
إِذَا الْغَيْثُ صَلَّى وَسُعْرٌ ①

25. Ee! Obubaka bwassibwa ku Ye (omu bw'ati) okuva mu ffe ffena? Nedda, wabula ye mulimba, omwerazi!

ءَأَلْفَى الرَّذِّكَرَ عَلَيْهِ مِنْ بَيْنِنَا بَلْ  
هُوَ كَذَّابٌ أَشْرٌ ②

26. (Omubaka yagambibwa nti): Bajja kumanya enkya ani omulimba, omwerazi!

سَيَعْلَمُونَ عَدَا مَنِ الْكَذَّابُ الْكَثِيرُ ③

27. Kubanga mazima Ffe tujja kuba-weereza engamiya enkazi enecba nga kigezo gye bali. Kale (ggwe) batu-nuulire butunuulizi, ogumiikirize

إِنَّا مُرْسَلُونَ الْقَافَةَ فَبِنَتْ لَهُمْ قَارِئِينَ  
وَاصْطَبْرٌ ④

28. Era bategeeze nti: Mazima amazzi ga kugabanyizibwa wakati waabwe (n'engamiya eyo): Buli luwalo lwa kunywa wa kusembera nnannyinilwo, kusembera nnannyinilwo.

وَرَبُّهُمْ أَنَّ الْمَاءَ قِسْمَةٌ بَيْنَهُمْ كُلُّ  
شَرِبَ مُحْتَضِرٌ ⑤

29. (Oluvannyuma) ne bakoowoola munnaabwe (eyali kafulu mu bwo-noonyi) ne yeewaayo n'asala (engamiya eyo n'efa).

فَنَادُوا صَاحِبَهُمْ فَتَعَاطَى فَعَقَرَ ⑥

26. Mu ntegeera yaabwe ennafa era enfunda, abantu ba Nabbi Swalihi, tebakkiriza nti ye mubaka okuggyako okumukonjera obulimba n'okumuyita omwerazi ayeenoonyeza obukulu.

28. Abathamuudu baawakanya Nabbi waabwe Swalihi nga tebakkiriza nti mubaka wa Katonda, era mu mpaka zaabwe ezo mwe baamugambira abaggire engamiya mu lwazi kibe ekya-magero ekikakasa amazima ge. Nabbi Swalihi kwe kusaba Katonda we; ne Katonda n'ayanukula okusaba kw'omubaka, n'alyoka abaggira engamiya enkazi n'omwana gwayo mu lwazi nga nabo beerolera nga bwe baasaba.

Kyokka yabagaana okukima amazzi buli lunaku, n'abagamba nti ennaku zaabwe ez'okukima amazzi baali ba kuzigabanya mu mpalo wakati waabwe. N'abagamba nti olunaku engamiya lw'eneenywanga amazzi ng'olwo bo tebakima ate nga bo lwe bakima ng'olwo yo tenywa. Era yabakalaatira n'abakubiriza obutagirumbagana; bagireke erye butaala mu nsi ya Katonda. Baalubulwa kaati nti okugituusaako akabi baali baja kwesuala mu kabaate.

Wabula ekyo baakikoowa ne beekobaana, ne basala amagezi ga kugitta, ne bagitta.

29. Munnaabwe oyo yali ayitibwa Kudaari; era nga ye yali kafulu ddala abakulembera bonna mu bwo-noonyi. Era yeewaayo n'atta engamiya eyo.



30. Ngeri ki bwe kwali okubonyabonya Kwange (oluvannyuma) lw'okutiisa Kwange (okwo kwe baalagajjalira)! (okwo kwe baalagajjalira!)  
 قَكَيْفَ كَانَ عَدَائِي وَنُدْرٍ ⑩
31. Mazima Ffe twabasindikira Olu-bwatuka (olusukkirivu n'okukanka-nyizibwa kwa musisi ddekabusa) ne babanga ebisubi ebikalu ebikunkumuse ku kisibo (ky'ensolo ezi-rundwa) ensolo ne zibirinnyirira.  
 إِنَّا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ صَيْحَةً وَاحِدَةً فَكَانُوا كَهَشِيرِ الْمُحَطَّبِ ⑪
32. Era ddala twafuula Kuraane ennyangu (okutegeera) ku lw'okubuulira (n'okujjukiza): Abaffe waliwo abuuliriddwa?  
 وَقَدْ نَزَّلْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ مُدْرِكٍ ⑫
33. Ekibiina kya Luutu kyalimbisa okutiisa (kw'omubaka Waffe Luutu).  
 كَذَّبَتْ قَوْمُ لُوطٍ بِالذِّكْرِ ⑬
34. Mazima Ffe twabasindikira kiku-ninguunta (alimu) amayinja (ne bazi- kirira), okuggyako abantu b'e-nyumba ya Luutu (be twawonya bokka): Twabawonya ebibonyobonyo mu ttumbi—  
 إِنَّا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ حَاصِبًا إِلَّا آلَ لُوطٍ نَجَّيْنَاهُمْ بِسِحْرِ ⑭
35. Nga kyengera okuva gye Tuli. Bwe kityo bwe tusasula oyo ayecebaza ebyengera Byaffe (n'akkiriza, n'agondera Katonda).  
 يُعْمَهُ قَوْمٌ عِنْدَنَا كَذَلِكَ يَجْزِي مَنْ شَكَرَ ⑮
36. Sso nga mazima (Luutu) yabatiisa okuvumbagira Kwaffe okw'amaanyi, wabula bo ne babuusabuusa mu kutiisibwa (okwo).  
 وَقَدْ أَنْذَرَهُمْ بَطْشَتَنَا فَتَمَارَوْا بِالذِّكْرِ ⑯
37. Ddala baamulumbagana nga baagala okusobya ku bagenyi be (bamalaika)  
 وَقَدْ رَاوَدُوهُ عَنْ ضَيْفِهِ فَطَمَسْنَا ⑰

34. Katonda yabalagira bwe yabatumira hamalayika ababiri bonna ab'omu nnyumba ya Luutu. ng'oggyeeko mukyala we. oteekeko abo bonna abaa mugoberera bagumbulukuke mu maka gaabwe badduke bave mu bonoonyi. Bwe bityo, ebiboncrezo okugenda okusaanyawo abonoonyi nga bano baamazeemu dda.

37. Soma ne aya 78-79 mu Ssuula Huudu (11). Abagenyi ba Nabbi Luutu baali bamalayika abajjira mu kifaananyi ky'abavubuka abalungi ate ng'ekyo bo bannansi ba Luutu kye beeziranga

ababiri abajjira mu kifaananyi ky'a-bavubuka); Kyetwawa tusangulawo amaaso gaabwe (ne gaziba). (Ne tubagamba) nti mukombe ku bibonyobonyo Byange n'okutiisa Kwange.

أَعِيْنَهُمْ قَدْ وَفَّوْا عِدَائِي وَنَدَّرِ ⑤

38. Era ddala byabakcera enkcera mu matulutululu ebibonyobonyo ebyagenderera (okutuusa ku Lunaku Lw'enkomerero).

وَلَقَدْ صَبَّحَهُمْ بُكْرَةً عِدَاءُ ابْنِ مُسْتَوْرٍ ⑥

39. (Twabagamba era nga na guno gujwa tukyabagamba): Mukombe ku bibonyobonyo Byange n'okutiisa Kwange.

قَدْ وَفَّوْا عِدَائِي وَنَدَّرِ ⑦

40. Mazima ddala Kuraane twagifuula ennyangu (okuyiga n'okutegeera) ku lw'okubuulira (n'okujjukiza): Abaffe waliwo abuuliriddwa (n'ayiga)?

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ مُّذَكِّرٍ ⑧

41. Era ddala okutiisa kwajjira abantu ba Fir'auna (nga kuyitira ku babaka ba Katonda).

وَلَقَدْ جَاءَ آلَ فِرْعَوْنَ التَّنْذِرُ ⑨

42. (Fir'auna n'abantu be) baalimbisa ebyamagero Byaffe byonna; kale ne

كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا كَمَا كَانُوا يَأْخُذُونَ بِهَا ⑩

kubanga olwalabanga omuvubuka, nga olwo banaamusobyako ng'empisa yaa bwe bwe yali. Kati bwe baamanya okujja kw'abagenyi abo ne baja buteesagga omusaatuuko eri Nabbi Luutu balyoke babasobyeko, nga engeri yaabwe nga bwe yali ey'okusobyako ku basajja mu kifo ky'abakazi.

Luutu bwe yabalaba n'aggalawo oluggi. Bo ne baagala okulumenya: n'abagamba nga munyikaavu omwennyamivu nti: "Bwe muba nga mwagala mugende eri bawala bange (amakulu ng'ategeza abakyala baabwe) kuba be batukuvu abakkirizibwa gye muli. Mulcke kumpemula eri bagenyi bange." Ne bamuddamu nga bamugamba nti: "Okimanyi (bulungi) nti ffe tetulina bwetaavu eri bawala bo, era mazima ggwe omanyi kye twagala.

Bwe baagaana okuddirira okuva kw'ekyo kye bajjiridde Malayika n'agenda gye bali n'akuba ku maaso gaabwe ne gaziba, bwe batyo ne bagenda nga bawunaawuuna. Eyo nno yali ntandikwa butandikwa ey'ebibonerezo byabwe. Era okugenda okukeesa olunaku olwaddirira, nga kikutundu kyabwe, Sodoma ne Gomorra bivuunikiddwa ebadde wansi ezze waggulu. Ye Luutu n'abantu be ab'omu maka teekako n'abagoberezi be bo bokka be baalutonda. Ye mukyala we nnamukadde eyali omuyambi awagira bakiribivve, ye yazikirira n'abaazikirizibwa.

42. Fir'auna n'abakungu be ne bannansi bannaabwe mu nsi y'e Misiri baali bonoonyi lukulwe. Nabbi Musa ne Harruna baatumwa eri bo babalungamye ne babalimbisa nga beetwala okuba aba waggulu, era nga basinza amasanamu, bavunvubika Amazima oteekeko n'okuwalagganyanga ebitionde bya Katonda. Sso nga Katonda yali yabawa ebyengera n'ebitone bingi. Mu kiseera kye baamala nga bakyabuulirirwa ababaka, baalagibwa n'ebyamagero bingi omuddirirwa wabula

tubakwata olukwatwa (olw'ekika ekyo) olukwatwa Ow'amaanyi, Ow'obuyinza (atuukiriza ekyo kyonna ky'ayagala).

عَرَبِيٌّ مُّقْتَدِرٌ ﴿٣٢﴾

43. Abakafiiri bammwe (mmwe Abakuraish) be balungi okusinga abo (abaasooka ne bazikirizibwa olw'obutakkiriza n'obwonoonyi), (ne kiba nti mmwe temuli ba kuzikirizibwa) ekyo nga kyawandiikwa mu Bitabo (ebyava mu ggulu)?

أَلْقَارِكُمْ خَيْرٌ مِّنْ أَوْلِيَّائِكُمْ  
بِرَاءَةٍ فِي الزُّبُرِ ﴿٣٣﴾

44. Oba bagamba nti: Ffe (twesobola n'olw'ekyo) tuli kibiina ekineetaasa?
45. Ddaaki kija kuwangulwa ekibiina ky'abakafiiri bakyuke bakubeyo amabega nga badduka.

أَمْ يَقُولُونَ نَحْنُ جَمِيعٌ مُّنتَصِرُونَ ﴿٣٤﴾

سَيَهْرَمُ الْجَمْعُ وَيُوَلُّونَ الدُّبُرَ ﴿٣٥﴾

46. Wabula Ekiseera Eky'enkomerero y'endagaano yaabwe (yennyini gye baalagaanyisibwa okubonererezebwa), n'Ekiseera Eky'enkomerero kye kisinga entiisa, n'obulumi n'obukaawu (okusinga okubonerezebwa kwabwe okw'oku nsi).

بَلِ السَّاعَةِ مَوْعِدٌ هُمْ وَالسَّاعَةِ أَهْلُهَا  
وَأَمْرٌ ﴿٣٦﴾

47. Mazima abonoonyi bali mu bubuze (batalamagga) na mu bugwi bwa ddalu.

إِنَّ الْمُهَاجِرِينَ فِي صُلْحٍ وَسَعْرٍ ﴿٣٧﴾

48. (Bajjukize) Olunaku lwe balikulurirwa ku byenyi byabwe nga bali mu muliro (bagambibwe nti): Mukombe ku bulumi bw'omuliro!

يَوْمَ يُسْحَبُونَ فِي النَّارِ عَلَىٰ وُجُوهِهِمْ  
دُوقُوا مَسَّ سَقَرَ ﴿٣٨﴾

49. Mazima Ffe buli kintu twakitonda na kukigerera (ku ngeri ekisaanira)

إِنَّا كُلَّ شَيْءٍ خَلَقْنَاهُ بِقَدَرٍ ﴿٣٩﴾

byonna ne babirimbisa, ate nga ebyo byalibadde bimala okubalunngamya eri okutya Katonda n'okumukkiriza. Mu nkomerero ya byonna Katonda yabasaanyaawo mu Nyanja Emmyufu olw'okwegulumiza ne batakkiriza.

Eby'okulabirako bino bibuulirwa Abakuraish abakafiiri bibe eky'okubuulirira n'okulabula eri bo nti nabo kakubajjuutuka singa baguggubirira ku bukafiiri n'obwonoonyi.

45. Era bwe kityo, abakafiiri b'omu Makka, bwe baawangulwa ne batwalibwa obutalaba nnyuma ku lutalo lw'e Badri ne mu ntalo endala ezaddirira.

50. Era tekuli Okulagira Kwaffe wabula (okusalawo) omulundi gumu (kye twagadde ne kiba mu bwangu) nga olutemya lw'eriiso
51. Era ddala twazikiriza (gye buvudde ebibiina bya bakalibivve banna-mmwe) ababafaanana: naye abaffe waliwo abulirirwa?
52. Na buli kintu kye baakola (ku nsi kyawandiikwa) kiri mu Kitabo:
53. Buli kitono n'ekinene (kye baakola) kiwandiike (si kya kubula).
54. Mazima abatya Katonda baliba mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) n'emigga (nga gikulukutira wansi waayo),
55. Mu Kifo ky'Amazima awali Omufuzi (Katonda), Ow'obuyinza Obujjuvu.

وَمَا أَمْرُنَا إِلَّا وَاحِدَةٌ كَلَمْحٍ بِالْبَصَرِ ﴿٥٠﴾

وَلَقَدْ أَهْلَكْنَا أَشْيَاعًا عَلِمَ قَوْمَهُمْ مِنْ  
مُّدْكِرٍ ﴿٥١﴾

وَكُلُّ شَيْءٍ عَالٍ فِي الزُّبُرِ ﴿٥٢﴾

وَكُلُّ صَغِيرٍ وَكَبِيرٍ مُسْتَطَرٌ ﴿٥٣﴾

إِنَّ الْمَتَّعِينَ فِي جَهَنَّمَ وَنَهْرٍ ﴿٥٤﴾

عَلَّمَ فِي مَقْعَدِ صِدْقٍ عِنْدَ مَلِيكٍ مُّقْتَدِرٍ ﴿٥٥﴾

## EBIFA KU SSUULA AR-RAHMAAN MU BUFUNZE (55)


Essuula Ar-Rahmaan yakkira Makka – mu myaka egyo emiberebere gy'okussibwa kwa Kuraane. Eytibwa etyo okusenziira ku aya esooka naye nga n'omutwe gwayo gwe gwokubanga Obubaka obugirimu bwonna bwemalidde ku kwogera ku bitendo n'ebitone bya Katonda Omusaasizi.

Eno y'essuula yokka mu Kuraane yonna eyigiriza n'ekakasa nga n'amajinni bwe gali ebitonde mu nsi ebirina eddembe ly'okwesalirawo okukola kye gaagala okufaanako abantu. Era nago gategeera ne gakakasa Obuyinza bwa Katonda n'ebiyengera Bye enfaafa; era gamanya nga bwe galina okubitebya gy'Ali—Kye gava gatiisibwa nago okabaate akaliva mu butamugondera, era ne gamanyisibwa empeera eziva n'eziriva mu kumugondera. Essuula eno eyasanguza kaate nga Obubaka Nabbi Ow'ekitiibwa bwe yatumurwa n'ekitabo Kuraane bwe byatumibwa ku lw'abantu n'amajinni cra nti Obwanabbi tebweyawulidde bantu bokka.

Ebiyigibwa mu Ssuula eno bye bino: Mu aya 1-6, kigambibwa nga Kuraane bwe yassibwa okuva eri Katonda Ow'obuyinza nga tteeka okusenziira ku kusaasira Kwe okuba ng'alunnigamya abantu nga ayitira mu kubayigiriza, kuba Ye ye yabatonda n'abawa amagezi agategeera. Era kitegecebwa nga enteekateeka y'Obwengula yonna bw'ekolera ku Maanyi ga Katonda era nga ebyo byonna ebibunye ensi n'eggulu bwe biri mu Buyinza Bwe. Mu aya 7-9, tutegecebwa nga Katonda bwe yatondera enteekateeka y'Obwengula yonna mu butuufu ne mu kigero nga byesigamidde ku bwenkanya, n'olw'ekyo ffe abali mu nsi tuteekwa kwebugira mu mbugirizo z'obwenkanya awatali kuwungakako. Ng'oggyeeko okwogera ku bitendo n'ebitone ebyeyawulidde amaanyi ga Katonda, ebigabwa bya Katonda abantu n'amajinni kwe bayimiridde byogerwako mu aya 10-25.

Abantu n'amajinni bajjukizibwa ekikakafu nga bwe watali mulala yenna wa kubaawo bundererevu mu Bwengula mwonna okuggyako Katonda Omu Tafa era taggwaawo. Era tewali kitonde kyonna kiri mu ggulu oba mu nsi mu majinni ne mu bantu kiteeguya Katonda okusobola okubeerawo. Na byonna ebibaawo mu nsi ne mu ggulu bibaawo na buyinza Bwe. Ebibiina byombiriri (eky'abantu n'eky'amajinni) byakisibwa ekiseera ekyo (Olunaku Lw'enkomerero) ekijja obunnambiro, era kye bataliyinza kwewala kuba Obwakabaka bwa Katonda bubebunguludde buli luuyi ate nga tebayinza kusumattuka maanyi Ge. Ekiseera ekyo eky'okubawozesa kya kubaawo ku Lunaku Lw'okuzuukira

Mu aya 39-45, enkomerero embi ey'abo be girikka mu vvi mu bantu n'amajinni abo abaaजेमरा Katonda eyogerwako. Aya 46 okweyongerayo, zoogera ku mpeera n'ebiyengera abalongosa mu bantu ne mu majinni bye balibaamu mu Jjana. Buli lwe byogerwako ebitendo n'ebitone by'obuyinza bwa Katonda, ebiyengera by'agaba. n'obubonero obwoleka Obwakatonda Bwe. na buli kifa ku bibonerezo Bye n'empeero Ze, abantu n'amajinni babuuzibwa nti: "Olwo kye kiruwa mu byengera n'ebigabwa bya Katonda wo ky'owakanaya (n'okirimbisa nti si y'akigaba)."



## ESSUULA AR-RAHMAAN (55)

Yakkira Makka : Erina Ebitundu 3 ne Aya 78

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ

1. (Katonda) Omusaasizi okusaasira  
okubuna!

الرَّحْمٰنُ ١

2. Yayigiriza (omuntu) Kuraane.

عَلَّمَ الْقُرْآنَ ٢

3. Yatonda Omuntu:

خَلَقَ الْاِنْسَانَ ٣

4. Yamuyigiriza okunnyonnyola (ebi-  
gambo, n' okutegeera).

عَلَّمَهُ الْبَيَانَ ٤

5. Enjuba n'Omwezi bitambula  
(byombi) na kubala (ntambula zaa-  
byo mu bigero ebikakafu).

الشَّمْسُ وَالْقَمَرُ بِحُسْبَانٍ ٥

6. Emiddo gyonna n'ebiryo n'emiti  
bivunnama (nga bigondera Katonda  
mu ngeri yaabyo).

وَالنَّجْمُ وَالشَّجَرُ يَسْجُدَانِ ٦

5. Mu bitonde byonna ebiri mu bwengula, enjuba si y'esinga obunene wabula waliwo emmunyeenye ezimu ezigisinga. Kyokka yo enjuba y'esinga okwetaagibwa gye tuli ffe abali ku nsi, abafuna obulamu mu kitangaala kyayo ne mu bbugumu lyayo era ne mu maanyi gaayo.

Obunene bw'enjuba n'ekigero ky'okwokya kwayo n'ebbanga eriri wakati waayo n'ensi ne wakati w'emmunyeenye endala n'okutambula kwayo: era bwe kityo n'obunene bw'omwezi n'okwesamba kwagwo ensi n'enjuba n'entambula yaagwo, byonna bibale olubala olukakafu mu ngeri gye bikolaganamu n'ebiramu ebiri ku nsi, n'engeri gye birimu n'emmunyeenye endala mu bbanga. Enjuba yeesambye ensi mailo obukadde 93. Ebeera kuba nga eri kumpi okusingako awo, ensi yonna yandisiiridde n'efuuka mukka ne gunyookera mu bbanga. Ate era eba kuba wala okusinga awo, ensi yandikutte bbalaafu ebiriko byonna ne bita. N'ebbyguma ly'enjuba erituuka gye tyli katundu butundu akatono ddala. N'ekyo ekigero ky'ekisaanira obulamu bwaffe.

Era bwe kityo omwezi mu kigero kyagwo n'ebbanga eriri wakati w'ensi n'omwezi: Singa gwali munene okusinga awooba gubeera kuba kumpi n'ensi okusinga ekigero Katonda kye yagera mu kubala kwe okutasoba, ensi yonna yandibikiddwa amataba. Enkolagana y'ensi n'enjuba birina ekigero Katonda kye yamala edda okubala n'akigera obutasukkawo.

Bw'otunuulira Obwengula bw'ebbanga n'obufukunya bw'obuse bw'emmunyeenye eziri mu bbanga, otekeko enjuba n'omwezi, olaba nga buli kimu kitambulira mu kifo kyakyo. Tekiyinza kusukka mirundi gyakyo era tebiyinza kukoanagana oba okusukka emirundi Katonda gye yage-reka. Wano Katonda kyeyava agamba nti: "Enjuba n'omwezi bitambula na kubala."

6. Emiddo n'ebiryo (An-Najmu) mu aya eno byeyambisiddwa okutegeeza ebimera byonna ebisigwa n'ebyemeza ebiriibwa n'ebitaliibwa kyokka nga tebituuka ku ddaala lya kuba miti. Ate

7. N'eggyly yalisitula (waggulu ddala) n'assaawo ebipimu (by'obwenkanya) وَالسَّمَاءَ رَفَعَهَا وَوَضَعَ الْمِيزَانَ ⑥
8. Muleme kusukkanga ebipimu (ebituufu — obwenkanya), أَلَّا تَطْغَوْا فِي الْمِيزَانِ ⑦
9. Wabula muyimirizengawo ebipimu mu bwenkanya, era temukendeezangako ku bipimo. وَأَقِيمُوا الْوَزْنَ بِالْقِسْطِ وَلَا تُخْسِرُوا الْمِيزَانَ ⑧
10. N'ensi yagissizaawo ebitonde: وَالْأَرْضَ وَضَعَهَا لِلْأَنَامِ ⑩
11. Nga mulimu ebibala (ebya buli ngeri) n'emitende egirina enngo; فِيهَا فَالِكِهِنَّ وَالنَّخْلَ ذَاتَ الْأَكْمَامِ ⑪
12. (N'ebimera) eby'empoke eri mu bikuta (n'ebimera) eby'obuwoowo. وَالْحَبَّ ذُرًّا وَالْعَصْفَ وَالرَّيْحَانَ ⑫
13. Kale olwo kiriwa mu byengera bya Katonda wammwe (mmwe) mwembiriri (abantu n'amageege) kye mulimbisa (okuba nti si Kikye)? يَا أَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا ⑬
14. Yatonda omuntu mu bbumba eggumu eriringa ejjokye, خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ صَلْصَالٍ كَالْفَخَّارِ ⑭
15. N'akola amageege (amajinni) mu nnimi z'omuliro (ogutanyooka mukka): وَخَلَقَ الْجَانَّ مِنْ مَّارٍجٍ مِّنْ نَّارٍ ⑮
16. Olwo kye kiriwa mu byengera bya Katonda wammwe mwembiriri kye mulimbisa? يَا أَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا ⑯
17. Omufuzi w'e Buvanjuba bw'ombi n'e Bugwanjuba bwombi. رَبُّ الْمَشْرِقَيْنِ وَرَبُّ الْمَغْرِبَيْنِ ⑰

kyo *As-Shajar* (Emiti) ne kyeyambisibwa okutegeeza obimera byonna okuva ku butiititi okutuukira ddala kw'egyo eminene ennyo egirina enduli.

8. Katonda yassawo ebigero n'ebipimu by'obwenkanya, n'ekigendererwa abantu balemenga kulyazaamaanya mu ngeri yonna gye baba bakolaganyengamu.

9. Ng'oggyeeko okutuusa ebigero n'ebipimu na mu buli ngeri yonna omuntu gy'akolamu: gamba nga okusinza Katonda okujulira n'ebirala — yenkanyenga mw'ekyo kyonna ky'aba aliko.

13. Katonda yatonda buli kintu nga kya mitindo ebiri ebiri: ekikazi n'ekisaja; ekibi n'ekirungi, Ekituufu n'ekitali kituufu; Amazima n'obulimba, era n'ebirala byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. Kati wano ategeeza bantu na mageege.

17. Katonda mu ngereka Ye yatonda ensi n'eba, okufaanako ng'ebibumbe ebirala byonna eby'omu bwengula, nga nayo eseyeyeeza mu bbanga nga yeetooloola enjuba omulundi gumu buli

18. Olwo kye kiriwa mu byengera bya Katonda kye mulimbisa mwembiriri (mmwe abantu n'amageege)?
- قِيَامِي الْآدِرَ رَبِّمَا تَكْتَدِين ١٨
19. Akulukusa ennyanja zombi ne zisisinkana (ez'amazzi ag'omunnyo n'ez'agatali ga munnyo).
- مَرَجَ الْبَحْرَيْنِ يَلْتَقِيَانِ ١٩
20. Wakati wa zombi waliwo ekisiikiriza, tezeetabula:
- بَيْنَهُمَا بَرْزَخٌ لَا يَبْغِيَانِ ٢٠
21. Kale kye kiruwa mu byengera bya Katonda wammwe kye mulimbisa?
- قِيَامِي الْآدِرَ رَبِّمَا تَكْتَدِين ٢١
22. Muvaamu mu (nnyanja ezo) zombiriri (amayinja ga) luulu ne *Al-Marjaani*:
- يَخْرُجُ مِنْهُمَا الْكَوْكَبُ وَالْمَرْجَانُ ٢٢
23. Olwo kye kiriwa mu byengera bya Mukama wammwe mwembiriri kye mulimbisa?
- قِيَامِي الْآدِرَ رَبِّمَا تَكْتَدِين ٢٣

mwaka omulamba. Kale olw'entambala y'ensi ku lugendo lwayo olumalira ddala omwaka omulamba. wajjawa enkyukakyuka y'obudde mu bitundu by'ensi ebitali bimu okugeraageranya n'ekifo k'enjuba; Ebitundu ebimu ne biba mu butiti (winter) mu kiseera ekimu ng'ate olwo ebirala biri mu kyeya (Summer). Mu biseera ebitali ebyo enjuba eba mu masekkati g'ensi (ku Equator) mu mwezi gwokusatu (March) ne mu gw'omwenda (September). Kale mu mwezi gwomukaaga (June) ne mu gw'ekkumi n'ebiri (December) Mu mwezi gwa June omwo enjuba mw'eviirayo e Buvanjuba mu kitundu ekisinga okuba ewala nga ogeraageranya osinziira e Maserengeta (South) era n'egwa mu kitundu ekisingayo okuba engulu, e Bugwanjuba. Ate bw'ogeraageranya ng'osinziira e Mambuka (North). Mu mwezi gwa December, omwo enjuba mwasingira okuviirayo awasinga okuba emmanga, e Maserengeta ate n'egwa mu ngeri y'emu e Bugwanjuba ewasinga okuba emmanga.

Kale mu mwezi gyornbiriri June ne December e Buvanjuba n'e Bugwanjuba ebbiri mwe ziri: By'ebyo nno ebyogerwako nga e Bugwanjuba bwombi n'e Buvanjuba bwombi mu aya eno.

Ate mu ngeri endala kiyinza okukwata ku Njuba n'omwezi: Kubanga enjuba gy'egwa n'omwezi gye gugwa, era gy'eva n'omwezi gye guva.

20. Ennyanja czigambibwa wano ge mayanja amanene ag'omunnyo n'ezo ez'amazzi amannyogovu aganywebwa. Kwe kugamba nti amazzi g'amayanja amanene ag'omunnyo tegeegatta mw'ago ag'emigga wadde ng'emigga egimu gituuka ku mayanja amanene. N'amazzi Katonda okugateekamu emiteeko ebiri lwa mugaso buli muteko gwe gulina.

Amayanja amanene gatwala ebitundu bisatu byakuna ku nsi eno gye tuliko ate olukalu ne lutwala kimu kyakuna. Ekigero ky'amazzi g'omunnyo okubeera eminene bwe kityo lwa mugaso gwe galina kw'ebyo ebwangalira ku nsi gamba nga okutukuza embeera y'obudde n'okugikuuma ebeere nga buli kiseera esaanira obulamu bw'ebira mu ebiri ku nsi. Go amazzi agatali ga munnyo kwe kuyimiridde obulamu bw'ebiramu ebiri ku nsi n'ebimera.

22. Amayinja ag'ebika ebyo ebiriri ga miwendo ddala era mukolwamu ebyokwewunda, agaba n'amabala oba erangi ez'enjawulo.



24. Era alina amaato agaakolebwa nga gaseeyeezeza mu nnyanja; agalina ensozi (mu bunene bwago n'obutumbiivu);
25. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
26. Buli kyonna ekiri ku yo (ensi) kya kuggwaawo:
27. Wasigalewo obwenyini bwa Mukama wo Nnanyini Bugulumivu n'Ekitiibwa.
28. Kale kye kiriwa ku byengera bya Mukama wammwe mmwe abantu n'amageege kye mulimbisa?
29. Bimusaba byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi (ebyetaago byabyo): Buli lukya Aba mu ngeri ndala (akuza n'akkakanya, agaba n'amma n'asonyiwa n'akangavvula)!
30. Kati kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa:
31. Ddaaki tugenda kubabala, abange mmwe ab'emirundi ebiri (amageege n'abantu)!
32. Kale kiriwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
33. Abange (mmwe) eggye ly'amageege n'abantu! Bwe muba nga musobola okuyita mu miziziko gy'eggulu n'ensi (mbu munsumattuke sibavumbagira) kale muyiteemu! (Kyokka) temusobola kuyitamu wabula na buyinza Bwanga!

وَاللَّهُ الْجَوَارِ الْمُنشِئَاتِ فِي الْبَحْرِ كَالْأَعْلَامِ ﴿٢٤﴾

فِي أَيِّ آيَاتِنَا تَكْذِبِينَ ﴿٢٥﴾

كُلُّ مَنْ عَلَيْهَا فَانٍ ﴿٢٦﴾

وَيَبْقَى وَجْهُ رَبِّكَ ذُو الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ ﴿٢٧﴾

فِي أَيِّ آيَاتِنَا تَكْذِبِينَ ﴿٢٨﴾

يَسْأَلُهُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ كُلٌّ يَوْمَ هُوَ فِي شَأْنٍ ﴿٢٩﴾

فِي أَيِّ آيَاتِنَا تَكْذِبِينَ ﴿٣٠﴾

سَنَفْرُغُ لَكُمْ أَيُّهَ الثَّقَلَيْنِ ﴿٣١﴾

فِي أَيِّ آيَاتِنَا تَكْذِبِينَ ﴿٣٢﴾

يُعَشِّرُ أَمْجِنٌ وَالرِّاسُ إِنْ أَسْطَعْتُمْ أَنْ تَنْفُذُوا مِنْ أَقْطَارِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ فَانْفُذُوا وَإِن تَنْفُذُونَ إِلَّا بِسُلْطَنِ ﴿٣٣﴾

33. Tewali ngeri yonna kitonde kiri ku nsi oba mu ggulu, mu bantu n'amageege, gye kiyinza kwewalamu Katonda, mbu oba kimudduke oba kimwekweke. Eky'okukola kisaanye kuba kimu kyokka, ekyo eky'okulongoosa ebikolwa n'okwennwa ebibi eri Katonda abisonyiwe.

34. Olwo kiruwa mu byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa (nti si Kikye)?

فَيَأْتِي الآءِ رَبِّكُمْ أَنْتَكُذِّبِينَ ﴿٣٤﴾

35. Mulisindikirwa mwembiriri ebitawualiro by'omuliro n'ekikomo ekisaa-nuuse; ne mutasobola kwetaasa (ku byo bireme kubookya):

يُرْسَلُ عَلَيْكُمْ شَوْاظٌ مِنْ نَارٍ وَكُفَّاسٌ فَلَا تَنْتَصِرُونَ ﴿٣٥﴾

36. Kale kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَيَأْتِي الآءِ رَبِّكُمْ أَنْتَكُذِّبِينَ ﴿٣٦﴾

37. (Mujjukire) eggulu bwe liriba libejjusebejjusecemu ne libeera nga limyuse mmyu nga liringa omuzigo:

فَإِذَا انشَقَّتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ وَرْدَةً كَالدِّهَانِ ﴿٣٧﴾

38. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَيَأْتِي الآءِ رَبِّكُمْ أَنْتَكُذِّبِينَ ﴿٣٨﴾

39. Mulunaku olwo tagenda kubuuzibwa ku kibi kye omuntu wadde amageege.

فَيَوْمَئِذٍ لَا يُسْأَلُ عَنْ ذَنْبِهِ إِنْسٌ وَلَا جَانٌّ ﴿٣٩﴾

40. Kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَيَأْتِي الآءِ رَبِّكُمْ أَنْتَكُذِّبِينَ ﴿٤٠﴾

41. Abonoonyi bagenda kumanyika olw'obubonero bwabwe, bakwatwe enviiri mu buwompo ne ku bigere (omutwe gugattibwe ku bigere balyoke basogwe mu muliro).

يُعْرَفُ الْمُجْرِمُونَ بِسِيَاهِهِمْ يُؤْخَذُ بِالْأُصْحَى وَالْأَقْدَامِ ﴿٤١﴾

42. Awo kye kiruwa ku byengera bya Katonda wammwe kye mulimbisa?

فَيَأْتِي الآءِ رَبِّكُمْ أَنْتَكُذِّبِينَ ﴿٤٢﴾

43. Guno gwe muliro Jahannama ogwo obonooyi gwe baalimbisanga:

قَدْ هَدَاهُمْ حَقُّهُمْ الَّذِي يَكُذِّبُ بِهَا الْمُجْرِمُونَ ﴿٤٣﴾

39. Wano nno tekitegeeza nti Katonda taliramula boonoonyi na kubavunaana. Nedda, ssi bwe kiri; wabula ku Nkomerero ebiyungo by'abantu n'amageege okugeza nga emikono, ennimi zaabwe n'ebigere bye biribawaako obujuluzi obubalumika ku bikolwa byabwe byonna, nga bwe kyogeerwako my Ssuula An-Nuuru (24), aya 24.

41. Nga bwe kyogeerwa mu Ssuula Al-Aaraaf (7) aya 48, ku Lunaku Lw'okubalibwa buli omu agenda kuba ku mubiri gwe n'obubonero obwoleka eri buli muntu ekifo kye n'eddaala lye okuziiziira ku bikolwa bye yakola ku nsi.

44. Balyetooloolanga wakati waagwo (omuliro) n'amazzi ageeseze ne gafuuka olwegye.

يَطْوُونَ بَيْنَهُمَا وَيَنْحَرِبُونَ ۝٣٧

45. Abaffe, kye kiruwa mu byengera bya Mukama wammwe kye muwakanya?

فَبِأَيِّ آلَاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِينَ ۝٣٨

46. Alina oyo eyatya okuyimirizibwa (mu maaso ga) Katonda we (Ku Lunaku Lw'okulamulwa) alina Ejjana bbiri (Ennyumba Ey'emirembe)—

وَلِمَنْ خَافَ مَقَامَ رَبِّهِ جَنَّاتٌ ۝٣٩

47. Olwo kiruwa ku byengera bya Katonda wammwe kye mulimbisa?

فَبِأَيِّ آلَاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِينَ ۝٤٠

48. Erina emiti egy'amatabi agaalanda (obulungi);—

ذَوَاتَا أَفْنَانٍ ۝٤١

49. Kale kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَبِأَيِّ آلَاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِينَ ۝٤٢

50. Mulimu mu (Jjana ezo) zombiriri ensulo bbiri ezikulukuta;

فِيهِمَا عَيْنٌ تَجْرِي ۝٤٣

51. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَبِأَيِّ آلَاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِينَ ۝٤٤

52. Mulimu mu zombiriri buli mitindo gya bibala ebiri ebiri.

فِيهِمَا مِنْ كُلِّ نَكْهَةٍ زَوْجٌ ۝٤٥

53. Abaffe, olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَبِأَيِّ آلَاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِينَ ۝٤٦

54. (Balibeerangamu) nga beesigamye ku byaliiro nga munda waabyo bya liili nga n'ebibala by'Ejjana zombi biri kumpi birebeeta.

مُتَّكِنِينَ عَلَى فُرُشٍ بَطَائِنُهَا مِنْ إِسْتَبْرَقٍ وَجَنَّاتٍ جُنتَيْنِ دَانٍ ۝٤٧

55. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

فَبِأَيِّ آلَاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِينَ ۝٤٨

56. Mulibaamu mu zo (Ejjana) abakyala embeerera ab'amaaso amakka-

فِيهِنَّ قُورٌ الطَّرِيفُ لَمْ يَطْمِئِنَّ

56. Ekitegeezebwa na "Abakkakkamu b'amaaso" kwe kugamba nti balibeera ng'amaaso bagamalira ku babbaabwe bokka.

- kkamu, abatakwatwangako muntu yenna wadde amageege oluberyeberyewabwe (abo abaliba babbaabwemu Jjana);
57. Abaffe, kye kiruwa mu byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?—
58. (Mu bulungi bwabwe) balinga Al-Yaakuuti ne Al-Marjaani.
59. Kale kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
60. Abaffe, waliwo empeera (endala yonna eva mu kukola) obulungi okuggyako (okusasulwa) obulungi?
61. Kati kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
62. Ng'oggyeeko ezo zombiriri balinayo Ejjana endala ezitali ezo bbiri.
63. Abaffe, kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
64. Eziddugazizza kiragala omukwafu
65. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
66. Mulimu mu Jjana zombi ensulo bbiri ezifukumula amazzi.
67. Kale kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?
68. Mulimu mu zombi ebibala (ebya buli ngeri, naddala) emitende n'enkoma-mawanga:
69. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?

إِنْسُ قَبْلَهُمْ وَلَا جَانُ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

كَانَهُنَّ الْيَاقُوتُ وَالْمَرْجَانُ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

هَلْ جَزَاءُ الْإِحْسَانِ إِلَّا الْإِحْسَانُ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

وَمِنْ دُونِهِمَا جَنَّتَيْنِ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

مُدَّهَا مَتْنَيْنِ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

فِيهِمَا عَيْنَانِ نَصَّاحَتَيْنِ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

فِيهِمَا فَكَّاهَةٌ وَنَخْلٌ وَرُمَّانٌ ۝

فِي أَيِّ الْأَرْبَعِ كَمَا تَكْذِبِينَ ۝

58. Mu bulungi bw'abakyalabalinga amayinja ag'emiwendo Al-Yaakuuti ne Al-Marjaani mu kutemagana ne mu bweru.

70. Mulimu abakyala abalungi b'e-mpisa, abalungi mu ndabika;—  
 فِيهِمْ خَيْرٌ حَسَانٌ ﴿٤٥﴾
71. Kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe (Abange mmwe abantu n'amagege) kye mulimbisa?  
 يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَكذَّبُ بَيْنَ يَدَيْكُمْ
72. Abakyala abalungi abakkakkamu b'amaaso, abali mu weema nga tebavaamu;—  
 حُورٌ مَّقْصُورَاتٌ فِي الْبُحَيْرَاتِ ﴿٤٦﴾
73. Abaffe kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?  
 يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَكذَّبُ بَيْنَ يَدَيْكُمْ
74. Abatakwatibwangako muntu (musajja yenna) oluberyebrye lwabwe wadde amagege;  
 لَمْ يَطْمِئِنُّنَّ إِلَىٰ أَنسٍ قَبْلَهُمْ وَلَا جَانٍ ﴿٤٧﴾
75. Olwo kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?  
 يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَكذَّبُ بَيْنَ يَدَيْكُمْ
76. Nga beesigamye ku mitto egiriko ebibikka ebya kiragala n'ebyaliiro ebirungi (eby'emiwendo).  
 مُتَعَبِّدِينَ عَلَىٰ رُفُوفٍ خَضْرَاءٍ وَعَبَقَرِيٍّ حَسَانٍ ﴿٤٨﴾
77. Olwo kye kiruwa ku byengera bya Mukama wammwe kye mulimbisa?  
 يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَكذَّبُ بَيْنَ يَدَيْكُمْ
78. Ligulumizibwa ne litukuzibwa erinnya lya Mukama wo, Nnannyini Bugulumivu n'Ekitiibwa!  
 تَبَارَكَ اسْمُ رَبِّكَ ذِي الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ ﴿٤٩﴾

## EBIFA KU SSUULA AL-WAAKIA MU BUFUNZE (56)


Essuula eno nayo yakkira Makka. Eggya erinnya Iyayo ku kigambo *al-Waakia* mu aya esooka. Yakka nga eddirira Ssuula Twaha (20) ate ne kuzizibwako ku yo Ssuula AshShuaraa (26).

Obubaka bw'Essuula businga kussa ssira ku bikwata ku Nkomerero n'Obulamu Obw'oluvannyuma, ne ku Bwomu bwa Katonda (*Tawhiid*) ne ku kusambajja ebyakalebule abatakkiriza b'omu Makka bye baateetulanga ku Kuraane Entukuvu. Bagambibwa Okuzuukira okwo kwe babuusabuusa okubaayo kwakwo era nga bakutankana ddala kika-kafu gye kuli, era nti nga ekiteewalika kituuse Okuzuukira ne kubaawo tewaliba n'omu akuwakanya wadde okukulimbisa — Era mu kiseera ekyo tewaliba ayinza kukuzzaayo, era mu kiseera ekyo abantu bonna baliba bagabanyizibwamu emitendera esatu:

(1) Abo abasinga okuba ab'oku mwanjo mu madaala ne mu bitiibwa; (2) abo ababulijjo abalongoofu (3) n'abo abaawakanya Enkomerero bwe batyo ne balemera ku butakkiriza, okusinza bakatonda ab'ekintabuli ne ku kukola ebivve ebya buli ngeri. Ensasulibwa y'empeera n'okubonerezebwa kw'emitendera gy'abantu bano byogerwako mu aya 7-56.

Mu aya 57-74, Enzikiriza y'Obusiraamu teekako Obwomu bwa Katonda n'okubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma n'Enkomerero bikakasibwa n'ensonga ennunngamu. Ate mu aya 75-82, okutankana kw'abatakkiriza mu mazima ga Kuraane bisambajjibwa era abantu bategeezebwa nga bwe bali bannamukisa okuba nga Kuraane yassibwa ebalungame, wadde nga bo mu kifo ky'okweganyula nayo badda mu kugigalabanja na kugiragajjalira. Obubaka obuli mu Kuraane, kyamagero okuba nga tebukontana era bubuna mu ngeri ematiza okwogera ku buli kintu era bwaseengekebwa mu ngeri ensaamu eyeewuunyisa era nga n'ebyo ebitonde ebiri mu Bwengula bwe byaseengekebwa, Kale Kagissa Oyo yennyini y'omu Oyo Omutonzi era eyakola Obwengula n'ebyoebibilimu ku ngereka gye buliko.

Essuula ekoobera n'okutiisa abatakkiriza nti ka beewaane batya oba beezibe batya eri Amazima olw'okwekuluntaza nga beetwala nti beemala naye eky'okubazibula amaaso gaabwe kwe kufa. Kubanga ku ssaawa y'okufa oba teweejuna: Oba tosobola kutaasa wadde bakadde abakuzaala, oba abaana bo, wadde abakulembeze bo mu nzikiriazabona bakufaako olozoollede. Olwo nno oba kale tewali Maanyi ga nsusso agabafuga, ng'ekyo kye mwogera kituufu ddala nti tewali Katonda, lwaki temuzzaamu mwoyo gw'oyo aba afa ng'ate muba awo mutangaaliridde. Okuva abantu lwe batasobola kukola ekyo era mu ngeri y'emu temuyinza kulemesa Katonda okukunngaanya abantu abalamule, ku Nkomerero. alyoke asasule abakozi b'ebirungi Ejjana; ate bo abonoonyi basoggebe omuliro.



## ESSUULA AL-WAAKIA (56)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 3 ne Aya 96

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi*  
*Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. (Bajukize) bwe kiriba nga kiguddewo  
Ekiseera Eky'enkomerero,

إِذَا وَقَعَتِ الْوَاقِعَةُ ①

2. Tekulina mulimbisa okugwawo  
kwakyo;

لَيْسَ لَوْفَعَتِهَا كَاذِبَةٌ ②

3. Kirikkakkanya (abonoonyi), ne ki-  
situla (Abalongoofu),

خَافُضَةٌ رَافِعَةٌ ③

4. Bw'eriba nga ensi ekankanyizibwa  
olukankana

إِذَا رَجَّتِ الْأَرْضُ رَجًا ④

5. N'ensozi ne zimulungulwa olumu-  
lungulwa

وَبُسَّتِ الْجِبَالُ بَسًا ⑤

6. Ne zifuuka enfuufu efuumuukira  
mu banga,

فَكَانَتْ هَبَاءً مُنْبَثًا ⑥

7. Ne mubeera mmwe (ku Lunaku olwo)  
emitindo esatu:

وَكُنْتُمْ أَزْوَاجًا ثَلَاثَةً ⑦

8. Ogwa bannannyini Ludda olwa ddyo;—  
Kiki ekyayitiriza ekitiibwa kya  
bannannyini kuba ku ddyo?

فَأَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ مَا أَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ ⑧

9. N'ogwa bannannyini kuba ku ludda  
olwa kkono,—Kiki ekyayitiriza  
obubi bw'engeri ya bannannyini  
kuba ku kkono?

وَأَصْحَابُ الْمَشْأَمِ مَا أَصْحَابُ الْمَشْأَمِ ⑨

3. Abo abaali ku nsi nga ba bitiibwa oba bannaggagga abeegulumiza, wano n'okwemalira mu kulafuubanira eby'okufuna n'ebitiibwa by'ensi ng'eno bonoonyi tebatya Katonda ba kufuulwa aba wansi ddala abajolongwa. Ate abo abaali balabibwa nga ba wansi, baavu abatalina bitiibwa ku nsi kyokka nga bakkiriza, abalongoofu, abo ba kubeera ba bitiibwa awali Katonda. Era ba kubeera mu bifo ebya waggulu bayingizibwe mu Jjana.

10. N'abakulemba (mu kukola obulungi ku nsi) be b'okukulemba: وَالشُّقُونَ السُّقُونَ ⑩
11. Abo be bali okumpi ne Katonda. أَوْلِيَاكَ الْمُقَرَّبُونَ ⑪
12. Mu Jjana ez'ebiyengera (Ennyumba Ey'emirembe); فِي جَنَّتِ التَّعْيِيرِ ⑫
13. Ogubinja mu bibiina ebyasooka ثَلَاثَةٌ مِنَ الْأَوْلِيَيْنِ ⑬
14. N'abatono mu kibiina ky'ab'enkomerero (ab'ekibiina kya Nabbi Muhammadi), وَقَلِيلٌ مِنَ الْآخِرِينَ ⑭
15. (Balibeera omwo) nga bali ku bitanda ebyalukwa ne zaabu (n'amayinja ag'emiwendo amalala), عَلَى سُرِّيَرٍ مَوْضُوعَةٍ ⑮
16. Nga beesigamy'e ku byo nga boolekaganye (eno bwe bawaya). مُتَّكِبِينَ عَلَيْهَا مُتَّقِلِينَ ⑯
17. Nga babeetooloola abalenzi abavubuka ab'olubeerera (abaweezeza), يَطُوفُونَ عَلَيْهِمْ وَيُلَدِّئُ الْخُلْدُونَ ⑰
18. N'ebikopo n'ebbinika n'ejjiraasi ezijjude omubisi (omuseeneekerevu) oguva mu nsulo ezikulukuta; يَا كُؤَابٍ وَآبَارِيْقٍ وَكَأْسٍ مِّنْ مَّعِينٍ ⑱
19. Tebagendanga kulumwa mutwe ku lwagwo (omubisi ogwo) era tebalitamiira (ku lw'okugunywa); لَا يَصْدَعُونَ عَنْهَا وَلَا يُنْفُونَ ⑲
20. N'ebibala (ebya buli ngeri) mw'ebyo bye balyagalanga. وَفَاكِهَةٍ مِّمَّا يَتَخَيَّرُونَ ⑳
21. N'ennyama y'ennyonyi mw'eyo gye banaayagalanga. وَلَحِيظٍ مِّمَّا يَكْتَسِبُونَ ㉑
22. N'abakyalala abalungi b'amaaso amanene— وَحُورٍ عِينٍ ㉒
23. Okufaanana nga amayinja ga Luulu akuumirwa (obutiribiri) mu kirema kyago. كَأَمْثَالِ النُّوْلِ الْمَسْنُونِ ㉓

14. Baayitibwa abatono singa ogasse abantu bonna aba Bannabbi abasooka aba iyingira Ejjana, olwo aba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) baba batono.



24. Nga y'empeera y'ebyo bye baalinga bakola (mu kugondera Katonda ku nsi).  
جَزَاءٌ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٤﴾
25. Tebagenda kuwulira mu yo (Ejjana) luyooagaano wadde ebigambo ebibi;—  
لَا يَسْمَعُونَ فِيهَا لَغْوًا وَلَا تَأْتِي مَاءً ﴿٢٥﴾
26. Okuggyako ekigambo, Mirembe! Mirembe.  
إِلَّا قِيلًا سَلَامًا ﴿٢٦﴾
27. Ne bannannyini kuba ku ddyo,— y'eruwa empeera ya bannannyini kuba ku ddyo?  
وَأَصْحَابُ الْيَمِينِ ۗ مَا أَصْحَابُ الْيَمِينِ ﴿٢٧﴾
28. (Balibeera) mu miti egya *As-sidri* egitaliiko maggwa (nga mu bittuluze byamu mwe beewogomye),  
فِي سِدْرٍ مَّخْضُودٍ ﴿٢٨﴾
29. N'ensuku ezissizza amatooke ag'e-biwagu ebiberekaganye,  
وَوَطِيئٍ مَّنْضُودٍ ﴿٢٩﴾
30. N'ebisiikirize ebigazi (ebibuna wonna),  
وَوَطِيئٍ مَّسْدُودٍ ﴿٣٠﴾
31. N'amazzi agafukumuka (obutaddirira),  
وَمَاءٍ مَّسْكُوبٍ ﴿٣١﴾
32. N'ebibala (mu bungi ebya buli ngeri).  
وَوَالِهَةٍ كَثِيرَةٍ ﴿٣٢﴾
33. Si bya kukoma (wabula bibaawo ebbanga lyonna), era si bya kuziyizibwa abyagala (wonna w'aba ayagalidde),  
لَا مَقْطُوعَةٍ وَلَا مَمْنُوعَةٍ ﴿٣٣﴾
34. N'ebyaliiro ebya waggulu.  
وَوُتُورٍ مَّرْقُوعَةٍ ﴿٣٤﴾
35. Mazima ffe twatonda abakyala b'omu Jjana olutonda (olulungi olw'enjawulo).  
إِنَّا أَنشَأْنَهُنَّ إِنشَاءً ﴿٣٥﴾
36. Ne tubafuula embeerera,—  
فَجَعَلْنَهُنَّ أَبْكَارًا ﴿٣٦﴾

25. Mu Jjana temuliba kusaagasaaga okwo okutaliimu makulu wadde ebigambogambo eby'obulimba.

37. Abaganzi eri babbaa bwe, abatemera mu myaka egimu,—

عَرَبًا أَتْرَابًا ②

38. Nga b'abo bannannyini kuba ku ddyo.

لَا ضَعْفَ الْيَمِينِ ③

39. Ekibinja mu bibiina ebyasooka.

ثَلَاثَةٌ مِنَ الْأَوَّلِينَ ④

40. N'ekibinja mu kibiina eky'enkomerero (ab'omulembe guno ogwa Nabbi Muhammadi).

وَتَلَاثَةٌ مِنَ الْآخِرِينَ ⑤

41. Ne bannannyini kuba ku ludda olwa kkono,—biri bitya ebibonyobonyo by'abali ku ludda olwa kkono?

وَأَصْحَابُ الشِّمَالِ كَمَا أَصْحَابُ الشِّمَالِ ⑥

42. (Balibeera) mu kikunngunta ayokya, n'amazzi ageeseze (ag'olweje),

فِي سَمُورٍ وَحَمِيرٍ ⑦

43. Era nga bali mu kisiikirize ky'omukka ogwokya omuddugavu zzigizigi.

وَذَلٌّ مِّنْ يَّحْمُورٍ ⑧

44. Si kya (kuleeta ku) bunnyogovu wadde okulabika obulungi.

لَا بَارِدٌ وَلَا كَرِيمٌ ⑨

45. Olw'okubanga mazima bo baali (ku nsi) oluberyeberye lwa bino nga (bali mu kwejalabya) abayitirivu mu kwonoona.

إِنَّهُمْ كَانُوا قَبْلَ ذَلِكَ مُتْرَفِينَ ⑩

46. Era baalinga baguggubirira ku kibi ekinene (mu kiseera bwe baalayiranga enkaliriza nti tewali Kuzuukira)!

وَكَانُوا يُصِرُّونَ عَلَى الْحِنثِ الْعَظِيمِ ⑪

47. Era baalinga bagamba nti: Olwo bwe tuliba nga tufudde ne tuba ettaka n'amagumba, mbu ddala tuli ba kuzuukizibwa nate?—

وَكَانُوا يَقُولُونَ: إِنَّا أَمْنَا وَكُنَّا تَرَابًا وَعِظًا مَّاءَ إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ ⑫

48. Wamu ne bakitaffe abaasooka?

أَوَابًا وَنَا الْأَوَّلُونَ ⑬

49. Bagambe Ggwe Muhammadi nti: Ddala (bwe kiri). abaasooka n'aboluwanyuma,

قُلْ إِنَّ الْأَوَّلِينَ وَالْآخِرِينَ ⑭

37—40. Bano nno be b'omutindo ogwokusatu. Mu mutindo guno mwe mugendera abalongoofu bonna ab'omu mirembe gyonna.

50. Bonna ba kukunngaanyizibwa eri endagaano y'ekiseera ky'Olunaku olumanyiddwa. لَجْمُ مَوْمُونٍ إِلَى مِيقَاتِ يَوْمٍ مَعْلُومٍ ٥٠
51. Oluvannyuma Abange mmwe ababuze, abalimbisa (Okuzuukira)!— ثُمَّ إِنَّمَا أَتَيْهَا الضَّالُّونَ الْمَكِيدُونَ ٥١
52. Ddala muli ba kulya ku muti Az-Zakuumu (oguli mu muliro, ogw'amaggwa). لَا تَكُونُوا مِنْ شَجَرٍ مِنْ زُقُومٍ ٥٢
53. Mujjuze nagwo embuto (zammwe), فَمَا لَكُمْ مِنْهَا الْبُطُونَ ٥٣
54. (Okwo) muli ba kunyerako amazzi ageseze (ne gafuuka olweje): فَشَارِبُونَ عَلَيْهِ مِنَ الْحَمِيمِ ٥٤
55. (Ate nga) muli bakunywa ennywa y'engamiya erumwa ennyo ennyonta (era nga buli lunywa ng'ennyonta tewera). فَشَارِبُونَ شُرْبَ الْهَيْمِ ٥٥
56. Olwo nga bwe bugenyi bwabwe, ku Lunaku Lw'okusasulwa! هَذَا أَنزَلْنَاهُ يَوْمَ الدِّينِ ٥٦
57. Ffe twabatonda. Kale lwaki temukkiriza (nga bwe tuyinza okubazaaawo)? نَحْنُ خَالِقُكُمْ فَلَوْلَا نُصَدِّقُكُمْ ٥٧
58. Mulaba ago amazzi (agazaala) ge mufuka mu nnabaana,— أَفَرَأَيْتُمْ مَا تُمْنُونَ ٥٨
59. Abaffe, mmwe mugatondamu (omwana), oba Ffe tugatondamu (nga tugayisa mu mitendera okutuusa lw'abeera omuntu)? أَلَمْ نَكُنْ نَخْلُقُكُمْ أََمْ نَحْنُ الْخَالِقُونَ ٥٩
60. Ffe twabagerera mwenna okufa; era tetuli Ffe ba kulemwa نَحْنُ قَادِرٌ عَلَىٰ أَنْ يُعْطِيَكَ الْمَوْتَ وَمَا نَحْنُ بِمَسْبُوقِينَ ٦٠
61. Okukyusa ebikula byammwe ne tubatandika okubatonda (mu bikula ebirala) bye mutamanyi. عَلَيَّ أَنْ يُبَدِّلَ أَمْرًا لَكُمْ وَتُنشِئَكُمْ فِي مَا لَا تَعْلَمُونَ ٦١

52. Guno gwe gumu ogwo ogwogerwako nga Omuti Ogwakolimirwa mu Ssuula Al-Israa i (17) aya 60. Era ne gwogerwako ne mu Ssuula Asw-Swaffaati (37) aya 62 ne mu Ssuula Al-Ahkaafu (46) mu Aya 43-46.

62. Ddala mumanyi (nga Katonda) bwe yabatandika okubatonda (mu bikula ebirala) bye mutamanyi.

وَلَقَدْ عَلَّمْتُمُ النَّشَأَ الْأُولَىٰ فَكَوَلُوا  
تَدْكُرُونَ ﴿٦٢﴾

63. Abaffe mulaba ebyo bye mulima?

أَفَرَأَيْتُمْ مَا تَحْرُثُونَ ﴿٦٣﴾

64. Abaffe mmwe mubimeza oba Ffe tubimeza?

ءَأَنْتُمْ تَزْرَعُونَ أَمْ نَحْنُ الزَّارِعُونَ ﴿٦٤﴾

65. Singa twagadde ddala twandibifudde ebikaze (ne bimulunguka nga pawuda), nga tebinnakula kale ne muzibya nga muwuniikiridde,

لَوْ نَشَاءُ لَجْعَلْنَاهُ حُطَامًا فَظَلَمْتُمْ تَفَكُّهُنَّ ﴿٦٥﴾

66. (Nga mugamba nti): Mazima ffe tufiiriddwa: (amaanyi gaffe gaafa busa):

إِنَّا الْمَعْرُومُونَ ﴿٦٦﴾

67. Wabula ffe tumiddwa (empeera z'amaanyi gaffe ge twawaayo mu kusiga).

بَلْ نَحْنُ مَحْرُومُونَ ﴿٦٧﴾

68. Abaffe mulaba amazzi ago ge munywa?

أَفَرَأَيْتُمُ الْمَاءَ الَّذِي تَشْرَبُونَ ﴿٦٨﴾

69. Abaffe, mmwe mugassa (ng'enkuba) okugaggya mu bire oba Ffe tugassa?

ءَأَنْتُمْ أَنْزَلْتُمُوهُ مِنَ الْمُزْنِ أَمْ نَحْنُ

الْمُنزِلُونَ ﴿٦٩﴾

70. Singa twagadde twandigafudde ag'omunyo olukalabule: Kale olwo lwaki temwebaza (Katonda ayaga-fuula amannyogovu)?

لَوْ نَشَاءُ لَجْعَلْنَاهُ أَسْفًا لَوْ لَا تَشْكُرُونَ ﴿٧٠﴾

71. Abaffe mulaba omuliro ogwo gwe mukuma?

أَفَرَأَيْتُمُ السَّاءَ الَّتِي تُوْرُونَ ﴿٧١﴾

72. Abaffe, mmwe mwasibula emiti gyagwo, oba Ffe twagisibula?

ءَأَنْتُمْ أَنْشَأْتُمْ شَجَرَتَهَا أَمْ نَحْنُ الْمُنشِئُونَ ﴿٧٢﴾

73. Ffe twagufuula Ekyokujjukiza era nga gwa mugaso eri omutambuze (mu malungu n'emu nsiko: afumbisa n'ayota n'abugunia)

نَحْنُ جَعَلْنَاهَا تَذَكُّرًا وَرَمَاءً لِلْمُنْفِقِينَ ﴿٧٣﴾

74. Kale tendereza erinnya lya Mukama wo Omugulumivu!

فَسَيَسْمِعُ بِأَسْمَارِكَ الْعَظِيمِ ﴿٤٤﴾

75. Ndayira obugwiro bw'emmunyeenye (nakyo kye kiseera ky'ettumbi nga obudde bunaatera okukya),—

فَلَا أَقْسِمُ بِمَوْجِعِ النَّجُورِ ﴿٤٥﴾

76. Era ddala kwo kulayira kunene (ddala) singa mubadde mumanyi,—

وَأِنَّهُ لَقَسَمٌ لَوْ تَعْلَمُونَ عَظِيمٌ ﴿٤٦﴾

77. Okuba ddala (nti eno) yo ye Kuraane Ey'ekitiibwa,

إِنَّهُ لَقُرْآنٌ كَرِيمٌ ﴿٤٧﴾

78. Eri mu Kitabo (ekikolo kyayo ekiri awali Katonda) ekikuumibwa obutiribiri, (*Al-Lawhul-l-Mahfuudhu*),

فِي كِتَابٍ مَّكْنُونٍ ﴿٤٨﴾

79. Takikwatako okuggyako abatukuvu:

لَا تَمْسَسُهَا إِلَّا الْمَطَهَّرُونَ ﴿٤٩﴾

80. Yakka nga eva eri Omulezi w'ebitonde.

تَنْزِيلٌ مِّن رَّبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٥٠﴾

81. Abaffe ku bino ebigambo (bya Kuraane) mmwe bye mulagajjalira?

أَفَبِهَذَا الْحَدِيثِ أَنْتُمْ مُدْهِنُونَ ﴿٥١﴾

82. Ne mufuulira ddala okugirimbisa nga (kwe kwebaza kwammwe kw'ekyo) ekyokufuna kyammwe (Katonda kye yabawa)?

وَتَجْعَلُونَ رِزْقَكُمْ أَنْتُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٥٢﴾

83. Olwo nno lwaki (temugugaana kuvaamu) mu kiseera bwe gutuuka mu ddookooli (omwoyo gw'omuntu aba afa),—

فَلَوْلَا إِذْ أَبْلَغْتَ الْحَلْقُومَ ﴿٥٣﴾

84. Nga nammwe mu kiseera ekyo (mutudde awo butuuzi), mutunuu-lira,—

وَأَنْتُمْ حِينِيذٍ تَنْظُرُونَ ﴿٥٤﴾

85. Naffe Ffe (tuba) tusinga okuba okumpi naye okusinga mmwe, naye temulaba,—

وَنَحْنُ أَقْرَبُ إِلَيْهِ مِنْكُمْ وَلَكِنْ لَا تُبْصِرُونَ ﴿٥٥﴾

86. Kale lwaki (temugumuzzaamu omwoyo ogwo) bwe muba nga mmwe temuli ba kulamulwa muvunaanibwe,—

فَلَوْلَا إِنْ كُنْتُمْ غَيْرَ مَدِينِينَ ﴿٥٦﴾

87. Kale mwandiguzzizzaayo (mu mubiri gwagwo) bwe muba ab'amazima (mu kye mwogera nti temuli mu buyinza Bwange)?
88. Naye bw'abeera nga (oyo omuntu aba afa) yali mu basembezebwa okumpi (ne Katonda),
89. Awo aba mu kwesiima na kuwummula mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe)
90. Naye bw'aba (oyo afa) nga yali mu bannannyini kuba ku ludda olwa ddyo,
91. (Bamalaika bamuyozaayoza nga bamugamba nti): Emirembe gibe gy'oli okuva mu bannannyini kuba ku ludda olwa ddyo.
92. Wabula bw'abeera nga yali mu balimbisa (Amazima), ababuze,
93. (Bw'aty) obugenyi bwe bwa mazzi ageeseze ne gafuuka olweje,
94. Na kwesogga muliro ogwokya ennyo *Al-Jahiimu*.
95. Mazima ebyo ebyogeddwa go ddala ge mazima, amakakafu.
96. Kale nno tenderezanga erinnya lya Mukama wo Omunene, Eyagulumira.
- تَرْجِعُونَهَا إِنْ لَسْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٨٧﴾
- فَأَمَّا إِنْ كَانَ مِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴿٨٨﴾
- فَرَوْحٌ وَرِيحٌ أَيْ وَجَّهَتْ نَعِيمٍ ﴿٨٩﴾
- وَأَمَّا إِنْ كَانَ مِنْ أَصْحَابِ الْيَمِينِ ﴿٩٠﴾
- فَسَلَامٌ لَكَ مِنْ أَصْحَابِ الْيَمِينِ ﴿٩١﴾
- وَأَمَّا إِنْ كَانَ مِنَ الْمَكْدُوبِينَ الضَّالِّينَ ﴿٩٢﴾
- فَقُرْءٌ مِنْ حَبِيبٍ ﴿٩٣﴾
- وَتَصْلِيَةٌ جَاجِيَةٍ ﴿٩٤﴾
- إِنَّ هَذَا لَهُوَ حَقُّ الْيَقِينِ ﴿٩٥﴾
- فَسَبِّحْ بِاسْمِ رَبِّكَ الْعَظِيمِ ﴿٩٦﴾

87. Okuyunga awamu amakulu ga aya zino kwe kugamba nti: Bwe muba nga muwakanya obubaka n'okubaayo kw'Okuzuukira n'Okulamulwa, ne mugamba nti mmwe temuli mu buyinza bwa Katonda, olwo lwaki temuyinza kuzzaamu mwoyo mu mubiri gw'oyo aba afa, mu kiseera mwenna we mumwekulumulirako ne mumwebungulula mu kifo awo w'aba afira?

Ekikakafu kyo kiri nti muli mu buyinza bwa Katonda. N'Olunaku Lw'okulamulwa gye luli, olwo Olunaku lwe mulivunaanwa olw'ebikolwa byammwe bye mukola kuno ku nsi.

## EBIFA KU SSUULA AL-HADIID MU BUFUNZE (57)

Essuula eno yakkira Madiina; nga eyitibwa *Al-Hadiid* okusinziira ku kigambo ekiri mu aya 25. Mu kiseera we yakkira waali wakyaliiwo obwetaavu bwa maanyi eri Abasiiraamu okwekamba beeweeyo balwane entalo z'eddiini balyoke basiguukululirewo ddala obulumbaganyi n'effujjo ly'abatakkiriza abo mu kiseera ekyo abaali bakyabunye mu Buwarabu.

Ekikulu eky'ennono Obubaka kwe bussa essira kwe kulyowa n'okugumya emyoyo gy'Abakkiriza nga eno bwe bajjukanyizibwa Ebitone n'Obuyinza bwa Katonda Omutonzi basobole okubyesembesa beeyongere okunywerera ku kumusinza n'okumugulumiza nga bakola ebyo byokka by'asiima. Obubaka bukubiriza baweeyo mu Kkubo lya Katonda era nga eno bwe bubawabula bakikakate nti Obusiraamu tubukoma ku kya kwatula kwokka nti ndi Musiraamu oba gamba okwoleka kungulu nga bw'oli Omusiraamu wabula omulamwa era ennono yaabwo kwe kuba n'Amazima agatawunjukako eri Katonda Omutonzi n'Ediini Ye. Ebiyigibwa mu Bubaka bw'Essuula bye bino: Omuntu tasaanye kwewala kuwaayo mu Kkubo lya Katonda kubanga ekyo si kikolwa kya Bukkiriza ate nga n'emmaali gy'aba akodowalira Nnyinyiyo ye Katonda kagimuwa. Ng'ate ne mu nkomerero ng'omuntu afudde emmaali eyo eddira Katonda Oyo asikira buli kintu mu Bwengula—Emmaali yokka egasa omuntu y'eyo gy'atoola n'awaayo mu Kkubo lya Katonda mu bulamu bwe. Ekirala: Wadde nga okwera omuntu n'awaayo ku lwa Katonda kisiimibwa naye omugaso gwennyini ogw'okuwaayo gusinziira ku mbeera oli mw'aweerayo ky'atodde—waliwo ekiseera obuyambi mwe buba businga okwetaagirwa bw'etyo n'empeera ya sadaaka eziwebwayo esinziira ku bwetaavu bw'obuyambi ekiseera oli mw'abeerera aawereddeyo. Sadaaka eweebwayo mu kiseera ekyakazigizigi y'esinga empeera eri Katonda okusinga eyo eweebwayo mu biseera eby'emirembe.


Era tuyigamu ekigamba nti kyonna oli ky'awaayo ku lwa Katonda aba awoze Katonda bbanja era nga Katonda wa kukimusasula amwongeremu amagoba—Abakkiriza abo abawaayo ku lw'okusitula Eddiini ya Katonda kuno ku nsi be balyakirwa Ekitangaala mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Abo abatafaayo ku kya kusitula Ddiini ya Katonda ba kwawulibwa ku Bakkiriza babalirwe mu batakkiriza ssi nsonga wadde ku nsi baabanga bumu. Abakkiriza beekesebwa buteeyisa ng'abo abaawebwa Ebitabo ebibiberebere nga Kuraane tennakka abo abasalawa okusinza ebyokufuna kw'ensi ne bakodowalira Katonda n'emitema gyabwe ne gikakanyalira eri obutakkiriza Katonda n'Obubaka Bwe: sso nga Abakkiriza Amazima abatuufu mu maaso ga Katonda be bo abawaayo mu Kkubo lye mu bukakafu bw'omwoyo gw'okuwaayo so si okwera obwerazi. Bwo obulamu bw'oku nsi kuno bwa luwunguko era bulinga mizannyo na binyumu oba matiribona g'okwejalabya, sso nga bwo Obulamu Obw'oluvannyuma bwe bugendererevu obw'okusigalawo olubeerera, n'olweko abantu basaanye bavuganye nga baluubirira Ejjana y'omu Bulamu Obw'oluvannyuma.

Era Essuula etuyigiriza nga buli kirungi kyonna oba obuzibu bwonna omuntu bw'atuukako mu nsi muno, bw'eri engereka ya Katonda eyamugerekerako buli ekimutuukako, n'olwekyo omukkiriza ow'amazima taterebuka ng'atuukiddwako obuzibu era teyewaga na kwewulira bw'afuna ebirungi mpozzi abakola batyo be bannanfuusi.

Essuula ewunzika n'okutegeeka nga Katonda bwe yatama Ababaka Be bangi n'obubonero obw'enkukunala n'Ebitabo n'Amateeka abantu balyoke babikolereko; era mu kubuulira kw'Ababaka abo waliwo abantu abamu abaaogerera ne bakwata Ekkubo Ettuufu ate abasinga obungi ne baguggubirira mu bwonoonyi. Mu Babaka abo mwe mwali Nabbi Issa (a.s.) oyo okubuulira kwe okwalimu ebyokuyiga bingi eri obulongoofu

bw'abantu; wabula bo abagoberezi be ne babukyamyama oluvannyuma ne bagunjawo omuze ogw'obusossodooti ogwo ogw'okwekomomma ne beeresaa eby'ensi mbu olwo basobole okusinza Katonda obutuufusso nga Issa (a.s.) teyakibalagira. Essuula esambajja ekikolwa ekyo n'ebawabula nti olwo si lwe luwenda olusaamu olw'okunoonyezaamu Okusiima kwa Katonda era si kwe kumusinza okutuufu. Essuula w'ewunzikira nga egamba nti: Nabbi Muhammadi (s.a.w.) atumiddwa eri bantu bonna—Abo abamukkiriza era ne batya Katonda ba kusalwa empeera ensuffu, wadde nga bo abaaawebwa Obubaka oluberebere beebala okuba nga ebyengera bya Katonda byonna byemalidde bo so ng'ate si bwe kiri, kubanga Katonda Nnyini byengera abiwa oyo yenna gw'asiimye.





## ESSUULA AL-HADIIDI (57)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 4 ne Aya 29

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Byayawula Katonda nga bimute-ndereza ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi: Naye y'Ow'ekitiibwa, Omukakasa (w'ebigambo).
2. Ye nnanyini bufuzi bw'eggulu n'ensi; y'agaba obulamu era n'abuggyawo; Naye Muyinza ku buli kintu.
3. Ye ye Yasookawo era y'Ow'enkomerero (ow'okusigalawo obugenderovu), era ye Mweyolefu (ayeyolekera mu buli kintu) era ye Ow'omunda (Omwekusifu atalabwako); Naye Amanyi buli kintu.
4. Ye yatonda eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga; bwe yamala n'akkalira ku *Al-Arushu*. Amanyi ebyo byonna ebiyingira mu nsi n'ebyo ebivaamu n'ebyo ebikka okuva mu ggulu n'ebyo ebirinnya mu lyo; Naye Ali wamu nammwe buli wonna we muba muli. Ne Katonda alaba ebyo byonna bye mukola.
5. Ye nnanyini bufuzi bw'eggulu n'ensi: n'eri Katonda ebigambo (byonna) gye bidda.
6. Abuliza ekiro mu musana n'abuliza omusana mu kiro; Naye Y'amanyi

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَبَّحَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ  
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ①

لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ يَعْلَمُ  
وَيْبُئُتُ ۗ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ②  
هُوَ الَّذِي أَنزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَخْرَجْنَا  
بِهِ نَبَاتًا ۗ وَهُوَ جَلِيلٌ عَلِيمٌ ③

هُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ فِي  
سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَىٰ عَلَى الْعَرْشِ ۗ  
يَعْلَمُ مَا كَلِمَةٍ فِي الْأَرْضِ وَمَا يَخْرُجُ  
مِنْهَا وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَرْجُ  
فِيهَا ۗ وَهُوَ مَعَكُمْ أَيْنَ مَا كُنْتُمْ ۗ وَاللَّهُ  
بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ④

لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ وَإِلَى اللَّهِ  
تُرْجَعُ الْأُمُورُ ⑤

يُولِجُ اللَّيْلَ فِي النَّهَارِ وَيُؤَلِّجُ النَّهَارَ

(byonna) ebiri mu bifuba (by'abaddu Be).

7. Mukkirize Katonda n'omubaka We, era mugabe nga muggya kw'ebyo (Katonda) bye yabafuulira abasigire mu byo. Abo nno abakkiriza ne bagaba (kw'ebyo Katonda bye yabawa) balina empeera nnene (awali Katonda).

8. Mulina ki mmwe obutakkiriza Katonda? Nga n'omubaka abakoo-woola mukkirize Mukama wammwe, ate nga mazima yabaggyako dda endagaano yammwe (ey'okumukkiriza). Bwe mubeera abakkiriza (kale mukkirize).

9. Ye Y'oyo assa ku muddu We (era omubaka we Muhammadi) ebigambo ebinyonyofu, alyoke abaggye mu kizikiza (ky'obubuze okubazza) eri ekitangaala (ky'obulungamu); era mazima ddala Katonda Mukwatampola ku mmwe, Musaasizi.

10. Mulina ki mmwe ekibagaana okugaba mu kkubo lya Katonda, nga bwa Katonda Obusika bw'eggulu n'ensi? Tebenkanankana (na balala) mu mmwe abo abawaayo olube-ryeberye nga Okuwangula (Makka) tekunnabaawo (ne bateekako) n'okulwana (ku lw'okusitula eki-

فِي الْيَلِّ وَهُوَ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑦

أَمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَأَنْفِقُوا مِمَّا جَعَلَكُمْ مُسْتَحْلِقِينَ فِيهِ فَالَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَأَنْفَقُوا لَهُمْ أَجْرٌ كَبِيرٌ ④

وَمَا لَكُمْ لَا تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالرَّسُولِ يَدْعُوكُمْ لِلْحَيَاةِ الدُّنْيَا بِرِئَاْسَتِهِمْ وَقَدْ أَخَذَ مِنْتُمْ أَمْوَالَكُمْ إِنَّ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ⑧

هُوَ الَّذِي يُزِيلُ عَلَى عَبْدِهِ آيَاتِ بَيِّنَاتٍ لِيُخْرِجَكُم مِّنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ وَإِنَّ اللَّهَ بِكُمْ لَعَرُوفٌ رَّحِيمٌ ⑨

وَمَا لَكُمْ أَلَّا تُنْفِقُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلِلَّهِ مِيرَاتُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ لَا يَسْتَوِي مِنْكُمْ مَن أَنْفَقَ مِنْ قَبْلِ الْفَتْحِ وَقَاتَلٌ أُولَئِكَ أَعْظَمُ دَرَجَةً مِّنَ الَّذِينَ أَنْفَقُوا

10. Katonda agambibwa nti ye Nnanyini Busika lwa kubanga y'asigaza ebintu ebiri mu ggulu ne mu nsi oluvannyuma lw'okuzikirira ebitonde byonna n'asigalawo yekka.

Mazima abo abawaayo emmaali yaabwe ne bateekako n'okulwana nga balwanirira Obusiraamu mu biseera ebya kazigizigi ne kanaayokyani, bwe bwali nga bukyatubidde mu buzibu nga buyiganyizibwa wano na wali, nga n'ababulwanirira bakyali batono; era nga tebulina bufuzi wadde amaanyi: Balina enkizo nnene kw'abo abawaayo emmaali yaabwe ne balwana oluvannyuma lw'Obusiraamu okusimba amakanda ne butebenkerana n'okuwangula abalabe baabwo wamu n'oluvannyuma lw'okufuna ababulwanirira abangi, ab'amaanyi. Wabula buli omu alina empeera ezimusaanira, Katonda ze yamutegekera.

Olw'ekyo, Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mundekere bannange! Ndayidde Katonda alina, omwoyo gwange mu mukono Gwe! Wadde omu mu mmwe k'aweeyo Zzaabu (entuumu) ayenkana ensozi,

gambo ky Katonda). Abo be basinza eddaala eddene okusinga abo abaa-waayo emmaali yaabwe (oluvannyuma lw'Okuwangula Makka, era) ne balwana. Wabula buli omu mu bo (abo ab'emiteeko ebiri) Katonda yamulagaanyisa (okumusasula) obulungi (awamu n'okusinngana mu madaala gaabwe). Ne Katonda Amanyi ebyama by'ebyo bye mukola.

11. Ani oyo anaawola Katonda (nga awaayo emmaali ye mu kkubo Lye) oluwola olulungi, olwo amwongezemu (mu mmaali ye) emirundi n'emirundi era alina empeera ey'ekitiibwa (mu Bulamu Obw'oluvannyuma).

12. Olunaku lw'oliraba nga abakkiriza abasajja n'abakazi, nga kibakulembedde ekitangaala kyabwe wakati mu maaso gaabwe nga ne ku ddyo waabwe, (nga bamalayika babagamba ni): Okusanyusibwa kwammwe Olwa leero: Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) gikulukutira wansi waayo, emigga (nga muli) ba kubeera mu yo lubeerera! Okwo kwe kwesiima okunene!

13. Olunaku abannanfuusi abasajja n'abakazi lwe baligamba abo aba-

temwandituuse mirimu gyabwe". N'abo be bo abakkiriza Nabbi nga akyali mu Makka, tannase-ngukira Madiina. Ekyo lwa kubanga abakafiiri b'omu Makka baamuyigganya nnyo nga kw'otadde okumwekabila n'okumwekokkola wamu n'abagoberezi be.

11. Singa omuntu awaayo emmaali ye awatali kunoonya bitibwa na magoba mu kuwaayo okwo, nga agiwaayo nga Saddaaka oba Zakka ne mu ngeri endala zonna ez'okusitula Eddiini ya Katonda, oyo Katonda agikubisaamu emmaali ye n'eyala okusingawo ng'akyaali ku nsi kuno. Atc ku Nkomerero n'asasulwa empeera ennungi, ey'ekitiibwa.

12. Mu aya eno Katonda yategeeza nga Abakkiriza bwe balibecra mu kitangaala ekiryakiranga mu maaso gaabwe ne ku ddyo waabwe ku lw'okukkiriza kwabwe kwe bakkiriza Katonda nga bali ku nsi, n'emirimu emirungi gye baakolanga: egyo egyabasobozesa okuyita ku *Assiraatwa* (olutindo oluli ku muliro) nga bagenda mu Jjana, Ennyumba Ey'emirembe. Era ekitangaala ekyo kigendanga kugererwa ku birungi byabwe bye bakola ku nsi. Oyo alisinganga ebirungi era y'alisinganga ekitangaala.

مَنْ بَعْدَ وَقَاتِلُوا وَكَرَّ اللَّهُ وَعَدَّ اللَّهُ  
الْحَسَنَى وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ١١

مَنْ ذَا الَّذِي يُعْرِضُ اللَّهَ قَرَضًا حَسَنًا  
يُضِعُّهُ لَهُ وَلَهُ أَجْرٌ كَرِيمٌ ١١

يَوْمَ تَرَى الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ يَسْعَى  
نُورَهُمْ بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَبِأَيْمَانِهِمْ بُشْرَانُكُمْ  
الْيَوْمَ تَجْرَى مِنْ تَحْتِهِمُ الْأَنْهَارُ  
خَالِدِينَ فِيهَا ذَلِكَ هُوَ الْقَوْلُ الْعَظِيمُ ١٢

يَوْمَ يَقُولُ الْمُتَّقُونَ وَالْمُتَّقَاتُ لِلَّذِينَ

kkiriza: Mututunuulire tufune ku kitangala kyammwe! Baligambibwa (nga bakudaalirwa) nti: Muddeeyo emabega wammwe (gye muva) munoonye ekitangaala (ekyammwe, oba olyawo mwandikifuna)! Olwo ne wateekebwawo wakati waabwe olukomera nga lulina omulyango nga munda walwo mulimu okusaasira ate nga wabweru walwo ku ludda lwalwo (wonna) waliyo (bukambwena) bibonyobonyo.

14. (Awo abannanfuusi) babakoowoole (abakkiriza nga babagamba) nti: Tetwali wamu nammwe (ku nsi)? (Abakkiriza) babagambe nti: Bwe kiri (twali nammwe); naye mazima mmwe ne mwesuula mu kikemo mwekka (ne mwezikiriza olw'obunnannanfuusi, oluvannyuma lw'okunywegera Obusiraamu ne mubeeranga nga) mulindirira (akabi akanaagwa ku bakkiriza kabazikirize) ne mubusabusu mu ddiini; okwagala kwammwe (okutaliimu nsa) ne kubagayaaza (nga mulowooza nti muli bulungi) okutuusa okutuuka kw'Ekiragiyo kya Katonda (Iwe kubaddewo, okufa ne kubatuukako). Ne kibagayaaza ku Katonda ekigayaaza.

أَمْوَا انظُرُوا نَقْتَسِسُ مِنْ نُورِكُمْ  
قِيلَ ارْجِعُوا وَرَأَى لَكُمْ فَالْتَسُوا نُورًا  
فَضْرِبَ بَيْنَهُمْ سُورَةَ بَابِ طَابُطُهُ  
فِيهِ الرَّحْمَةُ وَطَاهِرَةٌ مِنْ قِبَلِهِ  
الْعَدَابُ ١٦

يَنَادُ وَهُمْ أَلَمْ تَكُنْ مَعَكُمْ قَالُوا بَلَى  
وَلَكِنَّكُمْ فَتَنْتُمْ أَنْفُسَكُمْ وَتَرْتَضَوْنَ  
أَنْتُمْ وَتَعْتَدُونَ الْأَمَانِي حَتَّى جَاءَ أَمْرُ  
اللَّهِ وَعَزَّ وَجَلَّ اللَّهُ الْعَزُورُ ١٦

14. Abannanfuusi be bo abaagwa mu kikemo ky'okuba abakuusa ab'enkulu ebbiri nga bamaze okuyingira Obusiraamu olw'okwemanya n'okwekuluntaza; ekyo kyabaletera okukola ebivve n'e-birala ebya mbyone mu nsi olw'omwoyo omukuusa. Buli kirungi Abasiraamu kye baafunanga bo baabaagalizangamu kibi, buli kiseera nga baba mu kufuuyirira nwe Abakkiriza bafaafaaganirwe okwo tebaggyangako bo bennyini kwenyigira na kujjumbira nkwe za kusaanyaawo Busiraamu. Be bo be bamu abaalbulwanga nga batiisibwa ebibonyobonyo bya Katonda eri abonoonyi kyokka bo nga babuusabuusa n'okubaawo kwa Katonda era nga babuusabuusa Ekisa Kye ky'alina ku bitonde Bye, teekako Amazima Ge n'Obwenkanya n'Oluaku L.w'okuzuukira. Bakalibukuusa abo baakoleranga ku kwagala kwabwe ne batafaayo kukoza Ndowooza nnungamu ey'Amazima. Baweewba ebyokulabirako bingi n'okubuulirirwa bayigireko balunngame naye bo ne becyongera kwebbika mu nkonko za bubuze na bwonoonyi okutuusa ku Ssaawa y'okufa, n'oluvannyuma Essaawa y'Okulamulwa n'egwawo nga tebezzeeko, ate nga n'okwenenya olwo tekukyasoboka.

Sitaane yagayaaza abannanfuusi okutuusa lwe basuuliddwa mu muliro olwo ne bajjuuka wamu n'okwejjusa—kyokka ng'ebyo byonna tebikyabagasa.

15. Olwa leero temujja kuggyibwako nnuuzi (ne bwe muba nayo) wadde kw'abo abaagaana okukkiriza (Katonda n'Obubaka Bwe). Obuddo bwammwe muliro; gwo gwe gubaasaanira: obuddo obusinga obubi bwe bwo!

فَالْيَوْمَ لَا يُؤْخَذُ مِنْكُمْ فِدْيَةٌ وَلَا مِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا مَا أُرْسِلُوا فِيكُمْ وَيُسْأَلُونَ ١٥

16. Abaffe, tekituuse ekiseera ky'abo abakkiriza okuba nga emitima gyabwe gigonda ku lw'okwogera ku Katonda ne ku lw'ebyo ebiba bisse eby'Amazima (Quraane)?—So ne bataba nga abo Abaweebwa Ekitabo (Tauraati n'Enjiri) oluberyeberye (ne bakikozesa) kyokka ebbanga ne libawanvuyira (eryayitawo nga babikozesa) n'ekyavaamu emitima gyabwe ne gikakanyala, n'abasinga obungi mu bo bonoonyi.

أَلَمْ يَأْنِ لِلَّذِينَ آمَنُوا أَنْ تَخْشَعَ قُلُوبُهُمْ لِذِكْرِ اللَّهِ وَمَا نَزَلَ مِنَ الْحَقِّ وَلَا يَكُونُوا كَالَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ مِنْ قَبْلُ فَطَالَ عَلَيْهِمُ الْأَمَدُ فَقَسَتْ قُلُوبُهُمْ وَكَثِيرٌ مِنْهُمْ فَاسِقُونَ ١٦

17. Mumanye nti mazima Katonda alama ensi luvannyuma lw'okufa (okukala) kwayo. Mazima Ffe tubannyonyodde obubonero Bwaffe oba olyawo ne mutegeera.

إِعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَحْكُمُ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِكُمْ لَا قَدَرِينَ لَكُمْ أُولِي الْأَرْثِ لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ١٧

18. Mazima abo abasajja n'abakyala abasaddaaka ne bawola Katonda oluwola olulungi, (Katonda) abongeza (mu mmaali yaabwe) emirundi n'emirundi (muno mu nsi) era balina empeera ey'ekitiibwa (ku Nkomerero).

إِنَّ الْمَصَدِّقِينَ وَالْمَصَدِّقَاتِ وَأَقْرَبُوا اللَّهُ قُرْصًا حَسَنًا يُضْعَفُ لَهُمْ وَلَهُمْ أَجْرٌ كَرِيمٌ ١٨

19. N'abo abakkiriza Katonda n'ababaka Be (bonna be yatuma). bo be bakkiriza ab'amazima, n'abajulizi abaaifiira mu ntalo z'eddiini balina empeera yaabwe n'ekitangaala kyaabwe awali Mukama waabwe: N'abo abaagaana okukkiriza ne balimbisa obubonero Bwaffe, abo be bannannyini kuyingira muliro.

وَالَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ أُولَئِكَ هُمُ الصِّدِّيقُونَ وَالشَّهَادَةُ عِنْدَ رَبِّهِمْ لَهُمْ أَجْرُهُمْ وَنُورُهُمْ وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ١٩

16. Ekiseera omuntu w'asingira ddala okwetaagisibwa okutendereza ennyo Katonda ky'ekyo w'afunira obuwanguzi n'ateewulukuka ku kizibu kyonna ekiba kimubaddeko.

20. Mumanye nti mazima obulamu bw'ensi muzannyo na binyumu na kwenyiriza na kweraga mu kwewaana (nga mukuubagana) wakati wammwe (mu kugujuubanira) okwaza emmaali n'abaana (sso ng'ebyo tebiyiza kubawangaaza lubeerera); Birinnganga enkuba ebimera byayo (by'emeza n'ebisibula ne bitinta) ebisanyusa omulimi, nate oluvannyuma ne bikula n'obiraba nga byengeredde n'ekiddako ne bikala n'ekisembayo ne bifuuka ebisusunku. Ne mu Bulamu Obw'enkomero waliyo ebibonyobonyo ebityirivu (kw'abo abonoonyi), n'Okusonyiwa okuva eri Katonda n'Okusiima. (Kwe, eri abo abalongoofu), sso nga tebuli (bwo) obulamu bw'ensi wabula ekintu ekyeyagaza ekiseera obuseera, ekigayaza.

21. Mweyunire nga muvuganya okulaga eri Okusaasira okuva eri Mukama wammwe n'Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) obugazi bwayo obwenkana nga obugazi bw'eggulu n'ensi, eyateekerwateekerwa abo abakkiriza n'ababaka Be: Ebyo, kwe kugaba kwa Katonda kw'awa oyo gw'ayagadde, ne Katonda ye Nnannyini Bigabwa ebinene (ebitakomekke-rezeka).

22. Tewali kabi kagwawo mu nsi wadde (okugwa) ku mmwe mwennyini wabula nga kaawandiikwa mu Kitabo (kya Katonda ekiri w'Ali) oluberyebereye nga tetunnaba kukateekawo—Ddala ekyo kyangu ku Katonda:

اعْلَمُوا أَنَّمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا لَعِبٌ وَلَهْوٌ  
وَزِينَةٌ وَتَفَاخُرٌ بَيْنَكُمْ وَتَكَاثُرٌ فِي  
الْأَمْوَالِ وَالْأَوْلَادِ كَمَثَلِ غَيْثٍ آجَبَ  
الْكُفَّارَ نَبَاتُهُ ثُمَّ يَهْبِطُ فَتَرَاهُ مَضْفَرًا  
ثُمَّ يَكُونُ حُطًا مَاءً فِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ  
شَدِيدٌ وَمَغْفِرَةٌ مِنَ اللَّهِ وَرِضْوَانٌ  
وَمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا مَتَاعٌ الْخُرُورِ ﴿٢٠﴾

سَالِقُوا إِلَىٰ مَغْفِرَةٍ مِّن رَّبِّكُمْ وَجَنَّةٍ  
عَرْضُهَا عَرْضُ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ أُعِدَّتْ  
لِلَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ ذَٰلِكَ فَضْلُ  
اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ  
الْعَظِيمِ ﴿٢١﴾

مَا أَصَابَ مِنْ مُّصِيبَةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَا  
فِي أَنْفُسِكُمْ إِلَّا فِي كِتَابٍ مِّن قَبْلِ أَنْ  
نَبْرَأَهَا إِنَّ ذَٰلِكَ عَلَى اللَّهِ سَيِّرٌ ﴿٢٢﴾

22. Obulwa bwonna obugwawo mu nsi, okugeza ng'enjala, obulwadde oba olutalo oba obwawo n'okufa, tebugwawo wabula byonna nga Katonda yabiwandiika dda mu kitabo Kye omwalaalikirwa buli kintu; ekiseera kyakyo eky'okugwawo nga tekinnatuuka.

23. Muleme okunakuwala ennyo ku lw'ekyo ekiba kibasubye era muleme kusanyuka okusanyuka okw'okwera ga ku lw'ebyo by'abawadde. Ne Katonda tayagala buli mwerazi, omwewulize, —

لَيْسَ تَأْسَؤُا عَلَ مَا فَاتَكُمْ وَلَا تَفْرَحُوا  
بِمَا أَنْتُمْ وَاللَّهُ لَا يُحِبُّ كُلَّ مُخْتَالٍ  
فَخُورٍ ﴿٢٣﴾

24. Abo abakodowala (era) ne balagira abantu obukodo. N'oyo ava (ku kugondera Katonda n'akola by'atayagala) mazima Katonda (talina ky'amwetaagako) kubanga Ye ye Mugagga, Atenderezebwa.

الَّذِينَ يَبْخُلُونَ وَيَأْمُرُونَ النَّاسَ  
بِالْبُخْلِ وَمَنْ يَتَوَلَّ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ  
الْعَنِيُّ السَّوِيدُ ﴿٢٤﴾

25. Kikakafu ddala mazima twatuma Ababaka Baffe n'ebyamagero eby'enkukunala (ebiraga amazima gaabwe), ne tussa awamu nabo Ebitabo n'Ebipimo eby'Obwenkanya. Abantu balyoke bayimirire ku bwenkanya, era ne tussa ebyuma nga birimu amaanyi mayitirivu ku lutalo era nga birimu emigaso nfaafa ku bantu, era (yakola atyo) Katonda alyoke amaanye oyo anaamutaasa n'ababaka Be (ku lw'okutaasa Eddini Ye); awamu n'obutamulabako. Mazima Katonda wa Maanyi, Ow'ekitiibwa.

لَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلَنَا بِالْبَيِّنَاتِ وَأَنْزَلْنَا مَعَهُمُ  
الْكِتَابَ وَالْمِيزَانَ لِيَقُومَ النَّاسُ بِالْقِسْطِ  
وَأَنْزَلْنَا الْحَدِيدَ فِيهِ بَأْسٌ شَدِيدٌ وَمَنْ  
مَتَأْتِرُ النَّاسَ وَلِيَعْلَمَ اللَّهُ مَنْ يَتَّبِعُهُ  
رُسُلَهُ بِالْغَيْبِ إِنَّ اللَّهَ قَوِيٌّ عَزِيزٌ ﴿٢٥﴾

26. Era ddala twatuma (Nabbi) Nuuhu ne Ibrahiimu ne tuteeka mu zzadde lyabwe Obwannabbi n'Ekitabo: mu bo (abazzukulu) mulimu ayalu-

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا وَإِبْرَاهِيمَ وَجَعَلْنَا  
فِي ذُرِّيَّتِهِمَا النُّبُوَّةَ وَالْكِتَابَ فَمِنْهُمْ

24. Abantu abamu bakalibukodo tebawaayo saddaaka oba Zakka oba mu kintu kyonna eky'o-kuyamba abanaku n'abali mu buziibu. Mu ngeri y'emu bakubiriza abalala baleme kuwaayo na kuyamba nga baggya mu mmaali yaabwe; wabula Katonda ategeza nti singa bakodowala baba beekodowalira bokka tewaba ngeri yonna gye bakosaamu kkubo lya Katonda kubanga ye Mugagga talina kye yeetaga kyonna wadde ekyo ky'abeegyaaako. Ye talemwa ajja kufunawo engeri endala n'amakubo mw'anaayambira abaddu Be ab'enfuna ennafu. Ye y'agwanira okutenderezebwa kwonna ku lw'okulabiriranga n'okuyimirizaawo ebitonde Bye.

25. Ekigendererwa n'okussa ebyuma, kwe kussa okugera Kwe, Katonda Omugulumivu n'atondawo ebyuma ebyeyambisibwa ku lutalo ne mu ddembe nga bwe kirabika kati nga emigaso gy'omuntu egisinga n'eddembe lye lyetooloorera ku byuma.

26. Mu aya eno Katonda ategeza nga bwe yatuma Nabbi Nuuhu. N'oluvannyuma lwe. teyatuma mubaka yenna wabula yamuggyanga mu zzadde lya Nuuhu Mu ngeri y'emu bw'etyo, n'oluvannyuma lwa Ibrahiimu, bannabbi abasinga obungi baava mu Baana ba Israili (nabbi Yakubu)

nngama, kyokka ng'abasinga obungi mu bo bonoonyi.

27. Oluvannyuma ne tubagobereza ku Ibrahiimu Ababaka Baffe (abalala); ne tugoberezaako (oluvannyuma lw'abo) Issa mutabani wa Mariamu, ne tumuwa Enjili, ne tuteeka mu mitima gy'abo abaamugoberera Obukwatampola n'Obusaasizi. Wabula obusossodooti (bannaddiini abasajja obutawasa n'abakazi obutafumbirwa n'okwekomomma nga beeresa eby'ensi mbu beemalidde eri Katonda bo bennyini) be baabwegunjirawo—Tetububalaalikangako—(Bo ku bwawe be baabwebinikako) nga banoonya okusiima kwa Katonda, ate ne batabukuuma nga bwe buteekwa okukuumwa. Awamu n'ekyo twawa abo abakkiriza mu bo empeera yaabwe (mu bujuvu); kyokka ng'abasinga obungi mu bo bonoonyi.

28. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda era mukkirize Omubaka We

مُهْتَدِيَةً وَكَثِيرِينَ مِنْهُمْ فَيَقُولُونَ ﴿١٧﴾

ثُمَّ قَفَّيْنَا عَلَىٰ آثَارِهِم بِرُسُلِنَا وَقَفَّيْنَا  
بِعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ وَآتَيْنَاهُ الْإِنجِيلَ وَ  
جَعَلْنَا فِي قُلُوبِ الَّذِينَ اتَّبَعُوهُ رَأْفَةً  
وَرَحْمَةً ۗ وَرَهَابِيَّةً ابْتَدَعُوهَا مَا كَتَبْنَا  
عَلَيْهِمْ إِلَّا الْإِتْقَانَ ۗ رِضْوَانٌ لِّلَّهِ فَمَا رَوَّعَهَا  
حَقٌّ رِّعَايَتِي ۗ إِنَّمَا اتَّيْنَا الَّذِينَ آمَنُوا مِنْهُمْ  
أَجْرَهُمْ وَكَثِيرِينَ مِنْهُمْ فَيَقُولُونَ ﴿١٨﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَآمِنُوا

okukoma ku Nabbi Issa mutabani wa Mariamu. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ye yava mu baana ba Ismaili, mutabani wa Ibrahiimu (okusaasira n'emirembe bibe ku bonna).

27. Ddala kituufu Eddiini y'Obusiraamu yeetaaga abagoberezi okuba abavumu abannanga ekintu kyonna n'obuzira. Ebaagaza babe abeekuma eri ebikolwa ebibi, abakwasi b'amateeka era ab'empisa ez'obuntu. Era eyagala aoantu beetabule nga beegatta wamu n'okwenyigira awamu bonna basobole okuyimirizaawo eddiini mu kyonna ekiba kibagusewo. Ne Katonda ayagala abakkiriza beewale ebikolwa ebibi ebyagaanibwa. Wabula ky'attakiriza ddala kwe kudde awo okwekomomma omuntu n'avumirira eby'ensi byonna n'adda awo okwebonereza, n'olw'ekyo ayagala abantu abeetaba ne beenyigira n'obujumbize mu bintu ebirungi eby'enjawulo ebikolebwa mu nsi. Mu ngeri eno bwo obusossodooti mwe bwalemerwa okutuukiriza omwoyo gw'okunoonya okusiima kwa Katonda mu ngeri gye kusaanidde okukolererwa.

Bwe kityo mu aya eno Kuraane ennyonyola nga obusossodooti obumanyiddwa mu ddiini y'Abakitoliki nga bwe bwali obw'okweyagalira kubanga Ye Katonda tabubalaalikanga wabula abagoberezi b'eddiini eyo be baabwegunjirawo nga banoonya okusiima kwa Katonda n'okwesamba emitawaana gy'ensi. Era nga kye bagenderera kwe kwemalira mu kuweereza Katonda. Kyokka oluvannyuma baalemererwa okukuumwa ekyo kye beekakasako mu ngeri eyo nga bwe kiteekwa okukuumwa: okubeera nga beetukuza n'okuva ku kwegomba eby'ensi, n'okusinza Katonda mu ngeri eraga obumalirivu obwo bwe baagenderera. Kale ne kituuka okuba nga kisigadde ku mannya bunnyina na byambalo, sso si mu mwoyo ogwo gwe baagenderera.

28. Ne aya eno ekwata ku Bakristaayo n'Abayudaaya. Era n'ekitegeezebwa n'emigabo ebiri kwe



(Muhammadi). (Nga mukikoze Katonda) ajja kubawa emigabo ebiri mu kusaasira Kwe era ajja kubateerawo ekitangaala kye munaatambuliramu (mulunngame) era abasonyiwe (ebisobyoye byammwe ebyayita): Ne Katonda Musonyiyi, Musaasizi;

بِرَسُولِهِ يُؤْتِكُمْ كِفْلَيْنِ مِنْ رَحْمَتِهِ وَ  
يَجْعَلْ لَكُمْ نُورًا تَمْشُونَ بِهِ وَيَغْفِرْ لَكُمْ  
وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٥﴾

29. Era balyoke bamanye Bannannyini Kitabo (Abagoberezi ba Yesu) nti tebesobola ku kintu kyonna (ekifa) ku bigabwa bya Katonda (kukiwa gwe bayagadde oba okukimma gwe bataagala) era nti ddala mazima obulungi bwonna buli mu mukono gwa Katonda abuwa oyo yenna gw'ayagadde. Ne Katonda ye Nnannyini Birungi ebinene (ebiyitirivu).

لَقَدْ يَعْطَمُ أَهْلُ الْكِتَابِ الْأَيْقِيَارُونَ  
عَلَى شَيْءٍ مِّنْ فَضْلِ اللَّهِ وَإِنَّ الْفَضْلَ  
بِيَدِ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ  
عَلِيمٌ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿١٦﴾

kubasasula ebirungi ebyo bye baakola nga bakayali mu ddiini endala ogatteko n'ebyo bye bakola nga bamaze okunywegera Obusiraamu kuno ku nsi. Era ne kitegeeza nti nga bamaze okugoberera ekitangaala kya bannabbi abalala nga Issa ne Musa abaaleta Enjili ne Tauraati olwo badde ku kitangaala ekipya ekya Nabbi Muhammadi: Okwo nno kwe kuliva okubasasula emigabo ebiri - ku lw'ebirungi bye baakola oluberyeberyega nga bagoberera Tauraati oba Enjiri ate ogatteko ebyo bye baakola nga bagoberera Kuraane. Olwo nno n'ebibi ebyo bye bazza mu butamanya oba olw'enzikiriza ezimu enkyamu nga bali mu ddiini ezo. Katonda abibasonyiwe nga bayingidde Obusiraamu.

29. Tewaba eggwanga lyonna oba oluse oba abantu bonna balowooza nti bo baawulemu balina omugabo gwa maanyi mu bigabwa bya Katonda n'Okusaasira Kwe, oba nti balina obuyinza ku ngaba y'ebiyengera ebyo. Kubanga mu buli ngeri Katonda y'alina obuyinza ku byo awatali kufa ku kuba nti ono gundi wa ggwanga oba ddaala bwe liti oba nedda. Ye y'alina eddembe n'obuyinza okukola n'okuwa nga bw'ayagala.


### EBIFA KU SSUULA AL-MUJAADILA MU BUFUNZE (58)

Essuula eno nayo yakkira Madiina mu mwaka 5 A.H. nga eyitibwa *Al-Mujaadila* okusenziira ku aya esooka Mukyala Khaula mwayogererwako, oyo eyali yeemulugunyizza n'aloopa eri Nabbi (s.a.w.) olw'okuba bbaawe yali amutadde mu ngeri embi ennyo erumya. Abawarabu gye baalina mu nsangi ezo eyadibyangamukyala nga bbaawe abadde amulayiridde nti "ggwe olinnganga omugongo gwa nnyabo". Olw'okubanga Nabbi (s.a.w.) yalwawo nga tannalamula nsonga, Mukyala Khaula gye yamwanjulira, n'omukyala bw'atyo yalwawo ewa Nabbi nga akyakubaganya ensonga ze ne Nabbi (s.a.w.), okutuusa Obubaka bwa Ssuula eno okuva ku aya 1-6 lwe bwamukkira.

Ekikulu kye tuyigirizibwa mu Bubaka buno bwe bukuusa naddala obwo obw'abantu okwefugira ku mpisayisa n'emizizo egy'obutamanya mu ngeri etekkirizibwa Ddiini nga Abawarabu bwe baadibaganga omukyala n'okumufeebya nga abaami beekwasa obusongasonga omutali nsa. Bwe batyo Abakkiriza bakalaatirwa beewale emize emibi nga ogwo okuggyako beenywereze ku ngeri ezo zokka Katonda z'asiima.

Mu Aya eziddako Abakkiriza ab'omunguuba abannanfuusi bakubirizibwa be-sammule omuze omuvundu ogwo gwe baalina ogw'okusisinkana nga ne bateesa mu bubba, enkwe ez'okulemesa Nabbi (s.a.w.) olw'obukuku bwe baamulinako okufaananako nga n'Abayudaaya bwe baali. Era bakubirizibwa beenywereze ku Mateeka n'Obuntubulamu ebisaaamu mu ddiini. N'omuze gwabwe omulala guvumirirwa ne ssekuvumirirwa ogw'okukyalanga naddala eri abakungu ne batuula sivaawo ne bangeya ne batafumiitiriza namu nti oli bamukaluubiriza. Ate ekirala ekivumirirwa ky'ekikolwa ekya buli omu mu bo ng'abaddeko n'ensonga wadde ennafu etya, agende ayogeraganye ku yo ne Nabbi (s.a.w.) ku bubwe, ekyo ekyazitoowerezanga ennyo Nabbi (s.a.w.)—ensonga eyavaako Katonda okubagerekera omutemwa ogw'okuwangayo eri aba ayagadde okulaba Nabbi (s.a.w.).

N'ekirala Bannamadiina bavumirirwa olw'ekikolwa ky'abamu eky'obukuusa eky'okunoonyanga emikwano mu balabe ba Katonda nga Abannanfuusi n'ab'enzikiriza ennafu balayiranga ebirayiro eby'obulimba mu maaso g'Abakkiriza babyewogomemu balyoke beeyongere okugongobaza Eddiini ya Katonda; n'okuziyiza abalala ku kkubo lya Katonda. Ekyo baakikolanga ne beerabira nti mu nkomerero ya byonna tewali ayinza kusukka Buyinza bwa Katonda—Bwe kityo nno, bo abalungamu banoonya kusiima kwa Katonda era ne bakujuganyizaamu.



## ESSUULA AL-MUJAADILAH (58)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 3 ne Aya 22

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ddala mazima Katonda awulidde (n'akkiriza) ekigambo ky'oyo omukazi akukaayanya (nga akubaganya naawe, Ggwe Muhammadi) ku nsonga za bba, n'awaaba eri Katonda. Ne Katonda awulira okwogeranya kwamwe mwembi; Mazima Katonda Awulira, Alaba.

قَدْ سَمِعَ اللَّهُ قَوْلَ الَّتِي تُجَادِلُكَ  
فِي زَوْجِهَا وَتَشْتَكِي إِلَى اللَّهِ وَاللَّهُ  
يَسْمَعُ تَحَاوُرَكُمَا إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ

الْحَمْدُ لِلَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

2. Abo abata bakyala baabwe mu mmwe (nga bayitira) mu kubafaananya emigongo gya bannyaabwe (ne bagamba nti: "Ggwe olinga omu-

الَّذِينَ يَظْهَرُونَ مِنْكُمْ مَنْ تَسَاءَلُونَ  
تَاهُنَّ أُمَّهَاتُهُمْ إِنَّ أُمَّهَاتُهُمْ إِلَّا آلِي

1. Aya eno ekwata ku mpisa enkadde eyaliwo mu Buwarabu Nabbi Muhammadi nga tannatumbwa eyo gye baatangamu bakyaaba baabwe mu ngeri crumya cnyo ey'obumbula. Empisa y'okuta eno eyitibwa *Dhihaar*: omusajja yagambanga omukyala we nti "olinnganga omugongo gwa nnyabo". Okwogera ekyo nga kitegeeza nti awo omukyala amutadde, takyalina kulabagana naye era tamuvunaanyizibwako kintu na kimu wadde okufa ku baana abo omukyala oyo b'azaala, gamba nga okubambaza n'ebirala. Kyokka ng'ate omukyala oyo talina ddembe limufumbiza musajja mulala wabula aba asibiddwa awo era nga tava mu maka ga musajja oyo agende ewalala.

Ensonga y'okukka kw'ekitundu kino yali bw'eti: Omusajja omu ayitibwa Ausi bin Saamit yatuuka ng'ata mukyala we n'okumulayirira nga bw'amufaananya n'omugongo gwa nnyina. Yagamba nti: "Ggwe olinga omugongo gwa nnyabo." Omukayla oyo eyali ayitibwa Khaula muwala wa Thalaba yagenda eri Nabbi (s.a.w.) abuzeze ku nsonga eyo era amanyisibwe n'ennamula y'amateeka ku yo. Nga Katonda tannassa aya zino 1-4, Nabbi (s.a.w.) yalwawo nga akyaawaanyisaganya ebirwoozoo n'ebigambo ku nsonga eno ne mukyala Khaula, n'oluvannyumako Katonda n'assa aya zino 1-4.

Empisa ey'ekika ekyo yali ya bumbula ate nga kituufu ddala edibya abakazi. Naddala yazibuwaliza nnyo Mukyala Khaula olw'okubanga ye yali akayagala bbaawe ate nga n'okuba yalina n'abaana abato amabujje ye be yali tasobola kuliisa ne kubayamba, bw'atyo kwe kutwala ensonga ze ewa Nabbi (s.a.w.) ate mu ssaala ze n'awanjaga eri Katonda. Mukyala Aisha ng'annyonnyola ku nsonga eno yagamba nti: Omukyala oyo Khaula yajja eri Nabbi (s.a.w.) n'agamba nti: "Owange Omubaka wa Katonda! Omusajja yamalawo emmaali yange n'ankaddiya, ne mmuzaalira abaana okutuusa bw'alabye nga nkaddiye ne nkoma n'okuzaala n'anfaananya omugongo gwa nnyina, n'agamba nti: Ggwe olinga omugongo gwa nnyabo. *Ai Katonda nze mpaaba gy'Oli.*"

Omukyala oyo teyasegukawo, okutuusa Malaika lwe yaleeta aya zino ennya.

2. Katonda avumagana enta y'abakyala eyo eya *Dhihaar*, n'agiyita embi ddala enkyafu, era nti

gongo gwa nnyabo”—bwe batyo ne bateegatta nabo wadde okubata bafumbirwe awalala)—Abo si bannyaabwe: tewali bannyaabwe (balala) okuggyako abo abaabazaala. Era mazima bo boogera ekigambo ekibi era obulimba. Na mazima Katonda Mulekezi, Omusonyiyi.

وَلَدْنَهُمْ وَرَأَاهُم لِيُقْوُونَ مِنْكُمْ وَمِنْ الْقَوْلِ ذُرُؤًا وَإِنَّ اللَّهَ لَعَفُؤٌ غَفُورٌ ﴿٢٠﴾

3. Abo abafaananya bakyala baabwe emigongo gya bannyaabwe (*Dhihaar*) oluvannyuma ne beddamu mw'ekyo kye bagambye (ne baagala nate omukyala oyo asigale nga mukyala we omujjuvu, balabagana, omutango gwe bawa gwa) kuta muddu nga tebannaba kulabagana (nate na mukyala oyo). Ekyo mmwe mubuulirirwa nakyo (muleme kuddayo kukikola); ne Katonda Mumanyi wa byama by'ebyo bye mukola.

وَالَّذِينَ يُظَاهِرُونَ مِنْ نِسَائِهِمْ مَا يَعُوذُونَ لِمَا كَانُوا يَفْعَلُونَ قَبْلَ أَنْ يَأْتِيَهُمْ مِنْكُمْ وَأَنْ يَتَّبِعُوا مَا كَانُوا يُعْطُونَ مِنْهُ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٢١﴾

4. N'oyo aba tafunye (muddu gw'ata) atekwa okusiiba emyezi ebiri egiriraanaganye (awatali kwosaamu) nga tannaba kulabagana naye; n'oyo atasobola kusiiba kale aliise bamasiikiini nkaaga (mu mmere ennungi eriibwa mu kitundu ekyo). Ekyo (twakiraalika) mulyoke mukkirize

فَمَنْ لَمْ يَجِدْ فَصِيَامَ شَهْرَيْنِ مُتَابِعَيْنِ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَتَّيَسَّرَ فَمَنْ لَمْ يَسْتَطِعْ فَأَطْعَامَ سِتِّينَ مِسْكِينًا ذَلِكَ لِتُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَتِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ ط

bulimba bwa maanyi bwe baakolanga mu kufaananya bakyala baabwe bannyaabwe kubanga nnyina w'omuntu y'oyo yekka aba amuzaala mpozzi n'abo abatakkirizibwa mu mpisa z'eddiini.

3. Singa empisa eno yalckerwa awo, omusajja n'atanzwa nga ayagadde addingane ne mukazi we oluvannyuma lw'okumuta mu mpisa enkyafu ey'obukuusa eyo, abaami bandiyitiriza ejoogo eri abakyala ne babajeegulanga batyo nga bwe baagadde. Ekyo nno kyekyaviirako Katonda abalinimuleko obuzito obwo bakomye empisa embi.

4. Edda nabbi nga tannatumibwa Abawarabu bwe baatanga omukazi mu mpisa ya *Dhihaar* eyo, olwo omukyala ng'aba takyali mukazi w'oyo amulayiridde nga amufaananya ekiyungo kya nnyina era nga amuzirira ddala. Bw'etyo eddiini bwe yajja empisa eyo n'ewerebwa; ne kiba nti singa omusajja afaananyizza mukyala we ekimu kyonna ku biyungo bya nnyina ebinene, nga omugongo oba olubuto oba amagulu n'ebirala ebifaanana ng'ebyo, n'agamba nti "Gwe ku nze olinga omugongo gwa nnyabo oba amabeere ga nnyabo," olwo aba amutatde era ku ssaawa eyo aba talina kimukakatako. Naye singa aba ayagadde amuddire babe mukyala na bba, nga tebannalabagana omwami atekwa okuta omuddu. Singa tasobodde kuta muddu, yalinanga okusiiba emyezi ebiri

Katonda n'Omubaka We. N'ebyo by'e'ebikomo by'amateeka ga Katonda. Balina abatakkiriza ebibonyobonyo ebiruma.

وَالْكَافِرِينَ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٣﴾

5. Mazima abo abawalagganya Katonda n'Omubaka We baaswazibwa ne bakolimirwa abo abaakulembera; mazima nga twasa obujuluzi obweyolefu era balina abatakkiriza ebibonyobonyo ebinyoomesa,—

إِنَّ الَّذِينَ يُحَادُّونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ كَيْتُوا  
كَمَا كَيْتَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَقَدْ أَنْزَلْنَا  
أَيُّتٍ بَيَّنَّتْ وَالْكَافِرِينَ عَذَابٌ مُهِينٌ ﴿٤﴾

6. Olunaku Katonda lw'alibazuukiza bonna n'abannyonnyola ebyo bye baakola. Katonda yabiwandiika n'abikakasa (ate bo) ne babyerabira. Ne Katonda Mujulizi ku buli kintu.

يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ جَمِيعًا فَيُنَبِّئُهُمْ بِمَا عَمِلُوا  
أَحْصَاهُ اللَّهُ وَسُوًّا وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ  
شَهِيدٌ ﴿٥﴾

7. Abaffe tolaba nti mazima Katonda amanyi ebyo ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi? Tebabeera mu nteesaganya (za nkwe mu) kyama abasatu wabula Ye abeera nga wakuna waabwe, wadde abataano wabula Ye wa mukaaga waabwe, oba ka babeere omuwendo omutono okusinga awo oba omunene wabula Ye aba wamu nabo wonna we babeera; bw'alimala n'abategeeza ebyo bye baakolanga (ku nsi) ku Lunaku Lw'enkomerero. Mazima Katonda Amanyi buli kintu.

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَ  
مَا فِي الْأَرْضِ مَا يَكُونُ مِنْ نَجْوَى ثَلَاثَةٍ  
إِلَّا هُوَ رَابِعُهُمْ وَلَا يَحْصِيهِ إِلَّا هُوَ سَادِسُهُمْ  
وَلَا أَدْرِي مِنْ ذَلِكَ وَلَا أَكْثَرُ إِلَّا هُوَ مَعَهُمْ  
أَيَّنْ مَا كَانُوا ثُمَّ يَنبِئُهُمْ بِمَا عَمِلُوا يَوْمَ  
الْقِيَامَةِ إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٦﴾

8. Abaffe tolaba abo abaagaanibwa okuteesa okw'ekyama (mu kusala enkwe) oluvannyuma ne baddira ekyo ekyabagaanibwa, ne bateesa mu

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ نُهُوا عَنِ النَّجْوَى ثُمَّ  
يَعُودُونَ لِمَا نُهُوا عَنْهُ وَيَتَنَبَّجُونَ بِالَّذِينَ

egiddirinnaganye awatali kulyamu lunaku. Nga bw'aba tasobodde ekyo, gamba nga mulwadde alina okuliisa abanaku nkaaga nga buli omu amuwa emmere emukkusa mu lunaku.

7. Katonda amanyi ebyama by'abaddu Be, n'olw'ekyo tewali kimwekweka. Kale abantu bateekwa okumutya buli wonna we babeera, aleme okubalaba kw'ekyo kye yabagaana ate aleme okubabulwa kw'ekyo kye yabalagira.

8. Aya eno ennyonnyola nga Katonda bwe yagaana abannanfuusi n'Abayudaaya okusala enkwe nga bazikolera mu kuteesaganya okw'ekyama. Baateesanga mu bubba bakole akabi ku Basiraamu ne ku ddiini yaabwe. Awamu n'ekyo tebaawulira era tebaalekayo kusalanga nkwe czo mu kyama nga bakinywi kimu n'Abayudaaya b'omu Madiina mu kunoonya amakubo aganaatuusa akabi ku

kyama (nga basala enkwe z'okukola) ebibi n'okukola obulabe n'okujeemera Omubaka? Era nga bwe baba bazze gy'oli (Ggwe omubaka) nga bakulamusa (n'ekiramuso) ekyo Katonda ky'atakulamusa nakyo, nga bagamba (muli mu myoyo gyabwe) nti: Lwaki Katonda tatubonyabonyeza ku lw'ebyo bye twogera? Kibamale okubeera omuliro (Jahannama) nga gwe balyesogga—obusinga okuba obubi obuddo bwe bwo!

وَالْعُدْوَانَ وَمَعْصِيَتِ الرَّسُولِ وَإِذَا جَاءُوكَ حَيَّوْكَ بِمَا لَمْ يُحْيِكَ بِهِ اللَّهُ وَيَقُولُونَ فِي أَنْفُسِهِمْ لَوْلَا يُعَذِّبُنَا اللَّهُ بِمَا نَقُولُ طَحَسْبُ لَهُمْ هَهُمْ يَصَلُّونَهَا قَيْسُ الْمَصْبِيِّ ٨

9. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga mwogeranya mu kyama temwogeranyanga okuteesa okukola ekibi n'obulabe n'okujeemera Omubaka, wabula muteeseganyanga kukola bulungi na kutya Katonda, mutye Katonda Oyo gy'Ali gye mulikunngaanyizibwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا تَنَاجَيْتُمْ فَلَا تَتَنَاجَوْا إِلَّا لِمَا وَالْعُدْوَانَ وَمَعْصِيَتِ الرَّسُولِ وَتَنَاجَوْا بِالذِّكْرِ وَالتَّقْوَى ط وَ اتَّقُوا اللَّهَ الذِّي إِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ٩

10. Mazima okuteesaganya mu kyama (okw'enkwe, okuleeta emitawaana n'emivuyo) kuwa mu Sitaane, mbu alyoke anakuwaze abo abakkiriza (n'okubaleetera akabi); sso nga talina kabi k'abaleetera mu kintu kyonna wabula ku lwa buyinza bwa Katonda. Abakkiriza beesige Katonda yekka.

إِنَّمَا التَّحْوَى مِنَ الشَّيْطَانِ لِيَحْزَنَ الَّذِينَ آمَنُوا وَلَيْسَ بِضَارِّهِمْ شَيْئًا إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ١٠

11. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga mugambiddwa nti: Mwe-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا قِيلَ لَكُمْ تَفَسَّحُوا

Basiraamu n'okudobonkanya entegeka za Nabbi (s.a.w.).

Era bwe baamulamusanga nga bazze w'ali nga bakozesa ebigambo ebifuule nga olowooza nti bituufu nga ate biwa amakulu makyamu era amabi ddala, gamba nga bwe baagambanga nti: "Saamu" Alaikumu" mu kifo kya "Ssalaamu Alaikumu." Ekigambo Saamu kitegeza kufa, kuzikirira; ate Ssalaamu, kyo ekituufu ne kitegeza Mirembe. Okwo nno kwebaava balyoke bagambe nti "Singa Muhammadi abadde nabbi wa mazima, Katonda yanditubonereza olw'ebyo bye twogera." Ne Katonda kwe kubategeza nga bw'amanyi buli kyama, era kibamale okuba nga omuliro gwe balyesogga; nabwo nga bwe buddo obusingira ddala obubi.

11. Katonda ayagala Abasiraamu baagalane mu mwoyo gy'obw'oluganda. Naye okwagalana okwo tekusobola kubaawo awatali kuwanguka bitiiibwa. Kale wano kigambibwa nti nga lubadde lukiiko, oba awantu wonna Abasiraamu we baba bakunngaanidde buli omu asaanye alowooze ne ku

funzefunze mugaziyeze bannammwe ekifo (mu nkunngaana), bwe mutyo mubagaziyeze ekifo; Katonda naye ajja kubagaziyeze (ekifo mu nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma). Ate bwe muba mugambidwa nti: Musituke! (era bwe mutyo) musitukanga: Katonda ajja kusitula abo abakkiriza mu mmwe (abawe amadaala agabasaana n'ekitiibwa) n'abo abaweebwa Okumanya balina amadaala (agasingako). Ne Katonda Amanyi ebyama by'ebyo bye mukola.

فِي الْمَجْلِسِ فَأَسْحَوْا يَسْمَعِ اللَّهُ لَكُمْ  
وَأَذَاتِلْ أَشْرُوا فَأَشْرُوا وَيَرْفَعِ اللَّهُ  
الَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَالَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ  
دَرَجَاتٍ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ⑪

12. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga mwogeranya n'Omubaka (mu kumwebuuzako), mukulembezenga wakati w'okwogeranya kwammwe (naye) saddaaka. Ekyo kye kirungi gye muli era kye kisinga obutukuvu (ekirongoosa empisa). Naye bwe muba nga temufunye (kye muwaayo), mazima Katonda Musonyiyi, Musasizi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا تَا جِئْتُمُ الرَّسُولَ  
فَقَدْ مَوَّابِينَ يَدَى نَجْوَى لَكُمْ صَدَقَةٌ  
ذَلِكَ خَيْرٌ لَكُمْ وَأَطْهَرُ فَإِن لَّمْ تَجِدُوا  
فَإِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَّحِيمٌ ⑫

13. Abaffe muzitoowereddwa okukulembeza okusaddaaka wakati mu maaso g'okwogeranya kwammwe (n'omubaka)? Kale nga bwe mutakikoze ng'ate Katonda abasonyiye, olwo nno muyimirizeewo esswala era

ءَأَشْفَقْتُمْ أَن تُقَدِّمُوا بَيْنَ يَدَى  
نَجْوَى لَكُمْ صَدَقَةٌ فَإِذَا لَمْ تَفْعَلُوا وَتَابَ  
اللَّهُ عَلَيْكُمْ فَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ

mulala. Abantu basaanye beegaziye bawenga bannaabwe ebifo kuba buli omu aba n'eddembe lye limu lya kyenkanyi n'omulala; sso si abamu okuyimirira ne yeegaziya oba okutuula kigazigazi ne babuza bannaabwe we batuula ng'ate nabo baba bantu nga bo. Ate n'okusemberera ennyo omukulu ne bamwebungulula n'abulwa n'obussizo nakyosi kikolwa kya magezi, kale kirungi abakunngaanye okwesendako emabega ne balekawo ekifo ekimala awali omukulu.

Ate kwo okusituka ng'omukulu oba omukulembeze oba omugenyi oba ow'obuyinza yenna aze we mukunngaanye kaba kabonero ka kumussaamu kitiibwa. Kale okulagira okusituka kikolwa kya kwoleka kitiibwa eky'oyo gwe muyimukidde n'ekyamwe ku bwammwe kubanga kiba kiraga nga bwe muli abategeevu, era abalabufu;—Ate nga ateewa kitiibwa oba okukiwa abalala, naye tekimwebwa.

Bwo Obukkiriza bufuula abantu bonna okuba ab'eddaala erimu mu maaso ga Katonda, naye olw'okubaawo obukulembeze obw'amadaala n'amasa agatali gamu era agaawukana olw'obuvunaanizibwa obutali bumu, byonna ebisibuka ku Magezi n'Okumanya, kale nno n'amadaala ag'e-njawulo okwo kwe gasinzira.

muweeyo Zakka (omutemwa ogwabalalaalikwa mu mmaali yammwe) era mugondere Katonda n'Omubaka We. Ne Katonda Mumanyi w'ebiyama by'ebiyoby mukola.

وَاطِيعُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَاللَّهُ خَيْرٌ لِّمَا  
تَعْمَلُونَ ﴿١٣﴾

14. Tolaba eri abo (abannanfuusi) abakwana ekibiina (ky'abo) Katonda be yasunguwalira? Tebali bo ba mu mmwe era si ba mu bo, ne balayirira obulimba nga nabo bamanyi nti bulimba.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ نَزَّلْنَا قَوْمًا عَصِبَ اللَّهُ  
عَلَيْهِمْ مَا هُمْ مِنْكُمْ وَلَا مِنْهُمْ وَيَحْلِفُونَ  
عَلَى الكَذِبِ وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿١٤﴾

15. Katonda yabateekerateekera ebibonyobonyo ebiyitirivu. Kubanga ddala bo kibi ekyyo kye baalinga bakola.

أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا إِنَّهُمْ  
سَاءَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٥﴾

16. Baafuula okulayira kwabwe (nga bwe bali Abasiraamu, okw'obulimba) eky'okubakuuma ne baziyya (abantu abamu) ku kkubo lya Katonda; n'olwekyo balina ebibonyobonyo ebinyoomesa.

اتَّخَذُوا أَيْمَانَهُمْ جُنَّةً فَصَلَ الَّذِينَ  
سَبَّيْلَهُ اللَّهُ فَاهْتَمَّ عَذَابُ هَؤُلَاءِ ﴿١٦﴾

17. Emmaali yaabwe tegenda kubagasa eri Katonda mu kintu kyonna wadde abaana baabwe. Abo be bannannyini kuyingira muliro; bo ba kugubaamu lubeerera si ba kuvaamu!

لَنْ نُغْنِيَ عَنْهُمْ أَمْوَالَهُمْ وَلَا أَوْلَادُهُمْ  
مِّنَ اللَّهِ شَيْئًا أُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ  
هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١٧﴾

18. (Bajjukize) Olunaku Katonda lw'ali-bazuukiza bonna (okubalamula n'okubasasula) bamulayirire (obulimba) nga (kati) bwe babalayirira

يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ جَمِيعًا فَيَحْلِفُونَ لَهُ  
كَمَا يُحْلِفُونَ لَكُمْ وَيَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ

14. Aboogerwako wano be bannanfuusi b'omu Madiina: Beefuulanga nti Basiraamu ng'ate bakola enkwe n'ebika by'Abayudaaya abaakijjanyanga Obusiraamu, abaali mu Madiina n'ema-bbali w'ekibuga ekyyo. Ate nga mu bukakafu baali bakimanyi nti bo ng'Abasiraamu baali bateekwa kwesamba kukolera Busiraamu nkwe wamu n'abalabe baabwe, era babuyambe okubulwanyisa obulabe obwo.

16. Aya eno etangaaza ku bimu ku bikulwa by'abannanfuusi, engeri bwe baalayiranga obulimba mu bugenderevu mu maaso ga Nabbi (s.a.w.) nga bakakasa nga bwe bali Abakkiriza sso nga balimba. Baayolesanga Obukkiriza obw'obukuusa kungulu, ng'ate mu mitima gyabwe bakweseemu obukafiiri. Ekyyo nga bakikola bakuumireko obulamula bwabwe n'ebintu byabwe. Bwe batyo ne balowoozesa abantu abamu nti bakkiriza. Olw'okukolanga ebikolwa ebibi eby'enkwe n'obunna-nfuusi ate eno bwe bakakasa n'okulayira kwabwe nga bwe bali abakkiriza abatuufu mu ngeri eyo ne baziyya abantu abamu okukkiriza Amazima bwe batyo ne babaziyya okukwata ekkubo lya Katonda.



(mmwe), ne balowooza nti mazima bo bali ku kintu (ekinaabagasa). (Sso nga) nedda! Mazima bo, bo be balimba.

19. Sitaane yabeefuga n'abeerabiza okujjukira Katonda. (Kati) bo bannakibiina kya sitaane. Abange! mazima ab'ekibiina kya sitaane be b'okufiirwa!
20. Mazima abo abawalagganya Katonda n'Omubaka We, abo be b'okuba wansi ennyo (ku Nkomerero).
21. Katonda yawandiika dda (ng'akakasa) nti: Ddala mazima Nze n'ababaka Bange Ffe tuliwangula. Mazima Katonda Wa Maanyi, Ow'ekitiibwa.
22. Toyinza kusanga kibiina (eky'abantu) abakkiriza Katonda n'Olunaku Lw'enkomerero nga baagala abo abayigganya Katonda n'Omubaka We nandibadde nga babadde bakitaabwe oba batabani baabwe oba baganda baabwe oba ab'enn ganda zaabwe. Abo be bo (Katonda) be yakakasa (n'aggumiza) mu mitima gyabwe Obukkiriza era n'abawagira n'Amaanyi okuva gy'Ali, era alibayingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) emigga gikulukutira wansi waayo, nga ba kugibeeramu lubeerera si ba kuvaamu. Katonda yabasiima, nabo ne bamusiima. Abo be Bannakibiina kya Katonda. Abange! mazima ab'ekibiina kya Katonda bo be b'okulokoka!

عَلَى شَيْءٍ إِلَّا إِنَّهُمْ هُمُ الْكٰذِبُونَ ﴿١٨﴾

اِسْتَحْوَذَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطٰنُ فَاَنۡسٰهُمْ ذِكۡرَ اللّٰهِ اُولٰٓئِكَ حِزۡبُ الشَّيْطٰنِ اَلَا اِنَّ حِزۡبَ الشَّيْطٰنِ هُمُ الْخٰسِرُونَ ﴿١٩﴾

اِنَّ الَّذِيۡنَ يَحٰذِرُوۡنَ اللّٰهَ وَرَسُوۡلَهٗٓ اُولٰٓئِكَ فِي الۡاَدۡلٰىيۡنَ ﴿٢٠﴾

كَتَبَ اللّٰهُ لَآ اَعۡلِيۡنَ اَنَا وَّرَسُوۡلِيۡ اِنَّ اللّٰهَ قَوِيۡ عَزِيۡزٌ ﴿٢١﴾

لَا تَحِجُّ قَوْمًا يُّؤۡمِنُوۡنَ بِاللّٰهِ وَالْيَوْمِ الْاٰخِرِ يُبٰرَكُوۡنَ مَنۡ حٰكَمَ اللّٰهُ وَرَسُوۡلُهٗٓ وَلَوْ كٰلُوۡا اٰبَآءَهُمْ اَوْ اَبۡنَآءَهُمْ اَوْ اِخۡوَانَهُمْ اَوْ عَشِيۡرَتَهُمْ اُولٰٓئِكَ كَتَبَ فِيۡ قُلُوۡبِهِمُ الۡاِيۡمَانَ وَاَيۡنَ هُمۡ بِرُؤۡسِهِمۡنَا وَيُذۡخِلُهُمۡ جَنَّٰتٍ تَجۡرِيۡ مِنْ تَحۡتِهَا الۡاَنْهٰرُ خٰلِدِيۡنَ فِيۡهَا بِرِضٰى اللّٰهِ عَنْهُمْ وَرِضۡوَانُهٗٓ اُولٰٓئِكَ حِزۡبُ اللّٰهِ اَلَا اِنَّ حِزۡبَ اللّٰهِ هُمُ الْمُفۡلِحُوۡنَ ﴿٢٢﴾

### EBIFA KU SSUULA AL-HASHRI MU BUFUNZE (59)


N'eno nayo Ssuula yakkira Madiina, nga eyitibwa Hashri okusinzira ku Bubaka bwayo mu aya 2-17 obukwata ku kugobebwa n'okuwannganusibwa kw'Ekika kya Banu Nadhiir, Abayudaaya b'omu Kibuga Madiina, olw'obukuusa bwabwe bwe baalya mu Basiraamu olukwe ne bakolagana n'abalabe b'Obusiraamu mu bubba balwanyise Obusiraamu. Era nga okwo kwe baakolera olukwe olw'okutta Mutume Muhammadi (s.a.w.). Yassibwa mu mwaka ogwokuna nga Nabbi amaze okusengukira e Madiina.

Ekigendererwa ky'Essuula ekikulu kwe kwoleka nga olukwe n'ebikolwa ebyekko ku Basiraamu nga mu nkomerero bwe byaddirira bannyini kubikola, ng'ate enkwe ezo zo zaayongerwa kunyweza luganda na nkolagana wakati w'Abakkiriza. Kubanga Abasiraamu ab'olujjulungu mu Madiina (abannanfuusi) baali bateesaganyizza n'Abayudaaya ba Banu Nadhiir, abo abaali baakola endagaano y'emirembe n'Abasiraamu ate ne bagimenya, nga babalagaanyisa okubadduukirira mu kulwanyisa Abasiraamu, nga babadde bambalaganye. Era okwo ng'abannanfuusi bongerezzaako nti baali ba kuwannganguka n'Abayudaaya abo singa ba Banu Nadhiir baliwanguulwa ne bakakibwa okuva mu Madiina. Wabula ekiseera bwe kyatuuka Abasiraamu ne balumba Abayudaaya abo abeekukuma mu bigo byabwe, bo abannanfuusi tebaabayamba, ate nga n'oluvannyuma lwa byonna Abayudaaya bwe baawanguulwa ne bagobebwa mu Madiina, abannanfuusi tebaawannanguka nabo.

Bw'etyo nno Essuula kwe kunyumya nga enkwe z'abalabe b'Eddiini ya Katonda bwe zaagwa obutaka, okuwanguulwa kwabwe ne kuba kumenya mu jjenje kkalu; kwo okwesigula kwabwe obugumu bw'ebigo byabwe oteekeko ne banywanyi baabwe okubadduukirira ne bitabajuna. Ate nga lwo oluganda wakati w'Abakkiriza ne lwongerwamu maanyi. Omwo ne mufunibwamu ekyokuyiga nga Katonda bw'afeebya n'ayonoona enkwe z'abalabe Be wabula n'alongooseza Abakkiriza, abo abalafuubana okuyimirizaawo Eddiini Ye.

Essuula era eyigiriza emitendera egigabana ku mmaali y'eminyago mu ntabaalo, nga bagabanako abanaku abali mu bwetaavu n'abo abeeresa ne balwana mu Kkubo lya Katonda. Bannaggagga mu Bakkiriza tebagabana ku mmaali eyo wadde *Ba-Answaar* okuggyako *Bamuhaajiriin* bakateyamba abo abaasikulwa mu maka gaabwe n'ebwabwe ne basengukira mu Kkubo lya Katonda. Essuula era eyigiriza nti okusikiragana kukakata wakati w'aboluganda mu buzaale sso ssi olw'omukago oba olw'eddiini nga olwo olwahi wakati wa *Ba-Answaar* ne *Bamuhaajiriin*.

Essuula ewunzika nga emenya ebitendo n'ebitone bya Katonda ebiwera mu kuggumiza n'okukakasa nga obuwanguzi bwonna bwe buli ku ludda lwa Katonda, nga ate bo abatakkiriza n'abannanfuusi ba kukonkobazibwa gabonyobonyo era mu nkomerero basogebwe omuliro.



## ESSUULA AL-HASHIRI (59)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 3 ne Aya 24

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Bitendereza Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi, Naye ye Ow'ekitiibwa, Omukakasa (mu bigambo Bye ne mu bikolwa Bye).
2. Ye y'Oyo eyaggya (Abayudaaya abannanfuusi, eb'ekika kya Banu Nadhiir) abo abaagaana okukkiriza mu bannannyini Kitabo mu maka gaabwe (e Madiina) ekikungo ekya-sooka (eky'okuggibwa kw'Abayudaaya ku bizinga bya Buwarabu). Temwakirowoozanga nti (baali) ba kuvaamu, (nabo) ne balowooza nti mazima bo ebigo byabwe bya kubakuuma (mu maanyi) ga Katonda (nga gabadde gazze)! Wabula Katonda yabajjira (mu busungu n'eryanyi Lye) mu kiseera we bataalowooleza (nti kisoboka), n'assa okutya mu mitima gyabwe (batiitiire baleme okulwanyisa Abasiraamu bwe baabalumba). Ne beeyoonera amayumba gaabwe n'emikono gyabwe wamu n'emikono gy'abakkiriza. Kale mulabireeko, Abange abalina okulaba (kibe ekyokubajjukiza)!

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَبِّحْ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ①

هُوَ الَّذِي أَخْرَجَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ  
أَهْلِ الْكِتَابِ مِنْ دِيَارِهِمْ لِأَوَّلِ الْحَشْرِ  
مَا ظَنَنْتُمْ أَنْ يَخْرُجُوا وَظَنُّوا أَنَّهُمْ  
مَانِعَتُهُمْ حُصُونُهُمْ مِنَ اللَّهِ فَأَتَاهُمُ اللَّهُ  
مِنْ حَيْثُ لَمْ يَحْتَسِبُوا وَقَدَفَ فِي  
قُلُوبِهِمُ الرُّعْبَ يُخْرِبُونَ بُيُوتَهُمْ  
بِأَيْدِيهِمْ وَأَيْدِي الْمُؤْمِنِينَ فَاعْتَبِرُوا  
يَا أُولِي الْأَبْصَارِ ②

وقد أتاهم الله من حيث لم يحتسبوا

2-3. Ayazino zombiriri ziwa okunyonnyola kw'ensonga y'okukka kw'essuula eno n'okuyitibwa kwayo etyo. Aboogerwako wano be Bayudaaya ab'omu zzadde lya Nnadhiiir (Banu Nnadhiiir) ekika ekyakola buli kivve, obukujukujju n'enkwe nga beesala entotto balemese Obusiraamu mu lutalo lw'e Badri olwalwanibwa nga wayise emyaka esatu (A. H. 3) nga Nabbi kyajje asengukire c Madiina.

Nabbi (s.a.w.) bwe yatuuika e Madiina yakola endagaano ez'eddembe n'okuyambagana n'Abayudaaya abali mu Madiina, nga mw'abo mwe muli ekika kya Batabani ba Nadhiir. Mu ndagaano eyo

3. Singa mazima Katonda teyabawandiikako kya kubawanngangusa yandibabonyabonyezza (n'ekibonerezo ekisinga ekyo) mu nsi, ng'era balina ebibonyobonyo by'omuliro mu Nkomerero.

وَأَوَّلَ أَنْ كَتَبَ اللَّهُ عَلَيْهِمُ الْجَلَاءَ  
لَعَدَّ لَهُمْ فِي الدُّنْيَا وَهُمْ فِي الْآخِرَةِ  
عَذَابُ النَّارِ ⑦

4. Ekyo (kyabakolebwa) olw'okubanga mazima bo baayawukana ku Katonda

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ شَاؤُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَمَنْ

mwalimu nti Nabbi tagenda kubalwanyisa era nabo tebaamulwanyise era nga etegeza nga bwe baliyambagananga ku buzibu bwonna obuliba buguddewo ku buli ludda era nti bo Abasiraamu wadde bo Abayudaaya tebaliyamba oyo yenna aba ayagala okulwanyisa ab'oludda olumu ku mpuyi zombi. Kyokka bo ba Banu Nadhiir baamonya endagaano eyo bwe beetaba n'abakafiiri b'omu Makka abaali bakulemberwa Abu Sufiyaane bajje bazinde Nabbi n'Abakafiiri mu Madiina. Era baasala n'olukwe okutemula Nabbi (s.a.w.) bwe yali abakyaddemu. Nabbi (s.a.w.) bwe yalaba biri bityo n'awalirizibwa okukozesa eteeka lya Katonda lye yassiza mu aya emu erigamba nti: "Bwe mubanga mutidde obukumpanya okuva mu kibiina (kye mwakola nako endagaano ey'eddembe), mubasuulire endagaano yaabwe mu lwatu. Ddala Katonda tavagala bakumpanya."

Kale Nabbi (s.a.w.) kwe kubawa ennaku ssatu baamuke Madiina wabula n'abakkiriza okutwala emmaali yaabwe eba esobose era baleke abasigire abanaalibirira ennimiro n'amasamba gaabwe. Abayudaaya abo baasooka okugaana nga beeyinula obugumu bw'ekigo kyabwe nga balowooza tewali ayinza kuyetantala n'akibuuka era ne beesigula okuyambibwa abakafiiri n'abannanfuusi b'omu Madiina abaali bakulirwa Abdallah Mutabani wa Ubayyi abaabaguyaaguya nga babagumya nga babagamba nti: "Mugaane, temuvaamu ffe tujja kubayamba singa Abasiraamu banaaba babalwanyisizza. Ekyo ne kirobera bakitawe okugenda ne basigala nga beekuamira mu kigo kyabwe. Nabbi (s.a.w.) nga alabye biri bityo yakunngaanya eggwe ly'Abasiraamu n'alagira amasamba ga ba Banu Nadhiir gookebwe ne'emiti gy'emitende egyali gyebunguludde ekigo kyabwe ne gitemebwa;—eggwe lya Nabbi ne libazingiriza okumalira ddala ennaku amakumi abiri mu mukaaga (abalala bagamba kkumi na lumu). Okumala ekiseera ekyo, abakaafiiri b'omu Makka wadde abannanfuusi b'omu Madiina tewali beesowolavo bavambe wabula bonna baakona.

Bwe batyo ba Banu Nadhiiri bwe baggyayo essuubi ku kuyambibwa okwali kubasuubizibwa; n'ekyaddirira ne bafuna okutya olw'okulaba nga tebesobola kwetaasa ate nga bakutuddwa na buli kyonna kye baggyanga mu miriraano ate ne Katonda n'abongeramu okutya. Awo nno we baasabira Nabbi (s.a.w.) abakkirize bawe mu Madiina kyokka aleme okuyiwa omusaayi gwabwe. Era baamusaba abaleke batwale ku mmaali yaabwe ekigero ensolo zaabwe kye zinaasobola okwetikka. Nabbi (s.a.w.) yabakkiriza nga bwe baasaba—omusajja yayinzanga okumenya ennyumba ye ku lw'olubaaow oluli ku luggi n'alutikka ku ngamiya ye. Abamu baalekanga amayumba gaabwe bagamenye galame okufunibwa Abasiraamu, ng'ate n'Abasiraamu baali bamaze okumenya ebisenge by'ekigo mwe baali beekukumye, nga Essuula bw'etegeza.

Nga bavudde mu Madiina baagenda babuna emiwabo, abalala baagenda e Khaibara ate abalala ne bagenda e Syria mu Falastiini.

4. Ba Banu Nadhiiri baakangavulwa olw'okumenya ekyo kye beeyama ne Nabbi (s.a.w.) ekyo eky'okukuuma endagaano gye baakola, ate n'olw'okwenyigira ennyo ddala mu kujjumbira ebikolwa eby'okuwakanya n'okufufuggaza Obubaka bwa Katonda obwassibwa ku Mutume We. Okwo kwe baayimbagatanya okuwagira abalabe b'Obubaka obwo, mu ngeri eyo ne beewaggula ku Kwagala kwa Katonda. Kale olw'ebivve ebyo byonna eby'obujeemu, baakakatako ebibonyobonyo ebikakali.

n'omubaka We (bwe baalimbisa ebyo ebyassibwa ku Nabbi era ne bame-nya n'endagaano gye baalagaanya); n'omuntu ayeeyawula ku Katonda, mazima Katonda alina ebibonerezo ebiyitirivu.

5. Ogwo gwonna mu miti gy'emitende gwe mwatema (mu kigo kya ba Banu Nadhiir) oba gwe mwaleka nga guyimiridde ku kikolo kyagwo, (mwakikola) lwa kiragirowa kya Katonda, era alyoke aswaze abonoonyi.
6. N'eyo emmaali Katonda gye ya-gguukirizisa omubaka We (y'eyo, eyo mulabe gy'aba alese n'adduka awatali kulwana) okuva gye baali,— temwagiddusa mbalaasi ku lwayo mbiro wadde byebagalwa birala (nga engamiya) okugenda gy'eri: naye mazima Katonda asindikira ababaka Be (n'abawa obuyinza n'obusobozi) kw'oyo gw'ayagadde. Ne Katonda Muyinza ku buli kintu.
7. Eyo emmaali Katonda gy'agguukirizisizza omubaka We okuva ku bantu b'ebyallo, eba ya Katonda, n'Omubaka We n'ab'oluganda lwa Nabbi ne bamulekwa, n'abanaku n'abatambuze abakutuse n'ewaabwe, eryoke ereme okubeera eyecetooloolera wakati w'abagagga (bokka) mu mmwe. N'ekyo kyonna omubaka (ky'abaleetera oba ky'abawa), mukitwalenga N'ekyo ky'abagaananga, mukireke-ngayo (mukyewalenga). Mutyenga Katonda. Mazima Katonda alina ebibonerezo ebiyitirivu.

يُشَارِقُ اللَّهُ فَإِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ③

مَا أَطَعْتُمْ مِنْ لَيْبَةٍ أَوْ تَرَكْتُمْ مِنْهَا قَائِمَةً  
عَلَىٰ أَصُولِهَا قَبْلَ إِذْ أُنزِلَ اللَّهُ بِهِ الْفُرْقَانِ ④

وَمَا أَفَاءَ اللَّهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ مِنْهُمْ فَمَا  
أَوْجَفْتُمْ عَلَيْهِ مِنْ خَيْلٍ وَلَا رِكَابٍ وَ  
لَكِنَّ اللَّهَ يُسَلِّطُ رُسُلَهُ عَلَىٰ مَنْ يَشَاءُ  
وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ⑤

مَا أَفَاءَ اللَّهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ مِنْ أَهْلِ الْقُرَىٰ  
فَلِلَّهِ وَلِلرَّسُولِ وَلِذِي الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ  
وَالْمَسْكِينِ وَابْنِ السَّبِيلِ كَيْ لَا يَكُونَ  
دُولَةً بَيْنَ الْأَغْنِيَاءِ مِنْكُمْ وَمَا إِلَهُكُمْ  
إِلَّا الرَّسُولُ فَمَنْ دُوَّاهُمْ وَمَا نَهَيْكُمْ عَنْهُ  
فَأْتَتْهُمُ الْوَاءُ وَالْفُتُوٰةُ وَاللَّهُ ط إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ  
الْعِقَابِ ⑥

6. Eyitibwa emmaali enziguukirize y'eyo emmaali eggiddwa ku bakafiiri awatali kulwana, okugeza nga emmaali y'Abayudaaya abo aboogerwako wano ab'Olulyo lwa al-Nnadhiri.

8. (Nabo balinako omugabo) abaavu abasenguka (okuva e Makka) abo abaggibwa mu maka gaabwe ne mu mmaali yaabwe (ne balondawo oku-byabulira), nga banoonya ebigabwa bya Katonda n'okusiima (Kwe) ne bataasa Katonda n'omubaka We. Abo bo be bakkiriza ab'amazima;—

الْفُقَرَاءَ الْمُهْجِرِينَ الَّذِينَ أُخْرِجُوا  
مِنْ دِيَارِهِمْ وَأَمْوَالِهِمْ يَبْتَغُونَ كَفْلاً  
مِنَ اللَّهِ وَرِضْوَانًا وَيَنْصُرُونَ اللَّهَ وَ  
رَسُولَهُ أُولَئِكَ هُمُ الصَّادِقُونَ ﴿٥﴾

9. N'abo abaatebenkera (*Ba-Answar*) mu kibuga (Madiina) ne mu bukikiriza oluberyeberye lwabwe (abasenze, nga tebannabajjira), (ne babeera) nga baagala abo abasenguka okugenda gye bali (bababudamy); ne batafuna mu mitima gyabwe kwetaaga (nsaalwa na buggya) mw'ebyo ebibaweereddwa (abasenguka), wabula ne beeresa ne batakulumbeza ku kuwa (abanoonyi b'obubudamu) emyoyo gyabwe newankubadde nga balina nabo obwetaavu. N'omuntu akuuma omutuube gwe (ogw'okwegomba);— abo bo be b'okulokoka.

وَالَّذِينَ تَبَوَّءُوا الدَّارَ وَالْإِيمَانَ مِنْ قَبْلِهِمْ  
يُحِبُّونَ مَنْ هَاجَرَ إِلَيْهِمْ وَلَا يَجِدُونَ  
فِي صُدُورِهِمْ حَاجَةً مِمَّا أُوتُوا وَيُؤْتُونَ  
عَلَىٰ أَنفُسِهِمْ وَلَوْ كَانَ بِهِمْ خَصَاصَةٌ ﴿٦﴾  
وَمَنْ يُؤْتِكُمْ سُخْرًا فَلْيَنْسِفْهَا فَإِنَّهَا لَمُؤْتَةٌ ﴿٧﴾

10. N'abo abajja oluvannyuma lwabwe nga bagamba nti: Ai Mukama waffe! Tusonyiwe ffe ne baganda baffe abo abaatukulembera mu Kukkiriza, era tossa mu mitima gyaffe akakukuuzi konna kw'abo abakkiriza. Mukama waffe! Mazima Ggwe Mukwatampola, Omusaasizi.

وَالَّذِينَ جَاءُوا مِنْ بَعْدِهِمْ يَقُولُونَ  
رَبَّنَا اغْفِرْ لَنَا وَلِإِخْوَانِنَا الَّذِينَ سَبَقُونَا  
بِالْإِيمَانِ وَلَا تَجْعَلْ فِي قُلُوبِنَا غِلًّا لِلَّذِينَ  
آمَنُوا رَبَّنَا إِنَّكَ رَءُوفٌ رَحِيمٌ ﴿٨﴾

11. Tolaba abo abafuuka abannanfuusi abagamba baganda baabwe abo

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ نَافَقُوا يَقُولُونَ لِإِخْوَانِهِمْ

9. Mu aya zino zonsatule 7-9, Katonda yannyonyola abo abateekwa okufuna ku mmaali Abayudaaya, ab'ekika kya Nnadhiri gye baaleka oluvannyuma lw'okubagoba mu bitundu mwe baali ku lw'okumenya endagaano gye baakola ne Nabbi (s.a.w.). N'abo abagabana ku mmaali eyo be baavu mw'abo abasenguka okuva e Makka, ne baleka ensi yaabwe n'amaka gaabwe, n'emmaali yaabwe n'abantu baabwe nga banoonya okusiima kwa Katonda n'okutaasa eddiini Ye. Bw'amala n'azzaako okwogera ku bantu b'omu Madiina abazaaliranwa (*Ba-Answar*), n'abatenda engeri gye baabudaabudamu abo abasenguka okugenda gye baali ne (*Bamuhajjiin*) ne beerekerezanga kye balina awamu n'okuba n'obwetaavu ne bawo bannaabwe abajja okubabudamamu; abo abataalina kantu konna, okwo kwe baateeka n'okubasuzanga mu maka gaabwe.

11. Mu ssuula eno Katonda yayogera ku Basiraamu ba mirundi ena nga amadaala gaabwe

abaagaana okukkiriza mu Bannannyini Kitabo (Abayudaaya b'olulyo lwa Nadhiir) nti: Mazima bwe munaaba nga muggiddwa (mugobeddwa) mu Madiina, ddala tujja kugenda nammwe, era tetujja kugondera muntu n'omu (anaaba atugaana) ku lwammwe obugenderevu, ate bwe munaaba mulwanyisibbwa (Abasiraamu) ddala tujja kubadduukirira. Nga ne Katonda ajulira nti mazima bo balimba (mw'ekyo kye balagaanyizza).

12. Singa banaaba baggiddwa (bagobeddwa mu Madiina) tebajja kugenda nabo, ate bwe banaaba balwanyisibbwa tebajja kubadduukirira, era nga bwe banaaba babadduukiridde bajja kukyuka bakubeyo amabega badduke (nga bapaala), oluvannyuma tebajja kuwangula.
13. Mazima mmwe (Abasiraamu) mmwe musinga okutiibwa mu bifuba byabwe (abannaanfuusi n'Abayudaaya) okusinga (bwe batya) Katonda. Ekyo lwa kubanga mazima bo kibiina ekitateera.
14. (Abayudaaya n'abannanfuusi) tebayinza kubalwanyisa nga bali wamu

الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ لِيَنْ  
أُخْرِجَهُمْ لَمْ نُخْرِجْكُمْ مَعَكُمْ وَلَا نُطِيعُكُمْ  
أَحَدًا أَبَدًا وَإِنْ قُوتِلْتُمْ لَنْ نَنْصُرَكُمْ  
وَاللَّهُ يَشْهَدُ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ⑪

لِيَنْ أُخْرِجُوا أَوْ لِيُخْرِجُوا مَعَهُمْ وَلِيَنْ  
قُوتِلُوا أَوْ لِيَنْصُرُوا لَهُمْ وَالَّذِينَ كَفَرُوا  
لِيَكُونُوا الْأَذْبَابَ لَنْ يَنْصُرُونَ ⑫

لَا أَنْتُمْ أَشِدُّ رَهْبَةً فِي صُدُورِهِمْ  
اللَّهُ ذَلِكُ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ لَا يَفْقَهُونَ ⑬

لَا يَقَاتِلُوكُمْ جَمِيعًا إِلَّا فِي قُرَى مُحْصَنَةٍ

bwe gaddinngana. Ab'eddaala erisooka be baasenguka okuva e Makka ne bawanngangukira e Madiina (*Bamuhaajiriin*). Ab'eddaala eryokubiri be batuuze b'omu Madiina abataasa Obusiraamu ne Nabbi (*Ba-Answar*). Bo ab'eryokusatu be bo abajja oluvannyuma ne beeyunga ku baasooka nga nabo bava e Makka. Kuno nno kw'oyinza okutwalira n'Abasiraamu bonna abalala abaanywegera Obusiraamu n'okutuusa kati, abo abakyabuyingira—Basabira Basiraamu bannaabwwe mu buli ngeri ennungi. Abo bonna bateeka okuyisibwa obulungi n'okuyambibwa.

13. Wano kirabika nga ekitegezebwa kiri nti: Mmwe Abasiraamu, wadde ka mube batono mu muwendo oba bo abannanfuusi n'Abayudaaya ka balabike nga babasinga mu bintu ebiberako, mu bukakafu mmwe mubasinga amaanyi n'obuvumu n'obumalirivu kubanga batiitiizi nnyo mu mitima gyabwwe, nga ne Katonda ateeka okutya ng'okwo mu mitima gy'abonoonyi! Bo nga bwe batakiriza, babatya mmwe Abasiraamu okusinga bwe batya Katonda kubanga mmwe babalabako n'eryanyi lyammwe ate nga Ye Katonda tebakkiriza kubaayo Kwe.

14. Abayudaaya n'abannanfuusi si bavumu ekimala muli beetya n'olwekyo tebayinza kwolekaganya bwanga na Basiraamu nti babalwanyise okuggyako nga balina ekibayamba mwe beewogoma

(mwolekaganyizza obwanga) wabula mpozzi nga bali mu byalo ebikomereko enkomera obanga bali emabega w'ebisenge. (Omwoyo gw'obukambwe) n'okulwanagana biyitirivu wakati waabwe. Obalowooza nti bali bumu so nga emitima gyabwe myawukamu. Ekyo kiri kityo lwa kubanga mazima bo kibiina ekitategeera.

أَوْ مِنْ وَرَاءِ جَدِّهِمْ بَيْنَهُمْ شِدَّةٌ  
تَحْسَبُهُمْ رِيْعًا وَقُلُوبُهُمْ شِشْيٌ ذَلِكَ  
يَأْتِيهِمْ فَوْقَ مَا يَعْتَقُونَ ﴿١٣﴾

15. Ekifaananyi kyabwe (Abayudaaya ba Banu Nnadhiri) balinga abo (Abayudaaya ba Banu Kainukaai) ab'emabegako waabwe akatono, abaakomba ku kabi k'ekigambo kyabwe (kuno ku nsi), ate nga balinayo ebibonyobonyo ebiruma (ku Nkomerero).

كَمَثَلِ الذَّنْبِ مَنْ تَبْلِهِمْ قَرِيبًا إِذَا  
وَبَالَ أَمْرُهُمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٤﴾

16. (Banywanyi baabwe abo baabaguyaaguya) bafaanana nga Sitaane (bw'aguyaaguya) mu kiseera bw'agamba omuntu nti: Gaana okukkiriza, kale bw'amala okugaana okukkiriza, (olwo sitaane) n'agamba nti: Mazima nze kwawukanyeeke. Ddala nze ntya Katonda Omulezi w'ebitonde.

كَمَثَلِ الشَّيْطَانِ إِذْ قَالَ لِلْإِنْسَانِ افْعُرْ  
فَلَمَّا كَفَرَ قَالَ إِنِّي بَرِحْتُ مِنْكَ إِنِّي أَخَافُ  
اللَّهُ رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿١٥﴾

n'okwekweka. Ate wadde ka babe nga beegasse, mbu babalwanyise, tebeesigangana bo mu bo n'olw'ekyo beewala okweyoleka mu bbanga.

Bo ku bwabwe bakambwe nnyo era ba ifujjo booleka amaanyi ag'ensusso wakati waabwe naye ng'ate bafotookerera nga boolekanye n'Abasiraamu ab'eggye lya Katonda abakulemberwa Nabbi. Bali batyo lwa kubanga wakati mu bo balina endowooza z'eddiini ezitali zimu wamu n'ebiruubirirwa bya njawulo tebakkaanya ku kimu mbu kye balwanirira kale ekyo ne kibalemesa okulwana: Gamba nga bo Abannanfuusi baagala be baba bakajjala ku balala mu Madiina ate nga bo Abayudaaya baagala babe ab'olulyo olwa waggulu, abasukkulumye ku Bawarabu. N'olw'ekyo okwo kwe bayita okuba obumu kwabwe kwa bulimba.

15. Ba Banu Qainakaai (Kainakaai) nabo baalina ebyalo ebyebunguluddwa enkomera enngumu ez'amaanyi kumpi n'Ekibuga Madiina. Kyokka olw'effujjo lyabwe n'ebikolwa eby'ekko baabonerezebwa ne bafuumulwa mu Madiina nga kyejje wayite ng'omwezi gumu oluvannyuma lw'olulata lw'e Badri. Kyokka ekyo ba Banu Nnadhiri tebakyesebeseba kuyigirako beewale.

16. Y'engeri y'emu eyo abannanfuusi gye baaguyaaguyaamu Abayudaaya nga babagamba nga bwe banaabayamba era nga bwe bali awamu nabo, n'oluvannyuma ne babalekerera. Bw'etyo nno ne Sitaane bwe yagamba omuntu agaane okukkiriza, kitawe naye bwe yawulira ekyo n'atakkiriza, ate ye sitaane n'amwabalirira.



17. Kale n'ebcera enkomerero ya bombi nga mazima bo (sitaane n'omuntu) ba kubeera mu muliro olubeerera, si ba kuvaamu. N'eyo y'empeera y'abalyazaamaanyi.

فَكَانَ عَاقِبَتُهُمَا أَنَّهُمَا فِي النَّارِ خَالِدِينَ  
عَلَيْهَا فِيهَا وَذَلِكَ جَزَاءُ الظَّالِمِينَ ﴿١٧﴾

18. Abange mmwe abakkiriza! Mutye Katonda era buli mwoyo guteekwa gutunuulire ekyo kye gukulembeza mu mirimu emirungi (ng'entanda) ku lw'olunaku lwenkya. Mutye Katonda! Mazima Katonda Amanyi ebyama by'ebyo bye mukola.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَكَلِمَاتُ  
نَفْسٍ تَأْتِي بِذَمِّ اللَّهِ وَإِنَّ اللَّهَ لَإِنَّ  
اللَّهِ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٨﴾

19. Era tumubeeranga ng'abo abeerabira Katonda ne (Katonda) n'abee-rabiza emyoyo gyabwe. Abo bo be bonoonyi

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ نَسُوا اللَّهَ فَأَنْسَاهُمْ  
أَنْفُسَهُمْ وَأُولَئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ ﴿١٩﴾

20. Bannannyini kuyingira muliro tebenkanankana na Bannannyini kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe). Bannannyini kuyingira Jjana bo be b'okwesiima.

لَا يَسْتَوِي أَصْحَابُ النَّارِ وَأَصْحَابُ  
الْجَنَّةِ أَصْحَابُ الْجَنَّةِ هُمُ الْفَالِقُونَ ﴿٢٠﴾

21. Singa twassa Kuraane eno ku lusozi wandirulabye nga lugonze (n'okwe-wombeeka) nga lwatisesyatise ku lw'okutya Katonda. N'ebyo ebifaa-

لَوَأَنْزَلْنَا هَذَا الْقُرْآنَ عَلَى جَبَلٍ لَرَأَيْتَهُ  
خَاشِعًا مُتَصَدِّعًا مِنْ خَشْيَةِ اللَّهِ يَبِطُّ

19. Olw'okwerabira kwabwe ebibavuunaanyizibwa Katonda, naye kwe kubeerabiza okukola emirimu emirungi egirigasa emyoyo gyabwe mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

20. Mu kulamula kwa Katonda ab'omu Jjana tebagenda kuba kimu n'abo abaliyingira omuliro, ku Lunaku Lw'enkomerero, kubanga Katonda agenda kuwa ekitiibwa abakozi b'obulungi era abawonye ebitiiso by'Olunaku Olwo. Ate wa kukkakkanya aswaze abonoonyi abateeke mu bibonerezo ebiruma.

21. Mu aya eno, Katonda ayogera nga agulumiza Ekigambo kya Kuraane era nga annyonyola ekitiibwa kyakyo.—Ekitegeza nti nga bwe kisaanira ku bantu emitima gyabwe okugonda gimenyekemenyeki mu kiseera ky'okuwulira Kuraane ng'esomebwa. Ekyo nga kibaawo olw'ebyo ebirimu mu kulagaanyisa okw'amazima n'okutiisa abonoonyi obusungu bwa Katonda.

Singa kyali nga Katonda yassa Kuraane ku lusozi ne lutegeera amakulu gaayo lwandigonze ne lweyasayasa, awamu n'obunene bwalwo teekako obugumu n'obutumbiivu bwalwo, ku lw'okutya Katonda. Okugeza nga mu Ssuula (7) Al-Anfaal, Aya 143, mu kunyuma ku byafaayo bya Nabbi Musa, (a.s.) Olusozi bwe lwefuula olwesedde nga Katonda alweyolekedde; ate ne mu Ssuula (33), Al-Ahzaab, Aya 72, ensozi mwe zoogerwako nga bwe zaatya okwetikka Obuvunaanyizibwa (Amanat) olw'okubanga zeewulira muli nga nnaful nnyo okwetikka eggugu ng'eryo ery'amaanyi, sso nga nngumu nnyo mu ntondebya yaazo.

nanyi tubikubira abantu oba olyawo ne balowooza ne bamanya.

22. Ye ye Katonda, Oyo awatali katonda mulala asinzibwa wabula Ye yekka; Amanyi Eby'ewala ebitalabikako n'ebirabika. Ye Katonda Omusaasizi okusaasira okubuna, Omusaasizi okusaasira okwawufu.

23. Ye ye Katonda Oyo awatali asinzibwa mulala wabula Ye yekka; Omufuzi (w'ebitonde byonna), Omutukuvu (mu buli bukendeevu) Katonda ensibuko y'Emirembe n'Obutebenkevu, Akakasa Amazima g'Obukkiriza (bw'abamukkiriza obutuufu) Ayeeyimiridde okulabirira buli kintu, Ow'ekitiibwa Omusobozi (atalina ky'alemwa), Kkirimaanyi Nnantawunyikamu akola ky'ayagala, Ayeegulumiza ku buli kyonna ekitamusaanira. Ayawulwa Katonda k'w'ebyo bye bamugattako (abo abasinza ebitali Ye).

24. Ye ye Katonda Omutonzi, Omuvumbuzi Eyateckawo ebitonde (ebyo bye yagera) awatali ky'alabirako, Eyakola n'Afaananya buli kintu mu kifaananyi ekyo kye yasiima. Alina Amannya amalungi (agasingayo). Bimutendereza byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi, Naye Ye Ow'ekitiibwa Omusobozi, Omukakasa.

وَتِلْكَ الْأَمْثَالُ لَضَرِبِهَا لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ  
يَتَّقُونَ ﴿٢١﴾

هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ عَلِيمٌ الْغَيْبِ  
وَالشَّهَادَةِ هُوَ الرَّحْمَنُ الرَّحِيمُ ﴿٢٢﴾

هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْمَلِكُ  
الْقُدُّوسُ السَّلَامُ الْمُؤْمِنُ الْمُهَيْمِنُ  
الْعَزِيزُ الْجَبَّارُ الْمُتَكَبِّرُ سُبْحَانَ اللَّهِ  
عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٢٣﴾

هُوَ اللَّهُ الْخَالِقُ الْبَارِئُ الْمُصَوِّرُ لَهُ  
الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى يُسَبِّحُ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ  
وَالْأَرْضِ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٤﴾

Kale, olwo ngeri ki bwe kisaanira ku ggwe omuntu omutima gwo okukakanyala ne gutagonda ku lw'okutya Katonda Omugulumivu, nga ddala omaze okutegeera Amateeka n'Ebiragirow bya Katonda ebiri mu Kuraane?

24. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Mazima Katonda Mmugulumivu alina Amannya kyenda mu mwenda—Amannya kikumi okuggyako limu.

## EBIFA KU SSUULA AL-MUMTAHINAH MU BUFUNZE (60)

Eno nayo emu ku Ssuula ezo ezakkira e Madiina. Eggya erinnya lyaayo mu aya 10 omwo Abasiraamu mwe bagambirwa okwekenneenyanga era beekebeje bakakasize ddala nti abakayala abo abaabanga badduse babbaabwe abatakkiriza e Makka nga baze babudame mu Basiraamu e Madiina, nti ddala basiramuse mu bukakafu olwo balyoke bababudame. awatali ekyo bateekwa babazzengayo gye bavudde.

Essuula eno yassibwa mu mwaka 8 A.H., nga abatakkiriza b'omu Makka bamaze okumenya endagaano y'e Hudaibiya gye baali bakoze ne Nabbi (s.a.w.). Mu ndagaano eyo, Nabbi (s.a.w.) yali akkiriza mu nteesaganya nti buli musajja n'omukazi addukanga abatakkiriza yeeyunge mu Basiraamu yali wa kuzziwangayo gy'ava, ate nga bo Abakkiriza abaddukira obubudamu mu batakkiriza tebaali ba kuddizibwanga Basiraamu. Era mu kiseera we yakkira *Muhaajir* omu ayayitibwanga Haatib mutabani wa Abi Balta'a yali akoze ekikolwa eky'ekivve ng'awandiikidde abakungu abafuzi mu Bakuraish ebbaluwa mu bubba ebategeza nga Nabbi (s.a.w.) bwe yali ateeteeese okubazinda.

Obubaka bw'Essuula kw'enyinyintiridde bwa mu mitendera esatu: Ng'ogusooka mu aya 1-9, Katonda akangkira Abakkiriza obutagezangako mu ngeri emu oba endala nate kussawo nkolagana na balabe ba Nzikiriza yaabwe abo abaali beefubiridde okufufuggaza Obusiraamu wamu n'Abasiraamu. Okwogera atyo olwo nga Katonda ayatuukiriza eri Nabbi We (s.a.w.) ekikolwa kya Haatib. Haatib yakola atyo nga aluubirira mbu Abakuraish (abatakkiriza) baleme kutta ba mu maka ge be yali alese e Makka—Ekikolwa ekyo kivimirirwa olw'okubanga kyaliviiriddeko okufa kwa maanyi eri Abasiraamu babeera kwolekera mulabe eyali abagulizibwako ku luzinda olwali lutegekebwa, singa Katonda yali tayatuukiriza bukuusa bwa Haatib obwo. Wano Abakkiriza bawabulwa bagoberere ekyokulabirako kya Nabbi Ibrahiimu (a.s.) oyo eyalekulira abantu be n'ensi ye ey'obuzaaliranwa olw'obutakkiriza bwabwe. Era bakubirizibwa banoonyenga obuyambi n'okutaasibwa okuva eri Katonda yekka era bakolenga ekisa n'obwenkanya eri bonna, kubanga kyandiinzika nti abo ababawalana bandikiyuka ate ne bafuuka emikwano gye bali olw'obuyinza bwa Katonda.

Omutendera ogw'okubiri gwe gwo ogw'abakayala Abasiraamu abangi abaali basigadde e Makka nga babbaabwe si bakkiriza wabula oluvannyuma ne baddukiranga e Madiina babudame mu Basiraamu; ate mu ngeri y'emu n'abaami Abasiraamu abaalina abakayala abatakkiriza be baali balese e Makka. Abakkiriza baali kibanyiga muli nga beebuuza oba nga obufumbo wakati w'abantu abakkiriza n'abatakkiriza bwali bukkirizibwa. Ate okusiinziira ku ndagaano, olw'ebikolwa eby'obukambwe ennyo ebyakolebwanga abakayala abaabanga bazzidwayo eri abatakkiriza. Katonda kwe kulamula endagaano n'ekyusibwamu, ng'olwo alamudde nti Omukyala Omusiraamu takkirizibwa kuba na musajja atakkiriza, n'omusajja omukkiriza takkirizibwa mukyala atakkiriza. Okuva olwo mu kifo ky'okuzza ngayo abakayala abakyuse ne bakkiriza mu mazima eri nga tekikolwa, wabula Abasiraamu baalagirira bawenga bannyini bakayala abo mu batakkiriza engassi, ng'ate bo babba b'abakayala abo abaali basiramuse oluvannyuma ne baddukiranga eri abatakkiriza ng'amututte tawa ngassi. Kyokka nga *Gavumenti* y'Obusiraamu bwe yafunanga emmaali, gamba nga mu ntabaalo, nga esasula bha w'omukyala oyo eyadduka engassi.

Omutendera ogw'okusatu, mu aya 12, gwe gwo Katonda mw'alagirira Nabbi (s.a.w.) yeekenneenyanga abakayala abo ababa baddukidde eri Abakkiriza akakase nti abakayala abo bakakafu mu kukyuka kwabwe. Era abakayala abo baalayizibwanga nga ke kakalu, akakakasa nti banywegedde Obusiraamu mu mazima.



## ESSUULA AL-MUMTAHINAT (60)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 13

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Abange mmwe abakkiriza! Temufuulanga abalabe Bange era balabe bammwe ab'emikwano;—nga muteeka gye bali omukwano ng'ate mazima baawakanya ebyo ebyabajjira eby'amazima (obubaka bwa Katonda n'Omubaka We), ne baggya omubaka nammwe (mu Makka Ekibuga kyammwe awataali kisobyo kyonna kye mwakola wabula) ku lw'okuba mukkiriza Katonda, Omulezi wammwe! Bwe mubeera nga mugenda okulwana mu kkubo Lyange n'okunoonya Okusiima Kwange, (mubatemyako ku ntegeka zammwe ez'entalo) mu kyama nga muteeka gye bali omukwano: (Temukiddiranga nate)! Nange Nze Mmanyi ebyo bye mukisa n'ebyo bye mwolesa. N'oyo alikikola (nate omulundi omulala) mu mmwe, mazima aliba abuze okuva ku kkubo eggolokofu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا عَدُوِّي وَعَدُوَّكُمْ أَوْلِيَاءَ تُلْقُونَ إِلَيْهِم بِالْمَوَدَّةِ وَقَدْ كَفَرُوا وَإِذَا جَاءَهُمْ مِنَ الْحَقِّ مَخْرُجُونَ الرَّسُولَ وَإِنَّا كُفْرَانُ نُوْمِنُوا بِاللَّهِ رَبِّنَا إِن كُنْتُمْ خَرَجْتُمْ جِهَادًا فِي سَبِيلِي وَاتَّبَعَاءَ مَرْضَاتِي تُسِرُّونَ إِلَيْهِم بِالْمَوَدَّةِ وَإِنَّا عَاظِمُكُمْ فَأَخْفِيئِهِمْ وَمَا عَلَّمْتُمْ مِنَ الْفِعْلِ مِنْكُمْ ففَقَدْ ضَلَّ سَوَاءَ السَّبِيلِ ۝

1. Ensonga y'okukka kw'essuula eno yasinziira ku kuba nga Abasiraamu abamu abaasenguka (*Muhaajiriin*) okuva e Makka, abo abaali baaleka abantu baabwe n'emmaali yaabwe mu Makka, ne bawannanguka ku lw'okukuuma eddiini yaabwe gye bakkiriza emyoyo gyabwe gyasigala nga gikyali kw'abo be baaleka, okugeza nga bakyala baabwe, abaana n'ab'ennaganda zaabwe. Baalinga baagala singa wabaddewo enkolagana ennungi n'omukwano wakati waabwe n'abakafiiri b'omu Makka. Era nga muli beegomba nti singa okuyombagana okw'amaanyi kukomye, okwo okwandi-batuusizza ku kulwanagana ne baganda baabwe. Ne mw'abo mwe mwali omusajja ayitibwa Haatibu mutabani wa Abi Baltaat eyali yalekayo abaana be n'emmaali ye mu Makka, ate nga talinaayo ba kika kye.

Kale Nabbi (s.a.w.) bwe yali nga ategeka okulwanyisa abakafiiri b'omu Makka, yayagala ensonga cyo ekuumwe mu kyama. Ye Haatibu kwe kuwandiika ebbaluwa nga alabula abantu b'omu Makka mu ngeri ey'omukwano ennyo nga Nabbi bw'ategeka okubalwanyisa. Yakola atyo nga agenderera afune obuyambi gye bali n'omukwano baleme okuyisa obubi abantu be. Katonda naye kwe kute-

2. Bwe baba nga babagguukirizza (ne babafunako akakisa), babeera balabe bammwe ne bagololera gye muli emikono gyabwe n'ennimi zaabwe okubatuusako akabi, era baayagala nti singa nammwe mugaanye okukkiriza.

إِنْ يَنْتَفِعُوا بِكَ نَالِكًا أَعْدَاءُ وَيَسْبُطُوا  
إِلَيْكَ أَيْدِيَهُمْ وَأَلْسِنَهُمْ بِالسُّوءِ وَوَدُّوا  
لَوْ كَفَرُوا ﴿٦﴾

3. Tebalibagasa ab'enniganda zammwe wadde abaana bammwe ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Agenda kulamula wakati wammwe: ne Katonda Alaba ebyo bye mukola.

لَنْ نَنْفَعَكَ أَرْحَامُكَ وَلَا أَوْلَادُكَ يَوْمَ  
الْقِيَامَةِ يَفْصَلُ بَيْنَكُمْ وَاللَّهُ مِمَّا تَعْمَلُونَ  
بَصِيرًا ﴿٦﴾

4. Mazima mwalina eky'okugoberera ekirungi (ddala) mu (Nabbi) Ibrahiimu n'abo abaali awamu naye, mu kiseera bwe baagamba ekibiina kyabwe nti: Mazima ffe tubaawukanyeekeo (era twesambye) ne kw'ebyo bye musinza ebitali Katonda: Tuba-wakanyizza, era bumaze okweyoleka obulabe n'obukyaayi wakati waffe nammwe obw'olubeerera okutuusa lwe munakkiriza Katonda (ali Omu Oyo) yekka—okuggyako wabula ekigambo kya Ibrahiimu kye yagamba kitaawe Ddala nia kukwe-

قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِي إِبْرَاهِيمَ  
وَالَّذِينَ مَعَهُ إِذْ قَالُوا الْقَوْمِ هُمُ إِنَّا بَرَاءٌ  
مِنْكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ كَفَرْنَا  
بِكُمْ وَبَدَّ بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمْ الْعُدَاةُ وَالْبَغْضَاءُ  
أَبَدًا حَتَّى تُوْمِنُوا بِاللَّهِ وَحَدََا إِلَّا قَوْلَ  
إِبْرَاهِيمَ لِأَبِيهِ لَأَسْتَغْفِرَ لَكَ وَمَا أَمْرُكَ  
لَكَ مِنَ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ طَرْبْنَا عَلَيْكَ تَوَكَّلْنَا

geza Nabbi (s.a.w.) ekikolwa ekyo ebbaluwa n'ekwatibwa mu kkubo, ne Haatibu n'ateegaana n'ayogera amazima g'ekigendererwu kye. Bw'atyo kwe kusonyiyibwa olw'amazima ge yayogera.

Awo nno Katonda kwe kussa Essuula eno nga egaana okukwana abakafiiri abo n'okubanoonyaama obuyambi.

4. Jjajaffe Nabbi Ibrahiimu, yali wa kisa alumirwa ennyo kitaawe n'abantu be okulaba nga basinza ebyo eby'okubasuula ku kibabu. Yabalabula n'ababulirira bakomye okusinza ebyo ebitali Katonda n'okukola ebyonoono era n'asabira Kitaawe alunngame, ne beerema. Mu nkomerero bwe kyazuuka nga bafuukidde ddala balabe ba Katonda n'abeesamba, ne yeesamba ne Kitaawe n'awannganguka n'alekulira ensi ye. *Abo be yali nabo* mwe mwali mukyala we omukkiriza, muganda we Luutu n'Abakkiriza abalala bonna abasenguka awamu naye.

Omukkiriza owa nnamaddala, omulabe wa Katonda naye aba mulabe we kubanga oli w'akyayira oyo gw'osinza bw'atyo naawe aba takwagala. N'olw'ekyo abantu ab'omu ttuluba ly'obutakkiriza bonna basaanye kwesambibwa.

Kuno okusabira kwa Nabbi Ibrahiimu Kitaawe eyali omulabe wa Katonda, tekunenyezebwa kubanga mu kiseera ekyo yali akyasuubira nti oba olyawo yandirungama n'atya Katonda n'ave ku kusinza amasanamu; wabula olwamweyolekera nti kitaawe teyali wa kuddirira yeenenye ave kw'e-kyo kye yaliko: Kyokka ye yali omukkiriza omwesimbu ddala—naye ekyo tekikkirizibwa ku balala ab'obukkiriza obunafu okusabira oyo yenna aba agaanye okukkiriza. Era edduwa eyakommekereza

gayiririra (Katonda) akusonyiwe, naye (nze ku lwange) siri wa kukufunira kintu kyonna (kya kukugasa) okuva eri Katonda—(Awo ne basaba): Mukama waffe! Tukwesize Ggwe, era twenenyezza tuzze gy'Oli, ne gy'Oli y'eri obuddo (bw'ebitonde byonna):

وَأَلَيْكَ أَنْبَأْنَا وَإِلَيْكَ الْمَصِيرُ ﴿٣﴾

5. Ai Mukama waffe! Totufuula ekikemo (oba ekigezo) ky'abo abaa-gaana okukkiriza, era otusonyiwe ffe, Ai Mukama waffe! Mazima Ggwe gwe Ow'ekitiibwa, Omukakasa (mu buli ky'okola).

رَبَّنَا لَا تَجْعَلْنَا فِتْنَةً لِلَّذِينَ كَفَرُوا  
وَاعْفُورَنَا رَبَّنَا إِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ  
الْحَكِيمُ ﴿٤﴾

6. Mazima mwalina mmwe mu bo eky'okugoberera ekirungi—eri oyo (yenna) asuubira (okusisinkana) Katonda n'Olunaku Lw'enkomerero. N'oyo anaakyuka (okuva kw'ekyo), mazima Katonda, Ye ye Mugagga (atectaaga na kimu okuva eri ebitonde), Atenderezebwa.

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِيهِمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِّمَن كَانَ  
يَرْجُوا اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرَ وَوَدَّعَ الْيَتَامَىٰ  
وَإِنَّ اللَّهَ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٥﴾

7. Kyandiyinzika Katonda n'assa wakati wammwe n'abo be muwala-ggana mu bamu mu bo okwagalana (n'omukwano bw'aliba abalunnga-

عَسَى اللَّهُ أَنْ يَجْعَلَ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَ  
الَّذِينَ عَادَيْتُم مِّنْهُمْ مَّوَدَّةً وَاللَّهُ قَدِيرٌ

aya eno etuyigiriza nti ffenna tusaanye kukola kimu kyokka, eky'okudda eri Katonda yekka gwe tuba twesiga n'okusaba sso si kukyukira balabe baffe mbu tubanoonyaa mu obuyambi batukuume era babe mikwano gyaffe, ab'enganda zaffe oba ab'abalala bonna ab'oku lusegere lwaffe:

5. *Fitnat* wano kyandinnyonnyolwa mu makulu abiri (1) Katonda totufuula banafu nnyo tulyoke tubere ekikemo eri abo abatakkiriza ekibakema okugezaako okutulumbagana n'okutu-saanyaawo. Oba (2) totufuula *abawalanwa* okuba ab'omu mbeera embi ennyo, ekyo ekinaaviirako n'abatakkiriza okugaanira ddala eddiini yo olw'okubanga bajja kugamba nti nga bo abagigoberera bwe bali obubi ennyo kale eyo si ddiini ya mazima, eba kuba ya mazima tebandibadde mu mbeera mbi etyo.

7. Wano ekitegezebwa kiri nti mmwe Abakkiriza temulina kukyawa bakafiri oba abantu ab'enzikiriza endala yonna olw'okubanga tebakkiriza oba si Basiraamu mpozzi okuggyako nga bo babadde bagezaako okuyigirira-eddiini ya Katonda, (Obusiraamu) oba okugiremesa oba okugirwanyisa. Bwe baba tebakoze na kimu kw'ebyo mubaleke mu ddembe lwabwe. Mu ngeri yonna Katonda alagira kubayisa ng'abantu mu ngeri ennungi era n'okukolagana nabo nga mu by'obusuu-buzi n'ebirala n'obwenkanya: Kyaddaaki Katonda yandibaagazisa Obusiraamu ne bakkiriza. Era kino ddala bwe kyali ku kiseera Nabbi (s.a.w.) kye yawangulirako Makka, Abakuraish abakungu,

mizza ne bakkiriza). Ne Katonda Muyinza (ku kukola ekyo), era Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

وَاللَّهُ عَزَّوَجَلَّ رَحِيمٌ ⑦

8. Katonda tabagaananga kubayisa bulungi n'okwenkanya gye bali abo abatabalwanyisanga mu ddiini era ne batabaggya mu nsi yammwe. Mazima Katonda ayagala benkanya.

لَا يَنْهَىٰكُمْ اللَّهُ عَنِ الَّذِينَ لَمْ يُقَاتِلُوكُمْ فِي الدِّينِ وَلَمْ يُخْرِجُوا مِنْ دِيَارِكُمْ أَنْ تَبَرُّوهُمْ وَتُقْسِطُوا إِلَيْهِمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُقْسِطِينَ ⑧

9. Mazima Katonda abagaana abo abaabalwanyisa mu ddiini era ne babaggya mu nsi yammwe ne bayamba (abalala) ku kubaggyamu, (abagaana) okubafuula (ab'emikwano era) abayambi bammwe. N'oyo anaabafuula abayambi—n'abo be bo abalyazaamaanyi.

إِنَّمَا يَنْهَىٰكُمْ اللَّهُ عَنِ الَّذِينَ قَاتَلُوكُمْ فِي الدِّينِ وَأَخْرَجُوا مِنْ دِيَارِكُمْ وَظَاهَرُوا عَلَىٰ إِخْرَاجِكُمْ أَنْ تَوَلَّوهُمْ ۚ وَمَنْ يَتَوَلَّهُمْ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ⑨

10. Abange mmwe abakkiriza! Bwe babanga babajjidde abakyala abakkiriza nga basenguse, mubagezesenga mubekkaanye, Katonda y'amanyi obukkiriza bwabwe. Bwe mubanga mubategedde (mukakasizza) nga bakkiriza, temubazangayo (ewaabwe e Makka) eri abakaafiiri. Bo abakyala (Abasiraamu) tebali bakkirizibwa (okufumbirwa) ku bo abasajja abatali bakkiriza. Wadde n'abasajja abatali bakkiriza tebakkirizibwa kuwasa bakyalu bakkiriza. Mubawenga (muddizenga babbaa-

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا جَاءَكُمُ الْمُؤْمِنَاتُ مُهَاجِرَاتٍ فَأَمْتِحُوهُنَّ ۗ إِنَّهُنَّ عَالِمَاتٌ بِمَا فَعَلْنَ ۗ قَدْ عَلِمْتُمُوهُنَّ ۗ مُؤْمِنَاتٌ فَلَا تَرْجِعُوهُنَّ إِلَى الْكُفْرَاءِ ۗ لَهُنَّ حِلٌّ لَكُمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ۗ لَهُنَّ ۗ وَأَنْتُمْ مِمَّا انْفَقُوا ۗ وَلَا جُنَاحَ عَلَيْنَكُمْ أَنْ تَبْرَأُوا مِنْهُنَّ ۗ إِذَا أَبَيْتُمُوهُنَّ اجْبُرُوهُنَّ

abo ekiseera kyonna abaali abalabe b'Obusiraamu ennyo ddala, bwe bakkiriza ne bayingira Obusiraamu ne bafuuka ab'emikwano nfiirabulago n'Abasiraamu era ab'oluganda.

10. Mu ndagaano eyakolebwa e Hudaibiya wakati wa Nabbi (s.a.w.) n'abakafiiri b'omu Makka (Abakuraish), eyo eyogerwako mu ssuula Fathu (48).—abakyala bonna abaalina ababafuga oba okubalabirira ng'omwo mwe muli n'abafumbo, kyakkaanyizibwako nti abo bonna abaatolokanga ku bakafiiri e Makka ne baddukira eri Abakkiriza e Madiina nga banoonya obubudamu baali ba kuzizibwayo e Makka. Kyokka nga aya eno tennakka, Abakuraish b'e Makka baali bamenye endagaano eno. Abakyala Abasiraamu mu Makka abaalina babbaabwe abatakkiriza baali bakijjaanyizibwa nnyo olw'enzikiriza yaabwe, kale abamu kwe kuddukira e Madina nga banoonya obubudamu. Kale aya eno kwe kukka ng'eziyiza abakyala abo okuddizibwa babbaabwe abatakkiriza

bwe) ebyo bye baawaayo (emmaali—mu kuwasa abakyala abo abakkiriza). Era temulina kibi mmwe Abakkiriza okubawasa bwe muba nga abakyala abo mubawadde empeera yaabwe (amahare gaabwe). Wabula temubeeranga nabo mu bufumbo nga bakaafiri; (nammwe) musabe ebyo bye mwawaayo (singa abakyala bakyuse ne bava mu Busiraamu ne bafumbirwa abasajja abatakiriza); era nabo (abasajja abatakiriza) basabe ebyo bye baawaayo (singa abakyala baabwe basiramuse). Okwo kwe kulamula kwa Katonda. Alamula (n'amazima n'obwenkanya) wakati wammwe. Ne Katonda Amani, Mulamuzi.

11. Bw'aba omu yenna atolose mu bakyala bammwe nga azzeeyo eri obukafiiri, nammwe ne mufuna akakisa (k'okwesasuzza olw'omukyala atolose okuva mu bakafiiri) kale muwenga abo (mu bakafiiri) abatolokeddwako bakyala baabwe ekyenkanyi ky'eyo (emmaali) gye baawaayo (nga babawasa), mutye Katonda Oyo mmwe gwe mukkiriza.
12. Owange Ggwe Nabbi! Bwe babanga bakujjidde abakkiriza abakyala nga bawera obutagatta Katonda na kintu kirala, era nti tebajja kubba wadde

وَلَا تَتَّبِعُوا بَعْضَ الْكُوفِرِ وَسْئَلُوا مَا  
 أَنْفَقْتُمْ وَلَيْسَ لَكُمْ مَا أَنْفَقُوا ذَلِكُمْ  
 حَكْمُ اللَّهِ يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ  
 حَكِيمٌ ⑩

وَإِنْ فَاتَكُمْ شَيْءٌ مِنْ أَرْوَاحِكُمْ إِلَى  
 الْكُفَّارِ فَعَارَبْتُمْ وَأَنْتُمُ الَّذِينَ دَهَبَتْ  
 أَرْوَاحُهُمْ قَاتِلُ مَا أَنْفَقُوا وَاتَّقُوا اللَّهَ  
 الَّذِي أَنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ ⑪

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِذَا جَاءَكَ الْمُؤْمِنَاتُ يُبَايِعَنَّكَ  
 عَلَى أَنْ لَا يَشْرِكْنَ بِاللَّهِ شَيْئًا وَلَا يَسِرَّنَّ

kubanga obufumbo wakati w'abakyala abakkiriza n'abasajja abakafiiri bwali buwereddwa era nga bagattululwa singa omusajja agaana Obusiraamu. Wabula nga abasajja abo babbaabwe Obusiraamu bubaddiza emmaali yaabwe gye baawaayo mu kubawasa.

Abakyala abo baali bateekwa kuba Basiraamu abatuufu, kyokka nga ekyo kyo Katonda yekka y'akimanyi, wabula bo Abasiraamu baali balina kubeekebejja na kubekkaanya bwe babasanga nga "Basiraamu, nga bababudamya. Olwo nga kikirizibwa abasajja Abasiraamu okubawasa bwe babawa amahare agaba gabasabiddwa. Ng'omusajja Omusiraamu naye bwe yali takyakkirizibwa kuba na mukyala atali mukkiriza, nabo ab'omu ttuluba eryo baalina okubagoba baddeyo ewaabwe kyokka nga baweewwa amahare ge baawaayo mu kubawasa; nga gaba weebwa abo ababakuuma oba okubalabirira.

12. Abakyala bwe bajjanga eri Nabbi (s.a.w.) nga banoonya obubudamu mu kukkirizibwa babudamizibwe. Nabbi yalagirwa amalenga okubageza alabe obukiriza bwabwe: nga kizuuliddwa



okwenda, era nti tebajja kuttanga baana baabwe era wadde okulebulanga eby'obulimba bwe banaagunjangawo obugunzi wakati w'emikono gyabwe n'amagulu gaabwe (nga okuwumirizanga abaana abatali ba babbaabwe ne babayita abaabwe), era nga tebajjanga kukujeemera (Ggwe Nabbi) mu kigambo (kyonna) ekirungi,—kale kkirizanga okuwera kwabwe, era obeegayirire Katonda abasonyiwe (ebisobyo byabwe). Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

13. Abange mmwe abakkiriza! Temukwananga ekibiina ky'abantu Katonda be yasunguwalira, era nga mazima baakutuka dda n'okusuubira (okufuna ebyengera n'amasanyu mu Jjana) mu Bulamu Obw'enkomerero, (mu ngeri emu eyo) nga abakaafiiri bwe baakutuka n'okusuubira (okuzukira), kw'abantu b'omu ntaana.

وَلَا يَزِينِينَ وَلَا يَقْتُلْنَ أَوْلَادَهُنَّ وَلَا  
يَأْتِينَ بِبُهْتَانٍ يَفْتَرِينَهُ بَيْنَ أَيْدِيهِنَّ  
وَأَرْجُلِهِنَّ وَلَا يَعِصِينَكَ فِي مَعْرُوفٍ  
فَبَايِعْهُنَّ وَاسْتَغْفِرْ لَهُنَّ اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ  
غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٦﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَوَلَّوْا قَوْمًا  
غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ قَدْ يَسُؤُوا مِنَ الْآخِرَةِ  
كَمَا يَسُؤُا الْكُفَّارُ مِنْ أَصْحَابِ  
الْقُبُورِ ﴿١٣﴾

nti Basiraamu ng'olwo tebazibwayo eri bakafiiri b'omu Makka nga bwe kyannyonyoddwa waggulu. Yabagezesanga n'ebigambo ebyakakasanga nga bwe batavudde mu nsi yaabwe lwa kukyawa babbaabwe era si lwa kukyawa nsi yaabwe era si lwa kunoonya byakufuna bya nsi:—Era awo we baalayiriranga Katonda nga bakakasa nga bwe bavudde mu nsi yaabwe ku lw'okwagala Katonda n'Omubaka We, nga beeyama nga aya bw'egamba. Era n'abasajja abaddukiranga eri Nabbi nabo bwe baalayizibwanga kyokka nga bo baayongerangako ekirayiro ky'okutaasa eddiini ya Katonda.

13. Okutwalira awamu abonoonyi bonna boogerwako kyokka nga okusingira ddala Abayudaaya. Olw'okubanga bo bennyini becmanyi nga bwe baawakanya ne batakkiriza Nabbi Muhammadi gwe baali baalagaanyisibwa okuviira ddala oluberyeberyere mu bitabo byabwe. Era olw'obutakkiriza bwabwe tebasuubira nti abantu b'omu ntaana ba kuzuukira.

## EBIFA KU SSUULA ASWAFF MU BUFUNZE (61)

Nayo emu ku Ssuula ekkumi eziddirinngana ezakkira e Madiina. Essira esinga kulissa ku kukubiriza na kukalaatira Bakkiriza babe ba mazima mu Nzikiriza yaabwe era balafuubanire okusitula Eddiini ya Katonda. Bwo Obubaka obumu bwogera ku bannanfuusi bokka oba Abakkiriza batuufu bokka ate obulala ne bwogera kw'abo ab'enzikiriza ennafu mu Basiraamu ne kw'abo abaayingira Obusiraamu mu bulimba sso nga ddala si bakkiriza ogatteko abo abakkiriza abannamaddala.

Essuula etandika n'okulabula Abakkiriza baleme kuba ba nkulubiri, aboogera kino ate ne bakola kirala wabula babe beesimbu abalwanirira Amazima basiguukulule abalabe ba Katonda.

Mu Aya 5-7, Abagoberezi ba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) beekesebwa baleme kuyisa Nabbi n'Eddiini yaabwe nga Abayudaaya bwe baayisaamu Nabbi Musa ne Nabbi Issa (a.s.); kubanga awamu n'okuba nga bakkiriza Nabbi Musa okuba Omubaka wa Katonda, tebaakoma awo kumukaluubiriza na kumwenyiya ebbanga ly'obulamu bwe bwonna ate ye Issa baumulimbisa lwatu. Bwe batyo nno ne beefaafaaganya. Kale nno Abasiraamu tebafuuka ng'abo kubanga ekyo eky'okwefaafaaganya si kye kintu eky'okwenyumiriza nakyo ekisaanye okugobererwa abalala. Mu aya 8-9 Abayudaaya ne Bannannyini Kitabo n'abannanfuusi bakomekkerezebwa nti wadde ka beekongolobojje batya mbu balemese Eddiini naye mw'ekyo beerimbye, kyo Ekitangaala kya Katonda kya kujjuulirizibwa kibune ensi yonna, wadde bo ka bakyetamwe batya.

Mu aya 10-13 Abakkiriza bagambibwa nti ekkubo ly'okuganyulwa wano ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma, lye ly'okukkiriza era ne beeweeraayo ddala mu Kkubo lya Katonda wamu n'emmaali yaabwe; olwo ne Katonda alyoke abasasule ebirungi ebitatendeka. Essuula ewunzika n'okukubiriza Abakkiriza babeere Abayambi ba Katonda okufaanako nga n'abayigirizwa ba Nabbi Issa bwe baali.



## ESSUULA ASW-SWAFF (61)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 14

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Bitendereza Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi, Naye, ye Ow'ekitiibwa, Omukakasa (w'ebigambo n'ebikolwa).

2. Abange mmwe abakkiriza! Lwaki mwogera ebyo bye mutakola?

3. Kyayitirira okutamibwa awali Katonda eky'okubeera nga mwogera ebyo bye mutakola.

4. Mazima Katonda ayagala abalwana mu kkubo Lye (ku lw'okusitula eddiini Ye) nga bali nnyiriri, mazima ne babeera, bo ng'omuzimbo omu-nywevu gulugulu.

5. Era (bajjukize) mu kiseera (Nabbi) Musa bwe yagamba ekibiina kye nti: Abange ab'ekibiina kyange! Lwaki munnakuwaza n'okunjigganya nga ddala mumanyi nti nze mazima ndi mubaka wa Katonda (atumiddwa) gye muli? Bwe baamala okukyuka ne bava ku mazima, Katonda n'akyusa emitima gyabwe (okuva ku bulu-ningamu). Ne Katonda talungamya kibiina kya bonoonyi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَبِّحْ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ①

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لِمَ تَقُولُونَ مَا لَا  
تَفْعَلُونَ ②

كَبُرَ مَقْعًا عِنْدَ اللَّهِ أَنْ تَقُولُوا مَا لَا تَفْعَلُونَ ③

إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الَّذِينَ يُقَاتِلُونَ فِي  
سَبِيلِهِ صَفًا كَأَنَّهُمْ بَيْنَ أَيْدِيهِمْ ④

وَإِذْ قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ يَا قَوْمِ لِمَ تَقُولُونَ  
وَقَدْ تَعْلَمُونَ أَنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ  
فَلَمَّا تَرَأَوْهُمُ اتَّخَذْتُمُ اللَّهُ فُلُوكُمْ وَاللَّهُ  
رَدَّيْهِمُ الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ⑤

3. Wadde nga kyo kikwata ku buli muntu mu mbeera eya bulijjo, naye wano aya eno yayolek-zebwa eri Abasiraamu ab'emitima emititiizi abaayogera ebingi nga tebannalwana ku lutalo lw'e Uhudi, naye ate ne batooлека bumalirivu na buvumu okutuukana ne bye baayogera mu lutalo lwennyini nga balwana.

6. Era (jjukira) mu kiseera (Nabbi) Issa mutabani wa Mariamu bwe yagamba: Abange Abaana ba Israili! Mazima nze ndi mubaka wa Katonda (atumiddwa) gye muli, era ndi akakasa amazima g'ebyo ebiri mu maaso gange ebiri mu Tauraati (Ekitabo Nabbi Musa kye yajja nakyo), era ndi mulanzi (alanga) Omubaka alijja oluvannyuma lwange, nga erinnya lye ye Ahmada (Muhammadi). Naye ate bwe yamala okubajjira (omubaka eyalangibwa) n'obujulizi obw'enkukunala (obwoleka amazima ge); ne bagamba nti: Kino (ky'aleese) ddogo eryeyolefu!

وَإِذْ قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ يَسْمِعُ إِسْرَائِيلَ  
 إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ  
 يَدَيَّ مِنَ التَّوْرَةِ وَمُبَشِّرًا بِرَسُولٍ يَأْتِي  
 مِنْ بَعْدِي اسْمُهُ أَحْمَدٌ فَلَمَّا جَاءَهُمْ  
 بِالْبَيِّنَاتِ قَالُوا هَذَا إِسْحَارٌ مِمَّنْ يَسْخَرُونَ ④

7. Ani asinga obulyazaamaanyi okusinga oyo agunjawo obulimba ku Katonda nga naye ayitibwa okujja eri Obusiraamu (eddiini ey'amazima)? Ne Katonda talunngamya kibiina kya balyazaamaanyi (abo abassa ebintu mu bitali bifo byabyo).

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَى عَلَى اللَّهِ  
 الْكِبْرِيَاءَ وَهُوَ يُدْعَى إِلَى الْإِسْلَامِ وَاللَّهُ  
 لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ⑤

8. (Ekiruubirirwa kyabwe) baagala bazikize ekitangaala kya Katonda (baggyewo eddiini Ye) n'emimwa gyabwe, sso nga Katonda wa kujjuza ekitangaala Kye newankubadde nga abo abatakiriza tebaagala.

يُرِيدُونَ لِيُطْفِئُوا نُورَ اللَّهِ بِأَفْوَاهِهِمْ  
 وَاللَّهُ مُتِمُّ نُورِهِ وَلَوْ كَرِهَ الْكَافِرُونَ ⑥

9. Ye y'Oyo eyatuma omubaka We (Muhammadi), n'obulunngamu n'eddiini ey'amazima, alyoke agisukkulumye okusinga eddiini yonna wadde nga tebak yagala abagatta ku Katonda ebintu ebirala.

هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَى وَ  
 دِينِ الْحَقِّ لِيُظَاهِرَ عَلَى الدِّينِ  
 الْكَلْبَةَ وَالْوَكْرَةَ الْمُنْشِرِ كُؤُونَ ⑦

6. Nabbi (s.a.w.) bwe yali yeeyogerako yagamba nti: "Nze kusaba kwa Kitange Ibrahiimu era nze kulanga kwa (Nabbi) Issa." Era yagamba nti: "Nze Nabbi ow'enkomerero mu maaso ga Katonda eyakomererayo mu Bannabbi." Tewali Nabbi Katonda gwe yatuma wabula yalangaanga Nabbi ow'enkomerero—naye ye Nabbi Muhammadi (s.a.w.).

10. Abange mmwe abakkiriza! Abaffe mbalagirire ebyobusuubuzi ebinaabawonya ebibonyobonyo ebiruma?—
11. (Kwe kubeera) nga mukkiriza Katonda n'omubaka We, era (ne mubeera) nga mulwana mu kkubo lya Katonda (ku lw'okusitula eddiini Ye nga muwaayo) emmaali yammwe n'emyoyo gyammwe. Ekyo kye kirungi gye muli bwe muba nga mumanyi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا هَلْ أَدُلُّكُمْ عَلَىٰ  
تِجَارَةٍ تُنْجِيكُمْ مِنْ عَذَابِ أَلِيمٍ ﴿١٠﴾  
تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَتُجَاهِدُونَ  
فِي سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِكُمْ وَأَنْفُسِكُمْ  
ذَٰلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١١﴾

12. (Nga mukoze mutyo Katonda) ajja kubasonyiwa mmwe ebibi byammwe era abayingize Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe): emigga gikulukutira wansi waayo, (era abawe) n'ebifo ebirungi mu Jjana ey'obutebenkero. Okwo kwe kwesiima okunene (okutalina kukwenkna).

يَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَيُدْخِلْكُمْ جَنَّاتٍ  
تَجْرُونَ مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ وَمَسْكِنٍ  
طَيِّبَةٍ فِي جَنَّاتٍ عَدْنٍ ۚ ذَٰلِكَ الْفَوْزُ  
الْعَظِيمُ ﴿١٢﴾

13. Era (ajja kubawa) n'ebirala bye mwagala: (nakwo kwe) kutaasa okuva eri Katonda n'Obuwanguzi (obwangu) obuli okumpi. Buulira Amawulire ag'Essanyu eri abakkiriza.

وَأُخْرَىٰ تُجْزَوْنَهَا أَنْ تَصْرُخَ مِنَ اللَّهِ وَ  
فَتَحْرَبَ قَرِيبٌ وَبَشِيرٌ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٣﴾

14. Abange mmwe abakkiriza! Mubeerenga Abataasa ba Katonda (abataasa n'okutangaaza eddiini Ye) nga (Nabbi) Issa mutabani wa Mariamu

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُونُوا أَنْصَارَ  
اللَّهِ كَمَا قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ

14. Ekitegezebwana nti Eddiini Entuufu ey'okwawula Katonda y'eyo Nabbi Issa (a.s.) gye yaleeta n'ebceera nga y'cwanguddu. Era Nabbi Muhammad bwe yatamwaga n'agyongera amaanyi n'ebceera nga ya lubeerera etegenda kuvaawo okutuusa ensi lw'eribengeya. Nabbi Muhammad (s.a.w.) yagamba nti: "Ekibiina ekiri ku Mazima tekigenda kuvaawo okutuusa Katonda bw'alireeta ekirangiriro Kye"—eky'ensi okuvaawo n'ebigiriko: Era nga Nabbi Issa mutabani wa Mariamu bw'alikka n'abeera omukulembeze omwenkanya nga alamuzi Amateeka ga Kuraane, era ng'ali ku ddiini ya Nabbi Muhammadi ey'Obusiraamu, etakkiriza muntu kusinza ekintu ekirala kyonna ekitala Katonda.

Wano kisaana kitegerekeke bulungi nti abo abaagaana okukkiriza Nabbi Issa, nabo nga be Bayudaaya, tebaasobola kutta Nabbi Issa (a.s.) wabula Katonda yaddira ekifaananyi kya Issa n'akifaananyi omu kw'abo abantu ekkumi n'ababiri be yali nabo mu nnyumba Ye Katonda yamusitula okumutwala mu ggulu nga mulamu. Olw'ekyo nno, abo abaali banoonya Nabbi Issa bwe baasanga oyo ayamufaananyirizibwa kwe kumutta olw'okutwalibwa kwa Nabbi Issa mu ggulu, abagoberizi be ne baawukanamu ebibiina bisatu: Abamu ne bagamba nti Issa abadde Katonda n'agenda mu ggulu. Abandi ne bagamba nti Issa abadde mwana wa Katonda, kale Katonda

bwe yagamba (abayigirizwa be) abaawule ne bagamba nti: Baani abataasa bange eri Katonda (mu kutangaaza eddiini Ye)? Abaawule ne bagamba nti: Ffe bataasa ba Katonda. Ekibiina mu Baana ba Israili ne kikkiriza (Nabbi Issa) ate ekibiina (ekirala) ne kigaana (okumukkiriza). Kale ne tuwagira abo abakkiriza ku kulwanyisa omulabe waabwe ne bakeesa nga be bawangudde.

لِلْحَوَارِيِّينَ مَنْ أَنْصَارًا إِلَى اللَّهِ ط  
 قَالَ الْحَوَارِيُّونَ نَحْنُ أَنْصَارُ اللَّهِ وَأَمْنَتْ  
 طَلِيفَةٌ مِنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ وَكَفَرَتْ  
 طَلِيفَةٌ فَأَيُّدُنَا الَّذِينَ أَمْنُوا عَلَى  
 عُدُوِّهِمْ فَأَصْبَحُوا ظَاهِرِينَ ﴿٣٤﴾

n'amutwala mu ggulu. Bo ab'ekibiina ekyokusatu ne bagamba nti Issa abadde Mubaka wa Katonda era Nabbi We n'amusitula n'amutwala mu ggulu;—N'abo nno be baali ku mazima kubanga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) mu bimu ebyamutumya kwe kujja okuggyawo enkaayana ezaayingira mu ddiini oluvannyuma lw'okutwalibwa kwa Nabbi Issa mu ggulu.

Era yo Kuraane yakitangaaza bulungi mu bitundu byayo ebitali bimu nga Nabbi Issa bw'atali Katonda oba omwana We wabula mubaka bubaka nga Ababaka abalala. Kale n'oluvannyuma lw'okuba nga ebigambo ebivudde eri Katonda bimaze okusalawo n'okugonjoola nga Issa (a.s.) bw'atali mwana wa Katonda era nga si Katonda wabula Nabbi We era omubaka We, olwo tewali kireetera bantu kwetemamu abamu ne basigala nga bagamba nti mwana wa Katonda oba Katonda. Ekikulu ffena tusaana tusse kimu nga tukakasa nti "Katonda Ali Omu mu Bwa Katonda Bwe. Tazaala era teyazaalibwa; era talina n'omu gwe yenkanankana naye; era tukkiriza nga tukakasa nga Issa mutabani wa Mariamu (a.s.) bw'ali Nabbi wa Katonda era Omubaka We. Ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yayogera mazima mw'ebyo byonna Katonda bye yamutuma okubituusa eri abantu bonna era y'ow'enkomerero wa Bannabbi: Teri Nabbi alijja oluvannyuma lwe."

## EBIFA KU SSUULA AL-JUMU'A MU BUFUNZE (62)

Nayo yakkira Madiina, aya 1-8 zassibwa nga zikwata ku kuwagulwa kw'olutato lw'e Khaybar mu 7 A.H. ate zo 9-11 ne zissibwa nga Nabbi (s.a.w.) n'abakkiriza baakamala ennaku ntono nga basengukidde e Madiina. Essula eyitibwa Al-Jumu'a okusinzira ku kigambo ekiri mu aya 9.

Obubaka bw'omu Aya 1-8 businga kwogera ku Bayudaaya, abo abeefubirira ennyo okulemesa Obusiraamu. Ebika by'Abayudaaya bingi byali bikoze buli ekiyinzika okulemesa Nabbi (s.a.w.) okutuusa obubaka obwamutumwa, ekyo ekyasibukako entalo eziwera nga balwanyisibwa olw'enkwe zaabwe n'ebikolwa ebyekko; okutuusiza ddala Ebika by'Abayudaaya byonna lwe byakkiriza ne bafugibwa Obusiraamu, nga n'olutalo lwabwe olwakomererayo lwe lwo olw'e Khaybar. Bwe batyo bakakasibwa nti wadde bo banyoomoola Abawarabu era nga tebakakasa kya Mubaka kutumbwa nga ava mu bo, naye olw'Okugera kwa Katonda n'Okusiima Kwe, ddala Nabbi Muhammad (s.a.w.). Mubaka mukakafu, atumiddwa okuva eri Katonda. Era bagugumbulwa olw'okugaana okukkiriza obubaka bwa Katonda mu bugenderevu obwo Muhammad bw'atumiddwa nabwo sso nga bo be bamu abalina Ekitabo kya Katonda Tauraati ekyoleka nga nayo Tauraati bwe batagikkiririzaamu olw'okuwakanya kwabwe Kuraane nayo eyassibwa Katonda Omu oyo eyassa Tauraati. Era bavumirirwa olw'okwebala mbu bo bawulemu baagalwa ba Katonda era baddaala lya njawulo—nga bagambibwa nti oba bwe kiri olwo nno bandibadde batyaba kiyitiridde kufa kubanga tebaba batitiizi nnyo eri okufa, tebanditidde ntalo ekyo kyabaleetera okuwagulwa Abasiraamu buli mulundi ne beetuusa ku buswawu n'okunyoomebwa ekiyitiridde mu myaka egyali gyakayita.

Zo Aya 9-11 zassibwa luvannyuma nga zikwata ku kyafaayo eky'entwala y'Abasubuzi abaayingira mu Kibuga Madiina nga eno bwe bakuba ebivuga—nga mu kiseera ekyo kyennyini Nabbi (s.a.w.) yali ku Mimbali ng'abuulira eri Abasaaze mu muzikiti. Olwawulira ebivuga abasaaze bonna ne bagumbukukuka ne beeyunira eri ebivuga ne bafuluma omuzikiti ne baleka Nabbi (s.a.w.) okuggyako abantu kkumi na babiri bokka be baasigala.

Oluvannyumako, Katonda kwe kussa Amateeka agafuga Esswala y'Ekikungo ku Lunaku Lwokutaano.

Ekikulu ekiyigirizibwa mu bubaka buno bwe bwetaavu bw'Abasiraamu okwegatta ne beenyigiranga wamu mu mikolo egiggumiza n'okunyweza Enzikiriza, gamba nga Okusaala, nga kino kyongerera okutabaganya emyoyo gyabwe bonna awamu n'okugigoogola bonna bamanyire wamu emisingi gy'Eddini. Naddala Esswala ya Jjuma, Abakkiriza bonna bateekwa okweyuna emizikiti oluwulira omwaziinyi ng'akoowoola. Byo ebyokufuna by'ensi tebirina kulabankanya muntu ne bimwerabiza Katonda. Era Abakkiriza bakubirizibwa nti wadde ng'Esswala ebadde ewedde ne badda ku gyabwe eky'okulafuubanira ekibeezaawo obulamu bwabwe, era bateekwa bajjukirenga okwogera ku Katonda mu kumutendereza wonna we baba bali—kubanga Ye yekka ye Mugabi abagabira kyonna kye baba bafunye, ate nga n'empeera ze balimufunako mu Bulamu Obw'oluvanyuma ze zisinga ku bye bafuna ku nsi.



## ESSUULA AL-JUMU'AH (62)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 11

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Bitendereza Katonda ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi (ne bimwawula mu Bwakatonda Bwe), (Katonda) Omufuzi (wa buli kintu), Omutukuvu (okuva mu buli buke-ndeevu), Ow'ekitiibwa, Omukakasa (wa buli kintu).

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يُسَبِّحُ بِحَمْدِهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
الْمَلِكُ الْقَدُّوسُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ①

2. Ye y'Oyo eyatuma mu baali batamanyi kusoma omubaka (Muhammadi) nga ava mu bo (Abawarabu, abe) nga abasomera ebigambo Bye era nga abatukuzi (okubaggya mu bukafiiri), era nga abayigiriza Ekitabo (Kuraane) n'Amateeka (Okumanya Ensonga), newankubadde nga oluberyeberye baali mu bubuze obw'olwatu;

هُوَ الَّذِي بَعَثَ فِي الْأُمَمِينَ رَسُولًا  
رَسُولَهُمْ يُبَيِّنُ لِهِمْ آيَاتِهِ وَيُزَكِّيهِمْ وَ  
يُعَلِّمُهُمُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَإِنْ كَانُوا  
مِنْ قَبْلُ لَفِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ②

3. (Era yamutuma) n'eri abalala (nga nabo) ba mu bo abatannabeegattako (Nabo be Basiraamu abalala bonna nga ffe kati abatali mu Buwarabu). Naye ye Ow'ekitiibwa, Omukakasa.

وَآخَرِينَ مِنْهُمْ لَمَّا يَلْحَقُوا بِهِمْ وَهُوَ  
الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ③

4. Ebyo bye birungi bya Katonda. Abiwa oyo gw'ayagadde. Ne Katonda ye Nnannyini birungi ebinene (ebita-komekkerezeka).

ذَلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَنْ يَشَاءُ  
وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ④

5. Ekifaananyi (ky'Abayudaaya) abo abaawebwa Tauraati (ne bakalaa-

مَثَلِ الَّذِينَ حُمِلُوا التَّوْرَةَ ثُمَّ

3. "Abatannabeegattako"—Be Basiraamu bonna ahalala abazaalibwa oluvannyuma lwa Muhammadi mu Buwarabu okwo nno teekako ab'amawanga amalala bonna abaatiwo mu bisera ye n'abo abaagenda basibuka oluvannyuma nga ffe kati ab'akakyo kano.



tirwa okugikozesa) oluvannyuma ne batagikozesa (mu ngeri gye baalagirwa), bafaanana nga endogoyi eyeetikka ebitabo (nga temanyi kubisoma). Kibi nnyo ekifaananyi ky'abo abaalimbisa; obujulizi bwa Katonda. Ne Katonda talunngamya kibiina ky'abalyazaamaanyi (abalyazaamaanya Amazima).

6. Bagambe (Owange Ggwe Muhammadi) nti: Abange mmwe abafuuka Abayudaaya! Bwe mubeera nga mweyita mikwano gya Katonda abawulemu ku bantu abalala bonna olwo nno mwegombe okufa (kubasembeze bunnambiro awali Katonda) bwe mubeera ab'amazima (mwebyo bye mwogera)!
7. Wabula tebagenda kukwegomba (okufa) obugenderevu olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza (okukola)! Ne Katonda Amanyi abalyazaamaanyi.
8. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Mazima olumbe olwo lwe mudduka kikakafu lwo lwa kudasanga, oluvannyuma mulizzibwa eri (Katonda) Amanyi Eby'ewala ebitalabikako n'ebirabikako, n'abategeza ebyo bye mwalinga mukola (ku nsi).
9. Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubeeranga (muwulidde) okukoo-

لَمْ يَحْمِلُوا كَمَثَلِ الْجِبَالِ يَحْمِلُ  
 أَشْفَارًا طَيْبَسَ مَثَلُ الْقَوْمِ الَّذِينَ  
 كَذَّبُوا بِآيَاتِ اللَّهِ وَاللَّهُ أَكْهَدُ بِالْقَوْمِ  
 الظَّالِمِينَ ⑤

قُلْ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ هَادُوا إِنْ زَعَمْتُمْ  
 أَنْتُمْ أَوْلِيَاءُ لِلَّهِ مِنْ دُونِ النَّاسِ  
 فَمَتَّوِاْ الْمَوْتَ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ⑥

وَلَا يَمْتَنُونَ أَبَدًا إِمَّا قَدَّمَتْ أَيْدِيكُمْ  
 وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالظَّالِمِينَ ⑦

قُلْ إِنْ الْمَوْتَ الَّذِي تَفِرُّونَ مِنْهُ  
 فَإِنَّهُ مُلْقِيكُمْ ثُمَّ تُرَدُّونَ إِلَىٰ عَلَيْهِ  
 الْعُيُوبِ وَالشَّهَادَةُ قَبِيحٌ كُفْرًا بِمَا كُنتُمْ  
 تَعْمَلُونَ ⑧  
 يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا نُودِيَ لِلصَّلَاةِ

9. Olunaku lw'Ejjuma, olunaku olwokutaano mu wiiki lwe lunaku lw'Abasiraamu olukulu lwe basinzizaako Katonda mu kikungo ku sswala y'omu ttuntu wakati. Wabula obutafaananako nnaku za Bakuristaayo n'Abayudaaya—Olwassande n'Olwomukaaga ezo bo ze batakwatira ddala ku kalimu konna, bo Abasiraamu ku Lwokutaano bakkirizibwa okukola ng'esswala tennaba n'oluvannyuma lwayo.

Esswala y'Ejjuma Katonda yagiraalika kugisaalira mu kikungo era erina obulombolombo obweyawulidde yo obweyongera kw'obwo obw'esswala endala eza bulijjo, era esaalibwa mu buli sabbithi omulundi gumu. Abasiraamu bakunngaana ku mizikiti ne bawuliriza omubulizi by'abulira nga abajjukiza Katonda waabwe omuli n'ebyo ebikwata ku nneeyisa y'obulamu ennungi. Era

woola (okwaziina) okugenda eri Okusaala ku Lunaku Lwokutaano (Olunaku lw'Ejjuma), kale musitu-kirengamu (okugenda) eri okwogera ku Katonda, muyimirizenga okutunda Ekyo kye kirungi gyemuli bwe-mubeera nga mumanyi.

10. Esswala bw'ebanga ewedde, kale olwo musaasaanire mu nsi munoonye mu bigabwa bya Katonda: era mwogerenga nnyo ku Katonda (nga mumutendereza wanna we mubeera) oba olyawo ne mulokoka (ne mugobolola mu bye mukola).

11. Naye bwe baba nga balabye ebyamaguzi (eby'okusuubula) oba ebinyumu (n'emizannyo) nga bakuulumulukukira gye biri ne bakuleka nga oyimiridde (ku kituuti). Bagambe nti: Ebyo ebiri awali Katonda bye birungi (eby'emiganyulo) okusinga ebinyumu n'ebiyobusuubuzi, ne Katonda ye mulungi okusinga abagaba (bonna).

مَنْ يَوْمِ الْجُمُعَةِ فَاسْعَوْا إِلَىٰ ذِكْرِ اللَّهِ  
وَدَرُوا الْبَيْعَ مُدًّا لَكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ  
تَعْلَمُونَ ﴿٩﴾

فَإِذَا قُضِيَتِ الصَّلَاةُ فَانْتَشِرُوا فِي  
الْأَرْضِ وَابْتَغُوا مِن فَضْلِ اللَّهِ وَاذْكُرُوا  
اللَّهَ كَثِيرًا لَّعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿١٠﴾

وَأَذَارًا وَأَجَارَةً أُولَئِكَ يَفْضَحُونَ إِلَيْهَا  
وَتَرْكُوكَ فَإِيمَانًا مَّقْبُولًا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ مِّن  
الْهَوَىٰ وَمِنَ التِّجَارَةِ وَاللَّهُ خَيْرُ الرَّازِقِينَ ﴿١١﴾

Nabbi (s.a.w.) yayogera nnyo ku bulungi bwayo n'obulungi bw'oyo agisaala era yakuutira Abasiraamu okwetegeranga Olwokutaano n'okuba abayonjo.

Kale wano Abasiraamu balagirwa nti omukoowozi (omwaziinyi) singa akoowoola omulundi ogwokubiri, kuzira ku buli Musiraamu okutunda oba okwclabankanya n'okukola omulimu gwonna wabula atekwa butekwa okweyunira eri Omuzikiti agende awulirize okubuulira kw'omubuulizi, era asaale Ejjuma.

10. Olwo nno okusaala bwe kuba kuwedde, buli muntu alina okudda ku mulimu gwe, wabula era teyeerabira okwogera ku Katonda buli wanna w'aba ali.

11. Aya eno cyogera ku kyafaayo kyaaliwo mu bulamu bwa Nabbi (s.a.w.). Jabceri yagamba nti twali tusaala ne Nabbi (s.a.w.) ekibiina ky'abasuubuzi abaali bava ku ssafaali ne batuuka nga baleese entwala y'ebyamaguzi awamu n'emmere, eno bwe bayimba n'okukuba ebivuga. Mu kiseera ekyo Nabbi yali ayimiridde ku kituuti nga asoma Khutuba (abuulira), kale abasinga obungi mu be yali abuulira ne bafulumu ne bagenda eri ekibiina ekyo, ne wasigalawo abantu kkumi na babiri mu bo nga mwe muli Abu Bakari ne Umaru. Awo nno Katonda kwe kussa aya eno ebagaana okuddayo okukola ekyo.

## EBIFA KU SSUULA AL-MUNAAFIKUUN MU BUFNZE (63)

Eno nayo y'emu ku Ssuula ezakkira e Madiina nga n'erinnya lyayo liggibwa ku kigambo ekiri mu aya esooka. Essuula eteeka essira ku kwogera ku bannanfuusi n'obunnanfuusi, nga yassibwa mwaka 4-6 A. H.

Nga Bamuhaajiriin tebannasengukira Madiina. Ebika by'omu Madiina bibiri, ekya Ausi ne Khazaraj baali batabaganye nga basazeewo entalo. ennyombo n'okunenengana babisse ku bbali nga balonze Abdullah mutabani wa Ubbay, eyali Omukungu akulira ekika kya Khazaraj y'aba akulira ebika byomoiriri ebitabaganye. N'oluvannyuma abatuuze b'omu Madiina abaali basiramuse we baayitira Nabbi Muhammadi (s.a.w.) n'Abasiraamu bagende basenge e Madiina naye nga ye Abdullah bin Ubbay yali teyeteabye mu kusalawo kw'okubudama Abasenze. Olw'okubanga Obusiraamu bwali bubunye kumpi buli mutuuze w'omu Madiina kyekyaviirako Ibn Ubbay okuounywegera alyoke asigaze obukungu bwe mu bagoberezi be — bwebatyo nno n'abagoberezi be bangi ne babwesogga kyokka nga muli bafa ekiruyi. Naddala ye Ibn Ubbay yanakuwazibwa nnyo olw'okubanga okusenga kwa Nabbi (s.a.w.) kwali kumusubizza obwami n'obukungu. Bw'atyo nno yamala emyaka mingi nga ebikolwa bye eby'ofunnanfuusi n'ekiruyi kye nga byeyolekera mu bikolwa bye emirundi egitali gimu. Gamba nga lwe baamenya endagaano gye baali bakoze ne Nabbi (s.a.w.) ey'okuyambagana mu ntabaalo mu kiseera Abasiraamu lwe baazinduukiriza Abayudaaya b'ekika kya Banu Kainukaai, n'olulala ye n'abagoberezi be lwe baayabulira ebifo bye baali bakuuma ku lutalo lw'e Uhudi, n'olulala ye n'abagoberezi be ne bakolagana mu bubba n'ekika kya Banu Nadhir, Nabbi (s.a.w.) n'Abasiraamu we baali beetekerateekera okukilumba n'ebirala.


Ate ne ku mulundu guno olwo Essuula eryoke essibwe ebigambo ebiri mu aya 8 bikwaata kw'ebyo ebyayogerwa Kabaka w'abannanfuusi oyo, Abdullah bin Ubbay bin Salul, Abakkiriza Ba-Answar ne Bamuhaajiriin bwe baali baddayo e Madiina nga bava okutabaala ekika kya Banu Mustalik. Ng'Abatabaazi bawumuddeko mu lugendo lwabwe mu kifo awaali Uluzzi e al-Muraisi, oluyombo lwabalukawo wakati wa Answar omu ow'ekika kya Khazaraj ne Muhaajir (omubudanye) abo abaali basena amazzi era ne bibabugumamu. Ekintu ekyo kyanyiiza bangi naddala Abdullah bin Ubbay, oyo ayakyukira Ba-Answar banne n'abanenya nga bo bwe beetuusizzaako okunyoomebwa okwo ne basenza Bamuhaajiriin, era awo we yagambira nti embeera y'Ekibuga Madiina yali eteekwa okuddayo nga bwe yali oluberebereye nga Abasiraamu tebannasengukirayo. Era yagamba n'okugamba nti nga batuuse mu Madiina bo-abamaanyi (Ba-Answaar) baali ba kugobamu ensonjogo (abasenze).

Obubaka bw'Essuula bwefunziridde ku kwogera ku Bunnanfuusi n'abannanfuusi era butangaaza nga ebirayiro by'abantu abenkulu ebbiri bwe biri ebyayanga ebisa, ebyo abantu abo abannanfuusi bye beerayizalayizanga balowoozese Abakkiriza abatuufu nti nabo Basiraamu abakakafu, so nga muli bo baabyerimbikangamu nga babifudde engabo ebakuuma obutagguukirizibwa nkwe zaabwe na kulwanyisibwa Basiraamu. Wabula bwe baddanga bokka ng'olwo bateesa era basala enkwe ez'okulemesa Obusiraamu okugenda mu maaso, era nga bakubiriza abantu obutasiramuka balyoke babagaane ku Kkubo lya Katonda. Baakijanyanga mu nkwe zaabwe Obusiraamu n'Abasiraamu na balowooza nti ebikolwa byabwe tebibanyiddwa. Ne Katonda kwe kubawemuukiriza eri Abakkiriza n'abotola engeri zaabwe.

Katonda era yeekesa Abakkiriza abajjuvu obukodyo n'enkwe z'abannanfuusi, wabula n'abakubiriza beenyereze mu kulwana ku lw'okusitula Eddiini Ye. Era balabulwa balema kuseerezebwa byakufuna kwa nsi okubagga ku kuweereza Omutonzi Kaba-

---

tonda wabula babeere nga bakola ebikolwa ebirongoofu. Kinnyonnyolwa nga enko-  
merero embi bw'eriba ku batakkiriza n'abannanfuusi era nga ebyo byonna ebibeeyinuzza  
nga bali kuno ku nsi si bya kubagasa nga batuusizza entuuko zaabwe ne bafa nga  
babadde tebecyambisizza kakisa ka kwenenya nga bakwali balamu ku nsi kuno.



## ESSUULA AL-MUNAAFIKUUN (63)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 11

Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bwe baba nga bakujjidde (Ggwe Muhammadi) abannanfuusi, bagamba nti: Tujulira nga tukakasa nga mazima ggwe oli mubaka wa Katonda. Ne Katonda amanyi nga ddala ggwe oli mubaka We, sso nga Katonda ajulira nga mazima abannanfuusi balimba (tebakakasa bye boogera).

إِذَا جَاءَكَ الْمُنَافِقُونَ قَالُوا لَوْ أَنَّنْهَدُ إِنَّكَ لَرَسُولُ اللَّهِ وَاللَّهُ يَعْلَمُ إِنَّكَ لَرَسُولُهُ وَاللَّهُ يَشْهَدُ إِنَّ الْمُنَافِقِينَ لَكَاذِبُونَ ﴿١﴾

2. Baafuula okulayira kwabwe eky'okubawonya (ku lw'ebikolwa byabwe ebibi) ne baziyiza (abantu) ku kkubo lya Katonda. Mazima bo kibi nnyo ekyo kye baalinga bakola.

اتَّخَذُوا أَيْمَانَهُمْ جُنَّةً فَصَدُّوا عَن سَبِيلِ اللَّهِ إِنَّهُمْ سَاءَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢﴾

3. Ekyo lwa kubanga mazima bo bakkiriza (n'ennimi zaabwe) ate oluvannyuma (ne bagaana n'emitema gyabwe), n'olw'ekyo ne kuzibikirwa ku mitima gyabwe (ne baba nga nabo tebategeera).

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ آمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا فَطُبِعَ عَلَى قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٣﴾

1. Essuula eno emyonnyola ebikolwa by'abannanfuusi n'emize gyabwe. Naddala aboogerwako wano be bo abakkirizanga Nabbi (s.a.w.) mu biseera bye nga asengukidde e Madiina n'emimwa gyabwe sso nga gyo emitima gyabwe tegikkiriza. Nga babadde bazze ewa Nabbi oba nga bali mu lujjudde lw'abantu baayolesanga Obusiraamu ku lw'okwatula n'emimwa gyabwe nga bajulira nti Katonda Ali Omu, ne Muhammad Mubaka We, era olwo ne balayira eby'obulimba nga bwe bakakasa ekyo kye boogedde. Naye nga kye bagenderera kwe kulowoozesa Abasiraamu nti batuufu, olwo nno ekyo bakifuule eky'okubawonya ebyandiddiridde. Kyokka bwe baabanga eyo ebbali bokka nga bakola enkwe na buli kikulwa kyonna ekiseketerera Obusiraamu. Era muli baali bakukkuluma nga beekokkola Abasiraamu Bamuhaajiriin nga baagala singa babaviiridde mu kibuga kyabwe Madiina, olwo bo beddize obukulu n'ekitiibwa bye baalina nga Nabbi (s.a.w.) n'abakkiriza tebanasengukirayo.

Kale wano Katonda ategeeza nga abannanfuusi bwe bakkirizanga kungulu nga bazze mu maaso ga Nabbi nga bajulira bakakasa nga Nabbi bw'ali omubaka wa Katonda sso nga tekiri mu mitima gyabwe.

4. Bw'oba nga obalabye emibiri gyabwe gikwewuunyisa (olw'obunyirivu n'obulungi bwabwe); ate bwe baba nga boogedde owuliriza ebigambo byabwe (olw'obuwoomerevu bwabyo). Sso nga balinga omuti omukalu omuli omuwulenge ogwesigamye (ng'enkondo). (Beeraliikirivu ekisera kyonna) balowooza buli kyonna ekikuba (ntikyolekezebwa) ku bo. Bo balabe n'olw'ekyo beekeke. Katonda yabakolimira. Ngeri ki bwe bakyuka (okuva ku mazima)!
5. Bwe baba nga bagambiddwa nti: Mujje! omubaka wa Katonda abeegayiririre (Katonda) abasonyiwe (olw'ebisobyoy byammwe bye mukola) bakyusa emitwe gyabwe (ne batunula eri mu kunyoomerera n'olwemanyo) era obalaba nga beeziyiza (beeviirawo), nga nabo beekuluntaza.
6. (Abo) kye kimu ku bo k'obeeguyirire okusonyiyibwa oba nga tobeegayiriridde, Katonda tajja kubasonyiwa. Mazima Katonda talungamya kibiinakya bonoonyi (abeewaggula ku mateeka Ge).
7. Bo be bo abagamba (abantu) nti: Temuwa (emmaali n'obuyambi) ku

وَإِذَا رَأَيْتَهُمْ تُعْجِبُكَ أَجْسَامُهُمْ  
وَأِنْ يَقُولُوا تَسْمِعُ لِقَوْلِهِمْ كَأَنَّ لَهُمْ  
خَشَبٌ مُسْتَدِينٌ يَحْسَبُونَ أَنَّ  
صِيَاحَهُ عَلَيْهِمْ هُمُ الْعُدُو فَاذْرُهُمْ  
فَاتَّاهَمُوا اللَّهَ أَنْ يُولِقَهُمْ ۝٤

وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ تَعَالَوْا اسْتَغْفِرْ لَكُمْ  
رَسُولُ اللَّهِ كَوُودُوا بِهِمْ وَأَرَأَيْتَهُمْ  
يَصُدُّونَ وَهُمْ مُسْتَكْبِرُونَ ۝٥

سَوَاءٌ عَلَيْهِمْ أَسْتَغْفَرْتَ لَهُمْ أَمْ لَمْ  
تَسْتَغْفِرْ لَهُمْ لَنْ يَغْفِرَ اللَّهُ لَهُمْ  
إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ۝٦

هُمُ الَّذِينَ يَقُولُونَ لَا تُنْفِقُوا عَالِ

4. Aya eno emnyonyola embeera y'abannanfuusi nti buli wonna we babeera, abantu abannanfuusi balabika nga abantubalamu era abategeevu abeggonjebwa mu njogera, abalimirwa bannaanbwe era abajumbira obuyambi eri aba mu buzibu, era bwe batyo bwe baali e Madiina mu kiseera kya Nabbi (s.a.w.). Kungulu nga booleka mu buli ngeri nga bwe bali abalungi, beeyonja beeyambaza bulungi nga bagezaako okusanyusa buli muntu kubanga bo tekibesitazanamu eky'okulimba era mu ndaba baba ne kikiranya na buli omu. Boogera ebigambo ebiwoomerevu, ne bawaaniriza omuntu mu bulimba obusa. Sso nga ebyo byonna bikoma kungulu, temuba mazima.

Kyebava bafaananyiirizibwa n'emiti emikalu egy emiwulenge kuba tegigumya ekyo kyonna kye giba giwagira era oli tayinza kugyesiga mbu migumu. Nabo nno miwulenge giri awo temuli nsa; kubanga bali awo tebeesigwa era tebalina bwesimbu. Olw'okubanga muli beemanyi nti basobyera era bankulu bbiri, kale buli wonna we babeera beeraliikirivu nga baceyeekererwa emitima balowooza nti bandigguukirizibwa ekisera kyonna.

7. Wano kiragibwa nga abannanfuusi bwe bataayagalanga balabe nga Bamuhaajiririin bayambibwa mu ngeri yonna, nga muli bafuuyirira nwe zaabwe singa bagumbulukuka ne baddayo gye

lw'abo (abasenze — Bamuhaajiriin) abali awali omubaka wa Katonda okutuusa lwe banaagumbulukuka (ne bava mu kibuga kyaffe Madiina); Sso nga ga Katonda amawanika g'eggulu n'ensi; naye bo abannafuusi tebategera.

8. Bagamba nti: Bwe tunaaba tuzzeeyo mu Madiina, ddala ab'ekitiibwa bajja kufuumuulamu aba wansi (ensonjogo); sso nga ekitiibwa (n'amaanyi) kya Katonda, n'omubaka We, n'abakkiriza; naye mazima abannafuusi tebamanyi.
9. Abange mmwe abakkiriza! Tebala-bankanyanga emmaali yammwe wadde abaana bammwe (ne bibaawukanya) ku kujjukira Katonda, n'omuntu akola ekyo, abo bo be bafiiriddwa.
10. Era mugabe (nga bukyali) kw'ebyo bye twabagabira oluberyebereye nga okufa tekunnamujjira omu mu mmwe, olwo agambe nti: Mukama wange!

مَنْ عِنْدَ رَسُولِ اللَّهِ حَتَّى يَنْقُضُوا  
وَلِلَّهِ خَزَائِنُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ  
لَكِنَّ الْمُنْفِقِينَ لَا يَفْقَهُونَ ⑤

يَقُولُونَ لَئِنْ رَجَعْنَا إِلَى الْمَدِينَةِ  
لَيُخْرِجَنَّ الْأَعَزُّ مِنْهَا الْأَذَلَّ وَلِلَّهِ  
الْعِزَّةُ وَالرِّسَالَةُ وَلِلْمُؤْمِنِينَ وَلَكِنَّ  
عِ الْمُنْفِقِينَ لَا يَعْلَمُونَ ⑤

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا الْأَنْتَاهُمْ أَمْوَالَهُمْ  
وَلَا أَوْلَادَهُمْ عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَمَنْ يَفْعَلْ  
ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ⑥

وَأَنْفِقُوا مِنْ مَّا رَزَقْنَاكُمْ مِمَّنْ  
قَبْلُ أَنْ يَأْتِيَ أَحَدَكُمُ الْمَوْتُ

baava. Mukwetaaga ennyo ekyo kituukirire kwe kwesala entotto nga bageza ku buli lukwe oluyinza okulemesa abasenze n'okulemesa Ba-Answar okubabadanya n'okubayamba. Kyokka ebyo byonna byagwa butaka tebyayitamu. Abasiraamu baagenda beeyongerera bungi na kwemalirira. Era ne Ba-Answar beeyongerera mu maaso okubayamba.

8. Wano ebigambo ebyo byayogerwa omukulu w'abannafuusi mu Madiina, omusajja eyayitibwanga Abdallah mutabani wa Ubbayi.

Ekyo kyajja bwe kiti, mu mwaka ogwokuna (A.H.4) eggwe ly'Abasiraamu bwe lyali ligenze okulwanyisa ekika kya Banu Mustaliq; — Kale eggwe lyabwe lyagumbako mu kifo ekimu bwe baali baddayo e Madiina awo nno enkaayana n'oluyombo we byabalukirawo wakati w'omuzaaliranwa w'omu Madiina omu n'omubudami (omusenze). Mu kanyoolagano ako Abdallah mutabani wa Ubayyi we yagambira olwatu nga agamba omuzaaliranwa nti “kino mmwe mukyetuusizzaako mmwe kennyini olw'okubudanya Bamuhaajiriin abagwira bano mu fle. Mulindirire okutuusa bwe tunaaba tuzzeeyoe Madiina, olwonnoddala Abaamaanyi (abecebiteibwa) bajja kufuumuula ensonjogo (aba wansi): Mukwogera atyo yali ategeeza nti ye ne banne bwe baali mu ituluba erimu be beekitiibwa ate ye Nabbi (s.a.w.) n'Abakkiriza z'ensonjogo, abawejjere — kubanga abasenze abasinga baali banaku abawejjere abatalina kagamba wadde ab'emganda zaabwe, Ng'abyogedde, oluvannyuma byatuuka ku Nabbi(s.a.w.); Abdallah bwe yamanya nti Nabbdii (s.a.w.) abitegedde, kwe kugenda mu maaso ga ku Nabbi(s.a.w.); Abdallah bwe yamanya nti Nabbdii (s.a.w.) abitegedde, kwe kugenda mu maaso ga Nabbi n'atandika okubeyagaana. Katonda n'assa essuala eno okunyonnyola ebikolwa byabwe ebibi n'ebigambo byabwe eby'enkwe n'ekko, obunyoomi n'obuoboze; era Katonda n'akakasa nga bw'atayinza kubasonyiwa ne bw'aba nga Nabbi agezezzaako okubasonyiwa.

Singa onnindirizzaako eri ekiseera ekitono ne (mpaayo eri Katonda) saddaaka ne mbeera ow'omu balo-ngoofu.

11. Wabula katonda tayinza kulindiriza mwoyo entuuko yaagwo bw'ebeera ng'ctuuse, ne Katonda Amanyi ebyama by'ebyo bye mukola (era agenda kubasula mpera zaabyo).

فَيَقُولُ رَبِّ لَوْلَا أَخَّرْتَنِي إِلَىٰ أَجَلٍ  
قَرِيبٍ فَأَصْدَقَ وَأَكُن مِّنَ  
الضَّالِّينَ ﴿١٠﴾

وَلَنْ يُؤَخِّرَ اللَّهُ نَفْسًا إِذَا جَاءَ أَجَلُهَا  
وَاللَّهُ خَبِيرٌ ﴿١١﴾



## EBIFA KU SSUULA AT-TAGHAABUN MU BUFUNZE (64)

N'eno emu ku ssuula ezakkira e Madiina, nga eyitibwa At-Taghaabun okusinziira ku kigambo ekiri mu aya 9. Yassibwa mu mwaka 1 A.H.


Essuula esinga kuteeka ssira ku kukoowoola bantu eri Enzikiriza ya Katonda n'oku-mugondera era eteekako n'okuyigiriza empisa ensaamu ez'obuntubulamu. Obubaka busooka kwogera eri abantu bonna nga bakakasibwa nti Obwengula mwe bali buliko Omutonzi Omugulumivu Omufuzi eyabatonda oyo akaka buli kitonde ne kiba nga kikolera ku Ngereka Ye. Era bakakasibwa nti Obwengula mwe bali tebwatondebwa na lusaago wabula kyakuyiga eri abantu ekyoleka Obuyinza bwa Katonda. Era bategeezebwa nti ekikula kyabwe ekyo ekirungi kwe baatonderwa n'okubawa ebbeetu ly'okweyawulirawo wakati w'obukkiriza n'obutakkiriza si bya kumala galagajjalirwa, wabula Ye Katonda abayegese abiri yeekenneenya engeri gye beeyambisaamu ebbeetu cryo: Era nti mu Nkomerero ba kudda gy'Ali balyoke balamulwe ku lw'ebikolwa byabwe eby'oku nsi.

Katonda akyukira abatakkiriza n'abajjukiza okuzikirizibwa kw'emirembe egiwera mu baasooka, egyazikirizibwa nga bo abatakkiriza b'omulembe guno bwe balizikirizibwa olw'ensonga zino: (1) Okulimbisa Ababaka ba Katonda abaabatimirwa babalunggamyi, (2) n'olw'okuwakanya okubaayo kw'Obulamu Obw'oluvannyuma; ekyo ekyabatuuasa okwonooneka mu mbeera n'okuba n'amayisa amavundu.

Mu kwogera ku balimbisa Ababaka n'Enkomerero, Essuula ekozesa ekigambo at-taghaabun ekitegeeza okuganyulwa n'okwesiima ku njuyi zombi, ate n'okufiirwa ebirungi eri enjuyi eb biri, olw'Abakkiriza n'abatakkiriza. Kubanga kuno ku nsi abatakkiriza abo bakalibivve balabika nga beegazaanya ne beetuamako ebyengeri bya Katonda sso nga bo Abakkiriza bo abanyoomebwa kuno ku nsi emirundi egisinga baba balina katono. Wabula mu Bulamu Obw'oluvannyuma, bo abo kati bakalibivve abatakkiriza be b'okuba mu kufaafaaganirwa okutagambika, bookebwe Omuliro: Ate bo Abakkiriza abalina akatono be b'okwesiima beegazaanyize mu byengeri eby'ensusso olubeerera — ba kusalubwa mpeera ya Jjana. Kale tufuna ekyokuyiga ekikulu nti okwetaaya n'okujaganya kw'omwonoonyi oyo awakanya Katonda kuno ku nsi tekusaanye kuterebula mwoyo gwa mukkiriza ng'akitwala nti ate ye Katonda lwaki tamuwa. Ebyobugaga biba kigezo eri nnyinibyo, ate nga Katonda ayinza okuleka omubuze n'akyakyankya n'oluvannyuma n'amuvumbagira w'aba ayagalidde — Ate nga mu buli ngeri omwonoonyi wa kusogebwa Muliro. Omukkiriza ky'alina, bw'alaba omuntu ow'ekika ekyo atekwa kweyongera kusinza na kutendereza Mutonzi we na bugumiikiriza, kuba Katonda Alaba, Amanyi ate tattirira mpeera ya muddu We — Wa kusalula abalongoofu kuno ku nsi, empeera mpitirivu ey'ensusso mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

Okwo kuddako okukoowoola abatakkiriza be bamu bave mu bizikiza bakkirize Katonda, n'Omumtume We Muhammedi (s.a.w.) n'Ekitangaala ky'Obulunngamu obuli mu Kuraane olwo balyoke beewonye ekibambulira ky'okuzikirizibwa ng'okw'abo abaabasooka.

Abakkiriza bamatizibwa nti buli kizibu ekigwa kw'omu ku nsi kuno kibaawo Katonda bw'aba ayagadde. N'oyo asigala nga mwesimbu n'atawunjukako mu Nzikiriza ye mu mbeera ey'ebizibu Katonda amulunngamyi n'amunyweza mu bukkiriza bwe, ate oyo aterebuka n'awunjuka, mu nkomerero Katonda amuggyako obulunngamu. Abakkiriza bategeezebwa nga abaana n'ebiyokufuna kw'ensi bwe biri ekikemo ekinene eri omukkiriza kubanga byandimuseereza ne bimuggya ku kugondera Katonda ne bimukozesa Katonda by'asunguwalira. Omukkiriza yenna atekwa afube okwefugira ku kutya Katonda, aleme kusukka bikomo by'amateeka g'ebyo Katonda by'ayagala.



## ESSUULA AT-TAGHAABUN (64)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 18

Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.

1. Ebyo byonna ebiri mu ggulu n'ebyo ebiri mu nsi bitendereza Katonda; Bubwe obufuzi era alina okutendebwa n'ebitendo ebijjuvu, Naye Muyinza ku buli kintu.

2. Ye y'Oyo eyabatonda (mwenna), kyokka mu mmwe mulimu abakafiiri era mu mmwe mulimu n'Abakkiriza, ne Katonda Alaba ebyo bye mukola.

3. Yatonda eggulu n'ensi mu mazima, n'abakola mu kifaananyi, ate n'alongoosa ekifaananyi kyammwe (bwe yabassa mu kifaananyi ekisinga okuba ekitereevu era ekirungi). Ne gy'Ali y'eri obuddo (gye mulidda ku Lunaku Lw'enkomerero n'abasasula empeera z'emirimu gyammwe).

4. Amanyi ebyo ebiri mu ggulu ne mu nsi era amanyi ebyo bye mukweka n'ebyo bye mwolesa. Era Katonda Amanyi ebiri mu bifuba (bya buli muntu).

5. Abaffe tekyabatuukako ekigambo ky'abo abaagaana okukkiriza olube-ryebereye? Ne bakomba ku kibi ky'e-kigambo kyabwe, era balina ebibonyobonyo ebiruma (ku Lunaku Lw'enkomerero).

6. Ekyo (baakigwako) lwa kubanga mazima Ababaka baabwe (ba Kato-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَسْبِقُهُ اللَّهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ  
لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ وَهُوَ عَلَى كُلِّ  
شَيْءٍ قَدِيرٌ ①

هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ فَمِنْكُمْ كَافِرٌ وَمِنْكُمْ  
مُؤْمِنٌ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ②

خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ وَصَوَّرَكُمْ  
فَأَحْسَنَ صُورَكُمْ وَاللَّهُ الْمَصِيرُ ③

يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَيَعْلَمُ  
مَا تُسْرُونَ وَمَا تُعْلِنُونَ وَاللَّهُ عَلِيمٌ  
بِدَاتِ الصُّدُورِ ④

اللَّهُ يَأْتِكُمْ نَبَأَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَبْلُ  
فَدَأَوْا وَقَالُوا لَمْ نَكُنْ مِنْكُمْ عَدَابَ اللَّهِ

ذَلِكَ بِأَنَّهُ كَانَتْ تَأْتِيهِمْ رُسُلُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ

nda) baalinga babajjira n'Obujulizi obunnyonnyofu, wabula ne bagamba nti Abantu obuntu be baba batulunngamya? Kale ne bawakanya era ne bakyuka (nga bakubyeyo amabega) ne Katonda n'ateetaaga eri bitonde (Bye — n'atabeegyua). Ne Katonda Mugagga (Yeemalirira), Atenderezebwa.

7. Abo abaagaana okukkiriza baaloozoza nti tebalizuukizibwa. Bagambe, (Ggwe Muhammadi) nti: Si bwe kiri, Ndayidde Mukama Katonda wange ddala mazima mugenda kuzuukizibwa oluvannyuma mulyoke mutegeezebwe ebyo bye mwakola, n'ekyo kyangu ku Katonda.
8. Kale nno mukkirize Katonda n'omubaka We n'Ekitangaala ekyo kye twassa (Kuraane). Ne Katonda Amanyi ebyama by'ebyo byemukola.
9. (Bajjukize) Olunaku lw'alibakunnganyanya mu Lunaku Lw'okukunnganyanya (kw'ebitonde byonna), — olwo lwe Lunaku lw'Okufiirwa (eri abonoonyi). N'omuntu akkiriza Katonda n'akola emirimu emirungi, alimukingiriza n'asangulawo ebibi bye n'ayingizibwa mu Masamba (Ejjana

فَقَالُوا أَبَشْرًا مِّنْ دُونِ مَا كَفَرُوا وَكُونُوا  
وَاسْتَعْنَى اللَّهُ وَاللَّهُ عَزِيزٌ حَمِيدٌ ﴿٥﴾

زَعَمَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَن لَّنْ يُبْعَثُوا  
قُلْ بَلَىٰ وَرَبِّي لَتُبْعَثُنَّ ثُمَّ لَتَأْتِيَنَّ  
بِمَا كُنتُمْ تَعْمَلُونَ ۗ وَذَلِكُمْ عَلَى اللَّهِ  
يَسِيرٌ ﴿٥﴾

فَأَمَّا بِلِلَّهِ وَرَسُولِهِ وَالنُّورِ الَّذِي  
أَنْزَلْنَا وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٥﴾

يَوْمَ يَجْمَعُكُمْ لِيَوْمِ الْجَمْعِ ذَلِكَ يَوْمُ  
التَّغَابُتِ ۗ وَمَنْ يُؤْمِن بِاللَّهِ وَيَعْمَلْ  
صَالِحًا لَّيُكَفِّرْ عَنْهُ سَيِّئَاتِهِ وَيُدْخِلْهُ  
جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ

9. Olunaku Lw'okuzuukira n'Okulamulwa, lwe lunaku olulibecera olw'entiisa n'ekikangabwa eri abonoonyi. Bo kuno kuni baalinga beeyagala nga beekulukubiza mu by'obugagga nga tebakubwa na ku mukono naye kw'olwo ba kufiirwa babecere abanyoomwa, era nga bali mu muliro gubasonsomola. Ate bo abaalinga aba wansi abanyoombwa kyokka nga bakkiriza bo mu Bulamu Obw'oluvannyuma balibecera mu Jjana Ey'obutebenkevu era Ey'olubeerera, nga bali mu ssanyu eritagambika.

Mu njogera endala okusinziira ku kigambo At-Taghaabun Olunaku olwo luyinza okuyitibwa "Olw'okwelimbagana wakati w'Abakkiriza n'abonoonyi" — kubanga bo bannaggagga muno mu nsi beerwoozza nti bali bulungi era mu ngeri y'emu ne mu Nkomerero be baalisinze okuba obulungi. Naye ku olwo balirimbisibwa kuba be baliba mu mbeera embi ennyo. Ate bo abali obubi kati kyokka nga bakkiriza batuufu kw'olwo ennyiike n'okunakuwazibwa kwe balimu kati olw'okuba mu mbeera embi, olwo biririmbisibwa ne beesanga nga bali mu ssanyu n'okwegazaanya eby'ensusso.

Ey'emirembe) omukulukutira emigga wansi waayo, ba kugabeeramu lubeerera mirembe na mirembe. Okwo kwe kwesiima okunene.

10. N'abo abaagaana okukkiriza ne balimbisa Obubonero Bwaffe, abo be bannanyini kuyingira muliro; nga ba kugabeeramu lubeerera—obuddo obusinga obubi bwe bwo.
11. Tewali kabi konna katuuka (ku muntu) wabula ku lwa buyinza bwa Katonda. N'omuntu yenna akkiriza Katonda, (Katonda) alunnigamya omutima gwe. Ne Katonda Amanyi buli kintu.
12. Kale mugondere Katonda era mugondere n'omubaka (We); kyokka bwe munaaba nga mwawukanye kw ekyo (ye omubaka tanenzezebwa), olwo mazima ekiri ku mubaka Waffe kwe kutuusa Obubaka obunnyonyofu.
13. Katonda! Tewali Katonda mulala atekwa kuzinzibwa wabula Ye. (N'olwekyo) Abakkiriza bateekwa beesige Katonda.
14. Abange mmwe abakkiriza! Mazima mu bamu mu bakyala bammwe n'abaana bammwe mulimu abalabe bammwe, n'olwekyo mubeerinde. Wabula bwe muba mubaddidemu ne mulekera ne musonyiwa, olwo

فِيهَا أَعْبَادٌ ذَلِكُمُ الْقَوْمُ الْعَظِيمُ ﴿٤﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ  
أَصْحَابُ النَّارِ هُمُ الْخَالِدِينَ فِيهَا وَيَسُّ الْمَسِيرُ ﴿٥﴾

مَا أَصَابَ مِنْ مُصِيبَةٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ  
وَمَنْ يُؤْمِنْ بِاللَّهِ يَهْدِ اللَّهُ قَلْبَهُ وَاللَّهُ  
بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٦﴾

وَاطِيعُوا اللَّهَ وَاطِيعُوا الرَّسُولَ فَإِن  
تَوَلَّيْتُمْ فَإِنَّمَا عَلَىٰ رَسُولِنَا الْبَلَاغُ  
الْمُبِينُ ﴿٧﴾

اللَّهُ كَلِمَةَ إِلَهٍ أَحَدٌ وَعَلَىٰ اللَّهِ فليتوكل  
الْمُؤْمِنُونَ ﴿٨﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِن مِّنْ أَرْوَاحِكُمْ  
وَأَوْلَادِكُمْ وَعَدْوَاكُمْ فاحدروهم  
وَإِن تَعَفَوْا وَلَصَحَفُوا وَتَعَفَوْا وَإِن اللّٰهُ

12. Oyo yenna ajemera, omubaka wa Katonda, akabi k'obujeemu bwe kadda ku ye kamujee-mera. Ye omubaka taba na kimuvunaanwa.

14. Abamu mu baana n'abakyala b'abantu babaseereza okuva ku kkubo eggolokofu—mu ngeri eyo ne bafuuka abalabe eri nnyinibo. Ekyo nga kiva ku byetaago bye baba baagala, kale bwe bajumbirira ennyo omuntu n'okumupeeka yandyesanga nga alemesebwa okugondera Katonda; oba oluusi n'abba, oba n'anyaga oba n'afitina banne ekimuviiram n'obutemu oba n'obulugo, bw'atyo n'ayoonoka mu bantu ng'olwo alafuubanira okugezaako okusanyusa abantu be. Katonda wano

mazima Katonda Musonyiyi, Mu-saasizi.

15. Ddala emmaali yammwe n'abaana bammwe kikemo (kigezo ku mmwe), ne Katonda, w'Ali waliwo empeera nnene.
16. Kale mutye Katonda (nnyo) nga bwe musobola, era muwulirize (ebiba-gambibwa), era mugondere (ebira-giro Bye), era muweeyo (emmaali n'obuyambi mu makubo g'obulungi); (bwe mukola mutyo, obwo bwe) bulungi (obubagasa) eri emyoyo gyammwe. N'omuntu akingirizibwa omululu gw'omwoyo gwe (n'ataba mukodo),—abo be b'okulokoka.
17. Bwe muba muwoze Katonda olu-wola olulungi, abongezaamu (emirundi n'emirundi) era n'abasonyiwa, ne Katonda Yeebaza; Wakisa,
18. Amanyi Eby'ewala ebitalabikako n'ebirabikako, Ow'ekitiibwa Omusobozi (ku buli kintu), Omukakasa (mu kulabirira ebitonde Bye).

عَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٣﴾

إِنَّمَا أَمْوَالُكُمْ وَأَوْلَادُكُمْ فِتْنَةٌ وَاللَّهُ

عِنْدَ مَا أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿١٤﴾

فَاتَّقُوا اللَّهَ مَا اسْتَطَعْتُمْ وَأَسْمِعُوا وَأَطِيعُوا

وَأَنْفِقُوا خَيْرًا لِّأَنْفُسِكُمْ وَمَنْ يُؤْتِكُمْ

نَفْسَهُ فَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٥﴾

إِنْ تُقْرِضُوا اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا لِّيُضْعِفَهُ

لَكُمْ وَيَعْفُو لَكُمْ وَاللَّهُ شَكُورٌ حَلِيمٌ ﴿١٦﴾

بِحَبْلِ الْعَيْبِ وَالسَّمَادِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ﴿١٧﴾

kyava abatwekesa tebeerinde. Kyokka atuwabula ni okubaddiramu kw'ebyo bye bayitirizza n'oto-bakambukira nnyo na kulaalaasa bubi bwabwe, n'obasonyiwa ebisoboyo ebyo kye kirungi kuba naawe Katonda akusonyiwa ebibyo.

15. Entalo ezisinga okubalukawo mu nsi zisibuka ku byabuggagga. Kubanga omuntu oba ensi bw'egagawala cfuna omwoyo gw'okwetaaga okukuuma obutiribiri obugagga bwayo, kuba eba etya okulumbibwa ebyayo ne byonoonebwa ababa bagikwatirwa obuggya ky'ekola ckola oba n'egula ebyokulwanyisa, era olufumitiriza nti ensi gundi yandigirumba ng'ebagulawo lutalo. Ensi enjavu teyinza kuba na byakulwanyisa bingi era eby'amaanyi wadde gamba okuba n'eggye eddene ate ettendeke obulungi, kale kigizi buwalira okunaawulawo entalo. Ate bo abantu abatalina mmaali ekyo abamu kibayiza obubbi n'ebivve ebirala.

Ate abantu gye beeyongera okugenda nga bazaala n'abantu gye bakoma okwala mu nsi. Abantu bwe bayitirira obungi, ebivve n'ebizibu bingi bisibukawo. Emmere ekeewa, eddembe likendeera kubanga okubaliisa kizibuwala, ebitundu omubeerwa bifunda, entambula ekaluba, amalwaliro agabajanjaba gateekwa kweyongera bungi, amasomero n'ebirala. Ate okwo kw'oyongera ebivve ebibasibukamu ng'obwenzi, obubbi, obunyazi n'obwakkondo, obutemu n'obusaabulukufu bw'em-pisa. Ng'ebyo byonna awamu bigombagana ne byezaala. Ebyo nno by'ebitonon mu bufunze ebisibuka ku mmaali n'abaana (oba okwala kw'abantu).

17. Bwe muba muwaddeyo emmaali yammwe mu makubo amalungi nga muwaayo ku lwa Katonda yekka awatali kunoonya bitiibwa na kutende bwa balala oba ne mutoola nga mulina empeera gye mugenderera mu kuwaayo okwo era ne mutakibala nga kufiirwa, Katonda abongeza empeera n'amagoba era n'abasonyiwa ebimu mu bibi byammwe. Ne Katonda Yeebaza abakozi b'ebirungi era Wa Kisa tayanguyiza kibonererzo eri oyo aba amujjemmedde.

### EBIFA KU SSUULA AT-TALAAKA MU BUFUNZE (65)

Eno nayo emu ku Ssuula ezakkira e Madiina nga eggya erinnya lyayo ku Bubaka obukulu bw'eyogerako mu aya 1-7. Yassibwa luvannyuma lwa kussibwa kwa aya ez'omu Ssuula Bakara, aya 229, 228, 230, 234 ne bya 49. Ssuula Al-Ahzaab, ezo ezoogera ku Mateeka n'Ebiragiro ezaasookera ddala okussibwa nga zikwata ku *Talaka* (okuta ngana oba okwawukana kw'abafumbo ababiri).

Amateeka ago n'Ebiragiro ebyawebwa mu Aya ezo waggulu mu bufunze gaali nti:

- (1) Omwami alangirira (ayatula) emirundi egisinga obungi esatu gyokka nga bw'atadde mukyala we—olwo ne baawukana obutaddingana.
- (2) Singa omwami ata omukyala we omulundi ogusoose n'ogw'okubiri, aba akyalina ebbeetu ly'okumweddiza mu bbanga ly'okulindirira, *Iddat*, nga terinnaggwaako; era nti singa ebbanga ly'okulindirira liggwaako wabula bo omwami n'omukayala ne basiima baddingane, ekyo kibakkirizibwa awatali ngassi. Kyokka singa omwami atalaka mukyala we emirundi esatu, olwo aba takyakkirizibwa kumweddiza mu *Iddat*, era baba tebakyayinza kufumbiriganwa wadde oluvannyuma lwa *Iddat* okuggyako ng'omukyala amaze kufumbirwako musajja mulala n'amuta mu kweyagalira olwo ono eyamusookako n'alyoka amuddira okumuwasa singa aba ayagadde.
- (3) Ekiseera omukyala oyo akyekuba akagere ky'amala ng'alindirira, nga abadde yalabagana ne bba aba atekwa atukule entukula ssatu 'eza Heezi'. Ebbanga lya *Iddat* ku mukyala ateeddwa enta ebbiri oba olumu liba litegeeza nti omukyala oyo akyalibwa nga muka bbaawe kyekiva kikkirizibwa omwami oyo okumweddiza mu kiseera ky'okulindirira bw'aba ayagadde. Kwo okulindirira kw'omukyala ateeddwa omulundi ogw'okusatu tekuba kwa kuddingana wabula kugendererwamu butasobozesa mukyala oyo kufumbirwa musajja mulala nga *Iddat* tennaggwaako.
- (4) Omukyala awasiddwa kyokka n'ateebwa nga tebannalabagana na bba kawasa talina *Iddat* era wa ddembe okufumbirwawo olumuta.
- (5) Ebbanga ly'alindirira omukyala afiiriddwako bbaawe lya myezi ena n'ennaku kkumi.

Yo Ssuula At-Talaaqa teyassibwa kukyusa oba kuwera Mateeka ago wabula yagendererwamu kwongera kugonjoola na kumatiza amakubo amatuufu agagobererwa mu kusobola okugundiiza obufumbo; ng'olwo ttalaka ekolebwa nga eky'enkomerero singa amakubo amalala gonna ag'okutabaganya emyoyo gy'abafumbo ababa basoowaganye galema. Era yagendererwamu okudda mu bibuuzo ebyali bisigadde nga bikyayenja mu mitima gy'abakkiriza n'Amateeka g'omu Ssuula Bakara gamaze okussibwa, gamba nga: Bbanga ki ly'alindirira omukyala oyo ateebwa naye nga yali yamala dda takyalwala Heezi? Oba abateebwa kyokka nga babadde tebannatandika kulwala Heezi? Oba bbanga ki lye balindirira abo abakyalwa abateebwa nga bali mbuto? n'ebirala.

Bw'etyo nno Ssuula At-Talaaqa ekikulu ky'enyinyintirako kwe kwajja amateeka n'ebiragiro ebiteekwa okugobererwa mu kwawukana oba okutanngana wakati w'abafumbo singa ekyo kiba kye kisigalidde. Ennyonnyola nga obufumbo obw'essanyu obutukuvu bwe busaanye ennyo okukuumibwa, nga buli omu ku bafumbiriganiddwa yee-kuuma n'atakola buganzi bbali bwa bubba oba gamba okukola oba okweyisa mu ngeri eyo ereeta obwenyoovu n'okunyolwa mu mutima gwa munne oba mwami oba mukyala. Obufumbo gwe musingi okuyimiridde obulongoofu mu bantu era y'empagi y'obuntubulamu. Kale nno abafumbo ababiri, omwami n'omukyala, bateekwa babe baamazima n'obwesimbu buli omu eri munne era bateekwa bakkaanye mu nsonga z'omu maka

gaabwe. Abafumbo bombiriri basaanye batye Katonda waabwe Oyo omulungama waabwe.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: “Mu byonna ebikkirizibwa Amateeka g'Eddiini okutanngana wakati w'abafumbo kye kisinga obukyaawe mu maaso ga Katonda. Weewaawo, naye olw'obunafu bw'obutonde bw'omuntu singa wabula okwagala n'okukkaanya bwe kityo nno emisingi okwesigamira obufumbo obulungi ne gisajjuka, olwo tewaba kya kukola, Katonda akkiriza abo abalemaganiddwa okutanngana. Kyokka nga okutalaka tekunnabaawo, Abakkiriza babuulirwa nti balina okukola kyonna ekisoboka okulaba nga batabaganya abakontana. N'ekyo nga kiremwe olwo amazima gateekwa okugobererwa obutataataaganya na kudibaga mukyala okusinziira mu mbeera gy'abaamu mu kiseera ky'okwawukana: Bw'aba enda oba nga alina omwana ebbujje, oba talina atekwa okukuumibwa, okugabirirwa n'okwambazibwa bbaawe nga amateeka bwe galagira okusinziira ku mbeera omukyala gy'abaamu era atekwa okuyisibwa obulungi.

Essuula ekomerezaayo kukakasa ng'Amateeka ga Katonda n'Ebiragiro Bye bwe biteekwa okugobererwa n'okwenywerezaako, awatali ekyo buli oyo yenna asukka ebikomo byago aba yeefaafaaganyizza nga alina kuzikirizibwa—kubanga Katonda ye Nnyini Buyinza, Omukasi ku buli kitonde.



## ESSUULA AT-TALAAQ (65)

Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 12

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

- Owange Ggwe Nabbi! Bwe mubanga (mwagadde) okuta abakyala (bammwe), mubateerenga mu butukuvu bwabwe (nga tebali mu biseera byaabwe bya Heezi era mubale-nga (obutuufu Iddat— ebiseera byabwe bye bamala nga tebannakkirizibwa kufumbirwa, era mutye Katonda Omulezi wammwe. Temubaggyanga mu mayumba gaabwe (ge babaddemu nga Iddat tennaggwaako) wadde nabo tebateekwa kweggyamu (nga temubakkiriza) okuggyako nga babadde bakoze ekibi eky'olwatu (ne benda oba ne bawalagganya ab'oluganda lwa babbaabwe). N'ebyo by'ebikomo by'amateeka ga Katonda; n'oyo yenna ayisa ebikomo by'amateeka ga Katonda, aba ddala yeeryazaamaanyizza yekka. Tomanyi (Owange ggwe Omuntu!) oba olyawo Katonda n'aleeta oluvannyuma (lw'okwawukana) ekigambo (kye mubadde mutasuubira ne muddingana nate ne mwagalana).

- Kale bwe baba nga batuusizza okumalako ebbanga lyabwe (erya Iddat ne mwagala okubaddira), mubeere nabo mu ngeri y'okubayisa obulungi oba mwawukane nabo mu ngeri ennungi, (era mu kiseera ky'okubaddira oba nga mwawukana nabo) muteekeewo abajulizi babiri (Abasi-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِذَا طَلَقْتُمُ النِّسَاءَ  
فَطَلَقُوهُنَّ لِعَدَّتِهِنَّ وَأَحْصُوا  
الْعِدَّةَ وَاتَّقُوا اللَّهَ رَبَّكُمْ لَا تُخْرِجُوهُنَّ  
مِنْ بُيُوتِهِنَّ وَلَا يَخْرُجْنَ إِلَّا أَنْ  
يَأْتِيَنَّ بِفَاحِشَةٍ مُّبِينَةٍ وَتِلْكَ  
حُدُودُ اللَّهِ وَمَنْ يَتَعَدَّ حُدُودَ اللَّهِ  
فَقَدْ ظَلَمَ نَفْسَهُ لَا تَدْرِي لَعَلَّ اللَّهَ  
يُحَدِّثُ بَعْدَ ذَلِكَ أَمْرًا ①

وَإِذَا ابْلَغْتُمْ أَجَلَهُنَّ فَأَمْسِكُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ  
أَوْ فَارِقُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ وَأَشْهِدُوا ذَوَى  
عَدْلٍ مِّنكُمْ وَأَقِيمُوا الشَّهَادَةَ لِلَّهِ ذَلِكَ  
يُوعِظُ بِهِ مَنْ كَانَ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ



raamu) abalina obwenkanya mu mmwe, muyimirizeewo obujulizi (obwo) ku lwa Katonda. Ekyo (ekibalagiddwa) abuulirirwa nakyo oyo abeera nga akkiriza Katonda n'Olu-naku Lw'enkomerero. N'omuntu yenna atya Katonda, (Katonda) amuteerawo obufulumiro (n'ava mu kunyigibwa kw'aba alimu ka kube kwa kika ki),

3. N'amugabira awo w'abade tasuubira. N'omuntu ayeesiga Katonda naye amumala (mu byonna). Mazima Katonda atuukiriza buli kigambo Kye (ky'ayagala). Ddala Katonda yassa ku buli kintu ekigero (kyakyo kye kitasukka).

4. N'abo mu bakyala bammwe abaweddemu essubi ly'okulwala endwadde yaabwe (*al-heezi*) bwe mubeera mubuusizzabuusizza (obanga ddala ebiseera byabwe byakoma oba bali mbuto), ekiseera kyabwe kye bamala (nga balindiridde) oluvannyuma lw'okuteebwa kiri emyezi esatu, era bwe kityo nabo (balindirira emyezi esatu) abo abatannalwala bulwadde bwabwe. N'abalina embuto, ebbanga lyabwe (lye bamala nga mukyabakuuma liba kutuusa kumala) kuzaala mbuto zaabwe. N'omuntu atya Katonda, (Katonda) amussizaawo obwangu mu kigambo kye.

الَّذِينَ طَوَّعُوا وَمَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا ﴿٦٥﴾

وَيَرْزُقْهُ مِنْ حَيْثُ لَا يَحْتَسِبُ وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسْبُهُ إِنَّ اللَّهَ بَالِغُ أَمْرِهِ قَدْ جَعَلَ اللَّهُ لِكُلِّ شَيْءٍ قَدْرًا ﴿٦٥﴾

وَالَّذِي يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا وَيَرْزُقْهُ مِنْ حَيْثُ لَا يَحْتَسِبُ إِنَّ اللَّهَ بَالِغُ أَمْرِهِ قَدْ جَعَلَ اللَّهُ لِكُلِّ شَيْءٍ قَدْرًا ﴿٦٥﴾

4. Omukyala ebbanga ly'amala nga akwali mu maka ga bba oluvannyuma lw'okumuta ly'eryo mw'amalira okulwala endwala za heezi ssatu—emyezi esatu kw'abo abakyalwala. Kale ng'atukudde entukula ezo essatu kiba kika kase nti talina lubuto ate singa lubaddemu, okumala emyezi egyo esatu luteekwa kuba nga lumaze okweyoleka. Kale bwe lutabaamu olwo omukyala n'alyoka akkirizibwa okuva mu maka g'oyo abadde bwa era wa ddembe okufumbirwa omusajja omulala.

Ate oyo omukyala aba takyalwala ku lw'obukulu oba nga akwali omuto nga tannatuusa myaka gya kulwala, naye alindirira emyezi esatu. Oyo ate aba omuzito ng'alina olubuto, ekiseera ekyo ekyo *Iddat* kiggwaako lwa kuzaala, ssi nsonga wadde na bw'aba amaze olunaku lumu n'azaala.

Ye omukyala afiriddwako bbaawe amala emyezi ena n'ennaku kkumi. Kyokka singa bbaawe afudde nga omukyala ali lubuto, olwo ekiseera ky'amala ky'eky'okutuusa okuzaala.

5. Ekyo ky'Ekiragiyo kya Katonda ekisse gye muli. N'omuntu atya Katonda, (Katonda) amusangulako ebibi bye n'amunenyiza (n'amuyi-ngiwariza) empeera.
6. Mubateekenga abakyala (abo be mutadde) awo (mu mayumba gammwe) we mubeera, (ku kuge-raageranyiza) ku nfunu yammwe, so temubabonyabonyanga mulyoke mubanyigirize (mu nsula balemmerwe). Bwe babeeranga balina embuto, kale mubagabirirenga (wamu n'okubambaza) okutuusa lwe banaazaalanga embuto zaabwe. Nga babadde babayonserezza (abaana bammwe), mubawenga empeera yaabwe (ey'okuyonsa) era muteesaganyenga wakati wammwe (mmwe abaami ne bakyala bammwe) mu buntubulamu (awatali omu kuzitoowereza munne); naye bwe mubanga mulemaganiddwa, olwo (omukyala) omulala amuyonsezenza (omwami) omwana we.
7. Alina okuwaayo ayeesobola okusinzira mu kusobola kwe, n'oyo eyafundizibwa enfunu ye, naye alina okuwaayo mw'ebyo Katonda bye yamuwa. Katonda tawaliriza mwoyo wabula (agulagira kuwaayo kigero ekisaamu) mw'ebyo bye yaguwa. Katonda ajja kussaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzito (n'olw'ekyo temusaanye kutya buvunaanyizibwa).
8. Byenkanawa ebyalo ebyekuluntalizinga ku kiragiyo kya Katonda waa-

ذَلِكَ أَمْرُ اللَّهِ أَنْزَلَهُ إِلَيْكُمْ وَمَنْ يَتَّقِ  
اللَّهَ يُكْفِرْ عَنْهُ سَيِّئَاتِهِ وَيُعْظِمْ لَهُ أَجْرًا ⑤

اسْكُنُوا هُنَّ مِنْ حَيْثُ سَكَنْتُمْ مِنْ وَجْدِكُمْ  
وَلَا تَضَارُّوهُنَّ لِيُضَيِّقُوا عَلَيْكُمْ وَإِنْ  
كُنَّ أَوْلَاتٍ حَمَلٍ فَانْفِقُوا عَلَيْهِنَّ حَتَّى  
يَضَعْنَ حَمْلَهُنَّ فَإِنْ أَرْضَعْنَ لَكُمْ  
فَأُولُوهُنَّ أَجُورُهُنَّ وَاتَّوَرَّا بَيْنَكُمْ بِمَعْرُوفٍ  
وَإِنْ نَعَسْتُمْ فَمَا ضَعُرُهُنَّ أَنْ يَحْمِلْنَ ⑥

لِيُنْفِقَ ذُو سَعَةٍ مِمَّنْ سَعَتِهِ وَمَنْ قُدِرَ  
عَلَيْهِ رِزْقُهُ فَلْيُنْفِقْ مِمَّا آتَاهُ اللَّهُ  
لَا يَكْرِهُهُ اللَّهُ لِنَفْسِهِ إِلَّا مَا أَتَاهَا  
لَنْ يَجْعَلَ اللَّهُ بُعْدَ عُسْرٍ نُيُسْرًا ⑦

وَكَأَيِّنْ مِنْ قَرْيَةٍ عَتَتْ عَنْ أَمْرِ

6. Omukyala n'oyo bba nnyini mwana eyamuta singa balemwa okutegeeragana ku muwendo omusajja gw'anaasasula omukyala olw'okumuyonseza omwana we, nga okuba nga omukyala asaba ssente nnyingi, oba ng'omusajja aseera omukyala, omusajja alina okunoonya oyo anaamuyonseza omwana we

byo n'ababaka Be! (Naffe) ne tuyoka tubibala olubala oluyitirivu ne tubibonyabonya olubonyabonya olubi (kuno ku nsi),

9. (Bwe bityo) ne bikomba ku bubi bw'ekigambo kyabyo (olw'okuzikirizibwa), n'ebeera enkomerero y'ekigambo kyabyo nga kufaafaaganirwa.
10. Katonda yabateekerateekera ebibonyonyo ebiyitirivu (mu Bulamu Obw'oluvannyuma); n'olw'ekyo mutye Katonda, Abange abalina amagezi! Abo abakkiriza! Mazima Katonda abassizizza Ekijjukiza (Kuraane),
11. Omubaka nga abasomera ebigambo bya Katonda ebinnyonyola mu bumativu (buli kyetaagisa), alyoke aggye abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu mu bizikiza (by'obubuze n'obutamanya) okubazza eri ekitangaala (ky'obulungamu). N'omuntu yenna akkiriza Katonda n'akola emirimu emirongoofu, (Katonda) alimuyingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) omukulu-kutira emigga wansi waayo, nga ba kubeeramu lubeerera obugenderevu. Ddala Katonda yamulongooseza enfuna (ye mu Bulamu Obw'oluvannyuma).
12. Katonda y'Oyo eyatonda eggulu omusanvu n'ensi (bwe zityo) okufaanana nga zzo, bikka ebiragiro (Bye) wakati waabyo (eggulu n'ensi), mulyoke mumanye nti ddala Katonda Muyinza ku buli kintu, era nti mazima Katonda ddala yetoolodde okumanya buli kintu.

رَبِّهَا وَرُسُلِهِ فَحَاسِبْنَهَا حَسَابًا شَدِيدًا  
وَعَذِّبْنَا عَذَابًا نُّكْرًا ⑨

قَدْ أَقْتُ وَبَالَ أَمْرِهَا وَكَانَ عَاقِبَةُ أَمْرِهَا خُسْرًا ⑨

أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا أَفَ تَنْقُوهَا  
لِلَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ آمَنُوا  
قَدْ أَنْزَلَ اللَّهُ إِلَيْكُمْ ذِكْرًا ⑩

رَسُودًا يَتَّبِعُونَ عَلَيْكُمْ آيَاتِ اللَّهِ مُبَيِّنَاتٍ  
لِالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
مَنْ الظَّالِمَاتِ إِلَى التَّوَارِثِ وَمَنْ يُؤْمَرْ  
بِاللَّهِ وَيَعْمَلْ صَالِحًا يُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ  
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا  
أَبَدًا قَدْ أَحْسَنَ اللَّهُ لَهُ رِزْقًا ⑪

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ سَبْعَ سَمَاوَاتٍ وَمَنْ  
الْأَرْضِ وَمَنْ لَهُنَّ يَتَنَزَّلُ الْأَمْرُ يُخْفِي  
لِتَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ  
وَإِنَّ اللَّهَ قَدْ أَحَاطَ بِكُلِّ شَيْءٍ عِلْمًا ⑫

## EBIFA KU SSUULA AT-TAHRIM MU BUFUNZE (66)


Nayo emu ku Ssuula ezakkira e Madiina. Eggya erinnya lyayo ku kigambo ekiri mu aya esooka. Essuula esinga kussa ssira ku kwogera ku nkolagana wakati w'omukazi n'omusajja, abafumbo; era n'ennyonyola nga obutateegeragana obuba wakati wa zambi bwe butasaanya kwemazaamu baami.

Ekikulu ddala kye yeefubiriddeko kwe kutangaaza ku bikolwa ebimu eby'abakyala baka Nabbi (s.a.w.).

Mu kusooka essuula etuyigiriza nga obuyinza bwonna obw'okutukuza ekintu oba okukiwera bwe buli mu mikonno gya Katonda yekka, wadde ne Nabbi (s.a.w.) talina bbeetu kw'ekyo okuggyako nga afunye kulungamizibwa kuva eri Katonda nga ayitira mu ngeri emu oba endala. Ekirala kye tuyiga kwe kuba nti mu bantu bonna, ekifo ky'Omubaka wa Katonda kyo kya njawulo nnyo—konna akakwata ku bulamu bwe oba ab'omu maka ge tekamala galagajjalirwa, y'ensonga lwaki Bannabbi bonna ebikolwa byabwe n'obulamu bwabwe byalondoolwanga butiribiri, baleme kuwunjuka ku Mateeka ga Katonda, era akasobu konna akaababangako nga Katonda akagonjoolerawo bunnambiro kisobozese Amateeka g'Eddiini n'emisingi gyayo okusigala olubeerera nti tebirina bumogo ssi mu Bitabo bya Katonda byokka wabula ne mu mbeera ya Nabbi (a.s.) yonna kubanga ye yabanga ekyokulabirako eri abagoberezi be.

Eky'okusatu okusinzira ku nsonga eyo waggulu tuyigirako ne tumatira nti olw'okunyezebwanga n'okugonjoolwa ku buli lw'aseredde, ebikolwa byonna wamu n'ebiragiro n'amateeka Nabbi (s.a.w.) bye yawa bya Mazima gokka era byekwanya bulungi n'Amateeka n'Ebiragiro bya Katonda. Bwe kityo nno tuteekwa kubyesemba bitulungamye awatali kakunkuna konna. Ekyokuna kye tuyiga kwe kuba nti Nabbi oyo ebitendo bye Katonda yennyini by'addinganye okutendereza nga bwe biri ekyokulabirako ebigobererwa mu Ddiini, naye yennyini (Nabbi) yasobya lumu n'aziza ku lulwe ekyo Katonda kye yatukuza, olw'okwagala okusanyusa bakyala be. Olwekyo Katonda abagugumbudde n'amaanyi olw'ensobi eyo sso nga Ye kennyini Kabatonda ye yatangaaza nga bakyala baka Nabbi (s.a.w.) abo bwe bali Bannakazadde b'abakkiriza, abateekwa okussibwamu ekitiibwa ekyawaggulu ddala. Okubagugumbula okwo Katonda taluubiramu kuswaza Nabbi We wadde oba Bannakazadde b'Abakkiriza wabula abogobereramu kuwabula na kulungamya bakkiriza engeri gye basaanyeemu okuyisaa mu abakungu mu Ddiini n'abeebitiibwa mu bo. Bwe kityo ne kitegeeza nti okulagira Nabbi (s.a.w.) assibwemu ekitiibwa ssi lwa kuba nti Nabbi mutuukirivu ye tasobya—nedda, wabula lwa kuba ye y'ayimiridde wo ng'ekyokulabirako ky'Eddini gy'abuulira, olwekyo ensobi ze teziteekwa kusussa maaso, bwe kityo ne kitumatiza ffe abagoberezi be nti *Hadiith* ne *Sunna* bye yaleka byoleka ekyo kyennyini Katonda ky'ayagala Omukkiriza abe. Wadde bakyala be nabo, tebaali bama-layika mbu tebasobya, kale nno ebitiibwa byonna bye baatuukako lwa kubanga Katonda yabalungamya nga era n'abatendeka ng'ayitira mu kuba nenyi n'okubagolola. Olwekyo kye kiba nti mu bulamu bwa Nabbi (s.a.w.), oba Bamaswahaba be oba Bakyala be, buli lwe baasobya nga Katonda abalamulirawo. Oluusi Nabbi ye yabalumulanga nga bwe kisomebwa mu *Hadiith* eziwerako, olulala nga Katonda y'abalamura nga bwe kisangibwa mu Kuraane emirundi mingi, okugeza nga; Ssuula Al-Maaida, aya 152; Ssuula An-Nuur, aya 12-17; Ssuula Al-Ahzaab aya 28-29; Ssuula Al-Jumu'ah, aya 11 n'ebitundu ebirala. Katonda yanenyanga abaddu Be abeebitiibwa ng'abo abagoberezi baabwe baleme kubula batuuke n'okubagulumiza ennyo ekiyitiridde okutuuka n'okubabalira ku ddaala ly'obwakatonda okugeza nga Abayudaaya n'Abagoberezi ba Nabbi Issa (a.s.) bwe baagwa mu nsobi y'okusinza bantu bannaabwe.

Essuula ekomerezaayo okunyumya ebyafaayo by'abaddu ba Katonda abaali abalongoofu abannamaddala ate nga baali beebunguluddwa bakalibivve: Aboogerwako ye Mukyala wa Nabbi Nuuhu ne Mukyala wa Nabbi Luutu (a.s.) abo bombi abaali abatakkiriza lukulwe bw'atyo Katonda n'abasogga mu muliro awamu n'okuba nga babbaabwe baali Babaka Be. N'abalala aboogerwako ye Mukyala Aasiya eyali Omukkiriza omwesimbu ng'ate ye Fir'auna bbaawe yali mulabe wa Katonda ssinziggu. Ne Mukyala Mariamu nnyina wa Nabbi Issa (a.s.) ayogerwako oyo eyatuukiriza obweyamu bwe eri Katonda n'aba olubuto ku lw'Ekiragiro kya Katonda awamu n'okuba nga yali talabaganye na musajja. Mw'ekyo tufunamu ekyokuyiga nti wadde omwonoonyi k'afumbiraganwe oba k'abe n'omubi, naye omwonoonyi abonerezebwa ku lulwe ye omulongoofu n'asasulwa empeera ye ennungi emugyaamu—Kale ekyo eky'okuba awamu tekigasa mwonoonyi wadde akatono. Ekyo lwa kubanga Katonda talyazaamaanya baddu Ba bamalirivu abcewayo gy'Ali.



## ESSUULA AT-TAHIIM (66)

### Yakkira Madiina: Erina Ebitundu 2 ne Aya 12

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Owange Ggwe Nabbi! Lwaki oziza ekyo Katonda kye yakukkiriza, nga onoonya okusiima kwa bakyala bo? Ne Katonda Musonyiyi Musaaasizi.

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ لِمَ نَحَرِمُ مَا أَحَلَّ اللَّهُ  
لَكَ تَبَتَّغَى مَرْضَاتَ أَزْوَاجِكَ وَاللَّهُ  
عَفُورٌ رَحِيمٌ ①

2. Ddala Katonda yabalaalika mmwe (abantu) okusumululanga ebirayiro byammwe (eby'ekika ekyo na kuwa mutango): ne Katonda ye Mukama Omukuumi wammwe. Naye ye Mumanyi, Omulamuzi (mw'ekyo ky'aba asazeewo).

قَدْ قَرَضَ اللَّهُ لَكُمْ تَحِلَّةَ أَيْمَانِكُمْ  
وَاللَّهُ مَوْلَاكُمْ وَهُوَ الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ ②

1. Okuva ku aya eno okutuusiza ddala ku aya eyokutaano zikwata ku bakyala ba Nabbi (s.a.w.) Aisha ne Hafisa kyokka nga waliwo enjawulo mu nnyinyonnyola yaazo okusenziira-ku bannyonnyozi abatali bamu.

Ennyinyonnyola emu eri nti Nabbi (s.a.w.) yalinga ayagala nnyo omubisi gw'enjuki (Asaali). kale nga bw'agenda mu nnyumba ya Mukyala Zainabu anywayo esaali okutuusa abakyala bom bi Aisha ne Hafisa lwe beekobaana basale amagezi aganaamugaana okunywangayo Asaali. kye baakola kwe kuteesa nti bw'ajja gy'oli mugambe nli alidde Magaafiira era owunya Magaafiira nno

gwali muti ogw'ebibala ebwunya obubi ennyo. Nga bamukonjedde batyo Nabbi (s.a.w.) yeewozaako n'ategeeza nga bw'anywedde asaali. sso si Magaafiira naye bo ne batamuganya ne bamulumiriza. Ekyo kyennyikaaza nnyo Nabbi n'alayira obutaddayo kunywa asaali.

Awo nno Katonda kwe kussa aya zino nga anenya Nabbi okuziza ekyo Ye Katonda kye yamukkiriza ku lw'okwagala okusiimisa bakyala be; era n'amutegeeza nga bw'ayinza okuggyawo ekirayiro ekyo.

Ate ku ludda olulala enneyisa y'abakyala ba Nabbi eyo eyoleka nti wadde nga bo baali ba ddaala lya waggulu mu bakyala bannaabwe, olw'okuba be Bazadde b'Abasiraamu. naye nabo baali bantu nga abakyala abalala bonna. Era ebiseera ebimu baakolanga enkwe n'ejjoogo ly'ekikyala nga obutonde bwabwe bwe buli. Naddala abo bombiriri Mukyala Aisha ne Hafisa ebiseera ebimu nga ekyokwemanya ebitiibwa byabwe kibatikka ne bakolamu kiyitiriza nga bwe kirabika wano ne mu ssuula Al-Ahzaab (33). Aya 28. Ekyo nno eky'okwemanya ebitiibwa lwa kubanga Hadharat Aisha yali muwala wa Sayyidina Abu Bakari ate ye Hadharat Hafisa u'azaalibwa Sayyidina Umaru bombiriri abaali Bakhalifa ba Nabbi abakuu. Kale ekyo kyabaleeteranga abakyala abo okulabagana obumu ne bakalubiriza Nabbi (s.a.w.) olw'okubanga ye yali wa kisa nnyo, omukwatampola tayagala kubakaayukira.

3. Era (jjukira) mu kiseera Nnabbi lwe yabuulira ekigambo omu mu bakyalabe mu nkiso, omukyala (oyo) bwe yamala okukyogera (eri muggyawe omu) Katonda n'akyolesa eri ye (Nabbi, ekikolwa kya mukyala we), (Nabbi) n'amanyisaako (omukyala kakifulumya) ebimu n'azibira ebimu.

وَإِذَا كَسَرَ التَّيْبُ إِلَى بَعْضِ أَرْوَاجِهِ  
حَدِيثًا فَلَمَّا تَبَيَّنَتْ بِهِ وَأَظْهَرَ اللَّهُ  
عَلَيْهِ عَرَفَ بَعْضَهُ وَأَعْرَضَ عَنْ بَعْضٍ  
فَلَمَّا تَبَيَّنَّهَا بِهِ قَالَتْ مَنْ أَبْكَأَكَ هَذَا  
قَالَ تَبَيَّنَ الْعَلِيمُ الْحَبِيرُ ⑤

4. Bwe muba nga mwenenyezza mwembiriri (Ggwe Aisha ne Hafisa) eri Katonda, (ddala kye kisaamu) kubanga mazima gikyuse emitima gyammwe (ne giva kw'ekyo Nabbi ky'ayagala); naye bwe munaaba mwembiriri mumweragiddeko (Nabbi) ne mubeeragana mu kumizitoowe-reza (mu nsonga z'omu maka ge, Katonda anaamumalira) kuba mazima Katonda Ye ye Mumalizi we ne bamalaika oluvannyuma lw'ekyo baja kuba bayambi (be).

إِنْ تَوَّابًا إِلَى اللَّهِ فَقَدْ صَعَتْ قُلُوبُكُمْ  
وَإِنْ تَظَهَّرَ عَلَيْهِ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ مَوْلَاهُ  
وَجَبْرِيْلُ وَصَالِحُ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمَلَائِكَةِ  
بَعْدَ ذَلِكَ ظَهِيرٌ ⑥

5. Oba olyawo, singa aba nga abatadde (Abange mmwe abakyala ba Nabbi!) Mukama Katonda we anaamuwaan-yisizaamu abakyala (abalala) abalungi okusinga mmwe,—Abasiraamu, abakkiriza abatya Katonda, abeenenya (bwe baba basobezza), abasinza (Katonda), abatambulira (mu kutya Katonda) era nga basiiba,—abakulu abafuumbirwako n'abato embeerera.

عَسَى رَبُّهُ أَنْ طَافَكَ أَنْ يُبَدِّلَهُ  
أَرْوَاجًا خَيْرًا مِنْكَ مُسْلِمًا تَمُوتُ  
فَتَبَّتْ تَبَّتْ عِيدٌ سَمِيحٌ تَبَّتْ  
وَأَبْكَأَ ⑦

6. Abange mmwe abakkiriza! Mukingirize emyoyo gyammwe n'abantu bammwe omuliro (ogwo) ogukumirwa ku bantu n'amayinja, oguliko

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا قُوا أَنْفُسَكُمْ وَأَهْلِيكُمْ  
نَاوًا قُوا هَذَا النَّاسَ وَالْجَارَةَ عَلَيْهَا

3. Singa ebirayiro byammwe biba bibaziyiza okukola obulungi n'obwenkanya oba okulecta emirembe wakati w'ababiri, muteekwa okubimenyawo, ne mweyongera okukola obulungi.

5. *Saa'ihaa*—mu makulu gaakyo ag'ennono kitegeeza abo abatambula ku lw'Obukkiriza nga bavumirira ebibi ne beeresa amaka gaabwe kwe kubayita abo abatambulira mu Bukkiriza, ne basiiba, ne beeresa amasanyu g'ensi wabula ne beewerayo ddala eri Katonda.

bamalaika (abagukuuma) abazito (abakambwe) abamaanyi amayitirivu, abatajeemera Katonda mw'ekyo ky'abalagira wabula ne bakola ekyo (kyennyini) ekibalagiddwa.

مَلَائِكَةٌ غَلَاظٌ شِدَادٌ لَا يَعْصُونَ اللَّهَ  
مَا أَمَرَهُمْ وَيَفْعَلُونَ مَا يُؤْمَرُونَ ﴿٦﴾

- 7. (Ku Lunaku Lw'enkomerero baligambibwa nti): Abange mmwe abagaana okukkiriza! Muleme kwetonda (mbu mwewozaako) olwa leero. Ddala kati muli mu kusalwa ebyo bye mwali mukola (nga muli ku nsi).

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَخْتَذُوا الْيَوْمَ  
إِنَّمَا تُخْرَجُونَ مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٧﴾

- 8. Abange mmwe abakkiriza! Mwene nye eri Katonda olwenenya olutuufu! Ddaaki Mukama Katonda wammwe n'abasangulako ebibi byammwe. N'abayingiza Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) omukulukutira emigga wansi waayo, Olunaku Katonda lw'ataliweebuula (na kwennyamiza) Nabbi yenna n'abo abakkiriza awamu naye Ekitangaala kyabwe (eky'Obukkiriza) kya kuba nga kitambulira mu maaso gaabwe ne ku ddyo waabwe: nga bagamba nti: Ai Katonda! Tujjulize ekitangaala kyaffe, otusonyiwe (ebisobyobyaffe)! Mazima Ggwe Oli Muyinza ku buli kintu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَوْبُوا إِلَى اللَّهِ تَوْبَةً  
صَّوْحًا وَعَسَىٰ رَبُّكُمْ أَنْ يَكْفُرَ عَنْكُمْ  
سَيِّئَاتِكُمْ وَيُدْخِلَكُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ  
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ يَوْمَ لَا يُخْزِي اللَّهُ النَّبِيَّ  
وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ نُورُهُمْ يَسْعَى  
بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَبِأَيْمَانِهِمْ يَقُولُونَ  
رَبَّنَا آتِنَا نُورَنَا وَاعْفُ رَنَا إِنَّكَ  
عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٨﴾

- 9. Owange gwe Nabbi! Funvubira olwanise nnyo abakafiri n'abannanfuusi, obazitoowereze. N'obuddo bwabwe (Muliro) Jahannama,—n'obuddo obusinga obubi bwe bwo!

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ جَاهِدِ الْكُفْرَ وَالْمُنَافِقِينَ  
وَاعْلَظْ عَلَيْهِمْ وَمَا أُولَٰئِكَ إِلَّا مَجْرُوحُونَ ﴿٩﴾

- 10. Katonda yakubira ekifaananyi abo abagaana okukkiriza: Mukyala wa

صَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِلَّذِينَ كَفَرُوا امْرَأَتٌ

10. Katonda yakubira abatakkiriza ekifaananyi ekyokuyigirako ng'agereza ku bakyalaba abo-noonyi babiri sso nga baali babbaabwe bombiriri nga baddu Be abalongoofu, abakkiriza aba ddala. Nabo omu yali Mukyala wa Nabbi Nuuhu nga n'owokubiri ye yali Mukyala wa Nabbi Luutu. Abakyala abo baali mu buyinza bwa babbaabwe abo nga bwe basiba, balya nabo, banywa nabo, basula nabo. Awamu n'ekyo, olw'obwonoonyi bwabwe n'obutakkiriza ekyo eky'okuba



(Nabbi) Nuuhu n'owa (Nabbi) Luutu. Bombiriri baali wansi w'abaddu babiri mu baddu Baffe abalongoofu ne babakumpanya (babbaabwe) bombi kale ne batabagasa kintu kyonna abakyaala baabwe bombi eri Katonda, era ne bagambibwa nti: Muyingire omuliro wamu n'abaguyingidde.

11. Era Katonda yakubira ekifaananyi (eky'okuggumizaako) abo abakkiriza: Mukyala Muka Fir'auna: (Bategeeze abantu) mu kiseera bwe yagamba nti: Ai Mukama Katonda wange! Nzimbira Ennyumba w'Oli mu Jjana, omponye Fir'auna n'ebikolwa bye era omponye mu kibiina ky'abonoonyi;

12. Era (yakubira n'ekifaananyi) kya Mariamu omuwala wa Amraane (Nnyina wa Nabbi Issa Masiya), oyo eyakuuma obweere bwe, kale ne

نُوحٍ وَأَمْرَاتٍ لُّوطٍ كَانَتَا تَحْتَ عَبْدَيْنِ  
مِنْ عِبَادِنَا صَالِحِينَ فَخَاتَمْنَا لَهُمُ  
مُغْنِيًا عَنْهُمَا مِنَ اللَّهِ شَيْئًا وَقِيلَ  
ادْخُلَا النَّارَ مَعَ الدَّٰخِلِينَ ①

وَصَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِلَّذِينَ آمَنُوا امْرَأَتَ  
فِرْعَوْنَ إِذْ قَالَتْ رَبِّ ابْنِ لِي عِنْدَكَ  
بَيْتًا فِي الْجَنَّةِ وَنَجِّنِي مِنْ فِرْعَوْنَ  
وَعَمَلِهِ وَنَجِّنِي مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ①

وَمَرْيَمَ إِذْ نَبَتْ عِمْرَانَ الَّتِي أَحْصَنَتْ  
فَرْجَهَا فَنفَخْنَا فِيهِ مِنْ رُوحِنَا وَصَدَّقَتْ

nnabbi tekyabawonya ekiseera ky'okuzikirizibwa bwe kyatuuka—mu ngeri endala kwe kugamba nti babbaabwe abo tebaagasa bakyaala baabwe wadde akatono mu maaso ga Katonda mbu eky'okuba baka Bannabbi kibasonyiyise okubonerezebwa. Baali bonoonyi mu mitima gyabwe bwe batyo ne bakumpanya Ababaka ba Katonda bombiriri ne batakkiriza bubaka bwabwe; ne Katonda kyeyava abayingiza omuliro.

Mukyala Luutu abagenyi bwe baakyalanga ewaabwe ng'agenda abulira abantu abonoonyi nga bwe bakuyizza abagenyi, olwo bajje babasobyeko nga bwe gwalinga omuze gwabwe ogw'okwagala abasajja emabega. Era olw'obukumpanya mu ngeri eyo ne Mutabni wa Luutu yakwata ekkubo lye limu erya nnyina.

11. Mukyala Fir'auna ono ayogerwako yali ayitibwa Aasiya, yali mukkiriza ggere ng'ali wansi w'obuyinza bw'omusajja eyakaafuwala n'akatagga, Fir'auna. Era kyandiba nti ono ye yali omukyala oyo eyakuza n'akuuma era n'awonya Nabbi Musa obutattibwa Fir'auna. Eky'okuba nga Fir'auna yali mwononyi lukulwe atakkiriza Katonda era nga lumu yatuuka okwerangirira nga ye bw'ali Katonda owa Waggulu, ate ye omukyala we n'aba nga yali mukkiriza mutuufu, kitegeeza nti abakkiriza tebalina kabi ku bukkiriza bwabwe olw'okuba awamu n'abatakkiriza si nsonga wadde wabawo obwetaavu gye bali ate n'okweraliikirira akabi akayinza okuva mu bo. Nga wano bwe tulagibwa nti wadde obukafiiri bwa Fir'auna bwali busukkirivu, naye tebulina kabi ke bwakola ku Mukyala Aasiya eyali mukyala we era mu lubiri lwe kasita ye omukyala yakkiriza Katonda n'agondera Amateeka Ge—Ekyo lwa kubanga Katonda mwenkanya tavunaana muntu ky'atakoze wabula buli muntu agenda kuvunaanibwa ebyo bye yasoby.

12. Mu aya eno Katonda yatukuza Mukyala Mariamu n'asitula eddaala lye mu kibi Abayudaaya kye baali bamusiize eky'okumuyita omwenzi mu kiseera bwe yazaala Nabbi Issa (a.s.) awataali kumala kwegatta na musajja. Wano Katonda kwe kutegeeza nga omukyala oyo bwe yakuuma obweere bwe obutakwatwako musajja yenna okutuusa Katonda lwe yamufuwamu omwoyo gwa

tubufuuwamu omwoyo Gwaffe (n'aba olubuto lwa Issa). N'akakasa amazima g'Ebigambo bya Mukama Katonda we (ebiragiyo Bye ebyayitira ku Malaika) n'Ebitabo bye, n'abeera ow'omu bagondera Katonda.

كَلِمَاتٍ رَبِّهَا ذَكَرْتُهُ وَكَانَتْ مِنْ  
عِ الْقَيْنَيْنِ ١٢

---

Nabbi Issa n'aba olubuto lwa Issa—Era n'amutenda nga bwe yali omukkiriza akakasa Amazima g'ebiragiyo bya Katonda n'ebitabo Bye bye yawa Ababaka Be era nga bwe yali agondera Katonda. Okunnyonyolwa kw'okuzaalibwa kwa Nabbi Issa mu bujuvu kusangibwa mu Ssuula Mariamu (19), Aya 16-29, ne mu Ssuula Aali-Imraane (3) ne mu bitundu bya Kuraane ebirala.

Essuula eno emaliriza ng'eyogera ku bakyala ab'ebitiibwa ababiri, abaali abakkiriza aba ddala: Mukyala Aasiya eyali Muka Fir'auna ne Mukyala Mariamu, Nnyina wa Nabbi Issa (a.s.); ckyo kibeere cky'okulabirako eri abakyala abakkiriza.

Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yagamba nti: "Abakyala abasinga ebitiibwa n'eddaala mu bakyala abaliyingira Ejjana be bano: Mukyala Khadija (eyali mukyala Nabbi) muwala wa Huwailidi, Faatuma muwala wa (Nabbi) Muhammadi (s.a.w.). Mariamu muwala wa Amraane Nnyina Issa Masiiya ne Aasiya eyali Muka Fir'auna."

## EBIFA KU SSUULA AL-MULUK MU BUFUNZE (67)

Nayo y'emu ku Ssuula ezo ezakkira e Makka—mu biseera Obubaka nga kyebujje butandike okussibwa. Eytibwa Al-Muluk okusinziaira ku aya esooka.

Okufaananako n'essuula zonna ezakkira e Makka, essira esinze kulissa ku bikwata ku Nzikiriza. Mulimu n'okutiisa okukakali eri abo abakyebbise mu nnyanga y'obutakkiriza.

Mu aya ettaano ezisooka Katonda amatiza omuntu nga Katonda Omu Oyo Ow'obuyinza bw'Ali ye eyakola Obwengula na byonna ebibwetondeseemu ne mutabaamu kasobu konna.

Mu aya 6-11, Katonda atiisa abantu nawookera alibaviira mu butakkiriza mu Bulamu Obw'oluvannyuma, sso ng'ate Ababaka Katonda be yatumira abantu bajjirira kubalabula beewale okweyisa mu ngeri eyo eribannyika mu ddubi eryo—Mu aya 12-14, Obubaka buyigiriza nti ekkubo erisinga obulungi omuntu ly'asaanye akwate ly'ery'okwewala ebibi n'okutya Katonda mu buli mbeera ne babanga abamulabako kubanga ebyo byonna ebikolwa omuntu by'akola, Katonda aba amulaba era abimanya wadde ka bibe biroowozi buloowozi ebyekusise mu mitima. Abo bokka abalongoosa be b'okusonyiyibwa n'okusasulwa empeera ku Nkomerero.

Mu aya 15-23, obubonero buweebwa nga omuntu alagirwa abwekkaanye bulungi,—obukakasa Obwomu bwa Katonda n'Obuyinza Bwe, era nga bukakasa 'Amazima ago ge babuulirwa ne Kuraane. Essuula ewunzika ng'edda mw'ebyo abatakkiriza b'omu-Makka bye baakonjeranga Nabbi n'A bagoberezi be mu kubajeguula—Kubanga baalinga bakolimiria Nabbi (s.a.w.) era nga bamusabira ye n'A bakkiriza bazikirire. Bagambibwa nti wadde Nabbi n'A bakkiriza ka battibwe nga bo abatakkiriza bwe basaba, ekyo kyali tekiyinda kuyusa mu bibonyobonyo byali bibalindiridde—n'olwekyo balina kwefaako bave mu kudda mu kudobonkana n'ebitabakwatako.



## ESSUULA AL-MULUK (67)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 30

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Yagulumira n'atukula (Katonda) Oyo alina Obufuzi (bwa buli kimu) mu mukono Gwe; Naye Muyinza ku buli kintu (akola ekyo ky'ayagala mu bitonde Bye);—
2. Oyo eyatonda okufa n'obulamu alyoke abagezese (alabe), ani mu mmwe asinga okukola obulungi (akola ku lwa Katonda); Naye ye Ow'ekitiibwa Omusonyiyi (kw'oyo ayeeneyezza);—
3. Oyo eyatonda eggulu omusanvu ezimu nga ziri waggulu wa zinnaazo (ziberekaganye). Toyinza kulaba kamogo (Ggwe Omuntu) mu kutonda kwa Katonda Omusaasizi; ddinnganyaayo eriiso (liggyeeyo bw'olizzaayo nga wekenneenya): abaffe olabamu enjatika?
4. Ate zzaayo (ddirinnganyaayo) eriiso omulundi oluvannyuma lw'omulundi, liija kukyuka likuddire eriiso nga likkakkamu nga nalyo likoowu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

تَبْرَكَ الَّذِي يَدِيَ الْمَلِكُ وَهُوَ  
عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ①

الَّذِي خَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ لِيَبْلُوَكُمْ  
أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا وَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ②

الَّذِي خَلَقَ سَبْعَ سَمَاوَاتٍ طِبَاقًا مَا  
تَرَى فِي خَلْقِ الرَّحْمَنِ مِنْ تَفَوُّتٍ  
فَازِجِهِ الْبَصَرُ هَلْ تَرَى مِنْ فُطُورٍ ③

تُمْرِجُهُمُ الْبَصَرُ كَرَّتَيْنِ يَنقَلِبُ إِلَيْكَ  
الْبَصَرُ خَاسِمًا وَهُوَ حَسِيرٌ ④

2. Nabbi (s.a.w.) yagambanga nti “Katonda yakkakkanya omuntu ku lw'okufa n'afuula ensi nga nnyumba ya bulamu n'okufa. Ate n'afuula Enkomerero nga Nnyumba ya Kusaulwa na Kusigalawo obugenderevu.”

4. Wano Kuraane eragira abantu bonna okwetegereza ebitonde eby'ekyewuunyo Katonda bye yatonda mu bbanga ly'Obwengula, ebitalina mpagi zibiwaniira era ebitakyukako kuva ku ngeri yaabyo: Wano Kuraane w'egambira abantu bonna abali mu buli mulembe, ka babeere bannakyalo oba bannakibuga oba bannamalungu oba abayigirize abasoma oba si bayigirize, oba bakagezi-munnyo abaakuguka ne bakenkuka mu kumanya eby'omu bbanga:—Buli omu mw'abo Kuraane emulagira yecetegerize yekkaanye ng'atunuulira engeri Katonda gye yatondamu eggulu n'ebyo ebiri mu bbanga. Mu buli ngeri okulaba kwe kujja kumuddira nga tekusanze kamogo konna mu kutonda kwa Katonda.

5. Mazima ddala twanyiriza eggulu eriri okumpi (n'ensi kasookanga tuli-teekawo) n'emmunyee nye ezaakaayakana ne tuzifuula ezivaako ebitalu liro ebikanyugirwa zisitaane (eziba zebbiririra ziwulirize ebigambo bya Bamalaika ebifa mu ggulu), era twabatekerateekera bo ebibonyobonyo ebyokya.

وَأَقْدَرَيْنَا السَّمَاءَ الدُّنْيَا بِمَصَابِعِهِمْ  
جَعَلْنَاهُمْ جُوعًا لِلشَّيْطَانِ وَأَعْتَدْنَا لَهُمْ  
عَذَابَ السَّعِيرِ ⑤

6. N'abo abaagaana okukkiriza Mukama Katonda (Omulezi) waabwe balina ebibonyobonyo by'omuliro (Jahannama) obuuddo obusinga obubi bwe bwo.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِرَبِّهِمْ عَذَابُ جَهَنَّمَ  
وَإِنَّ السَّعِيرَ ⑥

7. Bwe baliba nga basuuliddwamu baliwuliranga nga gulina okutokota (n'okuyira) nga nagwo gukyamuka,

إِذَا أُلْقُوا فِيهَا سَمِعُوا لَهَا شَهِيقًا وَهِيَ  
تَفُورُ ⑦

8. Eno nga gusemberera okweyuzaayuzamu ku lw'obusungu. Buli lwonna lwe kirisuulibwangamu ekibinja (ky'abonoonyi), (bamalaika) abakuumi baagwo ne bababuza nti: Abaffe, temwajirwa mutiisa (n'omu)?

تَكَادُ تَمَيَّزُ مِنَ الْغَيْظِ كُلَّمَا أُلْقِيَ فِيهَا  
فَوْجٌ سَأَلَهُمْ خَزَنَتُهُمَا أَلَمْ يَأْتِكُمْ نَذِيرٌ ⑧

9. Baligamba nti: Yee, ddala omutiisa yatujjira, naye ne tulimbisa (by'atubulira), ne tugamba nti: Katonda tassanga kintu (kyonna); temuli mmwe wabula muli mu bubuze obuyitirivu.

قَالُوا بَلَىٰ قَدْ جَاءَنَا نَذِيرٌ فَكَذَّبْنَا  
وَقُلْنَا مَا نَزَّلَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ غَيْرَ إِنْ أَنْتُمْ  
إِلَّا فِي ضَلَالٍ كَبِيرٍ ⑨

10. Awo bagambe (nga bawanjaga) nti: Singa kale twali tuwulirizza (omubaka) oba singa twali tutegeera (ne tufumiitiriza amakulu g'ebyo eby'atubulirwa), tetwandibadde mu bannanyini kuyingira muliro.

وَقَالُوا لَوْ كُنَّا نَسْمَعُ أَوْ نَعْقِلُ مَا كُنَّا  
فِي أَصْحَابِ السَّعِيرِ ⑩

8. Baabuwe obutonde bwa bamalaika obutuukirivu tebusabozesa kumanya bwonoonefu bwa bantu, kale ekyo ne kibawuniikirizisa okulaba enkuumuliitu n'enkuumuliitu y'abonoonyi abayingizibwa omuliro awo kwe kwewuunya oba nga ddala ababaka ba Katonda tebaabatuukako ne batiisa okusisinkana cibonerezo by'Olunaku olwo!

11. Olwo ne bakkiriza ekibi kyabwe (kyokka nga ekyo tekikyabagasa); okwesamba (okusaasira kwa Katonda kwa maanyi) kw'abo bannannyini (kuyingira) muliro.

فَاعْتَرَفُوا بِذَنبِهِمْ فَسُحِقًا لَّصْحَابِ  
السَّعِيرِ ⑪

12. Mazima abo abatya Katonda waabwe awamu n'obutamulabako, balina okusonyibwa n'empeera ennene (okuva eri Katonda).

إِنَّ الَّذِينَ يَحْتَشُونَ رَبَّهُمْ بِالْغَيْبِ  
لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَبِيرٌ ⑫

13. Mukweke ekigambo kyammwe oba mukyatuze (byonna kye kimu eri Katonda), mazima Ye Amanyi (byonna) ebiri mu bifuba (mu mitima gy'abaddu Be).

وَأَسْرُؤًا قَوْلِكُمْ وَأَوْجَهُرُوا بِهِ ط إِنَّهُ  
عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑬

14. Abaffe (Katonda) tamanyi (ebyo bye yatonda)—Oyo cyatonda! Nga Naye ye Mukwatampola, Omumanyi w'ekyama.

أَلَا يَعْلَمُ مَنْ خَلَقَ وَهُوَ اللَّطِيفُ  
الْخَبِيرُ ⑭

15. Ye y'Oyo eyabafuulira ensi enzika-kkamu (ne musobola okugikolerako kyonna kye mwagala), kale mutambulire ku mabega gaayo (mu mpuuyi zaayo zonna) era mulye mu bigabwa Bye (ebirimibwa n'ebisangibwa mu nsi). Ne gy'ali (Katonda) y'eri Okuzuukira (ku lw'Okusa-sulwa).

هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ ذَلُولًا  
فَأَمْشُوا فِي مَنَاكِبِهَا وَكُلُوا مِنْ رِزْقِهَا  
وَرَأَيْتُمُ النُّشُورَ ⑮

16. Mwesigula okuwona Oyo Ali mu ggulu okubasaanyaawo n'ensi n'ebamira ng'ebadde eyuuguumye (olw'okukankanyizibwa musisi, nga mubadde mumujeemedde)?

أَمْ أَمِنْتُمْ مَنْ فِي السَّمَاءِ أَنْ يَخِفُّ  
بِكُمْ الْأَرْضَ فَإِذْ هِيَ كَمُورٍ ⑯

17. Oba mwesigudde nti muli mirembe nti Oyo Ali mu ggulu taabasindikire mmwe kikunnguunta alimu a mayinja, olwo lwe munaamanya nga bwe kwali (okukakafu okw'amazima) okutiisa Kwange?

أَمْ أَمِنْتُمْ مَنْ فِي السَّمَاءِ أَنْ يُرْسِلَ  
عَلَيْكُمْ حَاصِبًا فَسَتَعْلَمُونَ كَيْفَ نُنزِلُ  
⑰

18. Mazima (abakafiiri) abo ab'olube-ryeberye lwabwe baalimbisa (Ababaka Bange, ne Ndyoka mbakangaavvula ne mbazikiriza): Ngeri ki bwe kwali okubeenyiwa Kwange!
19. Abaffe tebalaba ennyonyi (ezibuu-kira) waggulu waabwe, nga zanjuluza ebiwawaatiro (byazo) ate bwe zibiwumba? Tewali azikwatirira (kuziwanirira obutagwa) wabula (Katonda) Omusaasizi. Mazima Ye Alaba buli kintu.
20. Abaffe ani oyo ye nga ge maanyi gammwe ayinza okubataasa atali (Katonda) Omusaasizi? Tebali abakaafiiri wabula mu kugayaazibwa (olw'okulowooza nti ebyo bye basinza ebitali Katonda biribayamba).
21. Oba ani oyo ayinza okubagabira ebibabeezaawo (mu bulamu) bw'aba (Katonda) nga aziyizizza okugaba Kwe? Wabula (abakaafiiri) bagugubirira mu kwekuluntaza n'okudduka (amazima).
22. Abaffe, oyo atambula ng'akutaamiridde ku kyenyi kye (talaba gy'agenda) y'asinga obulunngamu okusinga oyo atambula nga yeegolodde nga ali ku kkubo eggolokufu?
23. Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Ye (Katonda) y'Oyo eyabassaawo (era n'abeera nga ababeezaawo mu Bulamu), n'abassizaawo amatu, n'amaaso, n'emitima. Kitono nnyo kye mwebazaamu (ebyengera bya Katonda ebyo bye yabagabira)!

وَلَقَدْ كَذَّبَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ  
كَيْفَ كَانَ تَكْدِيرِ ⑮

أَوَلَمْ يَرَوْا إِلَى الطَّيْرِ فَوْقَهُمْ صَفَتْ  
وَيَقْبِضْنَ ۗ مَا يَمْسُكُهُنَّ إِلَّا الرِّحْمُنُ  
إِنَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ بَصِيرٌ ⑯

أَمْ مَنْ هَذَا الَّذِي هُوَ جُنْدٌ لَكُمْ يَنْصَرُّكُمْ  
مِنْ دُونِ الرَّحْمَنِ ۗ إِنَّ الْكُفْرَ وَنَ الْإِ  
فِي عُرُوذٍ ⑰

أَمْ مَنْ هَذَا الَّذِي يَرُزُّكُمْ إِنْ أَمْسَكَ  
رِزْقَهُ ۗ بَلْ الْجَوْنُ فِي عُرُوذٍ نَفُورٍ ⑱

أَفَمَنْ يَمْشِي مُكِبًّا عَلَى وَجْهِهِ أَهْدَى  
أَمْ مَنْ يَمْشِي سَوِيًّا عَلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ⑲

قُلْ هُوَ الَّذِي أَنْشَأَكُمْ وَجَعَلَ لَكُمُ السَّمْعَ  
وَالْأَبْصَارَ وَالْأَفْئِدَةَ ۗ قَلِيلًا مَّا تَشْكُرُونَ ⑳

22. Katonda wano yakuba ekifaananyi ky'omukkiriza n'oyo eyagaana okukkiriza.—n'agamba nti Omukkiriza alinga omuntu atambula nga yeesimbye 'yegolodde bwantoo; nga akutte ekkubo eggolokufu erimutuusa gy'alaga, era nga buli kimu akikenga bulungi'. Ye omukafiiri alinga omuntu atambula nga akotese omutwe atalaba gy'agenda era atamanyiiyo wabula n'aba awo mu kutala magga. Abaffe ow'ekika kkyo oyinza okulowooza nti ali ku bulunngamu.

24. Bagambe nti: Ye (Katonda) y'Oyo eyabatonda n'abaaza mu nsi ne gy'Ali gye mulikunngaanyizibwa (ku lw'Okubalibwa n'Okusasulwa).  
 قُلْ هُوَ الَّذِي ذَرَأَكُمْ فِي الْأَرْضِ وَإِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٢٤﴾
25. (Abawakanya Okuzuukira) ne bagamba nti: Ye ddi lw'etuuka eyo endagaano (ey'Okuzuukira)?—Bwe muba nga mwogera mazima (nti waliyo Okuzuukira).  
 وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْوَعْدُ إِن كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٥﴾
26. Bagambe nti: Mazima okumanyibwa (kw'entuuko y'Ekiseera ekyo) kuli eri Katonda (yekka): naye mazima nze ndi mutiisa (butiisa) ow'olwatu (annyonyola obunnyonyofu ebyantumbwa mbatuuseeko).  
 قُلْ إِنَّمَا الْعِلْمُ عِنْدَ اللَّهِ وَإِنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٢٦﴾
27. Kyokka bwe baligiraba (endaagaano) ng'etuuse, biryonooneka (ne byekaba) ebyenyi by'abo abaagaana okukkiriza, ne bagambibwa nti: Kino ky'ekyo kye mwalinga musaba okukibanguyiza—(era kati kibatuuse).  
 فَلَمَّا رَأَوْهُ زُلْفَةً سَيِّئَتْ وُجُوهُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَقِيلَ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ بِهِ تَدَّعُونَ ﴿٢٧﴾
28. Bagamba (Ggwe Muhammadi) nti: Mukirowoozeeko, singa Katonda ayagadde okunkikiriza (nze Muhammadi) n'abo be ndi nabo (abakkiriza) oba singa aba atusaasidde,—naye ani aliwonya abakafiiri mu bibonyobonyo ebiruma?  
 قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَهْلَكَنِي اللَّهُ وَمَنْ مَعِيَ أَوْ رَحِمَنَا لَمَنْ يُجِيرُ الْكَافِرِينَ مِنْ عَذَابِ الْيَوْمِ ﴿٢٨﴾
29. Bagambe nti: Ye ye (Katonda) Omusaasizi gwe tukkiriza era nga twesize Ye yekka. Ddaaki mugenda kumanya nti ani ye ali mu bubuze obwenkukunala.  
 قُلْ هُوَ الرَّحْمَنُ أَمَّنَّابِهِ وَعَلَيْهِ تَوَكَّلْنَا هُمْ لَمَّا كَفَرُوا مِنْ هُوَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٢٩﴾

28. Anti abatakkiriza bandigamba nti “ate nga n’abakkiriza bazikirira oba bagamba nti bo bali bulungi era Katonda asiima bye bakloa”?

Ne Katonda kwe kulagira Nabbi abagambe baleme kufaayo kw'ekyo kyonna ekiba kituuse ku balongoofu, kubanga mu buli ngeri Katonda ajja kubasaula ebirungi oluvannyuma, ssi nsonga k'abatte amangu kuno ku nsi. Wabula bo abatakkiriza ka bawangaale nnyo kuno ku nsi oba babe mu mbeera nnungi etya naye mu Nkomerero ekyo tekiribagasa, eky'okuwangaala oba eky'okwegazaanyiza ku nsi. kubanga tewali n'omu alibasumattusa bibonerezo bya Katonda.



30. Bagambe nti: Mumbuulire, singa amazzi gammwe (gonna ku nsi) gakeesezza nga gakalidde gaggweeredde mu ttaka, ani ayinza okubaleetera amazzi (g'ensulo) agakulukuta (atali Katonda)?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَصْبَحَ مَاؤُكُمْ غَوْرًا  
فَمَنْ يَأْتِيكُمْ بِمَاءٍ مَعِينٍ ﴿٦٧﴾

---

30. Tewali mulala yenna asobola kukikola ekyo wabula Katonda Oyo Ow'ekisa, Omusaasizi, era Omugabi. Ku lw'ekisa Kye yabunyisa amazzi mu nsi yonna ekigero ekyo ebitonde Bye kye byetaaga, ne gataba mangi galeeta kabi ate ne gataba matono agatamala. Buli kitendo kisaana kutenda Katonda Omulezi w'ebitonde!

### EBIFA KU SSUULA AL-KALAM MU BUFUNZE (68)

Eno y'emu ku Ssuula ezo ezakkira e Makka mu biseera eby'olubereberye ng'Obubaka bwakakka. Eyitibwa Nuun oba Al-Kalam (Ekkalaamu). okusinziira ku bigambo byennyini by'etandisa.


Obubaka bwayo bwa mitendera esatu: Ogusooka kwe kuddamu mw'ebyo abatakkiriza bye baateetulanga ku Nabbi (s.a.w.), ogwokubiri kwe kulabula n'okutiisa abatakkiriza olw'effujjo eryo n'ogwokusatu kwe kukubiriza Nabbi (s.a.w.) yeekuumire ku bukwatampola n'obugumiikiriza.

Essuula etandika n'okugumya Nabbi (s.a.w.) aleme kufaayo kw'ebyo abatakkiriza bye baamuyitangamu omugwi w'eddalu, ate nga Nabbi ye yali abasinga obutegeevu n'obulongoofu, nti mu mangu ddala baali ba kumanya ani ayali omulamu w'omutwe oba ani omulalu. Nabbi (s.a.w.) yagambibwa nti ebyo byonna abatakkiriza bye baamujwetekangako n'okumujeeguula baalinga bagenderera kumuterebula agonde afuuke kikkiranya nabo. N'olw'okugenderera okuzibula abantu. ebisaanyizo by'omuntu omulongoofu ow'enjawulo byogerwako olwo oyo yenma eyalimu akategeera asobole okwawula Nabbi (s.a.w.) kw'abo abalabe be abaalinga bamujoonyesa buli kakedde.

Essuula era ewa ekyokulabirako kya bannannyini nnimiro (mu aya 17-33) abo Katonda be yali awadde ekyengera nate n'akibaggyako olw'obutasiima bwabwe mu kiseera bwe baagaana okukkiriza ekirowoozo ky'omusajja oyo eyali abasingamu ebulungi mu bo. Obutakkiriza bwabwe kirowoozo kye baggibwako ekyengera era okugenda okwejjukiriza nga ebisige byabwe byonna bisirisse. Mu ky'okulabirako ekyo abatuuze b'omu Makka balabulwa bayigireko kubanga baali balondeddwamu Omubaka Muhammad, kale kyali kigezo okufaanako ekya bannannyini nnimiro: nti singa tebamugoberera nabo baali ba kugwa ku kibambulira muno mu nsi ng'ate n'ebibonerezo by'Enkomerero by'ebiribabeerera ebisuffu mu bukakali.

Mu aya 34-47 abatakkiriza balabulwa n'okutiisibwa omuddirirwa nti okuva lwe begaanye okukkiriza Kuraane— Mu bulo ngeri tebalina ngeri ya kusumattukamu Katonda beewale ebibonerezo Bye nga bo bwe baalinga beerimba.

Essuula emaliriza nga Nabbi Ow'ekitiibwa akuutirwa agumiikirize agazibu gonga g'ananganga mu kkubo ly'okutuusa Obubaka bwa Katonda okutuusa okusalawo kwa Katonda lwe kulituuka. Era yeewalire ddala obwanguyiriza ng'obwo obwatuusa ku Nabbi Yunusu okubonaabona n'ennaku.



## ESSUULA AL-KALAM (68)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 52

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. NUUN. Ndayidde Ekkalaamu n'ebyo bye bawandiika,—
2. Toli ggwe (Muhammadi) ku lw'ekyengera kya Mukama wo mugwi wa ddalu (ng'abo abakulimbisa, abatamanyi bwe bagamba nga bagenderera okuvunvubika Amazima).
3. Mazima olina ggwe empeera eteri ya kukutukawo (ku lw'okutuukiriza Obubaka—ya lubeerera):
4. Era mazima ggwe oli ku mpisa engulumivu (ennungi ez'obuntu).

ن وَالْقَلَمِ وَمَا يَسْطُرُونَ ﴿١﴾

مَا أَنْتَ بِنِعْمَةِ رَبِّكَ بِمَجْنُونٍ ﴿٢﴾

وَأَنَّكَ لَاجْرَأَتٌ يُرْمَىٰ مِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَأَجْرُكَ إِلَّا يَرْمُونَ ﴿٣﴾

وَأَنَّكَ لَاعْلَىٰ خَلْقٍ عَظِيمٍ ﴿٤﴾

1. NUUN. — Katonda yatandisa ennyukuta eyoessuula eno, nga bwe yata ndisa n'essuula endala mu Kuraane n'ennyukuta ezimu.

Okulayira Kwe ekkalaamu n'ebyo by'ewandiika ng'ayoleka ekitiibwa kyayo n'omugaso ogw'okuwandiika n'okusoma. Kubanga Amateeka ga Katonda n'Obubaka Bannaabi bwe bajja nabwo bwakuumwa era ne busaasannyizibwa na Kkalaamu. Endagaano n'Obwesigwa byonna bikuumwa na kkalaamu. Tewali muntu asobola kumalayo mugaso gwa kuwandiika!

4. Katonda wane yajulira ku Nabbi We Muhammadi (s.a.w.) nga baw'ali ku mpisa ennungi enjyoofofu eza waggulu ekyo ne kiraga ekifo eky'enjawulo ky'alina mu masso ga Katonda. Era ebyafaayo bya Nabbi byoleka ne bikakasa empisa ze ez'ekitiibwa ze yalina nga ali wamu n'abagoberezi be, —teyabalinaako jjoogo wadde effugabbi oba okubanyooma. Era empisa ze ennungi zeyolekanga mu ngeri gye yakolaganangamu n'abalabe be: Mu ngeri yonna yalinga wa kitiibwa, agondera Katonda. atuukiriza Obubaka bwe yamukwasa nga teyeekuza era teyewulira, omukwatampola. ow'eggonjebwa. omuntumulamu. Yali talina busungu'bwa ttumbiiza. Teyakubako na mukono gwe muweereza we wadde omukyala oba omuntu yenna, wabula mpozzi ng'ali mu kulwana ku lw'okusitula eddiini ya Katonda.

Anasi mutabani wa Maaliki yagamba nti: "Naweereza Omubaka wa Katonda okumala emyaka naye teyambogolerako oba okunngamba nti lwaki tewakoze kino! Nnabbi (s.a.w.) ye yali asinga abantu bonna empisa ennungi."

Mukyala Aisha yabuzibwa ku mpisa za Nabbi (s.a.w.) n'agamba nti: "Empisa zezaafaanananga nga Kuraane bw'egamba". Ekyo kitegeza nti Nabbi (s.a.w.) yali nga okugoberera Kuraane kitonde kye. Mw'ebyo bye yayogera, yagamba nti: "Natumwa ndyoke nzijuze empisa ennungi."

5. Ddaaki ojja kulaba (mu nsi muno ne ku Nkomerero) era balabe (abo abakujolonga n'okukuyita ow'akazoole). كَسْبُصْرٍ وَيُبْصِرُونَ ﴿٥﴾
6. Ani ku mmwe omutabufu w'omutwe (era ali mu kubula). بِأَيْتِكُمُ الْمَفْتُونُ ﴿٦﴾
7. Mazima Katonda wo Ye y'amanyi oyo abuze okuva ku kkubo Lye, era y'amanyi abalunggamu. إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِينَ ﴿٧﴾
8. Kale nno togonderanga abalimba. فَلَا تَطْعَمُ الْمَكْدَيْنِ ﴿٨﴾
9. Baayagala nti singa oba omwangu kikkiranya n'obagondera nabo ne bakugondera. وَدُّوا أَوْ تَدُهُنَّ يَيْدُهُنَّ ﴿٩﴾
10. Era togonderanga buli mulayizirayizi ayitiriza, anyoomwa, وَلَا تَطْعَمُ كُلَّ حَلَابٍ مَّهِينٍ ﴿١٠﴾
11. Omugeyi, omubungeesa w'enngambo (n'ebyakalebule), هَمَّا زِمَّ شَاءَ يَوْمِيَوْمٍ ﴿١١﴾
12. Omuyitirivu w'okuziyiza obulungi bwonna, omulumbaganyi asukka ebikomo, omwonoonyi. مَنَاجِعَ لِلْخَيْرِ مُعْتَدٍ أَشْيُو ﴿١٢﴾
13. Omukakanyavu (kalibukambwe) omwavu w'empisa, awamu n'ekyo mwana wa bwenzi. عُتِّلَ بَعْدَ ذَلِكَ رَنِيَوْمٍ ﴿١٣﴾
14. Olw'okubanga alina emmaali n'abaana (olukunkumuli kye kimwe-wagisa) أَنْ كَانَ ذَا مَالٍ وَبَنِينَ ﴿١٤﴾
15. Bwe biba nga bimusomeddwa ebighambo byaffe agamba nti: (Ebyo) ngero bugero (ezedda) ez'abaasooka إِذْ أَتَى عَلَى الْإِنْسَانِ أَلْسَانٌ طَيِّبٌ ﴿١٥﴾

9. Abakafiri abaali baagala Nabbi abe kikkiranya akkirizenga byonna bye bamngkamba olwo nabo bamugonderere mu by'abagamba. Naye kibe kuba kityo olwo Obusiraamu tebwandibaddewo olw'okubanga omukafiri yenna talina na kimu kikwata ku ddiini ky'ayagala.

15. Mu bisecra by'okubuulira kw'abantu cddiini nga Nabbi (s.a.w.) akwali e Makka yakaluubi -tizibwa nnyo abakafiri, nga n'abama mw'abo balukulwe mu kumuwalagganya mwe mwali abasajja nga. Abu Lahabi. Abu Jahali, Walid mutabani wa Mughaira n'abalala. Baalina buli omu ebivve n'amayisa amabi ennyo agatagambika nga gano agoogerwako mu aya zino. nga kyokka oyo abalibwa nga donna yagagatta n'ageddiza era asimbiwako abasinga obungi olukongoolo nti y'ayogewako ye Walid mutabani wa Mughaira. eyali olukookero lw'omulabe w'Obusiraamu era owa Nabbi. Yalina amayisa amabi ennyo. omwonoonyi lukulwe!

16. Tujja kumuteekako akabonero (ak'obunyoomoofu n'obuswavu) ku nnyindo (ye) سَسِيهَهُ عَلَى الْخُرْطُومِ ⑴
17. Mazima Ffe tubagezesenza (bano abantu b'omu Makka—Abakuraish) nga bwe twagezesa bannannyini nnimiro mu kiseera bwe beerayirira (nga bamaliridde) nti mazima bajja kubikungula (eby'amakungula g'ennimiro) nga batuuse mu matulutulu (mbu baleme kulabibwa tebawaako abanaku), اِنَّا بَلَوْنَهُمْ كَمَا بَلَوْنَا اَصْحَابَ الْجَنَّةِ اِذْ اَقْسَمُوا لِيَصْرِفْنَهَا مَصْرِحَيْنِ ⑵
18. Ne batajjulula (mu kumalirira kwabwe nti Katonda bw'anaaba ayagadde). وَلَا يَسْتَنْوُنَ ⑶
19. N'ekyavaamu ne kagijjira (ennimiro eyo) akabenje okuva eri Mukama wo (ne kagisaanyaawo yonna) nga nabo beebase. وَطَافَ عَلَيْهَا طَائِفٌ مِّن رَّبِّكَ وَهُمْ نَائِمُونَ ⑷
20. N'ekesa (ennimiro) nga ekunguddwa. فَاصْبَحْتَ كَالصَّرِيرِ ⑸
21. Ne bakoowoolagana bwe baakeesa, فَتَنَادُوا مُصْحِحِينَ ⑹
22. Nti: Mukeere okugenda eri ennimiro yammwe (nga tewali abalaba) bwe mubeera ab'okukungula. اِن اَعْدُوا عَلٰى حَرْبِكُمْ اِنْ كُنْتُمْ صَارِمِينَ ⑺
23. Kale ne bagenda, nga nabo boogera-nya mu kaama (bwe bagamba): فَانظُرُوا وَهُمْ يَتَخَفَتُونَ ⑻
24. (Nti temukkiriza) omunaku yenna okugiyingira (ennimiro) olwa leero (n'ajja) gye muli (mumuwe ku maku-ngula). اَنْ لَا يَدَّخِلَهَا الْيَوْمَ عَلَيْكُمْ مَّسْكِينٌ ⑼
25. Ne bakesa okugenda ku kumalimira kwabwe nga (bakakasa) nti basobodde (okutuukiriza kye baagala—eky'okwefumbekerako amakungula nga tebagabyeko). وَعَدُوا عَلَى حَرْدٍ قَادِرِينَ ⑽

19. Tuteekwa bulijjo tujjukire nti ebigererema byaffe byonna n'entegeka byesigamira ku kwagala na buyinza bwa Katonda. Kale bwe tutyo buli lwe tugendereranga oba buli lwe tuteekateekanga okukola ekintu, tusaanyce tugambe nti Insha-Allah (Katonda bw'anaaba ayagadde).

26. Naye bwe baagiraba (nga esiiridde yonna esirisse), ne bagamba nti: Mazima ffe tubuze (ne tukwata ekkubo eddala) فَلَمَّا رَأَوْهَا قَالُوا إِنَّا لَضَالُّونَ ﴿٢٦﴾
27. Wabula ffe (tetubuze wabula) tummidwa (empeera z'amaanyi gaffe ge twawaayo mu kusiga n'okukoolera ebimera)! بَلْ نَحْنُ مَحْرُومُونَ ﴿٢٧﴾
28. N'abagamba abasingako amagezi n'obwenkanya nti: Saabagambye nti singa mutenderezza (Katonda)?— (Kati nno mwenenye gy'Ali). قَالَ أَوْسَطُهُمْ أَلَمْ أَقُلْ لَكُمْ لَوْلَا كُنتُمْ تَهْتَكُونَ ﴿٢٨﴾
29. Ne bagamba nti: Ayawulwa Mukama Katonda waffe! Mazima ffe tubadde balyazaamaanyi (tukwegayirira otusonyiwe)! قَالُوا سُبْحَانَ رَبِّنَا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٢٩﴾
30. Abamu ne boolekera bannaabwe nga banenyagana. فَأَقْبَلَ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ يَتَلَذَّذُونَ ﴿٣٠﴾
31. Ne bagamba nti: Owa; zitusanze ffe! Mazima ffe tubadde babuze abasusse ebikomo! قَالُوا يَا وَيْلَنَا إِنَّا كُنَّا طَالِعِينَ ﴿٣١﴾
32. Oba olyawo Mukama waffe yandituwaanyisizaamu (mu ssamba eyo endala) ennungi okusinga yo. Mazima ffe okudda eri Mukama waffe kye twagala (tusaba okutusonyiwa n'okutuddizaawo)! عَسَى رَبِّنَا أَنْ يَبْدِلَ لَنَا خَيْرًا مِنْهَا إِنَّا إِلَى رَبِّنَا رَاغِبُونَ ﴿٣٢﴾
33. Bwe bityo bwe bibeera ebibonyobonyo (by'oku nsi); naye nga ebiboye كَذَلِكَ الْعَذَابُ وَالْعَذَابُ الْأَخْرَجِيَّةِ

27. Bakirimululu bano era bakalibukodo nga bamaze okwetegerenza ne bakakasa nti tebabuze wabula kye batun-ulidde gwe muyiira eyabadde nmiro yaabwe, awo ne badda mu kwekubagiza n'okwejjusa. Soma ne Aya 67. Essuula Al-Waakia.

28. Munnaabwe oyo ye yali abasingako okuba n'omwoyo ogw'obuntu. wecwaawo naye yali ssi mulongoofu kubanga yeetaba mu kiteeso ky'okumma abanaku —Wabula ye yali abalabudde banne mu kissers ky'okumalirira okukodowalira amakungula nti "mwandisaanye mutendereze Katonda" ku bibala byammwe by'abawadde.

nyobonyo by'Enkomerero (mu Bulamu Obw'oluvannyuma) bye bisinga obunene,—singa (abantu) baali bamanyi.

أَكْبَرُ مَا كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٣٢﴾

34. Mazima balina abatya Katonda Ejjana ey'ebyengera awali Mukama waabwe.

إِنَّ لِمُتَّقِينَ عِنْدَ رَبِّهِمْ جَنَّاتٍ النَّعِيمِ ﴿٣٣﴾

35. Abaffe, tuyinza okufuula Abasiraamu abeemaliza gye tuli nga abonoonyi (bonna ne tubasasula kimu?—Nedda ekyo tekiyinzika)!

أَفَجَعَلَ الْمُسْلِمِينَ كَالْمَجْرِمِينَ ﴿٣٤﴾

36. Mubadde ki mmwe (abatakkiriza)? Ngeri ki gye mulumulamu (okulowooza nti muliba kimu n'abakkiriza)?

مَا لَكُمْ تَكْفِيَفَ تَحْكُمُونَ ﴿٣٥﴾

37. Oba mulina ekitabo (ekyava eri Katonda) kye musomamu—

أَمْ لَكُمْ كِتَابٌ فِيهِ تَدْرُسُونَ ﴿٣٦﴾

38. Nga mazima mulina mu kyo (okusuubizibwa okufuna) ebyo bye mwe-siimira?

إِنْ لَكُمْ فِيهِ لَمَّا تَخِيرُونَ ﴿٣٧﴾

39. Oba mulina obukalu gye Tuli obukakafu nga ndagaano okutuusa ku Lunaku Lw'enkomerero, nga mazima mulina okufuna ebyo bye musalawo (nga mubyeyagaliza)?

أَمْ لَكُمْ أَيْمَانٌ عَلَيْنَا بِاللَّغَةِ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ  
إِنْ لَكُمْ لَمَّا تَحْكُمُونَ ﴿٣٨﴾

40. Babuuzze Ggwe Muhammadi (abo abatakkiriza) nti: Aliwa mu bo ayeeyimiridde (okujulira) ekyo (kye mwogera)?

سَأَلَهُمْ أَنَّهُمْ بِذَلِكَ زَعِيمٌ ﴿٣٩﴾

41. Oba balina (abalala) ababeegasseeko (mw'ekyo kye boogera)? Kale nno babaleete bannaabwe ababeegasseeko bwe baba nga boogera mazima!

أَمْ لَهُمْ شُرَكَاءُ فَلْيَأْتُوا بِشُرَكَائِهِمْ  
إِنْ كَانُوا صَادِقِينَ ﴿٤٠﴾

42. (Jjukira) Olunaku entumbwe lwe ziri-bikkulwa (abantu) ne bayitibwa

يَوْمَ يَكْشَفُ عَنْ سَاقٍ وَيُدْعُونَ إِلَى

عَنْ عِنْدِ الْمُتَّقِينَ ١٢

42. Olunaku olwogerwako wano lwe lwo Olw'okuyimirira mu maaso ga Katonda olwo oluliba lujjudde entiisa n'ebikangabwa, teekako ebikemo n'ebigambo ebinene.

okuvunna kyokka (bo abatakkiriza) ne batasobola,—

السُّجُودِ فَلَا يَسْتَطِيعُونَ ﴿٣٢﴾

43. Nga amaaso gaabwe makkakkamu (olw'obuswavu n'okutya), nga obunyoomu bubabisse. (Okulaba) nga mazima baalinga bayitibwa okuvunna (nga) nabo olwo bakwali balamu (bulungi abalina eddembe n'okutegeera okusobola okwesalirawo ekibagasa naye baagaana).

خَاشِعَةً أَبْصَارُهُمْ تَرْهُفُهُمْ ذِلَّةً وَقَدْ كَانُوا يُدْعَوْنَ إِلَى السُّجُودِ وَهُمْ سَالِمُونَ ﴿٣٢﴾

44. Kale Ndeka Nze n'oyo alimbisa Ebigambo bino (ebya Kuraane) Mmukoleko: Tujja kubatwaliriza mpolampola (okubatuusa ku bibonerezo by'okubazikiriza) nga tusenziira mu mpuyi ze batamanyi.

فَدَّرَنِي وَمَنْ يَكْذِبْ بِهَذَا الْحَدِيثِ سَنَسْتَدْرِجُهُمْ مِنْ حَيْثُ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٣﴾

45. Era Mbalindiriza (okumala ekiseera), mazima entegeka Zange nnyewevu, (nkuukuutivu).

وَأَمْرِي لَهُمْ إِنَّ كَيْدِي مَتِينٌ ﴿٣٤﴾

46. Abaffe, oba (Ggwe Muhammadi) obasaba mpeera (ku lw'okubatuusaako Obubaka), olwo nabo ne baba nga bazitoowererwa omutemwa ogwo?—

أَمْ سَأَلْتَهُمْ أَجْرًا مِنْهُمْ وَمَنْ مَعَهُمْ مُتَقَدِّرُونَ ﴿٣٥﴾

47. Oba okuba nga balina we bali (okumanya) Eby'ewala Ebitalabikako nga kati nabo bawandiika (ne bamanya Amateeka n'Ebiragiyo bya Katonda ne kibeera nti kati tebetaaga Bubaka bw'obabuulira)?

أَمْ عِنْدَهُمُ الْغَيْبُ فَهُمْ يَكْتُمُونَ ﴿٣٦﴾

48. Wabula gumiikiriza (olindirire) Okusalawo kwa Mukama wo, kyokka

فَأَصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تَكُنْ كَصَاحِبِ

48. Nabbi Yunusu (Zunnuun) yatumwa eri abantu b'ekitundu ekimu n'abatuuusaako Obubaka bwa Katonda okumala ebbanga eriwera naye nga bamawaggali nnyo ne bamubonyabonya nnyo nga bamuwalagganya,— ne beclamerera ddala ku bukafiri. Yamalirira okuviira abantu abo agende awantu awalala wonna oba oiyawo n'asanga abantu abalala abatali bakakanyavu ng'abo be yatu mwamu b'aba abuulira. Kyokka ekyo yakikola nga takkirizibwa Katonda: Kale teyagumiikiriza n'agenda nga ejiji limutuyiza n'alinyo mu lyato erifumbeke ebitu n'abantu — Eky'omukisa omubi ennyanja n'etabanguka nnyo n'eryato ne liboyaana nnyo nga teririna gye liraga. Abaali ku lyato baalina obulombolombo nti ekyo tekiyiza kubaawo nga tewali alina kikwa mu balirimu.



tobeeranga nga (Nabbi Yunusu Nannyini Kyannyanja (mu kwanguyiriza n'obutagumiikiriza)—mu kiseera bwe yakoooola (ng'awanjagira Mukama we) nga naye munyiikaavu (afundiiriddwa obulamu).

قَالَ الْحَوْتُ إِذْ نَادَى وَهُوَ مَكْظُومٌ ﴿٣٨﴾

49. Singa tekya mutuukako ekyengera kya Mukama we ddala yandisuuliddwa ku ttale (lukalu) nga naye avumaganwa.

أَوَلَمْ أَنْتَدِرْكُهُمْ نِعْمَةً مِنْ رَبِّهِمْ لَسِيدًا بِالْعَرَبِ وَهُوَ مَذْمُومٌ ﴿٣٩﴾

50. Katonda we n'amwawula n'amuteeka mu balongoofu (Bannabbi).

فَاجْتَبَاهُ رَبُّهُ فَجَعَلَهُ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٤٠﴾

51. Era basemberera abo abaagaana okukkiriza okukuggisaa wo n'amaaso gaabwe (olw'ekkonda n'ejiji ebibaba ku mwoyo) bwe bawulira (ng'osoma) Ekijjukiza (Kuraane), ne bagamba nti: Mazima kikakafu ye (Muhammad) mulalu!

وَأَنْ يَكَادُ الَّذِينَ كَفَرُوا الَّذِينَ لَقُوا نَكَّ  
بِأَبْصَارِهِمْ لَمَّا سَمِعُوا الذِّكْرَ وَيَقُولُونَ  
إِنَّهُ لَمَجْنُونٌ ﴿٤١﴾

52. Sso nga teri yo, (Kuraane) wabula Kya-kubuulirira kya bitonde.

وَمَا هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٤٢﴾

Ekyavamu bonna ne bakuba akalulu; naye nga buli lwe bakakuba kagwira ku Ye. Ne basalwo okumusula mu nnyanja, ekyennyanya mwe kyamusanga okumumira. Ng'alii mu buzibu eyo mu lubuto lw'ekyennyanya yatendereza Katonda n'amwanukula n'amutaasa ekyennyanya ne kimu-wandula ku lukalu nga mulwadde ddala, mmwennyikaavu. Ng'azzeemu olungubanguba Katonda yamutuma eri abantu abawera akasiirivu n'okusobamu bonna ne beenenya ebibi byabwe ne bakkiriza.

49. Ku lw'ekisobyo Nabbi Yunusu kye yakola tabeera kutendereza Katonda,—Naye Katonda yamuwa ekyengera n'amusonyiwa n'ava mu lubuto lw'ekyennyanya ng'abalirwa mu Bannabbi era Ababaka ba Katonda.


Soma aya 145 ne 146, Essuula Asw-swaafaati (37) n'cnnyionnyola ya Aya 148 mu Ssuula y'emu.

## EBIFA KU SSUULA AL-HAAKKAT MU BUFUNZE (69)

N'eno y'emu ku Ssuula ezakkira e Makka mu myaka emibereberyeng'Obubaka bwakatandika okukka. Mu besseers we yakkira, okulimbisa n'okuwakanya Nabbi kwali kutandise naye nga tekunnafuuka kwa bumbula. Essuula esinga kwogera ku bintu ebikulu bisatu (1) Olunaku lw'enkomerero. (2) Okukakasa nga Kuraane bwe buli Obubaka okuva eri Katonda, era (3) okukakasa nga Muhammadi (s.a.w.) alkali Omubaka wa Katonda owfamazima.

Essuula etandikira ku kuggumiza nga Enkomerero n'Okuzuukira oteete-ko n'Obulamu Obw'oluvannyuma bwe biri eby'amazima, ebiteekwa okubaawo. Ate mu aya 4-12. mulimu okwogera cbyafaayo by'abo abaasooka abaalimbisa Obulamu Obw'oluvannyuma ne kibaviiramu mu nkomerero okukibwako essungu lya Katonda ne bazikirizibwa. Kyo ekifaananyi kikubibwa cky'cibiribaawo ku Lunaku Lw'okuzuukira mu aya 13-17, ate kyo ddala ckyagendererwa Katonda okugerekawo Obulamu Obuvannyuma nga bunnobw'ensi bukomye ne kinnyonnyolwa mu aya 18-37. Mu aya ezo tunnyonnyolwa nga ku Lunaku lw'enkomerero abantu bonna bwe balyesimba mu mbuga ya Katonda, omwo omulyanjulirwa emirimu gya buli omu wadde ebyo bye yakisa. Abo bokka abaali ku nsi nga balongoosa abakakasa okuyimirira mu maaso ga Katonda, ne beesibira entanda cy'cibirungi eby'okubajuna mu Bulamu Obuvannyuma, be balyesiima n'okuyingira Ejjana. Ng'ate abo abatakikiriza Katonda era ne batakakasa by'akakatirwa, teekako n'obutatuukiriza bibakakatako ku bantu bannaabwe be bataliba na bwasisirizi bubccbalamy bibonerezo bya Katonda — ba kusoggebwa Muliro.

Essuula ekomerezaayo mu aya 38-52. okusambajja ebyo abatakikiriza bye baakookrangamu Nabbi (s.a.w.) nti muyimbi wa bitontome oba si ckyo bw'ali omulaguzi. Bagambibwa nga Yo Kuraane bwe buli Obubaka obuva eri Katonda obwo obubatuukako nga buyitira ku Nabbi Omulongoofu. Era ye kennyini nga kamutanze n'agunjamu ennyongeza ctevudde eri Katonda mu Bubaka obumutumirwa, akutulwa. n'omusuwa gwe ogw'omu bulago (ku mutima) n'afirawo mbulaga.



## ESSUULA AL-HAAKKAT (69)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 52

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Kikakafu ddala Ekiteekwa Okubaawo  
(Olunaku Lw'enkomerero)!

الْحَاقَّةُ ١

2. Kye kiriwa (ekyo) Ekikakafu ddala  
Ekiteekwa Okubaawo!

مَا الْحَاقَّةُ ٢

3. Kiki ekinaakumanyisa, kye kiriwa  
ekyo Ekikakafu ddala Ekiteekwa  
Okubaawo—(obwennyini bwakyo  
n'ebitiiso byakyo)?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْحَاقَّةُ ٣

4. Abantu ab'ekika kya Thamuudu  
n'ekya Aadi baalimbisa (okubaawo)  
kw'Olunaku Olw'ekikangabwa (Olw'e-  
nkomerero olulikoona emitima gy'e-  
bitonde olw'ebitiiso byalwo).

كَذَّبَتْ ثَمُودُ بِطَغْوَاهِمْ إِذِ انبَعَثَ أَشْقَى ٤

5. Naye Bathamuudu,—baazikirizibwa  
ne kibuyaga ssinziggu alina (oku-  
bwatuka okw'ekitalo wamu ne musisi  
ddekabusa)!

فَأَمَّا ثَمُودُ فَأُهْلِكُوا بِالطَّاغِيَةِ ٥

6. Ate ab'ekika kya Aadi,—baazikiri-  
zibwa ne kikunnguunta (ssaanya)  
ow'obutiti ennyo n'amaanyi (eyame-  
nyamenyanga buli kintu);

وَأَمَّا عَادُ فَأُهْلِكُوا بِرِيحٍ صَوَّارٍ عَاتِيَةٍ ٦

1. Ekyogerwako wano ekyo "Ekiteekwa Okubaawo mu Mazima" okwagala n'obutayagala lwe Lunaku Lw'enkomerero, olwo Amazima amasengejje gokka mwe galikolera awataliba bukuusa bwonna wadde obukumpanya oba obulimba. Era olwo lwe Lunaku Lw'okulamula n'Okusausa byonna ebyo ebyakolebwa ku nsi.

Mu aya eziddako tuweebwa eby'okulabirako by'abo Abaalimbisa Amazima kuno ku nsi n'engeri gye baakangavulwamu—naye ng'ekyo kibonerezo kya ku nsi kuno kwokka. Naye byo ebibonerezo eby'Enkomerero bye biribeera ebikakali ddala ennyo okutwalira ddala ewala.

7. (Katonda) yabamusindikira okumala ebiro (ebijjuvu) musanvu n'ennaku (enzingu) munaana eziddirinnnganye awatali kusalako kale ng'olaba ebina ly'abantu mu kikunnguunta oyo nga bagudde bafudde nga balinnganga enduli z'emitemende emyereere (okutali bisanso)!
8. Owange, ggwe olabawo n'omu mu bo eyasigalawo?
9. Fir'auna n'ajja n'abo abaamukulembera (mu bibiina ebyalimbisa Bannabbi), n'ebibuga ebyavuunikibwa (Sodoma ne Gomorrah), bajja n'ebisobyo (baayonoona),
10. Ne bajeemera (buli bamu) omubaka wa Mukama waabwe, n'alyoka abavumbagira oluvumbagira, oluzikiriza!
11. Mazima Ffe, amazzi (g'omujuzo gwa Nuuhu) bwe gaamala okusukka ekigero (ne gayaayaala buli wamu), ne tubasitulira (Mmwę Abantu) mu lyato erisaabalira (ku mazzi).
12. Tulyoke tukifuule ekijjukiza kya-mmwe (ekyokulabirako) kukikwate okutu okukwata (kwonna okuba kuwulidde ekyafaayo ekyo kukisse mu mwoyo).
13. Ekkondeere bwe liriba nga lifuuyiddwamu olufuuwa lumu,
14. Ensi n'ensozi ne bikulubeesebwa (okuva mu bifo byabyo) ne biryoka

سَحَرَهَا عَلَيْهِمْ سَبْعَ لَيَالٍ وَتَمَنِيَةً  
أَيَّامًا حُسُومًا فَتَرَى الْقَوْمَ فِيهَا صَارِعِينَ  
كَأَنَّهُمْ مَجَازِنٌ خَالِيَةٌ ④

فَهَلْ تَرَى لَهُمْ مِّنْ آيَاتٍ ⑧

وَجَاءَ قَرَعُونَ وَمِنْ قَبْلِهِ وَالْمُوتِفِكَّتْ  
بِالْحَاطِئَةِ ⑨

فَعَصَوْا رَسُولَ رَبِّهِمْ فَأَخَذَهُمُ أَخَذًا رَّابِيَةً ⑩

إِنَّا لَنَسَاطَعُ آيَاتِنَا فِي الْمَجَارِيَةِ ⑪

لِنَجْعَلَهَا لَكُمْ تَذَكَّرًا وَنَعْيَهَا  
أَذُنًا وَإِعْيَاهُ ⑬

فَإِذَا نُفِخَ فِي الصُّورِ نَفَخْتَهُ وَاجِدًا ⑭

وَحَمَلَتِ الْأَرْضُ وَالْجِبَالُ فَدُكَّتْ

7. Kikunnguunta ffululabiswa oyo yakibeekola ne yeemala ennyalwe—anti yabasitulanga n'abantu wansi emitwe ne gikutukako. Abantu ba Aadi mu butonde baali basajja bannaggwano abawanvu. Kale nga singa obadde obalabe bwe baguddumadde ku itaka, nga balinga enduli z'emitemende okutali bisansa ez'emiwulenge.

11. Nabbi Nuuhu n'abo abakkiriza awamu naye, be bo Katonda be yasitulira mu lyato, n'alyoka asaanyaawo n'omujuzo bonna abaagaana okukkiriza. Amazzi g'omujuzo ogwo gaayaayaala ne gabuna ensi ne gasukka n'ensozi empanvu.

bisesebbulwa (ne byessa) n'oluscesebbula lumu.—

دَكَّةً وَاحِدَةً ①٧

15. Ne mu Lunaku olwo kirigwawo Eki-rigwawo (Olunaku lw'enkomerero),

فِيَوْمٍ وَقَعَتِ الْوَاقِعَةُ ①٥

16. N'eggulu ne lyeayasa, nalyo mu Lunaku olwo liriba nga jjabirivu,

وَأَنشَقَّتِ السَّمَاءُ فِرَى يَوْمَئِذٍ وَآهِيَةً ①٩

17. Ne bamalaika balibeera nga bali emabbali mu mbugirizo zaalyo (eggulu), n'abalisitula *Arushi* ya Mukama wo waggulu waabwe ku Lunaku Olwo baliba munaana.

وَالْمَلِكُ عَلَىٰ أَنْجَابِهَا وَيُحِيلُ عَرْشَ رَبِّكَ فَوْقَهُمْ يَوْمَئِذٍ ثَمَنِيَةً ①٤

18. Mu Lunaku Olwo mugenda kwanjulwa (eri Katonda Omumanyi w'ebiyama okubalamula, Abange mmwe Abantu!); tekigenda kubee-kweka mmwe ekyekweka.

يَوْمَئِذٍ لُعْرَظُونَ لَا تَخْفَىٰ مِنْكُمْ خَافِيَةً ①٨

19. Naye oyo aliweebwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwa ddyo, aligamba (nga abugaanye essanyu) nti: Mujje, musome ekitabo kyange!

فَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِيَمِينِهِ فَيَقُولُ هَٰؤُلَاءِ مِرْءُورٌ كَتَبْتَهُ ①٤

20. Mazima nze nali mukakafu nti ddala (Lumu) nali wa kusisinkana okubalibwa kwange.

إِنِّي ظَنَنْتُ أَنِّي مُلْكٌ حَسَابِيَةٌ ②٠

16. Okumanya kwaffe tekuyinza kutuuka ku kumanya ngeri ggulu bwe liribeera nu kiseera ekyo, wabula tukakasa nti enkyukakyuka ey'amaanyi eribeera kw'ebyo ebitonde Katonda bye yatonda n'abiteeka mu bwengula bw'ebbanga. Kyokka nga engeri eggulu bwe liribeera oba emmuneenyee, Katonda eyabitonda y'agimanyi—naye ffe kye tulina kyokka kwe kukakasa n'okukkiriza ebyo Katonda bye yatutegeeza nu Kitabo Kye Ekitukuvu, Kuraane.

18. Olunaku Olwo lwa kitiibwa nnyo ate nga lwa ntiisa—Omuntu yenna taliba nu magezi gayinza kwegaana oba okudduka. Era omwonoonyi yenna aliswazibwa mu lujjudde mu maaso g'ebitonde ku lw'ebibi ebyo bye yakolanga obubba mu kyama nga tayagala bantu babirabe era n'abikisa tebimanyika. Okuswala mu maaso ga Katonda Ow'amaanyi, Omulamuzi atasaliriza Mazima, ddala kigambo kinene era kiseera kizibu.

19-20. Oyo nno y'aliba awonye mu Lunaku Olwo obuzibu. Naye alivaa wo nga essanyu limubugaanye wakati w'enkuyanja ya nnamungi w'abantu nga bw'abayita basome ekitabo kye eno bw'abuulirako nga ye bwe yakakasanga okuva oluberyeberyeng'akwali ku nsi nga bwe yali ow'okusanga Okubalibwa nu buli kalonda yenna gwe yakolanga:—era ababuulirira nga muli bwe yabanga ajjudde okutya nga tasuubira nti oba aliyinza okulwabula singa alibalibwa buli kantu ke yakola.

Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Omuntu alibalibwa kalonda yenna agenda kubonyabonyezebwa." Abo abakkiriza abakola ebirungi Katonda by'ayagala, emirimu gyabwe gigenda kwanjibwa bwanjibwa, Katonda abasonyiwe ebibi byabwe.

21. **Kale naye aliba mu bulamu obwe-siimisa.** هُوَ فِي عَيْشَةٍ رَاضِيَةٍ ۞ (٢١)
22. **Nga ali mu Jjana (Ennyumba Ey'e-mirembe) eya waggulu,** فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ ۞ (٢٢)
23. **Ebirimba by'ebibala byayo (Ejjana) biri kumpi (abifuna awatali kutegana).** تَطَوُّفُهَا دَانِيَةٌ ۞ (٢٣)
24. **(Baligambibwa): Mulye, munywe nga mweyagala ku lw'ebyo (ebirungi) bye mwakulembeza mu nnaku (ez'oku nsi) ezaayita!** كَلُّوا وَأَشْرُوا هَذَا كَيْفَ كَيْفًا أَسَلَقْتُمْ فِي الْأَيَّامِ وَالْأَحْيَالِ ۞ (٢٤)
25. **Naye oyo aliweebwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwa kkono (nabo be bonoonyi), aligamba (nga alaa-jana) nti: Abange nze! Singa siwee-reddwa kitabo kyange!** وَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِشِمَالِهِ فَيَقُولُ يَلَيْتَنِي لَمْ أُوتَ كِتَابِي ۞ (٢٥)
26. **Era (singa) simanyi kubalibwa kwange bwe kuyimiridde!** وَلَمْ أَدْرِ مَا حَسَابِي ۞ (٢٦)
27. **Abange! Singa (okufa) kwali nga kwe kusalawo (okw'enkomerero ne ssizuukira kweŋanga mu kabiga kano)** يَلَيْتَهَا كَانَتْ الْقَاضِيَةَ ۞ (٢٧)
28. **Tengasizza nze emmaali yange!** مَا أَغْنَىٰ عَنِّي مَالِي ۞ (٢٨)
29. **Ganfa bwereere, Ganjabulidde amaanyi gange!** هَلَاكَ عَنِّي سُلْطَانِي ۞ (٢٩)
30. **(Katonda aliragira malaika omwan-guka nti): Mumukwate oyo mumu-lije (mumusibe enjegere)** خُدُودُهُ تَعْلُودُهُ ۞ (٣٠)
31. **Oluvannyuma mumukasuke mu muliro ogwōkya.** ثُمَّ الْجَحِيمُ صَلْوَةٌ ۞ (٣١)
32. **Oluvannyuma mumwambike mumu-luyiseemu olujegere, obuwanvu bwalwo oluweza emikono nsanvu (nga muluyisa mu kamwa ke luggu-kire emabega we).** ثُمَّ فِي سَلْسَلَةٍ دَرَعُهَا سَبْعُونَ ذِرَاعًا فَاسْلُكُوهُ ۞ (٣٢)

33. (Ebyo byonna bimukoledwa lwa kubanga) mazima ye yali takkiriza Katonda Omugulumivu, إِنَّهٗ كَانَ كَذِبًا مِّنْ بِاللهِ الْعَظِيمِ ﴿٣٣﴾
34. Era nga (teyeekubiriza wadde) oku-kubiriza (abantu banne) ku ky'oku-liisa abanaku! وَلَا يَحُضُّ عَلَىٰ طَعَامِ الْمِسْكِينِ ﴿٣٤﴾
35. (Kale bw'atyo) naye talinaawo wano Olwa leero wa mukwano munywanyi (we anaamuyamba). فَلَيْسَ لَهُ الْيَوْمَ هُنَا حَمِيمٌ ﴿٣٥﴾
36. Era talina mmere wabula obukyafu (obuva mu bantu b'omu muliro—ebizzizi, amasira n'olusaayisaayi) وَلَا طَعَامَ إِلَّا مِنْ غَسَلِينِ ﴿٣٦﴾
37. Tagirya (mulala yenna) wabula (abo) abaaasoby (abaaajemera Katonda mu bugenderevu). لَا يَأْكُلُهُ إِلَّا الْخَاطِئُونَ ﴿٣٧﴾
38. Kale ndayira ebyo bye mulaba فَلَا أُقْسِمُ بِمَا تُبْجَرُونَ ﴿٣٨﴾
39. N'ebyo bye mutalaba, وَمَا لَا تُبْجَرُونَ ﴿٣٩﴾
40. Ddala yo (Kuraane) kigambo kya mubaka ow'ekitiibwa (omwesigwa mu maaso ga Katonda); إِنَّهُ لَقَوْلِ رَسُولٍ كَرِيمٍ ﴿٤٠﴾
41. Era teri yo (Kuraane) kigambo kya muyimbi wa bitontome—kitono nnyo kye mukkiriza! وَمَا هُوَ بِقَوْلِ شَاعِرٍ قَلِيلًا مَّا تُؤْمِنُونَ ﴿٤١﴾
42. Era wadde si kigambo kya mulaguzi—kitono nnyo kye mwebuulirira (nakyo)! وَلَا يَقُولُ كَاهِنٍ قَلِيلًا مَّا تَكْفُرُونَ ﴿٤٢﴾
43. (Yo Kuraane) kussibwa okuva eri-Omulezi w'ebitonde. تَنْزِيلٌ مِّنْ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٣﴾
44. Era (omubaka) abeera kwegunjirawo ebimu ebigambo n'abitusalako (bye tutamugambye), وَلَوْ تَقَوَّلَ عَلَيْنَا بَعْضَ الْأَقَاوِيلِ ﴿٤٤﴾
45. Ddala twandimukutte n'omukono oga ddyo. لَا خَدْنَا مَنَّهُ بِالْأَيْمِينِ ﴿٤٥﴾






## EBIFA KU SSUULA AL-MA'AARIJ MU BUFUNZE (70)

**Nayo y'emu ku Ssuula ezakkira e Makka ng'eggya crinnya lyayo ku kigambo ekiri mu aya 3. Yakkira mu kiseera ky'embeera kumpi ze zimu n'ezo Essuula Al-Haakkat mwe yakkira.**

Essuula etiisa era n'erabula abatakkiriza abo abanngoolanga Okuzuukira, n'Obulamu Obw'oluvannyuma n'Omuliro, n'Ejjana, nga tebakkiriza nti bya mazima eby'okubaawo; era ne bawakanya ne Nabbi nti oba ddala kikakafu gyebiri abaleetere Enkomerero bunnambiro eyo gye yabatisanga nayo bw'aba nga ayogera mazima. Bakakasibwa nti Enkomerero eyo gye babugutanira kintu kya ntiisa nnyo era bwe kiriba nga kituuse abajeemu ba kwennyamira. Era mu kiseera ekyo balyewaayo beenunule mu bukakali bw'Oulunaku olwo nga beeyambisa wadde abakyala baabwe. Era bakakasibwa nti kw'olwo, empeera z'abantu za kusalwawo kusinziira ku bukkiriza bwabwe, ebikolwa n'enneeyisa zaabwe: Abo abaayawukana ku Mazima ne beetuumako emmaali mu bulamu bw'ensi ate ne bakodowala ba kwesogga muliro, n'abo abaatya ebibonerezo bya Katonda nga bakyali ku nsi, n'olwekyo ne bakkiriza Enkomerero ne bayimirizaawo Esswala ne batuukiriza n'ebyo byonna ebibakakatirwa mu masa gaabyo ba kuyingira Jjana.

**Mu kuwunzika Essuula etiisa abo abatakkiriza abeekulumululanga ne bazengerera Nabbi (s.a.w.) olwamulabanga balyoke bamujeeje nti: Oba nga tebakkiriza, Katonda wa kubakyusaamu azzeewo abantu abalala ababasinga, era Nabbi (s.a.w.) agumizibwa aleme kufaaayo kw'ebyo bye bamujeejaamu n'okumwekabala, kubanga abamukola ebyo mu nkomerero be b'okunyoomebwa.**



## ESSUULA AL-MA'AARIJ (70)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 44

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Ayabuuz a yabuuz ebifa ku Bibonyobonyo eby'okugwawo (ku Lunaku Lw'enkomerero)—
2. Ku bakafiiri (ebyo) ebitariiko wa kubizzaayo,—
3. Nga biva eri Katonda Nnanyini Madaala Agalinyalinnya.
4. Bamalaika ne Mwoyo balinnya gy'Ali (Katonda) mu Lunaku nga ekigero kyalwo kirinnganga, emyaka emitalwo etaano (mu myaka gy'oku nsi).
5. Kale gumiikiriza (Gwe Nabbi ebyo bye bakuyigganyaamu) okugumiikiriza okulungi,—
6. Mazima bo (abakujolonga abatakkiriza) balulaba (Olunaku Lw'enkomerero) nga oluli ewala:

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَأَلَ سَائِلٌ بِعَذَابٍ وَاقِعٍ ①

لِلْكَافِرِينَ لَيْسَ لَهُ دَافِعٌ ②

مِّنَ اللَّهِ ذِي الْمَعَارِجِ ③

تَعْرُجُ الْمَلَائِكَةُ وَالرُّوحُ إِلَيْهِ فِي يَوْمٍ  
كَانَ مَقْدَارُهُ خَمْسِينَ أَلْفَ سَنَةٍ ④

فَأَصْبِرْ صَبْرًا جَمِيلًا ⑤

إِنَّهُمْ يَرَوْنَهُ بَعِيدًا ⑥

1. Ayabuuz a oyo yali takkiriza Bubaka bwa Katonda Nabbi bwe yatumba abulire abantu. Kale kwe kubuuz a nti: "Ddi lwe binajja?—Kale oba gyebiri byanguyeeke bitujjire, lwaki ate birindirizibwa?" Ayabuuz a oyo ateegezebwa mu aya eno kigambibwa nti bw'ataba nga yali Nudhar mutabani wa al-Harith nga yali Abu Jahali. Ekyo lwa kubanga bombiriri baasaba Nabbi abatuu-seeko bunnambiro ebibonyobonyo ebikakali oba ddala kyali kisoboka.

Abakafiiri b'omu Makka baasabanga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti obanga by'ayogera bya mazima, kale Katonda abassize ebibonerezo ebyo bye yabalagaanyisa abo ababa bagaanye okukkiriza. Ekyo nno nga bakisaba lwa kuba nga baali tebakkiriza nti ddala ebibonerezo wadde n'Olunaku Lw'enkomerero gyebiri era bya kutuuka.

Wano Katonda kwe kukakasa nga ebyo byonna ebibalagaanyisibwa bwe biteekwa okutuuka era nga bwe watali yenna alibiziyiza kubanga Katonda yakigera dda bw'atyo ate nga ky'aba ageze teba akizzaayo wadde okukikyusa: Era yategeza nga bwe biri okumpi ebibonerezo ebyo kubanga buli kyonna ekikakasibwa nti kya kutuuka kiba kumpi n'olw'ekyo kiba tekyetaagisa kusaba kyanguyizibwe.

7. Naye Ffe tululaba nga luli kumpi. وَوَّرَهُ قَرِيْبًا ⑤
8. Olunaku eggulu lwe liribeera nga ebiseja by'obutto (oba ng'ekikomo ekisaanuuse), يَوْمَ تَكُوْنُ السَّاءُ كَالْمُهْلِ ⑧
9. N'ensozi ne zibeera nga ebyoya by'endiga ebirongoose (ebisunsule ebiteeyengera mu bbanga), وَتَكُوْنُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ ⑨
10. Ow'omukwano nfiirabulago tagenda kubuuzza bifa ku mukwano gwe (buli omu aliba atawaana ku lulwe), وَلَا يَسْكُنُ حَمِيْرٌ حَمِيْمًا ⑩
11. (Wadde nga) balirabagananga (naye nga teboogeraganya, okusinziira buli omu w'aliba),—Omwonoonyi alyegomba nti singa yeenunudde mu bibonyobonyo by'Olunaku olwo n'okuwaayo abaana be, يُبْصِرُوْنَ لَهُمْ يَوْمَذُ الْمَجْرَمِ لَوْ يَفْتَدِي مِنْ عَدَابِ يَوْمَئِذٍ بِمَنْيَةٍ ⑪
12. Ne mukyala we ne muganda we, وَصَاحِبَيْهِ وَآخِيهِ ⑫
13. N'ab'oluganda lwe gy'abalirwa, وَقَوِيْلَتِهِ الَّتِي تُسْوِيْهِ ⑬
14. N'abo bonna abali mu nsi bonna,— oluvannyuma kumuwo nye (okwenunula okwo). وَمَنْ فِي الْاَرْضِ سَمِيْعًا ثُمَّ يُبْجِيْهِ ⑭
15. Nedda (tewaliba kwenunula)! Mazima gwo muliro ogwokya ekiyitiridde (mu buli ngeri gw'alyesogga)! كَلَامًا اِنْهَا لَطْفِي ⑮
16. Oguggyako eddiba lyonna (ne guse-nsererera munda): تَرْعَاةَ الشَّوْىِ ⑯
17. Ogulikoowoola (nga gwaniriza buli oyo akubyeyo amabega n'akyuka (okuva ku Mazima n'okugondera Katonda ng'ali ku nsi), تَدْعُوْا مَنْ اَدْبَرَ وَاَقْوَى ⑰
18. N'akunngaanya (emmaali) n'agikukulira (awatali kugitoolamu Zzaka wadde Saddaaka)! وَجَمْعًا وَاَوْحَى ⑱

19. Mazima omuntu yatondebwa nga mupapi, omutiitizi, إِنَّ الْإِنْسَانَ خُلِقَ هَلُوعًا ۝١٩
20. Akabi bwe kaba nga kamutuuseko ajugumira (ne yeekubagiza olutaggwa). وَإِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ جَزُوعًا ۝٢٠
21. Ate obulungi bwe buba nga bumutuuseko, akodowala وَإِذَا مَسَّهُ الْخَيْرُ مَنُوعًا ۝٢١
22. Okuggyako abo abasaala (Abasi-raamu)— إِلَّا الْمَصْلِينَ ۝٢٢
23. Abo bo abecmanyiiriza ku sswala zaabwe; الَّذِينَ هُمْ عَلَى صَلَاتِهِمْ دَائِمُونَ ۝٢٣
24. Era abo abalina mu mmaali zaabwe omutemwa omukakafu ogumanyiddwa, وَالَّذِينَ فِي أَمْوَالِهِمْ حَقٌّ مِّمَّا عَمِلُوا ۝٢٤
25. Ogw'abasabirizi n'abo abatalina naye nga besaamu ensa ne batasaba; لِلسَّائِلِ وَالْمَحْرُورِ ۝٢٥
26. Era abo (abakkiriza ne) bakakasa Olunaku Lw'okusasulwa (ne balwe-teekerateekera); وَالَّذِينَ يُصَدِّقُونَ بِيَوْمِ الدِّينِ ۝٢٦
27. Era abo bo abatya ebibonyobonyo bya Mukama waabwe (ne beesamba ebyo ebibatuusa mu bibonyobonyo)— وَالَّذِينَ هُمْ مِنْ عَذَابِ رَبِّهِمْ مُشْفِقُونَ ۝٢٧
28. Mazima ebibonyobonyo bya Mukama waabwe si kye kintu omuntu kye yeestigula okuwona;— إِنَّ عَذَابَ رَبِّهِمْ غَيْرُ مَا مُنُّوا ۝٢٨
29. Era abo bo abakuuma obwereere bwabwe (ne batayenda) وَالَّذِينَ هُمْ لِأَقْرَبِهِمْ حَافِظُونَ ۝٢٩
30. Mpozzi okuggyako ku bakyala baabwe oba abazaana) emikono gyabwe egya ddyo be gyafuna,— kuba olwo mazima bo si ba kunenyezebwa; إِلَّا عَلَىٰ أَرْجُلِهِمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ ۝٣٠  
وَأَلْفَهُمْ غَيْرَ مَأْمُومِينَ ۝٣١

31. Kale nno omuntu anoonya emabega w'abo, abo bo be basukka ebikomo (ebyabakkirizibwa);—
32. Era abo bo (ababa) nga beekuuma obwesigwa bwabwe n'endagaano zaabwe (obutabimanya);
33. Era abo bo abeesimbu abayimiri-zaawo obujulizi bwabwe
34. Era abo bo abeekuuma esswala zaabwe (ne batazireka);—
35. Abo balibeera mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) nga bagulumizibwa.
36. Babaddeki abo abaagaana okukkiriza (okuba nga) bakujjira embiranye (Gwe Muhammadi),
37. Okusenziira ku ddyo ne ku kkono mu ubiinabiina nga beewuunya?
38. Buli omu mu bo alulunkanira okuyingira Ejjana Ey'ebyengera (awamu n'okuba nga tebakkiriza)
39. Nedda (tekiyinzika ku bo kuyingira Jjana)! Mazima Ffe twabatonda mw'ebyo bye bamanyi (mu mazzi aganyoomwa)!
40. Ndayira Omufuzi w'e Buvanjuba bwonna n'e Bugwanjuba bwonna mazima Ffe ddala Tusobola—

فَمَنْ ابْتغَىٰ وَرَاءَ ذَلِكَ فَأُولَٰئِكَ هُمُ  
الْعَادُونَ ﴿٣١﴾

وَالَّذِينَ هُمْ لِأَمْتِنِهِمْ وَكَلِمَتِهِمْ رَاعُونَ ﴿٣٢﴾

وَالَّذِينَ هُمْ بِشَهَادَتِهِمْ قَائِمُونَ ﴿٣٣﴾

وَالَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ ﴿٣٤﴾

عَلَىٰ أُولَٰئِكَ فِي جَنَّتِ مُكْرَمُونَ ﴿٣٥﴾

فَمَالِ الَّذِينَ كَفَرُوا قِتَابَكَ مَهْطِعِينَ ﴿٣٦﴾

عَنِ الْيَمِينِ وَعَنِ الشِّمَالِ عِزِينَ ﴿٣٧﴾

أَيُّطْمَعُ كُلُّ امْرِئٍ مِّنْهُمْ أَنْ يُدْخَلَ  
جَنَّةَ نَعِيمٍ ﴿٣٨﴾

كَلَّا إِنَّا خَلَقْنَاهُمْ مِّنَّا يَعْلَمُونَ ﴿٣٩﴾

فَلَا أُقْسِمُ بِرَبِّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ  
إِنَّا لَقَادِرُونَ ﴿٤٠﴾

36-37. Katonda mu aya zino ali mu kukiina abakafiiri b'omu Makka abo abaaliwo mu biro bya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ne balaba obutonde bwe n'enneeyisa ye wamu n'Obubaka obwamutumibwa okuva eri Katonda obujjudde Obulunngamu ne balaba nebyamagero ebyo Katonda bye yamuwa — Awamu nekyo ne babirimbisa nti si Mazima ne bamudduka nga bamwebalama mu butakkiriza kyokka ng'ate beekuulumulira w'ali nga beewuunya.

40. Katonda yeerayira Ye kennyini — Yatonda e Buvanjuba awaawukamu okusenziira mu nkyukakyuka y'entambula y'ensi mu mwaka era n'atonda e Bugwanjuba nayo bwe watyo. Yatonda. eggulu n'ensi nebyo byonna ebiri wakati wa byombiriri nga mwotwalidde enjuba, omwezi, emmunyeenyee n'ensi endala ezizwugira mu Bwengula nga byeyoleka biva e Buvanjuba okulaga e Bugwanjuba. Laba ne aya 38, ssuula (38); aya 75, ssuula (55) ne aya 5, Ssuula (37).

N'olwekyo si kituufu okugamba nti tewali Kuzuukira na Kubalibwa ng'abatakkiriza bwe bakaliriza mu bumattaavu n'obutamanya. Ddala Katonda Asobola ku buli kintu ky'aba ayagadde, tewali kumulema!

41. Okubawaanyisaamu abalungi okusinga bo (oluvannyuma lw'okubazikiriza); era tetuli Ffe ba kulemesebwa (bwe tuba tusazeewo okukikola).
42. Kale baleke bayingire (mu bwononyi n'okulokompoka n'ebitaliimu) era bagire nga bakyazannya okutuusa lwe balisisinkana Olunaku lwabwe Olwo lwe balagaanyisibwa,
43. Olunaku lwe balifuluma mu ntaana embiranye ne babeera nga abeeyunira okugenda eri eggoolo (balabe ani anaasookayo),—
44. Nga amaso gaabwe makkakkamu (olw'ensisi n'entiisa y'Olunaku Olwo), obuswavu n'obunyoomofu bubabisse; Bwe lutyo bwe luliba Olunaku olwo lwe baalinga balagaanyisibwa (nga bali ku nsi, kyokka ne balulimbisa).

عَلَىٰ أَنْ نُبَدِّلَ خَيْرًا مِنْهُمْ وَمَا نَحْنُ  
بِمُسْتَوْفِينَ ﴿٣١﴾

فَدَرَّهُمْ رِيحًا وَيَأْتِيَهُمْ حَتَّىٰ يَلْقُوا  
يَوْمَهُمُ الَّذِي يُوْعَدُونَ ﴿٣٢﴾

يَوْمَ يُخْرِجُونَ مِنَ الْجَدَاثِ كِرَاعًا  
كَأَنَّهُمْ إِلَىٰ نُصُبٍ يُودِضُونَ ﴿٣٣﴾

خَاشِعَةً أَبْصَارُهُمْ تَرْهُفُهُمْ ذِلَّةً  
ذَٰلِكَ الْيَوْمِ الَّذِي كَانُوا يُوعَدُونَ ﴿٣٤﴾


## EBIFA KU SSUULA NUUHU MU BUFUNZE (71)

Essuula eno nayo yakkira Makka. Eytibwa etyo kubanga Obubaka bwayo bwonna bwemalidde ku kwogera ku Nabbi Nuuhu (a.s.). Yemu ku Ssuula ezo ezassibwa mu myaka emibereberye egy'okussibwa kw'Obubaka, era nga Obubaka bwayo bwoleka nti we yakkira okuyigganyizibwa n'okuwakanyizibwa kwa Nabbi Owekitiibwa abatakkiriza b'omu Makka byali bikaaye, nga bya maanyi ddala.

Ebyafaayo bye Nabbi Nuuhu (a.s.) byogerwako naye ng'ekigendererwamu kwe kulabula abatakkiriza b'omu Makka nti beeyisizza eri Nabbi Muhammad (s.a.w.) mu ngeri y'emu eyo abantu ba Nabbi Nuuhu gye beeyisaamu ku Nuuhu — N'olwekyo nga tebekomyeko baali ba kugwa mu ddubi eryo abantu ba Nuuhu lye baagwako. Essuula ennyonyola Obubaka Nuuhu bwe yatumbwa atuuse eri abantu be n'engeri bwe yeefubako okukola ekyo ekyamutumibwa. Ebyo byonna ebizibu bye yennganga ng'abuulirira ne bwe yawanjagira Katonda Kamutuma ng'abantu be beeremaye okulunngama binnyonnyolwa mu aya 5-20.

Okukkiriza kwa Nabbi Nuuhu (a.s.) nga bw'atendewaliddwa ogwamutumwa, olw'obugubaasiivu bw'emitima gy'abantu be ne bakakanyalira ku kw'obujeemu, kwogerwako mu aya 21-24, mwe yasabira Mukama we ababundugguleko ebibonerezo byonna obutalekaawo wadde n'omu mu batakkiriza. Okusaba kwe kwayanukulwa bonna abajeemu ne basanyizibwawo n'omujjuzo.

Essuula ekomerezaayo okusaba kwa Nuuhu ng'awanjagira Katonda We ng'omuntu asoma Essuula eno asaanye ajjukire nebyo ebyogerwa ku Nabbi Nuuhu mu Kuraane mu bitundu bino: Essuula Al-Aaraaf: aya 59-64, Yunusu: aya 71-73, Huudu: aya 25-49, Al-Mu'minuun: aya 23-31, Ash-Shu'araa aya 105-122, Al-Ankabuut: aya 14-15, AswSwaaffaat: aya 75-82, Al-Kamar: aya 9-16.



## ESSUULA NUUHU (71)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 28

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

1. Ddala Ffe twatuma (Nabbi) Nuuhu eri ekibiina kye (ne tumugamba nti): Tiisa ekibiina kyo (bakomye obwo-noonyi) oluberyeberye nga ebibonyo-bonyo ebiruma tebinbatuukako (singa banaaba tebeekomyeko).
2. N'abagamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Mazima nze ndi mutiisa wammwe ow'olwatu:
3. (Mbakubiriza) musinze Katonda (awatali kumugattako kintu kyonna) era munngondere (mw'ebyo bye mbagamba),
4. (Nga mukikoze, Katonda) ajja kuba-sonyiwa ebimu ku bibi byammwe era abalindirize okutuusa ekiseera ekigere (kye yabagerera okumala ku nsi). Mazima ekiseera kya Katonda (kye yagera eky'okufa) bwe kiba nga kituuse, tekirindirizibwa (mbu ate omuntu amale okwenenya), singa mubadde mumanyi.
5. (Ng'aterebuse olw'okubakoowoolera ebbanga eppanvu nga tebakkiriza) n'agamba nti: Mukama wange! Mazima nkoowodde ab'ekibiina kyange ekiro n'emisana
6. (Eky'ennaku) ne kutabongera oku-koowoola kwange wabula kudduka (ne baawukana ku Mazima).

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

إِنَّا أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ أَنْ أَنْذِرْ قَوْمَكَ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَأْتِيَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ①

قَالَ يَقَوْمِ إِنِّي لَكُمْ نَذِيرٌ مُبِينٌ ②

إِنْ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاتَّقُوهُ وَأَطِيعُوا ③

يَغْفِرْ لَكُمْ مِنْ ذُنُوبِكُمْ وَيُخِرْكُمْ إِلَىٰ أَجَلٍ مُسَمًّى إِنَّ أَجَلَ اللَّهِ إِذَا جَاءَهُ لَا يُؤَخَّرُ لَوْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ④

ذِكْرُ اللَّهِ

قَالَ رَبِّ إِنِّي دَعَوْتُ قَوْمِي لَيْلًا وَنَهَارًا ⑤

فَكَرِهْتَهُمْ دُعَاءِي لِأَنْ يَرْتَدُّوا ⑥



7. Mazima nze buli lwonna lwe mba-koowoola (bakkirize Obulunngamu) olyoke obasonyiwe (ebibi byabwe) bassa ennwe z'engalo zaabwe mu matu gaabwe (tebampuliriza) ne beebikka engoye zaabwe (banneewale). Ne balemera (ku bukafiiri) ne beekuza olwekuza (oluyitiridde).
8. Oluvannyuma mazima nze mba-koowodde (mu ddoobozi) cry'o-mwanguka;
9. Nate oluvannyuma ddala nze mbatangazizza mu lujjudde era ne mbayita kinnoomu mu kyama mpolampola,
10. Nga mbagamba nti: Mmwegayirire Mukama wammwe abasonyiwe, Mazima Ye yali Musonyiwi (okuviira ddala oluberyeberye);
11. Aija kubaweereza mmwe enkuba, eddinggana.
12. Era ababunduggulire emmaali n'abaana, abassizeewo amalimiro era abassizeewo emigga (egikulukuta).
13. Mubadde ki mmwe obutasubira mu Katonda kitiibwa kimugyamu (obutagulumiza Katonda nga bw'ateekwa okugulumizibwa)—

وَأَرْقَىٰ كُلَّمَا دَعَوْهُمْ لِغَفْرٍ لَهُمْ جَعَلُوا  
أَصَابِعَهُمْ فِي آذَانِهِمْ وَاسْتَعْصَمُوا بِرَأْسِهِمْ  
وَاصْرُوفًا وَاسْتَكْبَرُوا اسْتِكْبَارًا ⑧

ثُمَّ أَرْقَىٰ دَعْوَتَهُمْ جَهَارًا ⑨

ثُمَّ أَرْقَىٰ أَعْلَنَتْ لَهُمْ وَأَسْرَرَتْ لَهُمْ أَسْرَارًا ⑩

فَقُلْتُ اسْتَغْفِرُوا رَبَّكُمْ إِنَّهُ كَانَ غَفَّارًا ⑪

يُرْسِلُ السَّمَاءَ عَلَيْكُمْ مِدْرَارًا ⑫

وَيُنزِلُ عَلَيْكُمْ بِأَمْوَالٍ مِّن بَيْنِ يَدَيْكُمْ وَيَجْعَلْ لَكُمْ  
جَنَّتٍ وَيَجْعَلْ لَكُمْ أَنْهَارًا ⑬

مَا لَكُمْ لَا تَرْجِعُونَ لِلَّهِ وَقَارًا ⑭

8-9. Wano Nabbi Nuuhu yali ategeeza Katonda we nga bwe yali yeeyambisizza buli ngeri yonna esoboka nga yeeyambisa buli kkubo lyonna eriyinzika kyokka abantu be ne beeyongera bweyongezi okuguggubirira ku butakkiriza na bwonoonyi.

10. Singa mwenenya ebibi nebisobyo byammwe mu bukafu ne mumukkiriza ne mugoberera n'Obubaka Bwe, wa kubasonyiwa ebisobyo byammwe.

12. Era wano bategezebwa nga bwe baali ab'okwongezebwa ebyokufuna nga ba badde baze eri Katonda, — okubatonnyeseza enkuba egimuse ebibala, abawe emmaali ennyingi n'abaana. Awo nno Nabbi Nuuhu yabayita okudda eri Katonda mu ddembe era nga abalaga ebirungi Katonda by'ayinza okubakolera singa babadde bakkirizza.

Bwe baagaana okukkiriza n'atandika okubayita nga abalaga obuyinza bwa Katonda nebyo ebitonde ebinene bye yatonda nga era akanguddako ku ddoobozi.

14. Nga mazima yabatonda nga muyita mu mitendera?

وَقَدْ خَلَقَكُمْ أَطْوَارًا ﴿١٤﴾

15. Abaffe, temulaba engeri Katonda bwe yatondamu emizingo gy'eggulu omusanvu (ng'erimu liri waggulu wa linnaalyo),

أَلَمْ تَرَ ذَٰلِكَ يَخْلُقُ اللَّهُ سَبْعَ سَمَوَاتٍ طِبَاقًا ﴿١٥﴾

16. N'afuula omwezi ekitangaala mu zo, n'afuula enjuba ettaala?

وَجَعَلَ الْقَمَرَ فِيهِنَّ نُورًا وَجَعَلَ الشَّمْسُ سِرَاجًا ﴿١٦﴾

17. Era Katonda yabameza (nga abaggya) mu ttaka olumeza (bwe yatonda Adamu),

وَاللَّهُ أَنْزَلَكُمْ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً ﴿١٧﴾

18. Bw'alimala n'alibazzaamu (ettaka nga mufudde), ate alibafulumyemu olufulumya (ku lw'Okuzuukira)?

ثُمَّ يُعِيدُكُمْ فِيهَا وَيُخْرِجُكُمْ إِخْرَاجًا ﴿١٨﴾

19. Era Katonda yabafuulira ensi ekya-liiro,

وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُمْ الْأَرْضَ بِسَاطًا ﴿١٩﴾

20. Mulyoke mukwate amakubo amagazi (nga mutambulira mu yo).

يَسْأَلُكُمْ فِيهَا مَآءَ غَافِقًا ﴿٢٠﴾

21. Nuuhu n'agamba nti: Mukama wange! Mazima bo banjeemedde wabula ne bagoberera oyo (yenna) etemwongera emmaali ye wadde abaana be okugyako okufiirwa;

قَالَ نُوحٌ رَّبِّ إِنَّهُمْ عَصَوْنِي وَاتَّبَعُوا مِنِّي بِرِزْقِكَ مَا لَهُمْ لَوْلَاكَ إِلَّا خُسْرًا ﴿٢١﴾

22. Era basaze olukwe ssinziggu,

وَمَكَرُوا مَكْرًا كَبِيرًا ﴿٢٢﴾

23. (Abakungu) ne bagamba (abagoberezi) baabwe nti: Temulekera ddala

وَقَالُوا لَا تَدْرِكُنَّ الْهَيْمَةَ وَلَا تَدْرِكُنَّ

14. Okusooka mwali ttaka, oluvannyuma ne mufuuka amazzi nate ne mufuuka ekisaayisaayi, ate ne mufuuka ekifi ky'ekinyamanyama, ne muzzaako okufuuka amagumba, Katonda n'agambaza ennyama: n'abafuwamu omwoyo ne muba abalamu n'asobozesa bannyammwe okubazaala.

21. Wano Katonda atutegeeza nti awamu n'okutetenkanya kwa Nabbi Nuuhu (a.s.) ng'alafuubana okuyita abantu be okudda eri Katonda, bo baamujeemera ne bagaana okumukkiriza ne bamulimbisa nga eno bali ku kugoberera abakungu baabwe n'abagagga abagayazibwa ku lw'obugagga bwabwe n'abaana baabwe, sso nga ebyo byali tebirina kye bibongera mu maaso ga Katonda okuggyako okufiirwa.

23. Wadda, Suwaa, Yaguutha, Ya'uuka ne Nasraa gaali mannya ga bakatonda baabwe be baasinzanga nga bagawumbye, masanamu:

Wadda lyali ssanamu lya kikula kya musajja nga likulira kitiibwa na buyinza bwa muntu; Ye

(okusinza) bakatonda bammwe. Era temulekera ddala (okusinza) Wadda, wadde Suwaa, wadde Yaguutha ne Ya'uuka wamu ne Nasraa;—

24. Era mazima (abakungu abo) babuzizza bangi (mu bantu olw'okubalabirako ne babagoberera): Naawe toyongera balyazaamaanyi (abakaa-fiiri kalungi konna) okuggyako okubabuzza (okw'ewala).
25. Ku lw'ebyo bye baasobya baasaanyi-zibwawo n'amataba, (oluvannyuma) ne bayingizibwa omuliro: ne bateefunira mutaasa (oyo) atali Katonda (mbu abataase mu bibonerezo bya Katonda).
26. Nuuhun'agamba nti: Mukama wange! Tolekaawo ku nsi mutuuze n'omu yenna mu bakafiiri!
27. (Kubanga) mazima Ggwe bw'onooba obaleseewo, baja kuba za abaddu Bo (abakkiriza) era tebajja kuzaala wabula (abaana) abonoanyi, abaka-fiiri abayitirivu.
28. Mukama wange! Nsonyiwa ne bakadde bange bombi na buli yenna ayingidde ennyumba yange nga mukkiriza, n'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala, era toyongera abalyazaamaanyi wabula okubazikiriza.

وَدَّٰوِلَٰٓءَ وَلَا سُوَاعًا وَلَا يَٰعُوْقَ وَيَعُوْقَ

وَتَسْرًا ﴿٣٦﴾

وَقَدْ أَضَلُّوْا كَثِيْرًا ۗ وَلَا تَزِدِ الظَّٰلِمِيْنَ

إِلَّضْلَالًا ﴿٣٧﴾

مِمَّا حَقَّبَتْهُمْ طَعْوَاهُمْ ۗ فَانَادَوْا نَارًا قَالَمْ

يَجِدُوْا إِلَهُم مِّنْ دُوْنِ اللَّهِ أَنْصَارًا ﴿٣٨﴾

وَقَالَ نُوحٌ رَبِّ لَا تَذَرْنِيْ عَلَى الْاَرْضِ

مِنْ الْكٰفِرِيْنَ دِيَارًا ﴿٣٩﴾

إِنِّيْ لَأَقْرَبُكَ زَعْمًا يُّسَٰئِرُ آٰءَادِكَ وَلَا

يَلِدُوْنَ اِلَّا فٰجِرًا كَفَّارًا ﴿٤٠﴾

رَبِّ اٰغْفِرْ لِيْ وَلِوَالِدِيْ وَلِمَنْ دَخَلَ

بَيْتِيْ مُؤْمِنًا ۗ وَلِلْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُؤْمِنٰتِ

﴿٤١﴾ وَلَا تَزِدِ الظَّٰلِمِيْنَ اِلَّا تَبٰٓءًا ﴿٤٢﴾

Suwaa nga kifaananyi kikazi nga ye Katonda waabwe afuga obulungi, okutabagana n'okukulagana. Yaguutha nga ssanamu lya kifaananyi kya mpolongoma oba ensolo ennume nga y'afuga eryanyi ly'okulwana entalo; Ye Ya'uug nga ssanamu lya mbalaasi erikulira obwangu n'emisinde. Ye Nasraa nga ssanamu lya kifaananyi kya Mpungu oba Nsega oba Kamunye nga ye y'afuga okulaba okwogi n'okufumiitiriza okw'omunda okw'obwakalalaba.

Kale abantu ba Nuuhu baalinga bakunngaanira ku masanamu gano ne bagasinza. Katonda mu nkomero kwe kutuma Nuuhu abalungameyave ku kusinza ebitaananyi ebyo basinze. Ye, kyokka ne beerema.

26. Nabbi Nuuhu yasaba Katonda azikirize abakafiri bonna era aleme okulekawo ennyumba y'omukafiri yenna! Katonda yayanukula okusaba kwe, bonna nabasaanyaawo mu mujuzo ogwayaayalira ensi yonna ne gubulizaamu n'ensozi ez'amaanyi. Omwana wa Nabbi Nuuhu naye mw'ataalutondera olw'okubanga naye teyakkiriza Bubaka kitaawe bwe yaleeta nga abuggya eri Katonda. Ng'ekyo Nuuhu yakituukako luvannyuma lwa kuterebukira ddala ku kukkiriza kwabwe.

## EBIFA KU SSUULA AL-JINN MU BUFUNZE (72)

Nayo y'emu ku ssuula ezo ezakkira e Makka ng'Obubaka kye bujje butandike okusibwa. Eyitibwa Al-Jinn okusenziira ku aya esooka, era nga yonna essira eritadde ku kwogera ku Majinni (Amageege). Enyuma ku ky'afaayo ky'amajinni agaawuliriza Kuraane ng'esomebwa ne gasiramuka era ne gaddayo ewaago ne gakoowoola bannaago nabo batye Katonda. Mu Ssuula eno mulimu ekikulu ennyo ekvokuyiga ekikakasa okubaawo kw'amajinni n'obukakafu bwago okuba nga si bantu era nga go ffe abantu tetugalaba. Ekyo nno kigyawo endowooza z'abo abamu abawakanya okubaawo kwago. Omuntu yenna alowooza nti ky'atalaba kiba tekiriwo; era nti kyonna ekibaawo kiteekwa okulabibwa mu bukakafu ddala endowooza ye eyo eba eyoleka bunafu bwa bwongo bwe—Era omuntu ow'ekika ekyo aba nga atakkiriza mu kubaawo kwa Katonda.

Mu aya 1-15 tubuulirwa engeri obubaka obuli mu Kuraane bwe bwawuniikiriza ennyo amageege olw'amazima gaabwo ne gasiramuka era ne gakubiriza ne mageege gannaago agaali gasigadde eka okusiramuka. Oluvannyuma lw'ebyo, mu aya 16-18 abantu bala-bulwa nti singa beeyambululira ddala ekikoligo ky'okusinza bakatonda ab'ekintabuli ne beenywera ddala ku bulongoofu, ba kuwebwa ebyengera; naye singa beesamba Obubaka bwa Katonda, ba kukonkobazibwa n'agabonerezo agakakali.

Mu kuwunzika, Essuula egugumbula abatakkiriza b'omu Makka olw'okudda mu kuzengerera Omubaka Muhammadi (s.a.w.) n'okumwetyotyogolerako olw'okubayita badde eri Katonda, ekyo eky'okubaviiramu obulungi n'obuwanguzi mu bulamu. Era balaalikwa nti wadde ke babe nga kati bali mu kwetaaya ne kujaganya nga balaba nga Nabbi (s.a.w.) ensonjogo atalina mwasirizi era ateejuna—bwe batyo ne bamu-ddako ne bamukkakkanako okumujoonya—naye beerinde ebibonyobonyo ebibi ennyo, ebiruma mu nkomerero.



## ESSUULA AL-JINNI (72)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 28

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bagambe (Gwe Muhammad) nti: Watumiddwa gye ndi nti: Mazima ekibiina mu mageege (majinni) kiwulirizza (Kuraane ng'esomebwa) ne bagamba nti: Mazima ffe tuwulidde Kuraane eyeewunyisa!

قُلْ أَوْحَىٰ إِلَيَّ أَنَّهُ اسْمُ الْقُرُونِ الْآخِرِ  
فَقَالُوا إِنَّا سَمِعْنَا قُرْآنًا مَّجْبُومًا ١

2. Erunnngamya eri Obulunngamu ne tugikkiriza, era (kati tetukyaddirira) kugatta ku Katonda waffe mulala yenna.

يَهْدِي إِلَى الرُّشْدِ فَآمَنَّا بِهِ وَلَنْ  
نُشْرِكَ بِرَبِّنَا أَحَدًا ٢

3. Era mazima kyagulumira Ekitiibwa kya Mukama waffe!—teyeteerawo mukyala wadde omwana,

وَأَنَّهُ تَعَلَّى جَدًّا رَبِّنَا مَا اتَّخَذَ صَاحِبَةً  
وَلَا وَلَدًا ٣

4. Era mazima abagwagwa mu ffe baalinga boogera ku Katonda eby'obulimba obw'ewala (obususse ebikomo);

وَأَنَّهُ كَانَ يَقُولُ سَفِيهُنَا عَلَى اللَّهِ شَطَطًا ٤

5. Era mazima ffe (mu kusooka twali) tulwooza nti: tebasobola abantu wadde amajinni kwogera bya bulimba ku Katonda.

وَأَنَا ظَنَمْنَا أَن لَنْ نَقُولَ الْإِنْسُ وَالْجِنُّ  
عَلَى اللَّهِ كَذِبًا ٥

6. Era ddala abasajja mu bantu (obusiru bwabwe) baalinga beekingiriza n'abasajja mu majinni, olw'ekyo ne babongera okubula ekisukkiridde (olw'okubasinza):

وَأَنَّهُ كَانَ رِجَالٌ مِنَ الْإِنْسِ يَعُوذُونَ  
بِرِجَالِ الْجِنِّ فَأَرَادَ اللَّهُ لَهُمُ الرَّهْقًا ٦

7. Era mazima bo (abakyamu mu bantu) baalwooza nga nammwe bwe

وَأَلَّهُمْ ظَنَمُوا كَمَا ظَنَنْتُمْ أَن لَنْ



10. Era kikakafu ffe tetumanyi oba nga bubu bwe bwagalizibwa abo abali mu nsi (olw'okulimbisa n'okujeemera omubaka gw'ekkirako Kuraane), oba nga Mukama waabwe yabaagaliza bulunngamu.
11. Era ddala mazima mulimu mu ffe (amajinni) abalongoofu era mulimu (n'abonoonefu) abatali abo: (okuva edda) tubadde tuli amakubo mawufu.
12. Era mazima ffe twakakasa nti tetuyinza kulemesa Katonda muno mu nsi era tetuyinza kumulemesa (ne tumusumattuka) na kudduka.
13. Era mazima ffe bwe twamala okuwulira Obulunngamu ne tubukkiriza; kale omuntu akkiriza Mukama Katonda we (n'amwesiga mu byonna), tatya kuseerwa (mu mpeera z'alifuna) oba okulyazaamaanyizibwa (n'aberekwa eggugu ly'ebibi by'omulala).
14. Era ddala mulimu mu ffe Abasiraamu (abakkiriza Obubaka bwa Kuraane) era mulimu mu ffe abakyamu (abaava ku Bulunngamu). N'oyo ayecwaayo eri Katonda (n'asiramuka)—abo baba beenoonyereza Obulunngamu:
15. Mazima abo abakyama (ne bava ku bulunngamu,—ba kuba) nku za muliro Jahannama (mu kugera kwa Katonda)—
16. (Sso nga Obubaka bwa Katonda bugamba) singa (abatakkiriza b'omu

وَإِنَّا لَنَدْرِي أَكَلْنَا مِنْ دَرِيئِ الْإِنْسَانِ أَمْ لَمْ نَلِدْ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِمْ فِي الْآرْضِ  
أَمْ أَرَادَ بِهِمْ رَبُّهُمْ رَشَدًا ﴿١٠﴾

وَإِنَّا لَمِنَ الصَّالِحِينَ وَمِنَّا دُونَ ذَلِكَ  
كُنَّا طَرَائِقَ وَدَا ﴿١١﴾

وَإِنَّا ظَنَنَّا أَنْ لَنْ نُعْجِزَ اللَّهَ فِي الْآرْضِ  
وَلَنْ نُعْجِزَ لَهُ هَرَبًا ﴿١٢﴾

وَإِنَّا لَنَسْمَعُ أَلْحَادَ الْمَتَابِ فَمَنْ  
يُؤْمِنُ بِرَبِّهِ فَلَا يَحْتَابُ بَحْسًا وَلَا  
رَهَقًا ﴿١٣﴾

وَإِنَّا لَمِنَ الْمُسْلِمِينَ وَمِنَّا الْقَارِطُونَ  
فَمَنْ أَسْلَمَ فَأُولَئِكَ تَحَرَّوْا رَشَدًا ﴿١٤﴾

وَإِنَّا الْقَارِطُونَ فَكَلِمَاتُكُمْ حَطَبًا ﴿١٥﴾

وَإِنْ لَوْ اسْتَقَامُوا عَلَى الطَّرِيقَةِ لَأَسْقَيْنَهُمْ

10. Amajinni gano agoogera kati gaali gamaze okusiramuka naye ng'ate oluberyebereye ng'abantu baageeyambisanga gababbirenga ebyama mu ggulu balyoke bamanye era beerinde kyonna ekinajja. Naye kati wano go kwe kwewuunya olw'okulaba nga kati eggulu terikyasembererwa likuumibwa butiribiri—Kale tegamanyi oba kikoledwa nga Katonda ayagaliza abo abali ku nsi bibonerezo oba nga kikoledwa lwa kubaagaliza kubulunngamya!

Makka) baalunnigama ku kkubo ettuufu, ddala twandibanywesezza amazzi mu bungi.

مَاءٌ عَذَقًا ﴿١٧﴾

17. Tulyoke tubagezese mu kyo (tulabe oba beebaza ebyengeru bya Katonda oba nedda), n'omuntu ava ku kwogera ku Mukama we; amuyingiza mu bibonyobonyo ebizito.

لِنَقْتَهُمْ فِيهِ وَمَنْ يُعْرِضْ عَنْ ذِكْرِ رَبِّهِ يَسْلُكْهُ عَذَابًا صَعَدًا ﴿١٨﴾

18. Era mazima amasinzizo (gonna omusabirwa) n'okusinza bya Katonda (yekka): Kale temusinzanga awamu ne Katonda ekintu ekirala kyonna nga mukimugattako.

وَإِنَّ الْمَسْجِدَ لِلَّهِ فَلَا تَدْعُوا مَعَ اللَّهِ أَحَدًا ﴿١٩﴾

19. Nga ate mazima omuddu (era Omubaka) wa Katonda (Muha-

وَأَنْتُمْ لَمَعَاقِمٌ عَبْدَ اللَّهِ يَدْعُونَ لَهُ كَادُوا

17. Okulunnigama ebeera ensonga y'okufuna ebyengeru n'okwesiima nga n'omusingi gw'ebye-ngeru kwe kufuna amazzi agamala kubanga obulamu (okuva ddi n'okutuusa ddi) buyimiridde ku mazzi. Bwe wabaawo abantu abamu abali obulungi awamu n'obutaba ku Bulunnigamu, Katonda asobola okubaleetera ebibonyobonyo ebirala mu ngeri gye batamanyi n'abakangavvula.

Oluusi ate ebyengeru biyinzira okuba eby'akabi eri omuntu: Abalunnigamu Katonda abawa ebyengeru alyoke abagezese alabe oba basobola okwebaza ebyo by'abawadde. N'amakulu g'okwebaza kwe kutuukiriza amateeka ga Katonda n'ebiragiro Bye wamu n'okwewala ebyo bye yagaana. Kale Okwebaza olumu kuba kuzibu nnyo okusinga okugumiikiriza kubanga abantu bangi bwe bafuna eddembe n'obulamu obwesiimisa batera nnyo okwerabira Katonda ne bagayaazibwa emirembe gye babaamu. Ate omuntu oluusi bw'afuna obuzibu atera nnyo okudda eri Katonda n'okusuubira okutaasibwa okuva gy'Ali.

18. Wano kinnyonyoka nti okusaba kwonna omuntu kw'akola wadde okusinza kukakaturwa Katonda Omutonzi yekka, mu kifo ekyo kyonna omuntu oyo ky'aba asabiddemu. Kale tewali Katonda mulala yenna asinzibwa oba asabibwa okuggya omuntu mu buzibu okuggyako Katonda Oyo yekka Ali Omu—Ayeeyawulidde okusinziwira n'Okusabibwa. Tewali atekwa kusabibwa k'abc Nabbi oba Bamaswahaba oba Abalongoofu mu ddiini oba Bamalaika wabula Katonda yekka. N'olw'ekyo Obusiraamu buwakanya ekikolwa ky'Abagoberezi ba Yesu bwe basaba Yesu ne Nnyina Mariamu mu kifo ky'okusaba Katonda kubanga Yesu ne Nnyina Mariamu 'bombi bectaaga eri Katonda abasaasire era abawonye mu buzibu bw'Oulunaku Lw'oluvannyuma'.

19. Ekyafaayo kyennyini ekyogerwako wano ky'ekyo Nabbi (s.a.w.) bwe yali agenze obwanna-munigina mu Kibuga Twaa'ifa ekiri mu miriraano gya Makka nga olwo amaze okuwalagganywa, okukijjanywa n'okujolongwa Abakuraish mu Makka, n'alowooza nti oba alyawo yo e Twaa'ifa bandimugondera ne bakkiriza Obubaka. Naye si bwe kyali! Abantu abo baamukkakkanako ne bamufuyira empa, bamukubidde embeekuulo, bamukasukidde amayingira era bamutulugunyizza nnyo, ne bamuwaliriza okudduka ekibuga ekyo. Baamuwererekereza n'ebikolwa ebyo mailo nga ssatu okuva e Twaa'ifa. Nabbi (s.a.w.) nga eno n'ebiwundu bittulukuka omusaayi ku magulu ge gombiriri yadecyaddeya okutuusa lwe yatuuka ku nsozi eziriraanye Twaa'ifa mu mailo nga ssatu n'antuwa nnyo omuti nga mukooovu nnyo n'awanika emikono gye n'asaba, Katonda.

Olwamaliriza okusaba okwo Malaika Jibriilu n'amukkira ng'ali ne Malaika omulala ne bamulama. Jibriilu n'agamba Nabbi nti: "Mukama Katonda wo akulamuzizza! Antumye nkubuzze nti oyagala nkuyambe ntya? Ono Malaika munnange y'akulira ensozi (zino zonna ez'omu nsi). Wandya-



mmadi) bwe yayimirira nga asinza (Katonda), (abakafiri b'e Twaafia) baasemberera okubeera nga bamwetuumyeko bamwebunguludde.

20. Bagambe (Ggwe Nabbi) nti: Mazima nze nsaba Katonda wange yekka era simugattako kintu na kimu.
21. Bagambe nti: Mazima nze sirina buyinza kubaggyako kabi oba okubafunira obulunngamu.
22. Bagambe nti: Mazima tewali n'omu asobola kumponya (mu bibonerezo) bya Katonda (singa mbadde mujee-medde), era siyinza kufuna awatali Ye buddukiro bwonna (gye nnyinza okuddukira mpone ebibonerezo Bye).
23. Wabula (kye nnina kwe) kutuukiriza ebiva eri Katonda n'Obubaka Bwe (ng'ekyo ky'eky'okumponya); (kubanga) n'omuntu ajeemera Katonda n'omubaka We (oluvannyuma lw'obubaka okumutuukako)—mazima alina (kuyingira) muliro Jahannama, (nga ab'ekika ekyo) ba kugubeeramu lubeerera, obugenderevu.
24. (Abatakkiriza tebajja kukomya kuwakanya Mazima) okutuusa lwe balibeera nga balabye ebyo ebibalagaanyisibwa (mu bukakafu bwabyo); olwo nno bagenda kumanya ani asinga okuba n'omutaasa omunafu (bo abakafiiri oba abakkiriza) era ani asinga okuba n'omuwendo (gw'abagoberezi) omutono.

يَكُونُونَ عَلَيْهِ لِبَدًا ۝١٩

قُلْ إِنَّمَا أَدْعُوا رَبِّي وَلَا أُشْرِكُ بِهِ أَحَدًا ۝٢٠

قُلْ إِنِّي لَا أَمْلِكُ لَكُمْ ضَرًّا وَلَا رَشَدًا ۝٢١

قُلْ إِنِّي لَنْ يُجِيرَنِي مِنَ اللَّهِ أَحَدٌ وَلَنْ أَجِدَ مِنْ دُونِهِ مُلْتَحَدًا ۝٢٢

إِلَّا بِلَعْنَةٍ مِنَ اللَّهِ وَرِسْلَةٍ وَمَنْ يَعِصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَأَنْ لَهُ نَارُ جَهَنَّمَ خَالِدًا فِيهَا أَبَدًا ۝٢٣

حَتَّىٰ إِذَا رَأَوْا مَا يُوعَدُونَ فَسَيَعْلَمُونَ مَنْ أَضْعَفُ نَاصِرًا وَأَقَلُّ عَدَدًا ۝٢٤

gadde alindiggule ensozi zino ku bantu abo abakutuusizzaako obulumu?" Nabbi yaddamu nti: "Nedda! Saatumbwa kukolimira bantu na kubabonyabonya, wabula natumbwa nga Eky'okusaa-sira eri Ebitonde byonna. Wadde nga bano bankoze kino, osanga mu migongo gyabwe mulivaamu ezzadde eddongofu abalikkiriza Katonda waabwe ne bamugondera." Bw'atyo, awo Jibriilu n'addayo eri Katonda.

24. Abonoonyi kuno ku nsi abaalinga beewaga amaanyi era nga beeraba bangi ddala abasobola okwetaasa, bwe batyo ne beeyongera bweyongezi okwonoona n'obutakkiriza;—bwe balimala okwerabirako na agaabwe mu Nkomercero, obukakafu bw'ekyo kye balagaanyisibwa kati: olwo lwe

25. Bagambe nti: Simanyi oba ekyo ekyabalagaanyisibwa kiri kumpi, (era simanyi) oba Katonda wange anaali-fuula bbanga eddene (ery'ewala mwe kirituukira).

قُلْ إِنْ أَدْرِي أَقْرَبٌ مَّا تُوْعَدُونَ  
أَمْ يَجْعَلُ لَهُ رَبِّي أَمْدًا ﴿١٥﴾

26. Katonda yekka y'Amani Eby'ewala Ebitalabikako, ng'ate tabikkulirako muntu n'omu ku Byama Bye Ebitalabikako,

عِلْمُ الْغَيْبِ فَلَا يُظْهِرُ عَلَىٰ غَيْبِهِ  
أَحَدًا ﴿١٦﴾

27. Okuggyako mpozzi oyo gw'Aba asiimye (n'amufuula) Omubaka: ate olwo Ye (Katonda) n'amuteerawo wakati w'amaaso ge n'emabega we omukuumi (malaika, amukuuma okulema okulabankanyizibwa ne basitaane),

إِلَّا مَنْ ارْتَضَىٰ مِنْ رَسُولٍ فَإِنَّهُ يَسْلُكُ  
مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمِنْ خَلْفِهِ رَصَدًا ﴿١٧﴾

28. Alyoke amanye nti ddala (malaika aleese Obubaka ne banne abakuuma omubaka) batuusziza Obubaka bwa Mukama waabwe (mu bwennyini bwabwo): Era (Katonda) yecooloola ebyo ebiri n'abo (ababaka b'atuma), era yakommekereza okumanya omuwendo gwa buli kintu.

لِيَعْلَمَ أَنْ قَدْ أَبْلَغُوا رَسُولًا رِبِّهِمْ وَ  
أَحَاطَ بِمَا كَانُوا يَكْتُمُونَ كُلُّ شَيْءٍ  
عِنْدَ اللَّهِ ﴿١٨﴾

balikakasisa ddala amazima gaabyo ate lwe baliraba nti banafu tebalina kiyinza kubataasa ku lyanyi na ggye lya Katonda. Era olwo lwe balikakasa obutono bwabwe kubanga mu Lunaku Olwo buli mulongoofu yenna mu abo abakkiriza baliba wamu bonna nga ggye lya maanyi eriwagirwa ne bamalaika bonna wamu ne Katonda. Kale abonoonyi baliba batono okugeraageranya n'abakkiriza.

25. Okumanya kw'Enkomerero ddi lw'erituuka, omwo omuliba okubonereza kw'abajeemu n'okusasula kw'Abalongoofu, (abakkiriza), kuli eri Katonda, tewali mulala akimanyi wadde Nabbi (s.a.w.) oba Malaika.

28. Abo ababaka Katonda b'asiima n'abaawulamu ng'abatume Be ababikkulira ebimu kw'ebyo ebitalabikako ekigero ekisobola okubayamba okutuukiriza Obubaka eri abantu—kubanga n'Obubaka bwennyini bubalibwa mw'ebyo omuntu by'atasobola kumanya okuggyako nga Katonda, amwawudde n'amutumira Obubaka Obwo, n'amubikkulira ku Byama Bye ekigero ky'aba aya-gadde. Ate okwo n'atekako okumukuuma aleme okulabankanyizibwa sitaane na buli kirala kyonna ekiyiza okumulabankanya.


## EBIFA KU SSUULA AL-MUZZAMMIL MU BUFUNZE (73)

Essuula eno yakkira Makka mu biseera ebyasookera ddala ng'Obubaka bwakatandika okussibwa. Eggya erinnya lyayo ku kigambo *al-Muzzammil* ekiri mu aya esooka.

Obubaka obuli mu aya 1-7, Nabbi Ow'ekitiibwa alagirwa yeeteeketeke yeemanyiiize, Eggugu ly'Obuvunaanyizibwa bw'okutuusa Obubaka eryamukwasibwa nga mw'ekyo yali atekwa okuzuukukanga mu kiro asaale nga bw'asoma Kuraane. Mu aya 8-14, Nabbi (s.a.w.) akubirizibwa yeemalire ddala ku Katonda Oyo Nnannyini Bwengula na byonna ebibulimu; era Katonda Oyo yekka gw'aba yeesigamyangako ensonga ze. Alagirwa agumiikirizenga ebyo byonna bye baamumottoleranga abalabe be, aleme kubee-maliza mbu abeesige mu nsonga ze, mu nkomerero abalekere Katonda y'aba abakolako.

Mu aya 15-19 abatuuze b'omu Makka, abo abawakanyanga Omubaka Muhammadi (s.a.w.) balabulwa nti oluvannyuma nga bwe batumiddwa Omubaka ne bamulimbisa beerinde akatyabaga nga Fir'auna ke yagwamu mu kiseera naye bwe yatumirwa Omubaka wa Katonda amulungamye n'abantu be, ate Fir'auna n'amuvvoola. Bakakasibwa nti wadde ka baleme kukangavvulirwa kuno ku nsi, naye tebalina ngeri yonna gye balyebalamamu bibonerezo bya lunaku Lwa Kuzuukira, ku Nkomerero.

Aya 20 mwe muli Ekiragiro eri Abasiraamu basaalenga nnyo Sswala ya Tahajjud, nnyo nga bwe basobola naye nga ekisinga obukulu bateekwa bayimirizengawo Esswala Etaano endaalike lubeerera era mu biseera byazo; era batoolenga *Zakka* mu mmaali yaabwe ekigero ekyabalaalikwa era batoolenga n'omwoyo omutukuvu mu Kkubo Iya Katonda. Essuula emaliriza ng'ekubiriza abakkiriza beenywereze ku kulongoosa kwokka nga eyo y'entanda gye balisisinkana mu Bulamu Obwolvannyuma.



## ESSUULA AL-MUZZAMMIL (73)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 20

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi*  
*Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Owange ggwe Ayeebikkiridde  
(amaganduula)!

يَا أَيُّهَا الْمَرْسُومُ ۝

2. Yimiriranga ekiro nga osaala wa-  
bula lekayo ekiseera kitono,—

قُمِ الْيَلِيلَ الْأَقْلِيلَ ۝

3. (Saalanga) kimu kyakubiri (eky'eki-  
ro) oba kendeenzaako katono ku kyo.

تَضَعُ أَوْ أَنْقُصْ مِنْهُ قَلِيلًا ۝

4. Oba yongerako ku kyo (osusse mu  
kitundu ky'eki-ro)—era osomenga  
Kuraane olusoma empolampola  
awatali kwanguyiriza.

أَوْزِدْ عَلَيْهِ وَرَتِّلِ الْقُرْآنَ تَرْتِيلًا ۝

1. *Muzzamil* nalyo limu ku mannya ga Nabbi. Omulundi gwe kwe yasookera ddala okutumirwa Obubaka, Nabbi yatya nnyo ddala n'ajugumira ng'alina ekitengo ky'omusujja, era olwaddayo ewa Mukyala we Khadija bint Huwailid n'amugamba amubikkirire engoye nnyingi zimubugumye.

Kale okuva olwo, mu myaka egyasooka nga yaakatumbwa Nabbi yeebikkiriranga nnyo engoye—ne Katonda kwe yava okumulagiriza nga amuyita *Muzzamil* ekitegeza omuntu okwezingirira oba okwebikkirira amagoye.

2. Mu kiseera Nabbi bwe yali nga tannafuna Bubaka wadde n'oluvannyuma lw'okubufuna, yeekukumanga mu Mpuku eri okumpi ne Makka ku Lusozi Hiraan n'amala eyo ennaku n'ebiro nga asaba n'okulowooza. Era mu ntandikwa y'Obubaka abantu baakubirizibwanga baweeyo ebiseera biwanvu mu kukola *Ibaada* (okusinza n'okutendereza Katonda) okutuusa ebiseera ebyo lwe byakendezebwako n'ensonga ezo ezooogerwa mu aya eya 20 ey'essuula eno.

Wano nno okulagirwa atyo nga eno y'essuula eyokusatu nga bwe zaaliraanagana mu kussibwa. Esooka nga ze aya ettaano eza Ssuula Al-Alaq (Iqraa) (96) ne kuddako Ssuula Al-Qalamu (68) aya ntono ezisooka.

Oluvannyuma lw'eno Al-Muzzamil (73) aya ntono ezisoose ne kuzibwako Al-Muddaththir (74) aya 30 ezisooka ate olwo ne kuzibwako ekitundu kya (Al-Alaq 96) ekirala kyonna, aya 6-19. Mu kiseera kino Nabbi yali amaze okuguma n'okumanyiira Obubaka kale yafubanga nnyo okuba nga abweddinganya mu kwejjukanya buli kiseera ng'ate eno bw'alulunkanira nnyo n'amaanyi obulala bussibwe. Essuula eno yakka ng'emulagira okusaalanga ekiro ekiseera ekisinga obunene n'okusomanga Kuraane mu ddooboozi esseeneekerevu eritaliimu kupapiriza olw'okugenderera okumala amangu. Nabbi yatandika okusaala n'abo abaamugoberera okutuusa n'ebigere ku kuzimba olw'okuyimiriranga ennyo. Oluvannyuma Katonda n'assa aya endala mu Ssuula eno ewewula ku buzibu bwe baafunanga, mu aya eyo n'abalagira okusaalanga esswala ttaano, n'oku-saala ekigero ekibanguyira—Esswala ya *Tahajjudi*.

5. Mazima Ffe tujja kussa ku ggwe Eki-gambo ekizito. إِنَّا سَأَلْنَاكَ قَوْلًا نَقِيلًا ﴿٥﴾
6. Mazima okuzuukuka (okusaala) ekiseera eky'ekiro kyo kye kisinga okuttuliza (omwoyo n'okuyingira mu mutima) era kye kisinga okunyonnyokeramu (n'okutereerezaamu) Ekigambo (ky'okusinza n'okutendereza Katonda). إِنَّ تَأْتِيهِمُ اللَّيْلُ هِيَ أَشَدُّ وَطْأًا وَأَنُومٌ قِيلًا ﴿٦﴾
7. Mazima ggwe olina (mu biseera) byemisana emitwaana mingi (egikutawunkanya): إِنَّ لَكَ فِي النَّهَارِ سَبْحًا طَوِيلًا ﴿٧﴾
8. Era yogeranga ku linnya lya Mukama Katonda wo (ng'omutendereza ekiro n'emisana) era omwemalize (ng'ovudde ku buli kintu kya nsi) olwemaliza odde gy'Ali— وَأَذْكُرُ اسْمَ رَبِّكَ وَتَبْتَئِلُ إِلَيْهِ تَبْتِيلًا ﴿٨﴾
9. (Ye Katonda) Omufuzi w'e Buwanjuba n'e Bugwanjuba: tewali Katonda mulala asinzibwa mu mazima okuggyako Ye: n'olw'ekyo (Ye yekka) gw'oba ofuulanga omukuumi (wo akumalira). رَبِّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ كَرَّمَ اللَّهُ الْآهُوَ فَاتَّخَذَهُ ذُرِّيَّةً ﴿٩﴾
10. Era gumikiriza kw'ebyo bye boogera (nga babigunja ku Katonda n'okukwewumagana), wabula obasenguke olusenguka olulungi (oleme kubeetabamu n'okubeewa nga ab'e-mikwano). وَأَصْبِرْ عَلَى مَا يَقُولُونَ وَأَنْهَرْهُمْ هَمَجْرًا جَمِيلًا ﴿١٠﴾

5. Mazima tujja kutikka ku ggwe Muhammadi Kuraane enzito ejjudde amateeka n'ebiragiro ebizito ennyo. Era n'Obubaka bwennyini Nabbi bwamuzitoowereranga nga bukka gy'ali okutuusa lwe yatuyyananga n'okutuuyana wadde ne mu kiseera eky'obutiti. Nga era bwe kyali nti oluwannyuma lw'okussa aya zino entono ezisooka ku Ssuula eno, ezaddako zaali nkumu— 1-30 eza Ssuula Mudaththir, eyo eddako.

6. Olw'okubanga ekiro kyonna kiba kiweweevu, kikkakkamu era kisirifu temuli mbeekuulo, maloboosi wadde emboyaana, kale okusinza Katonda mu kyo kwe kusinga okuyingira mu mutima. Era okusoma Kuraane ekiro kwe kusingiramu omuntu okutegeereramu amakulu gaayo wamu n'okusembeza omutima n'ebirowoozo mu kiseera ky'okugisoma okusinga okugisoma emisana.

7. Wadde nga Nabbi (s.a.w.) mubaka wa Katonda, naye ng'omuntu mu biseera by'emisana aba n'okutawaanyizibwa n'ebikwata ku bulamu bw'ensi ebitali bimu ebitamuganya kuwummulako asobole okutendereza Mukama we mu bukkakkamu obumala; era aba alina n'ogw'okutuusa Obubaka nga bw'abuulira abantu, y'eyo ensonga lwaki Nabbi (s.a.w.) yalagirwa okwemyambisanga ebiseera eky'ekiro mu kusinza n'okutendereza Katonda.

11. (Katonda agamba Nabbi we) nti: Ndeka Nze n'abo abalimbisa (Amazima mbakoleko), (abo) bannannyini kuba na byengera (muno mu nsi); era balindirizeeko (ekiseera) kitono (leka kubugutanira kubonerezebwa kwabwe) n'omuliro,
12. Ddala Ffe we tuli waliwo empingu engumu,
13. N'ekyokulya ekirakira (ne kiwagamira mu ddookooli), n'ebibonyobonyo ebiruma
14. Ku Lunaku ensi n'ensozi lwe birikankana (ennyonyo n'amaanyi), ensozi ne zibeera nga entuumu y'omusenyu ogufuumuuka.
15. Mazima ffe tubatumidde omubaka (Muhammadi abalunnngamye), abeere abajulira, era nga bwe twatumira Fir'auna Omubaka (Musa).
16. Kyokka Fir'auna n'ajeemera omubaka ne tumuvumbagira oluvumbagira ssinziggu.
17. Olwo bwe muba nga mujeemedde (Katonda) ngeri ki bwe mulyekuuma ne muwona Olunaku (olwo) olulifuula abavubuka abakadde ab'envi (ku lw'ebitiiso byalwo)?
18. N'eggulu ne lyatikayatikamu mu lwo (olunaku olwo)? Endagaano Ye (Katonda) yali nga ya kukolwa (okuviira ddala oluberyebrye).
19. Mazima kuno Kubuulirira (okuli mu Kuraane): Kale omuntu yenna aya-gala, atekewo ekkubo (eggolokofu) erituuka eri Katonda we (ng'ayitira mu kumutya n'okumugondera).
20. Ddala Mukama wo (Owange Muhammadi!) amanyi nti mazima ggwe

وَدَرْنِي وَالْمُكَذِّبِينَ أُولِي النَّعْمَةِ  
وَمَهْلَهْمَ قَلِيلًا ۝۱۱

إِنَّ كَذِبَنَا أُنكَالًا ۝۱۲ وَجَحِيمًا ۝۱۳

وَوَطْعًا مَا دَأَعُضَتِهِ وَعَدَا بَابِ الْيَمِينِ ۝۱۴

يَوْمَ تَرْجُفُ الْأَرْضُ وَالْجِبَالُ وَكَانَتِ  
الْجِبَالُ كَيْبًا مَهِيلاً ۝۱۵

إِنَّا أَرْسَلْنَا إِلَيْكُمْ رَسُولًا شَاهِدًا عَلَيْكُمْ  
كَمَا أَرْسَلْنَا إِلَى فِرْعَوْنَ رَسُولًا ۝۱۶

فَعَصَى فِرْعَوْنُ الرَّسُولَ فَأَخَذْنَاهُ أَخْذًا  
وَبِئْسَ ۝۱۷

فَكَيْفَ تَتَّقُونَ إِنْ كَفَرْتُمْ يَوْمًا يَجْعَلُ  
الْوِلْدَانَ شِيبًا ۝۱۸

إِلَى السَّمَاءِ مَنْقُطِرًا ۝۱۹ كَانَ وَعْدُهُ مَفْعُولًا ۝۲۰

إِنَّ هَذِهِ تَذَكُّرَةٌ ۝۲۱ فَمَنْ شَاءَ اتَّخَذْ إِلَى  
رَبِّهِ سَبِيلًا ۝۲۲

إِنَّ رَبَّكَ يَعْلَمُ أَنَّكَ تَقُومُ أَدْنَى مِنْ مُنْتَهَى

20. Aya eno ye yakyusa mu tteeka eryasoose mu Ssuula eno elyali lirigidde okusalanga ekitundu

oyimirira (ng'osaala emirundi egimu) ekiseera ekisemberera kumpi bibiri byakusatu mu kiro, oluusi ekimu ekyokubiri (n'olundi) ekimu ekyokusatu, n'ekibiina mw'abo abali naawe Ne Katonda yagera ekiro n'emisana (nga buli kimu kirina essawa zaakyo ze kimala). Yamanya nga temusobola kubibalarira (ebiseera byabyo mu butuufu bwabyo), n'olw'ekyo kati n'abasonyiwa (olw'okubasaasira n'abakendecerezaako). Bwe mutyo musomenga ekyo ekibanga kibanguyidde mu Kuraane (sso temwewaliriza ekiyitiridde). Katonda yamanya (okuva oluberyeberye) nti mulibeerangamu mu mmwe abalwadde nga n'abalala batambula mu nsi nga banoonya mu bigabwa bya Katonda, ate nga n'abalala ebiseera ebimu nga balwana mu kkubo lya Katonda. Kale olwekyo musomenga (ekigero) ekibanga kibanguyidde mu yo; era muyimirize ngawo esswala (nga muzisaalira mu biseera byazo era nga mutuukiriza obulombolombo bwazo) era muweeyo zakka; era muwolenga Katonda oluwola olulungi (ku lw'okuwaayo mu makubo amalungi okusukka ekyo ekyabalaalikwa nga munoonya okusiimwa Katonda kwokka sso ssi kunoonya byansi). N'ekyo kyonna kye mukulembeza ku lw'okugasa emyoyo gyammwe mu bulungi, ddala mulikisanga awali Katonda,—nga kyo kye kisinga obulungi era nga kye kisinga empeera ennene (okusinga ebyo bye mwaleka ku nsi). Mwegayirirenga Katonda abasonyiwe; kubanga mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi.

النَّيْلِ وَوَصَفَهُ وَثَلَّثَهُ وَطَأَّيْفَهُ مِّنَ  
 الَّذِينَ مَعَكَ وَاللَّهُ يَقْدِرُ النَّيْلَ وَ  
 النَّهَارُ عَلِمَ أَنْ لَنْ تُحْصَوْا فَنَأَبُوكُمُ  
 فَأَقْرَبُوا مَا تَيَسَّرَ مِنَ الْقُرْآنِ طَعِمَ أَنْ  
 سَيَكُونُ مِنْكُمْ مَرْضًى وَأَخْرَجَ يُصْرِفُونَ  
 فِي الْأَرْضِ لِيَبْغُوا مِنْ فَضْلِ اللَّهِ وَ  
 أَخْرَجُوا يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَاقْرَأُوا  
 مَا تَيَسَّرَ مِنْهُ وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ  
 وَأَقْرِضُوا اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا وَمَا تُقْرِضُوا  
 لِأَنْفُسِكُمْ مِنْ خَيْرٍ تَحْدِثُوهُ عِنْدَ اللَّهِ  
 هُوَ خَيْرٌ وَأَعْظَمُ أَجْرًا وَأَسْتَغْفِرُوا  
 اللَّهُ ط إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ٥٠

ekisinga obunene ku kiro; kati ne kisigala kuba nga *Sunna* okusaala ekiro ekigero omuntu ekiba kimwanguyidde.

## EBIFA KU SSUULA AL-MUDDATHI-THIR MU BUFUNZE (74)

Essuula eno yakkira Makka; eggya erinnya lyayo ku kigambo *al-muddath-thir* ekiri mu aya esooka. Aya zaayo Omusanvu ezisooka bwe bumu ku bubaka obuberyeberye mu kussibwa kwa Kuraane, nga bwe bwaddirira aya ettaano ezisooka ku Ssuula embereberye mu kussibwa kw'Essuula Al-Alak (96). Wabula nga wakati w'Obubaka bw'Essuula z'ombiriri waayitawo ebbanga ddene nga obwa Al-Muddath-thir tebunnassibwa, ekyo ne kyennyamizza ennyo Nabbi (s.a.w.). Oluvannyuma lwa byonna aya zino omusanvu bwe zassibwa, olwo Obubaka obwazzibwako ne bukkanga kumukumu nga tebulwawo.

Nga bwe kyogeddwa waggulu, Obubaka bwa Kuraane obwasooka ze aya ettaano eza Ssuula Al-Alaq, Nabbi mwe yalagirwa asome Obubaka ku Linnya Lya Katonda... Mu bubaka obwo teyalagibwa bunene bwa ddimu eryo eryali limulindiridde wabula ebbanga bwe lyayitawo Obubaka bw'Essuula eno ne bussibwa, yalagirwa asitukiremu atandike okubuulira eri abantu nga abatiisa ebiribaviira mu bikolwa byabwe eby'obwonoonyi, era mu aya 7 zino mwe yalagirwa yeetukuzenga olw'okubanga omulimu gw'Okutuusa Obubaka buno obugendererwamu okugoogola emyoyo gy'abantu gwali gwetaagisa buyonjo, era mu aya 7 alagirwa, ku lwa Mukama Katonda we agumiikirizenga mu nkonge zonna z'anaasanganga mu ddimu ly'okutuusa Obubaka.

Okuva olwo Nabbi (s.a.w.) yatandikirawo okubuuliranga Obubaka bw'ayigiriza Kuraane, ekyo ekyasasamaza ennyo abatuuze b'omu Makka. Nga waakayita emyezi mitono, ng'omuze gw'Abawarabu bwe gwali, abalamazi beekuulumulula okuva mu nsonda z'Abawarabu bagende bakole Hija e Makka. Olw'okubanga Obubaka Nabbi (s.a.w.) bwe yasomanga bwasonsomolanga ne bukeeyeekereza emyoyo gy'ababuulira era nga kyali kitiibwa nti bwandikyusa abalamazi ne bubuna Buwarabu, olw'amazima gaabwo n'entiisa—Abakungu mu Bakuraish baasalawo batandike okujeeja n'okuvvoola Nabbi (s.a.w.) mu balamazi. Nga bakubaganyizza ebirwoozo ne beesanga nga eky'okumuwaayira obulaguzi, obugwi bw'eddalu, omutontomi w'ebitontome... nga tehimugwanira; mu nkomerero bassa kimu kya kumuyita omulogo, alonkoma ebyo ebyabuluzi obufumbo, ennganda n'emikwano. Kyokka olukwe olwo bwe lwabunyisibwa tekyafunwa ekyalugendererwamu okuggyako okwongera okututumula erinnya lya Nabbi mu kibangirizi kya Buwarabu bwonna.

Abawakanya Amazima balabulwa mu aya 8-10, beerinde akabi ku Lunaku Lw'enkomerero akalibaviira mu bivve bye bakolera kuno ku nsi. Ate aya 11-26 zoogera ku kalibivve, Waliid mutabni wa al-Mughiira nga tayatuddwa linnya nga kitegezeebwa nga Katonda bwe yali amugabidde ebyengera ate ye n'asalawo okulwanyisa Amazima n'Enzikiriza entuufu. N'olwekyo byonna bye yakola mu kuwakanya Obubaka byanjibwa, ne kitegezeebwa nga ddala bwe yali akkiriza amazima ga Muhammad (s.a.w.) ne Kuraane wabula olw'obutaagala kufiirwa bwami bwe yalina n'obukungu mu bantu be, kwe kusalawo okulimbisa Mutume ne Kuraane—mu nkomerero ya byonna n'asalawo okuyita Kuraane eddoga. Awamu n'ebyonoono bye byonna ate n'aba nga akyegomba ayongezebwe ebyengera, sso nga awo yali amaze okukakaturwa okusoggeebwa omuliro. Bwo obubi bw'omuliro buttottolwa mu aya 27-48, era n'ebika by'abantu abaligwesogga.

Mu aya 49-53, ennono okusibuka okuwakanya kw'abatakkiriza eyatulwa nga kigambibwa nti olw'okuba batya Enkomerero, kye kibatwazisa obulamu bw'oku nsi okuba nga y'enkomerero ya byonna olwo ne basaatuuka nga beebalama Kuraane okugeza nga ensolo ez'omu nsiko ezidduka empologoma.

Essuula emaliriza ng'etegeeza nga Katonda bw'ateguya bukkiriza bwa muntu yenna,



oyo aba agugubidde ku bujeemu. Yo Kuraane yassibwa lwatu nga Kyakutiisa na Kulu-nngamya, kale oyo yenna aba ayagadde wa ddembe okugikkiriza n'alunngama. Ye Katonda ye Nnyini Buyinza, akakatirwa okugonderwa era Ye yekka y'asonyiwa oyo alongooka n'adda gy'Ali ssi nsonga k'abe nga olubereberye yali yebbisse mu lukunkumuli lw'ebivve.



### ESSUULA AL-MUDDATHHIR (74)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 56

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Owange ggwe ayeebikkiridde (amagoye)!

يَا أَيُّهَا الْمُدَّثِّرُ ﴿١﴾

2. Situka otiise (abantu ebibonerezo bya Katonda)!

قُمْ فَأَنْذِرْ ﴿٢﴾

3. Ne Mukama Katonda wo omugulumize (nga omwawula mu Bwaka-tonda Bwe).

وَرَبِّكَ فَكَبِّرْ ﴿٣﴾

4. N'engoye zo zitukuze!

وَشِيبَاكَ فَطَهِّرْ ﴿٤﴾

5. N'ebibi bisenguke (bireke bireme okukutuusa ku bibonerezo bya Katonda)!

وَالرُّجْزَ فَاهْجُرْ ﴿٥﴾

6. Wadde tokoleranga (abantu) obulungi ku lw'okusuubira okufuna ebingi (amagoba wano mu nsi)!

وَلَا تَمُنَّ بِتَسْكَرٍوَةٍ ﴿٦﴾

1. Mu Hadiith ya Nabbi (s.a.w.) emu cyaggibwa mu Bukhaari (Vol. 1) k.: Nabbi bwe yali ayogera ku kasirikiriro akaddawo wakati w'okufuna kwe obubaka obwasookera ddala obwa Ssuula Al-Alaq (96) n'obwaddirira obwa Ssuula Al-Qalam (68), ako akaaweza emyezi nga mukaaga, yagamba nti: (Lumu) bwe nali ntambula nawulira eddoboosi (erinkoowoola) okuva mu ggulu bwe ntyo ne nsitula amaaso gange, nngenda okulaba nga ye Malaika oli cyanzijira nga ndi (mu mpuku) ku Lusozi Hira, yali atudde ku Nnamulondo eri wakati w'eggulu n'ensi. Yanzijuzza okutya ne njugumira; naddayo eka bunnambiro ne nngamba Mukyala Khadija: "Mbikka engoye! Mbikka engoye!" Awo wennyini Katonda Omugulumivu, n'assa Obubaka: "Owange Ggwe eyeebikkiridde! Situka otiise"—okutuuka ku Kigambo Kye "n'ebibi bisenguke!" Okuva olwo, Obubaka bwajjanga mu bungi ate nga kumukumu, ebbanga nga teriyitawo ddene.

Ate mu ngeri endala kigambibwa nti mu Ssuula eno Nabbi mwe yalagibwa asitukiremu atandike okusasaanya obubaka mu bantu bonna era abuulirenga n'eddoboosi ery'omwanguka eri abantu. N'okutuusa kati yali akyabuulira mu kimpowooze mpolampola mu bantu be ab'omu maka ab'ennnganda ze n'emikwano nfiirabulago; era yalagirwa yeesambe ebyo byonna ebyobuwangwa n'ebiyobutamanya yecmalize Katonda. Yakubirizibwa agumiikirize obuzibu bwonna bw'anaasanga mu mulimu gw'okutuusa Obubaka. Mu ssuula y'emu mulimu okutiisa kw'Olunaku Lw'oluvannyuma n'ebizibu ebiriruberamu eri abo abatakkiriza ebyo Nabbi bye yali abuulira.

7. Ne ku lwa Mukama Katonda wo gumiikiriza (ku buli kyonna ckibanga kikutuuseeko)! وَلِرَبِّكَ فَاصْبِرْ ⑥
8. (Oluvannyuma) Enngombe bw'eriba nga efuuyiddwa, فَإِذَا نَعَرَ فِي النَّاقُورِ ⑧
9. Lwe luliba—Olunaku olwo—Olunaku Oluzito,— فَذَلِكَ يَوْمَ مِيزِ يَوْمَ عَسِيرٍ ⑨
10. Ku bagaana okukkiriza, ssi lwa kuba lwangu (era si ba kuwona bitiiso na bibonyobonyo byalwo). عَلَى الْكُفْرَيْنَ عَيْرِيسِيرٍ ⑩
11. (Katonda agamba Nabbi We nti): Ndeka Nze bw'omu n'oyo gwe Natonda Obwagere nga talina kintu kyonna (mmukoleko nga bwe nsiimye)!— ذُرِّي وَمَنْ خَلَقْتُ وَجِيدًا ⑪
12. Ne mmuwa emmaali entoko, وَجَعَلْتُ لَهُ مَالًا مَمْدُودًا ⑫
13. N'abaana abamwebunguludde (awo w'ali)! وَبَنِينَ شُهُودًا ⑬
14. Ne mutegekera olutegeka (ne mwanguyiza ebyenfuna ye). وَمَهْدَتْ لَهُ نَهْيِدًا ⑭
15. Nate era alulunkanira okweyongera (olw'omulugube gwe n'obutasiima);— ثُمَّ يَطْمَعُ أَنْ أَزِيدَ ⑮
16. Nedda tekiyinzika! Mazima ye yali muwakanya w'ebigambo Byaffe (Kuraane), omuwalaazi w'empaka. كَلَّا إِنَّهُ كَانَ لِآيَاتِنَا عَنِيدًا ⑯

8. Wano ekyogerwako ky'Ekisera Eky'enkomerero mu kiseera: Katonda bwaliragira Malaika okufuwa mu nngombe ku lw'Okuzuukira: Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: "Ngeri ki bwe ndyesiima nga ne Nnannyini kufuwa mu nngombe agitadde ku mumwa alindirira ekiragiro agifuuwe!"

11-23. Wano agendererwa mu aya zino y'oyo ayakijanya cnnyo Obusiraamu mu ntandikwa yaabwo, ayali ayitibwa Waliid mutabani wa Al-Mughiira, kojja wa Abu Jahali naye cyali omulabe wa Nabbi lukulwe. Abu Jahali erinnya lye lyennyini yali ayitibwa Aamir mutabani wa Hashim mutabani wa Al-Mughiira. Ennyumba yaabwe yonna yali ya bulabe obutagambika ku Basiraamu n'Obusiraamu mu ntandika y'Obubaka okusaasaanyizibwa Nabbi. Era beesala entotto mu ngeri yonna eyabasokera okubulemesa oba si ekyo okubusaanyaawo. Wabula ate oluvannyuma mu nnyumba cyo mwavaamu abasajja enkwatungabo enjasabbigu era abazira kkungwa abaalwanirira ennyo Obusiraamu gamba nga Khaalid mutabani wa Walid. Akrama mutabani wa Jahal n'abalala.

13. Anti mu buli kitundu kyonna omubeera naggagga teyekweka olw'okubanga cwawe kiba

17. (Ddaaki) Nngenda kumuwaliriza okulinyya olusozi oluzito (lw'okulinnya). سَأَرْهُقُهُ صَعُودًا ﴿١٦﴾
18. Kuba mazima Ye yalwoolereza n'ageraageranya (eky'okukola mu kuvvoola Kuraane)— إِنَّهُ فَكَّرَ وَقَدَّرَ ﴿١٨﴾
19. N'akolimirwa, engeri gye yageraageranyaamu (okujeeguula Kuraane)! فَقَتِلَ كَيْفَ قَدَّرَ ﴿١٩﴾
20. Era ddala akolimirwe! Engeri gye yatetenkanyaamu (mu kugityoboola)! ثُمَّ قُتِلَ كَيْفَ قَدَّرَ ﴿٢٠﴾
21. Bwe yamala n'atunuulira (abamwe-toolodde alabe oba baneekwanya n'endowooza ze enkyafu), ثُمَّ نَظَرَ ﴿٢١﴾
22. Oluvannyuma n'ajja emitaafu mu kyenyi ne yeeka baba (n'okwenyinyimbwa); ثُمَّ عَبَسَ وَبَسَرَ ﴿٢٢﴾
23. Bwe yamala n'akubayo amabega (ku Mazima) ne yeekuza; ثُمَّ أَدْبَرَ وَاسْتَكْبَرَ ﴿٢٣﴾
24. Olwo n'agamba (ng'awakanya Kuraane) nti: Mazima kino si kirala (Muhammadi ky'azze nakyo) wabula ddogo eryakoppwa ku (balogo nnakinku) abaasooka; فَقَالَ إِنَّ هَذَا إِلَهٌ سَحَرٌ لِّؤْتَمِرَ ﴿٢٤﴾
25. Teri eno (Kuraane) wabula kigambo kva muntu (sso si Katonda)! إِنَّ هَذَا إِلَّا قَوْلُ الْبَشَرِ ﴿٢٥﴾

nga kigo; Abakyaala aba na bangi nga n'abaana luyeye. Buli kumpi w'odda osanga baana be. Ng'ogasse ku bugagga bwe, abaana be baba nga eggye erimukuuma.

17. "Agazibu ageetuumye" kitegeeza ebizibu ebya buli kika, ebyeyongera obweyongezi. Kyo mu makulu ag'ennono ekigambo *Swa'uid* kitegeeza ekkubo eririnnya olusozi; oba ekkubo eryambuka olusozi ezibu okulinyya; oba ekifo ekizibu okulinyya. Ate erinnya Al-Swa'uudi lya lusozi olumu oluli mu muliro, lwonna olwengeredde omuliro, olwo omuntu atakkiriza lw'aliwalampa okumala emyaka emizingu nsanvu, ate oluvannyuma alyoke yeewanule eyo ku ntikko yaalwo alyoke yeerindiggule wansi. Era nga ekyo ajja kukiddinngana lubeerera awatali kukoma.

25. Nga bwe kyannyonnyoddwa ku aya 11, oyo azze ayogerwako ye musajja eyali ayitibwa Walid mutabni wa Al-Mughira.

Omusajja oyo yagenda eri Nabbi (s.a.w.) Nabbi (s.a.w.) n'amusomera Kuraane n'aba ng'amatidde. Ebigambo bwe bituuka ewa Abu Jahal eyali omukafiiri omwatiikirivu era omulabe wa Nabbi lukulwe yasitukiramu n'agenda ewa Walid n'amugamba nti: Abantu b'ekibiina kyo

26. Nngenda kumusogga mu muliro Sakara. (ogwokya okukamala)! سَأُصَلِّيهِ سَقَرًا ٢٦
27. Kiki ekinaakumanyisa, kye ki Sakara? وَمَا أَدْرَاكَ مَا سَقَرٌ ٢٧
28. Tegulekaawo (nnyama etayokyeddwa), era tegulekaawo (n'omu aguwone nga tayokeddwa)! لَا تَتَّبِعِي وَلَا تَتَذَرِي ٢٨
29. Gusiiriiza eddiba! لَوَاحِيَةً لِلْبَشِيرِ ٢٩
30. Guliko (bamalaika abakuumi) kkumi na mwenda. عَلَيْهَا تِسْعَةَ عَشَرَ ٣٠
31. Tetwateekawo bannannyini kukuuma muliro (ogwo) wabula nga bamalaika, era tetwafuula omuwendo gwabwe (ogwo ogw'okuba ekkumi n'omwenda) wabula kigezo kw'abo abaagaana okukkiriza; balyoke bakakase abo Abaaweebwa Ekitabo (Tauraati n'Enjili nti ebyo Kuraane by'egamba bya mazima), era balyoke beeyongere obukkiriza abo abakkiriza; era baleme okubusabuusa abo Abaaweebwa Ekitabo n'abakkiriza; era balyoke bagambe abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'abaagaana okukkiriza nti: Kiki Katonda kye yagenderera (yayagala) mu
- وَمَا جَعَلْنَا النَّارَ إِلَّا مَلَكًا م  
وَمَا جَعَلْنَا عَذَابَ النَّارِ إِلَّا لِلَّذِينَ  
كَفَرُوا لِيَتَّبِعُونَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ وَزَادَ  
الَّذِينَ آمَنُوا إِيمَانًا وَلَا يَرْتَابَ الَّذِينَ أُوتُوا  
الْكِتَابَ وَالْمُؤْمِنُونَ وَلِيَقُولَ الَّذِينَ فِي  
الْأُذُنِ مَقْرُصٌ وَالْكَافِرُونَ مَا كُنَّا إِلَّا اللَّهُ هَذَا  
مَثَلًا لِمَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنْ شَاءَ وَ  
يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ وَمَا يَعْلَمُ جُنُودَ رَبِّكَ

baagala kukukunngaanyiza mmaali (bagikuwe). Walidi n'amubuuza nti: Lwaki? Abu Jahal n'amugamba nti: (Kubanga) wagenze eri Muhammadi ng'oscmba cbyo by'agamba. Walidi n'amuddamu n'amugamba nti: Mazima Abakuraish bonna bamanyi nti nze mbasinza emmaali (ate olwo bampa eyaabwe lwaki)? Abu Jahali kwe kumugamba nti: Kale yogerayo ekigambo ekiraga nti Muhammadi tomwagala. Walidi n'agamba: Kiki kye mba nngamba? Ndayira Katonda! tewali mu mmwe muntu n'omu ansinga kumanya mitindo gya kuyimba, kyokka ebigambo bya Muhammadi tebifaananako na nnyimba. Mazima ebigambo bye biwoomerevu era bijja kumenyawo byonna ebyo ebiri wansi waabyo era ajja kuwanguka taja kuwangukwa. Abu Jahal n'amugamba nti: Abantu b'ekibiina kyo tebajja kusanyuka wabula nga olina ky'omwogeddeko (ekibi). N'amuddamu nti: Ndeka mmale okulowooza; bwe yamala okulowooza n'agamba nti: Mazima teri Kuraane wabula ddogo erya-gibwa ku baasooka!

Awo Katonda n'assa ekitundu kino okuviira ddala ku aya II okutuusa ku 30.

kifaananyi kino? Bwe kityo Katonda bw'abuza oyo gw'aba ayagadde (okubuza) era n'alunngamya oyo gw'aba ayagadde (okulunngamya). Tewali amanyi ggye lya Mukama wo wabula Ye. Tekiri ekyo (eky'okwogera ku muliro Sakara n'ebigufaako) wabula kya kubuulira eri omuntu.

32. Nedda (si bwe kiri)! Ndayidde Omwezi;
33. Ndayidde n'Ekiro bwe kiba nga kiggwaako , (mmambya w'esalira),
34. Ndayidde n'Obudde Obwenkya bwe buba nga busaasaanye (butangaala kyokka ng'enjuba tennayaka),—
35. Mazima gwo (omuliro *Sakara*) kye kimu ku binene.
36. Kyakutiisa eri omuntu—
37. Eri omuntu ayagala okukulemba mu mmwe (mu kukola obulungi) oba okusigala emabega.
38. Buli mwoyo guliba musingo gw'ekyo kye gwakola.
39. Okuggyako abo bannannyini kuba ku ludda olwa ddyo (abalongoofu),
40. (Abo) balibeera mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) nga beebuuzaganya,
41. Ebifa ku bonoonyi:
42. (Nga babagamba nti): Kiki ekya-bayingiza omuliro *Sakara*?
43. (Baliddamu) ne bagamba nti: Tetwalinga ba mu basaala;

إِلَهُهُ وَمَا هِيَ إِلَّا ذِكْرَى لِلْبَشَرِ ﴿٦٨﴾

كَلَّا وَالْقَمَرِ ﴿٦٩﴾

وَالْيَلِ إِذْ أَدْبَرَ ﴿٧٠﴾

وَالضُّبْحِ إِذَا اسْفَر ﴿٧١﴾

إِنَّهَا لِأَحَدَى الْكُتُبِ ﴿٧٢﴾

ذِكْرَى لِلْبَشَرِ ﴿٧٣﴾

لَمَنْ شَاءَ مِنْكُمْ أَنْ يَتَّقَهُمْ أَوْ يُتَّقَ الْغُرَابُ ﴿٧٤﴾

كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ رَهِينَةٌ ﴿٧٥﴾

إِلَّا أَصْحَابَ الْيَمِينِ ﴿٧٦﴾

فِي جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ ﴿٧٧﴾

عَنِ الْمَجْرِيْنَ ﴿٧٨﴾

مَا سَأَلْتُمْ فِي سَفَرٍ ﴿٧٩﴾

فَأُولَئِكَ مِنَ الْمَصْلُومِينَ ﴿٨٠﴾

عَنْ عَبْدِ السَّمْرِ مِثْلَهُ

38. Ku nkomerero buli muntu agenda kuvunaanibwa ekibi ekyo kye yakola.

44. Era tetwalinga baliisa banaku; وَلَمْ نَكُ نَطْعُمُ الْمُسْكِينِ ﴿٩٥﴾
45. Wabula twalinga twenyigira mu bigambo ebitali bituufu awamu n'abo abaabyenyigirangamu; وَلَكِنَّا نَحْوُصُّ مَعَ الْحَاطِيَيْنِ ﴿٩٦﴾
46. Era twali tulimbisa (okubaawo) kw'Olunaku Lw'okusasulwa, وَلَكِنَّا كَذِبٌ بِيَوْمِ الدِّينِ ﴿٩٧﴾
47. Okutuusa Ekikakafu lwe kyatujjira (Essaawa y'okufa ne tufa). حَقِّقْنَا أَنفُسَ الْبَاقِيْنَ ﴿٩٨﴾
48. Kale (bwe kityo) tekulibagasa okuwolereza kw'abawolereza (bonna). فَمَا تَنْفَعُهُمْ شَفَاعَةُ الشَّافِعِينَ ﴿٩٩﴾
49. Olwo babadde ki bo okuba nga baawukana ku kubuulirira (kwa Kuraane kuno)?— فَمَا لَهُمْ عَنِ التَّذْكَرَةِ مُعْرِضِينَ ﴿١٠٠﴾
50. Ne babanga entulege ezigobeddwa, (eziri ku misinde egya kaasammeeme). كَأَلْهَمَ حَمْرٌ مُسْتَنْفِرَةٌ ﴿١٠١﴾
51. Ezidduka empologoma! فَرَّتْ مِنْ قَسْوَةٍ ﴿١٠٢﴾
52. Nedda, wabula (ekibagaana okukkiriza lwa kubanga) buli muntu mu bo ayagala aweebwe ekitabona ekinnyonyofu (okuva eri Katonda bulambalamba ekikakasa amazima ga Nabbi mbu olwo lw'anakkiriza)! بَلْ يُرِيدُ كُلُّ امْرِئٍ مِنْهُمْ أَنْ يُؤْتَى صُحُفًا مُنشَرَةً ﴿١٠٣﴾
53. Nedda (si ky'ekyo kyokka), wabula bo tebatya Nkomerero. كَلَّا بَلْ لَأَيَّخَافُونَ الْآخِرَةَ ﴿١٠٤﴾
54. Nedda! Mazima yo Kuraane Kya-kubuulirira: كَلَّا إِنَّهُ تَذَكُّرَةٌ ﴿١٠٥﴾
55. Kale oyo (yenna) aba ayagadde (okulabuka n'okwebuulirira nayo), yejjukanye nayo! فَمَنْ شَاءَ ذَكَّرْهُ ﴿١٠٦﴾

52. Soma aya 93, Essuula Al-Israa'i (17): Buli omu mu bakafiiri b'omu Makka yayagala Katonda amuweereze ekiwandiiko ekikakasa nga Muhammadi bw'ali omubaka wa Katonda.

54. Yo Kurane yeemalirira ku bwayo okumatiza oyo yenna ayandibaddemu akakunkuna akagamba nti Yo si Bigambo bya Katonda era nti ne Muhammadi si mubaka wa Katonda kubanga by'abuulira bya njawulo nnyo ku kuba nga bigambo bya muntu. Era erabula n'etiisa ebibonyonyo ebikakali eri oyo yenna ayectantala okujeemera Katonda.

56. Tebayinza kujjukira (na kwejjukanya nakyo) wabula nga Katonda ayagadde: Ye ye Nnannyini Kutiibwa, era ye Nnannyini Kusonyiwa.

وَمَا يَذْكُرُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ  
 هُوَ أَهْلُ التَّقْوَىٰ وَأَهْلُ الْمَغْفِرَةِ



## EBIFA KU SSUULA AL-KIYAAMA MU BUFUNZE (75)

Eno nayo y'emu ku Ssuula ezakkira e Makka mu myaka emibereberye ng'Obubaka kyebuje butandike okussibwa. Eytibwa Al-Kiyaama (Olunaku Lw'okuzuukira) okusi-nziira ku kigambo ekyo mu aya esooka. Essuula eno yeyawulidde kwogera bifa ku Kuzuukira. We yakkira, Nabbi (s.a.w.) yali tannamanyiira bulungi kufuna Bubaka mu kimpowooze (mu bukkakkamu) nga kino kyolesebwa aya 16-19, mw'agambirwa nti "Teyeetawaanya kunyeenya lulimu lwe (alyoke) ajjukire ebyo ebimusomerwa (bw'aba nga Malaika akyamusomera Obubaka). Kubanga buvunaanyizibwa bwa Katonda ne Malaika Jibriilu okugimumanyisa ku mwoyo n'okugimusomesa, n'olw'ekyo atekwa alindirirenga awulirize n'obwegendereza nga Malaika akyamusomera Obubaka, oluvannyuma nno naye Nabbi atandike okubuddamu. Era kiddinnganwa nti kuli ku Katonda okuginnyonyola amakulu gaayo." Nabbi (s.a.w.) okugambirwa bw'aty'o kwasookera mu Ssuula Twaha (20), aya 114; era ne mu Ssuula Al-Aalaa, aya 6 mw'agambirwa nti "Tujja kukusomesa Kuraane, era tojja kugyerabira (kwerabira bikusomesebwa). Oluvannyuma Nabbi (s.a.w.) bwe yamanyiira okufuna Obubaka teyaddibwamu kugambirwa atyo.

Essuula nayo okufaananako n'endala zonna ezakkira e Makka esinga kwogera ku bikolo bya Nzikiriza y'Obusiraamu n'amakubo g'obusaamu abakkiriza ge bateekwa okwenywereza. Ebyo byonna abo abaawakanyanga Enkomerero bye beekwasanga nga balimbisa Obubaka biddibwamu mu ngeri ematiza, ekakasa obwetaavu bw'okubaawo Okuzuukira n'Olunaku Lw'enkomerero. Era kyanguzibwa nti ekirobera abatakkiriza okukkiriza okubaayo Obulamu Bw'oluvannyuma si kirala okuggyako lwa kwagala kugoberera kwagala kwabwe. Wabula bakakasibwa nti eky'Okuzuukira ekyo kye bawakanya ddala kya kubaawo, Olunaku olwo ebikolwa byabwe kwe biryanjulirwa—bonna abajeemu balyoke bawerekerezebwe mu Muliro.



## ESSUULA AL-KIYAAMA (75)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 40

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayira nga nkakasa Olunaku  
Lw'okuzuukira;

لَا أُقْسِمُ بِيَوْمِ الْقِيَامَةِ ۝١

2. Era Ndayira omwoyo ogwenenya  
(bwe gukola ebibi, ne gusaba Katonda  
agusonyiwe, ne gunyiikira gukole  
ebirungi nga gunoonya okusiima Kwe);

وَلَا أُقْسِمُ بِالنَّفْسِ اللَّوَّامَةِ ۝٢

3. Abaffe omuntu alowooza nti tetuli-  
sobola kukunngaanya (na kuyu-  
ngayunga) magumba ge (ne tumu-  
zzaawo nga bwe yali)?

أَيَحْسَبُ الْإِنْسَانُ أَنْ نَجْمَعَهُ عِظَامَهُ ۝٣

4. Nedda, wabula tulisobola (wadde)  
n'okwenkanyankanya amagumba  
g'ennwe ze (bwe tulimuzuukiza omu-  
lundi ogwokubiri);

بَلَى قَادِرِينَ عَلَى أَنْ نَسُوِيَ بَنَاتَهُ ۝٤

5. Wabula omuntu ayagala asigale nga  
ayonoona mu bbanga lye (lyonna)  
ery'omu maaso (okutuusa ku nko-  
merero y'obulamu bwe)

بَلَى يُرِيدُ الْإِنْسَانُ لِيَفْجُرَ أَمَامَهُ ۝٥

6. Abuuzza (mu kuwakanya n'okuta-  
nkana) nti: Ddi lwe lulituuka Olu-  
naku Lw'okuzuukira?

يَسْأَلُ أَيَّانَ يَوْمِ الْقِيَامَةِ ۝٦

7. (Oyo atankana amanye nti lulibaawo  
Olunaku) okulaba lwe kuliba okw'e-  
kibilulu (nga kufumye olw'entiisa)

فَإِذَا بَرِقَ الْبَصَرُ ۝٧

8. N'omwezi ne gukwatwa ekizikiza

وَحَسَفَ الْقَمَرُ ۝٨

5. Omuntu yenna omwonoonyi, oyo atakkiriza nti waliyo okubitebya nate nga Okuzuukira kutuuse, muli ye tayagala wabeewo kyonna kimukuba ku mukono wabula ayagala amale obulamu bwe bwonna nga ayonoona bwonoonyi na kukola bive ebyo byonna ye by'alaba nga bimusanyusa.

9. Enjuba n'egattibwa n'omwezi (byombi ne biggibwako ekitangaala kyabyo),—  
وَجُمِعَ الشَّمْسُ وَالْقَمَرُ ﴿٩﴾
10. Omuntu aliwanjaga ku Lunaku olwo nti: Obuddukiro buluwa?  
يَقُولُ الْإِنْسَانُ يَوْمَئِذٍ أَيْنَ الْمَفْرُوءُ ﴿١٠﴾
11. (Aligambibwa): Kikafuuwe! Tolina buddo (yonna gy'onoddukira)!  
كَلَّا لَا وَزَرَ ﴿١١﴾
12. Eri Mukama wo yekka mu Lunaku olwo y'eri obutebenkero wokka.  
إِلَىٰ رَبِّكَ يَوْمَئِذٍ الْمُسْتَقَرُّ ﴿١٢﴾
13. Alitegeezebwa omuntu mu Lunaku olwo egyo emirimu gye yakulembeza ne gye yalindiriza (gye yasooka n'e-gy'oluvannyuma emikadde n'emipya).  
يَتَّبِعُوا الْإِنْسَانَ يَوْمَئِذٍ يَمَادًا مَّرًّا وَآخَرًا ﴿١٣﴾
14. Wabula omuntu yeejulirako yekka ku mwoyo gwe—(olw'okuba ategeera aliba amanyi ebyo bye yakola),  
بَلِ الْإِنْسَانُ عَلَىٰ نَفْسِهِ بَصِيرَةٌ ﴿١٤﴾
15. Newankubadde aliteekawo okwekangabiriza n'okwctonda.  
وَلَوْ أَلْقَىٰ مَعَاذِيرَهُ ﴿١٥﴾
16. Tonyeenyanga lulimi lwo (Owange Nabbi!) ku lwa Kuraane olyoke oyanguyirize (okugisoma) yo (mu kiseera ng'Obubaka bukyakka).  
لَا تَحْزَنْكَ بِهِ لِسَانَكَ لِتَعْجَلَ بِهِ ﴿١٦﴾
17. Mazima kuli gye Tuli okugikunngaanya mu kifuba kyo (n'otogyerabira) n'okugisoma (nga tukusomesa ensoma yaayo entuufu):  
إِنَّ عَلَيْنَا جَمْعَهُ وَقُرْآنَهُ ﴿١٧﴾
18. Bwe tuba nga tugikusomera (Malaika Waffe agikusomera) ggwe gobereranga (n'obwegenderiza awatali kuddamu) okusoma kwe:  
فَإِذَا قَرَأَهُ فَأَنبَأْنَاهُ قُرْآنَهُ ﴿١٨﴾
19. Oluvannyuma kuli gye Tuli okuginnyonyola (abantu, ng'eyitira ku lulimi lwo).  
تَعْرِفُ إِنَّ عَلَيْنَا بَيَانَهُ ﴿١٩﴾

16. Mu aya eno Katonda yayigiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) engeri gy'angatwalangamu obubaka nga abuggye ku Malaika Jibriilu. Nabbi (s.a.w.) yalinga ayanguyiriza okusoma nga eno Malaika bw'amutegeza Obubaka ku lw'okutya okwerabira ebimugambiddwa Jibriilu. Katonda n'assa aya eno nga amulagira asookenga awulirezenga buwuliriza, olwo nno Malaika bw'asirisanga by'amuleetedde olwo n'alyoka atandika naye okusoma.

20. Nedda, wabula mwagala byakufuna bya nsi (ebyekiseera).  
 21. Ne muleka (okukolerera) Enkomerero.  
 22. Ebyenyi (by'abalongoofu) mu Lunaku olwo bigenda kuba nga bitangalijja;—  
 23. Nga bitunuulira eri Mukama waabyo:  
 24. N'ebenyi ebirala (eby'abonoonyi) mu Lunaku olwo biriba nga byekabye (bijjudde emitaafu).  
 25. Nga bakakasa (nti banaatera) oku-gwibwako akabi akanene akakutula enkizi.  
 26. Nedda (aliba takyalimbisa) bwe guliba omwoyo nga gutuuse mu masaabiro:  
 27. Ne wagambibwa nti: Ani omusawo (omuganga) anaamuvumula?  
 28. Ye (kennyini aba afa awo) n'akakasa nti mazima kino (ekiseera ky'alimu kwe kwawukana kwe n'ensi);  
 29. Entumbwe ne yeegatta ku ntumbwe endala:

كَلَّا بَلْ تُحِبُّونَ الْعَاجِلَةَ ٧٥

وَتَذَرُونَ الْآخِرَةَ ٧٦

وَجُودًا يُؤْمِنُ بِآخِرَتِهَا ٧٧

إِلَىٰ رَبِّهَا نَاظِرَةٌ ٧٨

وَوَجُودًا يُؤْمِنُ بِآبَائِهَا ٧٩

تَنْظُرُ أَنْ يُفْعَلَ بِهَا تَأْوِيلُهَا ٨٠

كَلَّا إِذَا بَلَغَتِ الْمُرَاتِي ٨١

وَقِيلَ مَنْ مَّرَاتِي ٨٢

وَوَطَّنَ أَتَاهُ الْفُرَاتِي ٨٣

وَأَلْتَقَّتِ السَّائِي بِالسَّائِي ٨٤

20. Omuntu mu butonde bwe mwanguyiriza ayagala nnyo ebintu eby'obuliwo eby'oku nsi kuno sso nga bya kuggwaawo. Kale olw'okwagala ennyo obulamu bw'ensi n'ebiyokufuna byayo; ekyo kibatuusa ku kulimbisa Okuzuukira n'okwawukana ku mateeka ga Katonda. Era abamu wadde ne bwe bakkiriza nti akwo Okuzuukira kikakafu kwa kubaayo, naye olw'okwagala ennyo obulamu bw'ensi n'ebiyokufuna byayo; ekyo kibatuusa ku kulimbisa Okuzuukira kikakafu kwa kubaayo naye olw'okwetawaanya ennyo n'okugujubanira eby'ensi, beerabira okukolera Obulamu Obw'oluvannyuma.

23. Ku Lunaku Lw'okuzuukira abakkiriza abo abatya Katonda baliba bamegeredde nga bonna babugaanye essanyu. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti: 'Ddala mmwe mugenda kulaba Katonda wammwe awatali kufundagana'.

25. Abo abajeemu abagaana okukiriza, balibeera mu bweraliikirivu nga bajjudde emitaafu mu maaso, olwo nno nga bamaze okukakasiza ddala nga bwe bazikiridde.

27. Olwo abebunguludde omuntu aba afa oba abadde mulwadde, abo ababadde bamujanjaba be boogera batyo.

29. Oba mu ngeri endala kiyinza okutegeeza nti Obulumi ne bweyongera ku bulumi oba ekibi okweyongera ku kibi.

30. Eri Mukama wo mu Lunaku olwo y'eri okuzzibwa (okutwalibwa yiriyiri)! يٰٓعِزُّ اِلٰى رَبِّكَ يَوْمَئِذٍ الْمَسٰقِيٓ ۝٣٠
31. (Omwonoonyi oyo) teyakkiriza (mubaka wadde ebyo bye yaleeta) era teyasaala!— فَلَا صَدَقَ وَلَا وٰصَلٰ ۝٣١
32. Okuggyako yalimbisa (Obubaka n'omubaka) bw'atyo n'ayawukana (ku Mazima). وَلٰكِنْ كَذَّبَ وَتَوٰلٰ ۝٣٢
33. N'ekyaddirira n'agenda eri ab'omu maka ge nga yeekandagga (olw'o-lunkulu n'okwemanya)! ثُمَّ دَهَبَ اِلٰى اٰهْلِهِۦ يَكْمِطِي ۝٣٣
34. (Aligambibwa): Ekyo kye kikusaanira (Owange ggwe kalibwonoonyi!); ekyo kye kikusaanira! اَوَّلٰى لَكَ فَاَوَّلٰى ۝٣٤
35. Era ddala ekyo kye kikusaanira, era kye kikusaanira! ثُمَّ اَوَّلٰى لَكَ فَاَوَّلٰى ۝٣٥
36. Abaffe omuntu alowooza nti wa kulekebwa nga alagajjaliddwa (akole nga bw'ayagala awatali n'amukuba ku mukono)? اَيَحْسَبُ الْاِنْسَانُ اَنْ يُتْرَكَ سُدًى ۝٣٦
37. Abaffe, teyali ttonde lya mazzi agazaala agafukwa (mu nnabaana)? اَلَمْ يَكْ نُطْفَعًا مِّنْ مَّرْمِيٍّ يُمْنٰ ۝٣٧
38. Oluvannyuma n'aba ekisaayisaayi; (n'ekyaddako Katonda) n'amutonda (n'aba omuntu) n'amwenkanyankanya? ثُمَّ كَانَ عَاقِبَةُ فَحَاقٍ نَّسُوٰ ۝٣٨

35. Awo agambibwa oyo ayebbisse mu bivve n'ebyonoono n'alimbisa Nabbi nalyoka atambula nga yeekandagga n'okwekaajanga nga yeeraga awamu n'okuba nga awakanyizza Katonda eyamutonda: Agambibwa nti: "Bw'otyo bw'osaanidde okukola." Ekyo kimugambibwa lwa kumukudaa-lira kitaawe, okuba nga asanyuka awamu n'okuba nga azikiridde olw'okugaana okukkiriza.

36. Nedda si bwe kiri! Wabula omuntu atekwa okulagibwa ekkubo ettuufu n'okulagirwa eky'okukola era atekwa okugaanibwa ebitasaana n'okukomebwako aleme kuyitiriza wadde mu birungi ku Nkomerero, oluvannyuma lw'okufa agenda kuzuukizibwa abuzibwe kw'ebyo bye yakola nga akyali ku nsi.

37. Soma aya 5, Essuula Al-Hajji (22). Amazzi agazaala kintu ekyo wansi ennyo ekinyoomwa. Kale oba omuntu naye akimanyi bulungi nga yasibuka mu kintu ekinyoomwa bwe kityo, olwo yeekuluntaliza ki ku oyo cyamutonda n'ajecmera Obubaka Bwe n'Ababaka Be?

39. N'amufuula emitindo ebiri, omusajja n'omukazi.

فَجَعَلَ مِنْهُ التَّوَجِّهِينَ الذِّكْرَ وَالْأُنثَى ﴿٣٩﴾

40. Abaffe, tali Oyo (eyakola atyo) ayinza ku Kuzuukiza abafu?

يَعْلَمُ الْكَيْسَ ذَلِكَ يَقْدِرُ عَلَى أَنْ يُسْحِيَ الْمَوْتَى ﴿٤٠﴾

## EBIFA KU SSUULA AD-DAHR (AL-INSAAAN) MU BUFUNZE (76)

Nayo y'emu ku Ssuula ezakkira e Makka. Eyitibwa Ad-Dahr oba Al-Insaan okusi-nziira ku bigambo ebyo byombiriri ebisangibwa mu aya esooka.


Ekgendererwa ky'Essuula eno kwe kutegeereza ddala omuntu ekifo kye kyennyini ky'aliko mu nsi era n'okumugamba singa ategeera n'amatira ekifo kye obutuufu n'asiima wa kuganyulwa mu bulamu bw'ensi ne ku Nkomerero, ate bw'atasiima n'akwata ekukubo ery'obubuze, kakumujuutuka ku Nkomerero wadde ne mu nsi eno. Essuula ejjukiza abantu bonna nti mu ntandikwa omuntu teyali kintu kyonna, ekyarddako n'aba ekintu ekinyoomebwa olw'okukolebwa mu mazzi agazaala ag'omusajja n'akasirikitu k'eggi ly'omukazi. Bwe yavaawo n'agenda nga ayisibwa mu mitendera egitali gimu n'ekyako-mererayo n'awumbwa mu kikula ekisingayo obulungi mu bitonde byonna. Olwo n'alabulwa nti yatondebwa atyo alyoke agezesebwe mu nsi muno—y'ensonga lwaki yaweebwa Amagezi n'okutegeera, n'alagibwa amakubo gombiriri: ery'okwebaza n'ery'obuteebaza. Ekyo nga kinoonyezebwamu okulaba obanga omuntu yeebaza n'agondera Katonda kuno ku nsi oba teyeebaza n'ajeemera Katonda. Era kikakasibwa nti ba kugwa ku nkomerero embi abo abanaawa mu kigezo ekyo ku nsi nga tebakkiriza.

Era Essuula ennyonyola ebirungi ebyo bye balifuna abo abagondera Katonda mu ngeri entuufu kuno ku nsi. Essuula egenda etobeka Obubaka obwoleka empisa n'ebikolwa ebituufu eby'obusaamu era ebisiimibwa Katonda eby'obulongoofu mu Ddiini y'Obusiraamu. Ate era eyoleka n'ebikolwa ebivve, ebitali bya nsa ebyo Obusiraamu bye bulafuubanira okumalawo mu bantu. Ebitone ebyo eby'obuntubulamu n'obulongoofu, n'ebye'ebivve ebिताsaana byogerwako nga biwa ekitangaala ku mpeera zaabyo bannyini-byo ze balibaamu mu Bulamu Obw'oluvannyuma, obwo obw'olubeerera.

Ng'ebyo biwedde Nabbi Ow'ekitiibwa (s.a.w.) agambibwa ebikulu bisatu nti: Kikakafu Katonda yamussiza Kuraane empolampola, nga ky'akiruubiriramu kwe kulaga abatakkiriza sso si Nabbi nti Kuraane si Muhammadi y'agigunzeewo wabula Katonda Oyo Kagissa era nti kiri mu kumanya kwa Katonda yekka obwaga nga essibwa etyo mu bitundutundu. Ekyokubiri Nabbi (s.a.w.) agambibwa ssi nsonga ka wayite bbanga ki ng'Okusalawo kwa Katonda (okw'okuvumbagira abonoonyi ataase Nabbi We) nga tekunnatuuka era Nabbi k'atuusibweko buzibu ki talekulira na lumu ogwo ogwamutumibwa, ogw'okutuusa Obubaka n'obugumiikiriza era tatendewalirwa n'awanikira abatakkiriza. Ekyokusatu era akuutirwa ajjukirenga Katonda ekiri n'emisana, asaalenga era amusinzenza ebbanga eriwera mu kiro kubanga okukola atyo kye kigumya abo abayita abantu okweyunira Katonda nga babadde boolekaganye n'obutakkiriza n'obwononyo.

Essuula etangaaza nti ekirobedde abantu obutakkiriza lwa kwerabira Nkomerero ne bagujuubanira obulamu bw'oku nsi n'ebiyayo. Wabula bajjukizibwa nti si be beetonda mu bikula bye baliko era si be beereta mu nsi olw'okwagala kwabwe okuggyako Katonda. Kale ng'ayagadde abafunyafunya n'abazikiriza, mu kifo kyabwe n'azaaawo abalala abatali bo. Muyinza ku kubatta abo abajecmu ate n'abaza bupya mu ngeri yonna gy'aba asiimye.

Essuula emaliriza nga egamba nga Kuraane bw'eri Etiisa era Erabula—kale oyo yenna aba ayagadde agyezza n'alunngama ku Kkubo lya Katonda. Wabula omuntu talina kyonna ky'ayagala ne yeasalirawo nga Katonda tayagadde. Ayawula n'ateeka mu Kusaa-sira Kwe abo abalongoofu abakusaanira; ate bo abonoonyi yabatekeratekera ebibonerezo ebikakali.



## ESSUULA AD-DAHRA (AL-INSAAN) (76)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 31

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

1. Ddala tekwayita ku muntu ebbanga ppanvu mu kiseera lw'ataali kintu kyogerwako (bwe yali tannatondebwawo mu nsi)?

2. Mazima Ffe twatonda omuntu mu mazzi agazaala (amani) amatabule (mu mazzi g'omusajja n'omukazi), (okwagala) okumugezesa: ne tumu-fuula awulira era alaba.

3. Ddala Ffe twamulungamya (ne tumulaga) ekkubo (eggolokofu): (kati kiri gy'ali) oba yeebaza (n'akkiriza Obulunngamu) oba agaana (okukkiriza):

4. Mazima Ffe twateckerateekera abakafiiri enjegere n'ebikoligo n'omuliro ogutuntumuka.

5. Mazima (bo) abalongoofu balinywa ku jjiraasi (z'omubisi) ogwatabulwa ne *Kaafuuru*,—

6. (Omubisi gw'omu jjiraasi ezo guva mu) nsulo ze balinywamu abaddu ba Katonda, ziribakulukusizibwa olukulukusa (nga zituuka wonna we bazaagala).

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ

هَلْ اُنۡیَ عَلٰی الْاِنۡسَانَ حِدۡیۡنٌ مِّنَ الدَّهۡرِ  
لَمۡ یَكُنۡ شَیۡئًا مَّذۡمُوۡرًا ۝۱

اِنَّا خَلَقْنَا الْاِنۡسَانَ مِّنۡ نُّطۡقٍ اَمۡسِیۡطٍ  
تَّبۡتَلِیۡهِۗ وَجَعَلْنَاهُ سَمِیۡعًا بَصِیۡرًا ۝۲

اِنَّا هَدٰیۡنُهُ السَّبِیۡلَ اِمَّا سَاكِرًا وَاِمَّا  
كُفُوۡرًا ۝۳

اِنَّا اَعۡتَدْنَا لِّلۡكٰفِرِیۡنَ سَلٰیۡلًا وَاَعۡلَآءًا  
وَسَجِیۡرًا ۝۴

اِنَّ اَلۡاَبۡرَارَ یُشۡرَبُوۡنَ مِمَّنۡ كَانَسَ كَانٌ  
وَمِمَّا جِہَا كَاۡفُوۡرًا ۝۵

عِیۡنًا یَّشۡرَبُ بِہَا عِبَادُ اللّٰهِ یُفَجِّرُوۡنَهَا  
تَفۡجِیۡرًا ۝۶

1. Mu aya eno Katonda annyonyola nga omuntu bwe yatwala ebbanga ddene nga kintu ekitayogerwako kubanga yali tannatondebwawo mu nsi. Kale olw'okubanga yali taliiko ku nsi, twaali kyonna kimumanyiddwako mbu alyoke ayogerwako.



7. (Be bantu abo ku nsi kuno) abatuukiriza obweyamu (bwabwe n'obuvunaanyizibwa) era nga batya Olunaku olwali (okuviira ddala lwe lwagerwa) nga obubi bwalwo nga buyitirivu.
8. Ne baliisa emmere ku lw'okwagala kwa Katonda, omunaku ne mulekwa n'omuwambe,—
9. (Muli mu myoyo gyabwe nga bagamba): Mazima tubaliisa ku lwa kufuna mpeera za Katonda (zokka): so tetwagala kuva gye muli mpeera yonna oba okwebazibwa.
10. Mazima ffe tutya okuva eri Mukama waffe Olunaku emitaafu lwe giryetuuma (mu byenyi).
11. N'olwekyo Katonda kwe kubawonya obubi bw'Olunaku olwo, n'abawa okutangalija (ebyenyi) n'essanyu.
12. N'abasasula, olw'ebyo bye baagumiikiriza, Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) n'ebyambalo ebya Siliki;
13. Nga beesigamye, nga bali mu yo ku bitanda ebigonvu, tebagenda kufuna kwokebwa kasana (kabaalaama) oba obutiti.
14. Biribabeeranga kumpi ebisiikirize byayo ne bisembezebwa ne kubanguyira okunogebwa kwabyo olwanguwa.
15. Era (abaweereza b'omu Jjana) bali-beetooloolanga (abaweereza) n'ebiriirwamu ebya feeza, n'ejjiraasi ez'e-birawuli ebiriba nga bitangalija,—
- يُؤْفُونَ بِالَّذِي رَوَيْتُمْ وَأَفُونَ يَوْمًا كَانَ  
شُرُّهُ مُسْتَطِيرًا ⑦
- وَيُطْعَمُونَ الطَّعَامَ عَلَى حَيْثُ مَسْكِنَتِنَا  
وَيَتِيمًا وَأَسِيرًا ⑧
- إِنَّمَا نَطْعُمُكُمْ لَوَجْهِ اللَّهِ لَا نُرِيدُ مِنْكُمْ  
جَزَاءً وَلَا شُكْرًا ⑨
- إِنَّا نَخَافُ مِنْ رَبِّنَا يَوْمًا عَبُوسًا  
قَمْطَرِيرًا ⑩
- قَوْمَهُمُ اللَّهُ شَرُّ ذَلِكَ الْيَوْمِ وَلَقَّهْمُ  
نَصْرَةً وَسُرُورًا ⑪
- وَجَزَاهُمْ بِمَا صَبَرُوا جَنَّةً وَحَرِيرًا ⑫
- مُتَّكِلِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرْبَابِ لَا يُرَدُونَ  
فِيهَا شَيْئًا وَلَا زَمَهُرِيًّا ⑬
- وَدَانِيَةً عَلَيْهِمْ ظِلُّهَا وَذُلَّتْ أُنْقُذُومَهَا  
تَذَرِيًّا ⑭
- وَيُطَافُ عَلَيْهِمْ بِانْبِيَاءٍ مِنْ فَضْلِهِ وَ  
أَكْوَابٍ كَانَتْ قَوَارِيرًا ⑮

7. Mu bulamu bwabwe kuno ku nsi abantu abalongoofu abo aboogerwako batuuikirizanga ebyo Katonda bye yabalaalika teekako n'ebyo bye beetema ne babyekakasaako mu kugondera Katonda, ne beewala ebyo Katonda bye yagaana ku lw'okutya Olunaku Lw'okubalibwa, olwo obubi bwalwo obulituuka ku buli muntu, okuggyako oyo Katonda gw'aliba asaaside.

16. Ebitangalijja nga bya feeza: balizigeranga (abaweezeza) olugera (ekigero kyennyini abanywi kye baagala—si nnene ziyitiridde ate si ntono).

قَوَائِمٌ مِّنْ فَضَّةٍ قَدَّرُوهُنَّ تَقْدِيرًا ۙ (١٦)

17. Era bagenda kunywesebwa mu yo (Ejjana) ejjiraasi (z'omubisi) ogwali nga gwatabulwa n'entangawuuzi,

وَيُسْقَوْنَ فِيهَا كَأْسًا كَانَ مِزَاجُهَا  
رَنْجِيلاً ۙ (١٧)

18. Nga nsulo eziri mu yo (Ejjana) eziyitibwa *Salsabiilaa*.

عَيْنًا فِيهَا تُسْمَى سَلْسَبِيلًا ۙ (١٨)

19. Balyetooloolanga ku bo (nga baba-weereza) abalenzi abatakyukako olubeerera (abatava ku ngeri yaabwe); (abo) bw'oba nga obalabye nga beebuga mu kuweereza b'olowooza nti mayinja ga Luulu agasaasaanidde (buli wantu).

وَيُطَوَّفُونَ عَلَيْهِمْ لُؤْلُؤًا مِّمْلًا إِذَا  
رَأَوْهُمُ حَوْبَةً لَّوْلُؤًا مِّنْ شُورًا ۙ (١٩)

20. Bw'oliba nga olabye awo (mu Jjana) oliraba ebyengera n'obwakabaka obunene.

وَإِذَا رَأَيْتَ ثَمْرًا رَأَيْتَ عُيَيْمًا وَّ مَلَكًا  
كَبِيرًا ۙ (٢٠)

21. Ebyambalo byabwe ngoye eza Liili omuweweevu owa kiragala ne Liili Omuzito owa langi eya zaabu; era balyenaanika ebikomo ebya feeza. Alibanywesa Mukama waabwe ebyokunywa ebitukuvu.

عَلَيْهِمْ ثِيَابٌ سُنْدُسٍ خُضْرٌ وَّاسْتَبْرَقٌ  
وَّحُلُوفٌ أَسَاوِرٌ مِّنْ فِضَّةٍ وَّسَقَمُهُمْ  
رَبُّهُمْ سُرَابًا طَهُورًا ۙ (٢١)

22. (Baligambibwa abo abaliyngizibwa Ejjana): Mazima ekyo ye yali empeera yammwe (eyabateekerwa-teekerwa), era kwali okutegana kwammmwe (okukola ebirungi, ku nsi) nga kwebazibwa.

إِنَّ هَذَا كَانَ لَكُمْ جَزَاءً وَّكَانَ  
سَعْيَكُمْ مَشْكُورًا ۙ (٢٢)

23. Mazima Ffe, Ffe twassa ku ggwe (Muhammadi) Kuraane olussa.

إِنَّا نَحْنُ نَزَّلْنَا عَلَيْكَ الْقُرْآنَ تَنْزِيلًا ۙ (٢٣)

19. Bavubuka balabika bulungi nnyo abatakyukako ku mbeera na ndabika yaabwe. N'engoye ze balyambalanga nazo nnyonjo ddala ennungi ezinyiririra abalabi. Kale bw'ogattako obulungi bwabwe n'okwebuga kwe balibangamu nga baweezeza, kirirabikira buli mulabi nga balinga Luulu abunye buli wamu.

24. Kale gumiikiriza (n'obuvumu) ku lw'okulagira kwa Mukama wo (okw'okugenda mu maaso n'okubulira Obubaka), togonderanga mu bo omwonoonyi oba omukafiiri annyikidde (obukafiiri).
25. Era jjukira otenderezenga erinnya lya Mukama Katonda wo enkya n'olweggulo,
26. Ne mu kiro vunnamangamu (osaa- lenga) ku Lulwe; omutenderezenga (ng'osaala mu ttumbi) ekiro (okumala) ebbanga eggwanvu.
27. Mazima bano (abakafiiri) bettanira nsi ey'okuggwaawo, ne baleka emabega waabwe (okujjukira beerinde) Olunaku oluzito (olubalindiridde).
28. Ddala Ffe twabatonda ne tunyweza ebiyungo byabwe; wabula bwe tuba nga twagadde, tuyinza okukyusa ebi- faananyi byabwe olukyusa (ne tuleeta- tawo abalala)
29. Mazima buno (Obubaka) kyakubuu- lirira: kale omuntu (yenna) ayagala yeeteerawo ekkubo erituuka eri Mukama we.
30. Kyokka temuyinza kwagala oku- ggyako nga Katonda ayagadde. Mazima Katonda lubeerera Amanyi (engeri zammwe), Mukakasa (mu buli ky'akola).
31. Ayingiza oyo gw'ayagadde mu Kusaasira Kwe, n'abalyazaamaanyi yabategekera ebibonyobonyo ebi- rumu.
- فَأَصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تَطِعْ مِنْهُمْ  
أَتْمَا أَوْ كَقُورًا ﴿٣٤﴾
- وَأَذْكُرْ اسْمَ رَبِّكَ بُكْرَةً وَأَصِيلًا ﴿٣٥﴾
- وَمَنْ يَلْبَسْ فَإِنَّ جُودَهُ وَسِيحَهُ لَيْلًا  
طَوِيلًا ﴿٣٦﴾
- إِنَّ هُوَ لَءِ يُجِيبُونَ الْعَاجِلَةَ وَيَذُرُونَ  
وَرَاءَهُمْ يَوْمًا ثَقِيلًا ﴿٣٧﴾
- مَنْ خَلَقْنَاهُمْ وَشَدَدْنَا أَسْرَهُمْ وَإِذَا  
شَتْنَا بَدَلْنَا أَمْنًا لَهُمْ تَبْدِيلًا ﴿٣٨﴾
- إِنَّ هَذَا تَذَكُّرٌ ۖ فَمَنْ شَاءَ اتَّخَذْ  
إِلَىٰ رَبِّهِ سَبِيلًا ﴿٣٩﴾
- وَمَا تَشَاءُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ ط إِنَّ  
اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿٤٠﴾
- يَدْخُلُ مَنْ يَشَاءُ فِي رَحْمَتِهِ وَ  
الظَّالِمِينَ أَعَدَّ لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿٤١﴾

## EBIFA KU SSUULA AL-MURSALAAT MU BUFUNZE (77)


Y'emu ku Ssuula ezo ezakkira e Makka oluberyebere ng'Obubaka kyebujje butandike okussibwa nga ye yaddirira eyo egisooka, Ssuula Al-Insaa (Ad-Dahr). Eytibwa Al-Mursalaat okusenziira ku aya esooka ekigambo *wal-mursalaat* mwe kyogererwako.

Essuula esinze kussa ssira ku kukakasa okubaayo kw'Okuzuukira, n'Obulamu Obwolvannyuma osseeko n'okutiisa abantu ekibabu ekiribaviira mu kuwakanya kw'ebikakafu ebyo ebimenyedwa. Obubaka n'amakulu ga aya omusanvu ezisooka gagendererwamu okukakasa nga Okuzuukira okwo abantu kwe babuulirwa Nabbi (s.a.w.) n'Ekitabo Ekitukuvu Kuraane nga bwe kuteekwa okubaayo okusenziira n'Engereka ya Katonda. Abantu b'e Makka baasabanga Nabbi (s.a.w.) lunye nti abanguyize Okuzuukira okwo kwe yabatiisanga nakwo mbu olwo lwokka lwe banakkiriza nti ddala gyekuli. Aya 8-15 zidda mu kusaba kwabwe okwo nga bategeezebwa nti Enkomerero (Okuzuukira) si muzannyo oguli awo okusaanye okujeejebwa n'okusabwa kwanguyizibwe. Kwo mu bukakafu lwe Lunaku Lw'okulamulwa emirimu gy'abantu gyonna mwe giryekeeneyezebwa; era ddala lwa kutuuka n'ebikangabwa n'ebitiiso byalwo byonna. Abo abaalujeejanga bonna ba kubuguyala—Olunaku olwo buli muntu asaluswe okusenziira kw'ebyo bye yakola nga byesigamizibwa ku bujulizi Bannabbi abo be baalimbisa bwe baliwa bwe baliba mu maaso ga Katonda.

Mu aya 16-28, Obubonero buweebwa obuwagira obwetaavu bw'okubaayo kw'Okuzuukira n'Enkomerero. Nga obubonero obwo bwennyini by'ebyafaayo by'omuntu ku nsi kuno, okuzaalibwa kwe n'enkula y'ensi okwo kw'abeera nga bwe biwa obujulizi obukakasa okujja kw'Okuzuukira wamu n'Enkomerero. Ebyafaayo by'omuntu biraga nga emirembe egyalimbisa Okuzuukira bwe gyaagwa mu ddubi n'oluvannyuma ne gisaanyizibwawo. Era Essuula egamba nti nga mu bulamu buno obwo ku nsi bwe mutali kukangavvula kumala mu bujjuvu, bwe kityo kiri nti okusasula okujjuvu empeera z'ebibi kuteekwa kubaayo mu bulamu obulala, obwo Obw'oluvannyuma. N'olwekyo oyo yenna aliba asumattuse okukangavvulirwa oba okusasulirwa kuno ku nsi wa kusasulirwa mu bujjuvu mu bulamu obuliddako. Era kigambibwa nti Katonda Oyo eyatandikawo ebibonde n'omuntu ng'amuggya mu kintu ekinyoomebwa, amani, ddala mu bukakafu asobola okumuzzaawo n'aba omulamu nate oluvannyuma lw'okufa.

Zo aya 29-40 ziraga nga bw'eriba enkomerero ey'abo abalimbisa Obulamu Obw'oluvannyuma. Ate mu aya 41-45 ne mwogererwa ku nkomerero y'abo abakkiriza ne bakakasa okubaayo kw'Enkomerero mu bulamu buno obwo ku nsi.

Essuula ekoobera ng'etiisa nga abo abalimbisa Obulamu Obw'oluvannyuma n'abo abeesamba okusinja Katonda nti okweyagala kwabwe ku nsi kuno kwa luwunguko, wabula enkomerero yaabwe ya kuba mbi nnyo. Era bategeezebwa nti oyo yenna alemwa okulungamizibwa Kuraane nga bwe watali kirala kyonna mu nsi kiba kiyinza kumulungamya.



## ESSUULA AL-MURSALAAT (77)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 50

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde empewo ezitumibwa oku-  
mukumu (nga zigoberagana olw'o-  
kugasibwa kw'abantu),

وَالْمُرْسَلَاتِ عُرْفًا ۝١

2. (Ndayidde) ne kikunngunta aku-  
nngunta,

فَالْعَصْفِ عَصْفًا ۝٢

3. Ndayidde empewo ezisaasaanya  
(ebire) olusaasaanya (ne zireeta  
enkuba),

وَالنَّشْرِ نَشْرًا ۝٣

4. Ndayidde (n'ezo) ezaawula olwawula  
(ebire ebyo oluvannyuma lw'enkuba  
okutonnya),

فَالْفِرْقِ فِرْقًا ۝٤

5. Ndayidde malaika ezituusa ku Ba-  
baka Obubaka,

فَالْمَلَائِكِ زُكْرًا ۝٥

6. (Omuli) okwetonda kw'ebitonde oba  
okubitiisa (ebibonerezo);—

عُدْرًا أَوْ ذُرًّا ۝٦

7. Ddala ekyo kye mulagaanyisibwa  
(eky'Enkomerero okutuuka) kya  
kubaawo.

إِنَّمَا تُوعَدُونَ لَوَاعِعٍ ۝٧

8. Emmunyeenye bwe ziriba nga zisa-  
nguddwawo (ne zibulawo ku ggulu);

فَإِنَّ النُّجُومَ طُمِسَتْ ۝٨

9. N'eggulu bwe liribeera nga liwu-  
mmuddwawummuddwa (ne libejju-  
kabejjukamu);

وَإِذَا السَّمَاءُ فُرِجَتْ ۝٩

1. Empewo ezo oluusi zigasa abantu olw'okuleeta enkuba n'olw'enkuba eyo ebimera byabwe ne bisibuka ne bitinta ne bibaza bulungi ebibala.

10. N'ensozi bwe ziribeera nga zifuu-muddwa (ng'enfuufu ne ziva we zibadde);
11. Era bwe balibeera Ababaka nga bakunngaanyiziddwa ku kiseera ekigere (eky'okuweeramu obujulizi kw'abo be baatumwamu)—
12. Lunaku ki lwe birindirizibwa (kwe biribeererawo ebyo ebigambo eby'entiisa)?
13. Lwe Lunaku Lw'okulamula (wakati w'ebitonde).
14. Kiki ekinaakumanyisa lwe luluwa Olunaku Lw'okulamula?
15. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku baalimbisa (Ababaka)!
16. Abaffe, tetwazikiriza abaasooka (abaalimbisanga Bannabbi),
17. Oluvannyuma ne tubagoberezaako abalala ab'oluvannyuma?
18. Bwe tutyo bwe tukola aboonyi.
19. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku baalimbisa!
20. Abaffe, tetwabatonda (nga tubaggya) mu mazzi aganyoomwa (Amani)?—
21. Ne tugateeka mu butebenkeru (bwa nnabaana) obunyuwevu,
22. Okutuusa ebbanga erimanyiddwa (eggere, omwana mw'azaalirwa)?
23. (Bwe tutyo) bwe twagera (mu ntonda y'omuntu). Ekyengera ky'abagera be Baffe!

وَإِذَا الْجِبَالُ سُفَّتْ ⑩

وَإِذَا الرُّسُلُ أُقِيتَتْ ⑪

لَا يَرَى يَوْمَئِذٍ أَجِلْتُمْ ⑫

لِيَوْمِ الْفَصْلِ ⑬

وَمَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الْفَصْلِ ⑭

وَيَلَّيْئُومٌ مِّمَّنْ لَمَّكَدَّ بِئِنَّ ⑮

أَلَمْ نُهْمَاكَ الْوَالَيْنَ ⑯

ثُمَّ نَدْبُهُمْ الْآخِرِينَ ⑰

كَذَلِكَ نَفْعَلُ بِالْمُجْرِمِينَ ⑱

وَيَلَّيْئُومٌ مِّمَّنْ لَمَّكَدَّ بِئِنَّ ⑲

أَلَمْ نَحْلُقْكُمْ مِّنْ مَّاءٍ مَّهِينٍ ⑳

فَجَعَلْنَاهُ فِي قَرَارٍ مَّكِينٍ ㉑

إِلَى قَدَرٍ مَّعْلُومٍ ㉒

فَقَدَرْنَا فَنِعْمَ الْقُدْرُونَ ㉓

24. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuli ku balimbisa (ebyo Bannabbi bya baja nabyo)!  
 وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٣٢﴾
25. Abaffe, tetwafuula ensi ewambaatira  
 أَلَمْ نَجْعَلِ الْأَرْضَ رِفَاقًا ۞ ﴿٣٥﴾
26. Abalamu n'abafu (abalamu nga bali kungulu kwayo n'abafu nga bali munda mwayo)  
 أَحْيَاءٌ وَأَمْوَاتًا ﴿٣٦﴾
27. Ne tuteeka mu yo ensozi ennyewu entuumbiivu, ne tubanywesa amazzi amannyogovu agaseeneckerera?  
 وَجَعَلْنَا فِيهَا رَوَاسِيَ تُمْسَخُ وَيَسْفَعُكُم مَّاءٌ فَرَاتًا ﴿٣٧﴾
28. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku abo abalimbisa (Obubaka)!  
 وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٣٨﴾
29. (Abajeemu baligambibwa) nti: Mugende eri (ebibonerezo) ebyo bye mwalinga mulimbisa!  
 انْطَلِقُوا إِلَى مَا كُنْتُمْ بِهِ تُكَذِّبُونَ ﴿٣٩﴾
30. Mugende eri ekisiikirize (ky'omuliro) ogulina amatabi asatu,  
 انْطَلِقُوا إِلَى ظِلٍّ ذِي ثَلَاثِ شُعَبٍ ﴿٤٠﴾
31. (Wabula mu bukakafu) tekibasiikiriza (eri muliro ogwo) era tekibagasa (nti oba kiziyiza) okwokya kw'ennimi z'omuliro ogutuntumuka.  
 لَا ظِلُّلٍ وَلَا يَعْغِي مِنَ السَّمَاءِ ﴿٤١﴾
32. Mazima gwo (omuliro ogwo) gumansula ensasi ezirinnganga ennyumba engulumivu (mu bunene),  
 إِنَّهَا تَرْمِي بِشَرِّ رَاكِقٍ ﴿٤٢﴾
33. Nga mazima zo (ensasi ezo) ziringa engamiya eza kyenvu owa kaakira (ezifuumuuka emisinde).  
 كَاتِبَةٌ جَمَلَتْ صَفْرًا ﴿٤٣﴾
34. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuli ku abo abaalimbisa (Amazima)!  
 وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٤﴾
35. Olwo Lwe Lunaku lwe batalyatula (kigambo kibagasa),  
 هَذَا يَوْمٌ لَا يَنْطِقُونَ ﴿٤٥﴾

28. Okuviira ddala ku aya eno eya 28 okutuuka ku 40: Birombojiwa ebyo ebirituuka ku bonoonyi ku Lunaku Lw'okuzuukira.

30. Bamalaika bagamba abajeemu nti bagende bayingire omuliro ogulina ebitawuliro n'omukka ku lw'amaanyi gaagwo. Bwe gubumbujja ne gutuumbiira gwetematemamu ebitundu bisatu.

36. Era lwe batalikirizibwa (kwetonda) mbu balyoke bectonde (oba bewozeeko).  
 وَلَا يُؤْذَنُ لَهُمْ فَيَعْتَدُوا رُونَ ﴿٣٦﴾
37. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku abo abaalimbisa (ebyo Bannabbi bye baja nabyo)!  
 وَيَلْ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٣٧﴾
38. (Baligambibwa): Luno lwe Lunaku Lw'okusalawo (Okusaula buli muntu ekyo ky'ateekwa okusaulwa)! Tuba-kunngaanyizza mmwe n'abaasooka!  
 هَذَا يَوْمُ الْفَصْلِ جَمَعْنَاكُمْ وَالْأُولَىٰ ﴿٣٨﴾
39. Kale bwe muba nga mulina olukwe lwonna, kale mulukole (musumattuke okubonerezebwa)!  
 فَإِنْ كَانَ لَكُمْ كَيْدٌ فَكِيدُوا وَنِ ﴿٣٩﴾
40. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuli ku abo abaalimbisa (ebyo Bannabbi bye baabuulira)!  
 وَيَلْ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٠﴾
41. Mazima (bo) abatya Katonda baliba mu bittuluze (by'omu Jjana) n'ensulo ezikulukuta,  
 إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي ظِلِّ وَعِوِينَ ﴿٤١﴾
42. N'ebibala (ebya buli kika) mw'ebyo bye baagala.  
 وَقَوَائِكَ وَمَا يَشْتَهُونَ ﴿٤٢﴾
43. (Baligambibwa) nti: Mulye era munywe nga mweyagala, ku lw'ebyo bye mwalinga mukola.  
 كُلُوا وَأَشْرَبُوا هَنِيئًا بِمَا كُنتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٤٣﴾
44. Ddala Ffe bwe tutyo bwe tulasula abalongoosa.  
 إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿٤٤﴾
45. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku abo abaalimbisa!  
 وَيَلْ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٥﴾
46. Mulye mweyagale ekimala (kuno ku nsi, Abange mmwe abajeemu)! Ddala mmwe muli bajeemu.  
 كُلُوا وَأَشْرَبُوا قَلِيلًا إِنَّكُمْ مُّجْرِمُونَ ﴿٤٦﴾
47. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku abo abaalimbisa!  
 وَيَلْ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٧﴾



48. Bwe baba bagambiddwa nti, Mukutame (musaalc), tebakutama!

وَإِذَا قِيلَ لَهُمُ ارْكَعُوا لَا يَرْكَعُونَ ﴿٣٨﴾

49. Okubonaabona mu Lunaku olwo kuliba ku abo abalimbisa (Obubaka)!

وَقِيلَ يَا أُولَئِكَ لِمَ كَذَّبْتُمْ ﴿٣٩﴾

50. Olwo bigambo ki oluvannyuma lwa bino (ebya Kuraane) bye banakkiriza?

فَأَيُّ حَدِيثٍ بَعْدَ الَّذِي هُمْ مُؤْمِنُونَ ﴿٤٠﴾

---

50. Kuraane kye kyamagero, Amazima amasengejje, ekyava eri Katonda, nga kya lubcerera okutuusa ensi lw'eribengeya. Olwo oba bagirimbisizza, ate kirala ki kye balikkiriza?

## EBIFA KU SSUULA AN-NABAA MU BUFUNZE (78)

Essuula An-Nabaa yakkira Makka era erina aya 40. Katonda Omugulumivu yatandika essuula eno n'ekibuuzo ekisamaaliriza, ekireeta okutiisa era ekiraga obugulumivu bw'ekigambo ekinene ekayogerwako mu yo; era n'eraga nga entegeera z'abakafiiri mu Makka zaali zaawukana ku bikwata ku kigambo kino ekinene.

Essuula An-Nabaa eyogera ebikwata ku Lunaku Lw'enkomerero n'ebiribaawo ku nsi ku lunaku olwo, era etunyumiza n'ebiribaawo oluvannyuma lw'okusala emisango nga buli omu asasuddwa okusenziira ku mirimu gye yakola ku nsi. Etunyumiza ku Jjana n'ebyingera byamu, omuliro n'embeera embi ey'okubonyabonyezebwa abaliguyingira gye balibeeramu, eyongera okutunyumiza n'ebintu ebirala bingi ebiraga obuyinza bwa Katonda n'ekisa Kye ku muntu.

Mu Aya 1-16, Abakafiiri b'omu Makka beebuzaganyanga ku bikwata ku bubaka bwa Nabbi (s. a. w.) n'Obwannabbi bwe nga bagamba nti: Abaffe oyo Nabbi ddala wa mazima era by'atugamba bituufu nti tukkiririze mu Katonda omu tuve ku ddiini ya bajajaffe, era nti tukkiririze ne mu Lunaku Lwenkomerero? Katonda Omugulumivu kyeyava yeewuunya "Kiki kye beebuzaganyako—ku bifa ku kigambo ekinene?" kubanga baali bagenze wala mu kulwooza. Abamu baali tebakikiririzaamu, abalala nga babuusabuusa obukakafu bwakyo. Katonda kwe kuddamu nga abawakanya nti "Nedda bajja kumanya era n'addamu nga akikakasa nti mazima nedda bajja kumanya" amazima lwe galibebikkulira ne balaba n'amaaso gaabwe obukakafu bw'ekigambo ekyo ng'olunaku lwennyini lumaze okubaaawo."


Mukama Katonda yabuuzza ekibuuzo ekirala nga ayagala alagire ddala obuyinza Bwe ku buli kintu, era n'abalaga n'obubonero obulaga eby'amagero Bye nga abakubira ebifaananyi ku by'amagero bye balaba n'amaaso gaabwe oba nga ddala ebyo byali tebibamala kwebuulirira n'okujjukira nti Katonda ye muyinza wa buli kimu. Yabakubira ebifaananyi ebirala ebikwata ku kutondebwa kwabwe; ebyo byonna Katonda yabyogera abalaga nti bamala biseera byabwe okwebuuzaganya ku kintu ekijja okubaaawo, kubanga ddala Katonda Omusaasizi eyakola ebintu ebyo era n'awa abantu ebyengera ebyo nga bwe yabimenya. Kale tayinza kuleka baddu Be ttayo n'atabatumira babaka babalungamye eri okwawula Katonda n'okumusinzira, era babajjukizenga n'obuzibu bw'Olunaku Lw'enkomerero n'ebitiiso byalwo, era nga babasanyusa n'empeera eva eri Katonda (Ejjana) singa baliba bakkiriza Katonda ne bakola n'emirimu emirungi.

Mu Aya 17-40, oluvannyuma lw'okulaga obuyinza Bwe n'okukakasa nti ye yakola buli kintu, atandika okunyonnyola abo abaali beebuzza ebifa ku Lunaku Lw'enkomerero nga abalaga engeri abantu gye balizuukiramu n'engeri ensi kwe beeyagalira, wamu n'eggulu eribeewuunyisa n'ensozi n'ebirala bwe biribeera ku lunaku olwo. Abalagira ddala nti ebintu ebyo biri mu mikono Gye, Ye Katonda era biteekwa okugondera ekiragiro Kye nga era bw'atunyumiza mu ssuula eziddirira eno: Essuula At-Takwir, Al-Infitaar, Al-Inshikaak n'endala.

Oluvannyuma lw'okututegeeza ebitiiso by'Olunaku olwo, Katonda Omugulumivu atunyumiza engeri gy'alisasula abaddu Be; abakozi b'ebyonoono balibcera mu muliro nga bwe buddo bwabwe obugenderere era ebimu ku bibonerezo by'omu muliro, tebajja kukombera ddala ku tulo wadde ekyokunywa kyonna, oluvannyuma Katonda anyumya

ku byengera n'okwesiima by'abakkiriza abalibeera mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) emirembe n'emirembe.

Katonda yakomekkereza essuula eno nga atiisa abantu Olunaku Lw'enkomerero n'okulubajjukiza nga abalagira balwetegekere nga terunnabaawo, omuntu aleme kwejjusa ate nga ne bwe yejjusa takyagasibwa. Ebyo byonna Katonda abyogera kibeere kya kuyiga eri abo ababusa buusa olunaku olwo; nga abagamba nti: ebyo by'ebimu ku biribaawo ku lunaku olwo—oba beebuulirira ne bakakasa, omulyango gw'okwenenya n'okujeemulukuka gukyali muggule.



## ESSUULA AN-NABAA (78)

Yakkira Makka: Erina Ebitundu 2 ne Aya 40

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Beebuuzaganyanga ku ki?
2. Ku Kigambo ekinene,
3. Ekyo bo kye baawukanyeemu.
4. Nedda, bagenda kumanya!
5. Era kikakafu, bagenda kukimanya!
6. Abaffe tetwafuula ensi ekyaliiro,
7. N'ensozi ne tuzifuula enkondo (ezi-nyweza ensi obutayuuga)?
8. Ne tubatonda mu mitindo ebiri, omukazi n'omusajja,
9. Ne tufuula okwebaka kwammwe nga kuwummula,
10. Ne tufuula ekiro ekyambalo (olw'enzikiza yaakyo),
11. Ne tufuula emisana nga ky'ekiseera ky'okunoonyezaamu ebyokufuna mulyoke musobole okubaawo?
12. Ne tuzimba waggulu wammwe eggulu musanvu,

عَمَّ يَتَسَاءَلُونَ ١  
عَنِ النَّبَاِ الْعَظِيمِ ٢  
الَّذِي هُمْ فِيهِ مُخْتَلِفُونَ ٣  
كَلَّا سَيَعْلَمُونَ ٤  
ثُمَّ كَلَّا سَيَعْلَمُونَ ٥  
أَلَمْ يُجْعَلِ الْأَرْضَ مَهْدًا ٦  
وَالْجِبَالَ أَوْتَادًا ٧  
وَخَلَقْنَاكُمْ أَزْوَاجًا ٨  
وَجَعَلْنَا نُومَكُمْ سُبَاتًا ٩  
وَجَعَلْنَا الْيَلَّ لِبَاسًا ١٠  
وَجَعَلْنَا النَّهَارَ مَعَاشًا ١١  
وَبَنَيْنَا فَوْقَكُمْ سَبْعًا سِدَادًا ١٢

1-3. Abantu baalinga beebuuzaganya ku Kuzuukira oluvannyuma lw'okufa. Abamu nga bakkiriza nga bwe kulibaawo era abo be bakkiriza, abamu nga bakiwakanya, era abo nga be bakafiiri. Katonda kwe kussa Essuula eno ekakasa nga eky'Okuzuukira bwe kiri ekikakafu ekitasana kulectawo kwawukanayawukana (kubuzabuza).

4-5. Abo abawakanya Okuzuukira bagenda kumanya nga ebyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) by'abagamba ebikukwatako bwe biri eby'amazima.

13. Ne tuteekawo ettaala (enjoba) eyaka? وَجَعَلْنَا سِرَاجًا وَهَاجًا ﴿١٣﴾
14. Ne tussa okuva mu bire ebijjudde amazzi agafukumuka (enkuba), وَأَنْزَلْنَا مِنَ الْمُعْصِرَاتِ مَاءً تَنْجِيًا ﴿١٤﴾
15. Tulyoke Tumeze nago empeke n'ebimera لِنُخْرِجَ بِهِ حَبًّا وَنَبَاتًا ﴿١٥﴾
16. N'amalimiro amasaakaativu? وَجَعَلْنَا أَلْفَافًا ﴿١٦﴾
17. Mazima Olunaku Lw'okusalawo kye kyali ekiseera ky'endagaano, إِنَّ يَوْمَ الْفُصْلِ كَانَ مِيقَاتًا ﴿١٧﴾
18. Olunaku enngombe lw'elifuuyibwa ne mujjira mu binjira; يَوْمَ يُفْعَرُّ فِي الصُّورِ فِتْنُونَ أَتْرَابًا ﴿١٨﴾
19. N'eggulu ne liggulwawo ne libeera nga lirina emiryango, وَفُجِعَتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ أَبْوَابًا ﴿١٩﴾
20. N'ensozi ne zitambuzibwa, ne wabeera bbanga jjerere (museetwe). وَسَيَّرَتِ الْجِبَالَ فَكَانَتْ سَرَابًا ﴿٢٠﴾
21. Mazima Omuliro (*Jahannama*) weeguli gulindiridde (abonoonyi), إِنَّ جَهَنَّمَ كَانَتْ مِرْصَادًا ﴿٢١﴾
22. Nga bwe buddo bw'abajeemu: لِلطَّغْيِينِ مَأْبَأٌ ﴿٢٢﴾
23. Ba kugutuulamu byeya na byeya (si ba kuvaamu). لَيْثِينَ فِيهَا أَحْقَابًا ﴿٢٣﴾
24. Tebalikomba ku mpeke ya tulo wadde ebyokunywa ebiweweewu (tebagenda kufuna bunnyogovu ku mitima gyabwe), لَا يُدْرِكُونَ فِيهَا بُرْدًا وَلَا نُورًا أَبَدًا ﴿٢٤﴾
25. Wabula okunywa amazzi olwegye n'amasira ag'olusaayisaayi, الْإِحْيَاءِ وَعَسَاءًا قَاتِلًا ﴿٢٥﴾

16. Nga bwe twasobola okuteekawo ebyo byonna ebyogeddawo, bwe tutyo bwe tulisobola okuzuukiza ebiramu oluvannyuma lw'okufa kwabyo kubanga okuzzaawo kwe kwangu okusinga okutandika.

17. Kino kye kiseera eky'okukunngaanyizaamu abo abasaooka okufa n'ab'oluvannyuma Katonda alyoke alamule wakati waabwe, abasasule empeera z'emirimu gyabwe gye baakola ku nsi era abonereze abo abamujeemera.

19. Olw'okukka kwa Bamalayika, okujja mu bbaliro.

20. Ensozi zigenda kuggyibwawo. Ensi yonna ebeere museetwe nga tekuli lusozi wadde ekiwonvu oba ekikko.

26. Nga y'empeera entuukirivu (esaanira ebikolwa byabwe ebibi bye baakola). جَزَاءٌ وَفَاكًا ﴿٢٦﴾
27. Mazima bo baali tebasuubirayo Kubalibwa, اِنَّهُمْ كَانُوا لَا يَرْجُونَ حِسَابًا ﴿٢٧﴾
28. Ne balimbisanga ebigambo Byaffe obulimbisa. وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا كِذَابًا ﴿٢٨﴾
29. Na buli kintu twakikomekkereza ne tukiteeka mu buwandiike. وَكُلَّ شَيْءٍ أَحْصَيْنَاهُ كِتَابًا ﴿٢٩﴾
30. "Mukombe (ku kibonerezo, empeera y'ebikolwa byammwe). Tetujja kubongera kirala wabula bibonyobonyo." فَذُرُّهُمُوْا فَكُنْ تُزِيْدُكُمْ الْاَعْدَاءَ ﴿٣٠﴾
31. Mazima balina, abatya Katonda, ebifo eby'emirembe; اِنَّ لِلْمُتَّقِيْنَ مَفَازًا ﴿٣١﴾
32. Amalimiro n'emizabbibu; حَدَآئِقٍ وَّاَعْنَآبًا ﴿٣٢﴾
33. N'abawala ab'amabeere ag'ebitutu abatemera mu myaka egimu; وَكُوَاعِبٍ اٰتْرَابًا ﴿٣٣﴾
34. N'ejjiraasi ezijjudde ebyokunywa. وَكَاسًا دِهَآئِقًا ﴿٣٤﴾
35. Tebaliwulira mu yo Ennyumba Ey'emirembe (Ejjana) luyooogaano oba okulimbagana; لَا يَسْمَعُوْنَ فِيْهَا لَغْوًا وَّلَا كِذْبًا ﴿٣٥﴾
36. Nga kususulwa okuva eri Mukama Katonda wo nga kuwcebwa awatali kubalirira, جَزَاءً مِّنْ رَّبِّكَ عَطَاءً حِسَابًا ﴿٣٦﴾
37. Katonda Omufuzi w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombi, Omu-saasizi, tebalifuna kwogeranya naye. رَبِّ السَّمٰوٰتِ وَاَلْاَرْضِ وَّمَا بَيْنَهُمَا الرَّحْمٰنِ لَا يَمْلِكُوْنَ مِنْهُ خِطَابًا ﴿٣٧﴾

27. Bwe baabeeranga ku nsi tebaalowoozanga nti Katonda agenda kubazuukiza, abale ebikolwa byabwe oluvannyuma ababonereze olw'obujeemu bwabwe.

30. Buli lwe balisiiriranga emibiri gyabwe nga gizzibwa buggya.

31. Ku lw'okutya kwabwe Katonda n'okukkiriza Bannabbi ba Katonda n'okugoberera ebyo Nabbi bye yayigirizanga.

38. Olunaku Mwoyo Mutukuvu (Mala-yika Jibriilu) ne bamalayika lwe baliyimirira nga bali mu nnyiriri nga teboogera wabula oyo yekka Katonda Omusaasizi gw'aliba akkirizza n'ayogera ebituufu.

يَوْمَ يَقُومُ الرُّوحُ وَالْمَلَائِكَةُ صَفًّا لَا  
تَرِيْتَكُم مِّنَ الْأَمْنِ أذُنَ لَهُ الرِّحْمَانُ  
وَقَالَ صَوَابًا ﴿٣٨﴾

39. Olwo lwe lunaku olw'Amazima (olw'okubaawo era tewali kirirugaana kubaawo). Omuntu ayagala anoonye eri Katonda we obuddo!

ذٰلِكَ الْيَوْمُ الْحَقُّۙ فَمَنْ شَاءَ اتَّخَذْ  
اِلٰى رَبِّهِ مَآبًا ﴿٣٩﴾

40. Mazima Ffe tubatiisizza ebibonerezo ebiri okumpi, (Olunaku Olw'okuzuu-kira, kubanga buli ekiteekwa okubaawo kiba nga kiri kumpi). Olunaku omuntu lw'alitunuulira ebyo bye gyakulembeza okukola emikono gye; (emirimu emirungi oba emibi, emikadde n'emiggya). Aligamba Omukafiiri nti: "Abange singa mbadde ttaka (ne situuka ku kino)!"

اِنَّا اَنْذَرْنٰكُمْ عَذَابًا قَرِيْبًاۙ يَّوْمَ  
يَنْظُرُ الْمَرْءُ مَا قَدَّمَتْ يَدَاۤهُ وَيَقُوْلُ  
اِنَّ الْكُفْرَ لَيَكْتُمُنِيۙ كُنْتُ مُتْرٰبًا ﴿٤٠﴾

38. Olunaku olwo Bamalayika nga bali ne Jibriilu baliyimirira nga basirise ku lw'ekitiibwa ky'olunaku olwo era nga tewali ayogera wabula oyo Katonda gw'aliba akkirizza okwogera n'ayogera mazima nga akakasa Obw'omu bwa Katonda.

40. Omukafiiri ku lunaku olwo alyegomba okubeera nga ku nsi yali ttaka, n'atabeera muntu. Ekyo alikyogera mu kiseera bw'aliba amaze okulaba ebibonerezo n'ebibonyobonyo bya Katonda. n'atunuulira ebikolwa bye ebibi bye yakola ku nsi ebimukakasaako okubonyabonya. Waliwo ate okunnyonyola ku nsonga cyo okugamba nti: Abawakanya amateeka g'Obusiraamu balyegomba nti singa kuno ku nsi baali mu kika ky'ettaka ne batawalirizibwa mateeka ga Katonda. Oba nti ku lunaku olwo lwennyini singa bafuulibwa ettaka ne batabalibwa.

## EBIFA KU SSUULA AN-NAAZIAAT MU BUFUNZE (79)

Essuula eno yakkira Makka, ennyonyola ku kuzuukira n'ebbaliro ly'Olunaku Lw'enkomerero, era yeeyongera mu maaso n'etangaaza embeera nga bw'eribeera nga abantu bavudde mu ntaana zaabwe n'okutya okulibeera awo okutagambika.

Bo abatakkiriza kuzuukira nti gyekuli era abeebuuzi nti Katonda alisobola atya okutuzzaawo nga twafuuka dda magumba agamerenguse, baligwawo ekigwo bwe balimala okulaba nga ebyo Katonda bye yali abagamba bituukiridde.


Katonda oluvannyuma lw'okutunyumiza abawakanyi ab'omutindo ogwo waggulu, nate ayongera n'atunyumizaayo asingako awo obuwakanyi Fir'auna eyatuuka ne ku ddaala ery'okweyita Katonda, ate nga oluberyebereye yasooka kulangirira eri abantu nga bwe watali Katonda mulala okuggyako Ye.

Katonda wano atuyigiriza engeri gye tuyinza okwogeramu n'abantu ne bwe baba bajeemu, yalagira Nabbi Musa agende eri Fir'auna eyali yeewaggudde amugambe nti: Abaffe olina ekikugaana okwetukuza? Sso n'atamulagira kugenda kuboggokera na kukolimira Fir'auna—Naye newankubadde Nabbi Musa yakozesa olulimi olulungi ng'ayogera ne Fir'auna era n'amulaga n'ebyamagero, naye Fir'auna yali mujeemu nnyo olwava awo yagenda kukola kirangiriro nga ye bw'ali Katonda.

Oluvannyuma lw'ebyo byonna Katonda yakyukira abo abaawakanya Okuzuukira n'ababuuzi nti: Mmwe n'eggulu kiki ekisinga obuzibu okukola? Eky'okuddamu kiri nti ggulu, kale Katonda eyakola eggulu n'alyenkanyankanya, n'akola ensi, n'ateekamu ensozi n'ebirala bingi nnyo, ayinza atya okulemwa okuzza abantu obulamu nga bamaze okufa? Oluvannyuma lw'okunnyonyola okwo kwonna kisigalidde eri omuntu; oyo amatira n'agoberera ebyo aliyingira Ejjana; ate oyo awakana alisanga omuliro gumulindiridde.

Waaliwo abantu abalala era abawakanyi abatakkiriza, buli lwe baawuliranga ebitiiso by'Olunaku Lw'enkomerero nga baagala nnyo Nabbi (s.a.w.) ababuulire essaawa n'Olunaku Enkomerero lwe birituuka, baali baagala kumulemesa. Katonda yagamba Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nti: Ye yekka Katonda y'amanyi olunaku we lulituukira wabula omulimo gwa Nabbi (s.a.w.) guli gumu gwa kunnyonyola bantu kulwetegekera kyokka.





## ESSUULA AN-NAAZIAAT (79)

Yakkira Makka: Erina ebitundu 2 ne aya 46

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi*

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ

1. Ndayidde (Malayika) Zinnamukandula ezikuulamu emyoyo gy'abajemu oluzikirira (okufa);
2. Ndayidde (Malayika) ezisowolamu emyoyo gy'abakkiriza olusowola;
3. Ndayidde (Malayika) eziwuga mu bbanga oluwuga,
4. Ndayidde (Malayika) ezikulembere emyoyo gy'abakkiriza (nga gitwalibwa mu ggulu), olukelembere,
5. Ndayidde (Malayika) eziteekateeka ebigambo (ebivudde mu ggulu),
6. Olunaku olufuuwa lw'enngombe, lwe lulijugumiza ebitonde byonna ebibeera ku nsi,
7. Nga lugobererwa olufuuwa oluddirira (olw'okuzuukiza ebitonde);
8. Emitima ku lunaku olwo giribeera nga gitya;
9. Nga amaaso (g'abantu) makkakkamu (olw'ebyo bye galabye mu bitiiso by'olunaku olwo).
10. Abakaafiiri bagamba nti: (Kati) abaffe mazima tuli ba kuzibwawo ne tuzuukira bwe tuliba nga tumaze okufa?—

وَالْتَرَعَتْ غَرْقًا ۝١

وَالْتَشَطَّتْ نَشَطًا ۝٢

وَالشَّيْحَتْ سَبْحًا ۝٣

فَالشَّيْقَتْ سَبْقًا ۝٤

فَالْمَدْبَرَتْ اَمْرًا ۝٥

يَوْمَ تَرْجِفُ الرَّاجِفَةُ ۝٦

تَتَّبِعُهَا الرَّادِفَةُ ۝٧

قُلُوبٌ يَوْمَئِذٍ وَاجِفَةٌ ۝٨

اَبْصَارٌ هَاخَا شَعَةٌ ۝٩

يَقُولُونَ عَرَانَا لَمْ نَرُدُّوْهُنَّ فِي الْحَاوِرَةِ ۝١٠

3. Malayika ezikka obunnambiro nga zissa ebiragiro bya Mukama Katonda.

11. Ne tubeera amagumba amame-rengufu?

ءِذَا كُنَّا عِظَامًا نَّجْرَةً ۝۱۱

12. Bagamba nti: Okwo okuzibwawo bwe kuliba nga weekuli kuliba kwa kufaafaaganirwa.

قَالُوا يَا لَيْتَكَ إِذَا كُنَّا خَاوِسَةً ۝۱۲

13. (Katonda n'abaddamu nga Okuzuukira bwe kiri eky'okubaawo)—mazima kwo luliba lubwatuka lumu,

فَأَمَّا هِيَ زَجْرًا وَاحِدَةً ۝۱۳

14. Baligenda okulaba nga balamu, batunula era bayimiridde (mu kita-ngaala nga balindiridde okulamulwa) ku nsi enjeru:

فَأَذَاهُمْ بِالسَّاهِرَةِ ۝۱۴

15. Abaffe kwakujjira okunyumya ebya-faayo bya Musa?

هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ مُوسَى ۝۱۵

16. Mu kiseera awo bwe yamukowoola Katonda we ng'ali mu lusenyi olutukuvu oluyitibwa Tuwa:

إِذْ نَادَاهُ رَبُّهُ بِالْأَوْدِ الْمُقَدَّسِ طُوًى ۝۱۶

17. (N'amugamba nti): Genda eri Fir-auna mazima ye yabula (ne yekuluntaza n'ajcemera Katonda).

إِذْ هَبَّ إِلَى فِرْعَوْنَ إِنَّهُ طَغَى ۝۱۷

18. Mugambe nti: Olina ggwe okukkiriza okutuusa otukule (nakwo kwe kukkiriza Katonda Ali Omu)?

فَقُلْ هَلْ لَكَ إِلَهٌ إِلَّا أَن نَزَّلْنَا ۝۱۸

19. Era nkulagirire eri Katonda wo omu-tye (obeere mugonvu gy'Ali, oluvannyuma lw'okubeera omukakanyavu, omubi era ali ewala n'obulungi)?

وَأَهْدِيكَ إِلَى رَبِّكَ فَتَخْشَى ۝۱۹

20. (Musa) n'amulaga obujulizi obunene.

فَأَرَاهُ الْآيَةَ الْكُبْرَى ۝۲۰

11. Amakulu nti oluvannyuma nga tumaze okubeera amagumba amamerengufu agavunze, ate tuddayo tutya okubeera abalamu?

14. Katonda agenda kulagira Malayika okufuuwa mu nngombe olufuuwa olwokubiri era awo ebitonde byonna bizuukire okuva mu ntaana, biyimirire mu nsi enjeru eteriiko lusozi wadde omuti oba ekikko, nga ssi yeeyo gye baali bamanyi.

15. Wano Katonda ategeeza Omubaka We Nabbi Muhamadi (s.a.w.) ku byafaayo by'omuddu We, era Nabbi we Musa (Emirembe gibeere ku ye), nga bwe yamutuma eri. Fir'auna n'amuwa n'ebyamagero, Awamu n'ekyo Fir'auna yalemere ku bubuze n'obukafiiri.

20. Musa yamulaga amazima n'obubonero obutegeeza nti ebyo by'amugamba bivudde eri k atonda; n'obujulizi obwo ky'ekyamagero eky'omuggo okufuuka omusota, n'omukono okufuuka jomweru ogwakaayakana n'ebirala bingi. Byonna awamu byawera mwenda.

21. Kyokka (Fir-auna) n'alimbisa (obujulizi obwo) era n'ajeema; فَكَذَّبَ وَعَصَى ﴿٦٧﴾
22. Bwe yamala n'akubayo amabega nga adduka. فَقَرَأَ دَبْرَ يَسْعَى ﴿٦٨﴾
23. N'akunngaanya ekibinja kye n'alangirira (n'ayogera ku nsonga eyo gye bali), فَحَشَرَ فَنَادَى ﴿٦٩﴾
24. N'agamba nti "Nze Mukama Katonda wammwe owa waggulu. (Ekigambo ekyo yakyogera nga yayogerayo dda ekigambo ekirala). فَقَالَ أَنَا رَبُّكُمُ الْأَعْلَى ﴿٧٠﴾
25. Katonda n'amubonereza (n'aba) eky'okulabirako ku lw'ekigambo kye eky'enkomerero (eky'okweyita Katonda) n'ekyasooka (eky'okugamba nti tewali Katonda okuggyako ye Fir'auna). فَأَخَذَهُ اللَّهُ نَكَالَ الْأَخْزَةِ وَالْأُولَى ﴿٧١﴾
26. Mazima mulimu mw'ekyo eky'okulabirako eri atya Katonda (ne yebuulirira nakyo n'atetantala bibonerezo bya Katonda). طُ ۞ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَوَعْبْرَةً لِّمَن يَخْشَى ﴿٧٢﴾
27. Abaffe! mmwe bazibu okutonda oba eggulu Katonda lye yakola? عَأَنكُمْ أَشَدُّ خَلْقًا أَمْ السَّمَاءُ بِمَا تَصَدَّى ﴿٧٣﴾
28. Yasitula omubiri gwalyo n'alyenkanyankanya. رَفَعَ سَمَكَهَا فَسَوَّيْنَهَا ﴿٧٤﴾
29. N'akwasa enzikiza ekiro kyalyo, n'aggyayo okwakayakana kwalyo (omusana). وَأَعْطَشَ لِيْلَهَا وَأَخْرَجَ ضُغْحَهَا ﴿٧٥﴾
30. N'ensi oluvannyuma lw'ekyo yagyaliiira; وَالْأَرْضَ بَعْدَ ذَلِكَ دَحَاهَا ﴿٧٦﴾

21. Fir-auna n'ayawukana ku bigambo bya Musa.

25. Abamu ku bannyonnyozi bagamba nti n'amubonereza bwe yamuzikiriza alyoke abere eky'okulabirako eri abaasooka n'abalijja oluvannyuma.

26. Ekigambo Fir-auna kye yasooka okwogera ky'ekigamba nti: Sibamanyiddeeyo Katonda wammwe mulala atali nze.

27. Wano Katonda nnyonnyola obujulizi bwennyini obukakasa ng'okuzuukira bwe kulibaa wo, ebyo ebitonde omuntu by'alabako era nga akakasa nti Katonda ye yabitonda. Eggulu lye lisinga obuzibu okukola okusinga mmwe abantu.

31. Yafulumya (okuva) mu yo amazzi gaayo, n'amalundi ro gaayo; أَخْرَجَ مِنْهَا مَاءَهَا وَمَرْعَاهَا ﴿٣١﴾
32. N'ensozi yazisimba n'azinyweza; وَالْجِبَالَ أَرْسَاهَا ﴿٣٢﴾
33. Ku lw'okweyagala kwammwe n'ebisolo byammwe. مَتَاعًا كَلِمًا وَلَئِنَّا لَكُم م ﴿٣٣﴾
34. Bwe kaliba nga kazze akabi akanene, akasukiridde (olwo lwe luliba Olunaku Lw'enkomerero), فَإِذَا جَاءَتِ الظَّامَةُ الْكُبْرَى ﴿٣٤﴾
35. Olunaku olwo omuntu alijjukira ebyo bye yateganira, يَوْمَ يَتَذَكَّرُ الْإِنْسَانُ مَا سَعَى ﴿٣٥﴾
36. Gulyolesebwa Omuliro (*Jahiimu*) eri alaba, وَبُرَزَّتْ الْجَحِيمُ لِمَنْ يَبْرَى ﴿٣٦﴾
37. Naye mazima oyo omuntu eyabula, فَأَمَّا مَنْ طَغَى ﴿٣٧﴾
38. N'akulembeza (okukolerera) obulamu bw'ensi, وَأَثَرَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ﴿٣٨﴾
39. Ddala (ku ye) omuliro (*Jahiimu*) bwo bwe buddo (bwe); فَإِنَّ الْجَحِيمَ هِيَ الْمَأْوَى ﴿٣٩﴾
40. Naye mazima oyo atya okuyimirira mu maaso ga Mukama Katonda we, n'aziyiza omwoyo (gwe) ku by'obwagazi: وَأَمَّا مَنْ خَافَ مَقَامَ رَبِّهِ وَنَهَى النَّفْسَ عَنِ الْهَوَى ﴿٤٠﴾
41. Ejjana (Ennyumba ey'emirembe) bwe buddo (bwe). فَإِنَّ الْجَنَّةَ هِيَ الْمَأْوَى ﴿٤١﴾
42. Bakubuuza ku Lunaku Lw'enkomerero nti ddi lwe luliyimirirawo? يَسْأَلُونَكَ عَنِ السَّاعَةِ أَيَّانَ مُرْسَاهَا ﴿٤٢﴾

31. Aggya amazzi mu ttaka n'ameza ebimera nga omuddo ogubeera mu malundi ro.

32. Nabbi (s.a.w.) yagamba nti Katonda yakola ensi n'ebeera nga teyuuga n'alyoka akola ensozi n'aziteeka mu nsi eno n'etereera.

33. Katonda yayalirira ensi, n'akulukusa amazzi, n'ameza ebimera lwa nsonga ya kubeeyagaza mmwe abantu ku lw'ebyo bye beetaaga: nga ebisolo olw'ennyama yaabyo n'amata gaabyo, okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwabwe.

34. Bwe kaliba nga kazze akabi akanene, akasukiridde, (olwo lwe Lunaku Lw'enkomerero).

35. Omuntu agenda kujjukira emirimu gye emirungi n'emibi.

36. Ne bagulabako n'amaaso gaabwe.

39. Omuntu akulembeza emirimu gy'ensi ku mirimu gy'eddiini, mazima obuddo bwe ku Lunaku Lw'enkomerero muliro (Al-Jahiimu).

43. Wa gy'onoggya ggwe okulwogerako?
44. Eri Mukama Katonda wo gye kukoma okulumanya.
45. Mazima ggwe oli atiisa abo abalutya.
46. Mazima bo olunaku olwo bwe baliba nga balulabye, baliba ng'abatatuulangako kuno ku nsi wabula ekiseera eky'olweggulo oba ekyokumakya

فِيمَ أَنْتَ مِنْ ذِكْرَهَا ﴿٣٤﴾  
إِلَى رَبِّكَ مِنْهَا ﴿٣٥﴾

إِنَّمَا أَنْتَ مُنذِرٌ مَنِ يَخْشَاهَا ﴿٣٦﴾  
كَانَ هُمْ يَوْمَ يَرَوْنَهَا لَمْ يَلْبِتُوا إِلَّا  
بِعَشِيَّةٍ أَوْ ضُحَاهَا ﴿٣٧﴾

44. Tekuli okumanyibwa kwalwo gyoli, oba eri omuntu yenna wadde malayika wabula kuli eri Katonda, amanyi ekiseera we lulibeerawo. Olw'ensonga eyo, Jibriilu bwe yabuuza Nabbi (s.a.w.) nti: Olunaku Lw'enkomerero lulibeerawo ddi? Nabbi (s.a.w.) yamuddamu nti: Tuli kimu ggwe alumbuzizza ne gwe balubuzizza. Ffena tewali amanyi kiseera we lulituukira.


46. Abawakanya amateeka ga Katonda bwe baliraba Olunaku olwo nga lutuuse, balibeera nga abataatuula kuno ku nsi bbanga ddene, wabula abaamalako ekiseera ekitono ennyo ekitaweza na lunaku lulamba.

## EBIFA KU SSUULA ABASA MU BUFUNZE (80)

Essuula Abasa entadikwa yaayo etunyumiza ku kyafaayo ekiraga era ekikakasa obwesigwa bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) mu kutuukiriza Obubaka bwe n'okuyita abantu okuyingira mu ddiini y'Obusiraamu. Nabbi (s.a.w.) yayogera mazima mu kutuusa obubaka obwamukkiranga newankubadde nga obumu bwalinga bumunenyanya, nga bwe kyali mu ntandikwa y'essuula eno.

Lumu Nabbi (s.a.w.) yali ali n'ab'ebitiibwa mu Bakuraish abaali tebannakkiriza bubaka bwe nga abayita bayingire mu ddiini era nga abannyonyola n'ebikwata ku ddiini, awo we yajjira omusajja muzibe omwawu eyali ayitibwa Abdallah Ibn-Ummi-Maktum. Ye musajja wattu yali tamanyi nti Nabbi (s.a.w.) yali atawaana na kumatiza Bakuraish ebikwata ku ddiini, era tewali n'omu yatwala mutawaana kumanya ani ayingidde, yatuukira ku kyamuleeta n'asaba Nabbi (s.a.w.) amuyigirize ebimu kw'ebyo Katonda bye yamuyigiriza mu Kuraane. Nabbi (s.a.w.) teyayagala kumutawaanya okumuggya ku by'aliko kyeyava yeekaba n'ajja n'emitaafu Ibn-Ummi-Maktum nga amubuuzza. Awo Mukama Katonda we yanenyeza Nabbi We olw'ekikolwa kyo eky'obutafa kw'oyo eyajja gy'ali nga ayagala okulungamizibwa ate ye Nabbi ne yetawaanya n'Abakuraishi abakaafiiri. Yamutegeeza nti Kuraane kitabo kya kubuulirira: yeebuulirira nako aba ayagadde, era afaafaaganirwa oyo atafaayo ku Kuraane n'Eddiini y'Obusiraamu. Katonda nga ayogera ku Kuraane yategeeza nti eri mu bitabo eby'ekitiibwa ebitukuvu, era eri na mu mikono gya Bamalayika abawandiisi ab'ekitiibwa. Eby'okunenyanya Nabbi (s.a.w.) bwe byaggwa Katonda yagenda mu maaso n'okunnyonyola omuntu engeri gye yatondebwa, empaka ze era n'obuteebaza bwe.

Essuula eno era etunnyonyola ekisa kya Katonda ku muntu nga amulaga nti ye yamukolera emmere ye gy'alya era n'ebisolo bye. Oluvannyuma ku nkomerero y'essuula Katonda atutegeeza ebitiiso by'Olunaku Lw'enkomerero n'abantu engeri gye balibeeramu, nga buli omu ali ku lulwe—n'omwana alituuka okudduka ku bazadde be n'abegaana nga anoonya ngeri yokka ey'okumuwonnya. Katonda yafundikira nga atunyumiza enkomerero y'abakozi b'ebirungi n'enkomerero embi erindiridde abatakkiriza abo abakozi b'ebyonoono ku nsi kuno.



## ESSUULA ABASA (80)

Yakkira Makka; Erina aya 42

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Yeekabye (Nabbi) n'ajja emitaafu,  
n'akyuka, عَبَسَ وَتَوَلَّى ①
2. Bw'amujjide muzibe. أَنْ جَاءَهُ الْأَعْيُنُ ②
3. Kiki ekikumanyisa oba olyawo  
anaatukula? وَمَا يَذْرُوكُ لَعَلَّه يُزَكَّى ③
4. Oba anaabuulirirwa ne kumugasa  
okuubuulirirwa? أَوْ يَذَّكَّرُ فَتَنْفَعَهُ الْذِكْرُ ④
5. Mazima oyo omugagga ayeetwala  
nti yeemala, أَمَّا مَنِ اسْتَغْنَى ⑤
6. Naawe gw'oyolekedde olyoke  
omulungamye; فَأَنْتَ لَهُ تَصَدَّى ⑥
7. Tolina musango bw'anaabeera nga  
tatukudde (takkiriza); وَمَا عَلَيْكَ إِلَّا يَزْكَى ⑦
8. Naye mazima oyo akujjide nga  
ayanguwa, وَأَمَّا مَنْ جَاءَكَ يَسْعَى ⑧
9. Nga naye atya Katonda, وَهُوَ يَخْتَصِي ⑨
10. Ggwe n'otofaayo ku ye! فَأَنْتَ عَنْدَهُ تَكْفِي ⑩
11. Nedda, ddala (bwe kityo si bwe kya-  
libadde)! Mazima yo (Kuraane, byo  
bigambo) bya kubuulirira (bitonde); كَلَّا إِنَّهَا تَذْكِرَةٌ ⑪

10. Wano Katonda yalaga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) okubeera nga yenkanyankanya wakati w'abantu mu kuyigiriza kwe obutayawulamu nti ono wa kitiibwa ate oli mukopi, oba nti ono mugagga oli mwavu, oba nti ono muto ono mukulu; wabula bonna kubayisa kyenkanyi olwo nno kisigale eri Katonda okulungamya gw'ayagadde.

12. Oyo ayagala ajjukire (Katonda oyo eyamukola).  
فَقَالُوا قَمَنْ شَاءَ ذَكَرَهُ ۗ (١٧)
13. (Okubuulirira kuno) kuli mu Kitabo eky'ekitiibwa.  
فِي صُحُفٍ مُّكْرَمَةٍ ۖ (١٣)
14. Ekisitufu era ekitukuvu,  
مَنْزُوعَةٍ مُّطَهَّرَةٍ ۙ (١٣)
15. Ekiri mu mikono gya Bamalayika (abawandiisi),  
بِأَيْدِي سَفَرَةٍ ۙ (١٥)
16. Ab'ebitiibwa, abatukuvu.  
كِرَامٍ بَرَرَةٍ ۖ (١٦)
17. Yakolimirwa omuntu! Kiki ekya-yitiriza okumukaafuwaza, (okumu-fuula awakanya amateeka ga Katonda)?  
قَتَلَ الْإِنْسَانَ مَا أَكْفَرَهُ ۗ (١٤)
18. Mu kintu ki (Katonda) mwe yamutonda?  
مِنْ أَيْ شَيْءٍ خَلَقَهُ ۗ (١٨)
19. Yamutonda mu mazzi agazaala (amani) n'amwenkanyankanya, n'amugerera (Ekiseera eky'obulamu bwe n'emirimu gye n'eky'okubeera nga mwonoonefu oba mulongoofu);  
مِنْ نُّطْفَةٍ خَلَقَهُ فَقَدَرَهُ ۙ (١٩)
20. Oluvannyuma n'amwanguyiza ekkubo (ly'okufuluma okuva mu lubuto lwa nnyina);  
نُّحُومٍ لَّيْسَ لَهَا رِيسَةٌ ۙ (٢٠)
21. Oluvannyuma n'amutta n'amuyingiza entaana (kabbuli);  
نُّحُومًا تَهُ فَا قَبَّرَهُ ۗ (٢١)
22. Ate bw'aliba ayagadde alimuzuukiza.  
نُّحُومًا إِذَا شَاءَ أَنْشَرَهُ ۗ (٢٢)
23. Nedda, tayinza muntu kumalayo ebyo Katonda by'amulagira.  
كَلَّا لَتَنَاقِضَ مَا أَمَرَهُ ۗ (٢٣)
24. Ateekwa omuntu atunuulire emmere ye; (bwe tumatira ekigambo kya Katonda eky'okumeza emmere kiraga nti era bw'atyo alisobola okuzuukiza abaafa):  
فَلْيَنْظُرِ الْإِنْسَانُ إِلَى طَعَامِهِ ۙ (٢٤)

17-32. Wano Katonda avuma abo abaawakanya okuzuukira, nga bw'agezaako okubalaga nga bwe baava awasirikitu, oluvannyuma n'abayisa mu mitendera egitali gimu okutuusa lw'abatta



25. Mazima Ffe twafukirira amazzi olufukirira, أَنَا صَبَبْنَا الْمَاءَ صَبًّا ۝٢٥
26. Bwe twamala ne twasa ettaka olwasa, ثُمَّ سَقَقْنَا الْأَرْضَ سَقًّا ۝٢٦
27. Ne tumeza (mu ttaka eryo) empeke, فَأَنْبَتْنَا فِيهَا حَبًّا ۝٢٧
28. N'enzabbibu n'ebimera ebiriikiriza omubiri وَعِنَبًا وَقَضْبًا ۝٢٨
29. N'emizayituuni n'emitende وَزَيْتُونًا وَنَخْلًا ۝٢٩
30. N'amalimiro agasakaatidde emiti emiwanvu ate eminene. وَحَدَائِقَ غُلَبًا ۝٣٠
31. N'ebibala n'essubi (omuddo, ebi-riibwa ensolo), وَأَكْهَادًا وَأَبْنًا ۝٣١
32. Nga bya kweyagala kwammwe n'ebisolo byammwe ebirundibwa mu bulamu obw'ensi. مَتَاعًا لَكُمْ وَلِأَعْمَالِكُمْ ۝٣٢
33. Bwe kuliba nga kuzze Okuboggola— (Okuboggola okwo kwe kufuuwa enngombe), فَإِذَا جَاءَتِ الصَّاعَةَ ۝٣٣
34. Olunaku olwo omuntu alidduka muganda we, يَوْمَ يَفِرُّ الْمَرْءُ مِنْ أَخِيهِ ۝٣٤
35. Ne nnyina ne kitaawe, وَأُمِّهِ وَأَبْنَيْهِ ۝٣٥
36. Ne mukazi we ne batabani be: (Buli omu alidduka munne nga tayinza ku muyamba n'akatono). وَصَاحِبَتَيْهِ وَبَنِيهِ ۝٣٦
37. Ku Lunaku olwo buli muntu aliba ku bibye (obutafa ku muntu mulala yenna ssi nsonga amuyita atya). لِكُلِّ أُمَّرٍ مِنْهُمْ يَوْمَئِذٍ شَأْنٌ يُغْنِيهِ ۝٣٧

n'abayingiza mu ntaana ate gy'alibaggya okubazuukiza ng'ayagadde. Bw'atyo Katonda alaga omuntu emmere ye n'eyo ey'ensolo gye ziryra nga nayo bw'eyita mu mitendera egitali gimu.

33—42. Bwe yamala ebyo n'atandika okunnyonyola ebimu ku biribecawo ku Lunaku Lwenkomerero.

38. Mu maaso g'abamu mulyakaayakana  
ku Lunaku olwo, وَجُودًا يَوْمَئِذٍ مُّسْفِرَةً ۝٣٨
39. Nga gasekaaseka era nga masanyufu:  
(Ago nno ge maaso g'Abakkiriza). ضَاحِكَةً مُّسْتَبْشِرَةً ۝٣٩
40. Ne mu maaso amalala ku Lunaku  
olwo galifuma (nga gajjudde enfuufu); وَرُجُودًا يَوْمَئِذٍ عَلَيْهَا غَبَرَةٌ ۝٤٠
41. Nga bugabisse obuddugavu bw'e-  
kizikiza: تَرْهَقُهَا قَتَرَةٌ ۝٤١
42. Abo nno be bakafiiri, abonoonyi. بِأُولَئِكَ هُمُ الْكٰفِرَةُ الْفَجْرَةُ ۝٤٢

## EBIFA KU SSUULA AT-TAKWIIR MU BUFUNZE (81)

Essuula At-Takwir yakkira Makka, era erina ensonga bbiri z'ennyonyolako; zombi nga zikwata ku bya nzikiriza. Esooka, bwe bukakafu bw'Olunaku Lw'enkomerero, n'enkyukakyuka ey'amaanyi erigawo ku njuba, emmunyeenye, ensozi, ennyanja, ensi, eggulu, ebisolo n'abantu. Ensonga eyokubiri, bwe bukakafu bw'Obubaka, n'okunnyonyola, ebitendo by'oyo Malayika abuleeta, era n'ebitendo bya Nnabbi (s.a.w.) afuna obubaka obwo n'abutuusa eri abantu. Oluvannyuma essuula ennyonyola engeri y'abantu aba bulijjo, ababuulirwa obubaka obwo, nga bwe bafaanana n'endowooza zaabwe.


Essuula eno ekifaananyi ky'etulaga ku nkyukakyuka erikulemba Olunaku Lw'enkomerero, ky'ekyo eky'amaanyi agalikyusa buli kintu okukiggya mu ngeri yaakyo eya bulijjo ne gagenda nga gasiikuula ebintu ebiri mu nteeko, olwo nno omuntu lw'alijjukira ebintu byonna n'emirimu gye yakola wano ku nsi emibi n'emirungi.

Essuula eno era erimu okuttegeza empisa embi cyali ekolebwa Abakuraishi abatakkiriza nga baziika abaana baabwe abawala mbu olw'okutya embalirira yaabwe ey'ebye-nsimbi okugootaana. Ekintu ekyo tekyali kya buntu n'akatono kubanga tewaali nsonga nnungamu lwaki abaana abato abo baali battirwa obwemage.

Ekitundu ekyokubiri eky'essuula kinnyonyola nti abo Katonda b'ayisaako obubaka bulyoke butuuke ku bantu aba bulijjo, bonna beesigwa. Okusooka Jibriilu Malayika abuleetera Nnabbi (s.a.w.) wa kitiibwa era agulumizibwa, ate Nabbi Muhammadi (s.a.w.) naye mwesigwa nnyo. Wabula awamu n'okuba nga Abakuraish abatakkiriza baali bamanyi bulungi obwesigwa bwe n'amazima ge, kyokka olw'obukyayi bwe baalina mu mitima gyabwe wamu n'ensaalwa, baasalawo okumujwetekako ebintu bisatu, nabyo bye bino:

- (1) Ekisooka baagamba nti: Nabbi Muhammadi mugwi wa ddalu, Katonda kwe kuba-ddamu n'abagamba nti nedda, si mugwi wa ddalu" abagwi b'eddalu tebayinza kwogera bigambo birimu magezi'ng'ebibye.
- (2) Ekyokubiri baagamba mbu sitaane y'emubuulira ebigambo by'ayogera eri abantu. Ekyo Katonda nakyo yakiddamu n'agamba nti: Kuraane eyo Nabbi (s.a.w.) gye yaleeta si bigambo bya sitaane, nti era abantu bangi abakolagana ne sitaane, gamba nga abalaguzi, naye tewali n'omu gwe yali ebuulidde bigambo bya Kuraane.
- (3) Ekyokusatu baagamba nti: Muhammadi (s.a.w.) ebyo byonna by'atubuulira alowooza birowooze. Obulimba bw'ekigambo ekyo bweyolefu kubanga Katonda yagamba Abakuraishi abo, bwe babanga balowooza nti Kuraane teyava wa Katonda wabula wa Nabbi Muhammadi (s.a.w.), kale nabo bawandiikeyo ekitabo ekifaanana nga Yo. Oluvannyuma lw'okumala okubalema okuleeta Katonda, yabasalirako n'abasaba essuula kkumi zokka, nazo bwe zaabalema okuleeta era n'ayongerera okubasalirako n'abasaba essuula emu yokka, naye nayo yabalema okuleeta. Kale awo baasinziira wa ate okugamba nti ebyo Muhammadi by'atubuulira alowooza birowooze ate nga nabo baabawa akakisa balowoozeeyo ebifaanana-gana n'ebya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ne balemwa? Katonda bwe yamala okulaba nga Abakuraishi abatakkiriza bali awo babulubuuta kwe kubabuuzi nti "mulaga ludda wa"? Amazima amatuufu baagaleka ne badda awo okwogera

**ebitaliimu nsa. Oluvannyuma lw'okumala okuyimirizaawo obujulizi obukakasa nga Kuraane bwe yava ewa Katonda yabawa omukisa okweronderawo ekkubo eddamu, wabula ku nkomerero n'agamba nti abantu tebayinza kwagala kintu kyonna okuggyako nga Katonda amaze kukibaagaliza bakyagale.**



## ESSUULA AT-TAKWIIR (81)

Yakkira Makka: Erina aya 29

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bw'eribeera nga enjuba ezingi-  
ddwako (ekitangaala kyayo ne ki-  
ggwaawo),

إِذَا الشَّمْسُ كُوِّرَتْ ١

2. Bwe ziribeera emmunyeenye nga zi-  
siikuuse (ne zikunkumuka nga  
tezikyayakaayakana);

وَإِذَا النُّجُومُ انْكَدَرَتْ ٢

3. Bwe ziribeera ensozi nga zifuumu-  
ddwa (ne ziggyibwa mu bifo byazo ne  
zifuuka enfuufu, ne zifuumuukira  
mu bbanga);

وَإِذَا الْجِبَالُ سُيِّرَتْ ٣

4. Bwe ziribeera engamiya ez'amawako  
nga zirekeddwa ttayo;

وَإِذَا الْعِشَارُ عُطِّلَتْ ٤

5. Bwe biribeera ebisolo by'omu nsiko  
nga bikunnganyiziddwa.

وَإِذَا الْوُحُوشُ حُشِرَتْ ٥

6. Bwe ziribeera ennyanja nga ziko-  
leezeddwa omuliro, (agabadde  
amazzi ne gatuntumuka).

وَإِذَا الْبِحَارُ سُجِّرَتْ ٦

7. Bwe giribeera emyoyo nga giteeka-  
teekeddwa mu mitendera gyagyo—  
(gyawuddwamu emirungi n'emiru-  
ngi, emibi n'emibi).

وَإِذَا الْتُفُوسُ زُوِّجَتْ ٧

8. Bwe balibeera abaana abawala abaa-  
ziikibwanga nga balamu ba-  
buuziddwa,

وَإِذَا الْمَوْءِدَةُ سُيِّدَتْ ٨

8. Mu biseera ebyedda Abawarabu tebaayagalanga baana baabwe abawala, nga babayita bivve ku nzigya zaabwe, kye baavanga babaziikanga nga balamu nga batya nti singa bakula basobola okwenda ne baleeta ekisiraane ku luggya, oluusi nga batya okubaliisa n'okubalabirira.

9. Nti baalangwa kibi ki okuttibwa; يَا أَيُّ دُنَيْبٍ قُتِلَتْ ٩
10. Bwe biribeera ebitabo (eby'emirimu gy'abaddu) nga byanjuluziddwa; وَأَذَا الصُّحُفَ نَشَرَتْ ١٠
11. Bwe liribeera eggulu nga libikuddwa (ne liggibwa mu kifo kyalyo); وَأَذَا السَّمَاءَ كَشَطَتْ ١١
12. Bwe gulibeera Omuliro nga guku-middwa; وَأَذَا الْجَحِيمِ سَعَّرَتْ ١٢
13. Bw'eribeera Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) ng'esebezeddwa; وَأَذَا الْجَنَّةَ أَرْلَقَتْ ١٣
14. Omwoyo gulimanya ebyo bye gwakolanga. عَلِمْتُ نَفْسٌ مَّا أَحْضَرَتْ ١٤
15. Ndayira emmunyeenye ezeeyoleka (zigenda ate ne zidda), فَلَا أَقِيمُ بِالْأَحْسَنِ ١٥
16. Ezitambula ate ne zibula (zeeyoleka ekiro ate ne zibula emisana); الْجَوَارِ الْكُنَّسِ ١٦
17. Ndayidde obudde obwekiro bwe bubeera nga bukunidde; وَالْيَلِيلِ إِذَا عَسَسَ ١٧
18. Ndayidde obudde obwokumakya bwe bubcera nga bwerudde; وَالصُّبْحِ إِذَا تَنَفَّسَ ١٨
19. Mazima Kuraane Kigambo kya Mubaka Ow'ekitiibwa (Malayika Jiburiilu; bigambo bye lwa kuba nti ye yabireetaanga okubiggya ewa Katonda Omugulumivu nga abireetera Nabbi), إِنَّهُ لَقَوْلُ رَسُولٍ كَرِيمٍ ١٩
20. Ow'amaanyi (Jiburiilu) awali Katonda Nnannyini *Arushi* atebnekdedde. ذِي قُوَّةٍ عِنْدَ ذِي الْعَرْشِ مَكِينٍ ٢٠

14. Oluvannyuma ebyo byonna nga bimaze okubeerawo, omuntu agenda kumanya ebyo bye yakola ng'ali ku nsi ebirungi oba ebibi.

15-19. Wano Katonda yalayira emmunyeenye, n'alayira ekiro era n'obudde obwenkya. Katonda y'amanyi kye yagenderera mu bitonde Bye okubirayira, naye kirabika nga yagenderera kukakasa ebyo bye yazaako okwogera ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ne Malayika Jiburiilu (emirembe gibe ku ye).

21. Agonderwa (bamalayika banne awo mu ggulu) era omwesigwa mu mazima ge. مُطَاعِرَةٌ تَمَّ أَمِينٌ ﴿٢١﴾
22. Ssi mugwi wa ddalu munnammwe (Muhammadi); وَمَا صَاحِبُكُمْ يَسْجُدُونَ ﴿٢٢﴾
23. Mazima yamulaba (Malayika Jibriilu) mu mpuyi z'eggulu enneeyolefu. وَلَقَدْ رَأَوْهُ بِالْأَفْقِ الْمُبِينِ ﴿٢٣﴾
24. Tali ye (Muhammadi) mu kwogera Ebitalabikako, afumiiitirizibwa nti mulimba. وَمَا هُوَ عَلَى الْعَيْبِ بِضَنِينٍ ﴿٢٤﴾
25. Era teri eyo (Kuraane) Kigambo kya sitaane eyagobwa mu kusaasira kwa Katonda. وَمَا هُوَ لِقَوْلِ سَيْطَانٍ رَّجِئٍ ﴿٢٥﴾
26. Kale olwo wa gye mulaga? فَأَيْنَ تَذْهَبُونَ ﴿٢٦﴾
27. Wabula yo (Kuraane) Kya-kujjukiza eri ebitonde: إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٢٧﴾
28. Eri oyo ayagala mu mmwe okulungama: لِمَنْ شَاءَ مِنْكُمْ أَنْ يَسْتَقِيمَ ﴿٢٨﴾
29. Temuyinza kwagala, wabula nga Katonda Omulezi w'ebitonde ayagadde وَمَا كُنَّا نَسْأَلُهُمْ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٩﴾

21. Katonda bwe yamala okutenda Malayika Jibriilu n'atandika okutenda Nabbi We Muhammadi (s.a.w) bw'amuyita munnammwe Muhammadi mu kumwogerako.

22. Abakaffiri baali bayuma Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bamuyita omugwi w'eddalu, Katonda n'abaddamu okubategeeza nti ssi mugwi waddalu munnammwe Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga bwe mulwozoza.

23. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yalaba Malayika Jibriilu mu kifaananyi kye ky'Obwamalayika emirundi ebiri. Ogwasooka yamulaba nga ali mu kifo ekiyitibwa *Al-Bahaa*, ate omulundi omulala yamulabira awali omuti *Assidrat Muntaha* ekiro, bwe yatwalibwa mu ggulu (Miraaje).

26. Amagezi gammwe gabalaza wa bwe mulimbisizza Kuraane, so nga amazima gaayo geeyolese.

29. Okulungama tekiri mu buyinza bwa muntu wabula Katonda y'alungamya oyo gw'aba ayagadde n'alyoka alungama, ate n'abuza oyo gw'aba ayagalizza okubula.

## EBIFA KU SSUULA AL-INFITAARI MU BUFUNZE (82)

Essuula eno yakkira Makka, era enyumya ku nkyukakyuka erigwawo mu bitonde, eyo enknyukakyuka Essuula At-Takwiir gye yamaze okututegeezaako. Naye essuula eno obutaafaanana na Ssuula At-Takwiir, etuwa ekifaananyi kirala nnyo okwawukana kw'ekyo ekyatuweereddwa.

Oluvannyuma lw'okutunyumiza ku kweyasaamu kw'eggulu n'emmunyeenye okukunyumuka oba okuzimirira, ng'enzivuunula za Kuraane ezimu bwe zigamba, teekako ennyanja okwegatta ne kabbuli okuziikulwa ebyo ebirituusa omuntu okujjukira buli kantu ke yakola ng'ali ku nsi kubanga olwo alimanya nti obudde bugayeggaye. Oluvannyuma lw'ebyo byonna Katonda nate akyukira omuntu n'amunenya, lwaki tayinza kumanya byengera bye yamuwa! Katonda agamba nti ye yamukola omuntu, n'amwennkanyankanya, n'amubumbira mu kifaananyi ekisingirayo ddala obulungi. Wabula ate kyewuunyisa okulaba nga ye omuntu tayinza kumanya bukulu bwa byengera ebyo, tayinza kugulumiza Katonda nga bwe kyalisaanye era tayinza na kwebaza byengera ebyo. Awo Katonda w'abuuliza omuntu ensonga eyamugayaaza okutuuka awo! Olw'okuba omuntu okumanya kwe kutono, nga bw'atayinza kuzuula nsonga yamugayaaza, Katonda kyeyava asalawo okugimubuulira; nayo kwe kulimbisa n'obutakkiriza Lunaku Lw'okubalibwa n'okusasulibwa. Omuntu bw'aba takkiriza nti waliyo Olunaku Lw'enkomerero olwo talina mulimu mulungi gw'ayinza kukola, wabula okukola ebibi, okuva lw'amanyi nti tewali kubalibwa.

Katonda ategeeza abantu mu ssuula eno nti tebasaanye kugayaala na kwesuulirayo gwa nnaggamba, kubanga waliwo Bamalayika abawandiika buli mulimo omuntu gw'akola era buli ky'akola bakimanyi. Abo bonna abalibeera nga baakola emirimu emirungi ne beewala n'ebintu ebyagaanibwa bajja kuba mu byengera, ate abajeemu ba mu muliro.

Mu kitundu ekisembayo eky'essuula eno, Katonda atubuulira obukulu bw'Olunaku Lw'enkomerero, n'agamba nti, tewali muntu yenna aliba na buyinza ku Lunaku olwo okuggyako Ye Katonda.





## ESSUULA AL-INFITAARI (82)

Yakkira Makka: Erina aya 19

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ

1. Bwe liribeera Eggulu nga lyezasizza-  
yasizza;

۞ اِذَا السَّمَآءُ اَنْفَطَرَتْ ۞

2. Bwe ziribeera Emmunyeenye nga  
zikunkumuse;

۞ وَاِذَا الْكُوْكُبُ اَنْتَثَرَتْ ۞

3. Bwe ziribeera Ennyanja nga ziwagu-  
ludde (ne zeeagatta ku zinnaazo);

۞ وَاِذَا الْبِحَارُ فُجِّرَتْ ۞

4. Bwe ziribeera Entaana nga ziziiku-  
ddwa (ne zivaamu abazibaddemu);

۞ وَاِذَا الْقُبُورُ بُعْثِرَتْ ۞

5. Omwoyo gugenda kumanya ekyo kye  
gwakulembeza, n'ekyo kye gwa-  
sembya emabega (mu kugondera  
Katonda).

۞ عَلِمَتْ نَفْسٌ مَّا قَدَّمَتْ وَاَخَّرَتْ ۞

6. Owange ggwe Omuntu! Kiki ekya-  
kugayaazanga ku Katonda wo Omu-  
gabi (ne weetantala okumujeemera)?

۞ يَا أَيُّهَا الْاِنْسَانُ مَا عَرَفَكَ رَبِّكَ اَلْكُرْبِيُّ ۞

7. Oyo eyakutonda n'akutereeza era  
n'akwenkanyankanya;

۞ الَّذِي خَلَقَكَ فَسَوَّاكَ فَعَدَلَكَ ۞

8. Mw'ekyo kyonna ekifaananyi kye  
yayagala yakugatta.

۞ فِيْ اَيِّ صُوْرَةٍ اَشَاءَ رَبُّكَ ۞

9. Nedda wabula mulimbisa Olunaku  
Olw'okusasulwa!

۞ كَلَّا بَلْ تُكَدِّبُوْنَ بِالَّذِيْنَ ۞

9. Ekibatusizza ku kujeemera Katonda kubeera nga mulimbisa okubalibwa n'okusasulwa ku Lunaku Olw'enkomerero.

10. Mazima ku mmwe kuliko Bamalayika abakuumi, وَدَانَ عَلَيْكُمْ لِحَفِظِينَ ⑩
11. Ab'ebitiibwa abawandiisi (b'emirimu gyammwe) كِرَامًا كَاتِبِينَ ⑪
12. Bamanyi ebyo bye mukola. يَعْلَمُونَ مَا تَفْعَلُونَ ⑫
13. Mazima Abalongoofu balibeera mu byengera; إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نَعِيمٍ ⑬
14. Ate mazima bo bonoonefu baliba mu Muliro (*Jahiimu*), وَأَنَّ الْفُجَارَ لَفِي جَحِيمٍ ⑭
15. Baligwesogga ku Lunaku Olw'okusasulwa, يَصَلُّونَهَا يَوْمَ الدِّينِ ⑮
16. Tebali bo ba kugubulamu (tebagenda kuguvaamu). وَمَا هُمْ عَنْهَا بِغَائِبِينَ ⑯
17. Kiki ekinaakumanyisa Olunaku Olw'okusasulwa; lwe luluwa? وَمَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الدِّينِ ⑰
18. Nate, kiki ekinaakumanyisa Olunaku Olw'okusasulwa; lwe luluwa? (Ekyo yakyogera ku lw'okugulumiza Olunaku olwo n'engeri yaalwo)? ثُمَّ مَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الدِّينِ ⑱
19. Lwe Lunaku lwe gutalifunira Omwoyo mwoyo mulala ekintu kyonna: N'ekigambo kyonna ku Lunaku olwo kiribeera kya Katonda Omugulumivu. يَوْمَ لَا تَمْلِكُ نَفْسٌ لِنَفْسٍ شَيْئًا وَالْأَمْرُ ۖ لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ⑲

13. Wano mu kitundu kino Katonda ategezza engeri abalongoofu gye balibeera mu byengera, abo abagondera amateeka ga Katonda, era n'engeri abajeemu gye balibeeramu nga babonyabonyezebwa mu muliro.

16. Tebagenda kuva mu bibonerezo bya Katonda wadde akasceru akatono.

19. Olunaku lw'atalisobola Omuntu omulala kuwonya munne mu buzibu bw'alibaamu, oku-gyako Katonda yekka y'aliba n'obuyinza okulagira.

## EBIFA KU SSUULA-MUTWAFFIFIINA MU BUFUNZE (83)

Essuula *Al-Mutwaffifiina* yakkira Makka. Erina Aya 36. Nga tunnyonyola ebififaako tugigabanyaamu ebitundu bina. Ekitundu ekisooka kirimu aya zino: (1-6). Mu aya zino Katonda alangirira olutalo ku bantu abalina obukuusa, abatatuukiriza era abatakolagana bulungi na bannaabwe mu buli ngeri yonna, n'okusingira ddala mu kusuubulagana ne mu kugula ebyamaguzi. Abo bwe baba nga be bapima tebatuukiriza ate be bakolagana nabo bwe babapimira babakaka babapimire butuufu. Abantu abalina empisa ezo Katonda yabalagaanyisa ebibonerezo n'okuzikirira ku Lunaku Lw'enkomerero, olwo abantu bonna lwe baliyimirira mu maaso Ge balamulwe kyenkanyi.

Aya (7-17): kino kye kitundu ekyokubiri mu ssuula. Katonda mw'ayogerera nga akanga era nga atiisa abakozi b'ebyonoono; ng'ensonga evaako kalumannywera w'obubuze bwabwe kwe kunyoomerera n'obutakkiriza bigambo bya Katonda nga babyiita eby'obulimba era nti nfumo z'abedda. Awo Katonda w'ayogerera ku bimbu ku bibonerezo ebiruma ennyo ebibalindiridde ku Nkomerero. Aya zikakasiza ddala nga bwe batajja kufunira ddala kakisa konna kwogera na Katonda, bajja kufuulibwa ekintu ekya wansi bayingire n'omuliro nga banyoomeddwa.

Aya (18-28) mu kitundu kino Katonda Omugulumivu ayogera ku muteeko ogw'abantu abakozi b'emirimu emirungi abaliyisibwa mu ngeri ey'enjawulo etafaanana na ya ba mutindo gusoose. Nga bw'eri engeri ya Kuraane Entukuvu kubanga yo buli lw'eyogera ku bajeemu ezzaako abalongoofu, kale n'ewa omuntu omukisa ye yesiimirewo omutindo gw'ayagala okubaamu. Abakozi b'emirimu emirungi balibeera mu byengera era nga n'obubonero bw'essanyu obumegerevu birabika ku byenyi byabwe buli w'oba obalabidde.

Aya (29-36) mu kitundu kino eky'enkomerero Katonda Omugulumivu yakomekerezera nga atulaga era nga atukubira ebifaananyi ebiraga engeri abakozi b'emirimu emirungi gye baanyoomebwangamu ku nsi kuno. Abajeemu abatakkiriza baabayeyanga nga babayisa bubu era nga babeezagalirako nga bwe bagamba nti babula. Naye Katonda alaga enkomerero y'abatakkiriza nga ya kufaaafaaganirwa era abakkiriza balibayeeya nga babeesasuzza bye baabakolanga. Katonda okwogera ku nkomerero y'abalongoofu n'abajeemu yayagala kugumya abakkiriza nga abagamba nti ebizibu byonna ebibatuukako ku nsi kuno abiraba; era n'abalagira bagumiikirize kubanga ajja kusasula buli muntu kyenkanyi okusinziira ku mirimu gye, abo abababonyabonya ba kuyingira muliro ate bo abakkiriza bayingire mu Jjana.

Katonda Omugulumivu okwogera ku bubu bw'obukuusa mu by'enkolagana mu ssuula eno eyakkira e Makka kyetaagisa okwogerako n'okunnyonyola, kubanga aya zonna ezakkira e Makka zaayogeranga ku misingi gy'eddiini. Okutwalira awamu, zaayogeranga ku Bwomu bwa Katonda, Okugera Kwe, Obuyinza Bwe mu kufuga ensi n'ebitonde byonna; era zaayogeranga ne ku kukakasa Obwannabbi bwa Mutume Muhammadi (s.a.w.), obubaka bwe, n'okukakasa Olunaku Lw'enkomerero n'ebirirubaako byonna; ng'okubalibwa, n'obulamu oluvannyuma lw'okuzuukira n'ebirala ebikwata ku ddiini. Naye ebikwata ku mpisa Abasiraamu ze bateekwa okugoberera n'amateeka agakwata ku nfuga ya *Government* y'Obusiraamu, n'amateeka agakwata ku by'enkolagana wakati w'abantu: (nga ebyenfuga n'ago agakwata ku by'obusuubuzi mu kugula ebyamaguzi n'ebirala); amateeka ago gayoggerwako mu aya ezakkira e Madina, kubanga olwo essira

lyali liteekeddwa ku kuteekateeka *Government* y'Obusiraamu n'enfuga yaayo. Naye okwogera ku mateeka g'eby'obusubuzi ne Katonda nga bwe yatiisa n'alagaanyisa n'ebibonerezo oyo akendeza ebipimo, oba alina obukuusa mu by'okusuubula mu ssuula eyakkira e Makka, kitegeeza nti eddiini y'Obusiraamu we yatandikira mu Makka bannaggagga baali beeyisa bubi mu busuubuzi, kubanga ensimbi ezasuubuzibwanga zaali mu mikono gy'akabinja ako akatono ak'ab'ebitiibwa. Abo abaali bannaggagga mu Makka, baalina n'obuyinza okukaka abantu ne babaggyako ebipimo ebituufu ate nga bo bwe babapimira tebatuusa bipimo. Ekyo kitegeerekeka okusinziira ne ku ssuula nga bw'eyogera kw'abo abantu b'etiisa n'okuzikirira, kiraga nti baali bannaggagga abaali balina omululu gw'emmaali nga balina n'empisa y'okwefuga ebyamaguzi. Bwe baabanga bagula ku bantu abalala nga babaggyako na kukozeza maanyi ebipimo ebigere mu butuufu.

Katonda okulabula abantu beekomeko ku mpisa ezo embi n'emize emirala egiri mu ttuluba eryo mu by'obusuubuzi gamba nga okulyazaamaanya, n'okweyisa obubi mu nkolagana eyaliwo nga Nabbi (s.a.w.) tannatumibwa, kiraga enkola empya eyali egenda okugobererwa Obusiraamu mu byenfuga n'ebyenfuna: Eddiini y'Obusiraamu yali tekkirizaganya nabo. N'olwekyo tekyewuunyisa okulaba nti Abakuraishi oluvannyuma lw'okutegeera ebigendererwa by'Obusiraamu baakola kyonna kye basobola okubulemesa tebusaasaana, kubanga bwajja kuziyiza kusinza bakatonda abagunjewe era n'okuziyiza empisa zaabwe embi.



## ESSUULA AL-MUTWAFFIFIINA (83)

Yakkira Makka: Erina aya 36

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi*  
*Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Okubonaabona kuli kw'abo abake-  
ndeeza ebipimo—(abakumpanya),

وَيْلٌ لِّلْمُطَفِّفِينَ ﴿١﴾

2. Abo bwe baba nga abantu (abalala)  
babagerera ababasaba babatuusize,

الَّذِينَ إِذَا أَنزَلْنَا عَلَی النَّاسِ سِتْرًا ﴿٢﴾

3. Naye bo bwe baba nga bagerera  
abalala oba nga babapimira; basa-  
lako (babattirira).

وَإِذَا كَانُوا لَهُمْ أَوْ ذُرُّهُمْ يُحْشِرُونَ ﴿٣﴾

4. Abaffe tebalowooza abo nti mazima  
bo ba kuzuukizibwa (babuuzibwe  
bye baakolanga)?

أَلَا يَظُنُّ أُولَئِكَ أَنَّهُمْ مَبْعُوثُونَ ﴿٤﴾

5. Ku Lunaku Olunene (Olw'enkome-  
rero),

لِيَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٥﴾

6. Olunaku abantu lwe baliyimirira eri  
Omulezi w'ebitonde?

يَوْمَ يَقُومُ النَّاسُ لِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦﴾

7. Mazima Ekitabo ky'abonoonyi kiri  
mu kkomera effunda *Sijjiin*—wansi  
w'Ensi ey'omusanvu).

كَلَّا إِنَّ كِتَابَ الْفُجَارِ لَفِي سِجِّينٍ ﴿٧﴾

8. Kiki ekinaakumanyisa; lye liruwa  
ekkomera lino (*Sijjiin*)?

وَمَا أَذْرَاكَ مَّا سِجِّينٌ ﴿٨﴾

9. (Kyo) kitabo ekiwandiike (mu nnyu-  
kuta z'ebibi).

كِتَابٌ مَّرْقُومٌ ﴿٩﴾

6. Olunaku abantu lwe baliyimirira eri Omulezi w'ebitonde nga balindirira okusasula n'okulamula Kwe.

8. Ekyo ky'ekigambo ekinene ate nga Kkomera lya bugenderevu era lya bibonerezo eburuma ennyo.

10. Okubonaabona ku Lunaku olwo kuli kw'abo abalimbisa وَيْلٌ لِّيَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿١٠﴾
11. Abo abalimbisa Olunaku Olw'okusasulwa (ne batakkiriza kubeerawo kwalwo). الَّذِينَ يَكْتُمُونَ بَيِّنَاتٍ مِنَ الدِّينِ ﴿١١﴾
12. Tayinza kulimbisa Lunaku Olwo wabula buli mulumbaganyi, omwo-noonyi! وَمَا يَكْتُمُونَ بِهِ إِلَّا كُلُّ مُعْتَدٍ أَثِيمٍ ﴿١٢﴾
13. Bwe biba bimusomeddwa Ebigambo Byaffe aziyita “nfumo z'abaasooka!” إِذْ أَتَى عَلَىٰ آيَتِنَا قَالَ أَأَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٣﴾
14. Nedda! wabula byetuume (ebibi) ku mitima gyabwe ebyo bye baali bakola! كَلَّا بَلْ رَانَ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٤﴾
15. Nedda, mazima bo ku Katonda waabwe (ku Lunaku olwo) ba kuziyizibwa (okumulaba). كَلَّا إِنَّهُمْ عَنْ رَوْحِ يَوْمِئِذٍ مُّحْجُونَ ﴿١٥﴾
16. Oluvannyuma mazima bo ba kwe-sogga Omuliro (*Al-Jahim*). ثُمَّ إِنَّهُمْ لَصَالُوا الْجَحِيمِ ﴿١٦﴾
17. Oluvannyuma baligambibwa nti: Kino (omuliro) ky'ekyo kye mwalimbisanga. (Baligambibwa batyo lwa kubakomekkereza na kubaswaza). ثُمَّ يُقَالُ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ تُكَذِّبُونَ ﴿١٧﴾
18. Kikakafu ddala Ekitabo ky'Abalongoofu kiri waggulu (gye kikumirwa)—*Illiyin*. كَلَّا إِنَّ كِتَابَ الْأَنْبِيَاءِ لَفِي عِلِّيِّينَ ﴿١٨﴾

10. Okubonaabona ku lunaku olwo kuliba kw'abo abalimbisa bwe baliba nga batuuse ku lunaku olwo (olw'enkomerero) eri ebyo Katonda bye yabategekera mu bibonerezo eby'olubeerera.

12. Tewali ayinza okulimbisa olunaku olwo wabula oyo yekka alumbagana okukola ebyo Katonda bye yaziyiza okukola.

13. Bw'abeera nga awulidde ebigambo by'Omubaka wa Katonda, abirimbisa n'alowooza nti byakunngaanyizibwa mu bitabo by'enfumo z'abedda.

14. Si kituufu era si bwe kiri nga bo bwe balowooza nti Kuraane Nfumo, wabula Yo bigambo bya Katonda, naye ekibaleetera okulowooza batyo n'okugaana okukkiriza by'ebibi eby'etuume ku mitima gyabwe.

15. Ku lunaku olwo olw'enkomerero tebagenda kulaba Katonda Omugulumivu eyabatonda, okuggyako Abakkiriza.

19. Kiki ekinaakumanyisa kye ki *Illiyiin*? وَمَا أَذْرَبِكَ مَا عَلَيَّوْنَ ۙ (19)
20. Kitabo kiwandiike (mu nnyukuta z'ebirungi), كِتَابٌ مَّزْقُومٌ ۙ (20)
21. Bakisemberera Bamalayika abali okumpi ne Katonda. يَشْهَدُهُ الْمُقَرَّبُونَ ۙ (21)
22. Mazima abalongoofu balibeera mu byengera: إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نَعِيمٍ ۙ (22)
23. Nga bali ku bitanda ebiri mu butimba nga batunuulira (ebintu byonna ebibetoolodde): عَلَى الْأَرْبَابِ يُنْظَرُونَ ۙ (23)
24. Olibamanya olw'okwakaayakana kw'okwesiima mu maaso gaabwe olw'ebengera. تَعْرِفُ فِي وُجُوهِهِمْ نَضْرَةَ النَّعِيمِ ۙ (24)
25. Balinywesebwanga ku mubisi (gw'omu Jjana) omusaanikire: يُسْقَوْنَ مِنْ رَحِيْقٍ مَّخْتُومٍ ۙ (25)
26. Enkomerero yaagwo (guwunya akawoowo ka kalifuuwa) '*Misiki*': Ne mu kyo bateekwa bavuganye abavuganya (bavuganye mu kukola emirimu emirungi): خَتَمَهُمْ مَسْكَٓ وَفِي ذَٰلِكَ فَلْيَتَنَافَسِ الْمُتَنَافِسُونَ ۙ (26)
27. Okutabulwa kwago Omubisi ogwo gwatabulwa mu (mazzi ga) *Tasniimu*: وَمِنْ رَٰجِهِمْ مَنْ تَشْتَبِهٖ ۙ (27)
28. Z'enzizi ze balinywangamu abaliba basembedde okumpi ne Katonda, (abaliyingira mu Jjana—Ennyumba Ey'emirembe). عَيْنًا يَشْرَبُ بِهَا الْمُقَرَّبُونَ ۙ (28)
29. Mazima abo abaayonoona baalinga basekerera abakkiriza, إِنَّ الَّذِينَ أَجْرَمُوا كَانُوا مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا يَضْحَكُونَ ۙ (29)

23. Nga batunuulira eri ebyo Katonda by'abagabudde mu byengera ebitaggaawo.

24. Singa otunudde mu maaso gaabwe omanyanya bumanya, olw'okutangalija kwago, okweyaga' kwe balimu n'ekitiibwa ku lw'ebengera ebitalojjeka.

27. Ekyokunywa ekitabuddwa mu ngeri eyo kye kiriba kisinga byonna ebiribeera mu Jjana

29. Mu kitundu kino Katonda ategeeza engeri y'abonoonyi gye balibaako ku Lunaku Lw nkomerero, oluvannyuma lw'okuba kuno ku nsi nga baasekereranga abakkiriza buki lwe baabayita ngako. Abakkiriza nabo olwo bagenda kwesasuzza ebyo byonna bye baabonyabonyezebwangamu kuno ku nsi nga biva mu batakkiriza.

30. Bwe baabeeranga babayiseeko nga babaziimuula; وَإِذَا أَمَرُوا لِيُحْمَتَ عَلَيْنَا فَوَقَا عَلَيْنَا ۚ
31. Bwe baabeeranga bazeeyo eri abantu baabwe (mu maka gaabwe) baddangayo nga beeyagala; وَإِذَا أُنقِلْنَا إِلَىٰ مَقَامٍ آخَرَ مِنَّا لَأَنقَلِبْنَ إِلَىٰ أَهْلِهَا إِنَّا لَأَنقَلِبُوكُم بِبَاطِنِ الْأَعْيُنِ لَعَلَّ أَهْلُهَا يَشْكُرُونَ ۙ
32. Bwe baabeeranga babalabye (abakkiriza) baagambanga nti, Mazima abo babuze! وَإِذَا رَأَوْهُمْ قَالُوا إِنَّ هَٰؤُلَاءِ لَضَالُّونَ ۙ
33. Sso nga tebatumbwanga kubeera bakuumi baabwe! وَمَا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ حَفِظِينَ ۙ
34. Ku Lunaku luno (Olw'enkomerero) Abakkiriza nabo bagenda kusekerera abakafiiri; قَالِئِمُ الَّذِينَ آمَنُوا مِنَ الْكُفَّارِ يَضْحَكُونَ ۙ
35. Nga bali ku bitanda ebiriko obutimba nga batunuulidde (ebintu byonna). عَلَىٰ الرَّآئِبِ يَنْظُرُونَ ۙ
36. (Nga beebuza) abaffe basasuddwa abakafiiri (ebibonerezo) olw'ebyo bye baalinga bakola? بَعْضُ هَلْ تُؤَبُّ الْكُفَّارَ مَا كَانُوا يَفْعَلُونَ ۙ

31. Bwe baabeeranga kuno ku nsi baddangayo mu maka gaabwe nga bavudde ku mirimu gyabwe nga bafunye buli kye baagala basanyufu nnyo. Awamu n'ekyo ne bateebaza Katonda ne badda mu kunyoomerera abakkiriza n'okubaziimuula.

33. Tebatumwanga abo aboonyi kubeera bakuumi abalabirira ebikolwa by'abakkiriza.



## EBIFA KU SSUULA AL-INSHIKA AK MU BUFUNZE (84)

Essuula Inshikaak yakkira Makka, naye okufaanana nga Ssuula At-Takwir, Al-Infitaar ne An-Nabaa eyogera ku nkyukakyuka ey'amaanyi etegeeza Olunaku L'wenkomerero, wabula ku mulundi guno, eno eri mu bufunze. Ekitendo ekyongeddwako ku bitendo by'enkyukakyuka kye tutaalabye mu ssuule essatu ezo nazo ezinyuma ku kintu kye kimu (An-Nabaa, At-Takwir ne Infitaar), ky'eky'eggulu okugondera ebiragiro bya Mukama waalyo n'ensi bw'etyo. Okusooka essuula zaabadde zitunyumiza bunyumiza ng'eggulu bwe liryeyasaamu n'ensi okuseetezebwa naye nga tezinnatutegeeza bwe biri-kolera ku biragiro bya Katonda.

Katonda buli luvannyuma lw'okwogera ku nkyukakyuka eyo nate akyukira omuntu n'amutegeeza nga bw'asaana okwekuba mu kifuba alowooze emirimu ki gy'agenda okwanjulira Katonda. Twalabye mu ssuula Infitaar nga Katonda abuuza omuntu ddala kiki ekimugayaza n'atuuka n'okumujeemera, ate mu ssuula y'emu Katonda ategeeza omuntu nti ekkubo erigenda ewuwe si lyangu era omuntu atekwa kutegana nnyo; mu kiseera kye kimu n'amutegeeza nti ku nsi tekuli mirembe. Mu aya y'emu (cyomukaaga) Katonda akakasa omuntu nti tatekwa kuggwaamu maanyi na kulowooza nti oba olyawo okutawaana kwe ng'anoonya ekkubo erigenda ewuwe (Katonda) kuyinza okumfa obwereere, nedda ajja kususinkana Katonda, era amwanjulire emirimu gye.

Omuntu ng'amaze okutuuka ewa Katonda gy'amaze ebbanga ng'atakabanira okutuuka, emirimu gye giryekenneenyebwa. Akabonero akaliraga nti emirimu gye mirungi era gikkirizidwa kwe kuwebwa ekitabo nga kimukwasibwa mu mukono gwe ogwa ddyo. Omuntu aliwebwa ekitabo mu ngeri eyo ajja kumanya nti okutakabana kwe tekugudde butaka, era ajja kuddayo ategeeze ku bantu be ye nga bwe bimugandedde obulungi era aliba musanyufu nnyo. Ate akabonero akaliraga nti omuntu emirimu gye mibi kwe kuwebwa ekitabo ekirimu kalonda yenna akwata ku mirimu gye yakola naye nga kiyisibwa emabega w'omugongo gwe. Kino gwe kirituukako ajja kwekubira enduulu (ebiwoobe) kubanga ajja kuyingizibwa muliro omukambwe ennyo oguyitibwa *Sairi* Omuntu ow'ekika ekyo bwe yali akyali ku nsi yalinga musanyufu ng'ali n'abantu be, era nga talowoozayo lunaku na lumu nti aliyimirizibwa mu maaso ga Katonda abitebye. Awo Katonda w'agambira nti: Nedda (alimba), mazima Katonda we yali amulaba.

Era mu ssuula eno Katonda atubuulira engeri emu ku ngeri z'okubalibwa; atutegeeza nti "oyo aliwebwa ekitabo mu mukono gwe ogwa ddyo ajja kubalibwa olubala olwangu." Nabbi (s.a.w.) yagamba ng'ayogera ku kubalibwa olubala olwangu nti: "Tekujja kuba kubalibwa wabula kujja kuba kwanjula bwanjuzi mirimu, kubanga omuntu alibalibwa olubala lwennyini olutuufu tajja kuwona, era teri muntu yenna ajja kubalibwa n'awona." Mukyala Aisha, Muka Nabbi atunyumiza nti lumu yawulira Nabbi (s.a.w.) ng'asaba Katonda mu zimu ku sswala nti: "Ayi Katonda mbala olubala olwangu." Aisha kwe kumubuuzza nti olubala olwangu lwe lufaanana luya? Nabbi (s.a.w.) n'amuddamu nti "Katonda ajja kutunula mu kitabo ky'omuntu butunuzi amuyiseewo awatali kubuuzibwa kana na kataano kubanga omuntu alibuuzibwa (Iwaki kino kiri bwe kiti, na kiri kiri kityo?) tajja kusimattuka.

Wano mu ssuula eno Katonda atunnyonyola obulamu nga bwe butali bwangu era omuntu alina okwolekera ebizibu bingi n'olwekyo alina kugumiikiriza na kwesigamira

ku Katonda. Abantu bwe bamala okumanya bwe batyo kiki ekibagaana okukkiriza Katonda? Katonda Ye yennyini y'abuza ekibuuzo ekyo, bw'amala okukibuza n'annyonyola endwadde y'abakaafiiri. Endwadde eyo kwe kulimbisa buli kye baba bawulidde. Katonda alagira Nabbi (s.a.w.) nga amugamba nti "Basanyuse (ng'obakudaalira) n'ebibonyobonyo ebiruma." Ng'empisa ya Kuraane bw'eri buli lw'eyogera ku bantu ababi eyogera ne ku balungi, wano Katonda yakomekkereza essuula ng'agamba nti "abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi balina empeera ey'obugenderevu."



## ESSUULA INSHIKA AK (84)

Yakkira Makka: Erina aya 25

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bwe liribeera Eggulu nga lyezasizza-yasizza,
2. Ne ligondera Ekiragiro kya Mukama waalyo, ne kukakasibwa ku lyo okugonda;
3. Bw'eribeera ensi nga eyanjuluziddwa,
4. N'esuula ebyo ebiri mu yo n'esigala nga njereere,
5. N'egondera Ekiragiro kya Mukama waayo, ne kikakasibwa ku yo okugonda.
6. Owange ggwe omuntu! Mazima ggwe ofaabiina olufaabiina (okukola emirimu) okulaga eri Katonda wo, oli wa kumusisinkana.
7. Naye oyo aliweebwa Ekitabo kye mu mukono gwe ogwa ddyo,
8. Kikakafu alibalibwa olubala olwangu,
9. Alikyuka okudda eri bakyalala be (mu Nnyumba Ey'emirembe) nga musanyufu!

إِذَا السَّمَاءُ انشَقَّتْ ۙ

وَأُذِنَتْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ ۖ

وَإِذَا الْأَرْضُ مُدَّتْ ۙ

وَأَلْقَتْ مَا فِيهَا وَتَخَلَّتْ ۖ

وَأُذِنَتْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ ە

يَأْتِيهَا الْإِنْسَانُ إِنَّكَ كَادِحٌ إِلَى رَبِّكَ  
كَدًّا حَافِئًا قَبِيهًا ۖ

فَأَمَّا مَنْ أُوذِيَ كِتَابَهُ بِمِثْقَلِ ذَرَّةٍ ۙ

فَسَوْفَ يُكَاسِبُ حَسَابًا كَبِيرًا ۙ

وَيُنْقَلِبُ إِلَىٰ أَهْلِهِ مَسْرُورًا ۙ

6. Emirimu gyo bwe giribeera nga mirungi, akusasule bulungi; bwe giribeera nga mibi akubonereze.

8. Tebagenda kwekennechenya nnyo mirimu gye.

10. Naye omuntu aliweebwa Ekitabo kye emabega w'omugongo gwe, وَأَمَّا مَنْ أَدْبَرَ كَتِبَةً وَرَأَى ظَهْرَهُ ⑩
11. Kikakafu alikaaba nga ayita woowe (nga okuba ebiwoobe), فَسَوْفَ يَدْعُوا ثُبُورًا ⑪
12. Ne yeesogga Omuliro Sa'iira ogwoka. وَيَصِلُ سَعِيرًا ⑫
13. Mazima ye yali (ku nsi) mu bakyala be nga musanyufu! إِنَّهُ كَانَ فِي أَهْلِهِ مَسْرُورًا ⑬
14. Mazima ye yaloozoa nti tagenda kudda eri Katonda we, era nti tagenda kuzibwawo oluvannyuma lw'okufa! إِنَّهُ ظَنَّ أَنْ لَنْ يَحُورَ ⑭
15. Nedda, (si bwe kiri Katonda agenda kumuzzaawo), kituufu mazima Katonda we (lubeerera) yalinga amulaba! بَلَىٰ إِنَّ رَبَّهُ كَانَ بِهِ بَصِيرًا ⑮
16. Ndayira ekire ekimyufu ekyo eki-baawo ng'enjuba yaakagwa; فَلَا أَقْسِمُ بِالشَّفَقِ ⑯
17. Ndayidde ekiro n'ebyo bye kiku-nngaanya (olwa buli kintu okudda gye kisula); وَاللَّيْلِ وَمَا وَسَقَ ⑰
18. Ndayidde omwezi bwe guba nga gujjude (ne gubeera ogwe ggabogabo); وَالْقَمَرِ إِذَا اتَّسَقَ ⑱
19. Mazima mulyebagala engeri okuva ku ngeri. لَتَرْكَبُنَّ طَبَقًا عَن طَبَقٍ ⑲
20. Balina ki ekibagaana okukkiriza? فَمَا لَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ⑳
21. Bwe babeera nga ebasomeddwa Kuraane tebvunnama, وَإِذَا قُرِئَ عَلَيْهِمُ الْقُرْآنُ لَا يَسْمَعُونَ ㉑

10-11. Emikono gye giriba gigattiddwa emabega, n'Ekitabo kye ng'akikwatidde emabega n'omukono gwe ogwa kono nga bw'akuba ebiwoobe.

13. Nga taloozoa Nkomerero era nga tafaayo ku ebyo ebiri mu maaso.

15. Yali alaba emirimu gye era nga agimanyi bulungi kwe kumusasula nga bwe giri.

19. Abantu bagenda kuisinkana ku Lunaku Lw'enkomerero nga bali mu buzibu n'engeri z'ebitiiso ebitali bya ngeri emu, olw'enkyukakyuka z'olunaku olwo.

21. Nsonga ki ebagana okukkiriza Nabbi (s.a.w.) n'O'lunaku Lw'enkomerero? Era lwaki bwe babeera nga basomeddwa ebigambo bya Katonda ebiri mu Kuraane tebvunnama olw'okuguluma ebigambo Bye?

22. Wabula abo abatakkiriza bagiri-  
mbisa. بَلِّغِ الَّذِينَ كَفَرُوا يُكْفِرُونَ ﴿٣٢﴾
23. Katonda Amanyi nnyo ebyo bye  
bakweka (mu bifuba byabwe), وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا يُوعُونَ ﴿٣٣﴾
24. Basanyuse nga obategeeza (mu kuba-  
kudaalira) ebibonerezo ebiruma, فَبَشِّرْهُمْ بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ﴿٣٤﴾
25. Wabula abo abakkiriza ne bakola  
emirimu emirungi balina empeera  
eteri ya kukendeezebwa. إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
لَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ﴿٣٥﴾

---

22. Engeri yaabwe ya kulimbisa na kuwalaza mpaka, na kuwakanya mazima.  
24. Okwo kwali kubakiina kubanga okusanyusa tekubaawo mu kubonereza.


## EBIFA KU SSUULA AL-BURUUJ MU BUFUNZE (85)

Katonda Omugulumivu yatandika essuula eno na kulayira eggulu erirabwako kubanga emisana lirabika olw'enjuba n'ekitangaala kyayo, era n'ekiro lirabika olw'okwaka kw'omwezi n'emmunyeene. Oluvannyuma Mukama Katonda yalayira ekintu ekitalabwako wabula ekitiibwa; naky'o lwe Lunaku Lw'enkomerero olwatulagaanyisibwa okusalirako emisango n'okusasulwa okusinzira ku buli muntu ky'akola. Katonda yalayira ebintu ebyo ng'ayagala okutegeeza engeri abakkiriza abasooka gye baabonyabonyezewamu abakafiiri. Okuyigganyizibwa bwe kutaabaggya ku nzikiriza yaabwe, abakafiiri baasalawo okubasimira olunnya ne bakumamu omuliro ne babasuulamu ne batuula awo emabali w'omuliro ogwo bo abakafiiri ne balaba abakkiriza nga bwe basiiriira. Ekyo ne kitabakwasa nsonyi wadde muli okwesisiwala nti ddala be bookya bantu Bannaabwe ate nga babalanga bwemage. Kubanga ddala okukkiriza Katonda si kye kibi ekituusa omuntu ku kuyigganyizibwa n'okwokebwa nga alaba! Mazima ddala abakkiriza abo baagumiikiriza, na ye Katonda yawoolera eggwanga ate si ekyo kyokka, wabula n'okukolimira abo abaababonyabonya. Kale singa abakkiriza bagumiikiriza mu buli kyona ekibatuukako Katonda Omugulumivu ajja kubasasula era yabalagaanyisa Ejjana. Wabula enkomerero y'abaababonyabonya muliro (Jahannama) n'ebibonerezo ebirala ebiruma ennyo

Essuula eno wadde erina aya ezo entono naye erina amakulu mangi, kubanga etunyumiza ekyafaayo ky'abakkiriza abo abaayokebwa ate n'etunyumiza n'ebikwata ku misingi gy'obukkiriza obw'amazima n'obugumiikiriza obw'ensusso abakkiriza abo aboogerwako by baalina; era etunyumiza n'engeri Katonda gye yasunguwaliramu ekikolwa ky'okwokya abakkiriza awamu n'abo abaakikola n'abalagaanyisa n'ebibonerezo. Essuula eno era eyogera ku bitendo hya Mukama Katonda ebiraga obuyinza Bwe nga bituukiraganira ddala n'ekinyumizibwako, kubanga ebitonde byonna biri mu mikono Gye. Buli kyonna ekizuukawo ku nsi kuno kiva mu kugera Kwe, na kusiima Kwe.

Katonda Omugulumiva yakomekkereza essuula eno nga atulaga enkomerero y'abakafiiri abo abeeyitanga ab'amaanyi abaalina amagye agaatiisanga: Kabaka Fir'auna n'ekibinja kye, n'ekika kya Thamuudu n'abasajja baakyo abazira nnamige. Ekyafaayo kya Kabaka Fir'auna (owa Misiri) Kiri nti, Katonda yamuzikiririza mu nnyanja, n'awonya Nabbi we Musa N'Abaana ba Isirairi be yali agobaganya era n'abwa ekitiibwa oluvannyuma lwa Fir'auna okuzikirira. Ate ebifa ku kika kya Thamuudu bitegeeza nga abo bwe baali abajeemu abatakkiriza Katonda oluvannyuma lw'okubatimira Nabbi Swalili ne bagaanira ddala okukkiriza; Katonda kye yava abazikiriza n'awonya Nabbi We n'abaton abaaali bamukkiriza.

Ekyafaayo kino ekitiisa era n'okwennyamiza buli mukkiriza kyazuukawo ku tandikwa y'Eddiini y'Obuyisiramu, mu kiscera agasajja agakafiiri we geesowolerayo nga namaze okunyiga olw'Abasiraamu okukkiriza Katonda, ne gabakaka bakaafuwale naye Abakkiriza ne bagaana. Kye baava basima olunnya ne bakuma omuliro ne balwetoolola nga baggaya kinnoomu nga bwe babakasuka mu muliro ne babatunuulira nga bwe basiiriira.



## ESSUULA AL-BURUUJ (85)

Yakkira Makka: Erina aya 22

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Eggulu linnannyini Mmu-  
nyeenye ennene;

وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الْبُرُوجِ ١

2. Ndayidde Olunaku olwagaanyi-  
zibwa (Olunaku Lw'enkomerero),

وَالْيَوْمِ الْمَوْعُودِ ٢

3. Ndayidde Omujulizi n'Omujulirwa;

وَشَاهِدٍ وَمَشْهُودٍ ٣

4. Baakolimirwa bannanyini kusima  
nkonko (ez'omuliro),

فَقِيلَ أَصْحَابُ الْأَخْطَرِ ٤

5. Omuliro ogwaka ennyo:

التَّارِدَاتِ الْوَقُودِ ٥

6. Mu kiseera bo bwe baali ku gwo nga  
batudde.

إِذْ هُمْ عَلَيْهَا قُعُودٌ ٦

7. Nga balaba bye bakola ku Bakkiriza.

وَهُمْ عَلَى مَا يَفْعَلُونَ بِالْمُؤْمِنِينَ شُهُودٌ ٧

8. Tebaabayigganyanga lwa nsonga  
ndala yonna wabula lwa kuba nga  
bakkiriza Katonda Ow'ekitiibwa,  
Atenderezebwa!

وَمَا نَقَمُوا مِنْهُمْ إِلَّا أَنْ يُؤْمِنُوا بِاللَّهِ

الْعَزِيزِ الْحَمِيدِ ٨

9. Oyo alina obufuzi obw'eggulu n'ensi!  
Era Katonda Alaba buli kintu.

الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ ٩

وَأَنَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ٩

3. Omujulizi ye Nabbi Muhammadi (s.a.w.). ate Omujulirwa lwe Lunaku Lw'enkornerero.

4-7. Wano Katonda annyonyola ekibiina ekimu eky'abakaaffiri abaaawaliriza abakkiriza abaaali awamu nabo okukaafwala. Abakkiriza bwe baagaana. ne basima enkonko, ne bakumamu omuliro, ne balagaanya nti singa temuddirira tujja kubasuula mu muliro. Abakkiriza ne bagaana okuddirira era ne basuulibwa mu muliro.

9. Tekiyinza kumwekweka ekintu kyonna ekiri mu ggulu oba ekiri mu nsi.

10. Mazima abo abaawalagganya Abakkiriza abasajja n'abakazi, oluvannyuma ne bateenenya, balina ebibonerezo eby'Omuliro (*Jahannama*) era balina ebibonerezo ebyokya.
11. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi balina Ejjana (Enyumba Ey'emirembe), gikulukutira wansi waayo emigga; Okwo kwe kwesiima okunene,
12. Mazima okuvumbagira kwa Katonda wo kuyitirivu (mu kuzikiriza).
13. Mazima Ye ye yatandikawo ebitonde era ye w'okubizzaawo, (oluvannyuma lw'okufa).
14. Era Ye ye Musonyiyi era Omwagazi,
15. Nnannyini *Arushi* Ow'ekitiibwa,
16. Omukozi wa buli kintu ky'ayagala.
17. Abaffe wabiwulira ebyafaayo by'eggye,
18. Erya Fir-auna ne Thamuudu?
19. Wabula abo Abaakafuwala bali mu kulimbisa (Amazima)!
20. Sso nga Katonda yeetoolodde emabega waabwe!
21. Naye yo eno Kuraane (Muhammadi gy'azze nayo), Kitabo kya kitiibwa
22. Era eri ku Lubaawo Olukuumbwa (*Al-Lawhul-Mahfuudhu*).
- إِنَّ الَّذِينَ قَتَلُوا الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ  
لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ۝١٠  
لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ۝١٠
- إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
لَهُمْ جَدَّتْ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ  
ذَلِكَ الْقَوْلُ الْكَبِيرُ ۝١١
- إِنَّ بَطْشَ رَبِّكَ لَشَدِيدٌ ۝١٢  
إِنَّهُ هُوَ يُبَدِّلُ وَيُعِيدُ ۝١٣
- وَهُوَ الْعَلِيُّ الرَّبُّدُّدُ ۝١٤  
ذُو الْعَرْشِ الْمَجِيدُ ۝١٥  
فَعَالٌ لَمَّا يُرِيدُ ۝١٦
- هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ الْجُنُودِ ۝١٧  
فِرْعَوْنٌ وَثَمُودُ ۝١٨
- بَلِ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي تَكْذِيبٍ ۝١٩  
وَاللَّهُ مِنْ دُونِهِمْ مُخِيطٌ ۝٢٠
- بَلْ هُوَ قُرْآنٌ مَجِيدٌ ۝٢١  
عَنْ نَبِيِّ نُوْحٍ مَحْفُوظٌ ۝٢٢

20. Asobola era wa maanyi, tayinza kulemwa kintu kyonna.

22. Olubaawo olukuumbwa Balamayika mu bufuzi obwa waggulu; Teyongerwako oba tekdenezabwa.



## EBIFA KU SSUULA AT-TWARIK MU BUFUNZE (86)

Essuula eno yakkira Makka, era ennyonnyola ku mbeera n'obubumbwa bw'omuntu nga bwe bukakafu obulaga nti Katonda asobola okuzzaawo omuntu ku Lunaku Lw'okuzuukira.

Katonda atutegeeza oluvannyuma lw'okulayira mu ssuula eno nti tewaliwo muntu kyetwala yenna eyeekolera by'ayagala awatali kuwandiikibwa na kuvunaanibwa. Buli muntu alina Bamalayika (nga bwe twalabye mu ssuula Infitaar) abawandiika ebibi bye n'ebirungi era abalitwala obuwandiike obwo ewa Katonda.

Essuula era erimu okunnyonnyola nti ku nsi tekuliiko muntu asaana kweluluntaliza ku banne kubanga abantu bonna ensibuko yaabwe eri emu, ate nga bava mu kintu ckyenyinyalwa n'ago ge mani. Katonda agamba nti; omuntu nga tannatandika kwekuza atekwa atunuulire ekintu kye yatondebwamu, bwe kiba nga kya bbeeyi kigeraageranyizibwa ne zzaabu olwo nno anaaba mutuufu okweyagala.

Katonda nate yaddamu n'alayira omulundi ogwokubiri mu ssuula y'emu n'agamba nti newankubadde abakaafiiri basala enkwe ezenkana zitya, naye tebayinza kuwangula Basiraamu, ate naye Katonda abasalira amagezi ge batayinza kuwangula kuyita ku Basiraamu. Katonda yalagira Nabbi (s.a.w.) okuba omugumiikiriza era n'abatakkiriza okugira ng'akyabaleka bayinaayina, basaalimbira mu nsi naye ekiseera kijja kutuuka Katonda abakoleko.



## ESSUULA: AT-TWARIK (86)

Yakkira Makka: Erina aya 17

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Eggulu n'Emmunyeenye ezirabika ekiro;

وَالسَّمَاءِ وَالطَّارِقِ ①

2. Kiki ekinaakumanyisa, ze ziruwa Emmunyeenye zino?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا الطَّارِقُ ②

3. Z'emmunyeenye ezaaka ennyo (ne zibotola enzikiza olw'okwaka kwazo okw'amaanyi);

النَّجْمِ الثَّاقِبِ ③

4. Mazima ku buli mwoyo kuliko omukuumi.

إِنْ كُلِّ نَفْسٍ لَّمَّا عَلَيْهَا حَافِظٌ ④

5. Ateekwa atunuulire omuntu (nga yefumiitiriza) kiki kye yatondwamu!

فَلْيَنْظُرِ الْإِنْسَانُ وَمِمَّ خُلِقَ ⑤

6. Yatondwa nga aggyibwa mu mazzi agasambattuka (mu kiseera ky'okufuluma kwago gasobole okutuuka mu nnabaana)

خُلِقَ مِنْ مَّاءٍ دَافِقٍ ⑥

7. Nga gafuluma okuva wakati w'omugongo gw'omusajja n'amasaabiro g'omukazi:

يَخْرُجُ مِنْ بَيْنِ الصُّلْبِ وَالتَّرَائِبِ ⑦

8. Mazima Ye Katonda muyinza, ku kumuzzaawo (oluvannyuma lw'okufa)!

إِنَّهُ عَلَى رَجْعِهِ لَقَادِرٌ ⑧

4. Buli muntu aliko Bamalaika Katonda be yassaawo okumukuuma.

5-7. Ekyo kisaana kirage omuntu nga bw'ali omunafu okusinziira ku bunafu bw'ekyo kye yavaamu. Oluvannyuma akakase nti oyo cyasobola okumuggya mu mazzi obuzi asobola bulungi nnyo okumuzuukiza oluvannyuma lw'okufa.

8. Nga Katonda bwe yasobola okumutonda era mu ngeri y'emu asobola okumuzzaawo, kubanga okutandika (okutonda) kuzibu nnyo okusinga okuzzaawo. Okuzzaawo kuba kwanguko.

9. Olunaku lwe birikwekulwa ebyama lwe lwo (Olunaku Olw'enkomerero),  
يَوْمَ يُنْفَخُ السَّرَابُ ﴿٩﴾
10. Tagenda kubeera (omuntu) na maanyi wadde omutaasa.  
فَمَالَهُ مِنْ قُوَّةٍ وَلَا نَاصِرٍ ﴿١٠﴾
11. Ndayidde Eggulu linnannyini kuvaamu nkuba eddingana okutonnya,  
وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الرَّجْعِ ﴿١١﴾
12. Ndayidde Ettaka linnannyini kweyasa (ne limeza ebimera),  
وَالْأَرْضِ ذَاتِ الصَّدْرِ ﴿١٢﴾
13. Mazima Yo (Kuraane) Kigambo ekisalawo mu bwenkanya:  
إِنَّهُ لَقَوْلٌ فَصْلٌ ﴿١٣﴾
14. Teri Yo (Kuraane) ya lusaago.  
وَمَا هُوَ إِلَّا هَزْلٌ ﴿١٤﴾
15. Mazima bo (abatakkiriza) basala enkwe,  
إِنَّهُمْ يَكِيدُونَ كَيْدًا ﴿١٥﴾
16. Nange (Katonda) ne nsala enkwe.  
وَأَكِيدُ كَيْدًا ﴿١٦﴾
17. Balindirizeeko abakafiiri: Obalindirizeeko akaseera katono (oluvaannyuma oija kulaba ebibonerezo ebinaabagwako):  
يَعْلَمُ قَوْمَهُلِ الْكٰفِرِينَ اٰمَلُهُمْ رُوٰدًا ﴿١٧﴾

10. Talisobola kuwona bibonerezo bya Katonda n'amaanyi Ge, oba okufuna omutaasa abimuggyamu.

14-15. Katonda bwe yamala ebyo n'agamba abo abalimbisa Kuraane ne bagezaako okuziyiza abantu okujja eri ekkubo lya Katonda, nti: bo basala enkwe abantu baawukane ku Kuraane ey'ekitiibwa.

16. Nange ne mbabonereza olw'enkwe zaabwe ne batasobola kuziyisaamu.

## EBIFA KU SSUULA AL-AALAA MU BUFUNZE (87)

Essuula eno yakkira Makka era Nabbi (s.a.w.) yali agyagala nnyo; era yagisomanga mu buli sswala za Iddi ne mu sswala y'Ejjuma. Essuula eno nkulu kubanga ekunngaanya ebikolo bisatu mu bikolo byenzikirza oba olyawo y'ensonga lwaki Nabbi (s.a.w.) yali agyaagala nnyo. Ebikolo ebisatu bye bino:-

- (1) Ekisooka kwe kwawula Mukama Katonda. Ekyo tukiggya mu kigambo kya Katonda ekigamba nti: "Yawula era otendereze erinnya lya Mukama wo Oyo asinga ebitonde byonna okuba owa waggulu."
- (2) Ekyokubiri kwe kukakasa nti wajja kubeerawo Olunaku Lw'enkomerero. Ekyo tukiggya ku kigambo kya Katonda ekigamba nti: "Wabula muyitiriza okwagala obulamu bw'ensi, nga ate obw'enkomerero bwe businga obulungi era n'obuwangaazi bwabwo."
- (3) Ekyokusatu kwe kukakasa nti: Nabbi (s.a.w.) yafunanga obubaka obuwa ewa Katonda. Ekyo tukiggya mu kigambo kya Katonda ekigamba nti "Tujja kuku-somesa era tojja kwerabira."

Malayika Jibriilu, bwe yamalanga okumuleetera Nabbi (s.a.w.) obubaka obuwa ewa Katonda nga Nabbi abuddinngana emirundi mingi aleme kubwerabira. Katonda keyyava amugumya nti taja kwerabira bubaka obwo ne bw'atafaabina nnyo na kubuddamu mirundi na mirundi. Katonda mu maaso ayongera n'agamba nti "okuggyako ebyo ebigambo (oba obubaka) Katonda bw'anaaba ayagadde okukwerabiza. Ate bwe tuba tusomye aya endala mu Kuraane tukisanga nti Katonda alina amakubo abiri ag'okuggyawo oba okusangulawo aya ezimu mu Kuraane, olw'amateeka agamu okuba amazibu Katonda n'ayagala okukendeezako oba olw'ensonga endala gye tutamanyi.

Amakubo ge gano:

- (1) Erisooka Katonda kwe kwerabiza Nabbi (s.a.w.) wamu ne Baswahaba bonna aya oba etteeka eryo.
- (2) Eryokubiri, Jibriilu kwe kukka n'ategeeza Nabbi (s.a.w.) nga aya emu bw'eba esanguddawo. Katonda agamba mu kitundu ekirala ng'annyonyola ku makubo ago nti, "Tetusangulawo aya yonna oba ne tugyerabiza wabula tuleeta esinga eyo obulungi oba egifaanana."

Katonda mu ssuula eno atutegeeza ensonga lwaki tusaanye okumwawula n'okumu-tukuza, agamba nti, kubanga yakola buli kitonde kyonna n'akitereza bulungi, ne kitabaako kamogo. Kwe kugamba, oli tayinza kuva eri n'agamba nti singa omuntu yalina amagulu asatu lwe yaalisinze okulabika obulungi, oba nti embuzi singa yalina amagulu abiri lwe yaalisinze okunyirira. Kale bw'olaba nti omuntu ayogera ebifaanagana bwe bityo aba adongwa budongwa era n'abantu batandika okubusabuusa amagezi ge. Katonda teyakoma ku kukola muntu kyokka wabula yategekera buli kitonde kyonna omulimu gwakyo, ekkubo ery'okunoonya ebyokulya ekigendererwamu kuwangaala n'e bbanga ekitonde ekyo lye kirimala ku nsi: akanyonyi kamanyi engeri gye kanoonyamu ekyokulya n'okwezimbira ekisu mwe kasula ate kasobola n'okuzaala.

Katonda nate atubuulirayo ekintu ekirala kye yatukolera ate nga kya mugaso, nakyo ge malundiro. Agamba nti ameza omuddo mu malundiro ensolo zaffe ne zisobola okulya omuddo ate oluvannyuma omuddo ogwo agukaza ne gufuuka omuddugavu kubanga

omuddo bwe guba ebisolo bigulidde ne guggwa mu ddundiro ate akasana ne kaakamu, obuddo obutono obuba busigaddemu bufuuka nga ebisasiro nga bukaze ate nu buddugala olw'omusana.

Essuula eno erimu okututegeeza nga Nabbi (s.a.w.) bwe yalagirwa abuulire abantu abo okubuulirira be kugasa, kubanga waliwo abantu okubuulirira be kutagasa era abantu ab'ekika ekyo Katonda yabayita "abantu abali mu kabbuli." Agamba mu aya emu "Mazima ggwe (Nabbi Muhammadi) tojja kuwuliza abo abali mu kabbuli."

Essuula eyongera n'etutegeeza nti okubuulirira bulijjo kugasa muntu oyo yekka abata aya Katonda naye omuntu bw'aba taty Katonda, okumubuulirira kuba nga kufuuyira ndiga mulere. Era omuntu oyo wa kuyingira muliro ogusingayo obukambwe, ate tagenda kusiiriira n'aggwaawo, wadde kufa n'awona ebibonyobonyo oba okubeera omulamu mu mbeera ennungi.

Era mu ssuula eno annyonyola endwadde y'abantu ebatuusa n'okumujeemera: nayo kwe kwagala ennyo obulamu bw'ensi okusinga obw'enkomerero. Katonda yamaliriza essuula ng'atutegeeza nti ebikolo by'enzikiriza n'ebirala ebimenyedwa mu ssuula eno tebiri mu Kuraane yokka wabula bisangibwa ne mu bitabo ebyaasooka ebya Ibrahiimu ne Musa.



## ESSUULA: AL-AALAA (87)

Yakkira Makka: Erina aya 19

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Tendereza erinnya lya Mukama wo  
owa Waggulu (omwogereko nga  
omugulumiza),

سَبِّحْ اسْمَ رَبِّكَ الْأَعْلَى ١

2. Oyo ayatonda n'atereeza; (yatonda  
omuntu n'amutereeza era n'amwe-  
nkankanya);

الَّذِي خَلَقَ فَسَوَى ٢

3. Era Oyo eyagera n'alunngamya;  
(yalunngamya omuntu n'amulagirira  
obulongoofu n'obwonoonefu, era  
n'alunngamya buli kiramu kyonna  
eri omugaso gwakyo);

وَالَّذِي قَدَّرَ فَهَدَى ٣

4. Era oyo Ayameza amalundiro (omuli  
buli ngeri ya muddo),

وَالَّذِي أَحْرَبَ الْأَمْزِجَى ٤

5. N'agufuula ebisubi ebikalu ebiddu-  
gadde (oluvannyuma lw'okuba  
omuddo omubisi).

فَجَعَلَهُ عِثَاءً آخَى ٥

6. Tujja kukusomesa (Kuraane, ggwe  
Nabbi) tojja kugyerabira (ng'osome-  
sebwa Malayika Jiburiilu),

سَنُقَرِّبُكَ فَلَا تَنْسَى ٦

7. Wabula ekyo Katonda ky'anaabeera  
ayagadde (okukwerabiza kibeera  
nga kisanguddwawo); Mazima ye  
Katonda y'amanyi eby'olwatu  
n'eby'ekyama.

إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ إِنَّهُ يَعْلَمُ الْجَهْرَ وَمَا  
يَخْفَى ٧

8. Tujja kukwanguyiza eri obwangu  
(okukola emirimu emirungi).

وَنُنَبِّئُكَ لِلْإِنْسَانِ ٨

9. Buulirira bwe kubeera nga kugasa okubuulirira. فَذَكِّرْ إِنْ نَفَعَتِ الذِّكْرَى ٩
10. Anaaganyulwa oyo atya Katonda: سَيِّدًا كَرِيمًا يَخْشَى ١٠
11. Anaakwesamba (okubuulirirwa) oyo omwonoonyi, وَيَتَجَبَّبُهَا الْأَشْقَى ١١
12. Oyo alyesogga Omuliro ogw'amaanyi (ku Lunaku Lw'enkomerero), الَّذِي يُصَلِّيُ النَّارَ الْكُبْرَى ١٢
13. Oluvannyuma tagenda kugufiiramu era tagenda kugubeeramu nga mulamu (obulamu obwesiimisa). ثُمَّ لَا يَمُوتُ فِيهَا وَلَا يَحْيَى ١٣
14. Mazima alokose oyo eyeetukuza, قَدْ أَفْلَحَ مَنْ تَزَكَّى ١٤
15. N'agulumiza erinnya lya Mukama we n'asaala (esswala ettaano). وَذَكَرَ اسْمَ رَبِّهِ فَصَلَّى ١٥
16. Wabula mukulembeza obulamu obw'ensi; بَلْ تُؤْتِرُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا ١٦
17. Sso nga Enkomerero (Obulamu Obw'oluvannyuma) y'esinga obulungi era ye y'okusigalawo. وَالْآخِرَةُ خَيْرٌ وَأَبْقَى ١٧
18. Mazima bino biri mu Bitabo ebyasooka, إِنَّ هَذَا لَبِيُّ الصُّحُفِ الْأُولَى ١٨
19. Ebitabo bya Ibrahiimu ne Musa. صُحُفِ إِبْرَاهِيمَ وَمُوسَى ١٩

13. Tagenda kuwummulako ku bulumi era tagenda kubeera mu bulamu obwesiimisa n'akatono.

14. Mazima alokose oyo ayeetukuza n'ava mu bukaafiiri obw'okugatta Katonda n'ekintu ekirala n'agamba nga ayatula n'olulimu lwe nti: *Tewali kintu kyonna kikakata kusinzibwa, wabula Katonda ali Omu, Omutonzi, Era Nabbi Muhammadi (s.a.w.) Mubaka wa Katonda.*

16. Ne mubeera nga mukolerera eby'oku nsi ne mutafaayo kukolerera Obulamu Obw'enkomerero.

17. Empeera za Katonda mu Bulamu Obw'enkomerero ze zisinga obulungi; era ze z'okusigalawo okusinga eby'oku nsi eby'okuggwaawo.

18-19. Ebyo ebyogeddwa okuva mu kigambo ekigamba nti: "mazima alokose" okutuuka wano biri mu bitabo ebyasooka nga Kuraane tennakka; Ebitabo bya Nabbi Ibrahimu ne Nabbi Musa.

## EBIFA KU SSUULA AL-GHAASHIYAH MU BUFUNZE (88)

Essuula Al-Ghaashiyah yajja okulunganya abantu badde eri Katonda, ng'ebajjukiza obuyinza bwa Katonda mu bintu ebiriwo ku nsi kuno n'okubatiisa Olunaku Lw'enkomerero era ekakasiza ddala empeera Katonda gy'alisasula abakozi b'ebirungi. Essuula etandika n'ekibuuzo ekyayolekezebwa eri Nabbi (s.a.w.)! Nabbi buli lwe yawuliranga essuula eno nga esomebwa yawuliranga ddala nti ekibuuzo ekyo kyolekezeddwa eri ye yennyini. Katonda Omugulumivu abuuzza Nabbi (s.a.w.)! "Abaffe yakutuukako embooji efa ku Ghaashiyah (Ekibuutikira)?" Bwe tutunula mu zimu ku njogera (Hadith) za Nabbi, tulaba nga Nabbi (s.a.w.) yaddamu ekibuuzo ekyo era n'akakasa nti yatuukibwako embooji eyo. Lumu Nabbi (s.a.w.) yali atambula n'ayita ku mukazi nga asoma aya egamba nti "Yakutuukako embooji efa ku Ghaashiyah". Nabbi (s.a.w.) yayimirira n'awuliriza oluvannyuma n'addamu nga agamba nti "Yee yantuukako embooji eyo". Ghaashiyah (Ekibuutikira) kimu ku bitendo by'Olunaku Lw'enkomerero kubanga lulibuutikira abantu olw'ebitiiso byalwo.

Aya (2-7) Katonda Omugulumivu yazitandika na kutunyumiza bibonerezo na bitiiso bya Lunaku olwo nga tannatunyumiza byengera. Oba olyawo ekyagendererwa kwe kukwataganya bigambo ebyo ne aya esooka. Katonda ayogera ku byenyi ku Lunaku olwo naye nga ky'ategeza be bantu bennyini bannannyini byo. Ku Lunaku olwo ebyenyi ebimu birituuka ku bibonyobonyo ebyo nga bwe bimenyeddwamu mu ssuula; naye ssi ebyo byokka wabula n'ebirala bingi nga Katonda bw'abitutegeza mu ssuula ezikulembedde era nga bw'abinnyonnyola mu Kuraane Entukuvu mu ssuula ezijja endala, abo nno abalituuka ku bibonerezo ebyo be bakozi b'emirimu emibi abataakolanga ku lwa Katonda, ne bakolerera ensi, ne bateesibira ntanda ya Lunaku olwo, era balisanga bye baakola nga bibatwala mu muliro n'okubeera mu bibonerezo emirembe n'emirembe.

Aya (8-17) mulimu okututegeza nga bwe walibaawo ebyenyi ebiryesiima ku lw'emirimu emirungi. Abo nno be bantu abatya Katonda ku nsi kuno, be bakola ku lwa Katonda abagoberera ebragiro Bye ne beewala bye yaziya. Oluvannyuma Katonda atunyumiza ku byengera ebiribeera mu Jjana ng'ate bino byawukanira ddala ne ku bye yatunyumizizzaako mu ssuula ezaakulembedde, nga Katonda Omugulumivu bwe yatutendera obulungi bw'Ejjina mu Jjuze eno Amma era ne mu bitundu bingi ebirala mu Kuraane Entukuvu.

Aya (18-20): Katonda bw'amala okutambuza ebiwoozo byaffe nga atunyumiza ku bikwata ku bulamu oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira, atuzza ku nsi kuno nga atukubira ebifaanananyi ku bitonde ebimu ebiraga obuyinza Bwe olwo omuntu alyoke yeebuulirire adde eri Katonda. Aya zino zikunngaanya ebimu ku byamagero bya Katonda mu bitonde. Katonda agamba nti: "Abaffe tebatunuulira ngamiya ne balaba engeri gye yatondebwamu?" Engamiya kisolo kya mugaso nnyo eri Abawarabu; kubanga bakyebagala ng'ekidduka mu ngendo zaabwe, ne banyuna amata gaakyo era ne balya n'ennyama yaakyo; mu bwoya bw'engamiya n'eddiba lyayo baggyamu ebyambalo, kale kye kimu ku bintu ebirimirizaawo obulamu bwabwe. Engamiya erina n'ebirala ebigyawula ku nsolo endala; kubanga wadde nncene ate nga ya maanyi yeeetikka n'ebintu ebizitowa naye nsolo nngonvu, ekkiriza n'omwana omuto okugyebagala, naye wadde erina emigaso egyo gyonna cbyetaagisa mu kugiribirira bitono. Engamiya y'ensolo



esinga okugumira enjala, ennyonta, n'obudde obubi, okusinga ensolo zonna eziwangaala n'abantu.

Eggulu nalyo kimu ku byamagero bya Katonda kubanga Katonda nga bw'agamba mu Ssuula An-Naaziaat, Yatumbiiza akasolya kaalyo n'alyenkanyankanya. Naye wadde lyatumbiira okutuuka awo teririiko mpagi zirikwatiridde, kuliko emmunyeenye ezitalika n'ebirala ebyewuunyisa. Abaffe, abantu bwe balitunuulira tekibamala kukakasa nti ddala liriko omutonzi? Omuntu nga akozesezza amagezi ge ekyo tekimwetaagisa kulowooza nnyo wadde okunoonyereza mu bitabo bya *sayansi*, wabula olutunula lumu nga akozesa amagezi lumumala okukakasa nti Katonda gyali eyatonda ebitoronde n'eggulu. Omuntu bw'atunuulira eggulu n'asigalamu akakunkuna kale atunuulire ensi alabe engeri gye yaseetezebawamu, ekisobozesa omuntu okuwangaalirako n'okukolerako buli ky'ayagala. Katonda yakomekkereza n'eky'amagero ky'ensozi engeri gye zaasimbibwamu: ebyo byonna byamagero ebirabwako, omuntu by'ayinza okutunuulira n'avaawo nga amatidde nti ddala waliwo Katonda ow'obuyinza eyamukola n'akola buli kintu.

Aya (21-26) Oluvannyuma Katonda akuyukira omubaka We Muhammadi (s.a.w.) n'amutegeeza obuvunaanyizibwa bwe we bukoma mu kutuukiriza omulimu gw'obubaka, era wano ategeza nga bw'azuukusa abantu oluzuukusa olw'enkomerero era abategeza nti buli kikolebwa kya kwanjulwa mu maaso Ge, omuntu wa kubitebya bw'aliba abuuuziddwa akana n'akatano, kubanga ewa Katonda y'eri obuddo. Nabbi (s.a.w.) alagirwa ajjukize abantu eddiini n'emisingi gyayo, abajjukize Enkomerero n'ebitiiso byayo era abajjukize nti ddala ebintu ebiri ku nsi bye balaba biriko omutonzi; wabula tafangayo kukaka oyo aba tayagadde na kumuyingiza mu ddiini lwa mpaka. Katonda agamba nti: "Tewali kukaka muntu kuyingira mu ddiini nga bumaze okweyoleka obulungamu okuva ku bubuze" (Ssuula Bakara). Awo omuntu ayinza okwebuuzza nti ate lwaki Abayisiraamu baalwana entalo z'eddiini? Abamu ab'endowooza entono we bagambira nti eddiini y'Obuyisiraamu yasaasaana na kitala, sso nga mu mazima ddala entalo ezo ez'eddiini tezaali za kukaka bantu kuyingira Buyisiraamu, wabula zaagawo lwa kutaasa bantu ba bulijjo—okubaggya mu kulyazaamaanyizibwa bakabaka abataali benkanya. Eky'okulabirako obufuzi bw'Abaruumi n'Abakuraishi obwali buzimbiddwa ku kulyazaamaanya abantu n'abateesobola. Olw'okununula abantu okubaggya mu ffugabbi eryo, Katonda kyeyava atuma Nabbi (s.a.w.) nga azze n'eddiini eya mazima (Obuyisiraamu) alyoke atekewo enfuga ey'obwenkanya.

## OBUJULIZI OBULAGA NTI OKUSAASAANA KWOBUSIRAAMU TEKWAYITA MU MAANYI GA KITALA

(1) Nabbi (s.a.w.) bwe yali nga akwali e Makka yabonyabonyezebwa nnyo awamu n'abamukkiriza n'atuuka n'okubalagira basengukire mu Abyssinia (Ethiopia) olw'okuyitirira kw'ebibonyobonyo by'Abakuraishi, naye teyabalagira kwerwanako ate nga baali bamalirivu.

(2) Abantu b'e Madina Nabbi gye yasengukira okutandika okusiramuka n'okutuuka okumuyita asengukireyo, baamala kumatira ddiini ya Busiraamu, naye tebaamala kuwagulwa.

(3) Nabbi ng'atuuse e Madina yakola endagaano ey'okuwangaalira mu ddembe n'ab'enzikiriza endala, nga Abayudaaya, naye teyabalwanyisa kuyingira mu Busiraamu.

(4) Amageye g'Abasiraamu agaabanga gatumiddwa okugenda okulwana tegaatandiki-

rangawo lutalo okuggyako luvannyuma lwa nteeseganya kugootaana, na mpuyi zombi butakkiriziganya mu kuteeseganya okwo. Abasiraamu baawanga abalabe eddembe oku-londawo ekimu ku bintu ebisatu:

(a) Okuwa omusolo eri '*Government*' y'Abasiraamu; kisobozese Abasiraamu okulabirira ekitundu ekyo.

(b) Okusiramuka.

(c) Olutalo; kye baabanga beesaliddewo nga Abasiraamu kye bakolerako.



## ESSUULA AL-GHAASHIYA (88)

Yakkira Makka: Erina aya 26

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Abaffe byakujjira ebyafaayo  
(by'Olunaku Lw'okuzuukira) okuli-  
bikka ebitonde (olw'obuyitirivu  
bw'ebitiiso byalwo)?

هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ الْغَاشِيَةِ ١

2. Amaaso agamu ku Lunaku olwo ga-  
liba makkakkamu (maswavu),

وَجُودًا يُؤْمِدُ أَخْشَعَةَ ٢

3. Agaakolanga gategana (kuno ku nsi,  
ebyo ebitali bya Ddiini ya Katonda),

عَاقِلَةً تَأْصِبُهُ ٣

4. Bwe balyesogga Omuliro ogwe-  
ngeredde,

تَصَلُّ نَارًا حَاقِمَةً ٤

5. Ne banywesebwa mu luzzi olwesera,

تُسْقَى مِنْ عَيْنٍ أَرِيَّةٍ ٥

6. Tebaliba na mmere gye balirya  
okuggyako ekimera cky'amaggwa  
(Dhariia)

لَيْسَ لَهُمْ طَعَامٌ إِلَّا مِنْ ضَرِيعٍ ٦

7. Tekigezza era tekivumula njala.

لَا يُنْمِنُ وَلَا يُغْنِي مِنْ جُوعٍ ٧

8. Amaaso amalala (ag'Abakkiriza)  
galibeera mu byengera nga gali mu  
kwesiima, (olw'ebyo Katonda  
by'abawadde),

وَجُودًا يُؤْمِدُ نَاعِمَةً ٨

9. Ku lw'okutegana kwago (kuno ku nsi  
n'okugondera Katonda) nga gasii-  
mye

لَسَعِبًا رَاضِيَةً ٩

10. Nga bali mu Jjana (Ennyumba  
Ey'emirembe eya waggulu),

فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ ١٠

11. Tebagenda kuwulira luyoogano lwonna mu yo:
12. Mulimu ensulo ezikulukuta:
13. Mulimu Ebitanda ebisitufu,
14. N'ejjiraasi z'ebiyokunywa ezitegekeddwa,
15. N'emitto egisimbiddwa ennyiriri (nga nga buli wonna omuntu w'ayagala okutuula asangawo omutto kw'atuula ne kwe yeestigama),
16. N'ebyaliiro (ebiwempe) ebyaliriddwa buli wantu.
17. Abaffe tebatunuulira Engamiya nga bwe yatondebwa: (Kubanga Engamiya yatondebwa mu ngeri eyeewunyisa: awamu n'ekyo egondera omuntu omunafu n'ekkiriza okwetikka emigugu emizito era esobola okumala ebbanga nga tenywedde mazzi)?
18. Era n'eri Eggulu, engeri gye lyasitu-libwamu (awatali mpagi ziriwani-ridde)?
19. Era n'Ensozi engeri gye zaasimbibwamu ne zinyweza ensi (okulema okuyuuga, ate n'ateeka mu zimu ku zo ebirombe eby'obugagga obw'omuttaka)?
20. Era (tebatunuulira) Ensi engeri gye yayalirirwamu?
21. Buulira ggwe (Nabbi Muhammadi), mazima ggwe oli mubuulizi (akoo-woola abantu okujja eri eddiini ey'amazima—Obusiraamu).

لَا تَسْمَعُ فِيهَا لَأَغِيَةً ۝١١<sup>ط</sup>

فِيهَا عَيْنٌ جَارِيَةٌ ۝١٢  
فِيهَا سُرُورٌ مَرْفُوعَةٌ ۝١٣

وَآكَوَابٌ مَوْضُوعَةٌ ۝١٤

وَنَمَارِقٌ مَصْفُوفَةٌ ۝١٥

وَزَرَاقِيٌّ مَبْتُوثَةٌ ۝١٦

أَفَلَا يَنْظُرُونَ إِلَى الدَّيْلِ كَيْفَ خُلِقَتْ ۝١٧

وَأِلَى السَّمَاءِ كَيْفَ رُفِعَتْ ۝١٨

وَأِلَى الْجِبَالِ كَيْفَ نُصِبَتْ ۝١٩

وَأِلَى الْأَرْضِ كَيْفَ سُطِحَتْ ۝٢٠

فَذَكِّرْ إِنَّمَا أَنْتَ مُذَكِّرٌ ۝٢١

22. Toli wa maanyi ku bo; (toyinza kubakaka kukkiriz, mateeka ga Katonda lwa mpaka).

لَسْتَ عَلَيْهِمْ بِمُصَيْطِرٍ ﴿٢٢﴾

23. Wabula oyo akyuka (okuva ku kula emirimu gy'eddiini, n'ayawukana ku mazima), n'awakanya,

إِلَّا مَنْ تَوَلَّى وَكُفِّرْ ﴿٢٣﴾

24. Katonda agenda kumubonyabonya ebibonyobonyo ebinene.

فَيَعَذِّبُهُ اللَّهُ الْعَذَابَ الْأَكْبَرَ ﴿٢٤﴾

25. Mazima Gye Tuli y'eri obuddo bwabwe;

إِنَّ إِلَيْنَا أِيَابَهُمْ ﴿٢٥﴾

26. Oluvannyuma kuli ku Ffe okubali-bwa kwabwe.

لَقَدْ نُنَجِّيكَ إِنَّا عَلَيْنَا حِسَابُهُمْ ﴿٢٦﴾

26. Tugenda kubala emirimu gayabwe, era tubasasule empeera yaabwe; bwe giriba nga mirungi tubasasule bulungi, bwe giribeera nga mibi tubabonereze.

## EBIFA KU SSUULA AL-FAJRI MU BUFUNZE (89)

Katonda yatandika essuula eno na kulayira mmambya, okwo n'azzaako ebiro ekkumi n'ebirayiro ebirala. Wabula ebiro ekkumi ebyo Katonda bye yagenderera biyinza okuba nga z'ennaku ekkumi ezisooka mu mwezi gwa Zul-Hijja. Oluvaannyuma lw'ebirayiro ebyo Katonda yayagala abantu bamanye nti bikulu nnyo kyeyava abuuza nti: "Abaffe mw'e-byo mulimu okulayira eri oyo alina amagezi?"—amakulu nti: ebintu ebyo bibalibwa nga bikulu. Katonda yayagala abantu ekyo bakyeddemu bokka.

Katonda abuuza Nabbi we (s.a.w.) obanga teyalaba ebyo bye yakola abasajja Abaali emirangaatira eb'ekika kya Aadi n'ab'ekika ekyo Thamuudu, abaawuukuulanga enjazi ne bakolamu amayumba, okwo gattako omusajja eyeeyita Katonda, Fir'auna eyalina amageye agatagambika, eyazimba n'emizimbo obwaguuga. Oba Katonda yasobola okuzikiriza abasajja abo abamanyiddwa nga be baali basinga amaanyi ku mireembe egyo, era ne Katonda b'agamba nti tewatondebwanga basajja balala balinga abo mu nsi. Abakafiiri b'e Makka tebasana kwewaga, era Nabbi atekwa kuba mugumu kubanga nti Katonda yali akyabalese bulesi naye si kuba nti baamulema.

Mu kitundu ekyokubiri mu ssuula eno Katonda atutegeeza nga bw'agezesa abantu, era ebigezo bye tewali ayinza kubiwona. Agamba mu kitundu ekirala mu Ssuula Bakara, mu aya 214 nti: "Mulowooza nti mujja kuyingira Ejjana nga tebinaba kubajjira ebifanana n'ebyo ebyatuuka kw'abo abaabasookawo". Baatukwako ennaku n'obubenje ne banyeenyезewa okutuusa Omubaka wa Katonda nga ali wamu n'abakkiriza bwe yagamba: Okutaasa kwa Katonda kunajja ddi? Mazima ddala okutaasa kwa Katonda kuli kumpi".


Katonda atunyumiza omuntu bw'aba nga agezeseddwa; agamba nti: Omuntu Katonda bw'aba amuwadde ebyengera, agamba nti: Katonda angulumizza, naye bw'aba afunzizza eby'enfunza ye agamba nti: Katonda annyoomye. Emirundi mingi tuwulira abantu nga babanyumyako nti Katonda abaagala, ate abalala nga baboogerako nti Katonda tabaagala, ebyo byonna n'okwebuuza ng'alaba by'akola tebijja buli ky'akwatako tekigenda nti nze Katonda namukola ki? Ebyo byonna bizuuka lwa butamanya na kulowoozeza mu byanfunza byokka. Nabbi (s.a.w.) yayigganyizibwa, era obulamu bwe tebwali bwa kwe-siima na kamu kubanga yamalanga n'omwezi ng'omuliro tegwase mu nju ye. Mukyala we Aisha bwe yabuuzibwa ebintu bye baasinganga okulya yaddamu nti ebiddugavu ebibiri (entende n'amazzi). Tetuyinza kugamba nti Nabbi Katonda yali tamwagala olw'obutamugaggawaza.

Ekyo tukiraba ne mu maka gaffe omwana gw'osinga okwagala gw'obonereza olw'okumuyigiriza empisa n'okumuggyamu ekyejo, naye oyo gw'owulira nga kitaawe agamba nti yamulema, era nti yamuleka akole by'ayagala, omanya nti oyo tamwagaliza bulungi.

Waliwo omusajja eyali omwawu lunkupe n'asaba Nabbi (s.a.w.) asabe Katonda amugaggawaze, wabula Nabbi n'amutegeeza nti asaana okugumiikiriza kubanga obugagga buyinza okumuviiramu ekikemo; naye omusajja yeerema okutuusa Nabbi lwe yamusa-bira obugagga. Kyokka ekigambo kya Nabbi kyatuukirira kubanga omusajja yatuuka n'okusenguka n'emmaali ye ng'adduka okutoolamu zzaka. Omuntu asaana okukimanya nti okuba omugagga si ke kabonero-akalaga nti oyagalwa ewa Katonda; oba okuba omwawu si kye kiraga nti Katonda takwagala. Wabula okuba n'ekitiibwa ewa Katonda

kwe kuba nga otya Katonda, ng'ogulumiza bamulekwa, ng'oliisa n'abaavu, nga tolya na mmaali ya bamulekwa, era nga toyagala na mmaali lwagala lusukkiridde olukutuusa n'okubeera omuddu waayo.

**Katonda** amaliriza essuula eno n'okututiisa olunaku ensi lw'eriseebwa olussa era omuntu lw'alyejjusa nti singa yakolayo emirimu emirungi naye ng'okwejjusa tekukya-mugasa. Era oluvannyuma lw'ebyo Katonda akoowoola emyoyo gy'abakkiriza abatuufu, abo abamatidde ebyo ebibabuuliriddwa mu ssuula eno n'endala, okudda eri Ye nagyo emyoyo gyabwe giteekebwe ku lukalala lw'abaddu Be abaliyingira Ejjana.



## ESSUULA AL-FAJRI (89)

Yakkira Makka: Erina aya 30

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde okusala kw'Emmambya,

وَالْفَجْرِ ①

2. Ndayidde ebiro ekkumi;

وَلَيْلٍ عَشْرٍ ②

3. Ndayidde Omuwendo ogwenkana-  
nkana era n'ogw'ensuusuba;

وَالشَّمْعِ وَالْوَتْرِ ③

4. Ndayidde Ekiro bwe kiba nga kiyita;

وَاللَّيْلِ إِذَا يَسِرَ ④

5. Abaffe temuli mu kwo okulayira  
kuno (ekimatiza) eri oyo ow'amagezi?

هَلْ فِي ذَلِكَ قَسَمٌ لِذِي حَجْرِ ⑤

6. Tolaba engeri Mukama wo (Allah)  
gye yakola abantu b'ekika kya Aadi,

أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِعَادٍ ⑥

7. Abaabeeranga mu kibuga *Irama*,  
bannannyini kuba na mpagi  
empanvu ze baazimbisanga,

إِزْمَادٍ الْعِمَادِ ⑦

8. Ekyo ekika ekitatondebwangayo kiki-  
faanana mu nsi?

الَّذِي لَمْ يَخْلُقْ مِثْلَهَا فِي الْوِلَادِ ⑧

1. Yalayira okusala kwa mmambya n'ebyo ebinajja oluvannyuma, olw'obukulu bwabyo, n'amagoba agabirimu ku lw'eddiini n'ensi.

2. Ekyagendererwa n'ebiro ekkumi ze nnaku ekkumi ezisooka mu mwezi gwa Zhul-Hijja omubeera emikolo gya Hijja, olw'obulungi eri oyo akoleramu emikolo gya Hijja—okulambula Ennyumba ya Katonda (*Kaaba*).

3. Ekyagendererwa n'omuwendo ogwenkanankana lwe lunaku olwekkumi mu mwezi gwa Zhul-Hijja. Olunaku lwa Iddi Enkulu, ate ekyagendererwa mu muwendo ogw'ensuusuba lwe lunaku olw'omwenda mu mwezi gwa Zhul-Hijja olunaku olwa Arafah.

4. Abannyonyozi bagamba nti ekiro ekyagendererwa ky'eky'e Muzidalifa kubanga abalamazi bakunngaaniramu olw'emikolo gya Hijja.

5. Omuntu bw'abeera nga alina amagezi amanya nti mazima ebyo Katonda bye yalayira mulimu ebyewuunyo, n'obujulizi obulaga Obwomu bwa Katonda n'okubaawo Kwe.

8. Katonda teyatonda muni bantu balala bafaananako ng'abo mu maanyi gaabwe. Era abo be bantu b'omulembe gwa Nabbi Huudu. Era baasirikka ne baggwaawo.



9. Era (tolaba) abantu b'ekika kya Thamuudu, abo abaawummulanga enjazi mu lusenyi; (oluyitibwa *Waadi-l-Kuraa*)? وَتُمُودَ الَّذِينَ جَاءُوا الصَّخْرَ بِالْوَادِ ٩
10. Era (tolaba) Fir'auna Nnannyini nkondo? وَوُرْعُونَ ذِي الْأَوْتَادِ ١٠
11. Abo abaabula mu nsi (olw'obutakkiriza). الَّذِينَ طَغَوْا فِي الْبِلَادِ ١١
12. Ne bayitiriza mu yo obwonoonyi. فَأَكْتُرُوا فِيهَا الْفَسَادَ ١٢
13. Kyeyava Mukama wo abafukirirako ebibonerezo, ebya buli ngeri: فَصَبَّ عَلَيْهِمْ رَبُّكَ سَوْطَ عَذَابٍ ١٣
14. Mazima Mukama Katonda wo ali mu kulindirira (ng'abassa akasiiso). إِنَّ رَبَّكَ لَبِالْمُرْصَادِ ١٤
15. Mazima omuntu bw'abeera nga Katonda we amugezesezza n'amugabira emmaali n'amwesiimisa n'ebiyengera agamba nti: "Katonda wange angulumizza!" فَأَمَّا الْإِنْسَانُ إِذَا مَا ابْتَلَاهُ رَبُّهُ فَأَكْرَمَهُ  
وَنِعْمَةً هُ يَقُولُ رَبِّيَ أَكْرَمَنِ ١٥
16. Ate (ku ludda olulala) bw'abeera Katonda we nga amugezesezza, n'amufundiza okufuna kwe (n'amuwa ekyo ekimumala obumazi) agamba nti: "Katonda wange anyoomye" (ku lw'okunjavuwaza)! وَأَمَّا إِذَا مَا ابْتَلَاهُ فَقَدَرَ عَلَيْهِ رِزْقَهُ  
فَيَقُولُ رَبِّي أَهَانَنِ ١٦
17. Nedda! Wabula temugabira bamulekwa: (Temuwa bamulekwa mmaali nga bwe bakakasibwako okugabirwa)! كَلَّا بَلْ لَأَكْفُرُونَ الْبَتَّةَ ١٧

10. Fir'auna ayitibwa Nnannyini Nkondo, lwa kuba nti yalagiranga bakomerere enkondo, basibeko oyo gwe yabanga alagidde okuttibwa ne bamubamba ne baleeta olwazi ne balumuyiringisizaako. Kyava ayitibwa Fir'auna Nnannyini Nkondo.

14. Amazima Katonda alaba era awulira; alindiridde ebitonde alyoke asasule buli omu okusi-nziira ku kunyiikira kwe kuno ku nsi.

16. Nedda ssi bwe kiri nga omuntu bw'alowooza nti Katonda gw'agabidde emmaali aba amugulumizza, oba nti gw'aba ammye emmaali aba amunyoomye, wabula agulumizibwa awali Katonda y'oyo agondera amateeka Ge. Ate anyoomwa awali Katonda y'oyo ajemera amateeka Ge ssi nsonga mugagga oba mwavu. Nga Katonda bwe yagamba mu kitundu ekimu nti: Amazima ow'ekitiibwa mu mwe y'oyo abasinga okungulumiza."

18. Era temukuutiragana kuliisa banaku (Temwekubiriza kukolera bulungi baavu n'abanaku)! وَلَا تَحْضُونِ عَلَى طَعَاوِ السَّكِينِ ﴿١٨﴾
19. Era mulya Emmaali y'Obusika olulya oluyitirivu; (balya emmaali y'abasika mu ngeri yonna gye babeera bafunye—ekkirizibwa mu mateeka, oba etekkirizibwa), وَتَأْكُلُونَ الثَّمَرَاتِ أَكْلًا لَتَمًا ﴿١٩﴾
20. Era mwagala emmaali okwagala okusukiridde! وَتُحِبُّونَ الْمَالَ حُبًّا جَمًّا ﴿٢٠﴾
21. Nedda, (temusaana kukola mululu gw'okunngaanya emmaali), bw'eribeera Ensi nga esekuddwasekuddwa olusekulwa (ebyo byonna ebiriko ne bisaanawo), كَلَّا إِذَا دُكَّتِ الْأَرْضُ دَكًّا دَكًّا ﴿٢١﴾
22. N'ajja Katonda wo (olw'okulamula wakati w'ebitonde) ne bamalayika (Be ne bajjira) mu nnyiriri n'ennyiriri, وَجَاءَ رَبُّكَ وَالْمَلَكُ صَفًّا صَفًّا ﴿٢٢﴾
23. Ne guleetebwa Omuliro (Jahannamu) ku Lunaku olwo, alijjukira omuntu emirimu gye, gye yakola kuno ku nsi, naye nga kiki okujjukira kuno kye kulimugasa? وَجَاءَتْ يَوْمَئِذٍ بُرُجُهُمْ أَيْدِيهِمْ يُؤْمِنُونَ أَلَا يَرَوْنَ كُنُوزَهُمْ الَّتِي كَانُوا يُكْسِبُونَ ﴿٢٣﴾
24. Aligamba nti: Abange singa naku-lembeza (emirimu emirungi) ku lw'Obulamu bwange (Obw'oluvannyuma)! يَقُولُ لِيْلَيْتَنِي قَدَّمْتُ لِحَيَاتِي ﴿٢٤﴾
25. Ku Lunaku olwo omuntu aliba (mu bibonyoobonyo) by'atayinza kubonyabonyezebwa muntu n'omu (okuggyako Katonda), فَيَوْمَئِذٍ لَا يُعَدُّبُ عَذَابًا أَحَدٌ ﴿٢٥﴾

21-22. Wano mu kitundu kino Katonda ategeza ebimu kw'ebyo ebiribeerawo ku Lunaku Lw'okuzuukira; ebitiiso ebinene.

23-24. Omuntu alyejjusa olw'ebyo bye yakola eby'obujeemu bw'aliba nga mujeemu, ate era agenda kwejjusa singa yeeyongerera okukola emirimu emirungi bw'aliba omulongoofu, olw'okuba nga banne abaakola emirimu emirungi okumusingako, bamusinze okufuna ebirungi.


25. Amakulu nti: tewali muntu yenna alina kusiba kuyitirira kusinga Bamalayika abakuuma Omuliro, ku oyo ayawukana ku mateeka ga Katonda.

26. Era tewali wadde n'omu ayinza ku-siba nsiba (Katonda) gy'Alisiba. وَلَا يُؤْتِي وَثَاقَهُ أَحَدٌ ٣٦
27. Owange ggwe Omwoyo omutebenkevu! يَا أَيَّتُهَا النَّفْسُ الْمُطْمَئِنَّةُ ٣٧
28. Dda eri Mukama wo ng'oli musanyufu era asiimiddwa (Katonda). ارْجِعِي إِلَىٰ رَبِّكِ رَاضِيَةً مَّرْضِيَّةً ٣٨
29. Oyingire mu (kibinja) ky'abaddu Bange (abakkiriza)! فَادْخُلِي فِي عِبَادِي ٣٩
30. Oyingire mu Nnyumba Yange Ey'emirembe: (*Al-Jannah*)! يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا ادْخُلُوا جَنَّاتِي ٤٠

## EBIFA KU SSUULA AL-BALAD MU BUFUNZE (90)

Katonda Omugulumivu atubuulira mu ssuula eno eyakkira e Makka ezimu ku mpisa z'omusajja eyali omulabe wa Nabbi (s.a.w.) nga akyali e Makka, n'ebigambo bye yateranga okwogera nga yeewaana. Omusajja oyo yali ayitibwa Abu Ashadd bin Kalidat, era kigambibwa nti olw'amaanyi omusajja oyo ge yalina, yatuulanga ku ddiba ne lisikibwa abantu kkumi naye ne batasobola kumuggya mu kifo okuggyako eddiba okuyulikayulika. Kale omusajja oyo yali muli yeewulira eryanyi era ng'alowooza nti tewali amusobola wadde amulinako buyinza. Yagabanga bulijjo nti yali asaasaanyizza obutitimbe bw'ensimbi ng'agenderera okuzigamya obubaka bwa Nabbi (s.a.w.). Newankubadde aya ezo zakka nga zinnyonnyola ebifa ku musajja oyo naye era zikwata na ku buli muntu eyeeyisa mu mpisa cyo; oyo agezaako okuziyiza ekigambo kya Katonda.

Katonda ayongerera n'atunnyonnyola nti omusajja ayogeddwako waggulu era nga na buli muntu yenna, yamuteekako amaaso n'emimwa n'olulimi, asobole okulaba ebintu era asobole n'okwennyonnyolako, teyakoma kw'ekyo kyokka wabula yamulaga ekkubo ly'akwata bw'aba ayagala okuyingira Ejjana era n'eryo ly'asaana okwewala ery'omuliro. Ago ge makubo abiri Katonda g'ayogerako mu aya ey'ekkumi, naye omuntu ekkubo erigenda mu Jjana alisanga nti zzibu. Katonda agamba mu aya eye II nti: "Teyasobola kuyita mu kkubo zzibu", nti omusajja Abu Ashadd oba omuntu omulala yenna eyali yeewaana okuba n'emmaal ennyingi, naye nga teyasobola kuta muddu oba okuliisa bamulekwa n'abanaku, ekkubo eryo lyali zzibu ku ye sso nga lyalimutuusizza mu Nnyumba Ey'emirembe. Obutonde bw'omuntu bwagala nnyo ebyamasanyu era tebukkiriziganya na mateeka ne bwe gaba ga kulongoosa mbeera ye.



## ESSUULA: AL-BALAD (90)

Yakkira Makka: Erina aya 20

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayira Ekibuga kino (Makka);
2. Naawe (Muhammadi) oli wa ddembe mu Kibuga kino;
3. Ndayidde omuzadde n'ekyo ky'a-zaala;
4. Mazima twakola omuntu (nga ayita) mu bizibu.

لَا أُقْسِمُ بِهَذَا الْبَلَدِ ۝

وَأَنْتَ حَلٌّ لِهَذَا الْبَلَدِ ۝

وَالِدٍ وَمَا وَلَدٍ ۝

لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي كَبَدٍ ۝

2. Awamu n'okubeera nga kya mizizo, temuyiibwa musaayi, naye Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yakkirizibwa okulwanyisizaamu abalabe be mu kiseera buseera, nga alwanyisa abo abagaana okukkiriza amateeka ga Katonda wamu n'okuwalaganya abo abamukkiriza. Ate waliwo ennyinyola egamba nti 'Naawe Muhammadi, oli mutuuze mu kibuga Makka'.

4. Amakulu nti: Omuntu ayita mu buzibu mu bulamu bwe bwonna. Kuno ku nsi alina obuzibu olw'obufunda bw'ensi ate era ne ku Lunaku Lw'enkomerero agenda kubeera mu buzibu ku lw'obuzibu bw'Oluaku olwo.

Katonda atutegeeza mu ssuala eno nga bwe yatonda omuntu nga amuyisa mu bizibu, era obulamu bwe bwonna bujjudde bizibu byereere. Okuviira ddala lw'abeera mu lubuto lwa nnyina n'ajja nga ayita mu mitendera egitali gimu, egy'obulamu aba yennganga obuzibu obutali bwa ngeri emu. Obuzibu bw'okusoma n'okulowooza, oluusi abamu bafaabiina na bya kuyimirizaawo bulamu bwabwe, abamu bafaabiina na kwongera ku kuyiga na kuvumbula; abalala bafaabiina na kufuna kyakulya kya lunaku. Abamu bategana na kwaza mmaali; ezibadde olukumi zifuuke nkumi bbiri okutuuka ku mitwalo. Abalala bafaabiina na kufuna bitiibwa, nga bano bafaabiina na kulongoosa nzikiriza yaabwe na kukoooola bantu kudda eri Katonda. Omu ali mu kutegana na kukwata kku bo erinaamutuusa ku kusiima kwa Katonda, ate ono ayagala kukkusa bwagazi bwe na masanyu ga nsi. Oli afaabiina na kukola binaamutuusa mu Jjana (Ennyumba Ey'emirembe) n'okusiiima kwa Katonda. Buli omu nga asitudde omugugu bw'alinnyalinnya olusozi nga afaabiina alyoke asisinkane Katonda we.

Awo nno obuzibu obusukkiridde bulyoke bubeere ku boonoonyi obwo obutuukira ddala ku nkomerero y'omwana w'omuntu. Era kuba kufiirwa kw'oyo abadde nga ajja afaabiina n'obuzibu bw'obulamu okutuusa lw'atuuse ku buzibu obukaawa ku nkomerero. Ate ne kubeera okwesiima okunene eri abo abalongoofu, abo abafaabiina n'emirimu Katonda gy'asiima abakwata ekkubo okugenda okumusisinkana n'ebisaanyizo. Ba kubeera mu ddembe rya waggulu mu Nnyumba ey'emirembe Katonda gye yabategera abalongoofu. Ne baba nga bagabolodde mu kufaabiina kwabwe n'ebizibu bye bayitamamu mu bulamu bw'ensi.

Mazima omuntu oyo Katonda gwe yatonda ng'amuyisa mu buzibu mu bulamu bwe, yeerabira

5. Alowooza nti tewali n'omu amusobola?
6. Agamba nti: Nzikirizza Emmaali endulundu n'endulundu; (mu kuwagganya Muhammadi n'okugezaako okuziyiza abantu okumukkiriza)!
7. Alowooza nti tewali n'omu amulaba?
8. Tetwamuteekako amaaso abiri (g'ala-bisa)?
9. N'olulimi n'emimwa ebiri?

أَيَحْسَبُ أَنْ لَنْ يَقْدِرَ عَلَيْهِ أَحَدٌ ۝

يَقُولُ أَهْلَكَ مَا لَأَكْبَدًا ۝

أَيَحْسَبُ أَنْ لَمْ يَرَهُ أَحَدٌ ۝

أَلَمْ نَجْعَلْ لَكَ عَيْنَيْنِ ۝

وَلِسَانًا وَشَفَتَيْنِ ۝

engeri ye n'aseemezebwasemezebwa n'ebyo Katonda by'aba amugabidde, k'ebe mmaali oba maanyi oba buyinza wadde amagezi. N'atandika okweyisa nga oyo atalowooza nti wa kuvunaanwa kw'ebyo by'akola, era atasuibira nti waliwo amusobola oba amulaba ow'okumbala kw'ebyo by'akola. Olwo nno n'atandika okukola ebya mbyone byonna: N'akuba, n'anyaga, n'abba, n'akunngaanwa emmaali. n'ayoonona awatali kutya wadde okwekoka ekintu kyonna ekiyiza okumuvii-ramu. N'oyo ye muntu omwereere atalina mu mutima gwe kukkiriza Katonda n'akato. "Abaffe omuntu oyo alowooza nti tewali n'omu amulaba? Ne yeerabira nti Katonda amulaba oba okumanya Kwe kwetoolodde ebikolwa bye n'engeri ze tewali na kimu kimwekweka. Omuntu oyo yeeraga nga yeeawaana nga bw'awaddeyo emmaali ennyingi mu kufuna ebyo by'ayagala mu nsi. Wano Katonda kwe kumujjukiza ebirungi bye yamuwa by'asaana yeebaze era abikozese mu ngeri erimugasa mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Katonda agamba nti: 'Abaffe omuntu tetwamuterawo amaaso abiri, n'olulimi, n'emimwa ebiri, ne tumulungganyama, mu makubo abiri? Kale omuntu ayinza atya okugayazibwa olw'amaanyi, n'obugagga bwe ne yeerabira Katonda; sso nga Katonda ye yamugabira amaanyi n'eby'obugagga. N'alema okulunggama n'okwebaza ebyo Katonda bye yamuwa, nga abye-baza n'okugondera Katonda nga bw'amusinza awatali kumugattako kintu kirala. Katonda omuntu yamuwa amaaso gamuyambe okulaba ebyamagero bye yatonda, era asobole okulunggama akkirize nti Katonda gyalira Ali Omu mu Bwakatonda Bwe. N'amuwa olulimi n'emimwa asobole okwogera n'okunyonnyola, kubanga omuntu ku lw'ebyo byombi asobola okufuna n'okukola ebintu bingi; oluusi ekigambo kiyinza okuba n'obwoji okusinga ekitala. Omuntu asaana akozese olulimi lwe mw'ebyo ebimugasa kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma; kuba oluusi olulimi eyinza okuba ensonga y'okuzikirira n'okuyingira omuliro oba ensonga y'okuwona kwe n'okulinyama madaala aga waggulu. Nabbi (okusasira n'emirembe bibe ku ye) yagamba nti: "Abaffe balivuunikwa abantu mu muliro ku byenyi byabwe, ssi lwa kirala wabula ku lw'ebyo ennimi zaabwe bye zaakungula". N'amakubo abiri, Katonda ge yalungganyama omuntu kwe kutegeera kwe kw'obulungi n'obubi, n'okumanya eku bo eriyinza okumutuusa mu muliro. N'olw'ekyo omuntu asaanye yeeyambise okulungganyama kwa Katonda okwo, asobole okuvvuunuka essozi eryo eryekiise wakati we ne wakati w'okuyingira Ejjana (Enyumba Ey'emirembe) nga yeeyambisa okukkiriza Katonda n'okumusinzira awatali kumugattako kintu kirala n'okukola ebyo by'alagira wamu n'okwewala ebyo bye yagaana. Awamu n'ekyo n'abeera nga akuutira abantu babeere bagumiiikiriza mu bizibu bye basanga ku lw'eddiini yaabwe, oba obubenje obuba bubaguddeko, era babeere abasaasiragana nga bayamba bannaabwe ababa bali mu buzibu. Abo ababa beewaddeyo okwennanga okuvvuunuka ebizibu be b'okuyingira Ejjana (Ennyumba Ey'emirembe) abalyesiima n'okulokoka ne bawebwa okusiima kwa Katonda.

5. Omuntu alowooza nti tagenda kubuuzibwa ku mmaali eyo gy'akunngaanwa nti; wa gye yagiggya era wa gye yagiraza?

9. Omuntu tetwamuterawo amaaso abiri asobole okulabisa, n'olulimi lw'asobola okwatuza n'emimwa ebiri ogw'engulu n'ogw'emanga gye yeeyambisa okwogera.

10. Ne tumulaga amakubo abiri (asobole okumanya ekibi n'ekirungi)? وَهَدَيْنَاهُ النَّجْدَيْنِ ⑩
11. Wabula teyenganga kuvvuunuka buzibu (obulinga olusozi obwekiika mu kkubo ly'okulunngama). فَلَا تُفْتَحِمُوا الْعُقَبَةَ ⑪
12. Kiki ekinaakumanyisa, kwe kuluwa okwenganga obuzibu (obulinga olusozi okugendereddwa wano)? وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْعُقَبَةُ ⑫
13. Kwe kuta omuddu; فَكَرَبْتَهُ ⑬
14. Oba okuliisa (omuntu omuyala) mu lunaku olw'obubulwa أَوْ اطْعِمْنِي يَوْمَ رَيْ مَسْعَبَةَ ⑭
15. Oba mulekwa ow'oluganda olw'okumpi, يَتِيمًا ذَا مَقْرَبَةٍ ⑮
16. Oba omunaku omukongeevu; (olw'ettaka ly'abaamu n'olw'obwavu bwe n'akongeeera). أَوْ سَكِينًا ذَا مَتْرَبَةٍ ⑯
17. Era n'abeera nga ali mw'abo abakkiriza (Abasiraamu) ne balaamiragana okugumiikiriza, era ne balaamiragana okusaasiragana. ثُمَّ كَانَ مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا وَكَلَمُوا صَوَابًا بِالصَّبْرِ وَكَلَمُوا صَوَابًا بِالْمَرْحَمَةِ ⑰
18. Abo (aboogeddwako wano) be bannannyini kubeera ku Ludda olwa Ddyo; (oludda olw'okuwonerako ebibonerezo bya Katonda). أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ ⑱
19. N'abo abawakanya Ebigambo Byaffe, be bannannyini kubeera ku Ludda olwa Kkono. وَالَّذِينَ كَفَرُوا أَيَّتَانَهُمْ أَصْحَابُ الْأَشْأَمَةِ ⑲
20. Guli ku bo Omuliro omusaanikire; (Omuliro temuli kitangaala, wadde akatuli era si ba kuguvaamu). عَلَيْهِمْ نَارٌ مُّؤَصَّدَةٌ ⑳

10. Mu kitundu kino Katonda Omugulumivu yalaga omuntu ebinyinza okumuwonya mu bizibu by'Olunaku Lw'enkomerero.

11-16. Singa awaddeyo emmaali ye mu ebyo ebirimuyisa mu buzibu, okugeza nga okuta abaddu, n'okuliisa abanaku—okusinga lw'awaayo emmaali eyo mu makubo agatali matuufu era aganyiiza Katonda: okugeza ng'abo abaawangayo emmaali yaabwe mu kuwakanya Nabbi wa Katonda (s.a.w.). Awo bwe yamala n'ayogera ng'ayongerera okukiggumiza mu kitundu ekijja.

17. Okukola ebyo byonna tekuyinza kumugasa Omuntu wabula ng'abaddu Omusiraamu omukkiriza, era nga ali oyo alaamira munne okugumiikiriza n'okutuukiriza ebigambo bya Katonda; n'okwesamba ebyo byonna Katonda bye yagaana, awamu n'okusaasira bannaabwe n'okubalumirwa.

## EBIFA KU SSUULA ASH-SHAMSIS MU BUFUNZE (91)


Mu Ssuula Ash-Shamsi okufaananako nga essuula ezaakulembedde, Katonda Omugulumivu yatandika na kulayira ebimu ku bitonde Bye ebyewuunyisa, ebyo omuntu by'ayinza okutunuulira n'akakasa obuyinza bwa Katonda; oyo abuze n'alungama ate eyalungama ne yeeyongerera okutya Katonda n'okulongoosa emirimu gye nga asuubira okusasulwa. Oluvannyuma Katonda alayira omwoyo nagwo nga kye kimu ku byamagero ebikulu ku nsi kuno kubanga ddala omuntu kye kitonde ekisinga ekitiibwa mu bitonde byonna. Era Katonda olw'ekitiibwa ky'omuntu yalagira ne Bamalayika okuvunnamira Nabbi Adamu (emirembe gibeere ku ye); era Katonda mu Aya emu mu Ssuula Bakara yayita omuntu omusigire we ku nsi kuno, naye nga obulokofu bw'omuntu n'okukuuma ekitiibwa kye biriwo na kutya Katonda; na luvannyuma lwa muntu kutukuza mwoyo gwe. Katonda kyeyava agamba mu ssuula eno nti: "amaze okulokoka oyo agutukuza era amze okuswala oyo agubuza".

Aya 11-20 oluvannyuma lw'ebyo Katonda Omugulumivu atunyumiza enkomerero embi etuukwako omuntu abuzi omwoyo gwe n'agaana okulungama, Katonda amusunguwalira nga bw'atunyumiza mu ssuula eno ebikolwa ebibi eby'obujeemu ebyakolebwa ab'ekika kya Thamuudu era n'enkomerero yaabwe Katonda nga bwe yabazikiriza n'ebibonerezo ebiruma ku nsi kuno ate nga ne ku Nkomerero ba kubitebwa mu maaso Ge: Katonda atunyumiza nti ab'ekika kya Thamuudu olw'obubuze bwabwe baalimbisa Nabbi Swalihi (Emirembe gibeere ku ye) eyatumwa gye bali. Era obubuze bwabwe n'okunyoomerera kwabwe eri amateeka Ge (Katonda), omusajja omu eyali abasinga obubuze we yeesowolerayo n'afumita engamiya. Nabbi Swalihi yali amaze okubatiisa akabenje akali mu kutta engamiya ya Katonda, n'abagamba nti temukwata ku ngamiya ya Katonda wadde okugifunyisa omutawaana gwonna, naye baamulimbisa era ne bagifumita. Eyagifumita yali omu naye bonna baafuna ebibonerezo, era baabalibwa bonna nga abaakola ekikolwa kyo ekibi, kubanga tebaabuuliragana wadde okukuba ku mukono gwa munnaabwe oyo okumuziyiza okukola ekibi wabula baakisanyukira.

Ekyafaayo ky'engamiya eyo enyumizibwako mu ssuula eno kiri nti ab'ekika kya Thamuudu baasaba Nabbi Swalihi abateerewo akabonerera okuva eri Katonda akalaga obukakafu bw'Obwannabbi bwe, Katonda Omugulumivu n'abateerawo engamiya naye nga eteekwa okunywa amazzi. Olunaku olwo lwe yanywanga bo nga teanywa; ate nabo lwe baanywanga yo nga tenywa, bakkiriza era engamiya n'ebateerawo. Naye baalimbisa Nabbi engamiya ne bagifumita ne Katonda n'abazikiriza. Bw'atyo Katonda ow'obuyinza bw'akola abo abamujeemera.

Mu ssuula y'emu mulimu eky'okuyiga era abantu ffenna Abasiraamu kye tuteekwa okwebuulirira nako, kwe kuba nti ffenna tuteekwa okulaamiragana okukola empisa ennungi era ne bannaffe abakola amayisa amabi tubabuulirire beddeko, kubanga Katonda bw'aba asunguwadde ebibonerezo Bye bibuna abakozi b'ebirungi n'abakozi b'ebibi. Era bulijjo tujjukirenga nti Katonda yatuwaana ffe Abasiraamu n'okuba nti ffe kibiina ekisinga ebibiina byonna, kubanga talagira okuyisa empisa ennungi ne tuziyiza okukola empisa embi. Kuraane mu bitundu bingi etutegeeza nti ensonga eyavangako okuzikiriza abamu ku b'emirembe egy'edda kyavanga mu butabuuliragana na kulaamiragana kweyisa bulungi ne baleka okukola ebyo Katonda bye yayiziza.





## ESSUULA: ASH-SHAMSI (91)

Yakkira Makka: Erina aya 15

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Enjuba n'okwaka kwayo;

وَالشَّمْسِ وَضُحَاهَا ۝١

2. Ndayidde Omwezi bwe guba nga  
gugigoberera (Enjuba);

وَالْقَمَرِ إِذَا تَلَّهَا ۝٢

3. Ndayidde obudde Emisana bwe  
buba nga bugyolesezza (Enjuba);

وَالنَّهَارِ إِذَا جَلَّهَا ۝٣

4. Ndayidde Ekiro bwe kiba nga  
kigibisse;

وَاللَّيْلِ إِذَا يَغْشَاهَا ۝٤

5. Ndayidde Eggulu n'okuzimbibwa  
kwalyo;

وَالسَّمَاءِ وَمَا بَنَاهَا ۝٥

6. Ndayidde Ensi n'engeri gye  
yayaliirwa

وَالْأَرْضِ وَمَا طَرَاهَا ۝٦

7. Ndayidde Omwoyo n'engeri gye  
yagutondamu (Katonda) nga mwe-  
nkamunkamu ate muteefu.

وَالنَّفْسِ وَمَا سُورَاهَا ۝٧

8. N'aguyigiriza obwonoonefu bwagwo  
n'okutya kwagwo (n'aguyigiriza  
obubi n'obulungi);

فَالهَمِّهَا نُجُورَهَا وَتَقْوَاهَا ۝٨

9. Mazima alokose oyo agutukuza  
(n'agutukuza obutakola byonoono  
n'okujeemera Katonda),

قَدْ أَفْلَحَ مَنْ رَزَقَهَا ۝٩

10. Mazima aswadde avuddewo bwe-  
reere oyo agujamawazza (ku lw'o-  
kugwabulira n'ava ku bulunng'amu  
n'akola eby'obujeemu)!

وَقَدْ خَابَ مَنْ دَسَّهَا ۝١٠

11. Kyalimbisa ekibiina kya Thamuudu ku lw'obubuze bwakyo (Nabbi waabwe Swalihi).

كَذَّبَتْ ثَمُودُ بِطَغْوَاهَا ۖ

12. Mu kiseera bwe yeelonda ayali abasinga obubi (okutta Engamiya erinnya lye nga ayitibwa *Kudaari*);

إِذْ انبَعَثَ أَشْقَاهَا ۖ

13. N'abagamba Omubaka wa Katonda (Swalihi): (Muleke) Engamiya ya Katonda. (Temugirumbagana) ku kunywa kwayo (kubanga erina olunaku lw'enywa nammwe mulina olunaku lwe mukima amazzi)!

فَقَالَ لَهُمْ رَسُولُ اللَّهِ نَاقَةَ اللَّهِ وَسُقْيَاهَا ۖ

14. Ne bamulimbisa (Nabbi Swalihi) ne bagifumita. Bw'atyo n'abazikiriza (bonna) Katonda waabwe olw'ekibi kyabwe, n'abekanyakanya (n'ekibi kyabwe)

فَكَذَّبُوهُ فَعَقَرُوها فَهَاقًا فَجَمَعَ عَلَيْهِمُ رَبُّهُمُ بِنُورِهِمْ فَسَوْمَاهَا ۖ

15. N'ataty nkomerero yaakwo (okubazikiriza).

وَلَا يَخَافُ عُقْبَاهَا ۖ

13. Abantu b'ekibiina kya Nabbi Swalihi baasaba Nabbi waabwe okubalaga akabonero akalaga nga bw'ali Nabbi oba Omubaka wa Katonda, Katonda n'agya (n'atonda) engamiya mu lwazi. Olunaku lwe yanywanga amazzi nga bo tebakima okutuusa lwe baasalawo okugitta.

15. Katonda teyatya kuvunaanibwa muntu yenna oluvannyuma lw'okubazikiriza.

## EBIFA KU SSUULA AL-LAYLI MU BUFUNZE (92)

Katonda Omugulumivu yatandika essuula eno na kulayira byamagero bye ebirabwako n'amaaso, ebyo wadde abo abagaana era abawakana nti tewali Katonda, singa baba babyetegereza basanga nti biriko Omutonzi. Enkyukakyuka ezo Katonda z'ayogerako wakati w'ekiro n'emisana ddala zirina kye zikyusa ku ndowooza y'omuntu. Mu Ssuula An-Nabaa Katonda yagamba nti: "Ne tufuula utulo twammwe ekiwummulo ne tufuula ekiisibwa ebibonyobonyo ebiruma; n'olwekyo ne kyetaagisa okutubuulira nti okutegana kwawukayawukamu, bwe kityo enkomerero y'abantu ya njawulo. Ekyo kitegerekeka nga omaze okulaba Katonda engeri gye yannyonnyola enkomerero y'emitindo egyo ebiri.

Aya 3-11 Katonda Omugulumivu atutegeeza nti "Mazima okutegana kwammwe kwawukayawukamu." Omuntu akyayinza okwebuza nti ate lwaki Katonda atubuulira ekintu ekirabikako? Eky'okuddamu, Katonda yatubuulira mu kutwalira awamu n'oluvannyuma n'annyonnyola, nti: ddala omuntu awaayo emmaali ye naye yennyini ne yeewayo ku lwa Katonda, yalagaanyisibwa empeera. Wabula oyo akodowala n'ajecma atisibwa ebibonyobonyo ebiruma; n'olwekyo ne kyetaagisa okutubuulira nti okutegana kwawukayawukamu, bwe kityo enkomerero y'abantu ya njawulo. Ekyo kitegerekeka nga omaze okulaba Katonda engeri gye yannyonnyola enkomerero y'emitindo egyo ebiri.

Katonda atunnyonnyola nti omuntu awaayo emmaali ye nga ayamba abali mu buzibu oba naawa obuyambi mu kiseera ekizibu era n'atya Katonda nga akakasa n'ekigambo ekirungi, wa kwanguyirizibwa obwangu; naye oyo akodowala ne yeegaggawaza n'awaayo emmaali ye mu makubo agaaziyizibwa, newankubadde abantu abonoonefu bayinza okumuyita omugabi, kyokka ewa Katonda abalibwa nti mukodo kubanga tawaayo mmaali ye lwa kukola mirimu mirungi, era eriyo abantu abafaananako nga oyo Katonda gw'ayogerako abatamanyi nti ku nsi kuno kuliko n'abanaku. Wabula ate bo lwe baba bagwiriddwako emitawaana ng'olaba bwe basattira nga beeyuna abayambi, abo be bagagga abasinga obungi, era batera n'okukozesa mu biseera eby'ennaku ebigambo nga bino: "Ffe ebyo tebitukwatako", "Nfaayo ki?", "Owange abantu balekere eyabatonda", n'ebigambo ebirala bingi bye siyinda kumalayo. Enkomerero y'abantu abo ba mu muliro, era emmaali yaabwe tegenda kubagasa.

Aya 12-21 Katonda yakomekkereza essuula na kutunnyonnyola enkomerero y'abonoonyi n'abakozi b'ebirungi abo abamutya. Katonda ye yakola, omuntu n'amuwa amagezi, era amagezi ago ge gamuyamba okwawula wakati w'ekirungi n'ekibi; teyakoma kw'ekyo kyokka wabula yamuyamba n'amutumira n'ababaka nga bazze kunnyonnyola amateeka Ge. Kale ye omuntu amagezi ge ge gamusalirawo wakati w'okugoberera amateeka ga Katonda n'alungama oba okubula n'akaafuwala. Katonda ky'ava agamba nti "Mazima kuli ku Ffe okunnyonnyola obulungamu." Ensi eno eri mu mikono Gye era n'ebyengerera by'Enkomerero n'ebyo byonna ebiribaayo biri mu buyinza Bwe, naye olw'okutusaasira yatutiisa omuliro ogwo gwe yannyonnyola era n'atutegeeza abaligubaamu n'abaliguwona.



## ESSUULA: AL-LAYLI (92)

Yakkira Makka: Erina aya 21

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Ekiro bwe kiba nga kibisse  
(ebitonde byonna n'ekizikiza kya-  
kyo);

وَالْيَقِينَ إِذَا يُنشَى ①

2. Ndayidde Omusana bwe guba nga  
gweyolese (n'okwaka kwagwo):

وَالنَّهَارِ إِذَا تَجَلَّى ②

3. Ndayidde Oyo eyatonda ekisajja  
n'ekikazi;

وَمَا خَلَقَ الذَّكَرَ وَالْأُنثَى ③

4. Mazima emirimu gyammwe myawufu  
(mulimu akola obulungi ate ne  
mubaa mu akola ebibi).

إِنَّ سَعْيَكُمْ لَشَتَى ④

5. Mazima oyo awaayo (emmaali ye mu  
kkubo lya Katonda), n'atya Katonda  
(mu bigambo ne mu bikolwa),

فَأَمَّا مَنْ أَعْطَى وَاتَّقَى ⑤

6. N'akkiriza obulungi (nga akakasa  
ekigambo ky'okwawula Katonda).

وَصَدَّقَ بِالْحُسْنَى ⑥

7. Tugenda kumwanguyiza eri obwa-  
ngu (olw'okukola emirimu Katonda  
Omugulumivu gy'asiima).

فَسَنِّيئِرُهُ لَا يُلِيْسُرِي ⑦

8. Naye oyo akodowala (n'atawaayo  
mu kkubo lya Katonda) ne yeega-  
ggawaza,

وَأَمَّا مَنْ بَخِلَ وَاسْتَغْنَى ⑧

9. N'alimbisa okusasulwa empeera ku  
Lunaku Lw'oluvannyuma,

وَكَذَّبَ بِالْحُسْنَى ⑨

3: Katonda yeerayirira ye kenniyini, Omuyinza oyo, eyasobola okutonda omusajja n'omukazi mu mazzi nga bakulira mu nnabaana omu.

10. Tujja kumwanguyiza (okutuuka) ku buzito; فَسَيَسِيرُ لِالْعُسْرِ ١٠
11. Tegenda kumugasa Emmaai ye bw'aliba nga azikiridde (nga afudde). وَمَا يُعْنِي عَنْهُ مَالُهُ إِذَا تَرَدَّى ١١
12. Mazima kuli ku Ffe okulungama (Ffe Tunnyonyola ebitukuvu ebyakkirizibwa n'ebiziyizibwa). إِنَّ عَلَيْنَا لَلْهُدَىٰ ١٢
13. Era Mazima Yaffe Enkomerero n'Okusooka (byonna ebiri ku nsi n'ebiribeerawo oluvannyuma biri mu buyinza Bwaffe). وَأَنَّ لَنَا لَلْآخِرَةَ وَالْأُولَىٰ ١٣
14. N'olw'ekyo mbatiisa Omuliro ogubumbujja; فَأَنْذَرْتُكُمْ نَارًا تَلَظَّى ١٤
15. Tagenda kugwesogga wabula oyo omwonoonyi لَا يَصْلُهَا إِلَّا الْاَشَقَىٰ ١٥
16. Oyo eyalimbisa n'akyuka (ng'ava ku Mazima n'okukola emirimu gy'e-ddiini). الَّذِي كَذَّبَ وَتَوَلَّىٰ ١٦
17. Anaagwewala n'okugwesamba oyo asinga okutya Katonda, وَسَيَجْزِيهَا الْاَتَقَىٰ ١٧
18. Oyo awaayo Emmaali ye nga yeetukuza (awaayo mu kugondera Katonda alyoke atukuze Omwoyo gwe n'Emmaali ye), الَّذِي يُؤْتِي مَالَهُ يَتَزَكَّىٰ ١٨
19. Nga tawaayo (mmaali eyo) lwa kunoonya kusasulwa muntu yenna, وَمَا لِاحِدٍ عِنْدَهُ مِنْ نِعْمَةٍ تُجْزَىٰ ١٩
20. Wabula nga awaayo lwa kunoonya ludda lwa Mukama we Omugulumivu; إِلَّا ابْتِغَاءَ وَجْهِ رَبِّهِ الْاَعْلَىٰ ٢٠
21. Kyaddaaki alyesiima (oyo asanyusa abaddu ba Katonda, naye Katonda agenda kumuwa asiime). يُعْجِبُ وَالسُّوفَ يَرْضَىٰ ٢١


## EBIFA KU SSUULA ADH-DHUHAA MU BUFUNZE (93)

Katonda Omugulumivu yatandika essuula eno n'okulayira ebimu ku bitonde Bye eby'amagero. Oluvannyuma yazaako okukakasa Nabbi we (s.a.w.) nga bw'atamwabuliranga era nga bw'atamunyiigiranga. Enjogera ezisinga obungi zigamba nti essuula eno yakka oluvannyuma lw'obubaka obwakkanga ewa Nabbi (s.a.w.) okwesibamu ebbanga nga tebukyakka: ekiseera ekyo kyali kizibu eri Nabbi (s.a.w.). Essuula eno kwe kukka nga Katonda akakasa Nabbi We nga bw'atamwabuliranga wadde okumunyiigira. Era emenya ebyengera Katonda bye yawa Nabbi We, ebikakasa nga bw'amwagala, era ebiraga n'okusaasira Kwe okungi eri Nabbi.

Ebyafaayo bya Nabbi (s.a.w.) bitunyumiza nga bwe yazaalibwa nga mulekwa, kitaawe Abdallah yafiira Madina nga Nabbi (s.a.w.) akyali mu lubuto lwa nnyina Amina. Nabbi bw'amala okuzaalibwa Katonda yagonza omutima gwa Mukyala Halima eyamuyonsa, era n'agonza n'omutima gwa Jjajja we Abdul-Mutwalib oyo eyamulabirira mu ngeri ennungi. Oluvannyuma lwa Jjajja we okufa nga alina emyaka munaana, Nabbi yalabirirwa kitaawe omuto Abu-Twalib, kubanga jjajjaawe Abdul-Mutwalib yafa alaameye nti bw'aliba afudde oyo y'aliribirira Nabbi (s.a.w.). Kitaawe oyo yamulabirira mu buto bwe era n'amwagala nnyo ne mu bukulu bwe era yagenda mu maaso n'okumutaasa oluvannyuma lw'okufuna Obwannabbi. Kitaawe oyo we yaiira, ekiseera ekyo kyali kizibu eri Nabbi, kubanga kyalimu ebizibu bingi, okutuusa Katonda lwe yamukkiriza okusenguka n'amuyisa ku Bakuraishi abaali beetoolodde ennyumba ye nga baagala okumutta. Kale tekyewunyisa okuba nti okwolebwa kwa Nabbi eyali mulekwa ky'ekyengera kye yakulembeza ku byengera ebirala bwe yagamba nti; "Abaffe teyakusanga ng'oli mulekwa n'akwola".

Newanku badde nga Nabbi (s.a.w.) yazaalibwa, mu Makka abantu mwe baasinziza nga amasanamu, ye teyasinzako masanamu era yeeyisanga bulungi. Amayisa ago amabi agaali gakyase mu Bawarabu Nabbi yageewalirira ddala, olw'okuba nti Katonda ye yamulunngama okuva mu buto bwe n'amulaga ekkubo eggolokofu, ekyo ekyengera kye yazaako mu Aya ey'Omusanvu.

Aya 8-11 oluvannyuma lwa Katonda okwogera ku byengera ebyo; eky'okumulera bwe yali nga mulekwa, okumulungama n'okumugaggawaza, amulagira era n'atulagira ffenna Abasiraamu abagoberezi ba Nabbi (s.a.w.), okulabirira bamulekwa n'okubayisa obulungi, n'obutabogolera musabi. Tuteekwa okumuddamu n'ebigambo ebirungi, era tuteekwa n'okwolesa ebyengera bya Katonda.



## ESSUULA ADH-DHUHAA (93)

Yakkira Makka: Erina aya 11

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Omusana gwokumakya bwe  
guba nga gukazizza,

وَالضُّحَىٰ ۝

2. Ndayidde Ekiro bwe kiba nga kiku-  
nidde ne kisiriikirira,

وَاللَّيْلِ إِذَا سَجَىٰ ۝

3. Takulekuliranga Katonda wo era  
takukoowanga.

مَا وَدَّعَكَ رَبُّكَ وَمَا كَلَىٰ ۝

4. N'enkomerero ku ggwe ye nnungi  
okusinga entandikwa,

وَلَلْآخِرَةُ خَيْرٌ لَّكَ مِنَ الْأُولَىٰ ۝

5. Kyaddaaki Katonda wo alikuwa  
n'osiima.

وَلَسَوْفَ يُعْطِيكَ رَبُّكَ فَتَرْضَىٰ ۝

6. Teyakusanga nga oli mulekwa n'a-  
kwola?

أَلَمْ يَجِدْكَ يَتِيمًا فَآوَىٰ ۝

7. N'akusanga nga osamaaliiride n'aku-  
lunnangama (ku lw'oku kuwa Kuraane  
ng'amaze okukulonda okubeera  
Nabbi).

وَوَجَدَكَ ضَالًّا فَهَدَىٰ ۝

8. Era n'akusanga nga oli mwavu  
n'akugaggawaza.

وَوَجَدَكَ عَائِلًا فَأَغْنَىٰ ۝

4. Olwekyo yali Nabbi Muhammad (s.a.w.) nga y'asinga abantu bonna okukyawa ensi n'oku-kolerera Obulamu Obw'oluvannyuma kyeyava ye kennyini agamba nti "Nnina ki n'ensi? Mazima ekifaananyi kyange ku nsi kuno kiringa omuntu omutambuze awumudde mu kisiikirize ky'omuti bw'amala n'agenda n'agulekawo. Abalala bagamba ku nsonga eyo nti: ebintu byo ggwe Muhammad (s.a.w.) ebivannyuma by'ebisinga obulungi ku ebyo ebisoose, nga beesigamiza ennyinyo-nyola zaabwe ku Aaya zino ezijja.

5. Katonda agenda kumuwa ku Lunaku Lw'enkomerero okutuusa lw'aliisiima. Mu ebyo by'ali-muwa mwe muli okukkiriza okuwolereza abantu bonna, Katonda alyoke alamule wakati waabwe. Wano Katonda yatandika okutegeeza Nabbi we (s.a.w.) ebyengera ebimu bye yamugabira.

9. Kale mazima mulekwa tomukakanga (era tomukaayukiranga n'omulyako emmaali ye anti naawe bwe wali era tomukangukiranga wadde okumunyooma. Wabula longoosa gy'ali obeere ng'omuzadde omusaasizi),
10. Era mazima omusabi tomukangukiranga (omuddangamu n'okusaasira ebigambo ebigonvu n'okusingira ddala bw'oba tomuwadde):
11. Era mazima ku kyengera kya Katonda wo ky'abanga akuwadde—Nyumya (onyumyenga mu ngeri y'okumwebaza sso ssi ngeri ya kweraga oba okwewaana ku lw'ekyo ky'oba ofunye).

فَأَمَّا الْيَتِيمَ فَلَا تَقْهَرْ ۝٩

وَأَمَّا السَّائِلَ فَلَا تَنْهَرْ ۝١٠

يَع ۝١١ وَأَمَّا بِنِعْمَةِ رَبِّكَ فَحَدِّثْ ۝١٢



## EBIFA KU SSUULA ALAM-NASHIRAH MU BUFUNZE (94)

Essuula eno yakkira Makka, era eyogera ku mbeera ya Nabbi nga bwe yali nga yaakatandika okuyita abantu okujja eri Obusiraamu. Nabbi (s.a.w.) yasanga obubungi nnyo era yalina omugugu munene nnyo gwe yali yeetisse. Naye Katonda n'amuwewulako obuzito obwo abantu bwe baatandika okuyingira mu Busiraamu ebinja n'ebibinja. Katonda teyakoma ku kya kwanguyiza Nabbi mulimo gwe gwa kuyita bantu kujja eri Busiraamu, wabula yafuula erinnya lya Nabbi (s.a.w.) nga kintu kya muwendo nnyo era nga n'okumusaalira kifunyisa n'omuntu empeera.

Katonda ayongera okunnyonyola Nabbi We wamu n'Abasiraamu bonna nti obwangu oba okwesiima si kintu kyangu era tekituukibwako okuggyako luvannyuma lwa kuyita mu buzibu. Era omuntu yenna ali mu buzibu, wano mu Aya eno Katonda amulagaanyisa essanyu n'okwesiima mu maaso, kale nno okusinziira ku aya eno omwawu atekwa kulindirira bugagga weewaawo newankubadde nga oluusi tebuba bugagga bwa babifeekera naye era nga bumumala mu ngeri ye.

Omuntu mwangu wa kwerabira tayinza kujjukira nti Katonda yali amuyisizzaako mu buzibu okuggyako ate nga afunyeeyo obuzibu obulala olwo nno n'alyoka amanya nti akalembereza ke yalimu wakati w'obuzibu obwasooka n'obuzibu obw'okubiri lyali ssanyu lya maanyi. Eky'okulabirako, omuntu tayinza kumanya nti okuwona obulwadde kintu kikulu nnyo okuggyako nga ate obulwadde bumuzzeemu omulundi omulala.

Katonda oluvannyuma lw'okutegeeza Nabbi (s.a.w.) ebirungi by'amukoledde, yamu-saba bw'aba amalirizza emirimo gye gyonna gy'aba akola afisseewo akadde amusinze oba nti bw'aba amaze okukola emirimu egyamulaalikwako: gamba ng'essala ettaano kirungi ate akoleyo emirimu emirala, era nga atunuulira ebyo byokka ebiri ewa Katonda by'aba yeegomba byokka.



## ALAM-NASHIRAH (94)

Yakkira Makka: Erina aya 8

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ

1. Sitwakwanjuluriza ekifuba kyo (ne tukyakaayakanya, ne tukigaziya, ne tukijjuza okumanya n'obukkiriza wamu n'Amagezi)?

اَلَمْ نَسْرَحْكَ صَدْرَكَ ۝۱

2. Ne tukuggyako ggwe ebibi byo (bye wandikoze)

وَوَضَعْنَا عَنَّا وَرَدَكَ ۝۲

3. Ekyo ekyabendula omugongo gwo (Nabbi Muhammadi yeeraliikirira olw'ebyo bye yakola nga tamanyi obanga bizira bwe yali tannatumibwa. Naye oluvannyuma lw'okuweebwa obwannabbi Katonda n'abiziya Nabbi n'abibala ng'ebibi ebimuzitoowera, Katonda Omugulumivu n'abimunya).

الَّذِي اَنْقَضَ ظَهْرَكَ ۝۳

4. Ne tusitula ekitiibwa kyo

وَرَقَعْنَا لَكَ ذِكْرَكَ ۝۴

5. Mazima ddala buli buzibu buddirirwa obwangu;

فَاِنَّ مَعَ الْعُسْرِ يُسْرًا ۝۵

6. Mazima buli buzibu buddirirwa obwangu: (bw'ofuna obuzibu obw'omulundi ogumu, ofunawo obwangu bwa mirundi ebiri, singa ogumiikirizza).

اِنَّ مَعَ الْعُسْرِ يُسْرًا ۝۶

2. Katonda yasonyiwa Nabbi We Muhammadi (s.a.w.) n'atakola kibi kyonna mu bulamu bwe ne bwe yali nga tannaweebwa Bwannabbi.

4. Katonda tayogerwako wamu na kirala kyonna wabula ayogerwako wamu ne Nabbi Muhammadi (s.a.w.) nga mu ky'asiima mu kukkiriza era ne mu ngeri endala.

7. Bw'oba nga omaze emitawaana yimirira (bw'oba nga omaze emitawaana gy'ensi yo n'okumalawo obwe-taavu bwo, tandika okutegana n'okukola emirimu gy'okusinza Katonda wo),
8. N'eri Katonda wo yagala; (saba, teeka ekigendererwa kyo n'okwagala kwo eri Katonda wo.)

فَاذْفَرَعْتِ فَاَنْصَبِ ۝


يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا اذْفَرِعُوْا اِلٰى رَبِّكُمْ فَارْعَبُوْا ۝

## EBIFA KU SSUULA AT-TIINI MU BUFUNZE (95)

Essuula eno crimu okunnyonyola obubumbwa bw'omuntu era Katonda atutegeza nga ekifaananyi kye yamutonderamu bwe kiri nga kye kisingirayo ddala obulungi, ate nga bwe kiri ne mu Aya endala nti: omuntu y'asinga ebitonde byonna ekitiibwa. Naye newankubadde ebyo nga biri bwe bityo waliwo abantu abamu Katonda be yafuula aba wansi okusinga ebya wansi byonna, ne basingibwa n'ebisolo, ebiwuka, ennyonyi, n'ebintu ebirala. Abantu abo be batakkiriza abaaalemwa okutegeera ekigendererwa mu bulamu n'ekyabatondesa. Katonda agamba nti. "Saakola bantu na majinni okuggyako lwa kunsiza.

Omuntu yenna alemwa okutegeera Katonda n'okumusinja aba talina mugaso ku nsi era olwo ebisolo: gamba ng'embuzi, ente, n'endiga bimwesingira kubanga byo birina emigaso abantu gye bayinza okubifunamu, ate byo ekyabatondesa si ku lwa kusinja Katonda kyokka, naye n'okugasa abantu.

Katonda oluvannyuma lw'okunnyonyola ebyo ate omuntu asalawo atya okulimbisa eddiini? Tamanyi nti Katonda ye mulamuzi asinga abalamuzi bonna, ayinza okuwa omuntu ekintu ky'ateekwa kufuna oba okussa omuntu w'atagya?



## ESSUULA AT-TIINI (95)

Yakkira Makka: Erina aya 8

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde (omuti) Omuttiini n'Omuzzayituuni (Ekifo ekirimu *Attiini* ne *Zzayituuni*, kye kifo ekiyitibwa *Baitul-Makdis*, ekifo awaatumirwa Nabbi Issa—emirembe gibe ku ye).

وَالتِّيْنِ وَالتَّرِيْمِ

2. Ndayidde Olusozi Sinai (Katonda Omugulumivu lwe yatumirako Nabbi Musa, emirembe gibe ku ye)

وَطُوْرٍ سِيْنِيْنٍ

3. Ndayidde na kino Ekibuga Ekyemirembe (Ekibuga Makka, ekyatumirwamu Nabbi Muhammadi, asinga Bannabbi bonna era cyakomekkeriza obubaka bwonna obwava mu Ggulu nga bujja eri abantu b'ensi eno).

وَهَذَا الْبَلَدِ الْأَمِيْنِ

4. Mazima twatonda Omuntu mu kifaananyi ekisinga obulungi n'obugolokofu (era nga mwenkamunkamu, Katonda n'amuteeka mu kifaananyi ekisinga obulungi okusinga ebiramu byonna),

لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي أَحْسَنِ تَقْوِيْمٍ

5. Bwe Tulimala ne tumuzza okubeera owa wansi w'aba wansi (ne tumu-fuula omukadde awusse atasobola kwekolera kintu kyonna olw'obunafu bw'omubiri gwe. Ne ku Lunaku Lw'oluvannyuma, alibeera owa wansi okusinga aba wansi bw'aliba si mukiriza omutya Katonda),

ثُمَّ رَدَدْنَاهُ أَسْفَلَ سَافِلِيْنِ

6. Wabula abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, bo balina empeera eteri ya kukoma. (Abo nno tebagenda kuzibwa wansi era bwe baba nga bakaddiye ne baba nga tebakyasobola kutuukiriza mirimu gya Ddiini gye baali bakola nga bakyali ba maanyi, Katonda abawandiikira empeera y'emirimu egyo gye batakyasobola).

إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
فَلَهُمْ أَجْرٌ عَظِيمٌ مَّمْنُونٍ ﴿٦﴾

7. Kiki ekikulimbisisa, oluvannyuma lw'ebyo ku Kusasulwa n'Okubalibwa?

فَمَا يَكْتُمُكَ بَعْدُ بِالْأَيِّينِ ﴿٧﴾

8. Tali Katonda Omugulumivu nga ye mulamuzi okusinga abalamuzi bonna, (Katonda Omusaasizi ennyo, ye mulamuzi okusinga abalamuzi bonna, omwenkanya, atasaliriza)?

إِنَّا أَلَيْسَ اللَّهُ بِأَحْكَمَ الْحَاكِمِينَ ﴿٨﴾

7. Kiki ekituusizza gwe Omuntu ku kulimbisa ebyo? Tolowooza Katonda engeri gye yakutandamu n'entandikwa yo, n'obuvubuka bwo n'obukadde bwo, n'okifuula eky'okulabirako; n'omanya nti oyo cyakola ebyo byonna asobola okukuzuukiza n'okukubala. Olwo kiki olimbisa Okubalibwa n'Okusasulwa?

## EBIFA KU SSUULA IK-RAA (AL-ALAK) MU BUFUNZE (96)

Essuula eno yakkira Makka, era y'essuula eyasookera ddala okukka ku Nabbi (s.a.w.) bwe yali ng'ali mu mpuku gye yagendanga okusinja Katonda. Malayika Jibriilu yamula-bikira n'amugamba nti: 'Soma' Nabbi (s.a.w.) kwe kumuddamu nti "Nze simanyi kusoma" olwo Jibriilu n'amunyiga olunyiga luyitirivu nnyo, oluvannyuma n'amuta n'addamu okumusaba ekintu kye kimu era ne Nabbi naye n'addamu nga bwe yaddamu omulundi ogwasooka era bw'atyo n'anyigibwa omulundi ogwokubiri n'oluvannyuma ogwokusatu. Jibriilu yatandika okuyigiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ebyo by'ateekwa okusoma. Ekyo kitegeza nti omulembe gwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) mulembe gwa kusoma. Olwo ne kibeera nga ekyamagero kye ye Kuraane, ekitabo ekirimu eby'okuyiga, ne kitafaanagana na byamagero birala ebya Bannabi abaamusookawo.

Ekitundu ekyokubiri eky'essuula eno kyogera ku bubumbwa bw'omuntu n'enneeyisa ye bw'aba amaze okufuna ebyobugagga ebiwerako. Katonda atutegeza nti, omuntu oyo atandika okwekuza n'okujeema, wabula talina gy'agenda kudda okuggyako era wa Katonda. Abantu beerabira mangu eby'emabega bye bayiseemu era awo omuntu bw'oba nga wali mwavu Katonda n'akugaggawaza ate tewali nsonga yonna lwaki weekulantanza.

Waaliwo omusajja eyali omutakkiriza era omuwakanyi, nga w'e Makka era y'omu ku bantu abaali baagala okulemesa Nabbi (s.a.w.) emirimo gy'okuyita abantu okujja eri Obusiraamu. Omusajja oyo yali ayaitibwa Abu Jahal, mu ssuula eno Katonda yamwo-gerako bwe yali yeewadeyo okugaana Nabbi (s.a.w.) okusaala esswala ze; era n'amulagaa-nyisa nti bw'anaaba taleseeyo mpisa eyo embi, Katonda ajja kumositula, amukululire ku kawompo. Omusajja ono yattibwa ku lutalo lw'e Uhudu nga mukaafiiri. Katonda yakomekerezwa essuula eno n'okutegeza Nabbi (s.a.w.) obutagondera musajja oyo, wadde okulekayo emirimo gye gye yali akola olw'okumutya wabula agenderere nagyo. wadde okulekayo emirimo gye, gye yali akola olw'okumutya wabula agenderere nagyo.



## ESSUULA: IK-RAA (AL-ALAQ) (96)

Yakkira Makka: Erina aya 19

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Soma ku linnya lya Mukama wo  
(oyo omwagazi era) eyatonda ebi-  
tonde byonna

اقْرَأْ بِاسْمِ رَبِّكَ الَّذِي خَلَقَ ①

2. Eyatonda Omuntu nga amuggya mu  
kitole ky'omusaayi:

خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلَقٍ ②

3. Soma! ne Mukama wo y'asinga  
Obugabi (Ye mugabi oyo atalina  
amwenkana, Agaba awatali kusaba  
gw'awadde kumusasula),—

اقْرَأْ وَرَبُّكَ الْأَكْرَمُ ③

4. Y'oyo eyayigiriza n'ekkalaamu,  
(Ayigiriza n'alunngamy n'ekkalaamu  
olw'ebyo by'ewandiika—Ekyo kiraga  
obukulu bw'ekkalaamu, naddala  
okuyiga okugiwandiisa),—

الَّذِي عَلَّمَ بِالْقَلَمِ ④

5. Oyo ayayigiriza Omuntu ebyo  
bye yali tamanyi (n'amuyigiriza  
engeri y'okumanya okutalina  
kikomo, n'amuyigiriza Obulunngamu  
n'obwonoonefu).

عَلَّمَ الْإِنْسَانَ مَا لَمْ يَعْلَم ⑤

6. Nedda, kikakafu mazima Omuntu  
ayinza okubula (n'amanya Amateeka  
ga Katonda ne yeekuza),

كَلَّمَ إِنَّا الْإِنْسَانَ لِيَطْغَى ⑥

7. Bwe yeeraba nga agaggawadde  
(veemalirira).

أَنْ رَأَاهُ اسْتَغْفَى ⑦

6. Wano mu kitundu kino Katonda Omugulumivu ateggeeza engeri y'omuntu nga bw'asanyuka yeeraga singa yeerabe nga ali bulungi.



8. Mazima eri Mukama wo y'eri Obuddo (bwa buli omu ku Lunaku Lw'enkomerero). إِن إِلَىٰ رَبِّكَ الرَّجْعَىٰ ٨
9. Olaba oyo agaana أَرَعَيْتَ الَّذِي يَنْهَىٰ ٩
10. Omuddu bw'aba nga asaala? عَبْدًا إِذَا صَلَّىٰ ١٠
11. Olaba (oyo gw'agaana) bw'aba nga ali ku bulunggamu? أَرَعَيْتَ إِنْ كَانَ عَلَىٰ الْهُدَىٰ ١١
12. Era nga alagira okutya Katonda (amukanga n'amutiisiatiisi)? أَوْ أَمْرًا بِالتَّقْوَىٰ ١٢
13. Olaba oyo (agaana asaala), bw'aba ng'alimbisa n'akyuka okuva ku mazima? أَرَعَيْتَ إِنْ كَذَّبَ وَتَوَلَّىٰ ١٣
14. Tamanyi nti mazima Katonda alaba (ebyo by'akola era ajja kumubonyabonya olw'ebikolwa bye)? أَلَمْ يَعْلَم بِأَنَّ اللَّهَ يَرَىٰ ١٤
15. Nedda (tamanyi ekyo Abu Jahal), bw'anaabeera nga teyeekomyeko, Tujja kumuwalulira ku kawompo, كَلَّا لَئِنْ لَمْ يَنْتَهِ لَنَسْفَعًا بِالنَّاصِيَةِ ١٥
16. Akawompo akalimba era akasobya (Tujja kumukwata ku nviiri eziri mu kawompo tumukulubbye)! نَاصِيَةٍ كَاذِبَةٍ خَاطِئَةٍ ١٦
17. Kale ayite olukiiko lwe (oba lunaamutaasa)! فَلْيَدْعُ نَادِيَهُ ١٧
18. Naffe tujja kuyita Bamalayika ab'amaanyi abakuuma Omuliro (bamu-koleko)! سَنَدْعُ الزَّبَانِيَةَ ١٨
19. Nedda tomugondera (ku ekyo ky'akugamba), wabula vvunnama osembere, (saala osembere eri Katonda wo: kiri *Sunna* okuvunnama nga osomye ekigambo ekyo)! كَلَّا لَا تَطِعُوهُ وَاسْجُدْ وَاقْتَرِبْ ١٩

10. Ekitundu ekyo kyakka Abu Jahal bwe yagezaako okugaana n'okuziyiza Nabbi Muhammad (s.a.w.) okusaala n'amulagaanyisa okumulinyira ku nsingo singa anaamusanga nga asaala.

## EBIFA KU SSSUULA AL-KADRI MU BUFUNZE (97)

Essuula eno etunyumiza ku *LAYLATUL-KADR*, ekiro eky'ekitiibwa. Ekitiibwa ky'ekiro ekyo Katonda yakyogerako mu Ssuula-Dukhan era nga ategeeza nga Kuraane ey'ekitiibwa bwe yakkira mu kiro ekyo eky'emikisa. Okusinziira ku bujulizi bwe tufuna mu Kuraane Katonda agamba nti: "Omwezi gwa Ramadhane gwe gwo mwe yakkira Kuraane" n'okusinziira ku Hadith za Nabbi (s.a.w.), ekiro ekyo *Laylatul-Kadr* kiri mu mwezi gwa Ramadhane, naye olunaku lwennyini ekiro ekyo mwe kiri telumanyiddwa. Engogera za Hadith ezimu ziraga nti olunaku olwo lwe lw'abiri mu omusanvu oba olw'abiri mu olumu; ate engogera endala ziraga nti ekiro ekyo kiri mu nnaku ekkumi ezisembayo mu mwezi gwa Ramadhane. Katonda Omugulumivu y'amanyi ekya ekiri mu butatutegeza lunaku lwennyini *Laylatul-Kadr* mw'eri; naye okuva obujulizi obulaga nti ekiro ekyo kiri mu nnaku za Ramadhane, kisigalidde eri mukkiriza kwewaayo kukola mirimu mirungi mu Ramadhane, oba olyawo Katonda n'amusaasira emirimu gye ne gikolebwa mu lunaku olwo.

Aya 3-5 Katonda Omugulumivu atutegeeza nti: "Ekiro eky'ekitiibwa kye kisinga emyezi lukumi". Waliwo ebigambo bingi ebitali bituufu ebyogerwa ku kiro ekyo, era ebisinga tebiriiko bujulizi kuva mu Kuraane wadde mu Hadith za Nabbi (s.a.w.). Wabula kiteekwa okumanyibwa nti ekiro ekyo kiro kya mikisa; mwe mwakkira Kuraane. Omuntu atekwa kusinza Katonda na kumwebaza olw'ekyengera kya Kuraane eyo eyajja okulungamya era nga bamwebaza olw'ekyengera ky'Obusiraamu, nga balo-woza obuzibu Nabbi (s.a.w.) bwe yayitamu okumala emyaka abiri mw'esatu nga ayita abantu okuyingira mu ddiini ya Katonda. Naye ekyewuunyisa kw'ebyo ebyogeddwa kwe kuba nga ennaku zino abantu tebakyabikola. Wabula bamala ekiro kye baba balabye mu mwezi gwa Ramadhane nga beenyumiza emboozu ezitakwatagana na kitiibwa kya lunaku olwo, abalala bayinza n'obutawuliriza Kuraane eba esomebwa, wabula nga bali awo mu mboozu; ebyo byonna bizuukawo lwa kuba ebigambo eby'obulimba ebyogerwa ku *Laylatul Kadr*: Buli omu bimwa ekifaananyi kirala okusinziira ku ntegeera ye ne bimugyira ddala ne ku kintu ekituufu eky'okusinza Katonda n'okumwebaza.

Nabbi (s.a.w.) omulungamya w'ebitonde byonna, atulagira; bwe tuba tunoonya ekiro kya *Laylatul Kadr* tukinoonye nga mu myoyo gyaffe tuli bakkiriza ate nga tusuubira n'okufuna empeera ewa Katonda; atulagira okukola ekyo tulyoke tukwatibwe ensanyi nga abakkiriza olw'obukulu bw'olunaku olwo, n'amakulu agalulimu. Kubanga mulimu okujjukira Karaane Ey'ekitiibwa, n'okujjukira emisingi gy'eddiini emigolokofu egyatandikibwako Kuraane. Eyo y'engeri entuufu Abasiraamu ffenna gye tuteekwa okugulumizaamu *Laylatul Kadr*.



## ESSUULA: AL-KADRI (97)

Yakkira Makka: Erina aya 5

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Mazima Ffe twagissa (Kuraane) mu Kiro Eky'okugera era Eky'ekitiibwa (Kya kitiibwa nnyo kubanga mwe mugererwa ebigambo byonna ebinaakola mu mwaka omulamba. Ate ekigendererwa n'okussa, kwe kugissa n'eggibwa ku lubaawo olukuumibwa *Al-Lawhul-Mahfuudhu* okugireeta ku Ggulu ery'oku nsi, oluvannyuma n'ekka mu bitundutundu eri Nabbi Muhammadi):

إِنَّا أَنْزَلْنَاهُ فِي لَيْلَةِ الْقَدْرِ ۝١

2. Kiki ekinaakumanyisa, kye kiruwa Ekiro eky'okugera (eky'ekitiibwa)?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا لَيْلَةُ الْقَدْرِ ۝٢

3. Ekiro eky'okugera (eky'ekitiibwa) kye kirungi okusinga emyezi olukumi; (emirimu egikolerwa mu kiro ekyo ng'omuntu agonedde Katonda n'okusuubira empeera gy'Ali, empeera zaagyo zenkana n'emirimu egikolebwa mu myezi olukumi).

لَيْلَةُ الْقَدْرِ خَيْرٌ مِّنْ أَلْفِ شَهْرٍ ۝٣

وَالَّذِي عَلَيْهِ السَّلَامُ

4. Bamalayika bakka ne Mwoyo Mutukuvu (Jibriilu), mu kiro ekyo; ku lw'ekiragiro kya Mukama waabwe mu buli kigambo kyonna (mirembe myereere):

تَنْزِيلُ السَّلَامَةِ وَالرُّسُوفِ فِيهَا يَأْتُونَ رَبَّهُمْ مِنْ كُلِّ أَمْرٍ ۝٤

5. Bulungi bwereere ...Kyo, okutuusiza ddala Emmambya okusala (Okutuusiza ddala obudde okukya, era Bamalayika basabira emirembe buli mukkiriza yenna omusajja n'omukazi mu kiro ekyo)!

لَيْسَ سَلَامٌ شَيْءٌ حَتَّىٰ مَطْلَعِ الْفَجْرِ ۝٥

## EBIFA KU SSUULA AL-BAYYINAH MU BUFUNZE (98)

Essuula eno eyakkira e Madina etunyumiza mu kutwalira awamu ebintu bina (4) ebikulu.

- (1) Ekisooka etutegeeza nti okutumibwa kwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) yali nsonga nkulu, era ye yali ensonga etekwa okukyusa abaawakanya mw'abo abaawebwa Ekitabo (Abayudaaya n'A bakristaayo); bave ku bubuze bwabwe era beerabire ne njawukana zaabwe. Ekyo tebaalisobodde kukikola okuggyako luvannyuma lwa kubajjira Mubaka.
- (2) Ensonga eyokubiri essuula eno etutegeeza nti abo abaawebwa Ekitabo tebaayawukana ku bikwata ku ddiini yaabwe lwa kuba nti baali tebamanyi mazima, oba nti waaliwo bye baali tebategeera ebyabatabulatabula balyoke baawukane; wabula baayawukana luvannyuma lwa kubajjira bujulizi, era na luvannyuma lwa kumanya mazima.
- (3) Ensonga eyokusatu bw'osoma essuula eno olaba nti eddiini ensibuko yaayo, eri emu era emisingi gyayo myangu, n'olw'obwangu bwayo tekyyetaagisa bantu kwawukana mu kugitegeera.
- (4) Ensonga eyokuna Katonda Omugulumivu atunyumiza enkomerero y'abantu abo abaawakanya oluvannyuma lw'okubajjira obujulizi, be babi okusinga mu bitonde byonna ate abo abakkiriza Katonda ne bakola emirimu emirongoofu be balungi okusinga ebitonde byonna.


Aya 1-5 oluvannyuma lw'abantu okubula n'okwonooneka ne basinza bakatonda ab'obulimba, era ne baawukana mu ddiini ne ku nzikiriza zaabwe, ensi yali mu bwetaavu bungi eri omubaka omupya ajje okulungamya abantu bave ku bubuze bwabwe badde ku kusinza Katonda Omu; era beerabire n'enjawukana zaabwe, n'olwekyo Katonda Omugulumivu olw'okusaasira ebitonde yatuma Nabbi (s.a.w.) nga azze okulungamya abantu.

Katonda atutegeeza nti "Tebaayawukana abo abaawebwa ekitabo okuggyako luvannyuma lwa kubajjira bujulizi era tebaalagirwa okuggyako kusinza Katonda Omu nga batukuza ku Lulwe eddiini nga bakkiriza ab'amazima, bayimirizeewo esswala era batoole ne zaka. Eyo nno y'Eddiini engolokofu".

Aya 6-8: Kale oluvannyuma lw'okubajjira obujulizi nga ababaka baabwe be babubatuusaako Katonda nate era yatuma ne Nabbi (s.a.w.) ayajja n'obujulizi obw'enkomerero. Era ne kitegerekeka nti Nabbi (s.a.w.) ye Nabbi ow'enkomerero, kale kaakati kisigalidde eri muntu kwesalirawo alabe amazima agagoberere, oba asigalayo nga akyawalaza empaka, tewakyali Bannabbi balala nga bwe kyali mu mireme ekyasooka; kubanga olwo Katonda yatumanga ababaka buli abantu lwe baabulanga ne bava ku ddiini entuufu, kale awo ababuze baali balina omukisa gw'okujjukizibwa ne badda ku ddiini, oluvannyuma lw'okuwulira nti waliwo omubaka wa Katonda ayita abantu bajje eri amazima. Naye Katonda yasalawo nti Nabbi (s.a.w.) ye w'enkomerero kale kati omuntu takyalina ky'alindirira okuggyako entuuko ye, oyo omukkiriza awone ate oyo awalaza empaka n'agaanira ku bubuze enkomerero ye muliro (Jahannama). Tekitegeeza nti omuntu bw'azaalibwa n'akula ayinza okweyita Omusiraamu oba omukkiriza oba nti kasita

---

bakadde be babeeera Abasiraamu naye abeera Musiraamu, wabula okubeera Omusi-raamu era omukkiriza ow'amazima atekwa kukola mirimu mirungi na kwewala Katonda bye yaziyiza, kale omuntu akola ebyo n'agoberera n'amateeka ga Katonda enkomerero ye Jjana.



## ESSUULA: AL-BAYYINAH (98)

Yakkira Madiina: Erina aya 8

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Abo abawakanya Katonda (n'Omu-baka We) mu Bannanyini Kitabo era n'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala (nga babisinza), tebaali ba kuva (mu butamanya bwabwe ne mu kuwakanya amazima) okutuusa obunyonnyofu lwe bwabajjira,

لَمْ يَكُنِ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ  
الْكِتَابِ وَالْمُشْرِكِينَ مُنْفَكِّينَ حَتَّى  
تَأْتِيَهُمُ الْبَيِّنَةُ ①

2. (Nga buleetwa) Omubaka avudde ewa Katonda, asoma Ekitabo ekitukuvu (Omubaka oyo ye Nabbi Muhammadi, n'Ekitabo ekitukuvu ye Kuraane):

رَسُولٍ مِنَ اللَّهِ يَتْلُو صُحُفًا مُطَهَّرَةً ②

3. Mulimu mu kyo Ebigambo Ebigolokofu (era Ebituufu).

فِيهَا كُتِبَ قِيمَةٌ ③

4. Naye tebaayawukana abo abaa-weebwa Ekitabo, wabula oluvannyuma lwa bunnyonnyofu okumala okubajjira;

وَمَا تَفْرَقُ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ إِلَّا  
مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْبَيِّنَةُ ④

5. Era tebaalagirwa kintu kirala kyonna (kukisinza) wabula basinze Katonda oyo ali Omu yekka Omutonzi nga batukuza Eddiini ku Lulwe, (obuta-

وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ  
لَهُ الدِّينَ ⑤ حُنَفَاءَ وَيُقِيمُوا الصَّلَاةَ

4. Ekyo kitegeeza nti tebaayawukana abo abaweebwa Ebitabo ebyasooka. Abayudaaya abaali ku Mateeka ga Tauraati n'Abakristaayo abaali ku Mateeka g'Enjiri, tebaayawukana ku Nabbi Muhammadi (s.a.w.) lwa butamumanya. Wabula Ye Nabbi Muhammadi (s.a.w.) baali bamumanyi nga bw'alijja, olw'okwogerwako ennyo mu Bitabo byabwe; wabula oluvannyuma lwe okubajjira ate ne bamuwakanya.

mugatta na kintu kirala kyonna mu kumusinza ne mu Bwakatonda Bwe), era nga bawakanya Eddiini endala zonna, badde eri eddiini eyawula Katonda; bayimirizeewo Esswala; era baweeyo Zakka (bawecyo ekitundu kye yabalaalika okuggya mu mmaali yaabwe); n'eyo y'Eddini Engolokofu.

6. Mazima abo abawakanya mu bannannyini Kitabo n'abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala mu kumusinza, ba kubeera mu muliro (Jahannama), ba kutuulamu bugenderovu, era abo be babi okusinga ebitonde byonna.
7. Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu, abo be balungi okusinga ebitonde byonna.
8. Empeera yaabwe eri Katonda waabwe y'Ejjana (Ennyumba Ey'e-mirembe) ey'obutebenkevu; gikulukutira wansi waayo emigga; ba kutuula mu yo obugenderovu n'obugenderovu; Katonda yabasiima nabo ne bamusiima, ebyo by'oyo atya Katonda we (kuno ku nsi n'atuukiriza ebyo bye yamulagira ne yeewala ebyo bye yamugaana).

وَيُؤْتُوا الرِّكَوَّةَ وَذَلِكَ دِينُ الْقِيَمَةِ ﴿٥﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ وَالْمُشْرِكِينَ فِي نَارِ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا أُولَئِكَ هُمْ شَرُّ الْبَرِيَّةِ ﴿٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ أُولَئِكَ هُمْ خَيْرُ الْبَرِيَّةِ ﴿٧﴾

جَزَاءُ هُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ جَزَتْ عَذَابٍ نَجْرِي مَنْ تَحْتَهَا أَزْهَرُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ ﴿٨﴾

## EBIFA KU SSUULA ZIL-ZAAL MU BUFUNZE (99)

Essuula eno olukankana olwo lw'eyogerako ensi lw'erikankanyizibwa tujja kubeerawo ku Lunaku lwa Nkomerero. Olukankanyizibwa olwo terugenda kuleka mu nsi kintu kyonna kirina buzito bwonna nga tekivudde ku ttaka ne kidda mu kifo ekirala Katonda ky'aliba ayagadde okukunngaanyizaamu ebibumbe Bye. Omuntu agenda kwebuuzza nti ensi ebadde ki anti ng'alaba emuzunza bulala ate nga buli ky'agezaako okwenywerezaako nakyo kitambula butambuzi. Ku Lunaku olwo ensi lw'egenda okwogera kalonda yenna agifaamu, emirimo emirungi egyagikolerwamu n'emibi, n'ebintu ebirala Katonda by'aliba ayagadde okugyatuza: ku Lunaku olwo lwennyini abantu lwe balikulumulukuka nga baawukanyeyawukanye okugenda okukebera emirimo gyabwe.

Katonda akomekkereza essuula eno ng'agumya abaddu Be nti tewali kantu konna kalungi muntu k'akola Katonda n'atakamanya oba ne katawandiikibwa; omuntu ne bw'abeera ng'agaye omulimo ogwo gamba ng'okulonda eriggwa mu kkubo era omulimo ogwo empeera zaagwo agenda kuzifuna. Omusiraamu bw'alozoowa okukola omulimo n'amalirira naye oluvannyuma ne wajjawo ebizibu ebimugaana okugumaliriza obulungi, afuna empeera z'omulimo ogwo, eky'okulabirako oyinza okuyita ku masikiini n'oyagala omusaddaakire naye ogenda okukwata mu nsawo nga temuli ssente n'emu, awo Katonda akuwandiikira empeera z'okusaddaaka, bw'atyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bw'atutegeeza mu njigiriza ze.

Omuntu taja kulaba kanyinkuuli ka bulungi bwokka wabula n'ak'obubi ajja kuka-laba. Hadith nnyingi zitutegeeza nti obuzambi obutonotono busangulwawo n'emirimo emirungi egiba gibugoberezeddwa, nga n'egimu kw'egyo ye sswala. Nabbi (s.a.w.) agamba nti "Tya Katonda wonna w'oba oli era gobereza ebibi ebirungi, bijja kubisangulawo". Ebibi ebyogerwako wano by'ebibi ebitonotono so si ebinene, byo ebinene tebigibwawo okuggyako luvannyuma lwa kwenyanya.





## ESSUULA: ZIL-ZAAL (99)

Yakkira Madiina: Erina aya 8

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bw'eribeera nga ekankanyiziddwa  
ensi olukankanya olusingayo  
amaanyi,

إِذَا زُلْزِلَتِ الْأَرْضُ زِلْزَالَهَا ۝

2. N'efulumya (ensi) amawanika gaayo  
(Egenda kufulumya ebyo byonna  
ebiri munda waayo, nga abafu, ebi-  
rombe by'amayinja ag'omuwendu,  
nga zaabu, na buli kyonna ekyazii-  
kibwa kidde ku ngulu)

وَأُخْرِجَتِ الْأَرْضُ أَثْقَالَهَا ۝

3. Aligamba Omuntu nti: Ensi ebadde  
ki? (Bagenda kwogera ekyo nga ba-  
laba enyeenya oluvannyuma lw'oku-  
beera entebenkevu, n'eryoka eta-  
ndika okufulumya ebyo ebigiri munda  
waayo. Kyokka okwebuuzza okwo  
kuliva mu bakafiiri bokka, bo aba-  
kkiriza oba omukkiriza aligamba nti  
ky'ekyo kyennyini Mukama Kato-  
nda Omugulumivu kye yalagaanya).

وَقَالَ الْإِنْسَانُ مَا لَهَا ۝

4. Ku Lunaku Olwo lwennyini eri-  
nnyonnyola ebigambo byayo (Nga ete-  
geeza ebyo abantu bye baakoleranga  
ku yo):

يَوْمَئِذٍ تُحَدِّثُ أَخْبَارَهَا ۝

5. Anti mazima Katonda wo aliba agi-  
tumidde (Agikkiriza okwogera ebyo  
ebyakolebwa ku yo ng'ewa obujulizi).

يَا أَيُّهَا النَّاسُ أَوْسِئُوا لَهَا ۝

6. Ku Lunaku Olwo lwennyini balita-  
ndika abantu okugenda mu Bbaliro

يَوْمَئِذٍ يُصْدَرُ النَّاسُ شَتَاتًا ۝

nga bali mu bibinja ebyawufu balyoke balabe okubalibwa kw'emirimu gyabwe (n'okusasulwa kwabwe okwabalagaanyisibwa).

لَيُرَوِّاْ أَعْمَالَهُمْ ط  
⑥

7. N'omuntu eyakola obulungi nga bwenkana obuzito bw'akanyikuuli agenda kubulaba (mu kitabo kye era avunaanwe ekibi kye. Katonda tagenda kulyazaamaanya muntu n'omu okukendeeza empeera z'emirimu gye oba amuvunaane ekyo ky'ataakola oba ky'ataasobya).

فَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ خَيْرًا  
يَرَهُ ⑥

8. N'omuntu akola obubi obwenkana obuzito bw'akanyikuuli agenda kubulaba (mu kitabo kye era avunaanwe ekibi kye. Katonda tagenda kulyazaamaanya muntu n'omu okukendeeza empeera z'emirimu gye oba amuvunaane ekyo ky'ataakola oba ky'ataasobya).

وَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ شَرًّا يَرَهُ ⑥

## EBIFA KU SSUULA AL-AADIYAATI MU BUFUNZE (100)

Mukama Katonda essuula eno yagitandika na kulayira. Bw'atandika n'okulayira kitegeeza ekyo ky'agenda okwogerako kikulu nnyo. Mu kulayira kuno yalayira enfalaasi nga ziri mu lutalo. Ekyo kitulaga ekitiibwa ky'ensolo zino n'omugaso gwazo eri abantu okusingira ddala abakkiriza, Katonda be yalagira okuba nga bulijjo babeera bulindaala okwambalagana n'omulabe yenna aba aboolekedde. Wano tusaana tukijjukire nti mu biseera ebyedda enfalaasi yali erina omulimo munene nnyo gw'ekola mu lutalo, gamba ng'omugaso gw'ennyonyi enwaanyi mu kakyo kano.

Okulayira nga kuwede Katonda yatutegeeza ekintu kye yalayirira; nga y'endwadde y'omuntu ey'omu mwoyo. Endwadde eyo "bwe butomi" bw'omuntu kw'ebyo Katonda by'aba amuwadde. Omuntu yennyini naye yeemanyi nga bw'alina omuze ogw'okwegomba: tasobola kwebaza era na kusiima ekyo Katonda ky'aba amuwadde wabula buli lw'afuna ekintu yeeyongerera kululunkanira ekyo ky'atannafuna, ne bw'aba nga tannaba kwebaza Katonda kw'ekyo ky'amaze okumuwa era yeerabira nti waliyo abanaku era abaaavu abatannafuna wadde ekyo ye ky'amaze okufuna be yandisaanye okuyamba.

Katonda bwe yamala okutunnonnyola endwadde eyo yatandika okutema empenda ezinaasimbula obulwadde obwo okuva mu mitima gy'abantu; n'ekkubo lye yakwata lyali lya kubuulira omuntu ebyo ebigenda okubeerawo ku Lunaku Lw'enk'omerero. Kubanga omuntu ow'amagezi era atya ebibonerezo bya Katonda bw'awulira ebitiiso by'Olunaku olwo ayinza okwebuulirira era ne yeekomako n'aleka empisa embi. Katonda kwe kututegeeza nti ebifuba by'abantu bigenda kubikkuka buli kyonna ekibirimu kitegeerwe, awamu n'okuba nti Katonda asobola okumanya ebiri mu bifuba newankubadde nga iebibikkuddwa.



## ESSUULA: AL-AADIYAATI (100)

Yakkira Makka: Erina aya 11

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Embalaasi ennwanyi eziwejjawejja nga zanguwa,
2. Ne zikasuka ensasi z'omuliro n'ebinuulo byazo nga bikommonta enjazi,
3. Nga zizinda (n'abazinzi) mu matulutulu,
4. Ne zifuumuula enfuufu mu kuzinda okwo,
5. Ne ziyingirira mu makkati g'ebibinja by'omulabe;
6. Mazima Omuntu mutomi eri Katonda we (Omuntu tasiima ebyo Katonda by'abeera amuwadde wabula atera kubala ebizibu ebimuguddeko okusinga ebirungi by'abeera afunye);
7. Mazima ye Katonda, kw'ekyo eky'obutomi mujulizi (Oba omuntu alyejulira yekka ku butomi bwe ku Lunaku Lw'enkomerero);
8. Naye mazima mu kwagala Emmaali muyitirivu.
9. Tamanyi (Omuntu) bwe biribeera biziikuddwa ebyo ebiri mu ntaana

وَالْعَادِيَاتِ ضَبْحًا ۝١

فَالْمُورِيَاتِ قَدْحًا ۝٢

فَالْمُعِيرَاتِ صُبْحًا ۝٣

فَأَنْزَنَ بِهِ نَعْمًا ۝٤

فَوَسَطْنَ بِهِ جَمْعًا ۝٥

إِنَّ الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنُودٌ ۝٦

وَأَنَّهُ عَلَىٰ ذَٰلِكَ لَشَهِيدٌ ۝٧

وَأَنَّهُ لِحُبِّ الْخَيْرِ لَشَدِيدٌ ۝٨

أَفَلَا يَعْلَمُ إِذَا بُعْثِرَ مَا فِي الْقُبُورِ ۝٩

3. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yabanga agenda okulwanyisa abalabe b'Obusiraamu yabazindanga ku maliiri (mu matulutulu).

10. Ne byolesebwa ebyo ebiri mu bifuba  
(Ebyo abantu bye baalinga bakweka  
mu mitima gyabwe kuno ku nsi)—
11. Mazima Mukama Katonda waabwe  
mumanyi wa byama byabwe mu  
Lunaku olwo na bulijjo; (Mumanyi  
wa byonna bye baalinga bakola era  
wa kusasula empeera ya buli omu mu  
bujjuvu)?

وَحُصِّلَ مَا فِي الصُّدُورِ ۝

يَعْلَمُ إِنَّ رَبَّهُمْ بِأَيِّ يُوسَمِينَ لَخَيْرٌ ۝

## EBIFA KU SSUULA AL-KAARIA MU BUFUNZE (101)

Essuula nnyingi nnyo ze tumaze okulaba ezinnyonyola ebifa ku Lunaku Lw'enkomerero. Olunaku Lw'enkomerero lulina amannya mangi n'ebitendo nabyo bwe bityo kale buli ssuula kw'ezo ezurunyumyako erectayo erinnya oba ekitendo ekipywa ekitali mu ssuula ndala. Amannya g'Olunaku Lw'enkomerero agamu ge gano; Al-Kaaria, Al-Kiyaamat, Al-Twammam, Al-Swakhat, Al-Haakkat ne Al-Ghaashiyaat n'amalala.

Omuntu tateekwa kwewuunya lwaki essuula nnyingi zoogera ku Lunaku olwo. Olw'okuba nga Olunaku olwo lukulu nnyo kyeruva lwogerwako ennyo. Ate mu buli kifo we luba lwogeddwako ebiba birwogeddwako tebifaanagana na byogeddwa walala. Essuula Al-Kaaria etunyumiza ku birirubeeramu, n'enkomerero y'abantu nga bw'eribeera. Katonda yafaanaanyiriza embeera y'abantu gye balibeeramu ku Lunaku Lw'enkomerero n'ey'ebiwajjolo ebikunngaanira ku ttaala ekiro, kubanga abantu balibeera mu kusamaalirira n'okuwuzuuma obuwuuzumi nga tebamanyi gye balaga, era tebamanyi kiki ekinaddirira; n'ebiwajjolo nabyo bwe bityo bwe bibeera ku ttaala kubanga nabyo tebamanyi kiki ekinaava mu kwekkunnganyiza kwabyo ku ttaala eyo.

Essuula eno erimu okutegeeza nti walibeerawo minzaane epima emirimu gy'abantu. Omuntu alibeera n'emirimo emirungi emingi egirisobola okuzitowa mu minzaane oyo alibeera mu bulamu bwa kwesiima; ate alibeera n'emirimu emirungi nga mitono tegizitowa ku minzaane oyo aliba wa mu muliro.



## ESSUULA: AL-KAARIA (101)

Yakkira Makka: Erina aya 11

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ


1. Ekikangabwa: ① الْقَارِعَةُ ۙ
2. Lwe lululwa Olunaku Olw'ekikangabwa (olwo olulikoona emyoyo gy'ebitonde ku lw'ebitiiso byalwo) مَا الْقَارِعَةُ ۙ
3. Kiki ekinaakumanyisa, lwe luluwa Olunaku Olw'ekikangabwa? وَمَا أَذْرَبُكَ مَا الْقَارِعَةُ ۙ
4. Lwe lunaku abantu lwe balibeera nga ebiwojjolo ebisaasaanye: (Nga babulubuuta tebamanyi wa gye balaga okufaanako nga ebiwojjolo). يَوْمَ يَكُونُ النَّاسُ كَالْفَرَاشِ الْمَبْتُوتِ ۙ
5. Ne zibeera Ensozi nga ppamba omusunsule afuumuddwa mu bbanga. وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ الْمَنْفُوشِ ۙ
6. Mazima oyo gwe birizitowera ebipimo by'emirimu gye emirungi, فَأَمَّا مَنْ ثَقُلَتْ مَوَازِينُهُ ۙ
7. Oyo nno agenda kubeera mu bulamu Obwesiimisa (Agenda kubeera mu Nnyumba Ey'emirembe—Ejjana) فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَاضِيَةٍ ۙ
8. Naye oyo gwe biriwewukira ebipimo by'emirimu gye (Emirimu emibi ne gizitowa okusinga emirungi), وَأَمَّا مَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ ۙ
9. Nnyina (alimuwambaatira) gwe Muliro Haawiya (gy'alidda). فَأَمَّهُ هَآوِيَةٍ ۙ
10. Kiki ekinaakumanyisa, kye kiki Haawiya? وَمَا أَذْرَبُكَ مَا هِيَ ۙ
11. Gwe Muliro Ogwengeredde (ogwokya okukamala). نَارًا حَامِيَةٍ ۙ

## EBIFA KU SSUULA AT-TAKAATHUR MU BUFUNZE (102)

Essuula eno nkulu nnyo kubanga evumirira endowooza y'abantu abasinga obungi ku bikwata ku by'obugagga Katonda by'aba abawadde. Abantu ab'endowooza eyo bava ku kumanya Katonda abawa ebyengerera ebyo n'okumusinja ne badda mu kwewaana, nga bagamba nti nze nnina obukadde bwe buti obwe ssente, nze nnina amayumba bwe gati, nze nnina abakazi bwe bati n'ebirala ebifaanagana ng'ebyo. Kale awo Katonda yecwuunya mu ssuula eno engeri abantu eby'obugagga gye bibasingiddemu okukolerera eddiini, eyo nga tebakyusaako okutuusa lwe batuuse mu kabbuli. Abantu abo oba nga ddala baali babiyita bya kubalaata; nedda si bya kubalaata na kwesuulirayo gwa nnaggamba kubanga Katonda agamba nti "Nedda mujja kumanya." Mujja kumanya nti amateeka Ge n'eddiini Ye teyabissa lwa kubitwalira mu ngalo, era n'ebintu ebirala bingi nnyo bye mujja okumanya.

Essuula eno erimu okutegeeza nti omuntu ajja kubuuzibwa ebikwata ku byengerera bye yaweebwa, kale omuntu tasaanye kumala gaddiibuuda byengerera bye nga bw'aba alabye kubanga ajja kubuuzibwa ensaasaanya ye nga bwe yali, kiki eky'omugaso kye yakola mu mmaali Katonda gye yamuwa. Kale abantu bateekwa bakimanye nti essence n'eby'obugagga ebirala byonna si byaffe. Bya Katonda n'olwekyo omuntu atekwa okukozesa eby'obugagga ebyo mu makubo amatuufu Katonda g'asiima olwo nno asobole okunnyonyola Katonda ennyinyonyola entuufu bw'aliba abuuziddwa ebifa ku by'obugagga ebyo.





## ESSUULA: AT-TAKAATHUR (102)

Yakkira Makka: Erina aya 8

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Kubalabankanyizza okwaza emmaali  
(enyingi n'ebitiibwa by'ensi ne  
mwawukana ku kugondera amateeka  
ga Katonda),

أَلْهَكُمُ التَّكَاثُرُ ١

2. Okutuusa lwe mulambula Entaana  
(ne mufa ne muziikibwa).

حَتَّى زُرْتُمُ الْمَقَابِرَ ٢

3. Kikakafu oluvannyuma mulimanya.

كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُونَ ٣

4. Era kikakafu oluvannyuma mulima-  
nya (enkomerero y'okutawaana  
kwammwe muweze emmaali, n'o-  
kwewulira kwammwe bwe kuliba nga  
kubatuseeko okufa)!

ثُمَّ كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُونَ ٤

5. Nedda, singa mumanyi okumanya  
okukafu (temwaligayaaziddwa, ku-  
weza mmaali ne muleka okukolerera  
Obulamu Obw'enkomerero).

كَلَّا لَوْ تَعْلَمُونَ عِلْمَ الْيَقِينِ ٥

6. Mazima ddala muliraba Omuliro  
(*Al-Jahimu*) n'amaaso gammwe  
(oluvannyuma lw'okufa)!

لَتَرُونَ الْجِجَمِيعَ ٦

7. Ate era oluvannyuma muligulabira  
ddala okulaba okwaddala!

ثُمَّ لَتَرَوْهَا عَيْنَ الْيَقِينِ ٧

8. Oluvannyuma mazima mugenda  
kubuuzibwa ku Lunaku olwo ku  
by'amasanyu (bye mwenyigiramu ku  
nsi: oba mwagondera Katonda oba  
mwamujecmera)!

ثُمَّ لَتَسْأَلَنَ يَوْمَئِذٍ عَنِ النَّعِيمِ ٨


## EBIFA KU SSUULA AL-ASWIRI MU BUFUNZE (103)

Mu ssuula eno eya Aya essatu mulimu enteekateeka enzijuvo ey'obulamu ng'Obusiraamu bwe bwagala. Essuula eno eteekawo enteekateeka (*Constitution*) y'Obusiraamu yonna mu bigambo bitono nnyo. Era n'ennyonyola omulimo gw'Abasiraamu gwe bateekwa okukola mu Aya emu yokka, Aya eyokusatu. Eky'okusobola okunnyonyolera ebintu ebyalyetaagisizza ekitabona ekiramba mu Aya essatu obusatu kye kimu ku byamagero bya Kuraane kubanga tewaliwo muntu akisobola okuggyako Katonda.

Essuula ennyonyola nti okuva ku Adam okutuusa ku nkomerero y'ensi enteekateeka entuufu eri emu era n'ekkubo ly'okulokola liri limu lyokka—lye ly'okukkiriza Katonda. Enteekateeka endala zonna ezitali eyo n'amakubo amalala gona ga kufaafaaganirwa bufaafaaganirwa. Kale abantu abatagenda kufaafaaganirwa be bo bokka abakkiriza, tebakoma kw'ekyo kyokka wabula bakola emirimo emirungi, era tebateekwa kwerabira buvunaanyizibwa bwabwe eri bannaabwe.

Amazima kintu kikulu nnyo kubanga tegatuukirizika. Omuntu tasaana kulwoowa nti oyo yenna aba akoze ekikyamu aba tamanyi Mazima we gali, okuggyako abantu abatono ennyo. Eky'okulabirako abakafiiri Abakuraish baali bamanyi bulungi nti Katonda (Allah) ye yakola ebintu byonna era tewali muntu oba kintu ekirala kyonna kyamuyambako. Ekyo baali bakimanyi bulungi era baali bamanyi nti Muhammadi (s.a.w.) bye yali ayogera byali bituufu, y'ensonga lwaki ebikonge by'Abakuraish byagendanga ku nju ya Nabbi ekiro ne bawuliriza Kuraane ate bwe bwakeeranga ne batandika okugamba nti Muhammadi by'ayogera bigambo bya mutabufu wa mutwe. Kale ekyabatwalanga ekiro okuwuliriza kyalinga ki?

Essuula era yayogera ku bugumiikiriza, Omusiraamu omutuufu atekwa kuba mugumiikiriza n'amanya nti buli kintu ekimutuuseeko kiba kivudde wa Katonda n'eddogo lyennyini teriyinza kukola Katonda nga takkirizza. Katonda agamba ng'ayogera ku balogo nti "Tebalina muntu yenna gwe batuusaako kabi n'eddogo eryo okuggyako na kukkiriza kwa Katonda".



## ESSUULA: AL-ASWIRI (103)

Yakkira Makka: Erina aya 3

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ndayidde Omulembe (ogwo ogubecramu enkyukakyuka y'omuntu mu bubi ne mu bulungi, oba omulembe gwa mukama waffe Nabbi Muhammad),

وَالْعَصْرِ ①

2. Mazima Omuntu ali mu kufaafaganirwa,


إِنَّ الْإِنْسَانَ لِفِي خُسْرٍ ②

3. Wabula abo abakkiriza (Katonda nga bw'Ali Omu) ne bakola emirimu emirungi, ne balaamiragana okubeera ku mazima (N'ago amazima kwe kugondera Katonda n'oleka ebyo byonna bye yagaana), era ne balaamiragana okugumiikiriza (Bwe babeera nga bagumiikirizza mu bubenje n'obuzibu bwonna obuba bubatuu-seeko era ne balaamiragana okugumiikiriza ku kutuukiriza amazima n'okugumiikiriza ku kutuukiriza amateeka ga Katonda, abo nno be baba bawonye okufaafaganirwa, ne baba ab'okulokoka mu Bulamu Obw'oluvannyuma).

إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ  
ع ③ وَتَوَّصَّوْا بِالْحَقِّ ④ وَتَوَّصَّوْا بِالصَّبْرِ ⑤

**EBIFA KU SSUULA AL-HUMAZA MU BUFUNZE (104)**

Essuula eno eyongera okukakasa ebyo ebyayogeddwa mu Ssuula At-Takaathur ku bikwata ku by'obugagga nga bwe bitalina mugaso. Egamba nti omuntu yenna agezaako okunyoomoola banne n'okuweebula ebitiibwa byabwe ng'abajeregerera nga bwe bali abaaavu oba abanaku, mukyamu nnyo kubanga naye emmaali gy'akunngaanya era gy'asiiba abala tegenda kumuwangaaza bugenderevu, wabula naye ajja kugireka ku nsi. Omuntu ow'engeri eyo talina buddo bwonna okuggyako omuliro.



## ESSUULA: AL-HUMAZA (104)

Yakkira Makka; Erina aya 9

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Okubonaabona kuli ku buli ageya (abantu) n'olulimu lwe n'amaaso ge (oyo anyoomoola banne n'okubazii-muula),

وَيَلْ لِكُلِّ هَمَزَةٍ لَمَزَةٌ ۝١

2. Oyo eyakunngaanya emmaali n'agikomekkereza okugibala,

الَّذِي جَمَعَ مَالًا وَعَدَّدَهُ ۝٢

3. Alowooza nti mazima emmaali ye ya kumubeezaawo obugenderevu (nti ejja kumugaana okufa)!

يَحْسَبُ أَنَّ مَالَهُ أَخْلَدَهُ ۝٣

4. Nedda ssi bwe kiri (nga bw'alowooza); ddala mazima alisuulibwa mu muliro ogusiiriiza (*Al-Hutwamah*).

كَلَّا لَيُنْبَذَنَّ فِي الْأُخْطَةِ ۝٤

5. Kiki ekinaakumanyisa ogwo Omuliro ogusiiriiza (*Al-Hutwamah*)?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْخُطْمَةُ ۝٥

6. Gwe Muliro gwa Katonda omukume ogutazikira,

نَارَ اللَّهِ الْمَوْقَدَةَ ۝٦

7. Ogwo ogutuuka ku Mitima (Gulyo-kya ne gutuuka ku mitima gyabwe awamu n'okubeera nga balamu):

الَّتِي تَطَّلِعُ عَلَى الْأَفْئِدَةِ ۝٧

8. Mazima gwo ku bo musaanikire (teguliimu kituli wadde akasekeso omuyita empewo),

إِنهآ عَلَيْهِمْ مُّؤَصَّدَةٌ ۝٨

9. Guli mu midumu emiwanvu egyegolodde.


فِي عَمَدٍ مُّمَدَّدَةٍ ۝٩

## EBIFA KU SSUULA AL-FIIL MU BUFUNZE (105)

Essuula eno etunyumiza ekyafaayo ekyayatiikirira mu kizinga ky'Abawarabu mu mwaka Nabbi (s.a.w.) gwe yazaalibwamu. Ekyafaayo ekyo kyalaga engeri Katonda gye yasobola okukuumamu ekifo ekyo ekitukuvu, mu nsi gye yasalawo Nabbi ow'enkomerero mw'aba azaalibwa. Ekyafaayo kino kyali kikulu mu nsi y'Abawarabu era baakifuula nga ye ntandikwa y'okubala emyaka, era omwaka ogwo gumanyiddwa n'eri Abasi-raamu bonna kuba mu mwaka ogwo Nabbi (s.a.w.) mwe yazaalibwa.

Ekyafaayo kino ekinyumizibwako mu ssuula eno, okusiinzira mu njogera ezisinga obungi kigambibwa nti, omufuzi Omu-Ethiopia eyali afuga Yemen yayagala okukyusa Abawarabu abaggye ku Kaaba ey'ekitiibwa nga ky'agenderera baleke okulambuka Kaaba e Makka kyeyava azimba ekkanisa mu Yemen nga gy'ayagala balambulenga. Omufuzi oyo eyali ayitibwa Abrahat yayungula eggye lya maanyi nnyo nga mulimu n'enjovu; yateekamu enjovu nga ky'agenderera kutiisa Bawarabu baleme na kutawaana kumulwanyisa. Bwe yatuuka okumpi n'e Makka yatuma ababaka eri abatuuze b'omu Makka n'abategeeza nga bwe yali tazze kubalwanyisa wadde okubakolako obulabe bwonna wabula nti yali azze kumenya Kaaba. Ab'omu Makka baamutya era ne batya n'eggye lye ne batandika okubuna emiwabo. Baddukira ku nsozi balabe ki ky'agenda okugikola.

Olunaku olwaddirira Katonda n'abasindikira obunyonyi obuyitibwa Abaabiila ne bubakanyugira amayinja, ne busaanyaawo eggye lye. Okuba nga obuyinja obwakasukwa obunyonyi buno bwasaanyawo eggye eryo, si kipya ku buyinza bwa Katonda, kubanga ne Nabbi (s.a.w.) lumu yawangula abalabe ku lw'okubayira enfuufu obufuufu, ku litalo lw'e Badri.



## ESSUULA: AL-FIHL (105)

Yakkira Makka: Erina aya 5

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Tolaba Katonda wo engeri gye yakola Bannannyini Njovu (abaali bazze okumenyawo Ennyumba ya Katonda Kaaba)?

أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَل رَبُّكَ بِأَصْحَابِ الْفِيلِ ۝١

2. Teyafuula ezaali enkwe zaabwe ennyonoonefu (Enkwe ze baali basaze ku kumenya Kaaba teyazifufuggaza ne zigwa butaka)?

أَلَمْ يَجْعَلْ كَيْدَهُمْ فِي تَضْلِيلٍ ۝٢

3. N'abasindikira Ennyonyi Abaabiila ezajjira ru bibinja,

وَأَرْسَلَ عَلَيْهِمْ طَيْرًا أَبَابِيلَ ۝٣

4. Nga zibakanyugira amayinja ag'ebumba eryokye.

تَرْمِيهِمْ بِحِجَارَةٍ مِّن سِجِّيلٍ ۝٤

5. N'abafuula nga essubi (oba ebisubi) eririiriddwamu ensolo (ne lifuuka obusa).

فَجَعَلَهُمْ كَعَصْفٍ مَّا كُوِلَ ۝٥

5. Mazima Katonda yabazikiriza n'ababetenta ne batatuukiriza, kigendererwa kyabwe.


## EBIFA KU SSUULA AL-FIIL MU BUFUNZE (105)

Essuula eno etunyumiza ekyafaayo ekyayatiikirira mu kizinga ky'Abawarabu mu mwaka Nabbi (s.a.w.) gwe yazaalibwamu. Ekyafaayo ekyo kyalaga engeri Katonda gye yasobola okukuumamu ekifo ekyo ekitukuvu, mu nsi gye yasalawo Nabbi ow'enkomerero mw'aba azaalibwa. Ekyafaayo kino kyali kikulu mu nsi y'Abawarabu era baakifuula nga ye ntandikwa y'okubala emyaka, era omwaka ogwo gumanyiddwa n'eri Abasi-raamu bonna kuba mu mwaka ogwo Nabbi (s.a.w.) mwe yazaalibwa.

Ekyafaayo kino ekinyumizibwako mu ssuula eno, okusiinzira mu njogera ezisinga obungi kigambibwa nti, omufuzi Omu-Ethiopia eyali afuga Yemen yayagala okukyusa Abawarabu abaggye ku Kaaba ey'ekitiibwa nga ky'agenderera baleke okulambuka Kaaba e Makka kyeyava azimba ekkanisa mu Yemen nga gy'ayagala balambulenga. Omufuzi oyo eyali ayitibwa Abrahama yayungula eggye lya maanyi nnyo nga mulimu n'enjovu; yateekamu enjovu nga ky'agenderera kutiisa Bawarabu baleme na kutawaana kumulwanyisa. Bwe yatuuka okumpi n'e Makka yatuma ababaka eri abatuuze b'omu Makka n'abategeeza nga bwe yali tazze kubalwanyisa wadde okubakolako obulabe bwonna wabula nti yali azze kumenya Kaaba. Ab'omu Makka baamutya era ne batya n'eggye lye ne batandika okubuna emiwabo. Baddukira ku nsozi balabe ki ky'agenda okugikola.

Olunaku olwaddirira Katonda n'abasindikira obunyonyi obuyitibwa Abaabiila ne bubakanyugira amayinja, ne busaanyaawo eggye lye. Okuba nga obuyinja obwakasukwa obunyonyi buno bwasaanyawo eggye eryo, si kipya ku buyinza bwa Katonda, kubanga ne Nabbi (s.a.w.) lumu yawangula abalabe ku lw'okubayira enfuufu obufuufu, ku litalo lw'e Badri.





## ESSUULA: AL-KURAYSHI (106)

Yakkira Makka: Erina aya 4

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Ku lw'empisa y'Abakuraishi,

لِذِئْلِيفِ قُرَيْشٍ ①

2. Empisa yaabwe ey'okutambulanga  
ennendo mu biseera eby'obutiti  
n'ekyeya (Baagendanga e Shaamu  
mu kiseera eky'ekyeya ate mu butiti  
ne bagenda e Yemen),

الْفِهِمْ رِحْلَةَ الشِّتَاءِ وَالصَّيْفِ ②

3. Bateekwa basinze Katonda Mukama  
w'eno Ennyumba (Kaaba),

فَلْيَعْبُدُوا رَبَّ هَذَا الْبَيْتِ ③

4. Oyo eyabaliisanga n'abawonya  
enjala, n'abawonya okutya (Bwe  
yafuula Ekibuga kyabwe Makka  
eky'emizizo ekitalumbibwa mulabe  
yenna).

الَّذِي أَطْعَمَهُم مِّنْ جُؤَيْبَةٍ وَآمَنَهُمْ

عِجًا مِّنْ حَوْفٍ ④

4. Ekyafaayo ky'enjovu ya Abrahat ayali azze okumenya Kaaba kyagyongera n'abantu b'omu Makka ekitiibwa, buli awali Abawalabu bonna mu bitundu by'Abawalabu. Ekyasobozesa abantu b'omu Makka (Abakuraishi) okutambulanga ennendo nga bagenda okusuubula e Yamani ne Shaamu nga bali mirembe wonna we batuukanga; era ne babeera nga baweebwa ekitiibwa buli we babeeranga. Ensi yaabwe n'ebeera nga eri mirembe obutalumbwa mulabe yenna, oluvannyma lwa Kabaka eyali azze okumenya Kaaba okuseseggulwa—olukwe lwe ne lugwa butaka. Awamu n'okuba nga entalo zaali zibunye ebizinga by'Abawarabu era nga tezizikira, ekyo ky'ekyengera Katonda ky'abajjukiza mu ssuula eno okuba nga baalufuula lubeerera lwabwe okutambula ennendo ezo nga bali mirembe mu nsi yaabwe (Makka) ne mu nngendo zaabwe.

Ekyo kyeyongera ku kyengera eky'okubataasa ku mulabe waabwe eyali azze okumenya Kaaba, nga bwe kyannyonyoddwa mu aya esoose. N'olwekyo bateekwa basinze Katonda oyo Omufuzi w'Ennyumba eyo Kaaba (Katonda) awatali kumugatta na bintu birala; nga beebaza ebyo bye yabawa nga okufuula Makka ekibuga eky'emirembe, n'abawonya okutya omulabe, n'abaliisa awamu n'okuba nga ensi yaabwe nkalu teddamu kintu kyonna.

Ekyo Katonda yakikola nga ayanukula okusaba kwa Nabbi Ibrahiimu (emirembe gibe ku ye) bwe yasaba nga amaze okuleka omwana we Ismaili ne nnyina Hajara mu Makka, n'agamba nti: "Katonda wange fuula kino ekibuga eky'emirembe, era ogabire abantu baamu ebibala. Era nga bw'agamba nti ddira emitima gy'abantu ogizze gye bali." Kati buli kibala kyonna okisangamu newankubadde nga mu Makka temulimibwa.

## EBIFA KU SSUULA AL-MAA'UUN MU BUFUNZE (107)

Essuula eno wadde erina aya ntono naye erina amakulu mangi, kubanga omuntu bw'agisoma ne yeetegereza amakulu gaayo asanga nti eyogera ku ddiini n'egimu ku misingi gyayo, era n'eraga enjawulo eriwo wakati w'omukkiriza ow'amazima n'omunnanfuusi, oyo ayeerimbika mu linnya ly'Obusiraamu sso nga ddala si mukkiriza wa mazima.

Mu mazima ddala eddiini yaffe eno si ddiini ya kweraga era tekigasa omuntu okwera-gira ku banne nti ye asinza nnyo Katonda sso nga bw'abeera yekka talina mulimu mulungi gwonna gw'akola. Obusiraamu ddiini nnyangu omuntu ayewaayo n'asiramuka atekwa okutuukiriza amateeka ga Katonda, akole buli mulimu ku lwa Katonda, era atuukiriza byonna Katonda bye yalagira awatali kweyagalira oba okwesalirawo olw'okwagala kwe emirimu egimu n'agikola emirala n'agireka. Mu Busiraamu buli muntu alina ebivunaan-yizibwa ebyamukakasibwako Katonda nga ye omuntu, ate alina n'ebirala ebimukakatako okukolera banne b'awangaala nabo. Abasiramu bateekwa okuyambagana, okubuu-liriragananga nga ekigendererwa kwe kuwangaala nga ab'oluganda abaagalana era abassa ekimu.

Aya 1-3 Omuntu okubeera omukkiriza ow'amazima, takoma ku kutoola "Ash-hadu" wabula atekwa okugoberezaako n'okukola emirimu emirungi era n'omutima gwe ne gugondera ddala ne yeeyisa empisa ennungi ezaalagirwa, era n'ayisa bulungi ne Basiraamu banne wamu n'abo bonna b'awangaala nabo. Ateekwa okulumirwa abaavu, abanaku ne bamulekwa; abo abectaaga obuyambi n'okubagumya n'ebigambo ebirungi ebibazzaamu amaanyi. Katonda Omugulumivu tayagala bantu bamala googera bye batakola wabula ebigambo biteekwa okugoberezebwo ebikolwa ebibikakasa.

Okusaala esswala ettaano y'emu ku mpagi enkulu eziyimiriddeko eddiini. Eswala zirina ebiseera byazo ebigere, era omuntu atekwa okuzisaala nti ataddeyo omwoyo era nga asubira n'okufuna empeera okuva eri Katonda. Naye Katonda yalagaanyisa oku-bonabona eri abo abatafaayo ku sswala zaabwe abo abasaala nga tebeefiirayo, nga ebirowoozo byabwe tebiri wa Katonda; oluusi tebatuukiriza na mizizo gya sswala wabula ne bazifuula ez'omuzannyo. Bwe babeera bokka tebasala wabula bwe balaba awali abantu ne balyoka basaala lwa kweraga, ate abamu mu bo esswala bazisaala matoboto-tobo, bw'asaala "Subuhi", "Dhuhuri" tagisaala, bw'atyo ne yeetawanyisa n'ebitaliimu esswala ne zimuyitako. Abamu tebazisaalira na mu biseera byazo wabula, bwe baddayo eka ne balyoka batandika okuziriwa, awo oyinza okwebuuzza nti abaffe, mmwe abeeyita Abasiramu temusobola kwekuba mu bifuba ne mwebuuzza oluvannyuma lw'okusoma essuula eno, nti ddala tuli Basiraamu ba mazima abatuukiriza amateeka ga Katonda nga bwe yagannyonyola mu Kuraane?

Kiteekwa kitegeerekeke eri buli Musiraamu nti Katonda Omugulumivu, atulagira okumusinja n'okukola emirimu gyonna talina kyonna ky'atufunamu wabula emigaso gyonna gidda eri ffe. Katonda ayagala tubeere balongoofu tulyoke tusobole okuwan-gaala emirembe mu myoyo gyaffe, era tuwangaale mirembe ne bannaffe. Kale ddala abantu balaga wa nga tebakutte kkubo lya Katonda?



## ESSUULA: AL-MAA'UUN (107)

Yakkira Makka: Erina aya 7

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1 Olabye oyo alimbisa Olunaku Lw'oluvannyuma (olwo olw'Okuzuukira n'Okusasulwa)?

أَرَأَيْتَ الَّذِي يُكَذِّبُ بِالذِّينِ ①

2. Y'oyo yennyini awalagganya mulekwa (n'amulyazaamaanya emmaali ye era n'atamuyisa bulungi mu ngeri endala yonna),

فَذَلِكَ الَّذِي يَدُعُّ الْيَتِيمَ ②

3. Era n'atakubiriza kuliisa banaku.

وَلَا يَحْضُ عَلَى طَعَاوِ الْمُسْكِينِ ③

4. Okubonaabona kuli kw'abo abasaaala

قَوْلٍ لِلْمُصَلِّينِ ④

5. Abo bo abalagajjalira Esswala zaabwe (okuzisaalira mu biseera byazo oba obutatuukiriza mpagi zaazo),

الَّذِينَ هُمْ عَنْ صَلَاتِهِمْ سَاهُونَ ⑤

6. (Era) abo abakola bandabe,

الَّذِينَ هُمْ يُرَاءُونَ ⑥

7. Sso nga (mu mazima) bamma ne balirwana baabwe ebintu ebikoze-sebwa ebitonotono.

عِنْدَ وَيَسْتَعُونَ الْمَاعُونَ ⑦

7. Essuula eno ennyimpi erina ebitundu omusanvu, etegeza enjawulo eri wakati w'okukkiriza okwa ddala n'okutali kukkiriza kwa ddala. Mazima eddiini ssi kwogera bwogezi oba ebikolwa ebyokungulu, era tekigasa okusinza Katonda okw'ebikolwa byokka n'okwogera obwogezi, bwe biba ebikolwa ebyo nga tebiva mu kumalirira. Okukolerera Katonda nga kuva mu mutima kwe kusindika omuntu okukola emirimu emirongoofu Katonda gy'akkiriza.

Era eddiini teyawulwamu nti omuntu alina okweyagalira okukolako ebyo by'aba ayagadde n'aleka ebyo by'atayagadde. Wabula etegeka y'eddiini eri emu enziyuvu, buli bitundu byayo biyambata binnaabyo, ka gabe mateeka agakwata ku bantu bonna okutwalira awamu, oba agakwata ku kinnoomu.

Olwo nno bwe byegatta byonna ne biryoka bituusa omuntu okuba omutukuvu w'omwoyo,

n'afuna obulamu obwesiimisa abantu ne bayambagana mu bulungi, mu kulongoosa wamu ne mu kukulaakulana olwo okusaasira kwa Katonda ne kulyoka kubabuna bonna.


Omuntu ayinza okweyita Omusiraamu era n'agamba nti nkakasa nga eddiini y'Obusiraamu ya mazima era ayinza n'oku ba nga asaala n'akola n'emirimu emirala Obusiraamu gye bulagira, kyokka nga obukkiriza buli wala naye. Obukkiriza bulina obubonero obubulaga; singa obubonero obwo tebufunibwa mu muntu, obukkiriza buba tebuli mu muntu oyo, ne bw'aba nga agamba nti ndi mukkiriza. Buli wonna obukkiriza bwe buba obw'amaanyi mu mutima gw'omuntu bumusindika okukola emirimu emirungi n'okuleka ebibi, ne yeewala okukola bandabe mu kusinza Katonda, n'abeera ow'ekisa ayamba abali mu bizibu, nga bamulekwa n'abanaku. N'ataba mukodo mw'ebyo abantu bye batera okuyambaganamu nga okwazika embazzi, ebinu, omunnyo, n'ebifaanana nga ebyo cbirala.

Essuula eno eraga nti omuntu tekumugasa okusaala obusaazi, n'okusoma obusomi, nga omutima gwe mulagajjavu tegusembeza kitiibwa kya Katonda, era nga tegugenda nga gumulondoola. Amakulu nti abantu abo basaala lwa kweraga bwerazi eri abantu, sso ssi lwa kusaala okwo okwa Katonda kw'akkiriza okw'omuntu asemebeza omutima gwe n'amanya nti nnyimiridde mu maaso ga Katonda. N'olwekyo essaala y'omuntu omugayaavu terina ky'egasa, era Katonda yalagaanyisa oyo asaala nga mugayaavu ebibonyobonyo mu Bulamu Obw'oluvannyuma. Mu ssuula eno tugambibwa nti; Omuntu akola bandabe mu mirimu gya Katonda talina mpeera gy'afuna okuva eri Katonda kubanga Ye talina ky'ayagala mu mirimu gyaffe. Wabula ayagala tubeere abatukuza emitima gyaffe, okugiggyamu bandabe, era tubeere ab'ekisa eri bannaffe; olwo nno tulyoke tutuuke ku bulamu obwesiimisa kuno ku nsi ne mu Bulamu Obw'oluvannyuma.

## EBIFA KU SSUULA AL-KAWTHARA MU BUFUNZE (108)

Essuula eno etegeeza Nabbi (s.a.w.) nga Katonda bwe yamuwa oluzzi oluyitibwa Kawthara oluzzi olwo nga luli mu Jjana. Essuula eno we yakkira Nabbi (s.a.w.) yali ali mu bizibu bingi ebyamutuusibwangako abalabe be, era Katonda yassa essuula eno ng'amugumya n'ebirungi ebingi by'amuterekedde. Nabbi bwe yamala okutegeezebwa ebirungi ebimuterekeddwa yali atekwa kugenda mu maaso n'okwongera amaanyi mu kusaala, nga Katonda bwe yamulagira mu Aya ey'okubiri. Si ekyo kyokka wabula n'okusala ebisolo nga asaddaaka.

Ensonga y'okukka kw'essuula eno kigambibwa nti abatakkiriza Abakuraishi baalina empisa yaabwe ng'omuntu bw'afiirwa omwana we omulenzi bagamba nti "Gundi afuuse wa nkuggu". Kale nno mutabani wa Nabbi (s.a.w.) ayitibwa Ibrahimu bwe yafa omusajja ayitibwa Abu Jahal kwe kulangirira mu banne nti "Muhammadi afuuse wa nkuggu". Essuula awo kwe kukka nga edda mu Abu Jahal nti: Nabbi (s.a.w.) asinza Katonda Omu yekka n'akola n'ebyo byonna ebyamulagirwa, tayinza kuba ng'ate ye w'enkuggu wabula buli oyo yenna akyawa Nabbi (s.a.w.) n'amuwalana ye we nkuggu.



## ESSUULA: AL-KAWUTHARA (108)

Yakkira Makka: Erina aya 3

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Mazima Ffe twakuwa ebirungi bingi; bingi;
2. Kale saala ku lwa Mukama wo (Esswala Ettaano) osale ne Saddaaka (Dhuhiya ku Iddi Enkulu).
3. Mazima oyo omulabe wo akuvumagana ye w'Enkuggu. (Talina ssuubi lya kalungi konna mu Bulamu Bw'oluvannyuma)

إِنَّا آعْطَيْنَاكَ الْكَوْثَرَ ۝١

فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَأَنْحَرْ ۝٢

إِنَّ شَأْنِكَ هُوَ الْآخِرُ ۝٣

3. Mu ssuula eno Katonda ategeeza Nabbi we Muhammadi (okusaasira ne mirembe bibe ku ye) nga bwe yamuwa ebirungi ebingi n'olwekyo ssi wa nkuggu nga abalabe be bwe balwooza. Mu ebyo bye yamuwa mwe muli Obwannabbi obuteckawo enkolagana ey'amaanyi wakati we n'Omutonzi (Katonda), n'okuddira erinnya lye n'aligatta ku lirye nga Nabbi ayogerwako awamu n'okwogera ku Katonda; era nga asabirwa awali Bamalaika n'abantu abali ku nsi, n'okumfuula Nabbi ow'enkomerero eyatumwa eri abantu bonna. Okwo gattako okumuwa ekibiina ekisinza abagoberezi abangi; n'okubeera nga Amateeka ge ga kusigalawo ebbanga lyonna awatali kukyusibwamu. Era mw'ebyo ebirungi ebingi mwe muli omugga Kawthara mw'alinywesa abagoberezi be ku Lunaku Lw'enkomerero. N'ebirala ebirungi bingi ebyaweebwa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ebitasoboka kumalikayo. N'olwekyo Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ssi wa nkuggu wabula agenda kusigala nga ayogere wako ebbanga lyonna, Ensi ly'erimala nga ekyaliwo.

Wabula oyo omulabe we amuvuma ye w'enkuggu. Era ekyo kyatuukirira kubanga abo bonna abaali abalabe ba Nabbi tebakyamanyiddwa, era tewali n'omu atwala biseera bye kuboogerako, so nga Nabbi Muhammadi (s.a.w.) tewayita kaseera konna nga tayogeddwa era tewali nsi n'emu etaliimu bamugoberera.

Wano kisaana kimanyike nti tewali muntu abeera nga akoowoola abantu okudda eri Katonda, n'okubalaga ekkubo ery'amazima eribatuusa ku kulokoka n'abeera nga asubwa okuddayo okwogerwako oba okujjukirwa.

## EBIFA KU SSUULA AL-KAAFIRUUNA MU BUFUNZE (109)

Abakuraishi baagezaako nnyo okusendasenda Nabbi (s.a.w.) alekulire eddiini gy'ayigiriza nga bamulagaanyisa n'okumuwa ensimbi empitirivu afuuke naggagga asingira ddala mu Makka; baamulagaanyisa okumuwasiza abakazi bonna b'ayagala n'okumufula Kabaka bw'aba nga ekyo ky'asabye. Ebyo byonna baali basazeewo okubikolera Nabbi (s.a.w.). Nga amaze okubigaana baamwanjulira ekiteeso ekirala nakyo kyali nti: Nabbi (s.a.w.) asinzenga bakatonda b'Abakuraishi omwaka ogumu, n'Abakuraishi basinze Katonda wa Nabbi Muhammadi (s.a.w.) omwaka omulala. Katonda kwe kussa essuula eno ng'ennyonyola nti tewaliwo nkolagana yonna mu bya kusinza wakati wa Nabbi (s.a.w.), asinza Katonda Omu n'abo Abakuraishi abasinza amasanamu, kubanga tewali nkolagana wakati w'enzikiriza eya "*Tawuhiidi*" Okwawula Katonda n'enzikiriza eya "*Shiriki*" okugatta Katonda n'ebintu ebirala.

Abakuraishi bo baaloozwa nti enjawulo wakati w'eddiini yaabwe n'e ddiini ya Nabbi Muhammadi (s.a.w.) ntono nnyo bayinza okutuula ne bategeeragana ku by'ensinza. Kale kyova olaba nti mu ssuula eno mulimu okuggumiza kwa maanyi kitegerekeke eri abantu bonna nti eddiini y'Abakuraishi n'ey'Obusiraamu tezifaanana na kamu era enjawulo n'olukonko ebiri wakati waazo binene nnyo. Obusiraamu ddiini ya Katonda ate eddiini Abakuraishi gye baaliko be baagyetonderawo era nga amateeka buli lunaku baagakyusanga nga bwe baagala. Okusinziira ku ssuula eno Abasiraamu tebatekwa kukoppa kintu kyonna kuva mu ddiini ndala yonna ne bwe kiba kirungi kitya, naddala eddiini eyo bw'eba efaananako n'eddiini y'Abakuraishi. Abasiraamu balina ekitabo kyabwe Kuraane ekitakyusibwangamu wadde ennukuta emu bw' eti okuva lwe kyassibwa okuva ewa Katonda na guno gujwa okwo gattako *Hadithi*, kale ebyo biteekwa okuba nga bimala okuggyamu amateeka gona agakwata ku bulamu bw'omuntu awatali kwetaaga ate kugenda kukoppa ddiini ndala.



## ESSUULA: AL-KAAFIRUUNA (109)

Yakkira Makka: Erina aya 6

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Owekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bagambe nti: Abange mmwe  
abakafiiri!

قُلْ يَا أَيُّهَا الْكَافِرُونَ ﴿١﴾

2. Sijja kusinza ebyo bye musinza (ama-  
sanamu ne lubaaale),

لَا أَعْبُدُ مَا تَعْبُدُونَ ﴿٢﴾

3. Nammwe temuli ba kusinza Oyo nze  
gwe nsinza (Katonda ali Omu yekka  
mu Bwakatonda Bwe).

وَلَا أَنْتُمْ عُمِدُونَ مَا أَعْبُدُ ﴿٣﴾

4. Era siri nze wa kusinza ebyo mmwe  
bye musinza.

وَلَا أَنَا عَمِيدٌ مَا أَعْبُدُكُمْ ﴿٤﴾

5. Era temuli mmwe ba kusinza Oyo  
gwe nsinza (temujja kugoberera bi-  
ragiro bya Katonda).

وَلَا أَنْتُمْ عُمِدُونَ مَا أَعْبُدُ ﴿٥﴾

6. Mulina eddiini yammwe nange nnina  
Eddiini yange.

إِن كُنتُمْ تُحِبُّونَ دِينِي ﴿٦﴾

6. Abawalabu baali bakakasa okubaawo kwa Katonda era nga bamanyi nga bwe yakola eggulu n'ensi n'enjuba n'omwezi, era nga y'atonyesa enkuba. Awamu n'okukkiriza okwo baali bamugattako bakatonda abalala be baabajjanga mu miti ne mu mayinja. Ne babeera nga babisinza era nga babigulumiza, nga y'empisa yaabwe gye beeteekerawo eyafuuka eddiini yaabwe gye bagoberera.

Baagambanga nti bo bali ku ddiini ya Nabbi Ibrahiimu wamu n'okubeera nga basinza ebifaananyi bye baagambanga nti biri ku Bamalaika, "era tubasinza basobole okutusembeza okumpi ne Katonda". Ekyo ne kyonona enzikiriza yaabwe, ne babeera abakaafiiri ku lw'okuddira Katonda ne bamugatta n'ebintu ebirala. Nabbi Muhammadi (s.a.w.) bwe yamala okujja n'eddiini efaanana eya Ibrahiimu (emirembe gibe ku ye), ne bamuwakanya era ne bagaana okukkiriza, okutuusa lwe baamusaba akkirize wabewo enkolagana wakati waabwe naye nga baagala bo basinze Katonda Omutonzi okumala ekiseera, ne Nabbi asinze bakatonda baabwe okumala ekiseera, era alekeyo okubavumagana. Ku lw'okwagala okulaga enjawulo eri wakati w'eddiini eyawula Katonda n'eyo egatta ku Katonda ebintu ebirala, n'okulaga nga bwe watali nkolagana mu bya ddiini wakati w'oyo asinza Katonda Omutonzi n'oyo amugattako ebintu ebirala. Katonda kwe kussa essuula eno nga ekakasa nga abo abasinza ebifaananyi bwe batali ku ddiini Katonda gy'abala nti ddiini, era ssi bakkiriza. Awo n'abategeeza Nabbi nti: "Sisobola kusinza ebyo bye musinza nga nammwe bwe



mutasobola kuszina oyo Katonda Omutonzi gwe nsinza; ebbanga lye munaamala nga mukyasinja ebifaananyi. kubanga eddiini ya Katonda tekkiriza kutabulwamu kusinza kulala. Mmwe mulina eddiini yammwe nange nnina eddiini yange, eyawula Katonda mu Bwakatonda Bwe era eterina we yeegattira na ddiini yammwe, eyo esinza bakatonda abalala."

Obusiraamu y'eddiini eragira omuntu okudda eri okusinja n'okusaba Katonda yekka era n'okwesiga Katonda yekka. Emuteerawo amateeka g'anaagoberera mu kusinja Katonda ne mu bulamu bwe obwa bulijjo era emulagira okweyisa empisa ennungi, n'engeri gy'anaayita mu bulamu obwo. Byonna ebyo biva eri Katonda yekka oyo asinzibwa, awatali muntu kuba nga yeyagalira. Obusiraamu n'empisa y'Ensi wakati wa byombiriri waliwo enjawulo nnene. Era n'ekkuho erituuka eri Obusiraamu kwe kuva ku mpisa y'Ensi ey'obutamanya, n'oyingira mu Busiraamu wenna n'osenguka empisa y'ensi n'obusenga (Obusiraamu) nga ogoberera buli kye bugamba n'oleka buli kye bugaana, kubanga Abasiraamu balina eddiini yaabwe, n'abo abali mu butamanya balina eddiini yaabwe, kale zombi teziyinja kukolagana.

Kati waliwo obwetaavu bunene n'ebbanga ddene eri abamanyi okunnyonyola abantu enjawulo eri wakati w'Obusiraamu n'empisa y'ensi eyo eyaliwo mu butamanya. Eddiini y'Obusiraamu y'eddiini eragira omuntu okwawula Katonda okwa nnamaddala, erina enzikiriza yaayo, era erina amateeka gaayo n'empisa zaayo; ebyo byonna nga omunnyonyozi waabyo ye Nabbi Muhammad (s.a.w.—okusaasira n'emirembe bibe ku ye).

N'olwekyo eddiini y'Obusiraamu y'eyo ekwatagana n'okuyigiriza kwa Nabbi (okusaasira n'emirembe bibe ku ye) wamu n'enneeyisa. Tusaana ffenna Abasiraamu amaaso gaffe n'emitema gyaffe, kubitunuuliza Nabbi (s.a.w.) nga tumuyigako mu ddiini yaffe buli kyonna kye yakola, oba kye yalagira, oba kye yakkiriza. Eyo nno y'eddiini entuufu, tuleme kutabula mpisa ya Nsi na ddiini, kubanga Obusiraamu tebuyinza kuyimirirawo wabula nga waliwo abo abeewaddeyo okwogera amazima era abamalirivu okugalaga. Basaanye Abasiraamu bagambe mu nzikiriza yaabwe ne mu bikolwa byabwe nti mmwe abatali Basiraamu mulina eddiini yammwe gye mugoberera naffe tulina eddiini yaffe.

## EBIFA KU SSUULA AN-NASWIRI MU BUFUNZE (110)

Essuula eno egumya Nabbi (s.a.w.) n'okutaasa kwa Katonda n'okuwangula era n'emutegeeza n'okuyingira kw'abantu mu ddiini ya Katonda (Obuyisiraamu) ebibinja n'ebibinja: oluvannyuma lw'ebyo byonna ebyogeddwako okutuukirira, Katonda Omugulumivu alagira Nabbi adde gy'ali amwawule, amutendereze era amwegayirire amu-sonyiwe.

Mu birala ebikwata ku ssuula eno, waliwo 'Hadith' eya Abdul-Laah bin Abbasi ng'ang'agamba nti: Umaru yali antwalira wamu n'abasajja abakulu (abawi b'amagezi) ne kirabika nti abamu tekyabasanyusa, ne bagamba: "Oyo omwana omuto, lwaki atuula awamu naffe? Era tulina naffe abaana abamwenkana!" Umaru abamanya n'abagamba nti: "Ibni Abbasi, y'oyo gwe mumanyi (nga bw'alina enkizo ku baana abalala)." Lwali lumu n'abayita (abasajja abakulu abo) nange n'ampita. Nnakitegeera nti tewali kimpisizza okuggyako okubalaga ekifo kyange. N'agamba nti abange mugamba ki ku bifa ku kigambo kya Katonda ekigamba nti: "Bwe kuliba kuzze okutaasa kwa Katonda n'okuwangula?" Abamu ne bagamba nti twalagirwa kutendereza Katonda n'okumwegayirira, bw'aliba atusaasidde era n'atuwa n'obuwanguzi, abalala ne basirika tebaalina kye bayogera. N'annagamba nti: Naawe bw'otyo bw'ogamba ggwe Ibni Abbasi? Ne muddamu nti nedda. N'agamba nti kiki ky'ogamba? Ne nngamba nti: Ekigambo kya Katonda ekyo kyali kitegeeza ntuuko ya Nabbi (s.a.w.) Katonda gye yamutegeeza. Kwe kugamba nti: "Bwe kuliba kuzze okutaasa kwa Katonda n'okuwangula", ako ke kaliba akabonero akalaga entuuko yo. Kale tukuza ebitendo bya Mukama wo era omwegayirire akusonyiwe. Mazima ye yali akkiriza okwenenya." Umaru mutabani wa Khattwab n'agamba nti: "Nange ssirinaayo kirala kye nngamba kitali ekyo."



## ESSUULA: AN-NASWIRI (110)

Yakkira Makka: Erina aya 3

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ

1. Bwe kuliba kuzze Okutaasa kwa  
Katonda n'Obuwanguzi,

اِذَا جَاءَ نَصْرُ اللّٰهِ وَالْفَتْحُ ﴿١﴾

2. Oliraba abantu nga bayingira mu  
Ddiini ya Katonda (Obusiraamu)  
ebibinja n'ebibinja,

وَرَاىْتَ النَّاسَ يَدْخُلُوْنَ فِىْ دِیْنِ

اللّٰهِ اَفْوَاجًا ﴿٢﴾

3. Kale tendereza Ebitendo bya Mukama  
Katonda wo, omwegayirire akusoniwe,  
mazima Ye akkiriza okwene-  
nya (okwa buli omu ayeenenya).

النَّبِیِّ فَمَسِيْرٌ یَّحْمِدُ رَبَّكَ وَاسْتَغْفِرُ لَكَ  
عَنْ اُمَّةٍ اِنَّكَ كَانَ تَوَّابًا ﴿٣﴾


3. Essuula eno yatuusa ku Nabbi (Okusaasira n'emirembe bibe ku ye) amawulire ag'essanyu ku lwa Katonda okumutaasa, n'amuwa okuwangula abalabe be abaamubonyabonya mu nsi ye mwe yazaalibwa (Makka) ku lw'okubatuusaako obubaka bwa Katonda. Era n'etutegeeza okuyingira kw'abantu mu ddiini ya Katonda (Busiraamu) ebibinja n'ebibinja. N'olwekyo asaana adde eri Katonda amutendereze nga amwegayirira era emutegeeza nga Katonda okuva ddi n'okutuusa ddi bw'alikkiriza okweneza kwa buli ayenenya mu bukakafu n'adda gy'Ali.

Mukyala wa Nabbi Aisha yagamba nti Nabbi yayitiriza ku nkomerero y'obulamu bwe okwogeranga nga agamba nti: Katonda ayawulwa n'okutenderezebwa Kukwe, neegayirira era neenenyezza gy'Ali. Era nga agamba nti: Mazima Katonda wange yali amaze okumbuulira nti ngenda kulaba akabonero mu kibiina kyange, yandagira nti bwe mba nga nkalabye ntenderezenga ebitendo Bye era mmwegayirire; mazima Ye yali okuva ddi akkiriza okweneza. Kaakati nkalabye. Nayo y'essuula egamba nti: "Bwe kuliba kuzze okutaasa kwa Katonda n'obuwanguzi n'olaba abantu nga bayingira mu ddiini ya Katonda ebibinja n'ebibinja, tenderezanga ebitendo bya Katonda wo, omwegayirire mazima Ye yali okuva ddi akkiriza okweneza" n'okuwangula Makka kwali kwa kuggulawo ekkubo ly'ebika by'Abawalabu bonna okuyingira eddiini y'Obusiraamu, kubanga Abawalabu abataali ba mu Makka baali balinda nti singa Nabbi aliwangula abantu b'omu Makka tulimanya nti Nabbi wa Katonda ne watasigala ku bizinga bya Bawalabu kika kitayingidde Busiraamu. Ako kaali akabonero akalaga entuuko y'okufa kwa Nabbi (s.a.w.) nga bwe yakinnyonyola Abdulla mutabani wa Abbaasi.

**EBIFA KU SSUULA AL-LAHABI MU BUFUNZE (III)**

Essuula eno yakka olw'okuddamu ebyo ebyali byogeddwa Abu Lahabi omu ku bakafiiri b'omu Makka Abakuraishi, abakulu.

Lumu Nabbi (s.a.w.) yayima mu Kaaba n'atandika okukoowoola abantu abaali mu Makka bonna nga abakoowoolera mu bika byabwe. A bantu bwe baamala okukunngaana N'atandika okubabuulirira, Okwawula Katonda n'okulema okumugattako ebirala, n'ebintu ebirala bingi. Abu Lahabi kwe kusituka n'agamba Nabbi (s.a.w.) nti: "Ebyo bye bituyisizza tujje wano. Okuzikirira kuli ku ggwe, owange ggwe Muhammadi". Katonda kyava assa essuula eno ewakanya nti okuzikirira tekuli ku Muhammad wabula kuli ku Abu Lahab. Omusajja oyo Abu Lahabi erinnya lye lyennyini ye Abdul-Uzza mutabani wa Abdul-Muttalib kitaawe wa Nabbi (s.a.w.) omuto. Omusajja oyo yawalana nnyo Nabbi (s.a.w.) era kigambibwa nti baali ba muliraano ne Nabbi (s.a.w.). Kale bwe kityo ne mukyala wa Abi Lahab naye empalana yagyetabamu era yeetikkanga amaggwa n'agasuula mu kkubo lya Nabbi (s.a.w.). Mukazi wa Abi Lahabi yali ayitibwa Ummu Jamilah. Olw'okuba mukyala wa Abi Lahabi naye empalana yagyetabamu n'atandika n'okusaasanya empalana eyo mu banne nabo batandike okuwalana Nabbi (s.a.w.), Katonda kyeyava atutegeeza nga naye bw'ajja okuzikirira.



## ESSUULA: AL-LAHABI (111)

Yakkira Makka: Erina aya 5

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Gizikiridde emikono gya Abi-Lahabi naye n'azikirira!

تَبَّتْ يَدَا أَبِي لَهَبٍ وَتَبَّ ١

2. Temugasizza Emmaali ye n'ebyo byonna bye yafuna; (Okugeza nga abaana, n'emmaali tewali kimugasizza kumuwonya ebibonerezo bya Katonda)!

مَا أَغْنَىٰ عَنْهُ مَالُهُ وَمَا كَسَبَ ٢

3. Ajja kwesogga Omuliro ogulina Ennimi (ku Lunaku Lw'enkomerero)!

سَيَصِلُنَّ نَارًا إِذْ أَتَا لَهَبٌ ٣

4. Ne mukazi we omwetissi w'enku (cyabuungeesanga olugambo)!

وَأَمْرَأَةٌ حَمَّالَةٌ ٤  
أَلْحَطَبِ ٤

5. Mu nsingo ye nga mulimu omugwa omulange mu bugoogwa!

عِ ٥  
فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِّن مَّسَدٍ ٥

5. Okuyiira ddala ku nstandikwa y'okutumibwa kwa Nabbi (okusaasira n'emirembe bibe ku ye) omusajja Abu Lahabi yatandikirawo okuwalaganya Nabbi (s.a.w.), era buli kiseera yali ye ne Mukazi we nga batanula olutalo ku Nabbi. Awamu n'okuba ng'ennyumba ya Nabbi yali kumpi ne nnyumba ya Abu Lahabi, muka Abu Lahabi, yaddiranga amaggwa n'agassa mu kkubo Nabbi mw'ayita.

Omulundi gumu Nabbi yagenda nga akoowoola abantu nti: "Mazima nze ndi Mubaka wa Katonda. antumye gye muli mbalagire musinzenga Ye yekka temumugattangako ekintu kirala: era munzikirize nti ndi wa mazima era munnyambe okutuusa lwe ntuukiriza obwo obubaka bw'atumye okuva gy'Ali". Bwe yamalanga okwogera bw'atyo, Abu Lahabi n'amuvaako emabega nga agamba nti abange oyo ayagala muve ku ddiini ya bakadde bammwe, muve ku kusinza Ilaata ne A'uzza balubaak: bammwe mugoberere by'agunzeewo, obubuze obwereere, temumuwuliriza era temumugoberera? Ekyo kye kimu ku bulabe bw'omusajja oyo bwe yalina ku Nabbi (s.a.w.), yayambibwa ngako mukazi we. Ebyo nga byeyogera ku kigambo ekyavaako okussa essuula eno bwe yamugamba nti okuzikirira kube ku ggwe Muhammadi (s.a.w.) olw'ekyo ky'otukunnaanyirizza.

## EBIFA KU SSUULA AL-IKHLAASWI MU BUFUNZE (112)

Essuula eno nkulu nnyo kubanga yenkanankana kimu kyakusatu ekya Kuraane.

Bukhari yayogera Hadith egamba nti "Omusajja yawulira munne (omusajja omulala) nga asoma? *Kul-Huwa Llaahu Ahadu*. Ng'ekigambo ekyo akiddinngana, bwe bwakeera kumakya 'ajja eri Nabbi (s.a.w.) n'amubuulira ekyo. Nabbi (s.a.w.) n'agamba nti "Ndayidde oyo alina omwoyo gwange mu mikono gye (Katonda). Mazima essuula eyo yenkanankana kimu kyakusatu ekya Kuraane yonna".

Hadith endala era yayogerwa Bukhari ne Muslim ng'egamba nti: Nabbi (s.a.w.) yatuma eggwe nga lirimu omusajja eyali akomekkereza okusoma kwe mu sswala ne "*Kul Huwa Llaahu Ahadu*", eggwe bwe lyamala okudda, abaalirimu ne bakibuulira Nabbi (s.a.w.). N'abagamba nti kubanga *Allaahu Ahadu* kitendo kya Katonda nange njagala okukisoma, Nabbi (s.a.w.) n'abagamba nti mumutegeeze nti Katonda Omugulumivu amwagala".

Ate Bukhari alina Hadith gye yayogera mu kitabo kye ekya esswala ng'agiggya ku Anas yagamba nti "Waaliwo omusajja omu ow'omu Ba-Answaari eyali abakulembera mu sswala mu muzigiti gwe Kuba. Yali nga talina ssuula ndala gy'asoma mu sswala okuggyako ng'amala kusoma "*Kul Huwa Llaahu Ahadu*" okutuusa lw'agimaliriza. Oluvannyuma n'alyoka asoma essuula endala gy'aba ayagadde. Yali ng'akola bw'atyo mu buli raaka, banne ne bamugamba nti "Gwe osooka kusoma *Kul Huwa Llaahu Ahadu* oluvannyuma n'olaba nga tekumalira ate n'osoma essuula endala?" Naye ffe tukugamba oba osalawo kusoma essuula "*Kul Huwa Llaahu Ahadu*" yokka oba ogireka n'osoma endala n'otozigatta. N'abaddamu ng'abagamba nti: Sijja kuleka ekyo kye mbadde nkola bwe muba mwagala mbakulembera nga nsoma (*Kul Huwa Llaahu Ahadu*) n'essuula endala nja kukikola, bwe muba temwagala sijja kubakulembera. Bo Ba-Answaari baali-balaba nga tewali musajja asinga oyo, n'olwekyo ne bataagala mulala yenna kubakulembera. Nabbi (s.a.w.) bwe yabajjira ne bamubuulira ebigambo ebyo Nabbi (s.a.w.) n'agamba nti "Owange gundi kiki ekikugaana okukola banno kye bakulagira ate kiki ekikuwaliriza okusoma essuula eyo mu buli raaka? Omusajja n'addamu n'agamba nti: "Njagala." Nabbi (s.a.w.) n'agamba nti "Okugyaagala kwo kukuyingizza Ejjana".

Kigambibwa nti ensonga eyavaako essuula eno okukka, Abakuraish abakaafiiri baagamba nti "Owange gwe Muhammadi tubuulire olukolo lwa Katonda: Katonda n'assa essuula eyo olw'okubaddamu.



## ESSUULA: AL-IKHLAASWI (112)

Yakkira Makka: Erina aya 4

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Bagambe nti: Katonda ali yekka bwaggeregere (Talina amufaanana mu bwennyini Bwe oba ebintendo Bye wadde ebikolwa Bye),

قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ۝

2. Katonda ayeesigamirwa,

اللَّهُ الصَّمَدُ ۝

3. Teyazaala era Teyazaalibwa: (kubanga buli kyonna ekizaalibwa kya kufa era buli kyonna ekifa kizikirira, naye Katonda si wa kufa n'olwekyo si wa kuzikirira);

لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ ۝

4. Era talina yenkana Naye n'omu.

عِمْ ۝ وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ ۝

4. Katonda talina mukyala oyo ali mu luse olumu naye gw'asobola okuwasu amuzaalemu abaana. Ekya Katonda yennyini akikakasa mu Kitundu ekirala mu Kuraane ekigamba bwe kiti: "Oyo Katonda Omutonzi w'eggulu n'ensi, ngeri ki bw'ayinza okuba nga alina Omwana, ate nga talina mukazi, n'aba nga ate Ye ate ye yatonda ebintu byonna?" Obanga Katonda ye mutonzi w'ebintu byonna, ngeri ki ate bw'ayinza okubeera n'omwana mw'ebyo bye yatonda? Era laba Katonda bw'ategeza mu kitundu ekirala mu Ssuula Mariamu bwe yavumagana abo abagamba nti alina Omwana. Ne bagamba nti: Katonda yeteerawo omwana. Mazima muleese ekintu kinene, liseberera eggulu okubejjukamu olwekigambo ekya. N'ensi esemberera okweyasaamu, n'ensozi okugwa ne zibetenteka, mu kiseera mwe bagambira nti Katonda Omusaasizi alina Omwana sso nga ate mazima tekisaana ku Katonda okweteerawo omwana. Bonna abali mu Ggulu ne mu Nsi baganda kujja eri Katonda Omusaasizi ku Lunaku Lw'enkomerero nga baddu buddu. Essuula eno yankanankana na kimu kyakusatu ekya Kuraane, kubanga okwawula Katonda kwe kuyimiriddeko eddiini yonna. Bwe kuba nga kumaze okutebenkera mu mutima gw'omuntu n'alaba nga ebintu byonna biri mu mikono gya Katonda, biva gy'Ali, era n'akakasa nti tewali kirina kubaawo kwa lubeerera wabula ye Katonda yekka. Olwo nno omuntu oyo addira ensonga ze zonna n'azizza eri okwagala kwa Katonda, n'amanya nti Katonda yekka y'asabwa ky'oba oyagala era y'alina okuwonyi omuntu obuzibu bw'aba atya. N'olwekyo atekwa okusinziywa yekka oyo alina obwennyini bw'okubaawo era avaako okubaawo kw'ebibaawo mu kabi ne bibulawo oluvannyuma lw'okubaawo.

Y'oyo atekwa okuba nga buli muntu adda gy'Ali mu ssanyu ne mu kabi, mu kwesiima ne mu buzibu. Era omuntu n'akakasa nga bwe mutali mugaso okudda eri ekintu kyonna ekirala ekitalina buyinza mu kubaawo oba mu bigambo byonna ebibaawo. Oluvannyuma lw'okumela okukakasa Obwomu bwa Katonda mu mutima, omuntu n'atandika okulaga obukkiriza bwe n'ebikolwa bye nga

agoberera amateeka ga Katonda n'entegeka Ye mu bulamu bwe bwonna, era nga agondera ebiragiro bya Katonda; nga mw'ebyo byonna anoonya okusiima kwa Katonda yekka. Katonda alyoke amulungumye mu kkubo ettuufulu mu buli ky'akola kyonna ebeere ensonga y'okuwona obusungu bwa Katonda n'ebibonerezo Bye. Kubanga Katonda y'Oyo ali obwaggere mu Bwakatonda Bwe, abasigadde bonna bitonde Bye era baddu Be. Y'oyo Eyesigamirwako, Oyo awatali kibaawo mu nsi oba mu ggulu ekinene oba ekitono wabula ku lwa kukkiriza Kwe, amala ebyetaago bya buli kitonde n'asalawo eky'enkomerero mu bitonde Bye, nga talina gwe yeebuuzaako. "Teyazaala era teyazaalibwa". Obwennyini bwa Katonda bwakakatawo kuva dda. Okubaawo Kwe tekulina ntandikwa era tekuva ku muntu mulala, era tazaala kubanga ali bwaggere n'olwekyo tekiyinzika okuzaalukukamu kintu kirala. Okuzaala kyetaagisa okuba n'omukyala afaanana ne bba sso nga ate kizira Katonda okuba n'amufaanana. Katonda okubeera nga ali bwaggere mu bwennyini Bwe kitegeeza okuba nga talina muzadde era talina mwana. Era Katonda talina gwe yenkana naye: ekyo kitegeeza nti tewali kintu kimufaanana. Ssi mu bwennyini Bwe oba ssi mu bitonde Bye. Ekyo ne kyongera okukakasa Obwomu Bwe, kubanga Katonda ssi mutindo oguteekwa okubaamu ebintu ebingi. Essuula eno ekakasa enzikiriza y'okwawula Katonda n'okukkiriza Obwomu Bwe, ky'ekikolo okusibuka amateeka g'Obusiraamu. Tewali mulimu gwonna gukkirizibwa mu mirimu gy'eddiiini wabula kumala kukakasa nga Katonda bw'ali omu mu Bwakatonda Bwe.

Owo nno omuntu n'alyoka anoonya okusembera eri Katonda n'emirimu gye emirungi egikwatagana, n'enjigiriza y'ababaka Katonda be yatuma okujja okulungamya abantu. Okutuusa lwe yaggalawo obubaka ne Nabbi ow'enkomerero Nabbi Muhammadi (s.a.w.—Okusaasira n'emirembe bibe ku ye).




### EBIFA KU SSUULA AL-FALAK MU BUFUNZE (113)

Essuula eno y'essuula esomebwa omuntu aba alowooza nti bamuloze. Katonda n'amukingiriza eddogo eryo. Kyagambiddwa mu Ssuula Al-Aswiri nti Obusiraamu nteekateeka enzijuvu ekwata ku bulamu bw'omuntu. Kale nno tewaliwo kantu konna kazuuka mu bulamu bw'omuntu Obusiraamu ke butalinaako tteeka newankubadde abamu balowooza nti Obusiraamu bukwatera ku bya kusinza, emikolo gy'okuwasa, n'oku-ziika. Bannaffe abo abalowooza nti awo Obusiraamu bwonna buba buweddeyo, nedda wabula bakyamu. Nedda! Obusiraamu bulina amateeka agakwata ku buli kantu konna omuntu ke yaalirowoozezza, era awo we tukubira omulanga abantu bonna obutagayaala kugenda kwebuza ku Bamashcika nga balowooza nti oba olyawo ekyo ekiba kibazuuseeko kipya nnyo Obusiraamu tebukimanyi era tebuyina kye bukyogerako. Obusiraamu bumanyi nti omuntu ayinza okulogebwa n'okumulyako essente ez'obwereere. Obusiraamu buli eddagala eritalaba ku birogologo byonna. Eddagala lye lino: Bikkula Omusaafu, noonya essuula Al-Falak w'eri otandike okusoma nga toliimu kubuusabuusa kwonna nti Katonda ajja kukuwonya.

Abantu abasinga obungi essuula nga zino entono ezirina aya entono tezitera kuban atiza bo baagala essuula empanvu ennyo era ezo ze balowooza nti zokka ze ziwulirwa ewa Katonda. Eky'okulabirako singa omuntu aba ayise omuwalimu okumusomera edduwa emuwonye obulwadde bw'aba alimu. Omuwalimu oyo olutuuka n'asoma Al-Faatiha (Al-Hamdu) yokka olugimala n'agamba omulwadde eyamuyise okumulombera edduwa nti edduwa ewedde sirowooza nti omulwadde amatira. So ng'ate essuula eyo Al-Faatiha eyitibwa Surat Shifaa, essuula evumula obulwadde, era Baswahaba gye baavumuzanga nayo bannaabwe.

Newankubadde nga essuula Al-Falak eriwo kuvumula birogologo naye omuntu tateekwa kumala galowooza nti bamuloze, oba nti gundi ampalana era yandoga wabula atekwa kumalira ddala kukakasa ng'okusanga ebragalagala ku mulyango gwe. Kale ebyo abiyoolawo n'abisuula eri ng'amaze okusoma essuula eno.



## ESSUULA: AL-FALAK (113)

Yakkira Makka: Erina aya 5

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Gamba nti: Nneekingiriza ne Mukama  
w'Obudde obw'omu matulutulu,

قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ الْفَلَقِ ﴿١﴾

2. Mu bubu bw'ebyo bye yatonda;

مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ﴿٢﴾

3. Ne mu bubu bw'obudde ekiro bwe  
buba nga bukunidde;

وَمِنْ شَرِّ غَاسِقٍ إِذَا وَقَبَ ﴿٣﴾

4. Ne mu bubu bw'abakazi abalogo  
abafuwa mu bifundikwa (abaafuu-  
wanga mu bifundikwa bye baafundi-  
kiranga mu mpisayisa z'ekirogo).

وَمِنْ شَرِّ النَّفَّاثَاتِ فِي الْعُقَدِ ﴿٤﴾

5. Era ne mu bubu bw'ow'ensaalwa  
bw'aba nga asaallidwa (nga ayole-  
sezza ensaalwa ye).

عِجٍّ وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ﴿٥﴾

5. Essuula eno n'eyo eneegiddirira Katonda alagira Nabbi We n'abakkiriza bonna okutwalira awamu, babeere nga beewogoma mu kukuuma Kwe era nga beekingiriza mw'ebyo bye batya eby'olwatu n'eby'ekyama mu kukuuma Kwe. Mu kutwalira awamu Katonda alinga abagamba nti muje eno eri okuwona kwammwe gye munaatebenkerera, nange mmanyi nti muli banafu era mmanyi nga mulina abalabe, era mulina bye mutya. Eno gye Ndi y'eri emirembe n'okuwona bye mutya. N'atandika okutuyigiriza nti: "Gamba nneekingiriza ne Mukama w'obudde obwokumakya, oba Mukama w'ebitonde mu bubu bwa buli kye yatonda; ne mu bubu bw'ekiro bwe kiba nga kikutte ekizikiza. Kubanga ekiro kyennyini kitiisa nga oggyeeko ebyo ebirowoozebwa okubaamu ebitiisa, omuntu by'atayinza kumanya nga ensolo enkambwe n'abalabe abayinza okumulumba ekiro oba emisota, n'ebintu ebirala eby'akabi eri obulamu bwe; era ne mu bubu bwa sitaani kubanga naye ayambibwako ekizikiza okutuukiriza omulimu gwe ogw'okubuza abantu.

Era mwekingirize n'obubu bw'obwagazi olw'okufuna amaanyi mu nzikiza. Era ne mu bubu bw'abakazi abalogo abafuwa mu bifundikwa bye bafundikira mu wuzi oba ku kitambaala ne bafuuwamu ng'empisa yaabwe mu ngeri y'okuloga. Eddogo terifuula kintu kukiggya ku ngeri yaakyo era terisobola kuleetawo bwennyini bwa kintu ekyo bulala. Amakulu nti nga ogubadde omugko teguyinza kufuuka musota ku lw'eddogo, wabula eddogo lyonoono okutegeera kw'omuntu, omuntu n'alaba kirala ng'omulogo ye bw'aba ayagadde. Kifaananako nga Katonda bwe yannyonyola mu Ssuula Twaha, ku kyafaayo kya Nabbi Musa (emirembe gibe ku ye) lwe yali awamu n'abalogo ba Fir'auna. Katonda yagamba nti: Musa yagenda okulaba nga emigwa n'emiggo gyabwe, bimufaananira ng'emisota egigenda gidduka; Musa n'afuna okutya mu mwoyo gwe, ne Tumugamba


Musa nti: “Mazima gawe ojja okusinga, kale suula ogwo omuggo oguli mu mukono gwo ogwa ddyo gujja kumira ebyo bye bakoze. Amazima ebyo bye bakoze lukwe lwa bulogo, n’abalogo tebajja kulokoka kuddayo gye baavudde.” Ekyo kitegeeza nti: emiggo n’emigwa gyabwe tebyafuuka misota wabula baalwoozesa abantu ne Musa nti misota egitambula, ne kireetera ne Musa okufuna okutya okutuusa Katonda lwe yamugumya n’amulagira okusuula omuggo gwe ogwafuuka omusota gwennyni ne gumira emigwa n’emiggo, ebyo ebyali bifaananidde abalabi emisota. Eddogo, eyo y’engeri yaalyo lireetera omuntu okutawaana n’okunakuwala, nolwekyo omuntu asaana okwekingiriza ne Katonda obubi bwalyo buleme kumutuukako. “Ne mu bubi bw’ow’ensaalwa bw’aba nga asaali-ddwa” ensaalwa bye biwoozo ebibi ow’ensaalwa by’ayagaliza oyo gw’akolera ensaalwa olw’ekyengera ky’aba afunye, oluusi n’atandika n’okunyiikira alabe nga ekyengera ekyo kimuvaako. Ensaalwa kabi eri oyo gwe bagikolera, era asaana okwekingiriza ne Katonda okuwona obubi bw’abo abamusaalirwa. Aisha Mukyala wa Nabbi (s.a.w.), yagamba nti: “Nabbi bwe yalinga agenda okwebaka buli kiro kyonna yagattanga ebibatu bye n’afuwamu nga bw’asoma essuula *“Kul Huwa Allaahu”* ne *“Kul Audhu Birabbil Falak”* ne *“Kul Audhu Birabbi Nnaasi”*, bwe yamalanga n’ayisa ebibatu bye ku mubiri gwe ekigero ky’asobodde nga atandikira ku mutwe ne mu maaso n’akikola emirundi esatu”. Bwe kityo kirungi buli Musiraamu okukola nga Nabbi bwe yakolanga nga agenda okwebaka.

**EBIFA KU SSUULA AN-NAASI MU BUFNZE (114)**

Essuula eno ekwata kw'abo abalabankanya oba abafukuutirira bannaabwe okukola ebibi, ka babeere nga bantu oba majinni. Era erimu okutegeeza nti Sitaane omulimu gw'okulabankanya abantu tegukola yokka wabula erina abasigire baayo nga bantu oba nga majinni.

Essuula eno yakuba ekifaananyi eky'omuntu alabankanya banne ng'alinga alina olumwa oluwanvu ng'olw'ensiri lw'asimba mu kifuba kya munne gw'alabankanya; bw'aba omusajja omutya Katonda n'agaana ebigambo. olwo nno omumwa n'agumukuu-lako n'adda ekyennyumannyuma.

Hadith nyingi nnyo ezitegeeza nga Sitaane bw'etayagalira ddala bifo byogererwamu Katonda, era bw'eba ezze okukulabankanya n'omala otendereza erinnya lya Katonda nga cfuumuka emisinde. Era sitaane teyagalira ddala wantu we batendereza Katonda oba we baaziina.



## ESSUULA: AN-NAASI (114)

Yakkira Makka: Erina aya 6

*Ku Linnya Lya Katonda Omusaasizi  
Ow'ekisa Ekingi.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

1. Gamba nti: Nneekingiriza ne Katonda Omulezi w'abantu,

قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ ١

2. Omufuzi w'abantu,

مَلِكِ النَّاسِ ٢

3. Katonda w'abantu,

إِلَهِ النَّاسِ ٣

4. Okumponya mu bubi bw'omulabankanya sitaane.

مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْخَنَّاسِ ٤

5. Oyo alabankanya mu bifuba by'abantu (ng'ayita mu mitima gy'abantu n'abalagira okujeemera Katonda),

الَّذِي يُوسِسُ فِي صُدُورِ النَّاسِ ٥

6. Mu sitaani ow'omu majinni ne mu sitaane ow'omu bantu.

يُنْفِئُ مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ٦

6. Wano kitegeerekeka nga bwe waliwo sitaane ez'omu bantu eziragira abantu okujeemera Katonda nga bw'atutegeeza mu kitundu ekirala mu kitabo Ekitukuvu Kuraane nga agamba bw'atil "Era bwe kityo twateerawo buli Nabbi abalabe, sitaane ez'omu bantu ne sitaane ez'omu majinni nga bawceereza abamu eri bannaabwe ebigambo cbinyirira kungulu ng'ate ebibi ku lw'okubagayaza.